


Muhammad Mustafa Omulondemu

(Okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)

Osman Nûri TOPBAŞ



Istanbul 2012 / 1433

© Erkam Publications 2012 / 1433 H

Erkam Publications

İkitelli Organize Sanayi Bölgesi

Turgut Özal Caddesi No: 117 Kat: 2/C

Başakşehir / İstanbul, Turkey

Tel: (90-212) 671-0700 pbx

Fax: (90-212) 671-0717

E-mail: info@islamicpublishing.net

Web site: <http://www.islamicpublishing.net>

All rights reserved. Obuyinza bwonna bukuumiddwa. Tewali kitundu kya kitabo kino kikkirizibwa kuddamu kukubibwa mu kyapa, okukitereka mu ngeri esobozesa okukiggyamu kkopi, okuki-saasaanya mu ngeri yonna oba mu kkubo lyonna, awatali kusooka kufuna lukusa kuva eri abo abalina obuyinza.

ISBN : 978-9944-83393-6

Omuwandiisi : Osman Nûri Topbaş

Abavvuunuzi : Quality Information Center

Kyekenneenyezeddwa : Umar Juma Nsereko

Idris Ayd

Muhammad Idris

Kyakubibwa mu kyapa : Erkam Printhouse

Naabbi
Muhammad
Mustafa
Omulondemu

(Okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)

- 1 -

Osman Nûri Topbaş

Ku bikwata ku Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Allah Oweekitiibwa agamba mu Kulaane Entukuvu nti:

وَإِنَّكَ لَعَلَىٰ خُلْقٍ عَظِيمٍ

“Era mazima ggwe olina empisa ezekika ekyawaggulu”. (Qalam, 68 : 4).

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللَّهِ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ كَانَ يَرْجُوا اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرِ وَذَكَرَ اللَّهَ كَثِيرًا

“Mazima mwafuna mu Mubaka wa Allah ekifaananyi ekirungi (ekyokugoberera) eri oyo alina essuubi okusisinkana Allah n'Olunaku lw'enkomerero, n'ajjukira nnyo Allah”. (Ahzaab, 33 : 21).

إِنَّ اللَّهَ وَمَلَائِكَتَهُ يُصَلِّونَ عَلَى النَّبِيِّ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلَوَاتٌ عَلَيْهِ وَسَلَامٌ تَسْلِيمًا

“Mazima ddala Allah ne Bamalayika be basaalira ku Nnabbi, abange Abakkiriza mumusaalire era mumusabire n'emirembe emingi”. (al Ahzaab, 33 : 56).

وَمَا آتَكُمُ الرَّسُولُ فَخُذُوهُ وَمَا نَهَاكُمْ عَنْهُ فَاتَّهُوا وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ

“N'ekyo Omubaka ky'aba abawadde mukitwale, ate n'ekyo ky'aba abagaanye mukireke, era mutye Allah; kubanga mazima Allah muyitirivu wa kubonereza.” (al Hasr, 59 : 7)

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ وَلَا تُبْطِلُوا أَعْمَالَكُمْ

“Abange Abakkiriza! Mugondere Allah, era mugondere Omubaka era temwo-noona emirimu gyammwe”. (Muhammad, 47 : 33).

وَمَنْ يُطِعِ اللَّهَ وَالرَّسُولَ فَأُولَئِكَ مَعَ الَّذِينَ أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِنَ النَّبِيِّينَ وَالصِّدِّيقِينَ وَالشَّهِداءِ وَالصَّالِحِينَ وَحَسْنَ أُولَئِكَ رَفِيقًا

“Omuntu yenna agondera Allah ne Omubaka, abo be baliba wamu n'abo Allah be yagabira ebyengera mu Bannabbi, n'abo abaabakkiririzaawo, n'abaalwana ne bafiira mu kkubo lya Allah, n'abalongoofu, era abo be bantu abasinga okubeera abalungi okubeera nabo”. (Nisaa-i, 4 : 69).

أَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّهُ مَنْ يُحَادِدُ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَأَنَّ لَهُ جَهَنَّمَ خَالِدًا فِيهَا ذَلِكَ الْحُزْنُ الْعَظِيمُ

“Abaffe tebamanyi nti oyo yenna ayawukana ku Allah ne Omubaka We, mazima ddala ajja kubeera mu Muliro Jahannama nga wa kuberamu olubeerera? Obwo bwe buswatu obw'amaanyi.” (At Tawba, 9 : 63)

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n' emirembe bibeere ku ye) agamba nti:

“Nnatumwa kujjuza mpisa.” (Muwattwa'a, Husnul Khulq, 8)

“Buli kintu na buli muntu ku nsi ne mu ggulu bimanyi nti ndi Mubaka wa Allah okuggyako amajinni amagyeemu n'abantu abagyeemu.” (Ahmada ibn Hanbali, Musnad, III, 310)

“Mbalekera ebantu bibiri bwe munaaba mubyenywezezzaako temulibula nga nvuddewo, Ekitabo kya Allah (Kulaane Entukuvu) ne Sunna za Omubaka We” (Muwattwa'a, Qadar, 3)

Ye Mawulaana Ruumi yayogera bino wammanga:

“Ebbanga lye mmala nga nnina obulamu mu mubiri guno, ndi muddu wa Kulaane era ndi nfuu fu mu kkubo lya Muhammadi omulondemu...”

“Olkwemulugunya kwange kujja kugenda eri oyo yenna anzijululako ekintu ekikontana na kino.”

EBIKULEMBERA

*Olujegere Olusooka era olw'Enkomererero olwa Bannabbi,
Asinga Ekitiibwa mu Nsi Ebbiri
Nnabbi w'abantu n'Amajinni
Omukulembeze w'Ebibuga Ebyemizizo
Ekitangaala ky'Ebitonde Byonna era Okusaasira eri Ebitonde.*

NNABBI MUHAMMADI OMULONDEMU (Okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye)

Bwe tulowoolerezza ku ky'Ekitangaala kya Muhammadi okubeera nga ye nsonga ey'okubeerawo kw'ebitonde byonna, kiba tekisoboka kukola bwenkanya kumalayo bikwata ku bulamu obwenjawulo ennyo era obutalina bbala nga tuyita mu bigambo bino ebikkakka-mu, obw'omuntu eyaweebwa ekitiibwa eky'okubeera "Omwagalwa" wa Omuronzi. Awamu n'ekyo, emigaso butabalika girindiridde buli oyo yenna agezaako nga bw'asobola okunyumya ku bulamu bwa Nnabbi ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) era ebintu ebikwata ku Nnabbi n'abituusa ku bantu b'emirembe emirala. Mu ngeri eyo y'emu naffe tuja kwebala nga bannamukisa era abafunye ekitiibwa, singa mu mulimo guno gwe tukola tunaasobola okufuna, ne bwe kiba kitono kitya, okulingiza ku bintu ebikwata ku Nnabbi eby'enjawulo era ne tugoberera empisa ze ensuffu. Kiteekwa kitegeerekeke nti tuli wala nnyo n'okwebala nti tutegedde nnyo



era ne tunnyonnyola Ow'ekitiibwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga bwe kimugwanira n'okumuwa ekitibwa kye ekimugyamu. Okusinziira ku bunene bwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ebigambo byaffe birina okutwalibwa nga okugulu kw'enjuba kumu okw'ekitangaala okuyita mu kisaanikira ekibikka ettaala. Allah Oweekitiibwa ategéeza nti:

*لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللَّهِ أَسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ
كَانَ يَرْجُو اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرِ وَذَكَرَ اللَّهَ كَثِيرًا*

“Mazima ddala mu Mubaka wa Allah mulinamu eky'okulabirako ekirungi eri oyo yenna abaasuubira okusisinkana Allah wamu n'okutuuka ku Lunaku lw'enkomerero era n'ajjukira nnyo Allah.” (al Ahzaab, 33 : 21)

Allah Owoobuyinza era alayira obulamu bwa Nnabbi olw'okulalaga ekitiibwa Nnabbi ky'alina mu maaso ge n'agamba nti “Ndayidde obulamu bwo! ...” (al Hijri, 15 : 72). N'olw'ekyo tekisoboka, ng'omuntu ayita mu bigambo obugambo, okutegeera n'okwetooloola okumanya obulamu obwo obwatwalirwa waggulu.

Sheikh Ghalib, omu ku bantu abaatiikirivu mu batontomi b'omu biseera bya Ba-Ottoman, ng'ayita mu bigambo bino alaga okwagala kw'alina eri Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye):

Mukama waffe Kabaka wa Bannabbi bonna, Kabaka omwatiikirivu.

Oli okuvumula okutaggwaawo, Mukama wange, eri abo abalwadde abatalina mwasirizi.

Mukama wange, oli mwoyo ogusinga okuba n'ekitiibwa mu maaso ga Katonda,

Oyo eyalayira obulamu bwo, Mukama wange, n'ebigambo Ebitukuvu nga bissiddwa mu nkola,

Ahmad, Mahmood era Muhammad, oli, atenderezebwa mu bitonde byonna.

Okusaasira gye tuli okuva ewa Katonda waffe, ng'onywezeddwa okusinziira ku Butukuvu ...

Ekitiibwa kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kiri waggulu nnyo mu maaso ga Allah okutuusa nti Allah Owoobuyinza okugondera Nnabbi, akubala ng'okumugondera ye kennyni. So nga okugyemera Nnabbi Ow'omukisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne bwe kuba kutono kutya, kumala okwonoona emirimo gy'omuntu egy'eddiini era ne kugifuula egitalina mugaso. Okuwa Nnabbi ekitiibwa kutwalibwa ng'okugezesza okutya omuntu kw'atyamu Allah gye kukoma; wadde n'okwogera eri Nnabbi okutali kulungi kwabalibwa ng'okwali kulaga omuntu bwe yali yasigalamu obutamanya bw'Ebiseera Eby'obutamanya. Allah Oweekitiibwa yalaga obukulu bw'okujukiranga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu mitima gyaffe n'obutatuva ku nnimi zaffe, n'atuuka n'okutulagira mu buli sswala ezisaalibwa buli lunaku okusomanga nti:

السَّلَامُ عَلَيْكَ أَيُّهَا النَّبِيُّ وَرَحْمَةُ اللَّهِ وَبَرَكَاتُهُ

“Emirembe gibeere ku ggwe owange Nnabbi n'okusaasira kwa Allah n'emikisa gye!”

Wadde ng'omuntu abeera mu sswala okulamus a obulamus omuntu omulala nga kimuviirako esswala ye okwonooneka, naye



Allah Oweekitiibwa teyakoma ku kya kujjulula kya kusaalira Nnabbi We mu tteeka lino naye eky'okusaalira Nnabbi n'okukifuula yaki-fuula tteeka. Kino Imaam al Ghazaali akyogerako bw'atyi:

“Ng'oweereza ebiramuso byo eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu biseera by'esswala, kitwale nti w'ali mu buntu, mu mutima gwo. Beera mumativu nti ebiramuso byo bijja kumutuukako era nti ajja kukuddamu mu ngeri esinga obulungi.” (*(ihyaa-u Uluumu ddiini*, I, 224)

Khalid al Baghdadi, Seeka ow'ekkubo ly'ekisuufi ery'olu-jegere lweki Naqshband omwatiikirivu, mu bbaluwa ye ey'okuna mu *Maktuubaati* (biwandiiko bye) ayogera ebigambo by'omuyivu Shihaab ibn Hajar al Makki eyagamba nti:

“Bwe tusoma ‘as Salaamu alayka’ nga tuli mu kutuula mu sswala, okutoola salaamu kuno kuba kwolekezeddwu eri Nnabbi nga kulin-ga okusaba Allah Owoobuyinza okutegeeza Omubaka ku kusaba kw'abagoberezi be. Ng'amaze okulaba okusaba kw'abagoberezi be mu nsi eno, Nnabbi ajja kuwa obujulizi ng'abawolereza ku Lunaku lw'en-komerero. N'okujjukira okubeerawo kwe okw'omwoyo nga tusaala kiba kyongera omutima okumanya n'okussa omwoyo ku sswala.”¹

Kizibu okutegerera ddala n'okunnyonnyola obulamu bwa Nnabbi obw'omuwendo, oyo ensi gwe yeewuliriramu, obw'omuwendo era obuwanvu. Ekigendererwa kye tulina mu kwogera ku linnya lye ery'omukisa, bye bigambo byaffe okufuna ekitiibwa, oluusi naffe okufuna omugabo mu kitiibwa ekyo. N'olw'ekyo tukubiriza abasomi baffe okutusonyiwa ebigambo byaffe obutasobola kuwa kifaananyi kituufu ku bbeeiyi ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'ekitiibwa kye ekisuffu.

1 Maktubat-i Mawlana Khalid, Olup. 118; Risalatur-Rabita, (Mawlana Safiyyuddin, mu Rashahat gloss) olup. 225 – 226.

Awatali kubuusabuusa, ennimi nazo zifuna okulemererwa kwe kumu ng'okutegeera bwe kufuna, nga kino kiva ku butasobola kula-ba n'okufumiitiriza Omubaka Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye kifo omuli ebikusike ebitakoma, ng'omuntu asobola kubitukako okusinziira ku maanyi n'obwesimbu bw'okwaga-la kw'alina gy'ali. Tusaba buyambi okuva eri Allah Oweekitiibwa okutusobozesa okutuuka ku kutegeera obulamu bwa Nnabbi ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'okufuna obusobozi okubaako ne kye tujja mu mpisa ze ez'okulabirako; era atusonyiwe olw'ensobi ze tuyinza okukola mu bigambo nga tuli mu mulimu ogwokunnyonnyola obulamu bwe obwatiikirivu.

Nga tuli mu buwufu bw'abaatukulembera abalunngamu, tud-damu ebigambo bino:

Ayi Allah! Buliwa obuddukiro bw'aboonoonyi, bwe kiba nti oliwo kusonyiwa balongoofu na bawulize bokka? Ani gwe banaawan-jagira singa osalawo kusaasira balongoofu era abatya Katonda?¹²

Naffe obubudamu tubunoonya mu sseamayanja w'okusaasira kwa Katonda era ne tumusaba okutusonyiwa olw'okuseerera kw'en-nimi zaffe okutali kugenderere, okuyinza okuva ku nsobi n'obuvumu bwe tutandise nabwo okugezaako okunnyonnyola obulamu bwa Nnabbi ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), wadde nga omukisa mutono ebigambo gwe biyinza okuwa.

Ayi Allah! Ku lwa Nnabbi Muhammadi Omulondemu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), tukusaba otusonyiwe.

Amiina!

² Bayhaqi, Shuabu'l Iman, II, 26; Ghazzali, Ihya, I, 338.



Abasomi baffe abalungi!

Ekitabo kino kye tuwandiise kyongereza ku kitabo eky'oku-na ekya *Nebiler Silsilesi*, ekyasooka okufulumizibwa mu lulimu Olutuluuki. Ebitabo ebisatu ebisooka bikwata ku bulamu bwa Bannabbi abaasooka. Ekitabo eky'okuna, ekyayogera ku bulamu bwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'ebiseera bye mu bufunze, kye kino kye tulanduludde mu kitabo kino ekipya kye tufulumizza nga tukigaziyizza mu bitabo ebinene bibiri nga ekisooka kyogera ku biseera bye ng'ali Makka ate eky'oku-biri ne kyogera ku biseera by'obulamu bwa Nnabbi eby'e Madiina.

Nneebaza ne sekwebaza Murat Kaya olw'obuyambi bw'ampadde mu kunoonya ensibuko ya hadiisi n'ebikwata ku bulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Okwebaza kwan-ge era kugenda eri abavvuunuzi abo abakoze omulimu omunene mu kuvvuunula ekitabo kino. Amannya g'abawandiisi abo abaasooka okuwandiika ku bulamu n'ebiseera bya Omubaka Ow'emikisa nago ngogeddeko n'okugassaamu ekitiibwa. Mbasabira Allah abasonyiwe era abasaasire. Okuwangula kuva wa Allah Oweekitiibwa Yekka.

Osman Nûri TOPBAŞ
January (Gatonnya) 2012 / Uskudar

ENNYANJULA

Obukulu Bw'okumanya Ebyafaayo Bya Nnabbi Olw'okutegeera N'Okussa Obusiraamu Mu Nkola

Waliwo ebintu bingi eby'enjawulo ebiyamba mu kuteekateeka obugunjufu bw'omuntu n'empisa ze. Abantu bafuna embeera zaa-bwe ez'obuntu, olulimi, eddiini n'ebitendo eby'empisa nga babijja ku by'okulabirako by'abantu ababeetoolodde be batwala ng'eb'okulabirako. Ng'oggyeeko abantu abatono ennyo, naye okutwalira awamu, eyo y'embeera y'obutonde bw'omuntu. Okugeza, buli mwana okwogera atandika kukuyigira ku bakadde be, oluvannyuma n'agenda ng'ayiga okutuusa lw'ayiga n'ennimi endala. Bw'atylo bw'ayiga ennimi ezo aba ayita mu kukoppa byakulabirako birala.

Okusikirizibwa kuno okukoppa kitendo kikulu nnyo mu kuzimba embeera ekiri mu buli muntu. Okuyiga, ebiseera ebisinga obungi, kulimu kuteekawo byakulabirako bya kukoppa, kye kimu birungi oba bibi. Omuntu afuna embeera ze ng'ayita mu bintu ebi-muteebwako embeera mw'awangaalira okutuusa okukoppa kwe gye kukoma. Wadde ng'olulimi lwo lufunibwa mu ngeri ya butonde, ebitendo eby'eddiini n'eb'omwoyo byo tebifunika mangu.

Ensonga ereeta obuzibu buno, kwe kuba nga ku maanyi g'okus-salawo, omuntu agattako obwagazi bw'omwoyo (*nafsi*), ne Sitaane, ng'ebimu ku bigezo eby'amaanyi. Enkonge zino ebbiri ziziyiza omuntu okukola ebirungi era ne zifukuutirira omuntu okugenda



mu maaso ng'ali mu kkubo eriri ekyennyume kye kkubo eddungi. N'olw'ekyo, waliwo obwetaavu obw'amaanyi eri Bannabbi n'abantu abatukuvu abalina emitima emigonvu, abaatuukiriza obulamu bwa-bwe obw'omwoyo, nga ku bwo kwe baazimbira embeera zaabwe zonna, nga bamaze okwesumululako enjegere z'obwagazi bw'emyoyo gyabwe era nga bagobye ne Sitaane. Ekitali ekyo, omuntu tasobola kuwona bugayaavu, obubuze wamu n'obujeemu, ebiyinza okumufii-riiza okwesiima okw'olubeerera. Era eyo ye nsonga lwaki abantu beesiba ku kutambulira ku kkubo ly'abo be beegomba, ka libe ddungi oba bbi, era nga kw'abo kwe beegeraageranyiza. Kyakusaalirwa olwaleero okulaba ng'aboonoonyi abavundu b'empisa, abaawan-gulwa obwagazi bw'emitima gyabwe, nga baleka ababalaga ekkubo okwonoona obulamu bwabwe. Kino mu byangungu kuba kuddira bantu abakyamu ne babatuuza ku nnamulondo z'emitima gyabwe, nga gye biggweera nga tebalina mulala gwe bakwenyakwenyenza okuggyako bo bennyini.

Ruumi annyonnyola embeera eno mu nnyiriri zino wammanga:

Okulaba endiga ng'edduka omusege tekyewuunyisa, kubanga omusege mulabe waayo wa lulango. Naye ekiyinza okwewuunyisa kwe kulaba ng'endiga egudde mu kkwano n'omusege!

Mu kifo ky'okulekera emisege emitima gyaffe mu kiseera kyaffe ekitono ennyo ku nsi olwo ne tufiirwa ebyengera ebitaggwaawo, tuteekeddwa emitima ego gyonna okugiwaayo eri eby'okulabirako ebisinga obulungi, nakyo nga ye mukulembeze w'ensi eno yonna, mukama wa Bannabbi, Muhammadi Mustafa (Omulondemu) (oku-saasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ne tumugondera nga twagalera ne tumufuula Kabaka afuga emitima gyaffe. Okumwagala Allah OwooBuyinza yakufuula kwa tteeka,³ nga bwe kirambikibwa mu *ayah* eno wammanga ne *ayah* ezigifaanana mu Kulaane nti:

النَّبِيُّ أَوْلَىٰ بِالْمُؤْمِنِينَ مِنْ أَنفُسِهِمْ

“Nnabbi y'asinga okubeera Abakkiriza okumpi n'okusinga bo kennyini...” (al Ahzaab, 33 : 6)

Mu bigambo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ebyanyumizibwa Abu Hurayira, okwagala Nnabbi kakwakkulizo ka *imaan* (obukkiriza).

“Ndayira Oyo afuga obulamu bwange, teri muntu mummwe ajja kuba na bukkiriza okutuusa lw'ananjagala okusinga bw'ayagala kitaawe n'abaana be.” (*Bukhari*, *ekitabo 1*, *ekitundu 2*, *namba 13*)

Mu hadiisi endala eyanyumizibwa Anasi (Allah amusiime), obuwoomerevu bw'obukkiriza butuukibwako singa Allah ne Omubaka we babeera nga be basinga obuganzi eri omuntu omukkiriza okusinga ekirala kyonna. (*Bukhari*, *ekitabo 1*, *ekitundu 2*, *namba 15*)⁴

Ekyafaayo kino ekyanyumizibwa Abdalla ibn Hishaamu (Allah amusiime), kiraga eddaala okwagala kwaffe eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kwandituuse:

‘Olunaku lumu Umaru (Allah amusiime) yatambulatambulako ne Nnabbi wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne wabaawo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yakwatira omukono gwa Umaru, Umaru kwe yava okugamba nti:

“Ndayira Allah, nkwegala nnyo”.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamubuuza nti:

“Umaru! Onjagala n'okusinga abaana bo?”

⁴ Laba *Bukhari*, *Imaan*, 9, 14; *Muslim*, *Imaan*, 67.



Umaru yaddamu nti: “Yee!”

Onjagala n’okusinga abantu bo aboowaka?”

“Yee, Nnabbi wa Allah.”

“Onjagala n’okusinga eby’obugagga byo?”

“Yee, Nnabbi wa Allah, nkwegala n’okusinga eby’obugagga byange!”

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yeeyongera n’abuuza nti: “Onjagala n’okusinga bwe weeyagala?”

Umaru (Allah amusiime) yaddamu nga bw’asikattiram nti: “Nedda, Omubaka wa Allah”.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kwe kumugamba nti: “Obukkiriza bwo tebjija kujjula okutuusa okwagala kwo gyendi lwe kunaasinga engeri gye weeyagalamu”.

Umaru (Allah amusiime) yagenda n’abeerako yekka akaseera oluvannyuma n’akomawo. Ng’ayimiridde mu makkati g’omuzikiti yawogganira waggulu eddoboозi lye gye lyali likoma nti:

“Omubaka wa Allah, kati nkwegala n’okusinga bwe nneeyagala!”

Wano Omubaka Ow’ekitiibwa kwe kumugamba nti: “Kati nno Umaru!” ekyali kitegeeza nti kati obukkiriza bwo bujjudde. (*Bukhari, Aymaan, 3*)

Akakwakkulizo k’okwagala, kwe kujjukira, buli kaseera, omuntu gw’oyagala n’okulaba nga mukwatagana mu bikolwa ne mu birowoozo. Omuntu okufuna omutima ogujjudde okwagala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye), yeetaaga okuyiga Sunna ze n’okuzikoppa n’obwegendereza n’okuziwa ekitiibwa. Obusiraamu tebuyinza kuteekebwa mu nkola mu ngeri ematiza awatali muntu kumanya bikwata ku bulamu bwa Nnabbi n’ omu-

tima okugujuza okumwagala. Ekkubo erituusa omuntu okufuna okwagala kwa Allah Oweekitiibwa, kwe kwagala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye). Naye okumwagala kwetaagisa okumumanya; ate awatali kwagala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) okugenda ewala, omuntu tayinza kufuna bukkiriza butuukiridde. Olw'ensonga ezifaanana bwe zityo, Nnabbi Ow'émikisa yassa essira ku kuteekawo okwagala okwékika ekyo, abagoberezi be n'abannyonnyola engeri ensengejje ekwata ku ngeri y'okutumbula omukwano guno oguteekeddwa okubeerawo.

Okuva Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) lw'ali nga ye ntikko ya Bannabbi, obulamu bwe bukunngaanya era ne businga obulungi bwonna obwa Bannabbi abaasooka abasukka mu mitwalo ekkumi n'ebiri mu enkumi ennya (124,000) be bagamba nti baatumwa. Teyakoma ku kubeera na kirabo kya kulunngamya bantu ba kiseera kye bokka naye yaweebwaa omukisa ogw'okuba nga ye w'okulunngamya abantu b'émirembe gyonna egaddirira négiriddirira okutuukira ddala ku Ssaawa ey'en-komerero nga *Khatamun Nabiyyiina*, eyaggalawo Bannabbi bona.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) ye Nnabbi yekka, mpozzi n'okuba ye muntu yekka mu byafaayo, eyawandiikibwako kalonda yenna akwata ku bulamu bwe. Ekitundu kitono nnyo ku nneeyisa ya Bannabbi abaasooka ennungi ekyatutuukako. Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) asigala nga ye yekka mu lujegere olwo olw'émikisa amanyiddwa obulamu bwe bwonna, okuva ku bintu ebitono bye yakolanga mu lunaku okutuusa ku bintu ebikwata ku mbeera ez'obuntu okulaga ewala. Okumanya kuno, olw'okusaasira kwa Allah Oweekitiibwa, kujja kujjululwa okuva ku mulembe okudda ku mulala okutuusa ku nkomerero y'ebiseera.



Bwe kityo, ekiwa empisa z'Obusiraamu enkizo ne kizirinnyisa okuva mu bintu ebiri mu birowoozo obulowoozo ne kizifuula ezi-sobola okussibwa mu nkola, gwe mukisa Obusiraamu gwe bwafuna okubeera ng'ebikolwa eby'okulabirako ebya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga byonna byawandiikibwa mu bujuvu bwabyo era ne bikuumibwa okutuusa olwaleero nga tebikyusiddwaamu n'akatono.

Ng'abantu, tulina okutwala empisa ennungi, omuli okwesiga Allah Owoobuyinza, okusiima, okumatira ne Katonda ky'aba asazeewo, obugumiikiriza nga waliwo ekigezo ekituuseewo oba omutawaana oguguddewo, obuzira, okwewaaayo olw'abantu abalala, okugaba, obwetoozaze, obukkakkamu, n'ebirala bingi. Okwo kw'oyongereza nti tulina okusigala nga twepimira amasanyu n'ebizibu ebigwawo mu bulamu bwaffe. Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye kirabo Allah Owoobuyinza kye yagonnomolera obuntu mu kuteekawo ekipimo ebirungi mu ngeri y'okussaawo ekipimo ebituufu eby'empisa zino n'okubirunga obulungi ku lw'abalala.

Nnabbi Ow'emikisa obulamu bwe yabutandika nga mulekwa, embeera esinga okubeera enzibu mu mbeera za bantu, era n'agenda ng'ayita mu mitendera gyonna emizibu okutuusa lwe yatuuka ku ntikko y'okubeera mu nsi bwe yafuuka Nnabbi nga mu kiseera kye kimu ye mukulembeze w'eggwanga. Abantu bonna mu biti byabwé mwe bagwa baasobola okufuna eky'okulabirako mu mitendera gyonna Nnabbi gye yagenda ayitamu. Olw'ebipimo ebirungi nga Nnabbi ayita mu mayengo ag'enjawulo, abantu ab'ebiti eby'enjawulo basobola okufuna eby'okuyiga okuva mu bulamu bwa Nnabbi ow'omukisa ssi mu birowoozo bulowoozo byokka naye ne mu kubissa mu nkola.

N’olw’ekyo, engeri yokka omuntu gy’asobola okufunamu emi-kisa gya Allah Oweekitiibwa kwe kuyiga ebikwata ku bulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’omutima ogukankana mu by’omwoyo. Okuyiga okw’ekika ekyo kuteekwa okutuusa omuntu eri okussa mu nkola ebintu by’aba ayize n’oku-bisomesa abalala. Naye era ekikulu, nga bwe tuyiga ebintu ebyo, tuteekeddwa okwegendereza ne tussa mu nkola nga tuyita mu kkubo ettuufu mu ntambuza y’obulamu bwe, kubanga ebikolwa bya Omubaka wa Allah Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) biraga engeri bbiri:

1. Ebikolwa ebyeyawulidde Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yekka; okugeza nga bwe yayinzanga okusaala ekiro okutuusa ebigere bye lwe byazimbanga, bwe yasiibanga n’atasiibulukuka ennaku eziwera; bwe yayinzanga okuwaayo byonna bye yabanga nabyo – ng’agamba nti ne bwe byandibadde nga byenkana olusozi lwe Uhudi – ng’abiwaayo nga saddaaka awatali kwesigaliza kantu okuggyako ekyo ekyali kimala okusasuza ebbanja, ate nga teyaleka kintu kyonna kya kusikira basika era n’agaana okubeera ng’afuna saddaaka era n’atakoma ku ye yekka naye saddaaka n’azi-gaana ne bazzukulu be okutuusa ku nkomerero y’ebiseera.

Wadde nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yali yagamba nti yali muntu ng’abantu abalala (Bukhari, Swalaat 31, Ahkaam 20), naye era kimanyiddwa okuba nga yagaana Basswahaba abamu abaali baagala okukoppa enkola ye ey’okusiiiba awatali kusiibulukuka nga bw’abagamba nti, “Nze siringa mmwe, kubanga nze Allah andiisa era n’annywesa.” (Bukhari, Ekitabo 3, Ekitundu 31, namba 145)

Abakkiriza tebalina maanyi okukoppa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mu bintu ebyo ebizibu bwe bityo. N’olw’ekyo, ebikolwa ng’ebyo byeyawulidde Nnabbi (okusaasira kwa



Allah n'emirembe bibeere ku ye) yekka ng'abagoberezi be tebakkiri-zibwa kumugoberera mu bintu eby'ekika ekyo.

2. Ebikolwa ebiyinza okukoppebwa buli muntu na mu buli mbeera. Ssunna za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ziriwo kugobererwa bantu bonne abagwa mu biti eby'en-jawulo era abali mu mbeera ezitali zimu, buli omu okusinziira ku busobozi bwe.

Tetukakatibwako kugoberera ebirungi ebiri mu bikolwa ebyeyawulidde Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye twogeddeko waggulu; ebirungi ebyo ebiri waggulu mu bire bye tutasobola kugoberera. Naye bye twogeddeko mu kitundu eky'okubiri ebyo tulina okubikoppa mu bulamu bwafe bwonna okutuusa lwe tussa omukka ogwenkomerero, nga obusobozi bwaffe gye bukoma. Olw'okutwala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'omukulu ennyo mu bulamu bw'omuntu, Abatuluuki batera okuyita buli mwana waabwe erinnya *Mehmetcik*, ekitegeeza 'Muhammad omutono', nga kye beesunga kwe kubafuula abantu abakoppebwa, okusinziira ku bitone bye baba nabyo, mu kussa mu nkola engeri za Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) enkulu.

Okutegeera obulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kikulu nnyo era kiyamba mu kutegeera eki-gendererera n'amakulu ga Kulaane Entukuvu.

Nga bwe kyogerwa mu Kulaane nti:

وَإِنَّهُ لَتَنْزِيلُ رَبِّ الْعَالَمِينَ. نَزَّلَ بِهِ الرُّوحُ الْأَمِينُ.
عَلَىٰ قَلْبِكَ لِتَكُونَ مِنَ الْمُنْذِرِينَ. بِلِسَانٍ عَرَبِيًّا مُّبِينٍ

“Mazima ddala (Kulaane eno) Bubaka okuva ewa Katonda w'ebitonde. Yagissa Omwoyo Omwesigwa (Malayika Jibuliiro), ku mutima gwo olyoke obeere ow'omu batiisa. Mu lulimi Oluwalabu olunnyonnyofu.” (al Shu-araa, 26 : 193 – 195)

Emyaka amakumi abiri mu esatu gye yamala nga Nnabbi kwali kunnyonnyola Kulaane Entukuvu, ekikifuula ekitasoboka okutandulula ekigere mu kutegeera Ekitabo Ekitukuvu awatali kumanya bulamu bwe.⁵

Okutegeera enkola y'Obusiraamu mu ngeri entuufu n'okufuna obutuukriva obw'omwoyo, kyetaagisa omuntu okufuna okuganyulwa mu myaka abiri mu esatu egyptobulamu bwa Nnabbi obwalimu ebintu ebikulu ennyo. Obulamu bw'omwoyo busobola kutuukirira n'amaanyi agava mu Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Obulamu bwe obutaliimu kwegyalabya bulinga ekisiige omulagirwa ebintu byonna ebirungi ebiri mu Busiraamu.

abantu abakoowoola abalala okuyingira Obusiraamu oba abasomesa Obusiraamu tebayinza kukola mirimo gyabwe nga tebamanzi bikwata ku bulamu obw'emikisa obwa Nnabbi waabwe (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuva lw'ali nti y'awa eby'okulabirako ebisinga okulabika mu kusomesa wamu n'okuyita abantu okujja eri Obusiraamu. Okumanya okw'ekika ekyo kuba

⁵ Okuggyako nga ebigambo ebituufu binnyonnyoddwa ebifaananyi ebirabikako, omuntu aba ajja kugwa mu nsobi ng'abissa mu nkola, kubanga abantu batera okutegeera ebintu ebizibu nga bayita mu bintu ebibatuukako mu bulamu n'okusinziira ku ddaala ly'okutegeera kwe balina. Eby'okulabirako ebyaddala biwa ekyanya ebintu ebitategeerekeka mwe biyinza okweyubulira, olwo ne bitalekaawo mukisa gwonna gwa kintu kusigala nga tekitegeerekese. N'olw'ekyo, ebirowoozo byonna ebyaleetebwa olw'obulungi bw'abantu byayawukana mu ngeri gye byassibwa mu nkola, nga kino kiva ku kubulawo ebipimo ebikukuutivu.



kujja kugatta okumanya wamu n'omutima olwo kuteekewo ebipimo ebirungi wakati waabyo byombi.

Omuvubuka ayagala okubeera omwesigwa mu bantu be, omufuzi w'eggwanga eyettanira okubeera omufuzi omwenkanya mu bantu be, omusajja anoonya okubeera taata alumirwa mukyala we n'abaana be, omuduumizi ow'amagye afuba okuwangula entalo, mu bufunze, Abasiraamu bona gye bafa benkana, bateekeddwa okufuna eky'okulabirako ekisinga obulungi okuva ku bulamu bwa Nnabbi (Sya'un Nabii).⁶

Ensonga Lwaki Ekyndo kya Buwalabu Kyalondebwa Okubeera Awatandikira Obusiraamu

Okusobola okutegeera obulungi lwaki Buwalabu yalondebwa okubeera ekifo awazaalibwa Obusiraamu, twetaaga okumanya embeera, obuwangwa n'ebitendo ebyawula Abawalabu wamu n'okumanya embeera ez'enkula y'ensi n'embeera z'abantu mwe bawangaalira.

Ensi zikirimaanyi ebbiri, Byzantine ne Peruusia (Persia), zombi zaali za muliraano n'ensi za Buwalabu. Ba Byzantine baalina amatwale mangi era nga baalina ebizibu bingi mu nsonga ezikwata ku ddiini. Abafuzi baago baayonoona eddiini y'Obugoberezi bwa Kristo eyo

6 “Teri muntu ayinza kutandulula kigere kusukka misingi Nnabbi gye yateekawo. Wadde nga waliwo obuwanguzi Bulaaya bw'etuuseko, amateeka gonna n'emisingi Bulaaya bye yaleeta tebimala bw'obigeraageranya n'eb'y'Obusiraamu. Ffe, amawanga ga Bulaaya, wadde nga obugunjufu bwaffe bulina emikisa mingi gye bufunye, naye tukyali ku ddaala erisooka ku madaala Muhammadi kw'ayimiridde era nga ye ali waggulu ayimiridde ku ddaala erikomererayo. Awatali kubuusabuusa, teri muntu ayinza kumusinga mu mbiro zino. Na kino ekitabo (Kulaane), engeri gye kiri ekituukana n'embeera, kijja kusigala nga kirina kya maanyi kye kikola ku bantu okutuusa ku nkomerero era kijja kukunngaanya abantu b'amawanga amalala we kiri.” (Johann Wolfgang von Goethe)

gye baakyusakyusanga nga bwe baayagalanga. Mu nkiiko zaabwe eza Kkanisa ebyawandiikibwa ebimu baabirangiriranga ng'ebitukuvu ate ebirala ng'ebitalina musingi gwonna, ng'amateka g'eddiini bagakozesa nga bwe baayagalanga. Okuboola mu ddiini baakukozesanga okubayamba mu nsong'a z'eb'yobufuzi, era ng'ebiseera bingi omukulembeze omuggya yayinzanga okuboola gwe yabanga addidde mu bigere. Emisolo egyabinikibwanga abantu n'enguzi eyakyeyonoonere mu bakozи byayonoona emirandira gy'embeera y'abantu.

Peruusiya (Persia) nayo yali mu kavuyo ak'empisa n'eb'yobufuzi. Eddiini eya Zoroaster yatabangula era n'erinnyirira ekitiibwa ky'omuntu bwe yakkiriza omuntu okuwasa maama we ne muwala we. Bamazda baagamba nti ng'omukka ogussibwa, amazzi, n'omuliro bwe biri bya lukale, abantu nabo baalina eddembe lye limu ku bakyala abo be baali basobola okukozesa awatali kusosola nga bwe gulii ku bintu ebirala byonna.

Obugunjufu bw'Abayonaani nabwo bwetooloolanga bwe-toloozo nga gye buva gye budda nga buli kaseera babeera mu kulwanagana kwa Filosofe awamu n'okukkiririza mu bya *wongo*, so ng'eb'yobuwangwa by'Abayindi byasigala nga biri mabega nnyo, mu mpisa ne mu mpangaala yaabwe.

Ku ludda olulala, Abawalabu bo baasigala nga bawangaalira mu bibiina by'abantu abalinga baliraanye era nga beetooloddwa eddungu eddene, ekintu ekyabakuuma obutafuna bweraliikirivu bwa kuzinduukirizibwa okw'amagye ne mu by'obuwangwa. Abawalabu tebaafugibwako mu nfuga yamatwale; bwe batyo ne basigala mu mbeera yaabwe nga teboonooneeddwa bya buwangwa biva bweru. Obutonde bwabwe nabwo tebwakwatibwako. Empisa nga okukuuma ensa, omuntu okukuuma ekigambo kye, okugaba, obuzira n'obugumiikiriza, n'ebirala, byali bikyali birungi nga bikybalimu, okuggyako nti olumu byayitiriranga ne bibuuka ensalo oba ne bikendeera ne



bifuuka bitono nnyo, ne bitabeera mu bipimo ebituufu ebituukana n'émbeera za bantu ez'obutonde. Awatali mulungamya abalagirira ekkubo ettuufu, baawangaaliranga mu kizikiza eky'obutamanya.

Obutamanya bwabwe n'obuddu eri obwagazi bw'emitima gyabwe byali bibikkiridde embeera ennungi eyali yeekwese wansi w'émbeera zaabwe ez'obutonde. Olw'okutya nti bawala baabwe baali bayinza okuwambibwa mu ntalo ne batwalibwa ng'abaddu olwo ne baba-kaka okukola obwamalaaya (ekintu ekyandibamazeemu ensa n'oku-baswaza), Abawalabu bamusinzabibumbe basobolanga okutta bawala baabwe amabujje nga bayita mu kubaziika nga balamu, ekintu ekyalu-manga ennyo bamaama b'abaana. Abawalabu era baayinzanga okweg-gyako ebantu kwe baabanga bayimiridde mu kuwangaala kwabwe ne babigaba basobole okukuumma erinnya lyabwe ng'abagabi. Obuzira bwabwe n'okulaga obutatya byayinzanga okubatuusa okwetaba mu ntalo ezitakoma. Ebyavanga mu ntalo ezo kwabanga kuyiwa musaayi omuyitirivu. Okujja kw'Obusiraamu n'okujja kwa Nnabbi Ow'ekitiibwa byakyusa amayengo gano, empisa embi zonna oba ezaakozesewanga obubi ne bizitereeza eri ekkubo ettuufu, era ne biggyawo ebantu byonna ebyavanga mu kukozesa obubi empisa zino.

Ensonga endala eyavaako Buwalabu okulondebwaa okubeera ekifo awaali obuzaale bwa Nnabbi ow'enkomerero kwali kuggyawo kubuusabuusa kwonna okwandizzeewo ku Nnabbi okubeera omu-tuufu era n'okubeera Omubaka wa Allah Oweekitiibwa. Okuva Abawalabu lwe baali abantu abaali batamanyi kusoma na kuwan-diika baasigala nga tebakwatiddwaako byabuwangwa ne filosofe eby'amawanga agaali gabeetoolodde. Singa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) yali amanyi bulungi eby'obuwangwa n'ebiyali bituukiddwaako mu bugunjufu obw'amawanga agaali getoo-loddewo, wamu n'ebiyali mu bitabo byabwe ebitukuvu, wandibaddewo okubuusabuusa nti Nnabbi eby'obwannabi yali abiyiiyizza ng'ajja ku bye yali ayize okuva mu bantu abalala. Mu ngeri y'emu, olw'entalo

zaabwe ezaava mu byafaayo byabwe ebiwanvu, Abaperuusi oba aba Byzantine bandikisanze nga kizibu okukkiriza Obusiraamu singa eddiini eyo yali evudde mu kitundu ekimu ku bino. Okwo kw'ogatta eky'okuba nti abantu abalala bandirooozezza nti Obusiraamu bwali buva mu emu ku mbeera ezo okusinga okubeera eddiini eyava ewa Katonda Owoobuyinza. Okuggyawo okubuuusabuusa kwonna, Obusiraamu bwe butyo bwasindikibwa mu bantu abaali batamanyi kusoma wadde okuwandiika nga buyitira mu mikono gya Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) eyali tasomangako, ng'ekyo kiggyawo okugamba nti Obusiraamu bwayiiyizibwa Nnabbi eyasoma era nga bwatandikira mu bantu abaali abayivu.

Buwalabu era yalina enkizo olw'ekifo ky'erimu ku maapu y'ensi ngeri wakati wa Bulaaya, Asia ne Africa, ekintu ekyayanguyiza okusaasaana kw'Obusiraamu n'okutuuka ku bantu.⁷ Kulaane Entukuvu era ennyonnyola Makka ng'ekitundu ekitali kirungi kulimiramu,⁸ ekintu ekyali eky'okuwaliriza abantu baamu okutambula ennyo okusobola okufuna ebintu ebibayamba mu bulamu bwabwe. Abantu abawangaalira ku kulima batera okubeera n'akakwate ku ttaka lyabwe era nga tebatera kutambula kugenda wala. Mu ngeri y'emu abantu abakola eby'emikono nabo babeera n'akakwate ku bifo mwe balukira ebintu byabwe era nga nabo tebatera nnyo kuva mu kifo kulaga mu kirala. Naye ng'abasuubuzi, Banamakka baali bamanyyidde okutambula enngendo empanvu ekintu ekyayamba ennyo Obusiraamu okusaasaana nga wayiseewo akaseera. Enkizo eyo gye baalina ey'okutambula enngendo ne batuuka mu nsi ezeewala n'obumanyirivu bwe baalina mu kukolagana n'abantu ab'enjawulo kiyinza okubalibwa ng'ensonga endala lwaki Obusiraamu bwatandikira mu bantu b'e Makka.

⁷ Laba Muhammadi Ilyas Abdulghâni, Târihu Makka (Taariikhу Makka), olup. 12 -13.

⁸ Laba: Ibraahiim, 37.



Okwagala kwa Katonda kwawa olulimi Oluwalabu omukisa okubeera nga lwe lulimi obubaka mwe bwayita okusinziira ku bitendo ebisuffu ebiri mu lulimi olwo. Bw'olugeraageranya n'ennimi endala, olulimi Oluwalabu lulina enkizo mu ngeri gye lukwataganamu n'engeri ebigambo gye bitabibwamu, ebigambo engeri gye bizaalukukamu, engeri gye luyungibwamu, n'ebirala bingi. Oluwalabu lulina amaanyi ag'okussa amakulu agasinha obuzibu mu bigambo ebisinga obwangu, awatali kubuza kigendererwa mu makulu ago. Obugagga bwalwo bulusobozesa okunnyonnyola ebirowoozo ebitategeerekeka mu ngeri ennambulukufu eyeekyewuunyo. Olulimi Oluwalabu lwali lwamala dda okukula, ekyalufuula olulimi lwokka mu kiseera ekkyo olwali lusobola okutuusa Katonda bye yali ayagala mu ngeri eyali esinga obutuukirivu.

Ekizinga kya Buwalabu nakyo kyali kifo kya mukisa. Jjajja wa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) owedda yawangaalira mu kitundu kino era n'azimba Ka'aba, ng'omusingi gwayo gwali gwa dda ng'ebayaayo by'omuntu gye byatandikira. Olw'okuba nga kino Bannamakkha baali bakimanyi, beebalanga ng'abasika abeby'omwoyo aba Bulayimu ne Ismaaila emirembe gibeere ku bo. Eno y'ensonga endala eyabayamba okukiriza n'okutegeera Obusiraamu.

Wadde ng'omuntu ayinza okunokolayo ensonga endala eziwera ku nsongra lwaki ensi eno yalondebwa okukkiramu Obusiraamu, waliyo ensonga endala eyo gye tutayinza kutegeera eyalondesa ekifo kino nga Allah Oweekitiibwa Yekka y'agimanyi. N'olw'ekyo tuba tuwlira nga tuteekeddwa okukomekkereza ebigambo bino n'ebigambo ebigamba nti ﴿الله أَعْلَمٌ بِمُرَادِهِ﴾ : Allah y'asinga okumanya ky'ayagala.

Makka: Maama w'ebibuga

Makka emanyiddwa nga maama w'obubuga, era emanyiddwa nga "Bakka" oba "ekibuga eky'emirembe". Mu lulimi olu Babilooni, Makka ne Bakka bitegeeza "ennyumba". Makka ennene yeetoolodda Yamanii mu maserengeta, Ennyanja ya Mediterranean (Mediterranean Sea) mu mambuka, Olugolomero lwa Persia (Persian Gulf) mu buvanjuba n'ennyanja emmyufu (Red Sea) mu bugwanjuba. Eri mu masekkati g'amakubo agagatta zi ssemazinga, naddala Africa, awo omwalo gwa Jidda we gwakoleranga omulimu omunene okugatta Makka ku makubo ag'enyanja. Mu Makka, ekifo awali Ka'aba kyayitbwanga *Batw'haa*, ate akabuga kaayitbwanga *Batnu Makka*.

Makka yatandikibwawo Nnabbi omututumufu owa Allah Oweekitiibwa, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye). Bulayimu, taata wa Bannabbi, yalina omukyala ng'ayitibwa Sarah eyali omugumba nga tamuzaaliranga mwana. Olw'ekizibu kino, Sarah yawa bba Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) omuddu we omukazi eyayitbwanga Hajara ne bafumbiriganwa oluvannyuma Iw'okumuta. Obufumbo buno bwavaamu ebibalala eby'omwana Ismaaila (emirembe gibeere ku ye), oyo eyavaamu Ekitangaala kya Muhammad, ekintu ekitaasanyusa Sarah eyali yeesunga ekitangaala okuva mu ye. Ng'alabye ekitangaala ekyali eky'okuyitira mu Ismaaila nga kiva mu yali omuddu we Hajara, Sarah yafuna ennaku ennyingi. Yasaba bba Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) okuggyawo Hajara ne Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) abatwale mu kifo ekiri ebunaayira. Naye eno ye nsonga eyali erabikako eri emabega w'okusalawo kwa Katonda. Bwe kityo, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yassa mu nkola ekiragiyo kya Allah Oweekitiibwa n'atwala omwana ne maama we e Makka, ng'akulembeddwa Malayika Jibuliiru. Bwe baatuuka e Makka, Jibuliiru kwe kugamba Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) ateeke abantu be awo.



Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yeemulugunya nga bw'agamba nti:

“Ekifo kino tekisobola kulimirwako wadde okulundirwako.”

Naye Jibuliiru yamukkakkanya nga bw'amugamba nti:

“Kituufu... Naye mu bazzukulu ba batabani bo mujja kuvaamu Nnabbi atasomye. Era ne Nnabbi oyo Ekigambo kya Katonda ek'yo-bwannamunigina nobumu bwe (tawhiidi) kijja kujjula.” (Ibn Sa'ad, I, 164)

Abdalla b. Abaasi (Allah amusiime)⁹ anyumya nti:

“Nnabbi Bulayimu yatwala maama waffe Hajara ne mutabani we, ng'akyali muwere, e Makka gye yabaleka emabega w'omuti ogwali okumpi n'ensulo ya Zamzam eyali erindirirwa okusimibwa. Yabawa ekisero ky'entende n'ensawo y'amazzi ey'eddiba. Bwe yali ali kumpi okudda eka, Hajara yamubuuza bw'atyi:

“Allah ye yakulagidde okutuleka wano mu nsi enkalu?”

9 Abdalla ibn Abaasi (Allah amusiime) ye mutabani wa Abaasi bw'atyo yali kizibwe w'Owékitiibwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye). Maama we yayitbwanga Ummu'l Fadhw Lubaaba, omukyala eyakkiriza Obusiraamu amangu nga Khadiija (Allah amusiime) amaze okubukkiriza. Nga yakazaalibwa, ngébulu emyaka esatu okusenguka kutuuke, Ibn Abaasi yatwalibwa ewa Owékitiibwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) eyassa omwana mu mikono gye n'asiimula ekibuno n'entende gye yali agaayizzaamu mu kamwa. Olwékkolwa kino ekiyitbwah tahniiq, Ibn Abaasi oluvannyuma yayatiikirira nnyo mu Basswhába. Oluvannyuma, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kennyini yasabira Ibn Abaasi enfunda bbiri, ku lumu yamusabira n'ebigambo ebyali bigamba nti: “Allah, nkusaba omuwe okumanya okwewala mu ddiini era omuyigirize Kulaane!” Bw'atyo yafuuka Swahaba eyali amanyi ennyo Kulaane okutwala ewala, ekyamuweesa erinnya erya at Tarjumaan, ekitegeesa omuvvuunuzi. Era yali amanyiddwa nga Hibru'l Ummah, ekitegeesa kakensa wékibiina ky'Abakkiriza. Ng'otwaliddemu hadiisi ezaddinganibwa, Ibn Abaasi yalina omugatte gwa hadiisi lukumi mu lukaaga mu nkaaga (1,660) ze yanyumya. Ebiseera bye ebyasembayo yabimala nga muzibe era yafira mu Twaifa, mu 687 (H. 68), ng'aweza emyaka eg'yobukulu 71.

Bulayimu yamuddamu nti: Yee”.

Hajara kwe kugamba, mu kwewaayo eri Allah okw'ekika ekya waggulu nobwesige obungi mu Ye, nti:

“Bwe kiba bwe kityo Katonda waffe ajja kutukuuma. Tetujja kulekebwa ttayo.”

Oluvannyuma yadda awaali mutabani we Ismaaila. Ku ludda olulala, Bulayimu yatambula mukungujo. Naye bwe yatuuka we baali batakyamulengerera, yasitula emikono gye mu bbanga n'asaba bw'atyi:

رَبَّنَا إِنِّي أَسْكَنْتُ مِنْ ذُرِّيَّتِي بِوَادٍ غَيْرِ ذِي زَرْعٍ عِنْدَ بَيْتِكَ
 الْمُحْرَمَ رَبَّنَا لِيُقِيمُوا الصَّلَاةَ فَاجْعَلْ أَفْلَدَةً مِنَ النَّاسِ تَهُوِي
 إِلَيْهِمْ وَارْزُقْهُمْ مِنَ الثَّمَرَاتِ لَعَلَّهُمْ يَشْكُرُونَ

“Katonda waffe! Mazima ndese abamu ku bantu bange mu lusenyi olutabeeramu birime, okumpi n'Ennyumba Yo Ey'emizizo, Katonda waffe, basobole okuyimirizaawo esswala. N'olw'ekyo nku-saba ofuule emitima gy'abantu abamu gibayaayaanire era obagabire ebibala oboolyawo ne beebaza. (Ibraahim, 14 : 37)” (Bukhai, Anbiyaa, 9)

Ng'amaze okuleka mukyala we n'omwana we omu yekka gwe yalina mu nsi eno enkalu eteddamu kantu, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yasaba Allah Oweekitiibwa bw'atyi:

رَبِّ اجْعَلْ هَذَا بَلَدًا آمِنًا وَارْزُقْ أَهْلَهُ مِنَ الثَّمَرَاتِ
 مِنْ آمَنَ مِنْهُمْ بِاللَّهِ وَالْيَوْمُ الْآخِرُ



“Katonda wange! Nkusaba ofuule ekifo kino ekibuga eky’emirembe era ogabirire abantu abakirimu ebibala oyo (yekka) mu bo aba akkirizza Allah n’Olunaku lw’enkomerero.” (al Baqara, 2 : 126)

Allah Owoobuyinza yakkiriza edduwa ya Bulayimu, abatali bakkiriza n’abaggyamu mu kusaasira kwe era n’abalagaanyisa ebibonerezo eby’amaanyi mu bigambo bino:

قَالَ وَمَنْ كَفَرَ فَأُمْتَدِعُهُ قَلِيلًا ثُمَّ أَضْطَرْهُ
إِلَى عَذَابِ النَّارِ وَبِئْسَ الْمَصِيرُ

“N’agamba nti: ‘N’oyo aliba awakanyizza, nja kumuwa okwega-gala akaseera katono n’olvannyuma muzze eri ebonerezo by’Omu-liro n’obuddo obubi ennyo.” (al Baqara, 2 : 126)

N’olwaleero, okusinziira ku dduwa Bulayimu (emirembe gibee-re ku ye) gye yasaba Allah Owoobuyinza ajuza emitima gy’abalamazi okwagala n’okuwa Ka’aba Entukuvu ekitiibwa. Emitima gifuna emirembe n’obutebenkevu ebitenkanika nga giri mu bifo ebyo ebitukuvu.

Amazzi amatono Bulayimu ge yalekera Hajara tegaabamazaako kaseera kawera era gaggwaawo mu kaseera mpa we kaaga. Hajara yadduka nga bw’ava ku kasozi ka Swafa n’adda ku kasozi ka Mar’wah ng’asuubira okufuna amazzi era nga kino yakikola enfunda ezaawera omusanvu. Ebbanga eriri wakati w’obusizi buno obubiri liwera mita ebikumi bina (400). Bwe yabanga adduka ate nga bw’atunula ku mutabani we mu nsonda z’amaaso ge. Yali talaba bulamu mu kitundu; nga tewali muntu, wadde ekinyonyi. Bwe yatuuka ku Kasozi k’Mar’wa yawulira eddoboozi ngi limulagira nti:

“Siriikirira owulirize!”

Hajara yaddamu nti: “Yee, nkuwulira... Nkusaba otuyambe bw’oba osobola!”

Yalaba malayika ng’esima ensulo ya Zamzam ng’ekozesa ebiwawaatiro oba ebisinziro. Amazzi gatandika okufukumuka nga gava mu ttaka. Hajara yasanyuka n’asooka okujuza eddiba ly’amazi. Naye gye yakoma okusena amazzi n’emikono gye n’amazzi gye gaakoma okufukumuka. Kye yakola kwe kukolawo oluzzi olutono okukunngaanyaamu amazzi agafukumuka, nga bw’addinngana ekigambo nti: ‘zam zam’ mu kiseera kye kimu amazzi ng’ayagala galekere awo. (‘Zam zam’ kitegeeza ‘lekera awo, lekera awo’).

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yagamba nti, “Allah asaasire maama wa Ismaaila! Singa teyayanguyiriza kujuza nsawo ye ey’amazzi ey’eddiba okuva mu luzzi lwa Zamzam, Zamzam n’olwaleero gwandibadde mugga ogukulukuta ku nsi.” Ibn Abaasi yayongerako nti, “Nnabbi Bulayimu yaleeta Ismaaila ne maama we e Makka nga maama we amuyonsa ng’alina ensawo y’amazzi ey’eddiba.” (Bukhari, Anbiyaa, 9)

Maama ne mutabani we baabeera bawangaalira ku mazzi okuva mu Zamzam. Waayitawo akaseera katono, ekika kya Jur’hum ekyali kiyita okumpi n’ekitundu ekyo ne balengera ekinyonyi ekyali kikka nga bwe kibuuka mu kifo ekimu. Baateeberesa nga bwe waali wayinza okubeerawo obulamu mu kitundu ekyo kwe kutuma abantu babiri bagende balabe. Bwe baakizuula nga bwe waaliwo ensulo, baasaba okukkiri-zibwa okusenga okumpi n’oluzzi. Hajara yabakkiriza naye n’abateekako akakwakkulizo ak’obuteefuula bannannyini nsulo. Bajurhum bakkiriza, ekintu ekyabafuula ekika ekyasooka okusenga mu Makka.

Nga wayise ekiseera ekibuga Makka kyafuuka eggwanga. Mu mwaka gwa 207, Bajur’hum bwe baagaana ekika kya Khuzaa okusenga mu Makka, Bakhuzaa bawamba ekibuga. Batabani ba Ismaaila tebeetaba mu latalo luno era abafuzi abapya ne batabatuusaako



mutawaana. Bakhuzaa baafuga ekibuga emyaka egyawera, era mu kiseera ekyo baava ku mulamwa gw'eddiini ya Bulayimu entuufu. Baawagira okusinza amasanamu ne bawagira ensinza enkyamu. Baateekawo essanamu lye baatuuma Hubal. Batabani ba Ismaaila bwe baafuna amaanyi nga bakulirwa Quswayy, baagoba Bakhuzaa mu Makka mu mwaka gwa 440.

Quswayy yateekawo Dar'un Nad'wa eyakolanga nga paliyament mu kibuga Makka wamu n'ebitongole ebirala bye yateekawo okulabirira obulamu bw'embeera ya bantu neddiini. Emirimo emitongole nga okuduumira egghe mu ntalo wamu n'okukuma bbendera (*qiyyadah*), okulabirira Ka'aba (*Sidaanah, hijaabah*), okuwa abalamazi amazzi (*siqaayah*) n'okuliisa abalamazi okuva mu misolo egikunngaanyizibwa (*ridhwahanah*) byonna byali mu buvunaanyizibwa bwa Quswayyi. Nga tannafa, yaleka alaamye ebintu ebyo bisigale mu mikono gya bazzukulu be Abdu'ddaar ne Abdu Manaaf, olwo n'atandika enkola ey'ensikirano ey'ebintu bino okusikirwa okuva ku taata okudda ku mwana.¹⁰

Abatuuze bonna ab'e Makka baasobolanga okwetaba mu ntuula za palamenti kasita baawezanga emyaka amakumi ana. Wabula, enkola yali nti bakulu ba mpya oba mayumba bokka be beetabanga mu ntuula zino. Ekyewuunyisa kwe kuba nga enkiiko zino ze zimu ze zeyambisibwanga mu kulwanyisa Obusiraamu.

Enkiiko endala zaali za *nnaadi* ze baakozesanga okusisinkanaramu n'ebintu ebirala ng'okwo kwe wagattanga ekigendererwa kya zo ekikulu eky'okusalawo ku bye kijaasi n'eb'y'obufuzi.

Okuva ettaka ly'e Makka bwe lyali litali ddungi kulimirako, abatuuze okusobola okweyimirizaawo baakukolanga bayita mu busuubuzi. Makka bw'etyo yali ekwata ekifo kya ku mwanjo mu bulamu obw'eb'y'obusuubuzi mu kyondo kya Buwalabu. Eby'okusubula byanyinyitiranga mu biseera eby'ekyeya n'ebya ttoggo. Eby'obusuubuzi

10 Laba: Ibn Hishaam, I, 135 – 142.

byabeeranga bikolebwa ne Syria mu biseera bya ttoggo ate ne Yamanı mu biseera by'ekyeya. Okusinga baakozesanga nngamiya okutambuza ebyamaguzi era nga mu biseera ebimu mu lugendo olumu mwayinzanga okubeeramu enngamiya ezikunuukiriza mu nkumi ebbiri mu ebitaano (2,500). Obugagga Makka bwe yafuna mu kusuubula bwali bungi nnyo okutuusa nti ne Allah ekyengera kino yakibajjukiza ng'abayita okudda eri Obusiraamu:

لِيَلَافِ قُرْيَشٍ إِيَّالَافِهِمْ رِحْلَةَ الشِّتَاءِ وَالصَّيفِ فَلَيَعْبُدُوا رَبَّ
 هَذَا الْبَيْتُ الَّذِي أَطْعَمَهُمْ مِنْ جُوعٍ وَآمَنَهُمْ مِنْ خَوْفٍ

“Olw'okukuuma Abakulayishi; okubakuumma nga batambula enngendo z'okusuubula mu biseera bya ttoggo n'ekyeya. Kale basinze Katonda w'Ennyumba eno, Oyo abaliisa okubawonya enjala era n'abawonya okuva mu kutya.” (Quraysh, 106 : 1 – 4)

Okusuubula okw'enngendo tekwali kwangu mu Kizinga kya Buwalabu olw'obutabanguko n'obutabaawo bufuzi bumu. Akalembereza kaabeerangawo mu myezi egy'emizizo omwali mutakkirizibwa kulwanira okw'ekika kyonna wadde obubbi obw'omu kkubo, era kino kye kiseera omusuubuzi we yasoboleranga okufunira ku mirembe n'okuggwaamu okutya. Naye ne mu kino, Makka yalina enkizo ku bifo ebirala byonna. Wadde ng'okuziyiza okulwana n'okulumbagana n'obulabe mu bitundu ebirala nga kwabeerangawo mu mwezi gwa Rajab gwokka, naye yo Makka yalina ekiseera ekyeyongerayo eky'obutatabaalagana nga kya myezi ena egiyitibwa *Ash'huru'l hurumu* (Emyezi egy'emizizo). Gyo emyezi omunaana egisigadde, enkola eya *Basl* ye yeeyambisibwanga okukuumma ebyobugagga by'amaka amangi obutatuusibwako bulumbaganyi oba okubbibwa.¹¹

11 Laba: Hamiidullah, I, 24 – 25.

Makka mwabeerangamu emyoleso gy'ebiyobusuubuzi esatu mu bifo ebyayitibwanga *Ukaaz*, *Majannah* ne *Dhu'l Majaaz*. Emyoleso gino gyabeerangayo mu biseera by'okulamaga okusinziira ku nkola ey'ekijaahiliyya ey'ebiseera ebyo, era emyoleso gyafunanga abantu abawera ekyawanga abasuubuzi b'e Makka ennyingiza ewera.

Era olw'okubeera ekifo omuli Ennyumba ya Katonda, Makka bulijjo yateekebwangako omwoyo amawanga agagyetooloodde. Wadde nga mu byafaayo waaliwo okugezaako enfunda eziwera okulumba ekibuga Makka, naye Makka yasobola okusigaza obwetwaze bwayo. Ne Babyzantine, abaali bettanira ennyo okugaziya obufuzi bwabwe okubuna ekizinga kyonna nabo era tebasobola kutwali-ramu Makka.

Ebyafaayo Bya Ka'aba N'Obutukuvu Bwayo

Ekigambo Ka'aba, eyogerwako emirundi ebiri mu Kulaane, mu Luwalabu olwa bulijjo kitegeesa ekintu eky'ensonda ennya. Wadde nga waliwo amannya amalala agoogerwako mu Kulaane okugeza *al Baytu*, *Baytullaah*, *al Baytu'l Atiq*, *al Baytu'l Haraam*, *al Baytu'l Muhamarram*, *al Masjidu'l Haraam*, naye era esigala ng'etera kuyitibwa Ka'aba al Muadhwam, ekitegeesa Ka'aba essibwamu ennyo ekitiibwa.¹²

12 Ka'aba yazimbibwa ku mpagi eriko obugazi bwa mita emu n'ekitundu. Ebisenge byayo birina amayinja ga basalt agawera lukumi mu lukaaga mu kkumi n'ana (1614) nga ga nsonda nòbugazi obw'enjawulo nga gakunngaanyizibwa okuva mu Makka yonna. Ku nsonda yaayo ey'ebuvanjuba ye wali al Hajaru'l As'wadu, Ejjinja Eriddugavu. Ejjinja eryo lyateekewa mu kasanduuke aka langi eya siliva era nga lye liraga omulamazi w'atandikira okwetooloola ne w'amalira. Ensonda ya Ka'aba ey'ebuvanjuba eyitibwa Ruknu'l As'wad oba Ruknu's Sharqi, ate ensonda eri emitwetwe (eyomu mambuka) eyitibwa Ruknu'l Iraqi, ensonda ey'ebugwanjuba eyitibwa Ruknu's Shaami, ate ensonda ey'omumaserengeta eyitibwa Ruknu'l Yamaani. Olugogo olutambuza amazzi g'enkuba okugajja waggulu ku kasolya ka Ka'aba (Mizab'u'l Ka'aba) lumanyiddwa nga Olugogo lwa Zaabu. Okutandikira ku Ka'aba, mita essatu ezisooka ez'ekitundu ekyetooloddwa

Ebyafaayo bya Ka'aba bitandikira ku Nnabbi Adamu (emirembe gibeere ku ye), omuntu ow'olubereberye. Bwe yakka mu nsi yaweebwa obuvunaanyizibwa obw'okuzimba ekifo omw'okusinziza ku ttaka Ka'aba w'eri olwaleero.¹³ Kino kyogerwako mu Kulaane mu *ayah* eno wammanga:

إِنَّ أَوَّلَ بَيْتٍ وُضِعَ لِلنَّاسِ لِلَّذِي
بِكَةً مُبَارَّكًا وَهُدًى لِلْعَالَمِينَ

“Mazima ddala ennyumba eyasooka okuteekerwawo abantu y'eyo eri e Bakka nga ya mikisa era nga kyakulunngamya eri ebitonde.” (Al Imraani, 3 : 96)

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'addamu ekibuuzo Abu Dharri (Allah amusiime) kye yabuuza,¹⁴ ayogera ku Ka'aba ng'ekizimbe ekyasooka okuzimbibwa ku

ekisenge ekyagala okuba ng'ekyenkulungo, nga kiyimiridde ku buwanvu bwa mita emu n'obutundutundu 3 (1.32 meters) n'obugazi obwa mita 1.55, ekisitukidde mu nsonda ekitunuulidde mu bukiika kkono obwa Ennyumba Eyeemiziso wakati wa Ruknu'l Iraqi ne Ruknu'l Shaami, kiyitibwa Haatim. Ekitundu kino kyali kiri mu nda mu kizimbe ekinene ekyaa Kaaba Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) gye yazimba. Naye olw'ekkekwa ly'ebintu ebyeyambisibwa mu kuzimba, Abakulayishi bwe baali baddaabiriza Ka'aba baali tebalina kya kukola wabula okusalawo ekitundu kino okukireka ebweru w'omuzimbo.

13 Laba Twabari, Taarikh, I, 124.

14 Erinnya lya Abu Dharri erya ddala ye Jundab ibn Junaada. Yali amanyiddwa nga Ghifaari nga kino kiva ku kika kye ekyaa Baghifaari mwe yasibuka. Ng'Omuisiraamu ow'okutaano, Abu Dharri yali musajja munnaddini nnyo, era nga mumativu ne bye yali alina, ng'era mutu eyeeziyiza, ekyatuusa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okumuyita Masiihu'l Islaam, ekitgegeesa Yisa w'Obusiraamu. Olw'okuba nga yabeeranga nnyo ku lusegere lwa Nnabbi Ow'ekitiibwa, yagezangako nnyo okulaba ng'aganyulwa nnyo mu kubeerawo kwe, era ng'abuuza bye yabanga tamanyi ng'ayagala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) abimutangaaze. Mu ngeri



nsi, ate eky'okubiri nga ye Masjid'ul Aqsa, omuzikiti omutukuvu oguli e Yerusalem.¹⁵ Bwe kityo ekiwonvu ky'e Makka kye kyalondebwa okubee-
ra ekifo ekitukuvu okuviiira ddala ku ntandikwa y'ebafaayo by'omuntu.

Oluvannyuma lw'Amataba ga Nuuhu (emirembe gibeere ku ye), Ka'aba yaziikibwa era n'esigala mu musenyu ekiseera ekyawera. Yaddamu okuzimbibwa Bulayimu oluvannyuma lw'okuyitawo emyaka egiwera ng'amaze okuleka omwana we ne mukyala we mu nsi eyo. Nga wayiseewo emyaka Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yaddayo oku-lambula abantu be be yali yaleka e Makka, era bwe yalaba nga mutabani we avubuse, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yamugamba nti:

“Katonda waffe atulagidde okumuzimbira ennyumba ... era ogenda kunnyamba!”

Omuvubuka Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) yasitulanga amayinja nga Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bw'azimba ebi-senge bya Ka'aba. Ekitundu ky'ejinja erya *mabble* eryasigalako obuwufu bw'ebigere bya Bulayimu lye lyakozesewanga okulinnyako okuyamba Bulayimu okutuuka waggulu okuzimba ebisenge ebiwan-vu.¹⁶ Kulaane Entukuvu enyumya ekyafaayo ekyo mu bigambo bino:

eyo yasobola okukunngaanya okumanya ekyatuusa Ali (Allah amusiime) okumuyitanga 'ennyanya y'okumanya'. Hadiisi zokka ze yayogera ziwerera ddala ebikumi bibiri mu kinaana mu emu (281). Yafira mu Rabaza okumpi ne Makka mu mwaka gwa 31 ogwa Hijira, n'aziikibwa abantu batono.

15 Laba Bukhari, Anbiyaa, 10.

16 Said Bektash, Fadlu'l Hajaril As'wad wa Maqaami Ibraahiim (emirembe gi-beere ku ye), olup. 108; Muhammad Ilyaaq Abdulghani, olup. 71 – 73. Okusinziira ku kitabo ekimu, Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) oluvannyuma yayimirira ku jjinna lya marble, Maqaamu Ibraahim, n'ayita abantu bajje bakole Hijja. (Said Bektash, olup. 111). Ng'ayogera ku Maqaamu Ibraahiim, Allah agamba nti:

وَأَذْ جَعَلْنَا الْبَيْتَ مَنَابَةً لِلنَّاسِ وَأَمَنَّا وَاتَّخَذُوا مِنْ مَقَامِ إِبْرَاهِيمَ مُصَلَّى

وَإِذْ يَرْفَعُ إِبْرَاهِيمُ الْقَوَاعِدَ مِنَ الْبَيْتِ وَإِسْمَاعِيلُ
رَبَّنَا تَقَبَّلْ مِنَ إِنَّكَ أَنْتَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ

“Era jjukira ekiseera Bulayimu ne Ismaaila we baasitulira omusingi gwe Nnyumba (nga bwe bagamba nti:) Katonda waffe! Tukusaba okkirize omulimu guno okuva muffle; mazima ddala Gwe Muwulizi era Amanyi byonna” (al Baqara, 2 : 127)¹⁷

Ka’aba ye Nnyumba ya Katonda Owoobuyinza naye mu ngeri ya kabonero; kwe kugamba nti, ssi nnyumba ya Katonda kusulamu. Abasiraamu basaba Allah Oweekitiibwa nga bayita mu kugyetoolola emirundi musanvu, nga batandikira ku Jjinja Eriddugavu Nnabbi Bulayimu lye yateeka ku emu ku nsonda za Ka’aba. Ejjinja eriddugavu lyakka kuva mu Jjana, era nga Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yategeeza, lyali lyeru nnyo nga litukula ng’amata oba muzira mu kiseera we lyakkira, naye ne liddugala olw’ebyonoono by’abantu. (Tirmidhi, Hajj, 49 / 877; Ahmada, I, 307)¹⁸

Waliwo abaagamba nti omuliro ogwali mu Makka ng’Obusiraamu tebunnaba kujja ne bwe bwali bumaze okujja gulina kinene kye gwakola mu kufuula Ejjinja eriddugavu. Naye waliwo ebigambibwa nti oludda lw’Ejjinja olwolekedde ekisenge kya Ka’aba lukyali lwedu.

“Ekiseera ekyo we twafuulira Ennyumba nga bwe buddiro bw’abantu era nga mwe bafunira emirembe, (nga bwe tugamba nti) mufuule ekifo Bulayimu we yayimirira eky’okusaaliramu.” (al Baqara, 2 : 125)

¹⁷ Ebisingako awo ku kyafaayo ekyo laba Bukhari, Anbiyaa, 9.

¹⁸ Abamanyi bagamba nti ebyonoono bwe biba nga biyinza okukyusa ejinja obuyinja ne birifuula liddugavu, naye bunene ki bwe biyinza okukola ku mutima! N’olw’ekyo, okweziyiza okukola ebyonoono n’amaanyi gonna kuba kufuuse kwa buwaze.



Mujaahid anyumya nti Abudalla ibn Zubayir (Allah amusiime) bwe yasuula ebisenge bya Ka'aba asobole okugiddaabiriza, yalaba oludda olw'omu nda olw'Ejjinja Eriddugavu nga lweru.

Muhammadi ibn Naafi al Huzaa-i yali omu ku baaliwo mu mwaka 339 ogwa Hijira ng'Ejjinja lizzibwa mu kifo we lyali okusooka nga ba kasobeza ba Qaraamitwa tebannalitwala. Muhammadi oluvannyuma yawa obujulizi bw'atyi:

“Naliwo okwekebejja Ejinja Eriddugavu bwe lyaggibwa mu kasanduuke mwe lyali ne ndaba ng'oludda lwa lyo lumu lwokka olwali oluddugavu, nga lwe lwali luli eno abantu gye balaba, kyokka ng'enjuyi zaalyo essatu nga zonna njeru.”

Mu mwaka ogwa 1039 ogwa Hijira, Ka'aba yayonoonebwa amataba ag'amaanyi agasaasaanira Makka yonna. Mu kiseera ky'okud-damu okugizimba, Imaamu Ibn Allaan al Makkii yeekebejja Ejinja Eriddugavu, era yalyogerako nti “ebitundu by'Ejinna Eriddugavu ebyali bitunudde ku bisenge bya Ka'aba byali byeru nga *marble* Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) we yasaalira (*Maqaamu Ibraahiim*)¹⁹ Kulaane enyumya nti omulimo gw'okuzimba Ka'aba bwe gwakomekkerezebwa, Nnabbi Bulayimu ne mutabani we Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) baasaba Allah Oweekitiibwa bwe batyi:

رَبَّنَا وَاجْعَلْنَا مُسْلِمِينَ لَكَ وَمِنْ ذُرِّيَّتِنَا أَمَّةً مُسْلِمَةً لَكَ وَأَرْنَا
مَنَاسِكَنَا وَتُبْ عَلَيْنَا إِنَّكَ أَنْتَ التَّوَابُ الرَّحِيمُ. رَبَّنَا وَابْعَثْ

19 Laba Said Bektash, olup. 36 – 38; Dr. Muhammadi Ilyaaq Abdulghani, olup. 43.

فِيهِمْ رَسُولًا مِّنْهُمْ يَتْلُوَا عَلَيْهِمْ آيَاتِكَ وَيُعَلِّمُهُمُ الْكِتَابَ
وَالْحِكْمَةَ وَيُزَكِّيهِمْ إِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ

“Katonda waffe! Tufuule ffembi Abasiraamu, abeewaayo ffembi eri okwagala kwo, ne mu bazzukulu baffe otekemu ekibiina kya Abasiraamu (abeewaayo bonna gy’oli); otulage ekifo we tukolera emikolo gyaffe; era otusonyiwe, kubanga Ggwe Musonyiyi Omusaasizi.

“Katonda waffe! Tukusaba obatumemu Omubaka ng’ava mu bo ng’abasomera Obubonero Bwo, era ng’abayigiriza ebyawandiikibwa n’okumanya ensonga, era ng’abatukuza; kubanga Ggwe Waakitiibwa Owaamaanyi.” (al Baqara, 2 : 128 – 129)

Nga bamaze okuzimba Ka’aba, Allah Owoobuyinza yalagira Bulayimu okuyita abantu bajje bakole Hijja n’agamba nti:

وَأَذِنْ فِي النَّاسِ بِالْحَجَّ يَأْتُوكَ رِجَالًا وَعَلَىٰ
كُلِّ ضَامِرٍ يَأْتِينَ مِنْ كُلِّ فَجَّ عَمِيقٍ

“Langirira Hijja mu bantu bajja kujja gy’oli ku bigere ne ku nngamiya enkovvu, nga bava mu buli kakubo akeesudde ebbanga.” (al Hajj, 22 : 27)

Ng’agoberera ekiragiyo kya Katonda kino, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yalinnya ku lusozi oluliraanyeewo oluyitibwa Abu Qubayisi, n’akoowoola abantu abali mu mpuyi ennya zonna ned-doboozi ery’omwanguka, ng’abategeeza obuvunaanyizibwa bwabwe okugenda okulambula Ka’aba.²⁰

20 Laba Kaamil Miras, Tecrid Tercemesi, VI, 20 – 21; Said Bektash, olup. 111.



Oluvannyuma lw'okulangirira kuno, Malayika Omukulu Jibuliiru yajja n'alaga Bulayimu ensalo z'Omuzikiti Omutukuvu ne bbanga eriri wakati wa Sswafa ne Mar'wa, nga bw'amugamba ateekeewo amayinja alambe ensalo ezo. Oluvannyuma Malayika Jibuliiru yayigiriza Bulayimu emikolo gyonna n'emitendera gya Hijja. Oluvannyuma abantu okuva ebunaayira baatandika okulambula Ka'aba okukola Hijja, ekintu ekyafuula Makka entabiro y'eddiini ya Allah Owoobuyinza, era ekyawa ekibuga Makka ekifo ekikulu ennyo mu mitima gy'abantu.

Ate ku ludda olulala, ensaalwa olw'obutukuvu n'ekifo kya Makka mu mitima gy'abantu byaleetera ebika ebyali bisinza ebibumbe okutandika okulumba Makka. Nga Abraha tannaba kujja, waaliwo bakabaka b'e Yamani bamusinzabibumbe basatu balamba abaagezaako okulumba Ka'aba n'ekigendererwa eky'okugimenyawo. Ekinyuma kye ky'abekika kya Hudhaylu abaakolanga olukujjukujju olw'okwetakkuluzaako abalabe baabwe nga babawaga okulumba Ka'aba nga bakimanyi bulungi nti egghe lyonna eryali lyetantala okulumba Ka'aba lyabanga lya kufuna ebizibu okuva eri Allah Oweekitiibwa. Kigambibwa nti baawaga omu ku Bakabaka b'e Yamani, *Tubba*,²¹ nga bamugamba nti bwe yandizinze Ka'aba yandisobodde okwetwalira ebyobugagga ebyali bikukuliddwa mu nda. Kabaka naye kino kyamuwaga n'lumba Ka'aba naye okulumba kwe kwagwa butaka anti ebigere by'abalwanyi be byatubira ne bibulira mu musenu. Abawi b'amagezi aba Kabaka abaali abamanyi baamulabula era ne bamumatiza okudda emabega. Ng'addayo, Kabaka yalagaanyisa okuyisa obulungi Bannamakka, era nabeera ng'abawa ebirabo ebingi, nga bw'abasuubiza okuva Ka'aba ekitiibwa. Bwe batyo abalumbaganyi bwe baasobola okwetaasa okuva mu kuzikirira.²²

Amawulire agakwata ku bintu bino ebyagwawo gaakoleera ng'oluyiira mu bantu b'Ekingiza kya Buwalabu, ne kiwa Ka'aba oku-

21 Tubba linnya ettongole eryaweebwanga bakabaka b'e Yamani

22 Laba Ibn Hishaam, I, 19 – 20; Abdurrazzaq, V, 153.

tiibwa n'okussibwamu ekitiibwa mu maaso g'abantu. Ekirowoozo ekigamba nti Makka, Ka'aba n'ekika kya Abakulayishi nti byali birina obukuumi bwa Katonda kyafuuka ekikkirizibwa mu Bawalabu.

Okusinza mu Nnyumba ya Allah Oweekitiibwa kwagenda mu maaso nga Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bwe yakusomesa okutuusa okusinza amasanamu lwe kwasaasaana mu Makka. Okusinza amasanamu bwe kwabuutikira Makka, bamusinzabibum-be bajjuza Ka'aba n'ebifo ebigeetoolodde amasanamu. Naye awamu n'ekyo Ka'aba tebaagibbulamu ssanamu lyonna, era nga baasigala bagiyita *Baytullah*, Ennyumba ya Allah Oweekitiibwa.²³

Makka bwe yawangulwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'agiggulirawo Obusiraamu, amasanamu gonna gaabetentebwa, era Ka'aba yonna n'enaazibwa n'amazzi ga zamzam ku ngulu ne munda nga kino kirabirirwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Eno ye yali entandikwa y'encola ey'okunaaza Ka'aba n'amazzi ga Zamzam n'aga looza buli mwaka, okugifuyira akawoowo ne misiki (musk) ne anbar (amber), n'okuteekako olugoye olulala.

Enkola eyaliwo mu biseera by'okusinza amasanamu ey'okuwanika ku Ka'aba ebitontome omusanvu Mu'allaqatu al Sab'a (ekitegeeza mu lulimi 'ebiwanikibwa omusanvu'), ebyasinganga mu mpaka ze baateekangawo, n'ekikolwa kye baakola eky'okuwanika ku bisenge bye bimu okulangirira okusiba nnati ne boyikooti ku Basiraamu, biraga engeri gye baatwalangamu Ennyumba eno Eyeemizizo n'ekifo kye baagiwanga.

Omulinu gwonna ogwakolebwanga ku Ka'aba ne ku bantu abalambula Ka'aba gwatwalibwanga nga mukulu nnyo. Okusooka

²³ Mu kutubira mu lutobazi lw'obutamanya, ekyewuunyisa bamusinzabibum-be tebaasinzaako ebintu ebisatu bye baatwalnga nga bikulu nnyo: Ka'aba, Hajarul As'wad ne Maqaamu Ibraahiim, ate bo badda mu kusinza emiti eg'yenjawulo n'amayinja. Kino kisoboka kunnyonnyolwa na kuba nga waaliwo obukuumi obwenjawuo obw'ebintu biri ebisatu.



Nnabbi Ismaaila (emirembe gibeere ku ye), ye yali omusaale okukola emirimu gino egyptiibwa, oluvannyuma lwe ne gisikirwa abaanabe, oluvannyuma Ba-Jurhum ne bagisikira era noluvannyuma ne gikolebwa Abakulayishi. Mu kiseera ky'okussaawo ekibuga ky'e Makka tulaba mu kiseera kye kimu entandikwa y'emirimu gino:

1. **Sidaanah oba Hijaabah:** Omulimo gw'okubikka Ka'aba olugoye n'okukuuma ebisumuluzo byayo.²⁴
2. **Siqaaya:** Okuwa abalamazi amazzi n'ebi'okunywa, n'okulabirira oluzzi lwa Zamzam.
3. **Ridhwanah:** Okuliisa n'okulabirira abalamazi abaavu.

Okuweebwa emrimo gino kyatwalibwanga ng'ekitiibwa ekine-ne mu Bawalabu. Mu kiseera kya Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), emrimo gino gyagabanyizi-bwa mu nnyumba ez'amaanyi mu Makka. Umaru (Allah amusiime) Kaliifa ow'okubiri, yassaawo omusaala olw'okutuukiriza ekigendere-rwa ekyo ogwateekewateekewa obulungi mu kiseera kya Muawiya (Allah amusiime). Ba-Ottoman baatwala omulimu gw'okulabirira Ka'aba okubeera omukulu ennyo, nga bawa empeera ey'amaanyi abo abaakolanga omulimu gw'okulabirira Ennyumba Eyeemizizo eno.

24 Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) amanyiddwa nga ye muntu eyasooka okwambaza Kaaba. (Abdurrazzaq, V, 154) Mu byafaayo by'Obusiraamu byonna, okuteekateeka olugoye olubikka Ka'aba kuzze kulabirirwa Kaliifa, kabaka, oba omufuzi wa Makka abaaliwo. Obwakaliifabwewadda mu mikono gya ba Ottoman mu 1517, olugoye olubikka Ennyumba Entukuvu Iwasigala nga lutungibwa mu Misiri (Egypt) akaseera akaawerera ddala. Mu biseera by'obufuzi bwa Suleyman "the Magnificent" (Ow'ekitiibwa), Istanbul kyafuuka ekifo mwe batungira olugoye olw'omu nda, ng'oluvannyuma n'olugoye olw'ebweru lwagattibwako mu biseera bya Sultan Ahmed III. Olugoye olwasembayo okutungibwa wansi mu mikono gya ba Ottoman lwaweeerezewa mu mwaka gwa 1916, ng'okwegugunga okwakulemberwa Sharif Hussain kwaziyyiza omulimu ogwo okwewayongera okukolebwa mu ngeri y'emu. Oluvannyuma olugoye lwaddamu okutungibwa mu Misiri okumala akaseera. Olwaleero olugoye olubikka Ka'aba lukolebwa mu kkolero erimu mu Makka nga lyateekebwawo lwa mulimu ogwo gwokka.



Ekyafaayo ky'Enjovu: Ekiraga Engeri Ka'aba Gy'Ekuumibwamu

Ka'aba eyazimbibwa ku kiragiro kya Allah Oweekitiibwa, buli kiseera eri mu kulabirira kwe. Elikakasa ekyo kye kyafaayo ekyaya-ttiikirira ennyo ekimanyiddwa mu byafaayo nga Ekyafaayo Kyenjovu, era ekijjudde eby'okuyiga ebingi.

Abraha, Omulooma, eyali gavana era nga y'akuuma Yamani, yazimba mu San'aa ekkanisa ennene ennyo gye yassaako amajolo-bera amangi, ng'asuubira okuwugula ebirowoozo by'abantu babizze ku kkanisa eyo. Kyokka Abawalabu tebaalaga kufaayo nnyo eri kkanisa eyo, ekintu ekyeraliikiriza gavana era ne kimumalamu amaan-yi. Okusobola okutuukiriza ekigendererwa kye, yasalawo okugenda okwonoona Ka'aba, eyali etwaliriza ebirowoozo by'abantu, era Ennyumba Ey'emizizo eyali efuna abagenyi abagirambula abangi ennyo. Ng'amaze okutegeka eggye ery'amaanyi ennyo eryalimu n'enjovu ennyingi, ky'oyinza olwaleero okugeraageranya ku tanka ennwanyi, Abraha yayolekera Makka asobole okutuukiriza entee-kateeka ze olwo kkanisa gye yazimba ebeere nga terina kigivuganya mu kusikiriza emitima gy'abantu.

Nga bali kumpi okutuuka e Kasbah, Abraha ykwata enngamiya eza Bannamakka ng'ezimu zaali za Abdul Muttwalib, jajja wa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyajja ewa Abraha okumusaba amuddize enngamiya ze. Abraha mu busungu ng'alaba Abdulmuttwalib afa ku nngamiya zokka yamukaayukira nga bw'amugamba nti:

“Nzize kumenya Ka'aba naye ggwe ofa ku nngamiya zo zokka!”

Abdulmuttwalib yamuddamu mu bukkakkamu nti: “Ka'aba erina nnyiniyo asobola okugikuuma”.

Abraha kwe kumuddamu mu kwewaana nti: "Olwaleero teri muntu ajja kuyimirira mu maaso gange mbu akuma Ka'aba".

Oluvannyuma Abraha bwe yalagira amagye ge okulumba nga boolekedde Ka'aba enjovu zaagaana okutambula. Amangu ago ebbanga lyajjula ebinyonyi nga biri mu bibinja ne bitandika okukuba egghe lya Abraha obuyinja obutono obwali buva mu bbumba ejokye bwe byali bisitudde mu njala. Amayinja gaakuba buli mulwanyi mu ggye nga bulinga muzira ne bwonoona buli kye bwatuukako. Obunyonyi obutono bwasesebbulu enniovu ezaalabikanga ezitasobola kuwangulwa era nga zaali zizitowa bya kitalo. Omwaka ekyamagero ekyo mwe kyagwirawo oluvannyuma gwamanyika mu Bawalabu nga Omwaka gw'Enjovu.

Allah anyumya ekyafaayo kino mu Kulaane Entukuvu bw'atyi:

اَلْمَ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِأَصْحَابِ الْفِيلِ . اَلْمَ يَجْعَلُ كَيْدَهُمْ
فِي تَضْلِيلٍ . وَأَرْسَلَ عَلَيْهِمْ طِيرًا أَبَابِيلَ . تَرْمِيمِهِمْ بِحَجَارَةٍ مِنْ
سِجِيلٍ . فَجَعَلَهُمْ كَعَصْفٍ مَأْكُولٍ

"Tolaba Katonda wo engeri gye yakolamu bannanyini njovu? Teyafuula enkwe zaabwe okubula? N'abatumira obunyonyi nga buli mu bibinja ne bubakasuurkirira amayinja agebbumba ejokye. N'abafuula ng'ebisubi ebiririddwaamu (ensolo)." (al Fiil, 105 : 1 – 5)

Ka'aba, Ennyumba Ejjudde ebirungi omusinizibwa Katonda omu, bulijjo Allah yabeeranga agiwa emikisa, era ng'eri wansi w'obukumi bwe.

Ekibonerezo Abraha kye yatuukako olw'obunyoomi bwe yalaga eri Ka'aba kyasigala nga kulabula okutuusa ku Ssaawa esembayo



(Olunaku Iw'enkomero) eri abo bonna abayinza okubeera n'en-dowooza efaananako nga eya Abraha eri Ennyumba Eyeemizizo efaanana eya Abraha.

Kulaane mu ngeri y'emu eyogera ku bukulu bw'emizikiti gya Allah Oweekitiibwa gyonna n'egamba nti:

وَمَنْ أَظْلَمُ مِنْ مَنْ نَعَ مَسَاجِدَ اللَّهِ أَنْ يُذْكَرَ فِيهَا اسْمُهُ وَسَعَى
 فِي خَرَابِهَا أَوْلَئِكَ مَا كَانَ لَهُمْ أَنْ يَدْخُلُوهَا إِلَّا خَائِفِينَ لَهُمْ
 فِي الدُّنْيَا حِزْيٌ وَلَهُمْ فِي الْآخِرَةِ عَذَابٌ عَظِيمٌ

“Mulyazaamaanyi ki asinga oyo aziyiza abantu emizikiti gya Allah, okujjukiriram erinnya lye, n'afuba okugyonoona? Abo tebaagiyingiranga okuggyako nga bali mu kutya; bajja kufuna okuswala mu nsi muno era ne ku Lunaku Iw'enkomerero bajja kuba n'ebibonerezo eby'amaanyi.” (al Baqara, 2 : 114).

Abraha okwemanya kwe okutaali kwa bulijjo kwamuziba amaaso, yeerowooza okubeera n'amaanyi amangi, era ekibonerez kye yafuna ne kimugwanira. Teyalumbibwa nsolo ezimanyiddwa ng'ez'amaanyi ennyo, okugeza empologoma oba *tiger*, wadde emisota eg'yobusagwa naye bunyonyi obunafu nga bukozes obuyinja obutono okusinga kalimbwe w'enkoko. Allah Owoobuyinza bw'atyo bw'asaanyaawo abatali bakkiriza abeemanyi nga Falaawo (Pharaoh), Nimuroodi (Nimrod) ne Goliyaasi (Goliath) ng'akozesa ebitonde ebirabika ng'ebinafu, alyoke abalage nga bwe bali abanafu okukamala.

Abraha kati yali addayo e Yamani, ensi gye yali avudde mu kitibwa n'amaanyi, ng'ali mu mbeera enyoomesa ennyo. Yali ng'ali mu mbeera ya kwavula ng'adda ewaabwe, ng'omubiri gwe gujjudde ebiwundu nga n'engoye ze ziyuliseyulise., Ekifaananyi kye kyakuyiga

kya maanyi mu kulaga engeri okunyoomebwa gye kutuuka ne mu nsi eno ku bantu abeewulira era abeemanyi.

Omwaka guno okuyitibwa Omwaka gw'Enjovu ye yali entandikwa ey'okubala emyaka empya. Okugeza Swahaba wa Nnabbi Qubash ibn Ushaym (Allah amusiime), yateranga okwogera ku Mwaka gw'Enjovu ng'abuulira abantu nga ye ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe baabazaala mu mwaka gwe gumu.

Uthumaani ibn Affaan (Allah amusiime) lumu yabuuza Qubash ku ani eyali asinga obukulu mu myaka, Qubash (Allah amusiime) n'amutegeeza mu ngeri esinga okubeera ey'obwetoowaze nti:

“Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) awatali kubuuusabuusa yansinga ekitiibwa n'obunene, naye bwe tudda ku ky'emyaka, nze nnamusooka okuzaalibwa,²⁵ kuba nzijukira okulaba obusa bw'enjovu za Abraha nga bwali bukyali bwa kiragala era nga tebukyuse kinene.” (Tirmidhi, Manaaqib, 2)

Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) Eyali Ku Ddiini Haniif, Era Eddiini Ekkiririza Mu Kusinza Katonda Omu

Wadde ng'abantu abasinga obungi mu Makka baali bafuuse bamusinzabibumbe, naye emikululo gy'okukkiririza mu Katonda omu gyali tegyasangulirwaho ddala. Abantu abatono abaali

25 Nga bwe kyeyoleka mu mbozi eno, Basswahaba bulijo baabeeranga bakimanyi nti Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye yali asinga obulungi era nga y'asinga eddaala, era nga kino baali bakyegenderezza nnyo. Nnabbi okubakoonako obukoonyi oba okubakwatako kyabeeranga kintu kya kitiiwba ekyagyaganyisanga omuntu, era nga Basswahaba abangi abaafuna omukisa n'bakwatako n'emikono gye emitukuvu nga baasonganga ku mikono gyabwe ne bagamba nti:

“Nnakozesa mikono gyange gino okuwera eri Omubaka wa Allah!” (Ibn Saadi, IV, 306; Haythami, VII, 42).



bakyakolera ku ddiini eya *tawuhidi* (okukkiririza mu bumu bwa Katonda), nga Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bwe yagisomesa baali bakyasangibwayo mu butono bwabwe. Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) abalibwa mu Busiraamu nga *Khalilullaah*, mukwano gwa Allah, era nga mu kiseera kye kimu ali mu Bannabbi abakulu abataano, aboogerwako nga *Ulu'l Azm* (Bannannyini bumalirivu). Jajja wa Nnabbi Ow'omukisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) era amanyiddwa okubeera nga yafuna ebyawandiikibwa (*suhuf*) ebyamuweebwa Allah Owoobuyinza.

Erinnya Bulayimu lirabikira mu ssuula abiri mu ttaano mu Kulaane, era nga lyogerwako emirundi nkaaga mu mwenda. Ebimu ku bitendo ebiwaana Bulayimu ebyoyerwa mu *ayah* zino mwe muli: *awwaah* (asinda ennyo nga kino kiva ku kisa ekingi n'obusaasizi bye yalina), *halimu* (omugumiikiriza), *muniib* (eyeenanya), *qaanitu* (asinza ennyo Allah Owoobuyinza), *shaakiru* (eyeebaza ennyo) ne *haniifu* (ali ku ddiini etagatta kintu kyonna mu kusinza Allah). Eddiini ya Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) eyitibwa Haniif. Kino kitegeesa okuleka enkola yonna enkyamu n'oddha mu kkubo eggolokofu, okulekayo enzikiriza yonna eteri nnunngamu n'oddha ku kusinza Katonda Omu, era n'ofuuka *muwahhid*, oyo akakasa obw'omu bwa Katonda Oweekitiibwa.

Allah Owoobuyinza agamba bw'atyi mu Kulaane:

وَقَالُوا كُونُوا هُودًا أَوْ نَصَارَى تَهْتَدُوا قُلْ بِلْ
مِلَةُ ابْرَاهِيمَ حَنِيفًا وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ

“Ne bagamba (Abagoberezi ba Kristo n'Abayawudi) nti: Mubeere Bayawudi oba Bagoberezi ba Kristo musobole okulunn-

gama. Gamba nti: Nedda wabula (tugoberera) ddiini ya Bulayimu, Haniif (ey'okusinza Katonda Omu), era tabeerangako mu bagatta ebuntu ebirala ku Allah!” (al Baqara, 2 : 135)

مَا كَانَ اِبْرَاهِيمُ يَهُودِيًّا وَلَا نَصْرَانِيًّا وَلَكِنْ
كَانَ حَنِيفًا مُسْلِمًا وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ

“Bulayimu teyali Muyawudi wadde omugoberezi wa Kristo naye yali Haniif eyewaaayo yenna eri Allah era teyali mu Bamusinzabibumbe.” (Al Imraani, 3 : 67)

Mu kiseera ky'Obutamanya, ekigambo Haniif kyakozesebwanga ku muntu eyagaana okusinza ebifaananyi era, nga mu ky'okusinza n'okukiriza Katonda Omu, baagobereranga ddiini ya Bulayimu. Mu bano mwalimu abantu nga Waraqa ibn Nawfal, Abdalla ibn Jahshi, Asumaani ibn Huwayrith ne Quss ibn Saa-idah, abo abaasigala obulamu bwabwe bwonna nga banywevu ku nsongna y'okugaana okuvunnama mu maaso g'amasanamu oba okugasaba wadde okugasinha nga bakatonda.

Ibn Umaru²⁶ (Allah amusiime) anyumya bw'atyi:

26 Abdalla ibn Umaru (Allah amusiime) yazaalibwa mu mwaka ogw'okusatu nga Nnabbi amaze okutumbiwa. Yasenguka ne kitaawe Umaru (Allah amusiime). Era ye, ng'ali wamu ne Abu Ayyuub al Ansaari, yali omu ku ggye eryazingiza Istanbul. Yafuna ekitiibwa eky'okubeera ku mwanjo ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okufaanankano ne mwannyna Hafswa (Allah amusiime) eyali mukyala wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Hadiisi ze yanyumya eziwerera ddala enkumi ebbiri mu lukaaga mu amakumi asatu (2630), ng'ogasseeko n'ezaddibwamu, zimuteeka mu kifo eky'okubiri, oluvannyuma lwa Abu Hurayra (Allah amusiime) ku lukalala lwa ba mukathiruuna, Basswhaba omusanvu abaasinza obungi bwa hadiisi ze baanyumya. Ibn Umaru (Allah amusiime) era mu ngeri y'emu yali omu ku Basswhaba omusanvu abaasinga okuyisa Fatuwa, okusalwo ku bintu by'Obusiraamu ebitaakutulwaho Kulaane oba hadiisi oba ensulo endala omwaggyilbanga amateeka.



“Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) lumu baamuyita ku mmere okumpi nékiwonvu ekyé Baldah,²⁷ kino kyaliwo nga tannafuna Bubaka kuva eri Katonda. Ku kijjulo kino kwaliko ne Zayidi ibn Amr ibn Nufayl, era nga Nnabbi Owémikisa bwe yagaana okulya ennyama gye baali bamuwadde, ne Zayidi naye yagaana. Zayidi yannyonnyola bw’atyi:

‘Nze sirya kintu kyonna kye musala mu linnya ly’amasanamu gammwe, amayinja obuyinja. Sirya kintu kyonna kitasaliddwa mu linnya lyá Allah.’

Wabula ye yali omusaale mu kugoberera enneeyisa némpangaala ya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) mu buli kantu, n’okussa mu nkola ebiragiyo bye nga bwe yabiragiranga. Nnabbi ow’omukisa bwe yafa, olw’okwagala okuyitiru Ibn Umaru kwe yalina gy’ali, yasaaliranga esswala mu kafo kennyni Nnabbi we yasaaliranga; yayinzanga okutambulira mu bukubo Nnabbi bwe yatambulirangamu, n’atuula mu bisiikirize by’emiti Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) mwe yawummuliranga, ng’emiti egyo agifukirira amazzi nga tayagala gikale. (Bukhari, Salat, 89; Ibn Hajar, al Iswaba, II, 349)

Lumu yafuna obulumi mu kigere, Abdurrahmaani ibn Sa’adi, eyali amuliraanye mu kiseera ekyo, kwe kumuwa amagezi ayogere erinnya ly’omuntu gwe yali asinga okwagala. Ibn Umar kwe kuleekaana nti: “Muhammad!” ekigere kye amangu ago ne kiwona obulumi. (Ibn Sa’adi, IV, 154)

Ibn Umar (Allah amusiime) era yali omu ku Basswhaba abaali basinga obugagga. Naye awamu nékyo teyakkirizanga byabugagga bye kwetuuma, era nga yabigabanyanga mu baavu amangu ddala nga byakamugwa mu ngalo. Yalina enkola ey’okuddira eby’obugagga bye yali asinga okwagala n’abigaba mu kkubo lya Allah Owobuyinza. Yali era atandise okuta abaddu abaali balina enneeyisa ennungi naddala abo abaabanga basaala. Wano mikwano gye we baamulabulira nga omu ku baddu be bwe yali tava mu muzikiti naye ng’ensonga eyamukozesanga ekyo kwe kwagala okumuta. Naye engeri Ibn Umaru gye yaddamu eraga obunnyikivu bw’okwagala kwe Katonda mu mutima gwe. Yagamba nti: “Ffe twagala okutukolera obukodyo n’abantu abo abayita mu Allah!”

Baamwogerako ng’eyata abaddu abaawerera ddala olukumi olulamba, olw’ensonga ezitali zimu era mu mbeera ez’enjawulo. Yafiira mu Makka mu mwaka gwa 692 (H. 73) ng’aweza emyaka 85.

Baldah kiwonvu ekiri okumpi n’Makka.

Zayidi ibn Amr yali amanyiddwa nnyo ng'omuntu eyawakananya engeri Abakulayishi gye baasalangamu ensolo zaabwe, kye yalabanga ng'ekintu eky'ekivve, nga bw'agamba nti:

“Allah yatonda endiga, n'agiweereza amazzi okuva mu ggulu era n'agikuliza omuddo okuva mu ttaka esobole okufuna ebyokulya; naye ate ne mugisala mu linnya ly'atali Allah.” (Bukhari, Manaaqib'l Answari, 24; Dhwabaa-ih, 16)

Waliwo ebirala Ibn Umaru by'anyumya ku Zayidi ibn Amuri. Agamba nti:

“Zayidi ibn Amuri ibn Nufayl yali agenze Damascus okubuuzaayo eddiini entuufu esaana okugobererwa. E Damascus yasisinkana Omuyawudi omumanyi mu bye ddiini n'amubuuza ku ddiini yaabwe.

‘Nandiyagadde okuyingira ddiini yammwe, naye mbuulira ebigikwatako.’ Omuyawudi yamuddamu bw'atyi:

‘Toyinza kuyingira ddiini yaffe okuggyako ng'omaze okufuna omugabo gwo mu Busungu bwa Katonda.’

Zayidi yamuddamu nti:

‘Tewali kindeese wano okuggyako kutya Busungu bwa Katonda, bwe ntio siyinza kwesanga nga ngumira Obusungu Bwe n'akatono bwe kati, naddala nga nnina obusobozi obuyinza okubwewala. Oyinza okumbuulirayo eddiini endala yonna (gye nnyinza okuyingira)?’

Omuyawudi yamuddamu nti:

‘Simanyiyo ddiini ndala etali ya Haniif.

Zayidi kwe kweyongera n'abuuza nti: ‘Ate Haniif kye ki ki?’



Omumanyi Omuyawudi kwe kumugamba nti: ‘Haniif ye ddiini ya Nnabbi Bulayimu, ataali Muyawudi oba Omugoberezi wa Kristo, naye eyali asinza Allah Yekka.’

Zayidi bwe yava awo yayolekera wa mumanyi Omugoberezi wa Kristo n’amugamba ebigambo bye bimu ne bye yagamba omumanyi Omuyawudi. Naye ng’era Omuyawudi bwe yamugamba n’ono yamugamba bw’atyi:

‘Tojja kuyingira ddiini yaffe okuggyako ng’ofunye omugabo gwo mu Kikolimo kya Katonda.’

Zayidi yamuddamu bw’atyi:

‘Nze sirina kye nziruse okuggyako Ekikolimo kye, era sijja kugumira kintu kyonna ebbanga lye nnaaba nga nsobola okukyewala. Oyinza okumbuulirayo eddiini endala?’

Omumanyi ono yamuddamu nti:

‘Sirinaayo ddiini gye mmanyi okuggyako eya Haniif.’

Zayidi kwe kubuuza nti: ‘Ddiini ki eyo?’

Omugoberezi wa Kristo ono kwe kuddamu nti:

‘Eyo ye ddiini ya Nnabbi Bulayimu ataali Muyawudi oba Omugoberezi wa Kristo era eyasinza Allah Yekka (nga tamugasseeko kirala kyonna).’

Ng’amaze okuwulira ebigambo ebifaanagana okuva mu baman yi bano bombi nga bikwata ku ddiini ya Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye), Zayidi yava mu kifo ekkyo n’asitula emikono gye gyombi mu bbanga nga bw’afuluma n’agamba nti:

‘Ayi Allah! Nkusaba ojulire nti nze ndi ku ddiini ya Bulayimu,’
(Bukhari, Manaaqibul Answari, 24)

Asmaa bint Abi Bakr (Allah amusiime) anyumya nga bwe yalaba Zayidi ibn Amr ibn Nufayl ng'ayimiridde nga yeesigamye Ka'aba, nga bw'alangirira nti"

"Abange Abakulayishi! Ndayira Allah nti teri n'omu mummwe ali ku ddiini ya Bulayimu okuggyako nze."

Asmaa agattako nti Zayidi yateekayo omwoyo okulaba ng'ataa-kiriza obulamu bw'abaana abawala abato okubawonya okufa okw'en-tiisa. Bwe yalabanga omusajja ng'ayagala kusala mwana we omuwala, ng'abiyingiramu ng'amugamba nti:

"Totta muwala oyo! Nze nja kumukuliisiza." Yamutwalanga n'amulabirira, era bwe yakulanga ng'agamba taata w'omuwala nti:

"Bw'oba omwagala kati, nja kumukuddiza, naye bw'oba oyagala nnyinza okumusigaza ne mmukulabirira." (Bukhari, Manaaqib'l Answari, 24)

Ku bikwata ku Waraqa, eyali ku ddini ya Haniif omulala, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamwogerako bw'atyi:

"Mmulaba ng'atambulatambula mu Jjana mu gganduula eriko-leddwa mu liiri (*silk*)."

Ate ku bya Zayidi yagamba nti:

"Ajja kuzuukizibwa ku Lunaku lw'enkomerero ng'ekibiina eky'enjawulo ekiri wakati wange ne Yisa." (Haytham, IX, 416)

Olw'okuba nga baali bamanyiiko ku Bitabo Ebitukuvu ebyasooka, Bahaniif baali bawulira muli nga Nnabbi Ow'enkomerero (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yali ali okumpi okujja era nga baali bamulindirira n'amaddu mangi.

Abamanyi Abasiraamu abasinga obungi balowooza nti bazadde ba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere



ku ye) nabo baali Bahaniif, eddini etaalina kirala okuggyako okuk-kiririza mu Katonda Omu Omutuufu, eya *tawuhiidi*. Eyo ye nsonga lwaki Allah Owoobuyinza alagira okubeera ku ddiini ya Bulayimu (emirembe gibeere ku ye), ey'obwa Haniif obutongole. Mu *ayah* eno wammanga agamba bw'atyi:

ثُمَّ أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ أَنِ اتَّبِعْ مِلَةَ إِبْرَاهِيمَ
حَنِيفًا وَمَا كَانَ مِنِ الْمُشْرِكِينَ

“Oluvannyuma ne tukutumira nti goberera eddiini ya Bulayimu entuukirivu (Haniif); teyali mw'abo abagattika ebirala ku Katonda.”
(an Nahl, 16 : 123)

Ekigambo Haniif mu ngeri endala kikozesebwa okutegeeza Obusiraamu era mu ngeri eyo buli Musiraamu omwesimbu ayitibwa Haniif. Nnabbi Ow'omukisa kino akikkaatiriza nti:

“Nnatumibwa n'eddiini ya Haniif eyasooka.” (Ahmada, V, 266)²⁸






Nnabbi

(okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)

nja obubaka tebunnaba



EKITUNDU EKISOOKA



OKUZAALIBWA N'OBUTO BWA NNABBI OW'EMIKISA

Ekitangaala Kya Muhammadi

Tetuyinza kulowooza ku kiseera n'ebbangwa nga tuli ku bya Allah Oweekitiibwa, Oyo ayisa ebipimo byonna.²⁹ Okubeerawo kwa Allah, eyabeerawo okuva edda ni'edda, kwava mu Ye yennyini nga talina muntu oba kintu kye yeetaaga alyoke abeerewo. Ekyo nga kiri kityo, naye Allah Owoobuyinza awamu n'ekyo yayagala okumanyibwa, bw'atyo n'atonda okubeerawo, ensi ey'ebintu ebingi (aalam'ul kathrat), ekiyitibwa era *maa siwa Llaah*, nga kigeheeza ekintu kyonna ekitali Allah Oweekitiibwa.³⁰ Mu mbeera y'okutonda, yasooka kutonda kitangaala nga kye kinyusi kya *Haqiqat'ul Muhammadiyya*, Amazima ku Muhammadi.

Ejjinja ery'omuwendo likuumibwa mu kasanduuke akatoneddwa obulungi sso si kasanduukesanduuke. Kino bw'okirabira ku

29 Obwongo bw'omuntu bwakula nga busobola kulowoleza mu nsalo z'ebbangwa na kiseera. Okusinziira ku bintu bye bufuna okuva mu nsi erabikako, busobola, wadde nga na kino kiriko ekkomo, oktuuka ku kituufu. Olw'okuba ng'aba akugiddwa n'ebintu by'alaba mu nsi y'ebirabwa abiteeke ku bintu ebiri ewala w'ebintu ebirabwako, mu mbeera y'okubituuma n'okusiinya ku biri ku nsi y'ebintu ebtalabika, omuntu bw'atyo awalirizibwa okudda mu kulowooza ku bubonero.

30 Maa siwa Llaah kigambo ekikozesewa okulaga ebyo byonna ebtali Allah, era ebyo ebikuumirwa ewala ennyo naye.



ludda luno, Ekitangaala kya Muhammadi lye jjinja ery'omuwendo eryakwekebwa mu bitonde ebirala, nga bino ye sanduuke ewundiddwa obulungi okusobola okukuma ekitangaala ekyo. Ebitonde byatondebwa olw'ekitiibwa kye. N'olw'ekyo kisoboka okugambibwa nti Allah Oweekitiibwa yatonda okubeerawo olw'okuwunda Ekitangaala kya Muhammadi. Mu lulimi olutukuvu, Allah Owoobuyinza ye nsibuko y'okutonda, ng'alina eddembe eritaliiko kkomo okukola ekintu kyonna ky'aba ayagadde, so ng'ate ensonga y'okutonda kye Kitangaala kya Muhammadi, ekitonde ekyasooka.

Olw'okuba ng'aba akugiddwa n'ebantu by'alaba mu nsi y'ebirabibwa abiteeke ku bintu ebiri ewala w'ebantu ebirabibwa, mu mbeera y'okukubituma n'okusiinya ku biri ku nsi y'ebantu ebtalabika, omuntu bw'atyo awalirizibwa okudda mu kulowooza ku bubonero.

Okwawukana ne ba filosofa abamu bye bagamba, ssi kituufu nti ensi terina ntandikwa era nti teyatondebwa, ensi yakolebwa Allah Oweekitiibwa. Allah Owoobuyinza ye Yekka ataatondebwa era atakwabitwako kiseera. Ekitangaala kya Muhammadi kye kyasooka okutondebwa, era nga kino kye kinnyonnyola hadiisi eno wammanga nti:

“Nnali nabeera dda Nnabbi mu kiseera Adamu we yabeerera wakati w'omwoyo n'omubiri (ekitegeeza nti okutondebwa kwa Adamu we kwabeerera nga kuli mu mbeera etandikirwako)” (al Twabaraani, *Al Mu'jam al Kabiiri; Al Khasa'is al Kubra*, ekitabo 1, olup. 4; Tirmidhii, Manaaqib, 1)

Mu bigambo ebirala, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatondebwa era n'aweebwa obuvunaanyizibwa bw'obwannabbi nga Adamu (emirembe gibeere ku ye) tannaba kutondebwa. Wabula okweyoleka kwe ku nsi lwe lwali olu-papula olwasembayo mu kitabo ky'ebayaayo by'obubaka, ekitegeeza nti olupapula olwasooka mu kitabo kye kimu lwabikkulwa n'Ekitangaala kya Muhammadi era mu ngeri y'emu kyakomekkerezewa

n'okulabika kwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga Nnabbi ku nsi eno erabikako.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bw'atylo kye Kitangaala ky'Okutonda, nga ebitonde byonna ku ye kwe byewola ebitendo byabyo ebirungi, ekintu ekin-nyonnyolwa mu hadiisi eno wammanga nti:

“Adamu bwe yafulumizibwa mu Jjana olw'ekyonoono kye yakola, yasaba okusonyiyibwa okuva eri Allah ng'akozesa ebigambo nti: ‘Nkusaba onsonyiwe, Katonda wange, olwa Muhammadi?’

Allah kwe kumubuuza nti, ‘Erinnya lya Muhammadi olimanyi otya nga sinnaba kumutonda?’

Adamu kwe kuddamu nti: ‘Katonda wange, bwe wantonda n'onfuuwamu omwoyo okuva gy'oli, nnasitula omutwe gwange ne ndaba ebigambo ebigamba nti *La ilaaha illa Llaahu, Muhammadun Rasuulu Llaahi* nga biri waggulu w'empagi za Nnamulondo. Bwe nt yo ne ndowooza nti wali oyogera ku kitonde kye wali osinga okwagala mu bitonde byo.’

Allah kwe kumugamba nti: ‘Adamu nkusonyiye naye singa si ku lwa Muhammadi ssandikutonze.’’ (Haakim, II, 672)

Ibn Abaasi yanyumya nti, Allah Owekitiibwa yassa obubaka ku Yisa (emirembe gibeere ku ye) nti “Kkiririza mu Muhammadi era olagire abantu abo abawangalira mu biseera byo mu bantu b'ekibiina kyo bamukkiririzeemu. Kubanga singa si lwa Muhammadi, sanditonze Adamu; era sanditonze Jjana wadde Omuliro. Bwe nnatonda Nnamulondo (*Arsh*) ku mazzi, yatandika okwenyeenya era okute-reera nnamala kuwandiika ku Nnamulondo kigambo *Laa ilaaha illa Llaahu Muhammadun Rasuulu Llaahi*’’ (Haakim, II, 672)



Jabbeeri (Allah amusiime) agambibwa nti olunaku lumu yabuuza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) bw'atyi:

“Kitange ne mmange bafuuke ennunuzi gy’oli Mubaka wa Allah! Oyinza okumbuulira kitonde ki ekyasooka okutondebwa?”

“Ekitonde ekyasooka okutondebwa kyali Kitangaala kya Mubaka wo nga Allah akiggya mu Kitangaala Ekiyé.”³¹

Ibn Arabi yayogera ebigambo bino ku nsongu eyo:

“Allah Owaamaanyi bwe yawa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) obwannabbi, Adamu yali tannaba kumalirizibwa kutondebwa; yali wakati w'amazzi n'ettosi. Bw'atyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) yabeera omulundi gumu nga ge makkati g'amateeka ga Katonda (*Sharia*) agaatuuka ku bannabbi oluvannyuma. Naawo wennyini yali alina amateeka nga Nnabbi bw'akirambika mu hadiisi nti yali Mubaka mu kiseera Adamu we yabeerera mu mbeera wakati w'oku-beera omwoyo n'omubiri; tagamba nti yali ‘muntu’ oba nti yaliwo. Obwannabbi buyinza okubeera nga bwali mu mateeka, *sharia*, eyawee-bwayo Allah Owoobuyinza.” (Ibn Arabi, al Futuuhat, II, 171; IV, 66 – 67)

Mu kitabo ekirala ekyatiikirivu, Ibn Arabi agamba nti:

“Okubeera asinga obutuukirivu mu bantu bonna, Obwannabbi bwe butyo bwatandikira era ne bukomekkerezebwa ku Mubaka wa Allah.” (Ibn Arabii, Fususul Hikam, IV, 319)

Mu kitabo kye *Mathnawi*, Ruumi agamba nti:

“Jangu, mutima! Ekijaguzo kyenniyini kwe kubeera obumu ne Muhammadi, Ow'ekitiibwa; kubanga ekitangaala kyensi ekya ddala kiva mu kitangaala okuva mu kuberawo kwe okutukuvu.”

Sulayman Chelebi naye ayogera ku Kitangaala kya Muhammadi mu kitabo kye *Mawlidi*:

*Mustafâ nûrunu evvel vâr
Sevdi âni ol Kerîm ü Girdigâr³²*

Ekitangaala ky'Omulondemu, kye yasooka okutonda,
Ekyo kye yayagala, Omugabi, Omunene.

Bwe kityo, Ekitangaala kya Muhammadi, ng'era kiyitibwa Amazima ga Muhammadi, kye kinyusi ekikilkirira obwennyini bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ow'emikisa. Ye y'oyo asinga okwagalwa era asinga okubeera ow'omuwendo mu maaso ga Omuronzi. Ensonga ey'okubeerawo kw'ebitonde kwe kwagala Allah Owoobuyinza kw'alina eri Ekitangaala kya Muhammadi, eyasooka okutondebwa. N'olw'ekyo ensi yonna yaweebwa okubeerawo ol'wekitiibwa ky'Ekitangaala kya Muhammdi, nga ye nsongwa ewambatidde ensi. Okubeerawo kuliwo lwa kwoleka na kunnonyanya Muhammadi. Nga tumaze okwogera ebyo, nga bwe kitasoboka okuyiwa ennyanja ssemayanja mu kikopo, era tekirowoozeka okutegeera Ekitangaala kya Muhammadi nga bwe kigya mu butonde bwakyo.

Olunyiriri Lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Olulungi

Taata wa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye Abdalla ate maama we ye Amina, olulyo olw'emikisa oluviiira ddala ku Bulayimu ne Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) nga luyitira mu Adinaani,³³ omuntu eyali asinga

³² Ennyiriri endala ezaddirira ez'ekitabo Mawlid ekya Sulayman Chelebi zongera kuwaana Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubeera Ekitangaala ky'Obulamu era nti ensi yatondebwa lwa kuwa kitilbwa Ekitangaala kya Muhammadi.

³³ Olulyo lwa Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe



okubeera assibwamu ekitiibwa mu lulyo lwa Kayiza.³⁴ Mutabani wa Adinaani eyayitbwanga Ma'add agambibwa okubeera ku mulembe ogumu ne Nnabbi Yisa (emirembe gibeere ku ye).

Ku njuyi zombi olwa taata we n'olwa maama we, Omubaka wa Allah yava mu nnyumba eyali esinga obulungi eya Qurayshi, obutukuvu bw'lulyo obwakakasibwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kennyini mu hadiisi eno wammanga:

“Nnazaalibwa maama wange ne taata wange awatali kwetabikamu ebikyamu ebyali mu Kiseera ky'Obutamanya. Okuva ku Adamu (emirembe gibeere ku ye) okutuuka ku maama wange ne taata wange, buli muntu w'olunyiriri yali yazaalibwa mu makubo amatuufu mu bufumbo obutukuvu, era teri yazaalibwa nga bazadde be bayita mu kikolwa kya bwensi.” (Ibn Kathir, al Bidaaya, II, 260).

Erinnya lya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eddala ye Mustwafa, ekitegeeza omulondemu n'obwegenderezza. Buli lwe waabeerangawo okubejjukamu mu lunyiriri lwa bajajja ba Nnabbi Ow'emikisa Nnabbi olunyiriri lwe lwe lwalinga lusinga obulungi ku nnyiriri ebbiri. Okuva ku Adamu ne Hawa (Kaawa), Ekitangaala kya Nnabbi kyayita mu bamaama ne bataata abasinga obulungi okuva ku mulembe okudda ku mulala.³⁵

Ayah egamba nti “Weesigamire eri Owoobuyinza, Omusaasizi ennyo, Oyo akulaba bw'oyimirira ne bw'oba ovudde mu abo aba-

bibeere ku ye) lusimba bwe lutyi: Muhammadi ye mutabani wa Abdalla mutabani wa Abdul Muttwalib, mutabani wa Haashim mutabani wa Abdul Manaaifi mutabani wa Quswayy mutabani wa ibn Kilaab mutabani wa Murra mutabani wa Ka'ab mutabani wa Luayy mutabani wa Ghaalib mutabani wa Fihr mutabani wa Maaliki mutabani wa Nadhwr mutabani wa Kinaanata mutabani wa Huzayma mutabani wa Mudrikata mutabani wa Ilyas mutabani wa Mudhwara mutabani wa Nidhwal mutabani wa Ma'add mutabani wa Adinaani. (Bukhari, Manaaqibu'l Answar, I, 1 – 3; Ibn Sa'adi, I, 55 -56.

34 Laba: Ibn Hishaam, I, 1, 5.

35 Laba: Ahmad, I, 210.

vunnama mu kusinza”, (al Shuaraa, 26 : 217 – 219) yategeerwa abannonyozi ba Kulaane abamu nga mwe muli ne Ibn Abaasi, ng’eraza ku buzaale bwa Nnabbi Ow’emikisa okuyita mu bajjaja be, abo bona abaali abantu bannaddiini ennyo; amakulu nti okumutuukako, ekitangaala kya Nnabbi kyayita mu bantu abo bokka abaavunnamira Allah Oweekitiibwa. (Qurtubi, XIII, 144, Haythami, VIII, 214)

Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) naye yakkaatiriza olunyiriri lwe olulungi n’agamba bw’atyi:

“Allah Owekitiibwa, yalonda Ismaaila okuva mu baana ba Bulayimu, ekika kya Kinaana okuva mu bazzukulu ba Ismaaila, Qurayishi okuva mu baana ba Kinaana, abaana ba Haashim okuva mu Bakulayishi, n’abaana ba Abdul Muttwalib okuva mu baana ba Haashim; nange nnaannonda okuva mu baana ba Abdul Muttwalib.” (Muslim, Fadhwail, 1; Tirmidhi, Manaaqib, 1)

Okudda ku butukuvu obw’obuzaale bwa Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ne bajjaja be abatutumufu, Omumanyi Omusiraamu Ibn Khaldun ayogera ebigambo bino:

“Teri muntu mulala atali Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) alina olunyiriri oluwandiike obulungi ate ara nga lulina emikisa nga lutukuvu obutukuvu obutakutuka n’ekitiibwa okuviiira ddala ku Adamu (emirembe gibeere ku ye). Kino kirabo kya njawulo eri Omwagalwa wa Allah Owoobuyinza kye yamuwa.” (Ibn Khaldun, I, 115)

Okufumbiriganwa kwa Abdalla ne Amina, Bazadde ba Nnabbi

Nga Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) tannaba kutumibwa, okukkiriza Katonda Omu kwali kuweddewo nga ne Ka’aba bagijuzzu amasanamu, ng’ebika eby’ejawulo buli kimu kirina amasanamu agaakyo. Oluzzi lwa Zamzam



Iwali lubuze. Olunaku lumu Abdul Muttwalib, jajja wa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), aba yeebasse okumpi ne Ka'aba kwe kuloota nga alagibwa ensulo y'luzzzi lwa Zamzam era nga alagirwa okulusima. Naye bwe yagezaako akusima ng'asuubira ekirooto kye okutuukirira Abakulayishi baamugaana, nga beekwasa nti kyalibadde kibi nnyo okusima awantu wonna okumpi n'Ekifo Ekyemizizo.

Okuva lwe yalina omwana omu yekka eyandimuyamby, Abdul Muttwalib yakimanya nti yali tasobola kulwanyisa Bakulayishi. Bw'atyo yasaba Allah Oweekitiibwa era ne yeeyama nti yali wa kusaddaaka omwana omu singa Allah Owoobuyinza yali amuwadde abaana kkumi bamuyambe mu kulwanyisa abalabe be asobole okutuukiriza ekigendererwa kye.

Bannamakka bwe baalaba ebyamagero ebimu ku Abdul Muttwalib, baafootooka nga wayiseewo akaseera era ne bamukkiriza okusima oluzzi. Oluvannyuma yagenda mu maaso n'okusima era n'ayerula ensulo za Zamzam. Emysaka nga giyiseewo, okusaba kwe Allah Owoobuyinza yakwanukula, n'amuwa abaana kkumi na babiri, era nga bona bakula nga ba maanyi abaali basobola okumulwanirira obulungi. Abdul Muttwalib baamujukiza kye yali yeeyama emysaka egayaita mu kirooto kye. Mu kutabulwa, ykwata endiga n'agisaddaaka oluvannyuma n'asaddaaka ente, naye era nga buli lw'asaddaaka ate asabibwa okusala ekisingako awo, okutuusa ku nkomerero lwe yajjukizibwa nti:

“Weeyama okusaddaaka omu ku batabani bo!”

Kino olwamugwa mu matu, yakunngaanya batabani be bona n'abayitiramku by'ekirooto, era n'abasaba bona bakkirize beeweeyo ku kirooto bye kyalii kimulagira okukola. Mu kwewaayo kwonna bagambira wamu nti:

“Kola ky’olina okukola okutuukiriza kye weeyama!”

Olw’okusobola okutuukiriza kye yeeyama, Abdul Muttwalib yasalawo okukuba akalulu kasalewo ani ku batabani be gwe yali ow’okusaddaaka, nga bw’awanjagira Allah Owoobuyinza bw’atyi:

“Katonda wange! Ndi wano, nkasuka akalulu okulaga nti ndi mwetegefu okutuukiriza ekkyo kye nneeyama. Kati nkusaba nzigyevo erinnya eryo ly’oyagala nnonde!”

Akalulu kaakasukibwa era erinnya eryavaayo lyali lya Abdalla. Wadde nga Abdalla yali nga ye mwana we eyali asinga obuganzi, Abdul Muttwalib teyaterebuka mu kussa mu nkola okusalawo nga bwe kwali kuzze. Naye olw’okutya nti ekkyo kyali kyakuteekawo obuwangwa obubi, Bannamakka baawakanya nnyo ekya Abdul Muttwalib okusala omwana era ne bamusendasenda agende yee-buuze ku muntu omukugu. Baagenda ew’omusajja omugezi ne bamuyitiramu mu nsonga.

Omusajja omumanyi ono yababuuza bw’atyi:

“Ngassi (lufubanja) ki gye mutwala ku muntu gwe basse?”

Baamuddamu nti: “Enngamiya kkumi.”

Omumanyi yawa Bannamakka amagezi okukuba akalulu wakati wa Abdalla n’enngamiya ekkumi, era nti singa akalulu kavaayo nga kagamba Abdalla bagende nga bongerako enngamiya kkumi endala okutuusa lwe kanaalondawo enngamiya.

Baakola bwe batyo naye nga buli mulundi gwe bakasuka akalulu kakwata Abdalla okutuusa lwe baatuuka ku nngamiya ekikumi olwo nga lwe kalondawo enngamiya. Aboowaka baajaganya naye Abdul Muttwalib teyali mumativu, ng’alowooza nti kyali tekijja kubeera kya bwenkanya okuyisa amaaso ku ky’okuba nga erinnya lya Abdalla lyali lirondeddwa emirundi kkumi miramba bw’ogigeraageranya n’omulundi ogumu gwokka enngamiya gwe zaalondebwa.



Bw'atyo yaddamu okukasuka akalulu wakati wa Abdalla n'enngamiya ekikumi emirundi esatu emirala naye nga gyonna girondawo nngamiya, ekintu ekyamatiza Abdul Muttwalib. Buli yaliwo yatendereza Katonda Owoobuyinza olw'ebayaamu bino ebyali bizzaamu amaanyi. Abdul Muttwalib yasala enngamiya ekikumi ennyama n'agigaba nga saddaaka.³⁶

Mu mateeka g'Obusiraamu olwaleero, olufubanja (ensolo omutemu n'ab'ekika kye ze bawaayo okusasulira omuntu atemuddwa singa abafiriiddwa baba bakikkirizza) zibeera enngamiya kikumi oba ekiga mu nngamiya ekikumi, nga kino kyava ku kyafaayo kino. Olw'okujjukira okusaddaaka okwali kubindbinda ku kitaawe ne jjajja we, Ismaaila (emirembe gibeere ku ye), Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

“Nze mutabani w'ababiri abaali ab'okusaddaakibwa.” (Haakim, II, 609 / 4048)

Bw'atyo Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaweebwa erinnya erya “Mutabani wa abasaddaaki-bwa ababiri.”³⁷

Abdalla ye yali omusajja asinga okulabika obulungi mu bantu b'ekika kye, ng'era bona abasinga amagezi n'empisa ennungi.³⁸ Abawala Abakulayishi bona baali bamwegwanyiza okumufumbirwa. Omu ku bano yali mwannyina wa Waraqa ibn Nawfal, eyaziga ekitangaala ekyali mu kyenzi kya Abdalla, n'amanya nti kyali kitangaala kya Nnabbi eyali alindirirwa. Bw'atyo yayagala nnyo okubeera maama wa Nnabbi eyali alindirirwa ennyo, n'atuuka n'okwagala okuwa omuvubuka Abdalla enngamiya ekikumi ng'amahare.³⁹

36 Laba: Ibn Hishaam, I, 163 – 168; Ibn Sa'adi, I, 83 – 85; Haakim, II, 604 / 4036.

37 Laba: Haakim, II, 604 - 605

38 Laba: Halabi, I, 51 – 62.

39 Laba: Ibn Hishaam, I, 168 – 169.

Omwaka gumu nga “Omwaka Ogwenjovu” tegunnatuuka, Abdul Muttwalib yayogerereza mutabani we omuwala Amina muwala wa Abd Manaaf, eyali asinga Abakulayishi mu kitibwa ne mu buzaale. Okusaba kuno kwayanirizibwa era mangu ddala ne bafumbiriganwa. Olunyiriri lwa Amina, ng’ayita mu taata we Wahb ibn Abd Manaaf, lutuukira ddala ku Zuhrah, mutabani wa Kilaab mutabani wa Murrah, olwo ne Iwegatta n’olunyiriri lwa Abdalla n’ennyumba ya Haashim, ne Kilaab, mutabani wa Zuhrah eyali muganda wa Quswayy.⁴⁰

Amina bwe yafuna olubuto lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye), ekitangaala ekyali ku kyenyi kya Abdalla kyadda ku Amina.⁴¹

Okufa Kwa Abdalla

Nga wayiseewo akaseera katono nga bamaze okufumbiriganwa, Abdalla yatindigga olugendo okugenda okusuubula e Damascus. Bwe baali bakomawo yagwirwa ekirwadde. Bwe baatuuka e Madiina, yategeeza mikwano gye nga bwe kyali kimusingirako okusigalako mu bakkojja be mu kabuga okutuusa lwe yandissuuuse.

Wadde nga yamala mu Madiina omwezi mulamba, naye teyawona bulwadde era n’afiira mu kabuga gye yaziikibwa ng’aweza emyaka amakumi abiri mu etaano egy’obukulu.⁴²

Amina yakaabira bba ennaku ezaawera, nga bw’alombojja ebirungi bye yalina era n’engeri gye yali omwagalwa wa buli omu, era nga bw’atendereza okugaba, ekisa n’okusaasira Abdalla bye yalina.⁴³

40 Laba: Ibn Sa’adi, I, 59 – 60.

41 Laba: Ibn Hishaam, I, 170.

42 Laba: Ibn Sa’adi, I, 99.

43 Laba: Ibn Sa’adi, I, 100.



Ebuntu Ebyalanga Okuzaalibwa Kwa Nnabbi

Obubonero obutukuvu obwali bulaga okuzaalibwa okw'en-jawulo bwatandika okweyoleka nga ne Nnabbi Ow'emikisa tannaba kuzaalibwa. Buli kanyomero kensi eno kaali kayaayaana ol'okujja kw'ensonga y'okutondebwa kwako.

Obweyamu Allah Owoobuyinza bwe yatwala okuva ku Bannabbi abaasooka nti baali baakukkiriza Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga Nnabbi era bamuyambe singa yali ajjidde mu biseera byabwe buyinza okubalibwa ng'akabonero akasinga obunene akaali kakakasa okujja kwe. *Ayah* eno wammanga kino ekikakasa bw'etyi:

وَإِذْ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ النَّبِيِّنَ لِمَا آتَيْتُكُمْ مِنْ كِتَابٍ وَحِكْمَةٍ
 ثُمَّ جَاءَكُمْ رَسُولٌ مَصَدِّقٌ لِمَا مَعَكُمْ لَتُؤْمِنُنَّ بِهِ وَلَتَنْصُرُنَّهُ
 قَالَ أَقْرَرْتُمْ وَأَخَذْتُمْ عَلَى ذلِكُمْ إِصْرِي فَالْلُّوْ أَقْرَرْنَا قَالَ
 فَاشْهَدُوا وَأَنَا مَعَكُمْ مِنَ الشَّاهِدِينَ

“Jjukira! Allah we yatwalira endagaano za Bannabbi, n'agamba nti: ‘Ekitabo kye mbawadde n'amagezi ag'ensibo; oluvannyuma omubaka n'abajjira ng'akakasa ebyo bye mulina; mulimukkiriza era ne mumutaasa.’ Allah n'agamba nti: ‘Mukkiriza era ne mutwala Endagaano yange ng'ebekakatako?’ Baagamba nti: ‘Tukkirizza.’ Allah n'agamba nti: ‘Kati mujulire; nange ndi wamu nammwe ndi mu bajulizi.’” (Al Imraani, 3 : 81)

Nga bamatirizza okuzimba Ka'aba, nga basitudde emikono gyabwe bagyolekezza eggulu, Bannabbi Bulayimu ne Ismaaila (emi-

rembe gibeere ku ye) nabo baasaba okujja kwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

رَبَّنَا وَابْعَثْ فِيهِمْ رَسُولًا مِنْهُمْ يَتْلُو عَلَيْهِمْ آيَاتِكَ وَيَعْلَمُهُمْ
الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَيُزَكِّيهِمْ إِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ

“Katonda waffe! Batumemu Omubaka ng'ava mu bo, ng'abaso-mera ebigambo byo era ng'abayigiriza Ekitabo n'okumanya ensonga era ng'abatukuza. Kuba mazima Ggwe ggwe Waakitiibwa Omugezi!”
(al Baqara, 2 : 129)

Okufaanananako kw'ekyo, Nnabbi Yisa (emirembe gibeere ku ye) bwe yali ategéeza ku Bayisirayiri Obwannabi bwe era yabawa amawulire ag'essanyu ag'okujja kwa Nnabbi ow'enkomerero.

وَإِذْ قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ يَا بَنِي إِسْرَائِيلَ إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ
إِلَيْكُمْ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيِّ مِنَ التُّورَةِ وَمُبَشِّرًا بِرَسُولٍ يَأْتِي
مِنْ بَعْدِي اسْمُهُ أَحْمَدُ

“Era jjukira, Yisa, mutabani wa Mariyamu, bwe yagamba nti: ‘Abange mmwe Batabani ba Yisirayiri! Mazima ddala nze ndi muba-ka wa Allah gye muli nga nkakasa ebyo ebyansooka mu Tawraati era nga mbaleetera amawulire ag'essanyu ag'okujja kw'omubaka oluvan-nyuma lwange ng'erinnya lye ye Ahmada...” (as Swaff, 61 : 6)

Amina bwe yali akyali lubuto, yalaba ekirooto mwe yawulirira nti:
“Amina oli lubuto olwa mukama wa Ummah. Bw'oba omuzadde saba Allah ogambe bw'otyi: ‘Nsaba Allah, ali Omu



(Obwannamunigina), okumponya obubi bw'ow'ensaalwa ensaalwa bw'eba emukutte' era omwana omuwe erinnya erya Muhammadi.”⁴⁴

Mu kujukira bino, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba bw'atyi:

“Nze kwanukula kw'edduwa ya jjajjange Bulayimu, amawulire amalungi Yesu ge yawa, era ekirooto kya mmange.” (Haakim, II, 453; Ahmad, IV, 127 – 128)

Erinnya lya Nnabbi n'ebitendo bye byannyonnyolwa bulungi mu buwandiike mu Tawuraati ne Injiili, era nga abamanyi ab'ebitabo byombi ab'ekiseera ekyo baali babimanyi bulungi. Abamanyi abo mu bano abaabikkiriza mu mitima gyabwe Kulaane yaboogerako bulungi n'ebawaana nti:

الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ الرَّسُولَ النَّبِيَّ الْأَمِيَّ الَّذِي يَجِدُونَهُ
 مَكْتُوبًا عِنْدُهُمْ فِي التُّورَاةِ وَالْإِنْجِيلِ

“Abo abagoberera Nnabbi atamanyi kusoma wadde okuwan-diika oyo gwe basanga ng'awandikiddwa mu Tawuraati ne mu Injiili (Enjiri) ebyo bye balina ...” (al Aaraaf, 7 : 157)

Olw'okuba nga baali bamanyi ebitendo bya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baamumanya nga tebataawaanye engeri omuzadde gy'asobola okutegeeramu omwana we, nga *ayah* eno wammanga bw'ekikakasa:

الَّذِينَ آتَيْنَاهُمُ الْكِتَابَ يَعْرِفُونَهُ كَمَا يَعْرِفُونَ أَبْنَاءَهُمْ
 وَإِنَّ فَرِيقًا مِنْهُمْ لِيَكُتُمُونَ الْحَقَّ وَهُمْ يَعْلَمُونَ

“Abo be twawa Ekitabo bamutegeera (Nnabbi Muhammadi n’obwannabbi bwe) nga bwe bategeera abaana baabwe, naye ekibiina ky’abamu ku bo ddala bakweka amazima ng’ate nabo bamanyi.” (al Baqara, 2 : 146)

Nga yakafuuka Omusiraamu, Abdalla ibn Salaam (Allah amusiime) eyali kakensa owa Tawuraati (Torah), yagamba nti:

“Ntegeera Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’okusinga nga bwe ntegeera omwana wange yennyini.”⁴⁵ Umaru (Allah amusiime) ng’agezaako okumanya ebin singa awo, yamubuuza nti: “Ekyo kijja kitya?”

Abdalla kwe kumuddamu nti: “Nsobola okujulira awatali na kukirumamu nti Muhammadi Mubaka wa Allah, olw’ebitendo bye ebiwandiikiddwa obulungi mu Tawuraati.”

Umaru olwawulira ebyo kwe kugamba nti: “Allah Owoobuyinza mazima ddala akuwadde amazima.” (Waahidi, akatundu. 47; Râzi, Tefsir, IV, 116)

⁴⁵ Abdalla ibn Salaam (Allah amusiime), era amanyiddwa nga Abu Yusuf, muzzukulu wa Nnabbi Yusufu (emirembe gibeere ku ye). Erinnya lye yazaalibwa nalyo yali Huswayn, naye oluvannyuma Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yalikysa n’amatutuma Abdalla. Yali mukugu wa Bayawudi ba Banu Qaynuqa. Omubaka wa Allah Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yatuuka e Quba, ekiri okumpi ne Madina, ng’ali mu lugendo lwe mu kusenguka okugenda e Madina, Abdalla yagendayo n’abaako n’ebibuuzo bye yamubuuza. Enziramu gye yaddibwamu yallowooza nti yali erina kubeera ng’eva mu Nnabbi, era olw’ensonga eyo yasiramukirawo. Oluvannyuma yafuuka musaale mu kusiramuka kw’abantu b’owaka we bona awamu n’aboluganda lwe abangi. Olw’okuba nga Nnabbi Ow’emikisa yamuwa amawulire amalungi ag’okuyingira Ejana bwe yali ng’akyali mulamu, Abdalla yali assibwamu nnyo ekitiibwa. Kigambibwa nti aya ey’ekkumi (10) mu ssuula ya Ahqaaf ne aya eya amakumi ana mu essatu (43) mu ssuula ya Ra’adu zassibwa nga zoogera ku ye. Yanyumya hadiisi amakumi abiri mu ttaano (25). Yassa omukka omuvannyuma mu Madina mu mwaka gwa lukaaga nkaaga mu esatu (663) (H. 43), mu bufuzi bwa Mawiya (Mu-awiya).



Kulaane Ey'ekitiibwa ekakasa nti Tawuraati ne Injiilu byombi byogera ebitendo bya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), awamu ne Basswahaba be:

مُحَمَّدٌ رَسُولُ اللَّهِ وَالَّذِينَ مَعَهُ أَشْدَاءُ عَلَى الْكُفَّارِ رُحْمَاءُ
 بَيْنَهُمْ تَرَاهُمْ رُكَّعًا سُجَّدًا يَتَغَوَّنَ فَضْلًا مِنَ اللَّهِ وَرَضُوا نَا
 سِيمَاهُمْ فِي وُجُوهِهِمْ مِنْ أَثْرِ السُّجُودِ ذَلِكَ مَثَلُهُمْ فِي
 التَّوْرَةِ وَمَثَلُهُمْ فِي الْإِنْجِيلِ كَزَرْعٍ أَخْرَجَ شَطَأَهُ فَازَرَهُ
 فَاسْتَغْلَظَ فَاسْتَوَى عَلَى سُوقِهِ يُعْجِبُ الزُّرَاعَ لِيغِيظَ بِهِمْ
 الْكُفَّارُ وَعَدَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ مِنْهُمْ
 مَغْرِرَةً وَأَجْرًا عَظِيمًا

“Muhammad Mubaka wa Allah, nabo abali naye bakambwe nnyo ku batakkiriza (abawakanya Katonda), naye basaasiragana wakati waabwe, obalaba nga bakutama, bwe bavunnama, nga banooonya obulungi (ebyengera) okuva eri Allah n'okusiiimbwa. Obubonero bwabwe bubali mu byenyi nga buva mu kuvunnama kwe babeeramu; bwe kityo ekifaananyi kyabwe mu Tawuraati bwe kiri era ekifaananyi kye kimu ekiri mu Injiil (Enjiri); balinga ekimera ekiggyayo omutunsi, ne kigunyweza, ne gugejja ne kiyimirira bulungi ku nduli yaakyo, ne kisanyusa abalimi (abaakisiga), alyoke anyiize nabo abatakkiriza; Allah yalagaanyisa abo abakkiriza ne bakola emirimo emirungi mu bo okusonyiwa n'empeera ennyingi.”

(al Fat'hi, 48 : 29)

Abdalla ibn Abaasi (Allah amusiime) olunaku lumu yabuuza Ka'ab al Ahbaar⁴⁶ okumubuulira ku bitendo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ebisangibwa mu Tawuraati:

“Ebyayogerwa mu Tawuraati mulimu nti: Muhammadi ibn Abdalla ajja kuzaalibwa mu Makka era asengukire e Madiina. Oluvannyuma ajja kuwamba Damascus. Talyogera bigambo bita-liimu nsa wadde okwogerera waggulu mu lujjudde. Ekibi ekiriba kimukoleddwa talikyesasuza na kibi era ajja kusonyiwanga abaliba bamukoze obubi. Abantu be bajja kwebazanga Allah era bamutendereze mu bubi ne mu bulungi. Bajja kunaazanga emikono gyabwe (okufuna wuzu oba okutawaaza) era bajja kuyimiriranga mu nnyiri-ri nga balinga abali mu ntalo. Bulijjo wajja kuwulirwanga eddoboозi eddungi nga lifubutuka mu bifo byabwe eby'okusinza (nga bali mu kusoma Kulaane n'okutendereza amannya ga Allah). Okukoowoola kwabwe abantu okugenda okusaala kujja kusaasaanira ebbanga.”

(Daarimi, Muqaddima, 2)

Ye Atwa ibn Yasaar – Allah amusaasire – yanyumya bw'atyi:

“Nasisinkana Abdalla ibn Amuri ibn al Aaswi⁴⁷ ne mmusaba okumbuulira ebitendo by'Omubaka wa Allah ebiri mu Tawuraati, kwe kunngamba nti:

⁴⁶ Ka'ab al Ahbaar (Allah amusiime) eyali mu mulembe ogwaddirira ogwa Basswahaba, yayatiikirira nnyo okunyuma ebigambo ng'abijja mu bitabo eby'Ekisirayiri. Yasiramuka mu bukulenze bwa Abu Bakari (Allah amusiime), era n'afa mu mwaka gwa amakumi asatu mu ebiri (32) ogwa Hijira.

⁴⁷ Abdalla ibn Amuri ibn al Aaswi (Allah amusiime) yasenguka okugenda e Madiina ne kitaawe gwe yasooka okuyingira Obusiraamu. Yali Sswahaba eyali amanyi okusoma n'okuwandiika, ng'era yali amanyi nnyo eby'obuwangwa n'enonno eby'abantu abaayita. Yawandiikanga hadiisi ze yawuliranga okuva ku Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ekintu Nnabbi kye yamuwaako olukusa. Okumanya kwe hadiisi okungi n'okutaputa amateeka g'eddiini byamufuula omu ku ba Abdalla abana, oba ba Abaadilah, abaali bakkiririzibwamu olw'obukenkufo bwe baalina mu nsonga



“Ndayira Allah, Nnabbi mu Tawuraati bamwogerako n’ebimu ku bitendo bye ebiri mu Kulaane. Mu Tawuraati mulimu nti:

‘Owange Nnabbi! Tukutumye ng’omujulizi ku lw’eddiini ya Allah entuufu, ng’owa amawulire ag’essanyu eri Abakkiriza abatuufu, alabula abatali bakkiriza era omulunngamya ow’abo abatamanyi kusoma na kuwandiika. Oli muddu wange era oli Mubaka wange. Nkutuumye al Mutawakkil (Eyeesigamira eri Katonda). Toli mwekuluntaza, omukambwe oba aleekaanira mu lujjudde. Tokola kabi ku muntu oyo akukola obubi, wabula obayisa mu ngeri ey’okusonyiwa n’ekisa. Allah tajja kukuleka kufa okutuusa, ng’ayise mu ggwe, lw’anaatereeza abakyamye ng’abafuula abakkiriza nti Allah y’asinzibwa Yekka: teri yenna alina kusinzibwa awamu naye; era amaaso agatalaba, amatu agatawulira n’emิตima emikakanyavu ng’amayinja bijja kuggulwa eri amazima nga biyita mw’ekyo.” (Bukhari, Buyuu, 50; Tafsir, 48 / 3)

Abayawudi olw’okuba nga baali bamanyi bulungi ebitendo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye), baabee-ranga beesunga nnyo okujja kwe. Buli lwe baayombanga n’ebika bya Bannamadiina ekya Awusi ne Khazraji, baabatiisatiisanga nga bababuulira ng’ennaku zaabwe bwe zaali zibalirwa ku ngalo engeri bo (Abayawudi) gye baali bagenda okukwatagana ne Nnabbi eyali agenda okutumibwa essaawa yonna, bamugoberere era bamwegat-teko mu kubalwanyisa era ng’eno ye yali ey’okubeera enkomerero y’ebika bino ebibiri ebyali eby’okusaanawo ng’ebika ebya Aadi ne Irama bwe byasaanyizibwawo. (Ibn Athiir, al Kaamil, II, 95 96).

eyo. Yali omu ku ggye eryawangula Damascus, era yeetaba mu latalo lw’ Yarmuuk mwe yeetikkira bendera y’eggye ly’Abakkiriza eryali liduumirwa kitaawe Amuri (Allah amusiime). Yawangaalira mu Misiri (Egypt) ng’emaze okuwangulwa, ne taata we, era eyo gye yabbeerera ddala obulamu bwe obwali busigadde, oluvannyuma n’assa omukka gwe omuvannyuma ng’aweza emyaka eg’obukulu nsanvu mu ebiri (72). Yaziikibwa kumpi n’omuzikiti ogwabbulwamu erinnya lya Amuri ibn Aaswi mu kibuga Cairo era ng’entaana ye ekyaliyo n’olwaleero.

Naye olwa Nnabbi Ow'emikisa obutabeera na musaayi Muyawudi, Abayawudi tebaasembererako na kumukkiriza era baa-mugaana yenna nga bwe yajja. Waliwo emboozি eno eyewuunyisa, Swafiyya bint Huyayy, mukyala wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era nga yali mukyala Muyawudi ng'Obusiraamu tebunnajja, gye yanyumya bw'atyi:

“Omubaka wa Allah bwe yatuuka mu kyalo ky'e Quba ng'asenguka okugenda e Madiina, taata wange ne taata wange omuto baayan-guwa okumusisinkana. Baakomawo ng'enjuba egwa, nga banakuwau era ng'amameeme gabennyise. Nnabawulira nga banyumya nga taata, Huyayy, abuuza taata omuto (Abu Yaasir) bw'atyi: ‘Olowooza nti oyo ye Nnabbi asuubirwa?’

Abu Yaasir yaddamu nti: ‘Ndayira Katonda nti y'oyo!’

Taata yeeyongera okubuuza nti: ‘Ddala okakasa? Ekyo okikakasa n'obubonero obulala?’

Abu Yaasir yaddamu nti: ‘Yee!’

Waaliwo akasiriikiriro, oluvannyuma Abu Yaasir kwe kubuuza nti: ‘Owlira otya gy'ali kati?’

Taata yamuddamu nti: ‘Ndayira Allah, ebbanga lye nnaamala nga ndi mulamu njá kukuuma obulabe gy'ali mu mutima gwange.’
(Abu Nu-aymu, Dalaa-ilu, I, 77 – 78)

Olw'okuba nga Nnabbi Ow'enkomererero yava mu Bawalabu, so si mu Bayawudi, Abayawudi baakwatirwa nnyo Abawalabu ensaalwa. Bulijjo baali basuubira nti yali wa kuva mu bo, era eno ye nsonga lwaki baagaana okukkiriza obwannabbi bwe.⁴⁸

Ibn Abaasi (Allah amusiime) ye muntu omulala eyanyumya ku ndowooza ey'obulabe Abayawudi gye baalina:

⁴⁸ Laba: Ibn Sa'adi, I, 155.



“Mu ntalo ezaali ezolutentezi wakati wa Abayawudi b'e Khaybar n'ekika kya Ghatafaan, zaggwanga Abayawudi bawanguddwa. Kye baakola kwe kusaba Allah Owoobuyinza bwe batyi:

‘Katonda waffe! Tukusaba obuwanguzi okuva gy'oli mu linnya lya Nnabbi gwe walagaanyisa okutuma ku nkomerero y'ekiseera.’ Olw'okusaba obuyambi nga bakozesa erinnya lya Nnabbi (*tawassul*), Abayawudi ku nkomerero baasobola okuwangula ab'ekika kya Ghatafaani. Naye wadde nga baafuna obuwanguzi nga bayita mu kukozesa erinnya lya Nnabbi Ow'enkomerero, Allah Owoobuyinza bwe yamutuma baagaana okumukkiriza. Bw'etyo, *ayah* eno yakka ng'ebanenya nnyo nti:

وَكَانُوا مِنْ قَبْلٍ يَسْتَفْتِحُونَ عَلَى الَّذِينَ كَفَرُوا فَلَمَّا
 جَاءَهُمْ مَا عَرَفُوا كَفَرُوا بِهِ فَلَعْنَةُ اللَّهِ عَلَى الْكَافِرِينَ

“Wadde nga mu kusooka baali basaba obuwanguzi ku abo abatakkiriza (nga bayita mu kukozesa erinnya lya Nnabbi eyali ali okumpi okujja) naye bwe yamala okubajjira oyo gwe baali bategeera obulungi baamuwakanya; n'olw'ekyo ekikolimo kya Allah kibeere ku bakaafiri (abatakkiriza).” (al Baqara, 2 : 89) (Qurtubi, II, 27; Waahidi, olup. 31)⁴⁹

Ekyafaayo kino wammanga kikulu mu ngeri gye kiragamu okuja kwa Nnabbi Ow'emikisa mu nsi muno:

49 Mu Kulaane ne mu hadiisi za Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ezimu ku zo ze tuija okulaba mu kiseera ekituufu, tusangamu okukolimira aboonoonyi abakukuutivu awatali kwatuukiriza linnya lya muntu oba abantu. Ebikolimo wano biba bigenderera ebirooozo, empisa n'enneyisa ebikyamu. Nnabbi okuba nga yakolima wadde nga yayogera kaati nti “...saatumibwa kubeera kakolimira wabula ow'okusaasira” (Muslim, Birr, 87) kiraga bulazi obubi bw'enneyisa ey'engeri ey'ebintu eby'ekika ekyo n'ebivaamu ebibi ennyo eri obulamu n'embeera za bantu.

Ssekabaka wa Peruusiya (Persia) yalonda Sayfu ibn Zi-yazan okufuga Yaman (nga Kabaka waayo). Abaakikirira ebika by'Abawalabu byonna ne beesomba okumuyozaayoza. Ababaka abaatumibwa okuva e Makka mwalimu abantu kkumi era nga baakulemberwa Abdul Muttwalib, jajja wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emi-rembe bibeere ku ye).

Abdul Muttwalib kwe kugamba mu maaso ga Kabaka nti:

“Ffe tuli bantu era abaweereza b’Ennyumba ekuumibwa (eya Allah). Tuzze kukuyozaayoza olw’okulinnya ku nnamulondo eno.”

Kabaka w'e Yamani yabaaniriza bulungi era n’abasuza ekiseera ng’abagenyi be. Olunaku lumu yayita Abdul Muttwalib ng’agamba nti:

“Abdul Muttwalib, nngenda kukubbirako ekyama. Singa abadde mulala atali ggwe sandikyogedde, naye lwa kuba nga waliwo ekintu ky’olina muli kye mpulira. Kino kikuume ng’ekyama wakati wange naawe okutuusa Allah Owoobuyinza lw’aliyagala okukyolesa. Okwagala kwe kwokka kwe kukolebwa. Tulina ekitabo, ng’ebikirimu ffe ffekka tubimanyi era mu kitabo ekyo mulimu amawulire nga gakukwatako butereevu ne mikwano gyo.”

Abdul Muttwalib kwe kuddamu nti: “Ne bwe kiba kitegeeza balunzi bano kufiira mu kkubo lyo, nkusaba ombuulire... Mawulire ki ago amakulu?”

“Omulenzi ajja kuzaalibwa mu kitundu kye Tihaama. Ajja kubeera omukulembeze w’abantu okutuusa ku Ssaawa Esembayo era ajja kufunyisa abantu bo ekitiibwa. Ng’akabonero, ajja kubeera nebbala wakati w’amagumba g’ebibegabega bye.”

Kabaka Sayfu Zi-yazan yayongerako nti:

“Ekiseera ky’okuzaalibwa kwe kituuse. Ani amanyi? Ayinza nokuba nga yazaalibwa dda. Erinnya lye ye Muhammadi. Bazadde be



baakufa olwo jajja we ne taata we omuto batwale obuvunaanyizibwa bw'okumulabirira. Owoobuyinza amutumye ng'owookuyita abantu omweyolefu eri Ekkubo lye era abamu ku ffe ajja kutufula bayambi be. Ng'ayita mu bo, Owoobuyinza ajja kukkakkanya abalabe ba Nnabbi era afunyise ekitiibwa mikwano gye. Ajja kukwata ebitundu ebisinga obulungi mu nsi. Omuliro gwa Ba Magian (Bamajuusi) gujja kuzikira ng'azaaliddwa (ng'azaalibwa). Abantu mu biseera bye, bajja kusinza al Rahmaani, Katonda Omu Omutuufu. Obutakkiriza n'okubuuuka ensalo bijja kuwerewba, amasanamu gajja kwonoonebwa ne Sitaane ejja kukasuukirirwa amayinja. Ebigambo bye bijja kwawula wakati w'ekituufu n'ekikyamu. Okusalawo kwe bulijo kujja kubeera kwa mazima. Bulijo ajja kulagira okukola obulungi era ye y'ajjanga okusooka okubussa mu nkola. Obubi bujja kuziyizibwa ate obukyamu bujja kwonoonebwa.”

Abdul Muttwalib yasabira Kabaka bw'atyi:

“Allah akuwe obuwangaazi akwongere n'ekitiibwa! Obulamu bwo bweyongere mu maaso! Ekyo ky'onnonyonyola lwe lulyo lwange. Kabaka ayinza okwongera omusajja ono essanyu ng'ayita mu kwongera okumubuulira ebisingako ku mwana ono?!”

Sayfu yamuddamu nti: “Ndayira Ennyumba ya Allah, ndayira eby'amagero byonna n'ebyawandiikibwa byonna ebyava mu ggulu, tolimba ggwe jajja w'omwana ono.”

Abdul Muttwalib yeeyala ku ttaka mu kujaganya.

Kabaka yamugamba nti: “Situla omutwe gwo. Omutima gwo gutebenkere, weeyongere obuwangaazi n'erinnya lyo liweebwe ekitiibwa! Mbuulira ... Waliwo ekintu kyonna ky'omanyi ku bubonero bwe nkubuulidde?”

Abdul Muttwalib yannyonnyola nti:

“Yee... Nnalina omwana gwe nnayagalanga ennyo era nga mmutwala ng’ow’omuwendo. Nnamuwasiza Amina, muwala w’omu ku bantu abasinga okubeera abébitiibwa mu bantu bange. Amina yazaala omwana ne mmutuumma Muhammadi. Alina ebbala wakati w’amagumba g’ebibegabega. Okwongera kw’ekyo, alina obubonero bwonna bw’oyogedde. Bazadde be bonne baafa, taata we omuto nange ne tutwala obuvunaanyizibwa bw’okumulabirira.”

Kabaka yawa Abdul Muttwalib amagezi nti:

“Omwana mukuume butiribiri. Weegendereze nnyo Abayawudi engeri gye balina obulabe gy’ali. Naye Allah Owoobuyinza tajja kubawa mukisa ogwo. Mikwano gyo tobabuulira kintu na kimu ku bye nkugambye, kubanga ntia nti ensaalwa eyinza okubakwata olw’enkizo gy’olina eyakuweebwa olwo ne batuusa omutawaana ku muzzukulu wo. Singa mmanyi nti nnaawangaala okutuuka ku lunaku lw’alifuuka Nnabbi, nnanditutte eggye ery’abantu abali ku bigere n’abali ku mbalaasi okuwamba Yathrib (Madiina) nkifuale ekibuga ekikulu eky’obufuzi bwange era nkiteeketeekere okusenguka kwe, nnandifuse omukuumi we okumutaasa emitawaana n’abalabe. Ndeetera amawulire agamukwatako mu mwaka gumu!”

Ebyembi, Sayfu ibn Zi-yazan baamuttira mu bbanga lya mwaka gumu.⁵⁰ (Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 26 – 28; Diyarbakar, I, 239 – 241)

50 Eky’okuba ng’okujja kwa Annabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) n’ebimu ku bitendo bye nga byayogerwako mu Tawuraati (Torah) ne Bayibuli, kiraga okusooka kwa byonna nti ensibuko yaabyo Ntukuvu, era nti wadde nga byakyusibwakyusibwa, era bisigala nga birinamu ekisiikirize ky’obutuuufu. N’olw’ekyo, wadde nga Abasiraamu ebitabo bino tebabibala ng’ebikyakola, naye era awamu nèkyo tebabiyisa mu ngeri etyoboola yonna. Nga bwe kiri mu Tawuraati ne mu Bayibuli, okujja kwa Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwalangibwa mu byawandiikibwa ebibalibwa nga bitukuvu mu ddiini z’omu Buwanjuba, okugeza nga Zoroastrianism, Hinduism, ne Buddhism. Mu Avesta, ekitabo ekitukuvu ekya Zoroastrianism, Omubaka Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah



Amawulire amalala Abdul Muttwalib ge yafuna agakwata ku biseera bya muzzukulu we eby'omu maaso ge gano:

Muhammad (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali azanya ne bato banne. Lumu yagenda n'atuukira ddala ku nnyumba za ba Radmi. Eyo, ekibinja okuva mu kika kya ba Mudlij baamuyita ne bamukebera ebigere n'ebiseera ebiri mu bigere, era awo Abdul Muttwalib we yatuukira. Baamugwa mu kifuba ne bamubuuza nti:

“Ono omwana wuwo?”

Yabaddamu nti: “Mwana wange”

Bo kwe kumuwa amagezi nti: “Omwana wo mukuumire kumpi kubanga na guno gujwa tetulabanga buwufu bwa bigere ebifaanana ebya Bulayimu okumpi ne Ka'aba nga bino.”

Awo Abdul Muttwalib kwe kukuutira mutabani we, Abu Twalib, eyali okumpi awo, okuwuliriza ebigambo bya bano n'obwegende-

n'emirembe bibeere ku ye) ayogerwako nga Saoshyant, ekigambo ekitegeeza 'okusaasira eri ensi zonna', omwo mw'ayogererwa nga Nnabbi w'abantu bona, okwo nga kw'ogatta ebitendo bye ebirala ebingi. Mu ba Hindu, ebitabo Vedas, Upanishads ne Puranas byogera ku bintu bingi nga mw'otwalidde eky'engeri Envumbo ya Bannabbi bw'ejja okulangirira ekirevunga sunnah agaane okulya embizzi. Ebitabo by'abagoberezzi ba Buddha nabyo birimu ebitundu bingi ebyogera ku bitendo bya Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga bijaganya olw'okujja kwe mu biseera eby'omu maaso. (Laba: Remzi Kaya, İlâhi Kitaplarda Hazret-I Muhammed, olup. 221 – 239; A. H. Viyarth – U. Ali, Doğu Kutsal Metinlerinde Hazret-I Muhammed, İstanbul, 1997; İbrâhim Cânâ, XIV, 79 – 81)

Bwôbala nti eddiini eyasooka ku nsi yali eddiini entuufu era nti bannabbi nkumi baatumwa okulungamya abantu mu biseera eby'enjawulo buli lwe baawabanga ne bava ku kkubo ettuufu, tekyewuunyisa okusanga ebituufu, okugeza okulangirira Nnabbi ow'enkomererero, nga bikyali mu nzikiriza ezaayonoonebwa nga Zoroastrianism, Hinduism, Buddhism, n'endala ennyingi.

reza. Era eyo ye nsonga eyavaako Abu Twalib okubeera ng'akuuma nnyo omwana wa muganda we ono.⁵¹

Nga Omubaka Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) tannawa nsi eno mukisa na kujja kwe, ensi yonna yali yebbise mu kizikiza eky'omwoyo. Abantu baali babbira mu ntobazi z'obutamanya obwékika ekya waggulu. Obuntu bwali buweddeko ekitiibwa kya bwo, nga nén solo obusolo enkambwe zaali zikooye ebikolobero by'omuntu. Obulamu bwali bufuuse bukalubu. Ensi yali ejjudde enzikiza, abantu baali bawangaalira mu bugubi nga némítima mirwadde. Omunafu yali yeerabira dda butya bwe bamwenya. Ow'amaanyi ye yekka eyalina eddembe lyókuwangaala. Mu bigambo bye Mehmed Akif:

Amaddu g'omuntu gaali gasukkulomye ku g'empisi,
Omunafu ng'aliibwa abandibadde baganda be
Kulaane ebigambo bino ebyogera bw'etyi:

ظَهَرَ الْفَسَادُ فِي الْبَرِّ وَالْبَحْرِ بِمَا كَسَبَتْ أَيْدِي النَّاسِ
لِيُذِيقُهُمْ بَعْضَ الَّذِي عَمِلُوا لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ

“Obwonoonefu bweyolese ku lukalu ne mu nnyanja olw'ebyo emikono gy'abantu bye gyakola, olwo abafuule abaloza ku bintu ebyo bye bakola, balyoke badde (eri amazima).” (al Ruum, 30 : 41)

Ng'okuzaalibwa okulungi kuseembedde, buli kintu ekiramu n'ekitalina bulamu, kyafa essanyu ne kijaganya era ne byesunga nnyo nga biri mu kulinda Ekitangaala Eky'amaanyi okubiyamba okubijja mu kizikiza, ng'ennyonta gy'ali ébula okubitta nga bimulinda asbole okubiwa amazzi g'obulamu. Abantu bonna baali balindirira, nga bamaze okufuna obubonero bw'okujja kwe.

51 Laba: Nu'aymu, Dalaa-ilu, I, 165; Ibn Sa'adi, I, 118.



Ng'awa ekifaananyi mu bitontome mu mbeera Amina gye yalimu mu kiseera eky'okutuuka kwe okulungi, Suleyman Chelebi, mu kitabo kye Mawlid agamba nti n'enjuba yeetoololera ku Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olw'omukwano gwe yalina, ng'ekiwojjolo bwe kyetoololera ku kitawuliro ky'omuliro.

'Nnalaba' maama w'omwagalwa yagamba,

'Ekitangaala nga kya njawulo, enjuba nga kye kiwojjolo kyakyo,

'Bamalayika bakka okuva mu ggulu nga bali mu nnyiriri,

'Okufaanana ne Ka'aba, yeetoololera awaka wange

'Teri n'omu alinga mutabani wo', nga bwe bagamba,

Eyali azze okuva ensi lwe yatandikawo

Kabaka w'okumanya mutukuvu nga bw'ali,

Ng'alina ebyama by'amagezi ebimuwindiddwaamu n'obumu ...'

Okuzaalibwa Okulungi N'okugwawo

Kw'ebintu Ebitali Bya Bulijjo

Nga mmambya esala ey'olunaku olw'okusooka (Kazooba), nga kkumi na bbiri (12) Rabbil Awwal ezikwatagana n'ennaku amakumi abiri (20) ez'omwezi ogw'okuna (Kafuumuulampawu) omwaka 571 ogw'okubala okw'enjuba, Ekitangaala mulindwa kyamala ne kiwa ensi eno ekitibwa n'okweyoleka kwakyo n'okubeerawo kwe okw'emikisa ng'omwana wa Amina ne Abdalla.

Ebintu byonna byalinga ebyali bifunye obulamu nga bigamba mu kujaganya nti: "Tusanyuse okukulaba, Mubaka wa Allah!"

Suleyman Chelebi annyonnyola bw'atyi embeera ey'essanyu lino eryagabanwa ebintu byonna mu nsi nga bisanyuka olw'okuzaalibwa okw'emikisa:

*Tusanyuse okukulaba ... Sekabaka ow'ekitiibwa
 Oyo awundiddwa n'amagezi ... Tusanyuse okukulaba!
 Tusanyuse okukulaba ggwe ekyama ekirabwako
 Okuvumulwa kwa buli ndwadde ... Tusanyuse okukulaba!
 Tusanyuse okukulaba, ggwe eky'okusaasira ky'ensi zonna.
 Okuwona kw'aboornoonyi, tusanyuse okukulaba*

Okweyoleka kwe ye yali entandikwa y'okukulukuta kwe kisa kya Katonda n'okusaasira kwe eri ensi eno yonna. Ennaku n'ebiro byakyusa langi. Okuwulira mu nda kwannyikira. Ebigambo n'empooma y'ebintu byafuuka ebalinaako kkomo. Buli kintu kyafuna amakulu ag'enjawulo amalala. Amasanamu gaayuuguuma ne gagwa ne gamerenguka. Empagi n'emirongooti eby'embiri ze Madaa-in, ewaabwe wa Khosrauss, byamenyeka. Ennyanja Sawa, oba Tabariya⁵², mu biseera ebyo eyabali-bwanga nga ntukuvu, n'ekala nga olutobazi lw'okunyigiriza.⁵³

Ebantu bino ebyeyoleka mu kiseera n'ebifo eby'enjawulo kwe kwali okusaasira okusooka okwasaasaanira ensi yonna okw'okulabika kw'Ekitonde Eky'ekitiibwa. Omwaka ogwo okuva olwo gwatandika okumanyibwa nga Omwaka Ogw'ebiyengera. Tekyewuunyisa nnyo okulaba ntiabantu abalongoofu batwala ekiro Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yazaalibwamu okubeera nga kye kiro ekisinga okuba eky'omuwendo ng'oggyeeko Ekiro kya Qadr. Omutontomi omu yagamba nti:

Leka omusimbi w'ebimuli aleme kwerumya ng'afukirira enni-miro y'ebimuli bya Looza, kubanga

N'okufukirira ennimiro olukumi tekusobola kumeza ekyenyi ekifaanana ekikyo.

52 Sawa yali nnyanja ng'eri mu buwanvu bwa kilomita kkumi na bbiri (12) mu maserengeta g'obugwanjuba bwa Tehran, wakati wa Hamdani ne Qum. Ekiuba kya Sawa kyatandikibwaho awaali ennyanja bwe yakalira.

53 Laba: Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 273.



Obulungi bw'okujja kwa Looza w'ebimuli bya looza kwakyusa buli kintu. Nga embira z'ekkula, okweyoleka kw'okusaasira kwa Katonda kwamansirwa okwetooloola ensi yonna, nga kunnyikira mu mitima egijjudde essanyu egyali girindirira Ekitangaala okujja.

Bino wammanga byanyumizibwa ibn Abaasi (Allah amusiime):

“Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yazaalibwa ku lunaku olwokusooka (Kazooba), n'assibwamu obwesige bw'Obubaka ku Lwokusooka, n'ayabulira Makka okugenda e Madiina ku Lwokusooka, era n'atuuka e Madiina ku Lwokusooka n'assa omukka omuvannyuma ku Lwokusooka. Lwali Lwokusooka lwe yataawulula enkaayana okumpi n'e Makka ez'okuzza Ejjinja Eriddugavu mu kifo we lyali lyava. Olutalo lwe Badiri yaluwangula ku Lwokusooka; so nga ne *ayah* egamba nti,

الْيَوْمَ أَكْمَلْتُ لَكُمْ دِينَكُمْ “Olunaku luno olwaleero mbajjulizza eddiini yammwe...” (al Maa-ida, 5 : 3), nayo yassibwa ku lunaku olutali lulala wabula Lwokusooka.” (Ahmada, I, 277; Haythami, I, 196)

Okuba nga okuzaalibwa kwe, obwannabi bwe, Okusenguka n'okufa nga byonna, Katonda yasalawo ne bigwawo ku lunaku Olwokusooka, kabonero kankukunala akalaga obukulu bw'olunaku olwo, omwabeeranga amasanyu agasanyusa n'ennaku eruma, okujaganya n'okukungubaga nga byonna byagwawo ku lunaku Olwokusooka.

Waliwo ebantu ebyagwawo mu kiro ekyo ekitukuvu Nnabbi Ow'emikisa mwe yaweera ensi omukisa, ng'ebimu ku byo tuyinza okubyogerako wano:

Okusinziira ku Amina, mu bigambo bye, olubuto lw'okuza-la oba akaseera kennyini alk'okuzaaliramu, teyabifunamu buzibu bwonna; era nga Omubaka Ow'emikisa afuluma bw'atyi okuyingira ensi eno, Amina yalaba ekitangaala nga kifuluma ne kisaasaanira

Ebuwanjuba n'Ebugwanjuba. Omwana Ow'emikisa yazaalibwa nga mutukuvu ng'ekigambo ekyo, ng'ebibatu bye byombi biri ku ttaka ate ng'omutwe gwe gutunudde waggulu mu bire.⁵⁴

Iblis (Sitaane) kw'olwo yawoggana mu ddoboozi erisinga lyonna lye yali avuddemu.⁵⁵

Mubazan, munnaddiini omukulu ow'e Peruusiya (Persia), yafuna ekirooto nga enngamiya eziri mu kibinja zigoba ekibinja ky'em-balaasi nga bisala omugga gw'e Tigris era nga zisaasaanira ensi y'e Peruusiya.

Ekiwonvu kye Samawa kyajjula amataba⁵⁶

Empagi kkumi na nnya ez'olubiri lwa Khousrau ow'e Peruusiya zaamenyeka.

Omuliro omukulu ogwali teguzikiranga okumala emyaka olukumi olulambirira mu ssabo ly'e Peruusiya gwazikira.⁵⁷

Okusinziira ku bigambo bya Ayisa (Allah amusiime), mu kiro ky'okuzaalibwa okw'ekkula, omusuubuzi Omuyawudi okuva e Makka yalaba emmunyeenye eyavaayo gye yategeera ng'eraga okutuuka kw'omulindwa, era awo we yagendera Abakulayishi we baasisinkaniranga, n'abuuza nti:

“Waliwo omu mu mmwe mukyala we eyazadde omwana ekiro?”

Baamuddamu nti, “Tetulina gwe tumanyi.”

⁵⁴ Ibn Sa'adi, I, 102, 150.

⁵⁵ Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 271.

⁵⁶ Samawa ddungu ery'omusenyu eriri mu buwanvu bwa kilomita 235 mu maserengeta g'obuvanjuba bwa Baghdad, okumpi ne Kalb, ekiri kumpi wakati wa Kufa ne Damascus.

⁵⁷ Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 273.



Omuyawudi yabagamba nti: “Kati mumpulirize n’obwegende-reza. Nnabbi ow’omulembe ogw’enkomerero ateekeddwa okuzaa-libwa ekiro. Wakati w’ekibegebega kye alina ebbala nga liri wakati w’ekiddugavu nekyenvu nga libikkiddwa otuviiiri.”

Abaaliwo ebigambo bino byabasamaaliriza era ne baawukana buli omu n’akwata lirye. Bwe badda eka buli omu yabuulirako ku bewuwe ku kintu kye baali balabye, era abamu baagamba nti:

“Omulenzi ayitibwa Muhammadi ye yazaaliddwa ekiro... mutabani wa Abdalla.”

Olwo ne bagenda ew’Omuyawudi ne bamubuuza nti:

“Wawulidde nga bwe waliwo omwana eyazaaliddwa mu Makka?”

Omuyawudi yababuuza nti: “Yazaaliddwa nga ssinnaba kuba-gamba oba nga mmaze okubagamba?”

Baamuddamu nti: “Ng’omaze okutugamba era erinnya lye ye Ahmad!”

Omuyawudi yabasaba bamutwale ewa Amina, maama w’om-wana, eyamulaga omwana omutukuvu. Bwe yalaba Envumbo y’Obwannabbi n’amaaso ge ng’eri wakati w’amagumba g’ekibegabega kya Nnabbi, Omuyawudi yazirika. Bwe yadda engulu baamubuuza ekyali kiguddewo.

Yabaddamu nti: “Ndayira Katonda, Obwannabb buvudde mu batabani ba Yisirayiri. N’ebyawandiikibwa bwe bityo! Kyawandiikibwa nti Nnabbi Ow’enkomerero aija kuwangula Abayawudi era asaanyeewo ekitiibwa ky’abamanyi baabwe. Abawalabu bajja kufuna ekitiibwa eky’amaanyi nga bayita mu Bwannabbi. Mucacance Bakulayishi; kubanga ndayira Katonda, mugenda kufuna amaanyi agajja okuwulirwa Ebuvanjuba n’Ebugwanjuba.” (Ibn Saas, I, 162 – 163; Haakim, II, 657 / 4177)

Bannamakka bona baali basanyufu olw'okuzaalibwa kw'omwana ow'omukisa. Okutuusa ne Abu Lahab naye yatuuka okuta okuva mu buddu omuwala Thuwaybah eyali omuddu eyamuleetera amawulire amalungi ag'okuzaalibwa kw'omwana wa muganda we.⁵⁸ Ibn Abaasi kino akyogerako bw'atyi:

“Nnaloota Abu Lahabi omwaka gumu ng'amaze okufa. Yali ali mu mbeera etiisa, kwe kumubuuza nti:

‘Oli mu mbeera ki?’

‘Yanziramu nti: Ekibonerezo kyange kinkendeerezebwako buli lunaku olw'okusooka olw'okuta Thuwaybah olw'essanyu ly'okuzaalibwa kwa Muhammad. Olunaku olwo mpewezebwako n'amazzi agampeebwa nga gayita mu katuli akali wakati w'engalo zange olunwe ne kyalakisajja.’ (Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 277; Ibn Sa'ad, I, 108, 125)

Amannya Ga Nnabbi Ow'emikisa

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) alina amannya mangi. Okusooka era agasinga gonna ye Muhammadi ne Ahmada, agoogerwako mu Kulaane. Muhammadi litegeesa atenderezebwqa ennyo, ate Ahmada ne litegeesa atendereza oba eyeebaza ennyo.

Erinnya Muhammadi lirabikira mu Kulaane emirundi ena, ate Ahmada lirabika omulundi gumu. Bayibuli amannya gano ego-gerako n'ekigambo Faraqlitos, ekitegeesa ekintu kye kimu ddala n'amannya gali.

Mu hadiisi emu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ayogera nti:

“Nze Muhammadi era nze Ahmada.

58 Halabii, I, 138.



Nze Musanguzi⁵⁹, oyo Obwannabbi bwe obujja okusangulawo obutakkiriza.

Nze Muzzabujja, oyo abantu gwe bajja okugoberera mu kuzuukizibwa ku Lunaku lw'enkomerero.

Nze ow'enkomerero, Envumbo ya Bannabbi ng'oluvannyuma lwe tewagenda kujja Nnabbi mulala yenna." (Bukhari, Mannaqib, 17; Muslim, Fadhwail, 125).

Amannya n'ebitendo bya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) byogerwa mu bitabo bingi. Okugeza Dalaa-ilul Khayraat kyogera amannya ebikumi bibiri. Agamu ku mannya n'ebitendo ebiwunda oludda lwa Rawudhwa oluliko Ekibula mu muzikiti gwa Nnabbi nga gawandiikkidwa mu mpandiika ennungi ennyo ge:

Ahmada, Mahmuudu, Muhammadi, Haamidu, Hamiidu, Bashiiru, Nadhiiru, Burhaan, Amiinu, Awwalu, Aakhiru, Dhuwaha, Habiibullaah, Haadi, Khaatamu, Mukhataar, Mustwafa, Mutwahharu, Mujtabaa, Nabii, Nuuru, Ra-uufu, Rahiimu, Rasuulullaah, Rasuulu' Tthaqalayni, Rahmatan lil Aalaamiina, Sayyidul Mur'saliina, Sayyidul Kawnayni, Imaamul Haramayni, Imaamul Muttaqiina, Shafii-ul Mudhnibiina, Shamusu, Twa-Haa, Ummii, Yaasiin...

Mu Mikono Gya Maama Ow'ebbeere

Ekitangaala ky'Obulamu yazaalibwa mu nsi muno nga talina kitaawe nga bwe kirambikibwa butereevo mu Kulaane nti:

أَلْمَ يَجِدُكَ يَتِيمًا فَأَوْيٰ

59 Maahi الماحي kitegeesa oyo asangulawo oba asaanyaawo.

“Teyakusanga ng’oli mulekwa n’akuwa obuddo?” (al Dhuwa, 93 : 6)

Mu nnaku entono ezaasooka omwana ow’omukisa yayonse-bwa maama we Amina. Oluvannyuma Thuwaybah yamuyonsaako katono wamu n’omwana we omuto gwe yali ayonsa eyayitibwanga Masruuh⁶⁰

Empagi y’obuteerabira, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye), bulijjo yakolanga ku bizibu bya maama we eyamuyonsa, Thuwaybah, obulamu bwe bwonna. Ye ne Khadiija Thuwaybah baamuyisanga bulungi era nga bamussaamu nnyo ekitiibwa emyaka gyabwe gye baamala e Makka. Nnabbi ne bwe yasenguka okugenda e Madiina, yakakasanga nti ebyetaago bya Thuwaybah bikolebwako ng’ayita mu kumuweereza eby’okuko-zesa. Bwe yafuna amawulire agokufa kwe, bwe yali ng’adda okuva mu lutabaalo e Khaybar mu mwaka gwa Hijira ogw’omusanvu, Omubaka wa Allah yabuuza ebikwata ku mbeera za mutabani wa Thuwaybah, Masruuh, asobole okumuweereza obuyambi, naye ne bakamutema nti si Thuwaybah yekka ye yali yafa naye abooluganda lwa Thuwaybah bona be baali baasooka Thuwaybah okufa. (Ibn Sa’adi, I, 108, 109)

Ekitiibwa n’okugulumiza Nnabbi Ow’ekitiibwa bye yawa Thuwaybah biwa eky’okulabirako ekirungi ku kusiima n’obuteera-bira.

Yali Haliimah eyafuna ekitiibwa eky’okuyonsa omwana ow’emikisa.

Abawalabu baalina empisa ey’okuweereza abaana baabwe abaabanga bazaaliddwa ne batwalibwa ab’ebika ebiwangaalira mu

60 Thuwaybah era ye yayonsa Hamza ne Abu Salaama (Allah amusiime), ekintu ekibafuula baganda ba Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bannabbeere (Ibn Sa’adi, I, 108 – 110)



ddungu babayonse. Embeera ey'eddungu abaana teyakomanga ku kubafuula balamu mu mibiri n'okubafuula abazira byokka, naye olulimi lw'Abawalabu abalunzi abataterereera wamu (*nomads*) lwali lunnyonnyofu bulungi era nga lutereeuvu, ekyayambanga abaana okuyiga okwogera obulungi, n'okukenkuka mu lulimi.

Ng'ekitundu ku mpisa eyo, omwana ow'emikisa naye yawee-bwayo eri omukyala munnamukisa eyayitbwanga Haliimah, nga yali ava mu kika kya ba Banu Sa'ad, ekyali kyayatiikirira ennyo ng'ekika ekyali kisinga okwogera obulungi Oluwalabu mu bika by'Abawalabu. Olw'okubeera omuntu asinga okunnyonnyola era omwogezi nnakinku Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali ateekeeddweekeeddwa ng'akyali mwana muto olwo asobole okutuusa ekigambo ekitukuvu eri abantu.

Ekikakasa kino y'engeri Nnabbi gye yaddamu Abu Bakari (Allah amusiime), bwe yagamba nti ye (Abu Bakari) yali talabanga mwogezi asinga kwogera bulungi nga Nnabbi.

“Tekyewuunyisa nnyo! Nze ndi muntu ava mu Bakulayishi era olumu eyayonka ku maama ava mu ba Banu Sa'adi.” (Ali al Muttaqi, VI, 174 / 15247)

Haliimah bint Haaritha anyumya engeri gye yamaliriza ng'attute Omwana okumuyonsa.

“Gwali mwaka gwa njala kakongoliyo. Nga twebagadde endogoyi enjeru nga tuli wamu ne bakyala bannaffe abalala abaali bava mu kika kya Banu Sa'adi twayolekera Makka nga tusuubira okufunayo abaana abawere ab'okuyonsa. Twali tetusigazizza kantu ka kulya. Tetwalina okuggyako enngamiya enkazi enkadde. Twalina n'omwana omuto. Naye okuva nze ne nngamiya bwe wataali yalina mata gamala kumuwa kunywa tetwebakanga olw'omwana okusulanga ng'atukaabirira. Tetwalwa ne tutuuka e Makka. Tewali mukazi gwe bataawaako

Muhammadí amutwale amuyonse naye era tewali n'omu ataamugaa-na, kubanga buli omu yali anoonya mwana eyalina kitaawe omulamu, so nga ye yali mulekwa. Oluvannyuma buli mukazi, okuggyako nze, yafuna omwana gw'atwala okuyonsa era ne yeddirayo eka. Nnali saa-gala kuddayo ka ngalo nsa kwe kugamba omwami wange nti:

'Nja kuddayo nzikirize okutwala mulekwa oli.'

Bwe ntso bwe nnakola (omwana ne mmujjayo) ne nzirayo mu weema n'omwana mu mikono gyange.

Baze kwe kunngamba nti: 'Okoze bulungi okutwala omwana oyo. Ani amanyi, Owoobuyinza ayinza okutuwa emikisa olw'om-wana oyo.'

Era bwe kityo bwe kyali, kubanga okuva lwe nnateeka omwana mu mikono gyange natandika okuyiika amabeere, era nnasobola okuwa amabeere amangi abaana bombi mulekwa n'omwana owange. Ekiro bwe kyatuuka, omwami wange yagenda okukebera ku nngamiya yaffe enkadde, naye yagisanga ng'etandise okujuza n'okuyiwa amata ekintu ekyatwewuunyisa ennyo. Twakama enngamiya ne tunywa ne tukkuta ne twemala eggoga, ne tuwona enjala n'enyyonta n'abato ne beebaka mu mirembe.

Omwami wange yali takyayinza kukyebeera wabula okugamba bw'atyi: 'Ndayira Katonda, kirabika emikono gyo gyagudde ku mwana ow'emikisa egynnammaddala.'

Naye emikisa gyaffe tegyakoma awo. Endogoyi yaffe, bulijo eyali emanyiddwa ng'eyali ekwebera bwe zaaberanga zitambulira mu kibinja mu lugendo, yatandika okukulembera endala. Nnali sikyasobola bulungi kugifuga.

abantu baatandika okwebuuza mu kuwuniikirira nti: "Eyo ssi ye ndogoyi gye wakozesa ng'ogenda e Makka?"



Nabaddamu nti: ‘Yee yeeyo’

Nga tuzze eka, mu ddungu ekkalu eryo nga bwe lyali, endiga zaffe zaatandika okudda eka ekiro okuva gye zaaliranga nga zizzuzza amata. Endiga endala zo eka zaddangayo nga zikooye ng’enjala n’ennyonta bibula okuzitta. Twali tusobola okukama endiga zaffe mu bujjuvu mu kiseera endiga endala we zaali tezisobola kuvaamu wadde ettundo ly’amata. Bannannyini ndiga ziri baali bananya balunzi.

Beemulugunya nti: “Mukwatibwe ku nsonyi! Mmwe endiga zammwe temuzirundira ndiga za Haliima gye bazirundira?”

Mu kino baalina ensonga, kubanga abalunzi bona endiga zonna baazirundiranga mu kfio kye kimu. Naye ezaffe zaddanga n’amata so ng’ezaabwe wasobolanga kulaba magumba gokka.’

Ekintu ekyatwaliranga abaana abalala omwezi, Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yakikoleranga mu lunaku lumu, ate mu mwezi ogumu yali akoleramu ebyatwaliranga abaana abalala omwaka omulamba. Bwe yaweza omwaka, yali akuze ng’alinga omwana atuuse okwavula.

Oluvannyuma lw’okubeera naffe emyaka, twamuzzaayo ewa maama we. Naye eky’okuviibwako omwana baze teyasobola kukigumira:

Yakalambira nti: ‘Leka tubeereko naye waakiri okutuusa kawumpuli amale okuggwa mu Makka. Twali tetusobola kugumira kyakuggyibwako mikisa gye nga twawukanye naye. Twalwana bwezingirire okumatiza Amina okutuusa lwe yakkiriza, emikisa gy’omwana okweyongerayo akaseera naffe.” (Haythami, VIII, 221; Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 278 – 279)

Olunaku lumu, ng’ali ne mwannyina munnabbeere Shaymaa, omwana ow’omukisa yagenda awaali endiga mu kasana akaali kee-

memula. Bwe baakomawo, Haliima kwe kubanenya olw'okufuluma ebweru mu budde obwali bwokya, naye kyamubuukako Shayma bwe yakamutema nti:

“Tetuwlidde ku kwokya kwa njuba n'akamu. Obwedda wabad-dewo ekire ekitambulira waggulu wa muganda wange ono, nga kituwa ekisiikirize.” (Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 279; Ibn Sa'ad, I, 112)

Haliima ayongerako nti:

“Bwatyo yayongera n'abeerako naffe akaseera. Naye olw'ebyo bye twali tumulabyeko eby'ekyewuunyo, twatandika okutya nti yali ayinza okutuukibwako ekizibu. Twaddamu okukwata ekkubo eritutwala e Makka, tumuzzeeyo ewa nnyina. Naye tuba tuli waggulu ku njegoyego za Makka n'atubulako.” (Ibn Hishaam, I, 179; Ibn Sa'ad, I, 112)

Bagamba nti Bannamakka baagwa mu ddene ne batandika okuyiga omwana abuze, nga tebamukubako kimunye. Abdul Muttwalib yali kumpi ne Ka'aba, ng'asaba omwana aleme kutuukibwako mutawaana, naye n'awulira eddoboozi waggulu nga ligamba nti:

‘Totya; kubanga Muhammadi alina Katonda atajja kumulekerera nga talina bukumi!’

Abdul Muttwalib yayita mu kuggwaamu essuubi nti:

‘Ggwe oba oli ani ... Tubuulire omwana gy'ali!’

Eddoboozi lyaddamu nti: “Ali kumpi n'omuti oguli ku ludda olwaddyo olw'ekiwonvu kye Tihaama.”

Abdul Muttwalib yasitukiram n'agenda awaali omuti gwe baamugamba era awo kumpi we yasanga muzzukulu we. (Diyarbakri, I, 228)

Era kigambibwa nti *ayah* eri mu ssuula ad Duha nti yali eyogera butereevo ku nsonga eyo:



وَوَجَدَكَ ضَالًاً فَهَدَىٰ

“Era n'akusanga ng'otaayaaya n'akulaga ekkubo.” (ad Dhruwa, 93 : 7)⁶¹

Haliima ayongera n'anyumya ebyaddirira nti:

“Amina yali alabika nga yeewuunyizza bwe twamutuukako kwe kutubuuza nti:

‘Lwaki mumukomezzaawo ng'ate mmwe bamu abaali bakalam-bira ennyo okumutwala?’

Nnamuddamu nti: “Katonda Owoobuyinza ye mujulizi waffe engeri gye tubadde tumulabiriram. Naye tulina ensonga etutiisa nti ekintu ekibi kiyinza okumutuukako, era eyo ye nsonga lwaki tumukomezzaawo.”

Amina kwe kugamba nti: “Mbasaba mumbuulire ekyo kye mwalabye ekyabaleetedde okutuya”

Wadde nga mu kusooka twali tetwagala kumubuulira, naye yatulemerako nnyo okutuusa bwe twamala ne tukkiriza. Naye teyewuunya n'akamu ku byonna bye twamugamba.

Yatugamba nti: ‘Mutabani wange alina ebintu bingi ebitali bya bulijjo ebizze bimutuukako ebiyinza okuleetera omuntu okutuya. Kati ka mbabuulireyo nze bye nnali ndabye. Yatandika okutubuulira ebintu ebyali biwuniikiriza ebyagwawo ng'azaala omwana.

N'ekyasembayo kwe kutugamba nti: ‘Kati tuyinza okumundekera ne mudda ewammwe mu mirembe’ (Haythami, VIII, Ibn Kathiir, al-Bidaaya, II, 278 – 279)

Haliima yayongerako nti:

“Abdul Muttwalib yatuwa ebirabo bingi ddala. Nnadda eka n’ebintu eby’omuwendo ebitannyolekeka muwendo. Era nnamubuu-lira bye nnali mmaze okugamba maama w’omwana. Abdul Muttwalib yateeka omwana mu kifuba n’atandika okukulukusa amaziga.

‘Haliima! Tewali kubuusabuusa nti omwana wange ajja kubeera n’ettutumu. Singa omanyi bwe nneegomba okutuuka ku nnaku w’ali-beerera bw’atyo.’ (Bayhaqi, Dalaail, I, 145)

Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yalaga obuteerabira obw’ekitalo eri bannabbeere be obulamu bwe bwonna. Bulijjo Haliima yamuyitanga ‘maama wange omwagalwa’ era ng’amulaga eddaala eryawaggulu mu mukwano n’okumussaamu ekitiibwa, ekyamutuusanga n’okumwalirira engoye ze ez’olutalo atuuleko. Buli kintu kyonna kye yeetaaganga, Nnabbi Ow’emikisa yabeerangawo okukimumalira. (Ibn Sa’ad, I, 113, 114)

Olunaku lumu Haliima yajja e Makka okulaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ekiseera Nnabbi we yali awasirizza Khadiija. Baakyaza Haliima akaseera era ne bamulabirira bulungi. Yabakaabira enjala eyali esaasaanidde ebitundu bye waabwe n’etuuka n’okubamalako ebisolo. Ng’akyaluka, Khadiija yamuwa endiga amakumi ana n’enngamiya okutwalirako ebintu.⁶²

Mu biseera by’okuwangula Makka, muganda wa Haliima yajja okulaba Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mu kiseera ekyo eyali agumbye okumpi ne Abtah. Yali amuleetedde omuzigo ng’ekirabo. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) olwamulaba yamubuulizaawo ebikwata ku maama we. Olwamugamba nti yali yafa, amaaso ge gajja ebiyengenyenge ne gajjula amaziga. Oluvannyuma yalagira omukyala ne bamuwa ebyambalo, enngamiya ne dirham ebikumi bibiri eza

62 Ibn Sa’adi, I, 114

siliva. Nga tannadayo mu kyalo ky'ewaabwe omukyala agambibwa okuba nga yagamba nti:

“Nokutuusa kati teweerabira ng'era bwe wali teweerabira ebiseera ebyayita.” (Waaqidi, II, 869; Balaazuri, I, 95)

Okupasula Ekifuba (*Sharhu's Sadr*) Okwasooka

Olw'okuteekateeka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olw'ebiyama bya Katonda ebyali bijja, Allah Owoobuyinza yaggula ekifuba kye n'atukuza omutima gwe nga kino yakikola emirundi egiwera, n'aguijuzaamu ebitendo ebingi okugeza obutabenkevu, okulumirwa, okusaasira, obukkiriza, n'amagezi egategeera ensonga. Omulundi ogwasooka gwaliwo ng'omwana ow'emikisa akyali ne maama we eyamuyonsa, nga kino Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yennyini ye yakinyumya.

Oluvannyuma nga wayiseewo emyaka egiwera, omusajja yabuuza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obubonero obwali bulaga obwannabbi bwe. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu mu bujjuvu bw'atyi:

“Maama wange eyannyonsa yali ava mu kika kya ba Banu Sa'ad. Olunaku lumu mwannyinaze mannabbeere nange twagenda okulunda kyokka nga twali tetututte ka kulya konna. Bwe nt yo nnawa mwannyinaze amagezi agende ewa maama aleeteyo emmere.

Bw'atyi yagenda n'andeka nzekka n'ebisolo. Waayitawo akaseera katono bamalayika babiri ne bajja nga bambadde ebyambalo ebyeru.

Om u yabuuza munne nti: ‘Ssi y'ono?’

Munne kwe kuddamu nti: ‘Yee’.

Baasembera mangu ne we nnali. Bangalamiza omutwe ne gutunula waggulu okukkakkana nga bandyebudde ekifuba. Oluvannyuma baggyamu omutima gwange ne baggyamu ebbala eriddugavu.

Nnawulira omu ng'agamba munne nti: ‘Genda oleete amazzi ag’omuzira.’

Amazzi gaaletebwa ne bannaaza munda.

Omura kwe kugamba munne nti: ‘Kati genda ondeetere omuzira ogw’amayinja era ne bagakozesa mu kunaaza omutima gwange.

Omura kwe kugamba munne nti: ‘Kati zzaawo omutima oguteekoko envumbo y’obwannabbi’

Bazzaawo omutima gwange ne baguteekako envumbo oluvannyuma ne bagatta ekifuba kyange era amangu ago ne baktitunga. Nnali ddala mu kutya. Amangu ago nnaduka ne nzira eka ne ntegeeza maama wange annyonsa ekyali kiguddewo...” (Ahmada, IV, 184 – 185; Ibn Kathiiri, al Bidaaya, II, 280; Haythami, VIII, 222)

Ebitabo bingi ebyogera ku kyafaayo kino ekyagwawo Nnabbi (Ekitangaala Ky’Obulamu) bwe yali alina emyaka ena egy’obukulu.⁶³

Kino Anasi (Allah amusiime) akikasa oluvannyuma lw’okulaba emirundi egiwera enkovu ezaali mu kifuba kya Nnabbi ezaava mu kumupasula ekifuba. (Muslim, Imaan, 261)

Ensonga ezaali emabega w’okupasula ekifuba kya Nnabbi (oku-saasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ze baawa ziri bwe zityi:

Allah Oweekitiibwa, ng’ayita mu kintu kino ekyagwawo, yategeeza abantu ku kitibwa kya Nnabbi we era n’amuteekateeka olw’okufuna Obubaka ng’akyali bbujje. *Shar’hu Swadr* okubeera

63 Laba: Ibn Sa’adi, I, 112



nga kwalekawo enkovu n'emikululo eri abantu basobole okubiraba, kwali kwanguyiza kkubo eri abantu abalala okusobola okukakasa obwannabbi bwe. Ebyamagero ebitali bya bulijjo nga kino bye bayanguyiza abantu okukkiriza Nnabbi.

Olugendo Lw'e Madiina N'Okufa Kwa Amina

Ekitangaala ky'Obulamu bwe yali alina emyaka mukaaga eg'y'obukulu, Amina, ng'ali ne Ummu Ayman, yamutwala e Madiina alambule amalaalo ga taata we. Baabeera mu Madiina omwezi mulamba nga bali mu bannyina ba Amina (ku bukojja bwa Muhammadi). Okukyala kuno kwagenda bulungi era nga omwana ow'emikisa yasobola ku bugenyi okuwangaala obulungi ne bakizi-bwe be, era ng'omwo mwe yayigira n'okuwuga.⁶⁴

Ng'ajjukira ennaku ezo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ajjukira Abayawudi abamu abajanga ne bamutunuulira enkaliriza okumala akaseera (Ibn Sa'ad, I, 116). Omubaka yanyumya bw'atyi:

"Nga (Omuyawudi) amaze okunneekebejjera akaseera, yavaawooko naye n'akomawo nga wayise akaseera katono.

Yambuuza nti: 'Amannya go bakuyita ani?'

Namuddamu nti: 'Ahmada.'

Oluvannyuma yankebera mu mugongo n'amuumuuunya nti: 'Alina kubeera nga ye ye.'

Ekintu kino nnakibuulirako ba kojja, nabo abataali babi ne bakibuulirako maama. Maama yatandika okubulwa emirembe, era awatali kulindiriza ne tutandika okweteekateeka okudda e Makka." (Abu Nuaym, Dalaailu, I, 163 – 164)

Naye bwe twali tuddayo e Makka, Amina yagwirwa ekimbe era ku myaka amakumi asatu eg'yobukulu yassa omukka gwe omuvannyuma okumpi n'ekifo ekiyitibwa Ab'wa, era ng'awo we yaziikibwa. Nga tanafa yatunuulira omwana we mulekwa n'amaaso agaali gajjudde ekisa n'omukwano, yamugwa mu kifuba era n'ayogera ebigambo bino:

“Nsaba Allah akusaasire! Bwe kiba nga kye mbadde ndoota kituufu, Allah Oweekitiibwa era Omugabi ajja kukuwa obuvunaanyizibwa obw'okutegeeza abantu ekirungi n'ekibi. Allah ajja kukukuma oleme kusinza masanamu na bibumbe. Buli kiramu kijja kufa, era buli kipyakigenda kukaddiwa ate buli kikadde kigenda kuzikirira kiggweewo. Nange kati nngenda kuvaawo naye nga mmanyi nti nja kujukirwanga olubeerera kubanga ndese emabega omwana omutukuvu era n'ekijjukizo ekyagalwa...” (Diyarabakri, I, 229 – 130); Kamil Miras, Tecrid Tercümesi, IV, 549)

Omutontomi Arif Nihat Asya ayogera ku Amina bw'atyi:

*Omukazi, eyeebase e Ab'wa,
Okuva mu nnimiro ye,
Ekimuli kya looza ekisinga obulungi mwe kyakulira.*

Nga ne maama we amaze okumuvaako, Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yadda e Makka ne Ummu Ayman, eyali amulabirira.

Ummu Ayman, eyali alabirira omwana ow'emikisa, ye yali omuntu omulala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe yayitanga ‘maama’ era gwe yalambulanga entakera. Okulaga okwagala kwe n'ekitiibwa kye yamussangamu, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agambibwa okumuyitanga ‘maama ow'okubiri’, era ng'amutwala ng'omuntu ow'omu nju.⁶⁵

65 Laba: Ibn Athiir, Usdu'l Ghaaba, VII, 303 – 304; Ibn Sa'adi, VIII, 223.



Nnabbi Ng'ali Mu Bukuumi Bwa Abdul Muttwalib

Allah Oweekitiibwa teyaleka ttayo Omwana Ow'omukisa, wadde nga yali amaze okuviibwako taata we ne maama we mu myaka emitono egy'okumpi. Amangu ddala jjajja we, Abdul Muttwalib, eyali amwagala ennyo yatandika okubeera naye n'okumulabirira era nga yalaga okusaasira n'okwagala bye yali talaga na baana be bennyini be yali azaala.

Abdul Muttwalib bwe yabeeranga mu kisenge kye yekka oba nga awuijjaddeko, teri muntu n'omu yali akkirizibwa kuyingira okuggyako Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Muhammadi ye yalina eddembe lyonna okulaba jjajja we awo wonna we yabanga ayagalidde.⁶⁶ Mu ngeri y'emu, olw'ekitiibwa kye baali bamuwa, teri n'omu mu baana be eyali asobola kutuula mu ntebe ye eyali okumpi ne Ka'aba okuggyako Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Bataata b'omwana omwagalwa abato baamulabulanga obutatuula mu ntebe ya jjajja we eyali omukambwe, naye nga jjajja we abiyingiramu n'abaziyiza okumugaana nga bw'agamba nti:

“Mumuleke atuule mu kifo kyange. Ndayira Katonda nti ekintu eky'amaanyi kimulindiridde eyo mu maaso.”

Bulijjo Abdul Muttwalib yalekanga muzzukulu we omwagalwa n'amutuula ku lusegere era ng'akkiriza buli kintu omwana (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yakolanga.⁶⁷ Yali tayinza kutandika kulya nga muzuukulu we taliwoo era ng'amutumya bwe yabeeranga taliwoo.⁶⁸ Bwe baamuwanga emmere ng'amuwa ekitundu ekyabeeranga kisinga okuwooma.⁶⁹

66 Ibn Sa'adi, I, 118

67 Ibn Hishaamu, I, 180

68 Ibn Sa'adi, I, 118.

69 Balazurii, I, 81

Lumu Makka yagwamu ekyeya eky'amaanyi ekyaleka abatuuze mu mbeera enzibu. Bannamakka bwe baalaba nga tebalina kya kukola, baalinnya ku lusozi Abu Qubaysi okuwanjagira Katonda Owoobuyinza abatonnyesereze ku nkuba. Abdul Muttwalib naye yalimu mu baalinnya ku lusozi era yagenda asitudde Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku bibegabega. Bwe baatuuka waggulu ku ntikko, abantu baasimba okumpi ne Abdul Muttwalib eyali asaba Owoobuyinza okubatonnyesereza enkuba, ng'awanise emikono gye gyombi waggulu mu bbanga ng'asuu-bira Katonda okubawa enkuba nga ne muzuukulu we Omwana Ow'emikisa ali ku bibegabega. Tekyatwala kiseera kiwanvu enzigi z'eggulu okweggula. Ebire byatandikirawo okuseeyeeya ne bitandika okutonnyesa enkuba ku ttaka ly'e Makka eryali likaze.

Ennaku ez'essanyu ezo tezaabeerera, era Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yaweza emyaka munaana, jjajja we Abdul Muttwalib n'afa. Kyalabikanga obuyambi bwe yalina obwali buweddewo. Omukuumi, ow'omukwano, era omugunjuzi omu yekka gwe yali asigazizza yali wa kubeera Katonda we Allah Oweekitiibwa.⁷⁰

Waliwo ensonga ez'amaanyi lwaki Nnabbi Ow'omukisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalekebwa nga talina bakadde be wadde jjajja we ku myaka emitio bwe gityo. Okufirwa kuno kwali kwa kumalako abatakkiriza okwekwasa kwonna okwandibagaanye okukkiriza obwannabbi bwa Muhammadi mu biseera eby'omu maaso. Baali tebakyasobola kuwoza nti yali atendekeddwa bakadde be oba jjajja we mu kugamba nti afunye Obubaka. Okubeera mulekwa mu ngeri y'emu kyamukuma obutafuna mpisa za bugwenyufu mu kuwangaala kwe n'abantu, ebiseera ebisinga ezajjulukang'a okuva ku muzadde okudda ku mwana; ekitegeeza nti olu-

70 Laba: Ibn Sa'adi, I, 90; Ibn Athiir, Usudul Ghaaba, VII, 112; Diyarbakri, I, 239.



vannyuma yali wa kutendekebwa na kugunjilibwa Katonda Yekka Owoobuyinza. Okukakasa kino, waliwo hadiisi egamba bw'etyi:

“Katonda wange yantendeka n’alongoosa okuntendeka.”
(Suyutwi, I, 12)

Okuba nga Nnabbi yafuna eddaala erisinga okubeera erya wag-gulu mu mpisa awamu n’okubeera nga yakula nga talina mukisa gwa kufuna buyambi okuva mu bakadde be n’okugunjurwa okuva gye bali kabonero ka nkukunala akalaga obutuufu bw’obwannabi bwa Omubaka Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye)

Okukula nga mulekwa kwayamba Omubaka wa Allah (oku-saasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okubeera omusaasizi, ow’omutima omusengejje, era nga kwe yayigira amakulu g’okwe-siga Owoobuyinza Allah. Okugumira ebizibu ebitali bimu eby-a-jja olw’okubeera mulekwa n’obutabeera na buyambi bw’abantu be; kyasobozesa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okufuuka omukuumi wa bamulekwa n’abantu abalala abatalina mwasirizi abali mu madaala gonna mu bantu abawangaalira awamu. Bw’atyo kwe kulangirira nti:

“Oyo yenna alabirira mulekwa mu booluganda lwe n’abantu abatali ba luganda lwe, ajja kubeera nange mu Jjana ng’ali kumpi nange ng’ebbangwa eriri wakati w’engalo ey’olunwe (nvamumba) ne kyawakati.” (Muslim, Zuhud, 42; Bukhari, Adab, 24; Twalaq, 14)

Ensonga endala eyeekwese Iwaki Omwana Ow’emikisa (oku-saasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yakula nga mulekwa kwe kuwa eby’okulabirako eby’engeri zonna ez’abantu ze bawangaa-liram, Allah Owoobuyinza yayisa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mu mbeera zonna e’zenjawulo, okuva ku mbeera omuntu mw’asingira okubeera omunafu nga kye kifo eky’obwa mulekwa okutuusa ku ddaala erisembayo okubeera erya waggulu ery’obukulemeze bw’eggwanga.

Muhammadzi Ng'ali Wansi W'obukuumi Bwa Abu Twalib

Abdul Muttwalib ng'ali kumpi kufa yakunngaanya abaana be bona okubabuulira ekiraamo kye, nga nekyasinga obukulu kwali kubalaamira kulabirira muzzukulu we omwagalwa mu ngeri yonna eyali esoboka okubeera ennungi, ng'amaze okufa. Abaali abasaale mu mulimo guno baali Zubayiri ne Abu Twalib engeri gye baali bagatta maama waabwe ne Abdalla. Akalulu kaakubibwa era Abu Twalib n'alondebwaa okutwala ogw'okulabirira omwana.

Abu Twalib yali nga y'asinga obusaasizi mu baana ba Abdul Muttwalibi bona abaali basigadde.⁷¹ Yalina abantu bangi awaka, naye ng'okuggyyako enngamiya entono ze yalina, eby'obugagga by'ensi yalina bitono. Okufaanana ne taata we, yali assibwamu nnyo ekitiibwa, era nga yali atwalibwa okubeera omukulu wa Abakulayishi naddala oluvannyuma lwa taata we okufa. Bwe yayogeranga, nga teri muttu atawuliriza era ng'abantu bomu kitundu baatwalanga ebigambo bye nga bikulu era eby'omuwendo. Empisa ze eza waggulu, ezaali zifaanana eza kitaawe, zaamuziyiza okukomba ku bitamiiza obulamu bwe bwonna.⁷²

Omukwano n'okufaayo Abu Twalib bye yalaga omwana wa muganda we omwagalwa byalinga omuzadde by'alaga omwana we. Okwewaayo Abu Twalib kwe yalaga Muhammadzi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu bintu ebingi kwali kusinga okwo kwe yalaganga abaana be bennyini be yeezaalira. Teyakkirizanga bitole bya mmere bingi kuliibwa okuva ku mmeeza nga Muhammadzi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannaba kusooka kufuna mugabo gwe. Tekyatwala kiseera kiwanvu nga Abu Twalib tannaba kulaba obungi bw'emmere ku mmeeza era butya buli muttu bwe yasabolanga okulya okutuusa okukkuta Muhammadzi

⁷¹ Ibn Athiir, Usud'l Ghaaba, I, 22.

⁷² Halabii, I, 184.

bwe yalyanga nabo, ate n'engeri emmere gy'etaamalangamu ne basi-gala enjala n'okusaba okubongera omwana bw'ataabeerangawo mu kulya. Abu Twalib tekyamutwalira kiseera kiwanvu okulaba nga buli lwe balyanga ne Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), emmere yabamalanga n'efikkawo. Bwe waaberangawo amata naye nga gamala omuntu omu yekka, okugeza, kasita omwana mulekwa yatandikanga okuganywako bw'atyi olwo abalala nga bajja kunywa okutuuka lwe baamatiranga. Nga tebannalya, Abu Twalib bw'atyio bulijjo yalagiranga abaana be bw'atyi:

“Mulinde okutuusa mutabani wange lw'anajja.”⁷³

Fatuma, mukyala wa Abu Twalib, yali mukyala wa mpisa nnyo ng'alina omutima omulungi, era nga yasembezanga omwana n'omukwano omungi. Yali omu ku abo emyaka bwe gyayitawo abaasenguka okugenda e Madiina ne Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bulijjo yali alambula omukyala ono obulamu bwe bwonna, ng'atuuka n'okwebaka ew'omukyala ono otulo otwolweggulo.⁷⁴ Okufa kw'omukyala ono kwaleetera Omubaka wa Allah okuyiwa amaziga ge agaava mu maaso ge, olunaku lwe yayogerangako nga olunaku ‘maama we lwe yafa.’ Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalagira bamuteeke essaati ye wansi w'olugoye lwe baali bamuzingamu nga tannaba kukulembra sswala ya *janaza* y'omukyala ono, era yabeerako katono mu ntaana ye ng'amusabira. Abo abaali beewuuuya bino byonna bye yakola, Nnabbi yabaddamu nti:

“Oluvannyuma lwa Abu Twalib, teri muntu yannyamba okwen-kanankana omukyala ono. Nnamuwa essaati yange, olwo Allah Owoobuyinza amuwe ekyambalo mu Jjana ku Lunaku lw'enkomerero.”

73 Ibn Sa'adi, I, 119 – 120, 168.

74 Ibn Sa'adi, VIII, 222.

Abamu ku Basswahaba beewuunya embeera ey'ennaku Nnabbi Ow'emikisa gye yalimu. Naye Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) oluvannyuma yannyonyola nti:

“Yali maama ow'okubiri gye ndi. Nze gwe yasookanga okuwa emmere abaana be be yeezaalira ne bwe baabeeranga ng'enjala ebula okubasowolamu nnimi. Yansaniriranga enviiri era n'ankuba obuwoowo; mazima ddala yali muzadde.” Oluvannyuma Nnabbi Ow'ekitiibwa yasoma edduwa eno:

“Allah mmusaba akusonyiwe, maama wange, era akusasulemu empeera ezisinga obulungi. Allah akusaasire! Wali maama gye ndi oluvannyuma lwa maama wange eyanzaala. Wandisanga we wabeereranga omuyala. Wannyambazanga naawe we weetaagiranga eby'okwambala. Wandisanga emmere esinga okuwooma, ggwe n'ogyererekereza. Naye nga bino byonna wabikolanga ng'onoonya kusiima kwa Allah Owoobuyinza na kusuubira kubeera bulungi ku Lunaku lw'enkomerero!..” (Haakim, III, 116 - 117; Haythami, IX, 256 -257; Ya'aquubii, II, 14)

Okupasula Ekifuba Kye Omulundi Ogw'okubiri

Abu Hurayira⁷⁵ (Allah amusiime) yali amanyiddwa olw'obuvumu bwe yalina mu kubuuza Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah

75 Abu Hurayira (Allah amusiime), ngerinnya lye eryamuweebwa ng'azaalibwa ye yali Abu's Shams, yaweebwaa erinnya lya Abdurrahmaani oluvannyuma lw'okuyingira Obusiraamu. Lumu yali alina ka kkapa n'asanga Nnabbi Ow'omukisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) eyamubuuza kye yali astulidde mu ssaati gye yali ayambadde. Yamuddamu nti “Kkapa”, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) mu kusaaga kwe kumuyita nti Abu Hurayira, ekitegeeza Taata wa ka kkapa. Erinnya eryo lyayatiikirira nnyo okutuusa lwe lyazibikira amannya ge amatuufu. Abu Hurayira (Allah amusiime) yatuuka mu Madiina mu mwaka ogw'omusanvu ogwa Hijira. Yali omu ku Basiraamu abaakazibwako erya Suffa,



némirembe bibeere ku ye) amwanukule ebintu abalala bye bataasobo-langa kwetantala kumubuuza. Olunaku lumu yamubuuza nti:

“Mubaka wa Allah, kabonero ki ke wasooka okulaba akakwata ku Bwannabbi bwo?”

Nnabbi Owémikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) omulunngamya wéssanyu mu nsi zombi, kwe kumwanukula okusobola okukkakkanya okwebuuza Basswahaba kwe baalina muli:

“Abu Hurayira, okuva lw’obuuzizza, nja kukunnyonnyola. Lumu nnali mu ddungu; nteekwa okuba nga nnalina emyaka nga kkumi. Nnafuna okutya olweddoboozi lye nnawulira ekibwatukira nga likoowoolera waggulu w’omutwe gwange.

Omusalja omu yali abuuza munne nti: ‘Ssi y’oyo?’

Omulala kwe kuddamu nti: ‘Yee ... y’oyo’

Awo ne bajja mu maaso gange. Mu maaso baali tebalina muntu yenna gwe bafaanana gwe nnali ndabye; n’ébyambalo bye baali bam-badde nga nabyo sibirabangako. Bwe bantukako, buli omu yankwata omukono, naye nga siwulira bwe bankutte.

Om u kwe kugamba munne nti: ‘Mugalamize ku ttaka’.

Bombi bangalamiza ku ttaka. Nnali siwulira maanyi gonna ge baakozesa, wadde obutawulira mirembe kwonna.

abaafula omuzikiti gwa Nnabbi amaka gaabwe. Olwókuberanga ku lusegere lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ekiro némisana, yali alina okwagala okutamatizibwa mu kuyiga hadiisi butereevu okuva mu kamwa ka Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) Owékitiibwa. Bw’atyo, ng’ogasseeko hadiisi ze yawulira ku Basswahaba banne ze yaddangamu, zonna awamu yaweza hadiisi za Nnabbi enkumi ttaano mu bisatu mu nsanvu mu nny (5374), era nga zaali zisinga obungi eza Sswahaba yenna omulala ze yayogera. We yassiza omukka omuvannyuma yali aweza emyaka egý’obukulu nsanvu mu munaana (78), era yafiira Madiina mu mwaka gwa 58 ogwa Hijira.

Omukwe kugamba nti: 'Kati pasula ekifuba kye'. Naye era sirina kye nnalaba wadde okuwulira obulumi obw'ekika kyonna.

Oli kwe kugamba nti: 'Awo ggyawo effutwa n'ensaalwa'

Oluvannyuma n'aggyamu ekintu ekifaana n'omusaayi ogukutte, era n'akikasuka wabbali.

Omukwe kugamba nti: 'Kati yingizaamu okusaasira n'ekisa'. Nnabalaba nga bassaamu ekintu ekiringa ffeeza, nga kyenkanira ddala ng'ekyo kye baali baggyeemu. Oluvannyuma omu ku bo yakwata ekigere kyange ekisajja, n'akinyoolamu katono olwo n'agamba nti:

'Kati oyinza okugenda mu mirembe!'

Bwe nnali nsituka okuvaawo, nnawulira okusaasira n'ekisa nga bindi munda. Oluvannyuma nnawulira okuwa ekitiibwa abantu abakulu n'okwagala eri abo abaali bansinga obuto." (Ahmada, V, 139; Haythami, VII, 223)



EMYAKA GY'OBUVUBUKA

Okukula Wansi W'obukuumi Bwa Katonda

Muhammad omuvubuka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali akuumibwa Allah obutaba na mpisa mbi ez'abantu be mwe yali awangaalira n'ebiseera mwe yali. Yamala obuvubuka bwe nga annyikidde mu mpisa ennungi entukuvu ezaali ez'okumuwa ebisaanyizo eby'okwettikka eddimu ly'obwannabbi, eryo ebiseera bye eby'omu maaso lye byali bimuterekedde. Omusajja ow'olulyo olu-singa okubeera olw'ekitiibwa era, awatali kubuuasabuusa, yali nga alina empisa ez'ekika ekya waggulu mu bantu be nga tannaba na kutandika mulimo gwe yali alina okukolanga Nnabbi. Okugaba kwe okungi kwasukkuluma era ne kutuuka ku bantu bona naddala baliraanwa be era yalaga abantu abalala ekisa n'okusonyiwa ebyamutangira okulumya omuntu yenna mu ngeri yonna kebeere etya. Okuyomba n'okulwana, ku ye, byali nfumo. Ku bitendo bino byonna amakula ogattako okubeera eyeesigika, ekyawaliriza abantu b'ebiseera bye okumuwa erinnya lya al Amiinu (Omwesigwa), n'erya as Swiddiqu, Omwesimbu.⁷⁶

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lumu baamubuuza oba yasinzaako ku masanamu oba okunywa ku mwenge nga tannaba kufuna bwannabbi. Nga byonna amaze okubigaana nti teyabikolako, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagenda mu maaso n'akakasa bw'atyi:

76 Ibn Hishaamu, I, 191; Ibn Sa'adi, I, 121.



“Wadde ngannali ssimanyi bikwata ku Kitabo wadde Obukkiriza, naye nnina engeri muli gye nnamanyaamu nti Abakulayishi baali bali mu kugyemera Allah.” (Diyarbakri, I, 254 – 255)

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) anyu-mya ku kiseera ekirala mu biseera bye eby'omu buto we yafunira obukuumi bwa Allah Owoobuyinza:

“Nga nkyali mulenzi muto nnali nzannya n'abalenzi Abakulayishi, nga tusitula amayinja okugaja mu kifo okugazza mu kirala. Obutafuna buzibu mu kwetikka mayinja, abalenzi abalala baggyamu engoye zaabwe ne baziteeka ku bibegabega, olwo amayinja ne bagasitulira kuli ku ngoye. Nange nnali nngenda bwe ntyi okukola ekintu kye kimu ne mpulira ekintu ekinkuba n'amaanyi naye ng'omuntu ankuba ssimulaba. Nnawulira eddoboozi nga linn-gamba nti: ‘Olugoye lwo lulekeeko, toluggyaaamu!’

Bwe ntyo olugoye nnalulekako era ne nngenda mu maaso n'okusitula amayinja nga ndi mu ngoye, era nga nze nzekka mu b'emikwano bona eyasigala ng'ayambadde.” (Ibn Hishaamu, I, 197)

Ekyafaayo ekirala ekifaananako bwe kityo ekyagwawo nga Obwannabi tebunnabaawo, kyaliwo nga bazimba Ka'aba, omuvubuka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yali asomba amayinja ku bibegabega ne taata we omuto Abaasi, yamuwa amagezi okuteeka engoye ze ku bibegabega aleme kwetuusaako binuubule oba amayinja galeme kumusala oba okumuusaako ebinuubule. Naye bwe yagezaako okugondera taata we omuto kye yali amugambye, omuvubuka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagwa wansi n'azirika, era ng'amaaso ge gatunudde waggulu enkaliriza, kye yasobola kyokka okwogera kwali kusaba taata we omuto amuzzeeko engoye ze aso-bole okubikka omubiri gwe (Bukhari, Hajj, 42)

Wadde ng'okutambula obukunya mu kiseera ekyo mu mbeera ezimu kwali tekutwalibwa bubi, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) teyatambilako ng'ali mu mbeera eyo etekkirizibwa Busiraamu n'akatono.

Omuntu era ayinza okujukira emboozи eyaliwo wakati wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ne Bahiira, nga Nnabbi mu kiseera ekyo eyali aweza emyaka egy'obukulu kkumi n'ebiri gyokka, , nga Bahiira ayagala kumanya ngeri gye yali awuliramu ku bikolwa by'Abakulayishi ebibi. Bahiira bwe yabuuza omwana okwogera amazima mu linnya ly'amasanamu Llaata ne Uzza, kye yafuna ng'okuddibwamu kyali nti:

“Ndayira Allah, sitamwanga ku kintu nga bwe ntamwa Llaata ne Uzza; n'olw'ekyo tombuuza kintu kyonna mu linnya lyabwe.” (Ibn Is'haq, olup. 54; Ibn Sa'adi, 154; n'era laba: Ahmada, V, 362)

Ummu Ayman, eyatwala obuvunaanyizibwa bw'okulabirira Omwana Ow'emikisa, ayogera nti Abakulayishhi baali batera okulambula essanamu eryayitibwanga Buwaaba, gye baateekerateeke-ranga ebikujjuko eby'enjawulo olw'okuwa essanamu lino ekitiibwa ku lunaku olw'enjawulo buli mwaka, nga mwe muli okubeera okumpi n'essanamu okumala olunaku lwonna n'okumwako enviiri ku mutwe olw'okuwa essanamu eryo ekitiibwa. Nga Bannamakka abalala, Abu Twalib naye yeetegekeranga nnyo ebikujjuko eby'om-waka era ku luno n'asaba mutabani wa muganda we okumwegattako bagende bombi. Wabula Muhammadi yagaana ekintu ekyanyiiza ennyo taata we omuto ne bassenga.

Bassenga be baamugamba nti: “Tutya nti waliwo ekizibu eki-genda okukutuukako olw'okugaana okussa ekitiibwa mu masanamu gaffe.” Baamwegayirira akkirize agende nabo yeetabe mu bikujjuko. Oluvannyuma Omwana yakkiriza bassenga be kye baali bamusaba era n'agenda n'abantu abalala ku bikujjuko. Kyokka olwatuuka awaali



essanamu bw'atyi, Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabulawo n'akomawo bukomi nga wayiseewo akaseera ng'atidde nnyo ng'era apeeruuuse.

Bassenga be kino kyabatiisa kwe kumubuuza ekyali kimutuuseeko ye kwe kubagamba bw'atyi:

“Ntya nti nnyinza okuba nga nfunye omuzimu omukyamu!”

Baamukakasa nga bwe bagamba nti: “Katonda Owoobuyinza tayinza kukuvaamu kufuna kizibu ng'ekyo, kubanga oli mwana alina empisa zonna ennungi. Tubuulire bubuulizi ekikutuuseeko.”

Muhammadi yabagamba bw'atyi: “Buli lwe mbadde nsemberera essanamu, nga wajja omusaja omuwaggufu ng'anngamba nzireyo nneme kukwata ku ssanamu.”

Guno gwe gwali omulundi ogwasembayo Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe yawalirizibwa okugenda ku bikujuko bya Bamusinzabibumbe.⁷⁷

Bino ebijja Ali ibn Abi Twalib (Allah amusiime), kizibwe wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ye yabi-nyumya ng'abijja ku Nnabbi:

“Saallowoozaako kwetaba mu bikujuko ebyateekebwateke-bwanga mu biseera by'Obutamanya okuggyako emirundi ebiri, naye ku buli mulundi nga Allah amponya obubi obwabeeranga mu bikujuko ebyo. Akawungeezi kamu bwe nnali nnunda, nzijkira okusaba mulunzi munnange omu bwe ntyi:

‘Oyinza okunnyambako n'onkuumira ku ndiga zino ne nfunakakisa okugendako e Makka okwetaba mu bikujuko ebiriyo ng'abalensi abalala bwe bakoze?’

77 Ibn Sa'adi, I, 158.

Munnange yanziramu nti: ‘Tewali mutawaana, genda okole nga bw’oyagala.’

Bwe ntio nnagenda e Makka. Olwayingira bwe ntio kwe kuwulira ebivuga n’okuyimba nga biva mu nnyumba esooka. Nnabuuza ekyali kigenda mu maaso ne banngamba nti gundi ne gundi baali bafumbiriganwa. Nnasalawo okutuula ndabe. Naye nnafunirawo okusumagira okw’amaanyi okwanviirako okwebaka. Nazuukuka nkeera era kasana akeememula ke kanzuukusa. Nadda mangu ewa mukwano gwange. Olwandaba kwe kumbuuza ekyali kituseewo. Nnamuddamu nti: “Sirina kye nnali nkozeeyo”.

Ekintu kye kimu kyantuukako ekirala, bwe nnagenda e Makka okwetaba ku kinyumo ekimu naye ne nfunu obukoowu obwa mangu. Okuva ku olwo saddayo kufuna kirowoozo oba okukola ekintu ekifaanana bwe kityo, okutuusa Allah lwe yankubako ekitiibwa eky’Obwannabbi.” (Ibn Ishaq, olup. 58 – 59; Ibn Kathiiri, al Bidaaya, II, 292)

Muhammadi (Okusaasira Kwa Allah N’emirembe Bibeere Ku Ye) Nga Omulunzi

Muhammadi, Ekitangaala ky’Obulamu, yakola ng’omulunzi nga tannaba kwegatta ku kitaawe omuto Abu Twalib mu kusuubula. Okulunda gwali mulimu Abawalabu gwe baali bassamu ekitiibwa; era nga ebiseera bingi abaana okuva mu maka amagagga baakolanga ogw’okulunda endiga. Okulunda gwali mulimu gwa bannabbi bona ogwabawanga obukugu mu kufuga n’okulabirira era nga baagukoleranga ddala ebbanga ggwanvu nga tebannaba kuweebwa buvunaanyizibwa bwa bwannabbi. Kino hadiisi eno wammanga ekikakasa nti:

“Ababaka bona Allah be yatuma baalinga balunzi ba ndiga.”



Kigambibwa nti Basswahaba baabuuza Omubaka Ow'émikisa oba naye yali akozeeko omulimo ogwo ogw'obulunzi, naye kwe kubaddamu nti:

“Yee, ddala. Nalundanga endiga za Bannamakka nga bansasula.”⁷⁸
(Bukhari, Ijaarah, 2, Anbiyyaa, 29; Ibn Maajah, Tijaara, 5)

Hadiisi endala efaananako eyo egamba nti:

“Musa yatumwa nga Nnabbi ng'alunda ndiga. Dawuda yafuuli-bwa Nnabbi ng'alunda endiga. Nange nnalundanga endiga z'awaka e Ajyaad we nnaweerwa obwannabbi.” (Ibn Sa'ad, I, 126)

Omuvubuka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agambibwa okuba nga yalina emyaka amakumi abiri mu etaano we yakolera ng'omulunzi w'endiga za Bannamakka.

Okulunda endiga mu biseera ebyakanaayoky'ani mulimu ogwa-tenderezebwa mu hadiisi eno wammanga, eyo eyagubala nga omulimu omulungi:

“Omuntu akola ogumu ku mirimo egisinga okubeera emirungi y'oyo alunda endiga ze ku lusozi waggulu oba mu kiwonvu; mu ngeri y'emu n'ayimirizaawo esswala ze, n'asaddaaka, n'asinza Katonda we okutuusa okufa era bulijjo n'akolera abalala ebirungi.” (Muslim, Imaarat, 125; Ibn Maajah, Fitau, 13)

Ekkubo ly'okubeera omwesimbu n'okubeera ow'ekisa era n'oku-beera n'obusobozi obufumiitiriza liggulirwawo abalunzi b'endiga, nga bwe kyeyolekera mu hadiisi eno wammanga:

78 Amakulu g'ekigambo ky'Oluwalabu qaraariitw ekyakozesebwa mu hadiisi okulaga Nnabbi kye yafunanga ng'émpeera gaayawukanibwamu. Enjogera emu egamba nti qaraariitw lyali linnya lya kifo e Makka, so ng'enjogera ezimu zigamba nti qaraariitw linnya lya ssente eliri mu bungi ng'emu eyitibwa qiraatw, era ng'ezo ze ssente Bannamakka ze baawanga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubalundira endiga, nga bamuwa qiraatw emu buli ndiga buli lunaku. Qiraatw emu yenkana kimu ky'abiri ekyo dinaar.

“Emirembe n’obwesimbu bigoberera abalunzi b’endiga.” (Bukhari, Manaaqib, I; Muslim, Imaan, 84 / 52)

Okulabirira endiga n’okuzikuma obutaliibwa nsolo nkambwe, bikuliza mu mulunzi omutima omusaasizi era ogukuuma, nga bino bifunyisa omuntu ebitendo ebirungi ebisaanyizo Nnabbi by’ateekedwa okubeera nabyo, okugeza obugumiikiriza ng’abadde ayo-lekedde okunyoomebwa n’obutamanya bw’abantu be, n’okulumirwa n’okusaasira eri ebitonde bya Allah Oweekitibwa byonna.

Enngendo Z’Okusuubula Ne Taata We Omuto

Olugendo lw’omuvubuka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) olwasooka okugenda e Syria ne taata we omuto Abu Twalib lwalivo ng’alina emyaka kkumi n’ebiri egy’obukulu. Alina olugendo olulala lwe yagendako e Yamani bwe yali alina emyaka kkumi na mukaaga egy’obukulu. Ku lugendo lwe olwasooka, Abu Twalib yali asazeewo okwegatta ku basuubuzi abaali bagenda e Syiria. Abantu b’awaka bonna bajja okumusiibula era awo we yabuuliza omwana wa muganda we nti:

“Oyagala tugende ffembi e Syria?”

Naye bassenga b’Omwana Ow’emikisa ne ba taata be abato abalala ekirowoozo tebaakaniriza nnyo olw’okutya nti omwana yali muto era nga yali ayinza okufunira obulwadde mu kkubo. Abu Twalib bw’atyo yawalirizibwa eby’okutwala Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okubivaako. Naye kino Muhammadi kyamuyisa bubi era n’adda mu maziga.

Abu Twalib yamubuuza nti: “Mutabani kiki ekikukaabya? Okaaba lwa kuba sikitutte?”

Ng’eno bw’anywezezza emiguwa gy’enngamiya taata we kwe yali atudde, yalaajana bw’atyi:



“Ondeka n’ani nga sirina taata wadde maama?!”

Abu Twalib ekisa muli kyamukwata era awo kwe kumuddamu nti:

“Ndayira Allah, nti nngenda kukutwala... era guno gwe mulundi ogusembayo gwe njá okulowooza ku kwawukana naawe.” (Ibn Ishak, s. 53; Abu Nuaym, Dalaail, I, 168)

Omulundi gwe ogw’okubiri okutambula ku luno yali ne taata we Zubayiri nga baali bagenda Yamani era nga yali aweza emyaka kkumi na mukaaga. Olw’okwagala okufuna emikisa ng’agenze ne mutabani wa muganda we mu kusuubula kwe, Zubayiri yasaba Abu Twalib amukkirize atwale Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ekintu Abu Twalib kye yakkiriza.⁷⁹

Nga bali mu kkubo baasanga enngamiya eyali etabuse n’eziba ekkubo erimu lye baali bagenda okuyitamu. Abasuubuzi baali basazeewo okukozesa ekkubo eddala naye Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’abasaba bamuleke alabe eky’okolera enngamiya.

Enngamiya eyali etabuse olwalaba omuvubuka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye), kwe kukkakkana. Yaggyebagala n’agivuga okutuusa lwe baayita mu kiwonvu olwo n’agita n’egenda.

Mu ngeri y’emu ng’abasuubuzi bakomawo baasanga ekiwonvu ekyalimu amataba ge baali batasuubira. Eyali ajja okufuuka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yakkakkana n’agamba banne bamugoberere, olwo n’akulembera abasuubuzi okubayisa mu kiwonvu, ne bayitamu bulungi n’emirembe, nga Owoobuyinza alinga akazizza ekkubo mwe baali bayita. (Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 282)

⁷⁹ Diyarbakri, I, 260.

Okusisinkana N'Omusosodooti Omukristu Bahiira

Bwe baali mu lugendo lwabwe ne taata we omuto Abu Twalib olwali olw'okubatuusa e Syria, abasuubuzi bawummulira okumpi n'ekigo kya Bahiira, omusosodooti Omukristu. Mu kwewuunya okulaba ekire nga kitambulira waggulu w'abasuubuzi nga kisiiki-riza omuntu omu ku bo, mu kiseera kye kimu nga amatabi g'emiti geewuuba nga bwe gabaako ne gwe gasiikiriza enjuba mu basuubuzi abo abaali bawummudde, Bahiira eyali ayagala ennyo okulaba ekyali kigenda mu maaso yasaba Bannamakka bayingire mu kigo bafune eky'okulya:

“Mwenna nnabategekeddeyo eky'okulya. Naye njagala buli muntu mu mmwe okusembera alye k'abe muto oba mukulu, muddu oba mwanawaboobwe.”

Bannamaka eky'okubakyaza kyabewuunyisa kubanga emirundi emirala emingi gye baali bagenzen e Syria yali tabafaangako. Naye buli muntu yajjumbira okukyazibwa kuno. Ekyamalako Bahiira enviiri kwe kulaba nga, wadde yali yeetegerezza buli muntu eyayin-giranga, naye nga gwe yali anoonya yali tamulabako.

Yababuuza nti: “Mulina omuntu gwe muleseeyo?”

Bamuddamu nti: “Tewali gwe tuleseeyo okuggyako omwana gwe tulese atukuumire ensolo zaffe n'ebintu ebiriko, gwe twalonze okuva lw'ali nga y'asembayo obuto.”

Naye Bahiira yakisimbako amannyo nga bwe yali ayagala buli muntu era nga bwe yali ayagala omwana naye aije alye. Olwaleeta Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku mmeesa, Bahiira yamumanyirawo. Yamukwata ku mukono n'amuu-muunya ebigambo nti:

“Ono ye Mukama w'Ensi Ebbiri... Omubaka w'Owoobuyinza, era Eky'okusaasira ky'ensi!”



Abakulu abaaliwo okuva e Makka baamubuuza gye yali ajje ebirowoozo eby'ekika ekyo, Bahiira kwe kubaddamu nti:

“Nnasoma obubonero okuva mu byawandiikibwa. Bwe mubad-de mujja nnalabye emiti gyonna n'enjazi nga bikutamye olw'okumuwa ekitiibwa. Mmanyi nti ebintu ebyo ebitalina mwoyo bikutamira ban-nabbi bokka olw'okubassaamu ekitiibwa. Ate bwe nneeyongedde okwetegereza ne ndaba envumbo y'obwannabbi eri ku bibegabega bye ne nneeyongera okukakasa.”

Oluvannyuma Bahiira yabuuza Abu Twalib ebibuuzo ku mwana wa muganda we ono naye nga buli kibuuzo ky'addamu kyongera kumumatiza ku kye yali asuubira okugwawo. Bahiira yali amaze okukakasa obwannabbi bw'omwana oyo.

Yakuutira Abu Twalib bw'atyi: “Omwana wa muganda wo muzzeyo ewaabwe! Weegendereze akabi akayinza okumutuusibwako Abayawudi kubanga bwe bamala ne bamutegeera awatali kubuu-sabuusa bajja kugezaako okumutta. Abayawudi baagala nnabbi ajja abeere ng'ava mu bo, okuva mu lulyo lwa Yisirayiri, so ng'ate omwana ono Muwalabu. Muzzeeyo eka... Ekimulindiridde mu biseera eby'omu maaso kya maanyi.”

Abu Twalib yawuliriza amagezi Bahiira ge yali amuwadde era amangu ago n'asazaamu olugendo lwe olw'okusuubula n'adda e Makka (Ibn Ishaq, olup. 54 – 55; Ibn Sa'ad, I, 153 – 154; Tirmidhi, Manaaqib, 3)

Abamu ku bawandiisi abatali Basiraamu baayagala okutwala akakisa k'ekyafaayo kino okugamba nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayogera yabijja ku Bahiira olwo n'ateekawo eddiini eyiye; naye nga kino tekirina mutwe na magulu. Nga byonna obitadde ku bbali, Bahiira yali musosodooti Omugoberezi wa Kristo era ng'enzikiriza ezaali ziri mu Bayibuli ezaali zikyusiddwa zaali zikontana n'omusingi gw'enzikiriza y'Obu-

siraamu. Kiyinza kitya okufumiitirizika nti Naabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali ayinza okukoppa ebirowoozo byeki Kristo, oba eby'ekiyawudi, ate nga bye yali azze okutereeza?

Katonda ali mu Bugoberezi bwa Kristo, enzikiriza Bahiira gye yali agoyerera, bamuwa ebitendo bingi ebimufaananya n'abantu, ekivaako Obwakatonda okubufuula ekintu ekirabwako oba okukwatibwako. Sso nga, ku ludda olulala, Katonda mu Busiraamu, enzikiriza eyasomesebwa Nnabbi Ow'enkomerero (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), bubbinkira mu kirowoozo ky'obumu bwa Katonda (Katonda okubeera Omu) era ng'ali wala nnyo era nga wa njawulo nnyo. Allah Oweekitiibwa ali wala nnyo n'okutegeera kw'omuntu era ali waggulu nnyo n'obunafu bwonna n'obutali butuukirivu.

N'olw'ekyo Kulaane ey'ekitiibwa ekirambika kaati nti Abantu b'Ekitabo, Tawuraati n'Enjiri zonna, abaali bawangaala nga Nnabbi Ow'enkomerero (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannaba kujja, baakufuna okwesiima singa baali bagoberedde enzikiriza zaabwe entuufu nga bwe zaali nga tezinnaba kwonoonebwa:

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَادُوا وَالنَّصَارَى وَالصَّابِئِينَ مَنْ آمَنَ
بِاللَّهِ وِالْيَوْمِ الْآخِرِ وَعَمِلَ صَالِحًا فَلَهُمْ أَجْرٌ هُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ
وَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ

“Mazima ddala abo abakkiriza (mu Kulaane), n'abo abagobera (ebyawandiikibwa) eby'Abayawudi, n'Abagoberezi ba Kristo ne Basabian, oyo yenna akkiriza Allah n'Olunaku Iw'enkomerero, n'akola emirimo emirungi, bajja kufuna empeera zaabwe okuva eri Katonda waabwe era tebalina kutya wadde okunakuwazibwa.” (al Baqara, 2 : 62)



Obwannabi bwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emi-rembe bibeere ku ye), ol'w'okubeera Nnabbi akomererayo, bubuna ebiseera byonna n'ebifo byonna, era bwe butyo ne busangulawo eddiini zonna ezaasooka n'obutuufu bwazo. Obutakkiriza Allah Oweekitiibwa ne Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emi-rembe bibeere ku ye) kitegeeza butaba mukkiriza. Olw'ensonga eyo abagoberezi abalungi mu Bannannyini Kitabo olwaleero, baba tebakyalu mu bantu *ayah* eri waggulu beyogerako.

Okukkiriza kuddirirwa obulamu bw'okusinza n'amateeka agafuga empisa. Obusiraamu bussa mu nkola embeera y'obulamu bw'okusinza, nga obulamu obw'embeera z'abantu bubagatta wamu n'obwenkanya, empisa n'okukola emirimu emirungi, era nga muno mwe businziira okussaawo ebibonerezo eri abo abamenya amateeka. Ku ludda olulala, ensinza mu ddiini Bahiira gye yali asoma ebiseera ebyo yali emaze okwonoonebwa era ng'esokoddwaamu amateeka agakola ku mbeera z'abantu n'enneyisa yaabwe ne biggyibwamu.

Okwo kw'oyongera eky'okuba nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali tasomye. Nga bwe kirambikiba obulungi mu Kulaane Entukuvu, nti Nnabbi yali tamanyi kusoma wadde okuwandiika:

وَمَا كُنْتَ تَتَلَوَّا مِنْ قَبْلِهِ مِنْ كِتَابٍ وَلَا تَخُطُّهُ بِيْمِينِكَ إِذَا
لَأْرَاتَ الْمُبْطَلُونَ. بَلْ هُوَ آيَاتٌ بَيِّنَاتٌ فِي صُدُورِ الَّذِينَ
أُوتُوا الْعِلْمَ وَمَا يَجْحَدُ بِآيَاتِنَا إِلَّا الظَّالِمُونَ

“Era (ggwe Muhammadi) wali nga tosoma kitabo kyonna nga (Kulaane eno) tennaba wadde okuwandiika ekitabo kyonna n'omukono gwo ogwaddyo. Ekitali ekyo abagoberera obukyamu

bandibuuusabuusizza. Naye bwo bubonero obweyolefu obuli mu bifuba byabo abaaweebwa okumanya era tewali awakanya bigambo byaffe okuggyako abalyazaamaanyi.” (al Ankabuut, 29 : 48 – 49)

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalina emyaka kkumi n'ebiri gyokka we yasisinkanira Bahiira era ensisinkano yamala akaseera katono nnyo. Tekijja mu magezi n'akatono okulowooza nti omwana ataasomako ow'emyaka ekkumi n'ebiri yali ayinza okukwata *ayah* ezitakkira wamu akakaaga akalamba ez'ekitabo mu kiseera ekimpi bwe kityo ate okwongereza kw'ekyo n'abikuumira mu mutwe okumala emyaka amakumi abiri mu munaana gyonna, bw'ava awo n'atandika okubikubawo ate n'atandika okubibulira abantu mu biwagu ng'awezenza emyaka amakumi ana. Teri muntu ategeera obulungi ayinza kugamba nti Obusiraamu, ng'eddiini etuukagana n'embeera yonna era eyaleeta embeera y'obulamu ng'ezingiramu buli kintu, nti yali esobola okuba nga omwana omuto ye yagiyiyya ng'agijja mu bbanga, so nga ne bwe yandibadde muntu mukulu ng'alina obukugu obw'enjawulo nga naye teyandikisobodde.

N'ekisinga ku ekkyo, singa Bahiira yamanya nti ebyo byonna byali biginge, Iwaki ssi ye ye yaleeta eddini mu kifo ky'ekitiibwa ekkyo okukirekera omulenzi gwe yali talabanganako?

Ekirala ekirina okwetegerezebwaa kwe kubeera ng'olulimi Bahiira lwe yali ayogera nga terwali Luwalabu, ng'ogeraageranyizza n'lulimi olwakozesebwaa mu Kulaane Entukuvu olunnyonnyofu era olusengeke obulungi:

وَلَقَدْ نَعْلَمُ أَنَّهُمْ يَقُولُونَ إِنَّمَا يُعْلَمُهُ بَشَرٌ لِسَانُ الَّذِي
يُلْحِدُونَ إِلَيْهِ أَعْجَمِيٌّ وَهَذَا لِسَانٌ عَرَبِيٌّ مُبِينٌ

“Ddala tumanyi nti bagamba nti, ‘mazima muntu y’amuyigiriza Kulaane’. Olulimi oyo gwe bagamba mu bukyamu lugwira ate luno lulimi Luwalabu olunnyonnyofu.” (an Nahlu, 16 : 103)

Kulaane ekozesza olulimi Oluwalabu n’amaanyi ng’etuusa n’oku-soomooza Abawalabu abatontomi bona n’obusobozi bwabwe obw’olulimi. Ensibuko Entukuvu eya Kulaane n’okulemwa kw’abo abandigezezzaako okukoppa amaanyi g’olulimi olugirimu kwogerwa kaati mu *ayah* eno nti:

قُلْ لَئِنْ اجْتَمَعَتِ الْأَنْسُ وَالْجِنُّ عَلَىٰ أَنْ يَأْتُوا بِمِثْلِ هَذَا
الْقُرْآنِ لَا يَأْتُونَ بِمِثْلِهِ وَلَوْ كَانَ بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ ظَهِيرًا

“Gamba nti: Mazima ddala singa abantu n’amajinni bakunn-gaana okuleetayo ekifaanana Kulaane eno tebandisobodde kuleetayo kigifaanana buli omu ne bwe yandiyambye munne.” (al Israa, 17 : 88)

N’okuva ensisinkano ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ne Bahiira bwe yalabibwa Bannamakka abawera, singa abawandiisi abo bye bagamba byalimu ensa, Bannamakka abaaluma obugigi mu kuwakanya Obusiraamu bandibadde kino kye bakozesa ng’ekyekwaso okugaana Eddiini. Wadde nga ebyafaayo bikakasa mu bungi nti Bamusinzabibumbe baakozesa buli kakisa ke baafunanga okulumba Obusiraamu, tewali kulumba Busiraamu kwa maanyi okwali kwesigamiziddwa ku nsisinkano eno, ekitegeeza nti nabo okulwooza ku kintu ekifaanana bwe kityo baakirabanga kya butaliimu.

Ekibiina Kya Hilfu'l Fudhwul

Waabeerangawo okulwana okutatadde mu bika by’Abawalabu mu myezi egy’emizizo era ng’okulwana okw’engeri eyo kwayiti-

bwanga entalo za Fijaar (entalo ez'obwonoonefu). Entalo ez'eki-ka ekyo zaali nnya era nga zaaliwo mu biseera by'obutamanya (Jaahiliyyah), ng'olwasembayo lwalí wakati wébika eky'Abakulayishi n'ekya Bakinaanah, era nga eyali ow'okufuuka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye bujja nga mu kiseera ekyo yali alina emyaka amakumi abiri eg'yobukulu, kyokka yalwetabamu naye nga teyayiwa ku musaayi; ye omulimu ogugwe gwali gwa kukunngaanya busaale obwawandalanga okuva mu balabe n'abutwalira ba taata be abato.⁸⁰

Olutalo lwaggwa mu mwezi gwa Dhil Qa'dah, ogumu ku myezi Abawalabu gye baabalanga nga mitukuvu. Nga wayiseewo akaseera katono, Omusuubuzi omu okuva e Yamani nga yali wa mu kika kya Zubaydi yatuuka e Makka okutunda ebyamaguzi bye yali aleese era Mukka, omu ku basuubuzi abaali basinga obugagga mu kibuga, Aaswi ibn Waa-il, n'abimusuubulako wabula n'agaana okumusasula nga bwe yali alagaanyisizza. Musajja wattu gwe baalyazaamaanya kwe kwekubira enduulu mu bika ebyali eby'amaanyi nga mwe muli ebya Abdu Ddaari, Mukhzuum, Jumaah, Sahmu ne Adiyy ibn Ka'ab, naye bonna ne batamuyamba. Mpozzi ate baamu-vunaana bувunaanyi olw'okwepampalika mbu agezaako okwagala okutaakiriza ebintu bye.

Omusuubuzi ono eyaliko obusungu, bwe yabulwa obuyambi bwe yali asuubira, kye yakola kwali kuwalampa olusozi Iw'e Abu Qubaysi okumpi ne Ka'aba n'atontoma ekitontome ekyatandika n'ebigambo nti: 'Abange Bazzukulu ba Fihri...' ng'ayogera ku Jajja wa Bannamakka ow'edda, ng'annyonyola obulyazaamaanyi obwali bumutuuiddwaako omuyinike Aaswi ibn Waa-il, era ng'asaba Bannamakka abaali bakunngaanidde awo ku Ka'aba mu kiseera ekyo bamuyambe. Omuntu eyali omusaale mu kuyamba omusajja

80 Ibn Hishaamu, I, 198; Ibn Sa'adi, I, 126 – 128.

ono yali Zubayiri, taata omuto owa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyategeka olukiiko mu maka ga Abdalla ibn Jud'aan, olwetabwamu abataka bomu Makka.

Mulukiiko luno, bakkiriziganya era ne beeyama okulwanirira nokud-diza buli yenna aba atuuiddwako obulyazaamaanyi mu nsalo ze Makka eddembe lye, nga batandikira ku musuubuzi Omuyamani, nokulwanyisa abayinike bamusibiramubbwa abalyake ku Iw'abanafu abayikirizibwa abatasobola kwerwanako, "kasita ensozi Hira ne Swabir ziba nga zikyayimiridde mu bifo byazo we ziri era ebbanga lye waba nga wakyaliwo amazzi agamala okutobya oluviiri olumu bwe lutyi ku mutwe."

Ekibiina ekipya ekyatondebwawo kyasigala nga kya maanyi ne bwe kyamala okulwaniriria Omuyamani nokumuddiza ebintu bye Aaswi ibn Waa-il bye yali akumpanyizza, era kyasigala nga kiyimiridde ku bigere bya kyo okuyamba abayikirizibwa oluvannyuma, nga bagezaako nga bwe basobola okuzzaawo obwenkanya mu bantu.⁸¹

Hilful Fudhwul kye kibiina kyokka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yawagira mu biseera by'obutamanya olw'okubanga kyal kizimbiddwa ku musingi ogw'amazima nobwenkanya ne ku musingi gw'okuyamba abanafu, era n'olvannyuma Iw'okufuulibwa Nnabbi ekibiina kino yakijukiranga nokukyenyumirizaamu:

"Nnaliwo ne ba taata bange abato mu nnyumba ya Abdalla ibn Jud'aan, nga Hilful Fudhwul etandikibwawo. Nnali mumativu nnyo nomulimu ekibiina gwe kyakolanga nga bw'ompa enngamiya emmyufu (kye ky'omuwendo ekyali kisinga mu biseera ebyo) mu kifo kye kibiina ekyo okukivaamu tezandimmatizza. Singa n'olwaleero bampita okwetaba mu kibiina ekifaanana bwe kityo, sandiron-zalonzezza kukyetabamu." (Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 295)

Obulamu Bwa Nnabbi (Okusaasira Kwa Allah N'emirembe Bibeere Ku Ye) Obw'obusuubuzi

Kiteekwa kitegeerekeke nti okubeera okumpi ne Ka'aba, ennyumba ya Allah Oweekitiibwa, Makka bulijo kifo ekiteekebwa-mu ekitiibwa ekirambulwa abantu abakkiriza ssi kuva mu biseera bya Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) byokka naye okuvira ddala mu biseera bya Adamu (emirembe gibeere ku ye). Okusuubula bulijo kuzze kuva Bannamakka amakubo mwe bajja ekigulira magala eddiba nga Bannamakka baguza abalamazi ebintu bye baba basuubudde okuva ku bantu ababaliraanye ne babiguliza abalamazi mu myoleso gy'eb'yobusuubuzi mu biseera by'okulamaga olwé Makka, okwo nga kw'ogasse okutunda ebintu bye bakola nga babilguza abantu ababaliraanye.,

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali yatambulako dda ne bataata be abato mu nngendo z'obusuubuzi ezaali zigenda e Syria ne Yamani nga akyali muto. Emyaka bwe gyayitawo, yagenda e Yamani emirundi ebiri, mu katale k'e Juraishi, ng'akiikiridde Khadiija (Allah amusiime), era n'afuna enngamiya envubuka emu buli mulundi.⁸² Ku mulundi ogumu, yatwala enngamiya ezaali zikubyeko ebintu nga byali bya Khadiija (Allah amusiime) ng'abitwala mu katale k'e Hubasha e Tihaama. Mu lugendo luno yawerekewako omuweereza wa Khadiija (Allah amusiime) eyayitbwanga Mayisarah. E Tihaama baasuubulayo engoye zaayo ne bazireeta e Makka ne baziguza Haakim ibn Hizaam ne bagobololako amagoba agawera. Empisa n'enneyisa Khadija bye yalina byasanyusanga nnyo Omubaka wa Allah Owékitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe yakolanga naye, ekyamutuusa okukkiriiza nti yali takolagananga mu bya bizinensi na muntu eyali yenkana

82 Haakim, III, 200 / 4834.



ne Khadiija (Allah amusiime) eyamalirizanga ng'amusasudde bulungi n'okusinga bwe baabanga bakkiriziganyizza. (Halabii, I, 221, Aynii, X, 104)

Bino byonna Abu Twalib ye yabitandiikiriza bwe yawa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amagezi bw'atyi:

“Mutabani ondaba ndi musajja mwavu. Ekyeya tekirina byamaguzi bye kiturekedde. Ssente zaffe zonna ze tubadde tukozesa zigenze n'ekyeya. Naye mpulira nti abasuubuzi bali kumpi okusimbula okugenda e Syria era nti Khadiija, muwala wa Khuwailidi, anoonya muntu mwesigwa amutwalire ebimu ku bintu bye e Syria era amusuubulire; omuntu ayinza okwesigika, ate nga atuukiriza nga ggwe. Ndowooza nti twandimumatizza akukkirize omutwalire ebin-tu bye. Nzirkiriza nti ajja kwagala ggwe okusinga abalala olw'obwesigwa bw'olina. Ekituufu kiri nti ssandiyagadde ogende Damascus olw'okukutiisa Abayawudi, naye ate sirina kkubo ddala lye nnyinza kulowoozaayo eriyinza okutujja mu mbeera mwe tuli.”

Ekirowoozo ekyayanjulirwa Khadiija (Allah amusiime) kyamusanya nnyo, era gye byaggweera ng'alagaanyisizza Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ssente ezisinga ezaali zisuubirwa, nga bw'agamba nti:

“Nnali siyinza kulowooza nti Muhammadi yali ayinza okukola nange!”

Khadiija yali amanyi bulungi nti Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali yeesigika nnyo era nga yali muntu mwesimbu, eyalina empisa ezaali zitageraageranyizika.⁸³

Nga Muhammadi yeetegeka okugenda e Syria, Khadiija (Allah amusiime) yalagira omuweereza we Maysara agende naye amuyam-be era amugondere mu buli mbeera yonna.

Ng'amaze okutikka enngamiya ebbiri, yessa mu ddene ne Maysara. Enngamiya zaasooka kusigalira emabega w'enngamiya endala, ekintu ekyatawaanya ennyo Maysara obwongo, era kwe kudduka n'agenda ewa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amutegeeza ekyali kigenda mu maaso. Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yakola yateeka ebibatu bye wansi w'engatto z'enngamiya, ekyaziviirako okweyon-gera amaanyi, ne zikaabamu era ne zanguwa ne zidda mu maaso we nngamiya endala ne zikulembera olunyiriri. Abantu bwe baalaba ekyagwawo baatandika okussa ebirowoozo ku Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'omuweereza we.⁸⁴

Omuvubuka Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bulijjo yabeeranga mwesigwa mu nkolagana ye ey'eb'yobusuubuzi, ng'atuukiriza endagaano gy'aba akoze mu buli ngeri yonna esoboka. Ibn Abaasi (Allah amusiime), eyali amanyi ennyo ebyali bikwata ku bulamu bwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

“Buli Omubaka wa Allah lwe yalagaanyisanga ekintu yalinga ajja kukikola.” (Bukhari, Shahaada, 28)

Ekintu kye kimu kyakakasibwa Saa-ib ibn Abi's Saaib (Allah amusiime), anyumya ekiseera lwe yalambula Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yali yeetoolddwa Basswahaba.

Basswahaba baatandika okumpaana eri Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga balowooza nti yali ammanyiko kitono. Naye ye n'abagamba nti yali ammanyi nnyo okubasinga bonna, era awo we nnagambira nti:

84 Diyarbakri, I, 262.



“Omubaka wa Allah! Taata ne maama babeere nnunuzi gy’oli; ddala ommanyi. Twali tukolagana mu by’okusubula naye nga wali muyitirivu mu nkolagana eyo. Sijjukira mulundi na gumu gwe wan-nyombesa oba okunkaayanya!” (Abu Dawuda, Adab, 17 / 4836; Ibn Maajah, Ticârât (Tijaarat), 63)

Waliwo eby’okulabirako ebitabalika mu bulamu bwa Nnabbi ebiraga obulungi lwaki Nnabbi Ow’emikisa yatumibwa al Amiin (Omwesigwa) ne as Swadiq (Omwesimbu). Ekimu ku bifaananyi ebyo kye kyo Abdalla ibn Abi'l Hamsaa (Allah amusiime) ky’anyu-mya bw’atyi:

“Nnasuubulako ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) emabega ddala nga tannafuna bwa nnabbi. Yali ammanja, kwe kumugamba annindeko mmusasule mu kaseera katono. Naye bwe twayawukana waayita akaseera katono ne nneerabira endagaano gye nnali nkoze naye, ne nzijukira oluvanyuma lw’ennaku ssatu. Amangu ago nnayanguwa okudda we twali tualagaanye ne mmusanga ng’akyaliwo anninda. Nnali mmusuubira okunnyombesa, naye omusaja oyo ow’ekitiibwa, eyajjula obulungi obutayogerekka yanngamba bugambi nti, “Muvubuka, ontadde mu mbeera enzibu, bwe nkulinze okumala ennaku essatu.”” (Abu Daawuda, Adab, 82 / 4996)

Empisa ez’ekika ekya ekya waggulu ezijjudde amagezi n’oku-manya ensonga zaalina kuba nga ziva mu muntu eyali ow’okufuuka Nnabbi mu maaso.

Singa Allah Owoobuyinza yayagala, Omwagalwa We Nnabbi yandimulese n’awangaala obulamu obulungi, okuvira ddala mu buto bwe. Naye Amagezi Amatukuvu gaayagala apakase ng’akozesa emikono gye olwo asseewo eky’okulabirako eri abalala kye baba bakoppa. Ekikolwa kya Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bye bigambo bye bye yagamba nti:

“Teri muntu alya kintu kisinga bulungi okusinga ekyo ky’aba apakasizza n’emikono gye...” (Bukhari, Buyu’u, 15; Anbiyyaa, 37)

Ekigendererwa kyonna gye kifa kyenkana kiba kijja kuggwaa-mu amakulu mu maaso g’abantu ebbanga omukulu waakyo ly’amala ng’awangaalira ku birabo bya bagoberezi be. Omukulembeze oyo ajja kuba nga tatwalibwa ng’ekikulu mu bantu. Guno gwe mulamwa oguli mu kiragiro kya Allah Owoobuyinza eri Bannabbi be nti:

وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ

“Ekyo sikibasabirako mpeera: empeera zange ziva eri Katonda w’ebitonde byonna.” (al Shu’araa, 26 : 109, 127, 145, 164, 180; Yunus, 10 : 72; Huud, 11 : 29)

Ekitontome kino kidda mu bigambo bye bimu ng’ebiri mu *ayah* eyo waggulu:

*Teweegombanga nnyo omulala by’akuwa
Kubanga omuwendo gw’osasula lye ddembe*

Okuva Nnabbi Ow’emikisa lwe yeerabiriranga ng’ajja mu kupakasa kwe yakolanga, ekyo kyamufuula omuntu eyali asinga okweyi-mirizaawo yekka.

Omusosodooti Nestor Bye Yayogera

Oluvannyuma lw’okutindigga olugendo oluwanvu, abasuubuzi baawummulirako e Busra, ekitundu mu Syria. Muhammadi (oku-saasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yawummulirako mu kittuluze ky’omuti gwa *olive* ogwali gulengerwa abaali mu kigo ky’Omusosodooti Nestor. Nestor bwe yalengera omusajja awummuliddeko mu kisiikirize ky’omuti, ate nga yali yasisinkanako ne Maysara, kye yakola kwe kumubuuza nti:



“Maysara! Ani oyo ali mu kisiikirize ky’omuti?”

Maysara yamuddamu nti: “Ava mu kika kya Abakulayishi.”

Omusosodooti kwe kumubuuza nti: “Alina obumyufu mu maaso ge (mmunye)?”

Yaddamu nti: “Yee, alina”.

Omusosodooti kwe kumugamba nti: “Ekitegeeza nti alina okubeera nga ye Nnabbi Ow’enkomerero! Neegomba okubeera omulamu ng’obwannabbi bwe butandika ne nsobola okumuyamba!” (Ibn Sa’ad, I, 130 – 156; Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 297 -298)

Nga wayise akaseera katono, abasuubuzi baava e Busra ne baddayo e Makka. Nga baddayo, Maysara yalaba bamalayika babiri ng’ebiseera ebimu basiikiriza Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) omusana gw’eddungu eryokya nga bituuse ku ddaala eritagumiikirizika. Olugendo lwavaamu amagoba mangi eri buli muntu eyalwetabamu.⁸⁵

Okuwasa Kwe Khadiija (Allah amusiime)

Amangu ddala nga baakadda e Makka, Maysara yanyumya kalonda yenna akwata ku mpisa z’Omusalja Ow’emikisa ze yayolesa nga bali mu lugendo, era na byonna ebyabatuukako. Khadiija (Allah amusiime) bino olwamugwa mu matu yatandika okufuna ekirowoozo eky’okufumbirwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye).

Nafisa bint Umayya, munywanyi wa Khadiija, anyumya engeri bino gye byagwawo:

"Khadiija (Allah amusiime) yali mukyala mugezi, nga mukozi nnyo era nga wa mpisa ezitagambika. Kumpi tewali musajja n'omu mu bantu bekika kye ataamwegwanyiiza kumuwasa. Naye Khadiija (Allah amusiime) yali yeegwanyiza nnyo Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nga bakomyewo okuva mu lugendo Iwabwe olw'okusuubula lwe baagendako e Damascus, Khadiija (Allah amusiime) yantuma okuzuula ekirowoozo kya Muhammadi ku by'okuwasa.

Nnabuuza Muhammadi nti: 'Lwaki towasa?'

Ye kwe kunziramu nti: 'Mpasa ntya nga sirina busobozi?'

'Ky'oyagala okugamba nti singa olina obusobozi wandiwasizza? Osobola okuwasa omukyala eyeemala alina ekitiibwa, nga mulungi ate ng'alina eby'obugagga?'

Yabuuza nti: 'Mukyala ki oyo?'

Namuddamu nti: 'Khadiija (Allah amusiime)'

Yambuuza nti: 'Olowooza nti ekkyo kisoboka?'

Namuddamu nti: 'Ebyo bindekere'. Olwo kwe kunngamba nti: 'Bw'oba osobola okubitegeka nya kumuwasa.'

Awatali na kuwannaanya nagenda ewa Khadiija (Allah amusiime) okumutegeesa bye twali twogedde ne Muhammadi." (Ibn Sa'ad, I, 131)

Olwawulira amawulire ago amalungi okuva ewa munywanyi we, Khadiija (Allah amusiime) yasaba Muhammadi amuwase. Muhammadi, Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), naye yabuulira ku taata we omuto Abu Twalib ku kirowoozo kya Khadiija, naye ng'empisa z'Abawalabu bwe zaali, eyagenda ewa taata wa Khadiija (Allah amusiime) omuto okumusaba okukkiriza amuwe muwala we ku lwa mutabani wa muganda we. Taata wa Khadiija (Allah amusiime) omuto yakkiriza obufumbo we.



n'abuwa emikisa era emikolo gy'okufumbiriganwa ne gitandika nga gyaliko aboolugandabonna n'ab'emikwano. Waaliwo okwogera okumpimpi okwa Abu Twalib ne kizibwe wa Khadiija eyayitbwanga Waraqa ibn Nawufal. Okwogera bwe kwaggwa, taata wa Khadiija omuto eyayitbwanga Amuri yayimirira n'ayogera bino:

“Bakulayishi, mujulire nti nnangirira Khadiija (Allah amusiime) bint Khuwaylid okubeera omukyala wa Muhammadi ibn Abdalla.”⁸⁶

Nga *Amahare*, ekirabo eky'obuwaze omugole omusajja ky'awa omukazi gw'agenda okuwasa, Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawa Khadiija enngamiya envubuka amakumi abiri.⁸⁷ Ekiseera we baafumbiriganirwa, Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali akunuukiriza mu myaka amakumi abiri mu etaano egypt'obukulu so nga Khadiija (Allah amusiime), yali nnamwandu ng'alina n'abaana be yali yazaala mu bufumbo bwe obwayita. We baafumbiriganirwa Khadiija yali akunuukiriza mu myaka amakumi ana.

Mu bufumbo bwabwe bwonna, Khadiija (Allah amusiime), maama w'Abakkiriza, yabeera wa mugaso nnyo eri Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe yawa obuwagizi n'obuyambi era n'assa obulamu bwe n'ebiyobugagga bye wansi w'ebigere bya bba. Olw'empisa n'embeera ze, yamanyika nga *Al Afiifa* (Ow'ensa), *al Twahirah* (Omutukuvu) era, n'ekisinga obukulu, yamanyika nga *Khadijatu'l Kubra*,⁸⁸ Khadiija (Allah amusiime) Omwatiikirivu, ng'Obusiraamu tebunnaba kujja ne bwe bwali bumaze okujja.

Ebigambo bya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bikakasa eddaala lya Khadiija erya waggu:

86 Diyarbakri, I, 264; Yakuubii, II, 20.

87 Ibn Hishaam, I, 206; Ibn Athiir, Usudu'l Ghaba, I, 23.

88 Ibn Sa'adi, VIII, 14 – 15.

“Omukazi asinga ekitiibwa ku lunaku lw'enkomerero ye Maryam bint Imraan, maama wa Yisa, so ng'ate omukazi asinga ekitiibwa mu nsi muno ye Khadijja (Allah amusiime) bint Khuwaylid.” (Bukhari, Mannaqib'l Ansaar, 20; Muslim, Fadhwail'us Swahaaba, 69)

Kino kitulaga nti, eyali alindiridde okufuuka Nnabbi omuntu gwe yalonda okuwasa, yali tasendebwasendebwa kwagala kwa mwoyo. Singa kyali kityo osanga yandironze muwala muto era ng'asingako ku Khadijja obulungi, so ssi nnamwandu eyalina n'abana. Naye Muhammdi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali tanoonya bulungi bwatiikiridde oba bувubuka mu mukyala gwe yali agenda okuwasa, wabula essira yali alitadde ku bitendo ebirungi nga ekitiibwa, ensa n'empisa ennungi.

Lwaki Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Yawasa Abakazi Abasukka Mu Omu

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawasa emirundi mingi oluvannyuma Iw'okuweza emyaka amakumi ataano mu etaano, naye nga kino kyava ku nsonga nnyingi. Awamu n'ekyo, okuva Allah lwe yafuula Omubaka we (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eky'okulabirako ekigobererwa mu buli mbeera yonna mu bulamu nga bwe kiri mu *ayah* ejja wamanga, okufuna ekirowoozo ekibi ku kuwasa kwe n'ebirowoozo ebyo okubitwala ku ddaala ly'okuvvoola, kiba kiraga butamanya bwa muntu bw'ayolesa okw'ebyo ebyavaako ekintu ekyo mpozzi n'oku-beera n'ekigendererwa ekikyamu:

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللَّهِ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ
كَانَ يَرْجُو اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرِ وَذَكَرَ اللَّهَ كَثِيرًا

“Mu Mubaka wa Allah mulimu eky’okulabirako ekirungi eri oyo abaasuubira okusisinkana Allah n’okutuuka ku Lunaku lw’enkomerero n’ajjukira nnyo Allah” (al Ahzaab, 33 : 21)

Nnabi Ow’emikisa kyakulabirako eky’enjawulo mu mbeera zonna, naddala enkolagana mu maka. Wadde nga tetusobola wano kuwa mu bujjuvu bikwata ku bakyala ba Nnabi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) abalongoofu ne bikwata ku kuwasa kwe, naye tujja kukoona ku bintu ebitonotono ebibakwatako.

Awatali kubuuusabuusa kibeera kiseera kya buvubuka omuntu w’awulirira ng’alina okwegomba okusinga obungi eri omuntu ow’oludda olulala. Ku ludda olwo, bw’otunuulira obulamu bwa Nnabi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) obwasooka bukulaga mu bulambulukufu omuvubuka eyalina ensa era eyali omwesigwa eby’ekika ekya waggulu. Kino kisobola okweylekera ne mu linnya obunnya Bannamakka lye baamuwa erya al Amiinu, Omwesigwa, awatali na bwetaavu kutunula walala. Obwesimbu bwe era bulabikira ne mu kuba nga Bannamakka tebalina kye baali bee-mulugunyizza mu bulamu bwe obw’obufumbo. Nnabi Ow’emikisa yawasa omulundi gumu gwokka mu kiseera we yabeerera ne Khadiija e Makka, bwe yali alina emyaka amakumi abiri mu etaano, we yawasiza nnamwandu Khadiija (Allah amusiime), eyali aweza emyaka amakumi ana. Emyaka gye baamala mu bufumbo amakumi abiri mu etaano, nga nekyakomekkereza obufumbo bwabwe kwali kufa kwa Khadiija (Allah amusiime), Nnabi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) teyawasaako mukazi mulala, so ng’embeera za Abawalabu zaali zaaniriza eky’omusajja okuwasa abakazi abangi. Singa Nnabi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yagenda mu maaso n’awasa omukazi omulala, kyandibaliddwa ng’ekituufu era ekikkirizibwa era teyandifunyeeyo muntu n’omu amunenya olw’ekikolwa ekyo.

Nga Maama Khadiija (Allah amusiime) amaze okufa, Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yawasa nnamwandumulala eyayitibwanga Sawuda (Allah amusiime). Sawuda yali yasenguka okugenda e Abyssinia ne bba eyasooka, eyafifira mu kkubo nga bakomawo e Makka. Okufa kwa bba kwamuleka nga talina muntu amukuumaa naddala okuva abooluganda lwe, ng'abasinga obungi baali bamusinzabibumbe, lwe baali bamunyigiriza ennyo ave mu Busiraamu addeyo mu ddiini yaabwe. Bw'atyo Ow'ekitiibwa Omubaka (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yawasa Sawuda (Allah amusiime) mu mwaka ogwékkumi okuva obubaka lwe bwatandika okukka, asobole okumuyamba n'oku-muwa obukuumi. Ng'oggyeeko okuwasa Khadiija (Allah amusiime) ne Sawuda (Allah amusiime), okuwasa kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) okulala kwonna kwali Madiina.

Hijira (okusenguka) kwaggulawo essuula empya mu bulamu bwa Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye). Bwe yasenguka yali takyali Nnabbi kyokka naye era yafuuka omukulembeze era omuduumizi ow'oku ntiiko ow'eggye ly'abak-kiriza, omusomesa eyalina obuvunaanyizibwa obw'okutuusa obubaka mu ngeri yonna eyali esobola okubutuusa ku bantu abèbiti eby'enjawulo abaali bawangaalira mu bifo eby'enjawulo, nga bwe kyalikiituukagana n'ebjetaago byabwe. Okuteekawo eky'okulabirako eky'ebye'taago ebifaanana bwe bityo kye kyaliki ekigendererwa eki-singa obukulu mu kuwasa kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) nga kw'ogasse n'ensonga endala okuva mu buli ludda ka lubeere lwa bya ddiini, mbeera za bantu oba mpisa.

Ayisa (Allah amusiime) ye muwala yekka Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) gwe yawasa. Naye wadde nga yali mwana muto, yali mutengeevu, nga yaweebwa omukisa ogw'amagezi amangi n'okufummiitiriza eby'ekika ekya waggulu. Yali Ayisa Basswahaba abakyala gwe baasomako emisingi gy'eddiini



y'Obusiraamu awatali kukaluubirirwa naddala ku nsong'a ezeeyawulidde abakazi. Ne mu myaka ataano oba enkaaga okuva ku kufa kwa Omubaka Owékitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), Basswahaba abaali bakyalivo n'Abusiraamu abalala mu Kibiina ky'Obusiraamu, nga mw'otwalidde abaana n'abazzukulu b'abo abaali ku mulembe ogwasooka abataafuna mukisa okubeerawo mu buntu mu biseera bya Nnabbi, baali basobola okuyiga Obusiraamu butereevu okuva ku Ayisa. Waliwo hadiisi eyali yayogera ku kintu kino ngékakasa Ayisa bye yali ow'okukola egamba nti:

“Muyige ekimu eky'okusatu eky'eddiini yammwe okuva mu nnyumba ya Ayisa (Allah amusiime).” (Daylamii, II, 165 / 2828)

Ayisa (Allah amusiime) y'omu ku Basswahaba omusanvu abamaniddwa nga ba *mukthiruuna* (abaasinga okunyumya hadiisi za Nnabbi ennyingi), ol'wokunyumya hadiisi ennyingi ezikwata ku bigambo Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bye yayogera n'ebikolwa bye yakola, nga zino ziwerera ddala enkumi bbiri mu bibiri mu kkumi. Hadiisi kikumi mu kyenda mu nnya ku zino zeegattibwako obutuufu bwazo (*mutaaafaqun alayihi*) abakugu ababiri mu hadiisi Bukhari ne Muslim.

Ayisa (Allah amusiime), maama wa Abakkiriza, yali mukyala eyabbinkira mu kumanya, eyaweebwa okumanya Kulaane okw'omunda ku bikwata ku byalagirwa n'ebayaziyizibwa, okwo nga kw'ogatta obumanyi mu busawo, okutontoma ebyafaayo by'Abawalabu, n'okumanya endyo z'Abawalabu. Buli Basswahaba lwe baafunanga obuzibu mu nsong'a yonna, baagendanga wa Ayisa (Allah amusiime) abamalirewo obutakkaanya. Kino kyabeeranga bwe kityo ne ku Basswahaba ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) abakulu,⁸⁹ nga Abu Musa (Allah amusiime) bw'akikakasa:

89 Laba: Ibn Hajar, al Iswaba, IV, 360.

“Buli lwe twafunanga obuzibu mu kutegeera hadiisi ya Omubaka wa Allah, twabuuuzanga Ayisa (Allah amusiime) atuyambe, era ng'ono atunnyonnyola kyonna ekyabanga kitulemye okutegeera.”
(Tirmidhi, Manaaqib, 62)

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuwasa Ayisa muwala wa Abu Bakari (Allah amusiime) eyali asinga okubeera ow'omukwano era nga ye yali omuwagizi eyali asinga obutamulekerera mu buli nsonga, kwayongera okunyweza omukago n'enkolagana wakati waabwe n'abantu baabwe.

Mu kuwasa Hafswa, era Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalina ekigendererwa kye kimu eky'okunyweza enkolagana ye ne Umaru (Allah amusiime) eyali ow'amaanyi n'abantu b'jenu zaabwe. Hafswa yali akungubagira bba eyali afiiridde mu lutalo lwe Badiri. Umaru (Allah amusiime) yasooka kumwagaliza kufumbirwa Abu Bakari kyokka Abu Bakari (Allah amusiime) n'atasobola olwo n'alyoka ensonga agijuliza Uthumaani (Allah amusiime) naye ataasobola, ekintu ekyammiza ennyo Umaru (Allah amusiime) olwo Omubaka Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'asalawo okusanyusa Umaru n'awasa Hafswa era n'asobola okuzza obuggyga enkolagana wakati wa Abu Bakari, Uthumaani ne Umaru (bonna Allah abasiime)

Okuwasa kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okusinga okubeerako kalumannyweera, kwe kuwasa okwa Zayinabu (Allah amusiime) ate bw'okutunuulira kwe kusinga okubeeramu ekyama eky'amaanyi. Okusooka kwa byonna, wadde nga teyakikola mu bumativu nnyo, naye okuteekateeka okufumbiriganwa wakati wa Zayinabu (Allah amusiime), kizibwe we, ne Zaydi (Allah amusiime) eyaliko omuddu gwe yata, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayamba okuggyawo endowooza enkyamu ezaali zibuutikidde Abawalabu n'abantu abaali basinga oku-



mubeera okumpi era n'ateekawo eky'okulabirako eky'okumalawo okusosola wakati w'omugagga n'omwawu, ow'ekitiibwa (omwami) n'omuddu, ng'aweereza obubaka nti abantu bona be bamu benkana mu maaso ga Allah Oweekitiibwa, nga balinga amannya ge'kisanirizo. Naye obutali bumativu bwa Zayinabuu n'amaanyi abooluganda lwe ge baamussaako nga tebaagala bufumbo obwo, byafuula obufumbo okubeera obuzibu eri enjuyi zombi. Wadde nga Zayidi (Allah amusiime) yeebuuza ku Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era n'amusaba amukkirize baawukane ne Zayinabuu (amutalake), naye ye Nnabbi yamuwanga magezi kugumiikiriza. Wabula obufumbo bwe bwatuuka ku mbeera y'okuba nga tebukyasoboka, era Zayidi yali talina kya kukola wabula okwawukana ne Zayinabu.

Nga wayiseewo akaseera katono nga Zayidi yaakawukana ne Zayinabu, *ayah* yakka nga Allah Oweekitiibwa alagira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) awase Zayinabu,⁹⁰ nga kino Allah Oweekitiibwa yakigendereramu okuggyawo endowooza y'Abawalabu eyali eraba obubi omuntu okuwasa eyali mukazi w'omwana gwe yayola naye nga tamuzaala era nga bakibala ng'eky'ekivve ekimanya amateeka. Okuwasa Zayinabu kwali kulaga bantu njawulo eri wakati w'omwana gw'oyoze nga tomuzaala n'omwana omuntu gw'azaalira ddala.

N'olw'ekyo okubityebeka nti ensonga eyaviirako Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuwasa Zayinabu nti bwali bubalagavu bwa Zayinabu si kirala wabula bubeera butamanya obw'ebintu bino wammanga:

1. Ekisookera ddala, Zayinabu yali kizibwe wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ekitegeeza nti yali yamumanya okuviiра ddala mu buto bwe era ng'atera okumulaba.

2. Singa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) nga yasiinyaako ku ky'okuwasa Zayinabu, Zayinabu teyandisibyemu era ekirowoozo yandikititte bulambirira; tewali nkonge yonna eyandibadde ebalemesa okufumbiriganwa. Naye Nnabbi Ow'ekitiibwa teyakoma ku kya kusaba Zayinabu okufumbirwa Zayidi kyokka, naye bwe baamusaba abakkirize baawukane emirundi egiwera, eby'okwawukana teyabisembanga.

Mu bimpimpi, ebintu ebifaanana bwe bityo byateranga okuberawo kisobozese okutandikawo amateeka amangi mu mateeka g'Obusiraamu nga bayita mu bulamu bwa Omubaka (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) era nga biwa omusingi ogwen-kola eribaawo mu biseera eby'omu maaso.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) okuwasa Swafiyya muwala w'Omuyawudi omukulu e Khaybar, kwalina ekigendererwa eky'okunyweza enkolagana n'Abayawudi, eki-gendererwa ekyalimu eby'obufuzi.

Okuwasa Juwayriyah (Allah amusiime) na kwo kwalimu eki-gendererwa kye kimu. Okuwasa Juwayriyah, muwala w'omwami, kwalli kugenderera okuta abawambe ebikumi n'ebikumi, abaali bettanira okuddamu okufuna buto eddembe lyabwe, era bonna baayingira Obusiraamu. Omukisa gwabwe gwagwikiriza okufumbiriganwa wakati wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ne Juwayriyah.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) okuwasa Ummu Habiibah kwalina ekigendererwa eky'okwagala okumukuuma. Ummu Habiibah yali omu ku Basiraamu abaasookera ddala era nga yasenguka ne bba okugenda e Abyssinia. Kyokka Ummu Habiibah yasigala ttayo era nga talina musajja amukkuuma eyo gye yali, bba bwe yasalawo okukuba enkyukira n'ava mu Busiraamu. Naye mu buzira obw'ekitalo Ummu Habiibah yasigala anyweredde



ku ddiini ye mu mbeera eyali enzibu ennyo. Wadde nga taata we Abu Sufyaane ye yali akulira Bannamakka ebiseera ebyo, naye eki-tiibwa kya Ummu Habiibah n'obukkiriza bwe yalina byamugaana okusaba kitaawe obuyambi. Olw'ensonga eyo, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuwasa Ummu Habiibah yali amuwa bukumi. Omukisa omulala ogwali mu bufumbo buno bwe buko buno okuyamba mu kuwewezaako obulabe obwali wakati wa Banamakka Bamusinzabibumbe n'Abasiraamu.

N'olw'ekyo, singa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuwasa nga kwali kuva ku kwematiza mu by'obwagazi, waaliwo bawala ba Ba-answari abato ababalagavu mwe yandye-robozza. Awatali kubuuusabuusa, bona bandibadde bagujubanira okufumbirwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) basobole okwewangulira ekitiibwa ky'okubeera bakyala ba Omubaka Ow'enkomerero olwo babeere *Bamaama b'Abakkiriza*. Wabula Nnabbi teyalondawo kukwata kkubo ery'ekika ekyo.

N'olw'ekyo, kiteekwa kimanyibwe nti Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawasa emirundi mingi, ng'akkiriziddwa era n'alagirwa Allah Ow'ekitiibwa, olw'ensonga ez'embeera y'abantu bona okutwalira awamu, ez'empisa, ez'eddiini, n'okusinga byonna olw'obwetaavu bw'okubeerawo abakazi abangi abatendekeddwa okutuusa ku Basiraamu abalala amateeka g'Obusiraamu. Olw'okuba ng'Obusiraamu ddiini ebuna era egenderera okusaasaanira ebifo byonna n'ebiseera byonna, kyandibadde kizibu okulowooza nti eddimu ly'okusomesa bwaguuga w'okumanya Obusiraamu nti lyandyetikiddwa omukazi omu yekka; era singa bwe kityo bwe kyalii, eddiini teyandituuse bulungi ku bantu ab'emirembe eg'yomu maaso, Okwo kw'ogatta nti omukazi "omu" oluusi yandi-fudde nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannafa, ekyandizinngamizza okuteekawo amateeka g'Obusiraamu.

Waliwo ensonga nnyingi ez'ekyama ezikwata ku Mateeka g'Obusiraamu ng'abakyala tebawulira bulungi okuzibuuza abasajja. Nayé nga bwe waba waliwo abasomesa abakazi bandiziyize bulungi era nga kyandibanguyidde n'obutabakaluubiriza. N'olw'ekyo, ebi-biina by'Abasiraamu bulijjo byetaaga abakazi abayigirize abamanyi okukakasa nga bassa bulungi Obusiraamu mu nkola. Wasobola oku-beerawo omuntu ayinza okutukiriza obuvunaanyizibwa obw'ekika kino okusinga bakyala ba Nnabbi Ow'emikisa, abaasika ku mpewo y'emu ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) era abaayiga buli kintu nga bakijja butereevu ku Nnabbi? Ng'ebyo byonna obitadde ku bbali, engeri gye beeyisaamu n'obulamu obw'obunnaddiini bwe baawangaala byabafuula eby'okulabirako eby'amaanyi eri Abakkiriza abémirembe gyonna.

Omuntu bwe yeebuuza butya okuwasa kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) abakyala abangi bwe kuyinza okufuuka eky'okulabirako eri abantu olwaleero ne mu mirembe gino, eky'okuddamu kye kino:

Ekisooka kya byonna, tulina okujjukira nti si buli kintu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kye yakolanga nti kiteekeddwa okukoppebw. Okuva lwe yali nga y'akiikirira eddiini asooka, nga ye yagitandikawo era nga ye yali ow'okugissa mu nkola, kale ekifo kye kyali kya njawulo. Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bw'atyo yali akakatibwako okubeerako n'ebintu ebimweyawulidde, okugeza sswala ya tahajjudi, okusiiba nga tasiibulukuka (Swawmu'l wiswal) n'okuba nga yali yagaanibwa, ye n'abomumumaka ge, okutwala saddaaka ne bwe baabanga bandigyetaaze. Okuwasa abakazi abangi kwe yakola nga kuva ku nsong'a ez'eddiini, embeera y'abantu oba eby'obufuzi, kwali tekuli mu byakulabirako abantu ba Ummah abalala kwe baalina okugoberera, nga kino abamanyi b'eddiini bona Abasiraamu baakyegattako.



Kiteekwa okujjukirwa nti Obusiraamu si bwe bwatandikawo enkola ey'okuwasa abakazi abangi, wabula Obusiraamu bwakugira bukugizi enkola eyaliwo. Ng'Obusiraamu tebunnaba kusimba makanda, tewaalii kkomo ku muwendo gw'abakazi omusajja be yali asobola okuwasa. Obusiraamu bwateekawo ekkomo ery'abakazi abana, ate ne busa essira ku muntu okukoma ku omu singa aba tasobola bona kubayisa kyenkanyi.⁹¹

Eky'okubiri, eky'okuwasa omukazi asukka ku omu si tteeka, wabula kukkirizibwa mu mbeera ez'enjawulo, nga kuteekewamu amaanyi ekigendererwa eky'okukuuma n'okuwanirira omusin-gi gw'obufumbo.⁹² Mu biseera by'olatalo ne kawumpuli, okugeza, omuwendo gw'abasajja gutera okukendeera ennyo ku misinde egya waggulu, ne kireka abakazi nga tebalina basajja. Okuwasa mu ngeri eyo kuyinza okuyamba okuwa obukuumi abakazi abatalina bukuumi. Okwongereza kw'ebyo, singa omuntu awasa n'asanga omukazi ng'alina obulwadde obutamusobozesa kutuukiriza bulungi buvunaanyizibwa bwe, oba ng'alina ekizibu ku mubiri oba nga mugumba oba nga tasobola kufuna lubuto, enkola ey'okuwasa abakazi abasukka mu omu ewa omukisa okuddamu okuwasa nga tekyetaagisizza kumala kwawukana na mukyala eyasooka, ekiyinza okuleetera amaka ebizibu ebitali bimu. Wabula mu buli mbeera yonna, omuwendo ogukomwako ogusembayo waggulu gwa bakazi bana.

91 Laba: an Nisa'a-i, 4 : 3.

92 Elmahhi Muhammadi Hamdi Yazir kino akinnyonnyola bw'atyi:

“...N'ebikwata ku kuwasa abakazi abasukka mu omu (obufumbo obungi): Teri ayinza kukiwakanya nti, luno lukusa okukkiriza okufuala ekintu ekikkirizibwa (mubaah) naye ng'ekiseera kyonna kiyinza okufuuka ekitakkirizibwa (makruuhu) singa waba waliwo okutya okukola obutali bwenkanya eri omu ku bakyala. Ng'ebyo biwedde, aya esobola okutegeerwa ng'égamba nti okukola obufumbo obungi kuyinza okubeera okulungi (manduub) oba okwétteeka (waajib) mu mbeera ezimu, nga kino kiyinza kuva ku kutya nti abasajja oba abakazi bayinza okugwa mu bikemo.” (Hak Dîn Kur'ân Dili, II, 1290)

Awatali kubuusabuusa, bwe wabeerawo olutalo luyinza okukendeeza omuwendo gw'abantu, nga mu mbeera eyo okuwagira eky'okuwasa abakazi abangi kiyinza okubeera nga ye ngeri yokka esobola okuyambamu okwongera ku bungi bw'abantu n'okutangira okukola obwamalaaya. Ebifaananyi bingi eby'embeera ezifaananako bwe zityo ebyali biguddewo mu byafaayo by'omuntu. Okuggyawo embeera bw'etyo, Obusiraamu bulijjo buteekawo eby'okukola ebi-sobola okumalawo obuzibu ng'obwo; ebisobozesa obulamu okugenda mu maaso n'okumalawo embeera enzibu eba eguddewo, n'okufuula obulamu obwangu obutambulira ku mbeera y'butonde. Kino kiraga obukulu bw'Obusiraamu n'amaanyi gaabwo, okuva lwe busobola okugonjoola emitawaana egyandibaluseewo mu biseera eby'enjawulo, mu mbeera ezitali zimu.

Ayah ejja wammanga ekirambika bulungi nti omuntu ayagala okuwasa omukazi asukka mu omu ateededdwa okumanya obuvu-naanyizibwa bw'alina era n'ateekawo obwenkanya wakati wa bakyala be, olw'okutya nti bw'akola obutali bwenkanya bumuleetera ebibonerezo bya Allah Oweekitiibwa.

وَانْ خِفْتُمْ أَلَا تُقْسِطُوا فِي الْيَتَامَىٰ فَإِنْ كُحْوا مَا طَابَ لَكُمْ
مِّنَ النِّسَاءِ مَثْنَىٰ وَثُلَاثَ وَرُبَاعَ فَإِنْ خِفْتُمْ أَلَا تَعْدِلُوا فَوَاحِدَةً
أَوْ مَا مَلَكْتُمْ إِيمَانُكُمْ ذَلِكَ أَذْنَىٰ أَلَا تَعُولُوا

“Bwe muba nga mutidde obutenkanyankanya wakati wa bamulekwa, kati nno muwase abakazi abo ababa babalungiyidde ababiri, n'abasatu n'abana; naye bwe muba mutidde nti temujja kwenkan-yankanya wakati waabwe mukome ku omu oba (mukome ku) abo emikono gyammwe egyaddyo be giba gifunye; ekyo kye kisinga okubeera ekituufu obutava ku kkubo ettuufu.” (an Nisaa-i, 4 : 3)



وَلَنْ تَسْتَطِعُوا أَنْ تَعْدِلُوا بَيْنَ النِّسَاءِ وَلَوْ حَرَضْتُمْ فَلَا
تَمِيلُوا كَلَّ الْمَيْلِ فَتَذَرُّوهَا كَالْمَعْلَقَةِ وَإِنْ تُصْلِحُوهَا وَتَتَقْوِا
فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ غَفُورًا رَّحِيمًا

“Temujja kusobola kwenkanyankanya wakati w’abakyala, ne bwe muba mukyagadde mutya, kale temwekubiira olwekubiira lwonna, omu ne mumuleka mu bbanga (nga mufumbo ssi mufumbo), naye bwe muba mulongosezza ne mwewala obusungu bwa Katonda, mazima ddala Allah Musonyiyi era Omusaasizi.” (an Nisaa-i, 4 : 129)

Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) agamba nti, “Omusajja omufumbo alina abakazi ababiri nga teyenkanyankanya wakati waabwe agenda kujja ku Lunaku lw’enko-merero ng’oludda lwe olumu lusanyaladde.” (Ibn Maajah, Nikaah, 47)

Obusiraamu bukkiriza abakazi okuteekawo akakwakkulizo, mu kiseera nga bakola endagaano y’okufumbiriganwa, akoyo agenda okubeera bba obutamuwasizaako mu bufumbo bwabwe ebbanga lyonna. Lino ddembe lya mukazi mu mateeka eribakkiriza okwe-kiika mu kuwasa kwa babbaabwe kasita kino baba nga baakkirizi-ganyako bwe baali bagattibwa.”⁹³

Mu magezi aga bulijjo wayinza okubeerawo okugezaako okuwolereza eky’omukazi okubeera mu bufumbo n’abasajja abasukka mu omu nga bona ba bba. Endowooza bw’etyo nkyamu nnyo, okuva omwana aba azaaliddwa okuva mu bufumbo obw’ekika ekyo bw’atayinza kubeera na lulyo lutuufu olubeerera ekivaako obutamanya kitaawe w’omwana omutuufu. Si Busiraamu bwokka bwe bugaana obufumbo obw’ekika kino nga bubuyita fujuur (obugwe-

⁹³ Hayreddin Karaman, Mukâyeseli İslâm Hukûk, v. I, olup. 290, Istanbul, 1996.

nyufu obw'olwatu), naye tewali nkola ndala ya mateeka, ey'eddiini oba ensi, esangibwa nga eyaniriza enkola ey'ekika ekyo. Obusiraamu buteeka essira ery'amaanyi mu ndyo z'abantu, okutuuka ku ddaala ery'okulagira omukazi gwe baba bagobye okulinda ekiseera kya myezi waakiri esatu nga tannadamu kufumbirwa, olw'okutya nti ayinza okubeera olubuto okuva mu bufumbo bw'abaddemu emabega, ng'ekiseera eky'okulinda ekyo kiggyawo okubaabuzibwa kwonna ku bikwata ku taata w'omwana omutuufu. Ekiseera eky'okulinda ekyateekbwawo tekifiibwako kumpi enkola z'amateeka agensi zonna. Enjawulo eraga eddaala ly'okufaayo kw'Obusiraamu eri ekitiibwa ky'omuntu nga buyita mu mateeka ge bussaawo okukakasa nti ekitiibwa kino kikuumibwa.

Bw'ofumiitiriza ku mbeera zino zonna ez'enjawulo kusobozesa omuntu okutegeera ensonga eziri emabega w'Obusiraamu okukkiriza okuwasa abakazi abasukka mu omu. Obusiraamu si ddiini ya bantu ba maanyi era abalamu bokka naye mu ngeri y'emu ddiini ya bakadde n'abanafu. Bussaawo amateeka nga tegakoma ku kuteekateeka mbeera eza bulijjo zokka, wabula era bussaawo n'ago agagonjoola embeera enzibu ezitali za bulijjo. Obusiraamu si ddiini ya basajja bokka, wabula era ddiini ekuma eddembe ly'abakyala; ddiini ey'enjawulo efa ennyo ku kitibwa n'ensa eby'abantu era etetunula bbali ku nsong a'babakazi n'abaana okubaleka okugwa mu kuzikirira okuyinza okuva mu kusattulukuka kw'amaka okutali kwa buvunaanyizibwa.

**Okuta Zayidi Ibn Haaritha (Okuva Mu Buddu) Ne Nnabbi
Ow'emikisa (Okusaasira Kwa Allah N'emirembe Bibeere Ku Ye)
Okumulangirira Nga Mutabani We**

Omuvubuka Zayidi ibn Haaritha yawambibwa ab'ekika kya Bani Qayni n'aleetebwa mu mwoleso gw'ebi'obusuubuzi ogwe Ukaaz atundibwe ng'omuddu. Haakiim ibn Hizaam yamugula n'amugabira



ssenga we Khadiija (Allah amusiime). Nnabbi Ow'émikisa olwalaba omuvubuka omulundi gwe ogusooka kwe kugamba nti:

“Singa nze nnali nnannyini muddu ono mazima ddala nandi-mutadde!”

Khadiija olwawulira ebigambo ebyo kwe kugamba bba nti:
“Kale kati mukuwadde wuwo.”

Omubaka Ow'ekitiibwa, eky'okusaasira eky'oku nsi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuteerawo okumujja mu buddu. (Ibn Hishaam, I, 266; Ibn Sa'ad, III, 40)

Taata wa Zayidi eky'okuwamba omwana we kyamuyisa bubi nnyo, era n'atandikirawo omuyiggo gw'okunoonya omwana we mu buli kafo we yali amusuubira. Oluvannyuma lw'okunoonyeza ebbanga, yafuna amawulire nga gava ku bantu abaali bava mu kulamaga olw'e Makka nga bwe baalaba ku mutabani we e Makka, era yakwatiawo olugendo okugenda e Makka ng'awerekerwako muganda we. Tebaalwa ne basisinkana Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), era taata wa Zayidi n'amuyitiramu era n'amutegeeza nga bwe yali ayagala okuzzaayo omwana we era nga yali mumalirivu okumusasula omutango ogwetaagisa, ng'eno bw'amwegayirira abeere wa kisa era n'amubuulira omuwendo ogutegeerekeka. Naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalina ekirowoozo kirala mu mutwe. Yamubuuza bw'atyi:

“Tetuyinza kufunayo kkubo ddala eriyinza okugonjoola enson-ga eno?”

Bamubuuza nti: “Ate kkubo ki?” nga balowooza nti ekkubo lyokka eryaliwo lyali lya kununula mwana waabwe nga bayita mu kusasula ssente ezaali ziyanza okumujja mu buddu, bwe baali balowooza nti yali akyabulimu.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kubagamba nti: “Leka tuyite Zayidi ajje wano tumuleke yeesalirewo wakati w'okusigala nange oba okugenda nammwe. Bw'alondawo okugenda nammwe, mujija kumutwalira bwereere nga temulina kye muwaddeyo. Naye bw'asalawo okusigala nange, mujja kuba mulina okukitegeera, nga ndayira Allah nti siyinza kugamba mutnu ayagala okusigala nange nti genda!”

Taata wa Zayidi ne taata we omuto bombi baabula okufa essanyu ol'wekirowoozo kya Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yaleeta, nga bamwebaza ol'wekisa nobugabi bye yabalaga. Baali bakimanyidde ddala nti Zayidi yali tayinza butabalondawo, bo olwo bave e Makka ne mutabani waabwe nga tebasasuddeeyo na ssente yonna. Ekirowoozo ekigamba nti Zayidi yali ayinza okusalawo okusigala ne Muhammadi tek'yabajira na mu mitwe gyabwe. Naye ebigambo Zayidi bye yabagamba Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) byabajja enviiri ku mutwe:

“Ndayira Allah nti sijja kulondawo mutnu yenna ndeke ggwe! Ggwe kitange, ggwe mmange. Kye njagala kwe kusigala wano naawe.”

Taata wa Zayidi ne taata we omuto bwe baalaga okugwaamu amaanyi ol'wekyo Zayidi kye yali asazeewo, Zayidi kwe kubagamba nti:

“Nnina ebintu bingi ebitali bya bulijo bye ndabye okuva mu ye nga siyinza kulonda mutnu yenna ne mmuleka. Sijja kumuleka.”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yalaba okusiima nobuteerabira Zayidi bye yalina yamukwata ku mukono namutwala ku Ka'aba gye yasinziira okulangirira bw'atyi:



“Bantu bannange! Mujulire nti Zayidi kati mutabani wange, ajja kunsikira era nange nja kumusikira.”⁹⁴ Bw’atyo Zayidi bwe yafuuka omwana wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mu butongole. Ekitiibwa Zayid kye yafuna eky’amaanyi yali nsonga ya taata we ne taata we omuto okussa ekikkoowe n’okubugaana essanyu bwe baali baddayo ewaabwe ng’emimitima gyabwe gibali mu nteeko. (Ibn Hishaam, I, 267; Ibn Sa’ad, III, 42)

Muganda wa Zayidi ayitibwa Jabala ibn Haaritha ate ye bino abinyumya bubwe. Agamba nti:

“Nagenda ewa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okumusaba ampe Zayidi ngende naye.

Yanngamba nti: ‘Ali wano. Bw’aba ayagala okugenda naawe sijja kukugaana kumutwala.’ Naye Zayidi yagaana okusaba kwange, n’amugamba nti:

‘Sijja kulondawo muntu yenna ne ndekawo ggwe.’

Oluvannyuma ennyo nnategeera nti muganda wange Zayidi yali alengerera wala okunsinga.” (Tirmidhi, Manaaqib, 39 / 3815)

Obuvunaanyizibwa Bwa Nnabbi (Okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) Okulabirira Ali (Allah Amusiime)

Abu Twalib teyali mu mbeera ya bya nsimbi nnungi, ate nga yalina abantu bangi b’alabirira awaka. Eno ye nsonga lwaki Nnabbi Ow’emikisa yagenda ewa taata we omuto omulala Abaasi (Allah amusiime) n’amuleetera ekirowoozo kino:

94 Okuva kwolwo, Zayidi yatandika okuyitibwa ‘Zayidi ibn Muhammadi,’ okutuusa okufuula abantu abaana lwe kyawerebwa ne aya 5 ne 40 mu ssuula Ahzaab.

“Taata nga bw’omanyi, muganda wo Abu Twalib alina abantu bangi b’alabirira ate ng’ekyeya n’enjala tebirina kye byamulekera nga bwe byakola abantu abalala abasinga obungi. Lwaki tetugenda ewuwe ne twogera naye atuwe abaana babiri tubalabirire, tusobole okumukwasizaako ku buvunaanyizibwa?”

Abaasi (Allah amusiime) ekirowoozo yakiraba nga kya magezi era bombi ne bagenda ewa Abu Twalib, eyabagamba ng’amaze okuwuliriza ekirowoozo kyabwe nti:

“Nga muggyeko Aaqil, muzinza okutwala ku baana bange oyo yenna gwe muba mwagadde.”

Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) oluvannyuma yatwala Ali, ate Abaasi n’atwala muganda wa Ali ayitibwa Jafaari (Allah amusiime). Olwo Ali n’akulira mu kulabirirwa kwemikono emigabi okutuusa ku ntandikwa y’obwannabbi. (Ibn Hishaam, I, 264)

Abaana Ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye)

Khadijja yazaalira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) abaana mukaaga; abalenzi babiri, Kasimu ne Abdalla, n’abawala bana, Zayinabu, Ruqayya, Ummu Kulthuum ne Faatuma. Ng’empisa y’Abawalabu bwe yali ey’okuwa omuntu erinnya erikwata-gana n’erinnya ly’omwana we asooka, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yatandika okuyitibwa Abu’l Kaasimu, nga liva ku mwana we omukulu.

Wabula Kasimu teyawangaala nnyo era yafa ng’alina emyaka ebiri. Abdalla, mutabani wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ow’okubiri mu lunyiriri yazaalibwa mu kiseera ky’obubaka. Naye, ng’era muganda we, Kasimu, naye teyawangaala,



bwe yassa omukka omuvannyuma mu myaka emit. ⁹⁵ Okwo Aaswi ibn Waail, Musinzabibumbe Omukulayishi ow'omutawaana, kwe yava nga yeeyambisa ennaku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n̄emirembe bibeere ku ye) gye yalina, n̄atandika okulangira Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah n̄emirembe bibeere ku ye) nga bw'agamba mikwano gye nti:

“Musajja wa nkuggu talina mwana mulenzi gw'agenda kuleka alisitula erinnya lye. Ekitegeeza nti mulina kulinda bulinzi afe. Olwo mujja kuba mumuwonye lubeerera.”

Eno ye nsonga eyavaako okukka kwa Ssuula Kawuthara egamba nti:

إِنَّا أَعْطَيْنَاكَ الْكَوْثَرَ. فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَانْحِرْ. إِنَّ شَانِئَكَ هُوَ الْأَبْتَرُ.

“Mazima ddala twakuwa Kawthara.⁹⁶ N’olwékyo saala ku lwa Katonda wo osaddaake n̄ebisolo. Mazima ddala oyo omulabe wo ye ye we nkuggu.” (al Kawthara, 108 : 1 – 3) (Ibn Sa‘ad, III, 7; Waahidii, olup. 494)

Olw'okufa kw'omwana waabwe ku myaka egyo emit, Khadiija (Allah amusiime) mu nnaku ennyingi yagamba nti:

“Amabeere g’omwana wange gayiika. Kale singa Allah yamuwan-gaazaayo akaseera okutuusa waakiri lwe nnandimaze okumujja ku mabeere!”

95 Ibn Sa‘adi, I, 133.

96 Kawthara kitegeeza ebintu ebingi, omuwendo omunene mu buli kintu ekiwereddwa. Kivvuunulwa nga ekizingiramu Obwannabbi, Kulaane, Obusiraamu, obulungi, ebyengera, okuwolereza, Swalat n̄eby'amagero ebyaweebwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n̄emirembe bibeere ku ye). Waliwo hadiisi ezeesigika ezigamba nti Kawthara kidiba ekyaweebwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n̄emirembe bibeere ku ye) mu Jjana, ummah w'ejja okukunngaanira ku Lunaku lw'enkomerero. (Bukhari, Tafsiir, 108)

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu nti: "Okuyonka ajja kukumalirayo mu Jjana."

Khadiija (Allah amusiime) kwe kuddamu nti: "Singa ekyo nkimanyi, awatali kubuuusabuusa kyandinnyambye okuweweza ku bulumi bw'okumufirwa."

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumugamba nti: "Bw'oba oyagala, nja kusaba Allah, owulire eddo-boozi lye"

Wabula mu kulaga eky'okulabirako ekirungi omulundi omulala mu kwewaayo n'ekwesiga Allah, Khadiija (Allah amusiime) yad-damu nti:

"Tekyetaagisa. Nze Allah ne Omubaka we mbeesiga." (Ibn Maajah, Janaaiz, 27)

Omuwala omukulu mu bawala ba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali Zayinabu, eyazaalibwa nga Nnabbi aweezza emyaka nga amakumi asatu. Ruqayya yazaalibwa oluvannyuma lwa Zayinabu okuzaalibwa.⁹⁷ Ummu Kulthum gwe bazzaako oluvannyuma lwa Ruqayya, olwo Fatuma (Allah amusiime) n'azaalibwa mu mwaka gwe baddiramu okuzimba Ka'aba, nga Omubaka wa Allah alina emyaka amakumi asatu mu etaano.⁹⁸

Omwana wa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) asembayo ye Bulayimu, eyazaalibwa nga Nnabbi ali Madiina, mu mwaka ogw'omunaana ogwa Hijira. Maama we yali ayitibwa Maariya. Okuzaalibwa kwe kwalabirirwa Ummu Rafii, era nga bba Abu Rafii ye yatwalira Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amawulire amalungi

⁹⁷ Diyarbakri, I, 273 – 274.

⁹⁸ Ibn Sa'adi, VIII, 19 – 26.



ag'okuzaalibwa kw'omwana. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasanyuka nnyo n'agamba abaaliwo nti:

“Ekiro ky'olwaleero omwana ow'obulenzi azaaliddwa era nga njakumubbulamu erinnya lya jjajjange Bulayimu.” (Muslim, Fadhwailu, 62)

Bulayimu naye yagwirwa obulwadde bwe yali aweza emyezi nga kkumi na musanvu egy'obukulu, era n'afa nga wayiseewo akaseera katono.⁹⁹

Okusalawo Mu Kuzimba Ka'aba

Amataba agalumba Makka ebiseera ebyo gaavaako Ka'aba Entukuvu okwonoonekako ekitundu. Ebika by'omu Makka byasalawo okulongoosa Ka'aba nga bikolera wamu, nga bagimenyera ddala okutuuka mu misingi n'okuddamu okugizimba buto. Mu kiseera kye kimu, amawulire gaatuuka ku Bannamakka ag'eryato eryali liwagamidde ne lyonoonekera ku mwalo gw'e Shuaybah okumpi ni' Makka nga lyali likubyeko ebyuma, embaawo, emitii, amayinja, n'ebikoze-sebwa mu kuzimba ebirala. Awatali kumala biseera, Banamakka baagenda ne bagula eby'okuzimbisa bye baali beetaaga okuddabiriza Ennyumba Entukuvu era omulimo gw'okuzimba ne guddamu okukwajja buto. Baakuba akalulu okusalawo mulimo ki buli kika gwe kyalina okukola. Bonna beetaba mu mulimo gw'okumenya n'okuzimba nga bayita mu kukuba obululu. Nga tebanntandika kukola omusajja omugezi okuva mu bo yagamba bw'atyi:

“Abantu Abakulayishi! Temutabika ssente mbi mu mulimu gw'okuzimba Ennyumba Entukuvu. Muleke ssente enkyamu ezaafunibwa okuva mu magoba ku kuwola oba ssente ezaanyagibwa okuva ku bantu abalala nga tebeeyagalidde zireme kukozesebwa mu kusasulira omulimu gw'okuddaabiriza kuno!” (Ibn Hishaam, II, 210; Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 305)

Naye Bannamakka baasigala balemereddwa okukutulawo ensonga olw'okutya nti obusungu bwali bijja kubatuukako singa baagenda mu maaso ne bamanya Ka'aba. Ekitiibwa nökugulimiza eri Ka'aba ebyali mu Bawalabu bwali buvunaanyizibwa obutukuvu obwakuumibwanga obutiribiri okuviira ddala mu biseera bya Bulayimu (emirembe gibeere ku ye). Waliidi ibn Mughiira, Omukulayishi omwatiikirivu, yabaggya ku muguwa bwe yababuuza bw'atyi:

“Ki ki kye mugenderera mu kumenya Ka'aba; mugenderera kirungi oba bubi?”

Baamuddamu nti: “Tugenderera bulungi.”

Kwe kubuuza bw'atyi: “Ba kika! Kye mwagalala okukola mu kumenya Ka'aba temukikola lwa kwagala kulongoosa? Kati mukkakane kubanga Allah Owoobuyinza tajja kuzikiriza abo abaa-gala okulongoosa.” Ng'amaze okubakakasa bw'atyo, Waliidi yakoona ennyondo eyasooka mu kumenya Ennyumba, olwo n'abalala ne bagoberera. (Abdurrazaaq, V, 319)

Baatandika okuzimba ebisenge bya Ka'aba nga buli lunyiriri baluwanirira mu kulunyweza n'olubaawo okutuusa lwe baatuukira ddala waggulu nga bagenda bakola bwe batyo. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Ekitangaala ky'Obulamu, naye yeetaba mu kuzimba ne taata we omuto Abaasi. Ekiseera ky'okuzzaawo Ejinja Eriduugavu mu kifo we lyali liri nga tebannamenya bwe kyatuuka, buli kika kyavuganya ne kinnaakyo nga kyagala ekitiibwa ekkyo kye kiba kikitwala, era nga kino kyavaako okukubaganya ebi-rowoozo okwavaako okuwaanyisiganya ebigambo ebisongovu ebiseera ebimu okwalabikanga okugenda okuvaako okuyiwa omusaayi. Kino nga kyagenda wala okutuusa ab'ekika kya Abdu Ddaari bwe baatuuka okukola endagaano n'ab'ekika kya Adiyi ibn Ka'ab okulwina awamu okutuusa okufa. Ebika byombi ne binnyika emikono gya-



bwe mu bbakuli erimu omusaayi ab'ekika kya Abduddaari gye baa-leeta ng'akabonero akalaga obumalirivu bwe baalina. Abakulayishi baasigala mu kusoberwa nga tebamanyi kiddirira ku bikwata ku Jjinja Eriddugavu okumalira ddala ennaku ssatu oba nny.

Abu Umayya, eyali asinga Bannamakka emyaka, oluvannyuma yayogera gye bali nti:

“Ab'emikwano! Ffenna twagala kisinga bulungi teri kira-la. Temusibiragana bikookolo olw'okukwataganirwa ensaalwa! Muyimirize okuyombagana! Okuva lwe tulemeddwa okukkaanya ku nsong'a eri mu ddiiro kati tuleke omuntu anaasooka okuyingira ng'ayita mu mulyango ogw'Ekifo Ekitukuvu atulamule era ky'anaa-salawo kye tuba tugenderako, ne bwe kinaaba kitya!” Yali asonga ku luggi olwa Banu Shayba olw'Ennyumba Entukuvu.

Mu kiseera ekyo kyennyini Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayingira ng'ayita mu mulyango gwe baali bagamba. Abantu bona abaaliwo baamwenya olw'okulaba nga Omwesigwa y'ayingira. Okwagala Bannamakka kwe baalina n'ekitii-bwa kye baali bawa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) byali byeyongera buli lunaku, nga bwe basala enngamiya, okugeza, bamuyita asabe emikisa.¹⁰⁰

Olwamulaba baasaakaanya nti:

Wuuyo Omwesigwa. Ffenna tuli basanyufu era nga tujja kuma-tira ne ky'anaaba atusaliddewo!”

Nga bamaze okumuyitiram u ebintu nga bwe byali, Muhammadi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalonda omuntu omu omu okuva mu buli kika, oluvannyuma n'aggyako *rida* (essuuka) ye, n'agyalirira wansi, olwo n'assaako Ejinja Eriddugavu.

100 Abdurrazaaq, V, 319; Ibn Kathir, al Bidaaya, II, 304.

Oluvannyuma yalagira buli muntu ku bali abaali bakiikirira ebika byabwe okukwata ku nsonda emu eya *rida*, olwo n'abalagira bona awamu okusitula essuuaka okutuusa Ejjinja Eriddugavu mu kifo we lyali eryokulaga n'alikwata awo n'alizzaawo n'engalo ze mu kifo we lyali liraga. Bw'atyo bwe yasobola okutangira olatalo sinziggu okubalukawo wakati w'ebika.¹⁰¹

Amagezi ago n'empisa ez'enjawulo bwali bubonero obwalanga obwannabbi obwali obw'okusitula Omusajja Ow'ekitiibwa mu bisiera eby'omu maaso okumussa waggulu wa bannabbi bona abamausooka. Abantu baali tebamanyi nti Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyazaalibwa n'akulira mu Makka, nti mu kiseera ekituufu yali wa kufuuka nnabbi. Emyoyo mingi egiali gyekuumira ku kkubo lya *tawuhidi* (okwawula Katonda nti ali Omu) gyali giwulira muli nga Nnabbi Ow'enkomerero yali ali kumpi okujja, era omu ku bano yali Quss ibn Saaidah.

Okwogera Kwa Quss Ibn Saaidah

Quss ibn Saa-idah yali mukulembeze mu kika kye. Yali mutontomi era nga mugoberezi wa ddiimi ya Isa (emirembe gibeere ku ye). Okubuulira kwe yakola mu kiseera ky'omwoleso gw'ebey'obusuubuzi ogwe Ukaz eri abantu abangi ennyo omwali n'eyali ow'okubeera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), mwe yayogerera ku kujja okulindwa, kukyajjukirwa olw'amagezi agaakulimu:

“Abange abantu!

“Mujje, muwulirize era tuyige!

101 Ibn Hishaam, I, 209 – 214; Abdurrazaq, V, 319.



“Omuntu oyo yenna awangaala afa, ate oyo afa azikirira ate buli kijja kyakutuuka. Enkuba etonnya, omuddo gumera n’abaana baddire bakadde baabwe mu bigere. Oluvannyuma bona bagenda. Ebizuuka tebiggwayo; byonna bijja bigoberegana.

“Muwulirize mutegere amatu ebigambo byange! Eggulu lijjudde amawulire, ettaka lijjudde eby’okuyiga ebisaana okutwalibwa. Ensi mutto ogwaliriddwa ate eggulu kasolya akawanvu. Emmunyeeny zija kuggwaawo ate ennyanja zikalire. Oyo yenna aija (awangaala) agenda (afa) ate agenda (afa) takomawo. Ani amanyi? Baabeera bulungi eyo gye bali olwo ne basalawo okusigalayo oba baakwati-rwayo ne beebaka?

“Ndayira nti waliyo eddiini Katonda gy’ayagala okusinga eyo gye mugoberera.

“Era waliyo Nnabbi agenda okujja; era ng’okujja kwe kuli kumpi kutuuka. Ekiisiikirize kye kiseeyeyeza ku mitwe gyammwe. Oyo akkiriza Nnabbi oyo n’awummulira mu kitangaala ky’obulung-gamu afuna emikisa. Ate okubonaabona kuli eri oyo amugyemera n’amuwakanya!

“Okubonaabona kuli eri abo abamalira obulamu bwabwe mu butamanya.

“Abange abantu!

“Mwewale abutafaayol! Buli kintu kya kuggwaawo. Obutaggwaawo buli eri Owoobuyinza Yekka, Oyo Omu, atalina kimwegattako kyonna, era atalina kimufaanana. Ye Yekka asinzibwa mu butuufu. Tazaala, era teyazaalibwa.

“Eby’okuyiga ebingi birindiridde okuggyibwa mu abo abaayita.

“Abantu b’e Iyaad! Bataata bammwe baliwa ne Bajajammwe? Abantu b’e Aad ne Thamuud abaazimba embiri empitirivu obulungi

n'ennyumba ez'amayinja? Nimuroodi aliwa ne Falaawo (Pharaoh), oyo ng'ali mu by'obugagga by'ensi eyagamba abantu be nti, 'Nze katonda wammwe asinga obunene?'

"Ensi yamaliriza nga bona ebagaayirizza mu kyuma kyayo ekisa ebintu. N'amagumba gaabwe gokka kati gaavunda dda, ne gasasaasaana. Ennyumba zaabwe zaafuuka dda matongo, nga kati zisulwamu mbwa. Temufuuka abatafaayo nga bo! Temukwata makubo ge baawkata! Buli kintu kisaanawo, okuggyako Owoobuyinza Yekka y'atasaanawo.

"Waliwo amakubo mangi ag'okuyingira mu nnyanja y'okufa, naye eky'okusaalirwa tewali kkubo lifulumu mu kufa! Buli kintu ka kibere kinene oba kitono kisenguka. Kyonna ekyatuuka ku balala nammwe kigenda kubatuukako!" (Bayhaqi, Kitaabu Zuhud, II, 264; Ibn Kathir, al Bidaaya, II, 234 – 241; Haythami, IX, 418)

Bwe yayogerera ebigambo bino ebirungi bwe bityi, era n'afa nga wayiseewo akaseera akatono, Quss ibn Saa-idah yali tamanyi nti omuntu gwe yali alanga ow'okujja mu biseera eby'omu maaso – Nnabbi Muhammad (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) – yali awo naye ng'awuliriza. Wabula ekika kya Quss kyonna, olwamanya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), kyamukkiriza.

Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agambibwa okugamba abantu ab'omu kika ekyo abajja okumulaba nti:

"Ssiyinza kwerabira bigambo bya Quss ibn Saa-idah bye yayogerera mu mwoleso gw'eb'yobusuubuzi ogwe Ukaaz, bwe yali ali ku nngamiya ye waggulu, n'agamba nti: "Oyo yenna awangaala afa, ate buli yenna afa aggwaawo era buli kyonna ekirina okuzuuka kya kuzuuka."



Oluvannyuma Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yababuuza oba waliwo omuntu n'omu ku baali bakyaliwo eyali ayinza okujukira ebigambo bya Quss era nga yali ayinza okubiddamu nga bwe yabyogera. Buli omu kumpi yali akyabijjukira, ekintu ekyasanyusa ennyo Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Awo, Abu Bakari (Allah amusiime) naye kwe kwogera nga bwe yali yakwata bukusuba ebigambo bya Quss ibn Saa-idah era nga yali ayinza okuddamu okubyogera, engeri naye gye yali yaliwo ng'abyogera. Okukakasa kino yaddamu n'ayogera ekitontome kyonna mu bujjuvu.

Abu Bakari olwamaliriza, omusajja omulala okuva mu kika kya Ba Saa-idah yayimiira naye n'ayogera ekitontome kya Quss ibn Saa-idah, nga bw'abategeeza nga Nnabbi bwe yali ow'okuva mu b'Ennyumba ya Hashim. (Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 234 – 241)

Ku bya Quss ibn Saa-idah Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

“Allah asaasire Quss ibn Saa-idah. Ajja kuzuukizibwa ng'ekibiina ekyetongodde ku Lunaku lw'enkomererero.” (Ibn Kathiir, al Bidaaya, II, 239)

Olusirika Lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Mu Mpuku Ey'e Hira Nga Obubaka Tebunnaba Kutandika Kukka

Nga okukka kw'Obubaka kuli kumpi, Omubaka eyali alindwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeesanga ng'ebiseera ebisinga abeera mu kulowoolerezza na kufumiitiriza, ng'ali yekka, yeesambye abantu. Ebiseera ebimu yayinzanga okuva awaka n'ava ne mu Makka n'agenda ewala okunoonya aw'okubeera awasirifu. Ebiseera bingi ng'ali mu kkubo, yayinzanga okuwulira

amayinja agali ewala, n'emiti ku kkubo nga bimulamus a n'ebigambo, 'emirembe gibeere ku ggwe Omubaka wa Allah'. Olw'okwagala okulaba bannannyini maloboozi, yamagamaganga naye nga talaba ku muntu alaba miti na mayinja.¹⁰²

Oluvannyuma, Nnabbi Ow'emikisa ayogerwako ng'eyagamba nti, 'Nzijukira okubeerayo ejinja mu Makka eryannamusanga nga sinnaba kufuna Bwannabbi. Ne kaakati nyinza okulaba ekifo we lyabeeranga.' (Muslim, Fadhma-ilu, 2)

Kino kikakasibwa ebigambo bya Ali (Allah amusiime) bye yayogera nti: "Lumu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nange twali tulina gye tulaga e Makka, ebiseera we twabeerera mu kibuga. Bwe twali tuyita ku miti n'amayinja, nasobola okubiwlira nga bimulamus a n'ebigambo byennyini ebigambo nti, Assalaam alayka yaa Rasuulullaah." (Tirmidhi, Manaaqib, 6 / 3626)

Muhammad (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali afunye empisa y'okusirikanga mu Mpuku y'e Hiraa¹⁰³ mu mwezi

102 Ibn Sa'adi, I, 157.

103 Hiraa linnya lya mpuku eri ku lusozi olumanyiddwa nga Jabalu Nnuur, oba Olusozi Iw'Ekitangaala Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye yafunira Obubaka bwe obwasookera ddala. Eri mu mambuka g'obuvanjuba bw'e Makka era eri mu buwanvu bwa kilomita ttaano okuva e Makka. Empuku y'e Hiraa erina ekifo kya maanyi ky'ekwata mu bulamu bwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Empuku eri ku mita ntono nnyo okuva ku ntikko y'olusozi, eriko ekituli ekyagalal okufaanana ekinnya nga kiyooyoot kiri wakati w'amayinja ag'olusozi nga geetuumye bulungi buli limu nga litudde ku linnaalyo. Ka'aba ogirengera bulungi ng'oli mu mulyango gw'empuku. Omuntu asobola busobozzi kuyimiriram; wadde ng'omuntu asobola okulaba ebifo ebyetoolodde, nga ne Ka'aba mw'ogitwalidde, omuntu asobola bulungi okugyekwekamu n'allowoolerezaamu. Nga Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannaba kugikozesa, ne Bahaniifu b'e Makka nabo baatwalanga omukisa ne balowoolerezaamu (ne basirkiram) olw'obusirifu bwe yalina era ng'omu ku bano yali Abdul Muttwalib, jajja wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah



gwa Lamanzaane kumpi okumalako omwezi gwonna. Mu mwezi ogwo yafangayo okuliisa abanaku n'abo abaabeeranga n'obwetaavu n'abataalina mwasirizi. Yeetooloolanga Ka'aba buli lwe yaddanga eka okuva mu Mpuku era ng'eyo nayo yali agifudde mpisa.¹⁰⁴

Eyalii alindiridde okufuu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bulijo eby'okusinza amasanamu abantu bekika kye kwe baakolanga yabinyoomanga, era nga lubeerera enkola eyo agyesambira ddala. Okusinza kwe ng'alii yekka kwalimu okulowoolereza mu ngeri eggulu n'ensi gye byatondebwamu, nga jajja we Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bwe yakolanga, n'okwetegereza Ka'aba ng'asinzira ku Mpuku.¹⁰⁵

Ng'agenda mu Mpuku Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yateranga okutwala eby'okulya n'okunywa ebitonotono, era nga bwe byamuggwangako ng'addayo ewa Khadiija (Allah amusiime) okunona ebirala, olwo n'alyoka addayo mu Mpuku.¹⁰⁶ Olumu yayinzanga n'okugenda ne Khadiija (Allah amusiime).¹⁰⁷

Ng'ali eyo mu Mpuku y'e Hira mu lusirika, Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), yayinzanga okulaba ebitangaala era n'awulira amaloboозi, ekyamutuusa okutya nti ebintu eby'ekika ekkyo byali biyinza okubeera ebiranga nga byekuusa ku kulagula oba eddogo. Ebyo ebyamutuukangako n'obweraalikirivu, yayinzanga okubiyitiramu Khadiija (Allah amusiime), nga bw'amugamba nti:

n'emirembe bibeere ku ye) yennyini, oyo olw'obunywevu bwe mu kukkiriza Allah Ow'ekitiibwa n'O lunaku lw'enkomero nga lwe lw'okufunirako empeera n'ebibonerezo, yebbangaa n'agenda mu Mpuku ne yeemalira mu by'okusinza. (Fuat Günel, DIA, "Hira" entry, XVIII, 121 122)

104 Ibn Hishaam, I, 253 254.

105 Ayni, I, 61; XXIV, 128.

106 Muslim, Imaan, 252.

107 Ibn Hishaam, I, 254.

"Khadiija ntidde nti nnandifuuka omulaguzi so ng'ate nga ndayira Allah Owoobuyinza teri kintu kye ntamwa ng'okulagula n'amasanamu!" Naye Khadiija (Allah amusiime) yamuddangamu ebigambo byokka ebirimu okugumya n'okuzzaamu amaanyi nti:

"Kizibwe, toyogera bw'otyo.¹⁰⁸ Allah tayinza kukufuula mula-guzi." (Ibn Hishaam, I, 195)

Ekiseera eky'okusirika nga Obubaka tebunnaba kukka kyali kiseera kya kuteekateeka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ng'ensigo esindika omutunsi okuva wansi mu ttaka. Embeera mukiseera kino yennyini nga bwe yali ey'ekiseera eky'oku-teekateeka Nnabbi, bulijjo ejja kusigala nga kyama gye tuli. Naye awo ensigo z'obukkiriza we zaasimbirwa era omuliro gw'ebiyengera ebitaggwaawo ne gukoleezebwa; era n'Okukka kwa Kulaane, eyo eky'okulunngama ky'abantu bona, we bwatandikira.

Ku ngulu, okugenda kwa Nnabbi Ow'emikisa mu Mpuku ky'ava ku bubuze bw'abantu n'ennaku gye yawuliranga ey'obutali bwenkanya obwakolebwanga Bannamakka aboonoonefu. Naye mu butuufu bwakyo okuva kwe mu bantu kwali kutegeka mutima gwa Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okutukuzibwa obutasigalamu bbala lyonna, olwo Kulaane Entukuvu ekke nga tewali kakiki yenna era etegeerwe abantu bona. Kino kyalinda okumyansa okw'omwoyo okuva ku masannyalaze ag'amaanyi ag'omukwano ogw'ekyama wakati wa Katonda Owoobuyinza n'omwagalwa we mu mpuku eyeesambye amaaso g'abantu. Ng'ettaka erikola ekyuma bwe libuguma ne likwata lifuuka ekyuma olw'amaanyi ag'omunda, n'ekiseera kye Hiraa kyali kya kwongera maanyi ga Nnabbi ag'omunda asobole okufuna Obubaka bwa Katonda n'okwetikka egugu eddene eryo omuntu owa bulijjo lye yali tasobola kwe-

¹⁰⁸ Ebigambo nga "kizibwe" Abawalabu batera okubikozesa nga boogera n'omuntu. Si bulijjo nti bitegeeza nti waliwo oluganda olw'omusaayi.



tikka. Tekisoboka n'okulowooza obulowooza nti waliwo ebirowoozo ebitayinza kubetenteka mu butundutundu nga bigezaako okutegeerera ddala ekyama kino oba olulimi olwogerwa abantu olwandiso-bodde okunnyonnyola obulungi omulamwa gw'ekyama kino.

Ekitegeerwa mu kugenda kwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu mpuku y'e Hiraa ne mu *itti-kaafu* (okumala akaseera mu muzikiti) ennyingi ze yakolanga emyaka eygasembayo mu bulamu bwe, kye kiraga nti omuntu ne bw'akola ekikolwa ekinene kitya, okutuukirira okw'omwoyo kujja kusigala nga kumwesambye ebbanga ly'amala nga tazze ku kweyawula okusobola okwekenneena omwoyo gwe n'okwebala n'okulowoolereza ku ntambula y'amaanyi ga Katonda agajugumiza ensi eno yonna. Kino kye kisembayo obutono mu byetaagisa eri Abasiraamu bonna. Wabula eri abo abagenda okufuuka abalunngamya abalala, beetaaga okufissaawo akadde akasingako nga balowooza n'okufumiitiriza ku mwoyo.

Okuva ku *ayah* eyasooka okukka okutuusa ku *ayah* eyakomererayo, Kulaane Entukuvu etendeka omuntu okufumiitiriza, ng'emuyingizaamu eky'okubeera omuddu wa Katonda mu makkati g'ebirowoozo byonna. Olwo Iwokka abukkiriza we bufuukira ekitundu ku ye, nga bumutwaliriza okunoonya okusiima kwa Allah Owoobuyinza buli w'abeera na buli kiseera. N'okweyoleka kwonna, nga kuyita mu magezi, n'ekitiibwa kya Katonda n'Amaanyi ge mu mutima, omuddu afuna mpolampola okubeera okumpi ne Katonda, olwo n'atuuka ku kigendererwa ekisembayo.

Ekimu ku bintu ebisinga obukulu Omukkiriza by'aba nabyo ye *muhabbatullaah*,¹⁰⁹ okwagala Allah Oweekitiibwa. Oluvannyuma

109 *Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayogeranga ebigambo bino okuwandanjagira Allah amuwe okwagala kwe:*

اللَّهُمَّ إِنِّي أَسأَلُكَ حُبَّكَ وَحُبًّا مَنْ يُحِبُّكَ وَالْفَعْلَ الَّذِي يُتَّلَغَّى حُبَّكَ
اللَّهُمَّ اجْعِلْ حُبَّكَ أَحَبَّ إِلَيَّ مِنْ نَفْسِي وَأَهْلِي وَمِنَ الْمَاءِ الْبَارِدِ

Iw'okukkiriza, ekintu ekisinga obukulu ekiviirako omuntu okufuna Okwagala Katonda kuyita mu kulowoolereza okw'olubeerera mu mikisa gye n'okusaasira kwe, okulowooza ku kitibwa kye, n'Amaanyi ge n'olu-vannyuma bulijjo okujukira n'okumusaba olutatadde n'okumwogerako n'omutima n'olulimi.¹¹⁰ Okufuna embeera zino mu ngeri esinga okutuukirira, omuntu aba alina okukuma omutima gwe okuguggyamu okwekuza n'okwettanira ebintu by'ensi olwo n'adda ku kwewaywula.

Ekintu omuntu ky'alina okulowoozaako wano, kwe kugamba nti ekigambo *khalwat*, oba okwewaywula, wano si kwesambira ddala bantu n'okussa amaka mu mpuku, ensozi oba ebifo ebisulwamu ebyesambye abantu. Enkola ey'ekika ekyo eba eyawukana n'enkola ya Nnabbi (oku-saasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Basswahaba be.

Omuntu kye yeetaaga kwe kujukizibwa ebigambo bya Nnabbi (oku-saasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kennini bye yagamba nti:

“Omusiraamu asula mu bantu n'agumira emitawaana egiva mu kino, mulungi nnyo okusinga oyo abeera mu bifo ebyesambye abantu n'ebizibu byabwe.” (Tirmidhi, Qiyaamah, 55)

“Allah! Nkusaba ompe okwagala kwo n'okwagala oyo akwagala, n'okukola omulimu oguntuusa ku kwagala kwo! Katonda wange! Nkusaba ofuule okwagala kwange gy'oli nga kwe kusinga obungi okusinga engeri gye nneeyagalamu niengeri gye njagalamu abantu bange n'amazzi agannyaogoga!” (Tirmidhi, Da'awaat, 72)

110 Mu kuvvuunula aya eno wammanga:

بِأَيْهَا الَّذِينَ آمَنُوا اذْكُرُوا اللَّهَ كَثِيرًا

“Abakkiriza mujukire nnyo Allah” (al Ahzaab, 33 : 41) Ibn Abaasi (Allah amusiime) yagamba bw'atyi:

‘Buli kikolwa kyonna eky'etteeka, Allah Oweekitiibwa kye yalagira abaddu be yakiteekako ekkomo ate ng'abantu abalina ensonga ezibasoniyisa nga tebalina kubikola. Naye okumujukira n'okumwogerako (*dhikr*) tekiriimu mu bino, kyo Allah Oweekitiibwa teyakissaako kkomo. Era ku kyo takkiriza nsong'a abo abatakola dhikr gye bawa ebejeezeza, okuggyako abo ababa bagudde eddal. Yalagira buli muttu okubeera mu mbeera y'okumujukira buli kiseera.’ (Twabari, XXII, 22; Qurtubi, XIV, 197)



Ebuntu bingi Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), okuva ku kulunda, okwetaba mu ntalo za Fijaar n'ekibiina kya Hilful Fudhwul, okusuubula kwe, n'okuyamba mu kuddamu okuzimba Ka'aba, byonna bijulira okubeera kwe mu bantu, obubaka ne bwe bwali tebunnaba kutandika kukka. Ng'oggyeeko ebuntu ebirungi abantu be bye baakolanga, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu ngeri y'emu yakakasanga nti yeesambye ebibi byonna bye baakolanga, nga mw'eyyo tebakwata kkubo limu.

Omulumwa gw'okudda mu kweyawula ye muntu okwongera okutereeza embeera ye. Omuntu omulwadde okuvumulwa, eddagala lirina okunywebwa mu biseera era ne mu bigero ebituufu. Omuntu bw'alinywa n'asussa ekipimo ekituufu lireeta bizibu mu kifo ky'okuyamba okuvumula.¹¹¹

Okuwumbawumba Ku Bikwata Ku Buto N'obuvubuka Bwa Nnabbi Ow'emikisa

Allah Oweekitiibwa, yatonda Omwagalwa we n'amuteeka mu nsi ng'amusengezze okumuyisa mu lulyo olusinga okubeera olw'ekitiibwa era olusinga obutukuvu okutandikira ddala n'olupapula olu-sooka mu kitabo ky'obuntu. Ng'awa obusukkulumu olulyo luno okusinga ku bantu abalala mu bintu ebingi, Allah Owoobuyinza yafuula buli omu mu bajajja ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) omuntu ow'ekitiibwa era agulumizibwa mu kiseera kye, nga bwe kiragibwa obulungi mu nnyiriri zino wammanga:

*Ekimuli kya looza bwe kityo bwe kiri lwa kubeera looza ku kikolo kyakyo,
Lunyiriri lwa looza lwokka lwe lusobola okuggyayo Nnabbi...*

111 Bütì, olup. 79 – 82.

Okutandikira ddala ne Adamu (emirembe gibeere ku ye), omuntu era nga ye Nnabbi eyasooka, buli Nnabbi yakuba eki-rayiro okukkiriza Omubaka Ow'enkomerero (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'okulanga okujja kwe, ekintu ekyawagirwa ebintu ebingi ebyagwawo ebyali byogera ku kujja kwe. Allah Oweekitiibwa, bw'atyo yalaga Nnabbi Omwagalwa we, oyo gwe yawaayo eri obuntu, n'obubonero bwe bwonna, n'ayanguyiza ekkubo abaddu be abalina obwongo obulamu okukakasa okumukkiriri-zaamu singa aba abajjidde.

Mu kumuleka nga mulekwa atalina bazadde, Allah Owoobuyinza Yennyini yatwala eky'okutendeka omwoyo ogw'emikisa era ekyo n'akyeyawulira, n'amuteekamu empisa ezisinga obulungi. Bwe yamuwa okuloza ku bukaawu bw'okubeera atalina mwasirizi era atalina buyambi, Allah Oweekisa yamusobozesa okutuuka ku ntikko y'okusasira, ekisa, okulumirwa n'okufiiririra abantu abo be yali agenda okuweebwa mu biseera ebitaali bya wala.

Bwe yakuuma Omwagalwa we okuva mu mpisa ezeenyinyla-wa ez'Ebiseera Byobutamanya, Katonda Owoobuyinza teyakkiriza kabala konna akasembayo obutono okukyafuwaza essuuka etukula ng'obwo bwe bwali obulamu bwa Nnabbi, n'akakasa okweyoleka kw'obulungi obusinga okubeera waggulu mu mpisa ze.

abantu baamumanya ol'webitendo ebirungi bye yalina nga mwe mwali obwesigwa, okwesigika, obwesimbu, okugaba, okwes-samu ekitiibwa n'obuteerabira, n'ebitendo ebya waggulu nga amagezi n'okulowooza, ebyabakaka okumwesiga mu buli nsong. Allah Owoobuyinza yassa mu ye ebintu byonna ebirungi n'ebitendo ebisinga okubeera eby'okulabirako, n'abalabe bye baatuuka okumatira. Baali balabe be abaamupaatiikako erinnya lya al Amiinu, Omwesigwa, nga n'obwannabbi tebulinaako na we bwabadde. Okusalawo eggoye Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku



ye) kwe yakola ku Ka'aba kukakasa ku kifo ekitenkanika kye yalina mu maaso g'abataka b'e Makka. Kyali tekiyinza na kubaggyira mu magezi nti waali wayinza okubeerawo obutaba butuufu mu bigambo bye oba nti empisa ze zaali ziyanza okubeeramu enkenyera yonna. Tebaabuuusabuusaamu mu ddaala ly'obwesimbu bwe yalina awo wonna we baanoonyezanga obuyambi bwe era ebintu byagendanga bulungi ng'abikuttemu.

Ku ludda lw'empisa, Allah Owoobuyinza yatonda Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu ngeri esinga obulungi era n'akakasa ng'awangaala mu ngeri y'emu ennungi, okuva lwe yali agenda okubeera eky'okulabirako ekisingga yo eri abantu abalala nokubateeka ku kkubo ery'obulunngamu. Omuntu atera kwagala kubeera na bantu abalina empisa ez'enjawulo, so ssi abo abalina eby'okufuna eby'ensi. Wabula ne bwe babeera n'ebitone eby'enjawulo bitya, abantu bo bagoberera abo abalina eby'okulabirako ebirungi.



Ekiseera Ky'obwannabbi Ekyc'e Makka



EKITUNDU EKY'OKUBIRI

EKISEERA KY'OBWANNABBI EKY'E MAKKA

Entandikwa Y'Obubaka Okuva Eri Katonda: Ebirooto Eby'amazima

Oluvannyuma lw'obuvubuka bwe obwali bujjudde obwesimbu n'obutuukirivu obutalabikalabika ebyeyolekera mu bulamu bw'awa-ka obutaalimu kinenesa, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyali ensonga y'okutonda, yafuuka Nnabbi oluvannyuma lw'emyaka amakumi ana. Emyezi mukaaga nga tannaweza myaka amakumi ana, Katonda Ow'ekitiibwa yamu-tandikirawo essomero ettukuvu mu Makka nga lyabeeranga mu Mpuku ye Hira.

Mu nsisinkano zino ez'okugunjuala n'okulunngamya , mu ngeri lubeerera ejja okusigala nga kyama wakati we ne Katonda we, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yafuniramu okutendekebwa, okutaaliko kkalaamu wadde olu-papula, nga ku nkomerero ya byonna yali ateekeeddwatereeddwa okufuna Obubaka Obutukuvu.

Ekiseera ekyasooka mu kitundu eky'emyezi gino omukaaga egyptokumuteekateeka, eyali alindiridde okulya Obwannabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yafunanga embeera oluvannyuma ezaatandika okumanyika nga 'ebirooto ebituufu' (ar-



ru'ya as swadiqa), ng'ebintu bivaayo ne bibeera nga Omubaka Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yabanga abirose. Ku nsonga eyo, Ayisa (Allah amusiime) anyumya bw'atyi:

“Obubaka obwakka kuMubaka wa Allah okusooka bwatandika ng'ebirooto ebituufu ng'ali mu tulo; ebirooto ebyeyolefu, ebyatuukiriranga nga bwe yabanga abirose ng'ekitangaala ky'oku makya.”
(Bukhari, Bad'ul Wah'y, 3)

Okuva Obwannabbi bwe buli obuvunaanyizibwa obunene, Malayika Omukulu Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) okusooka yamulabikiranga mu birooto bye, okusobola okumwanguyiza okumuteekateeka olw'obuzibu obwali bumulindiridde, n'okumuteeka mu mutima gwe okwagala eddimu lye yali agendako.

Okusinziira ku alipoota okuva ku Alqama ibn Qays, buli kintu Bannabbi kye baweebwa, ka gabeere magezi, biragiro oba okubagaa-na ebintu, bulijo bisooka kubalabikira mu birooto, oluvannyuma ne biryoka biragibwa mu mbeera y'Obubaka obutongole.¹¹²

N'olw'ekyo, ebirooto bibalibwa ng'ekkubo erimu bannabbi mwe bafunira Obubaka, era nga kino kiyinza okulagibwa mu kifaananyi ekimu okuva mu Kulaane:

يَا بْنَيَ إِنِّي أَرَى فِي الْمَنَامِ أَنِّي أَذْبَحُكَ فَانْظُرْ مَاذَا تَرَى ...

“Mutabani! Mazima nze nnalabye mu kirooto nga nkuwaayo nga saddaaka... Kati olaba otya?” (as Swaffaat, 37 : 102)

Kiteekwa kitegeerekeke nti wadde ng'amaaso ga Bannabbi gayinza okwebaka naye emitima gyabwe tegyebaka.¹¹³ N'olw'ekyo,

112 Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 55.

113 Al Bukhari, Manaaqib, 24.

teri muziziko gwonna ogugaana bannabbi okufuna Obubaka ne bwe babeera mu birooto byabwe.

Ekikwata ku butuufu bw'ebirooto, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agambibwa okubeera nga yagamba, mu kiseera ky'obulamu bwe ekyasembayo, nti:

“Ekimu eky'amakumi ana mu omukaaga eky'Obwannabbi kibeera birooto ebituufu.” (Bukhari, Taabir, 26; Muslim, Buyuu, 6)

Kisanyusa okulaba ngékiseera ekyemyezi omukaaga kino nga kikwataganira ddala n'ekimu eky'amakumi ana mu omukaaga egyemyaka amakumi abiri mu esatu gye yamala nga Nnabbi.



EMYAKA ESATU EGYASOOKA EGY'OBWANNABBI: OKUKOOWOOLA ABANTU MU KYAMA

Obubaka Obwasooka n'Okwesibamu Kw'obubaka

Oluvannyuma lw'okujjuza emyezi omukaaga egy'okuteekebwa-teekebwa mu kutumbuka kw'omwoyo era nga kati yali atuuse okufuna Obubaka okuva eri Katonda, Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali kati aweza emyaka amakumi ana egy'obukulu.

Lwali lunaku olw'ekkumi n'omusanvu mu mwezi gya Lamanzaane. Omutukuvu.¹¹⁴ Nnabbi Ow'ekitiibwa yali mu Mpuku ye Hiraa nga bulijjo, Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) n'amulabi-kira era amangu ddala n'amugamba nti:

“Soma!”

Nnabbi omwagalwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu nti “Sisobola kusoma”.

Awo, Malayika n'akwata Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amunyweza n'amunyiga nnyo okutuuka okuba nga takyasobola kussa. Oluvannyuma n'amulagira omulundi omulala nti:

114 Ibn Sa'adi, I, 194.



“Soma!”

Naye Nnabbi, Ekitangaala ky’Obulamu, yamuddamu mu ngeri y’emu nti:

“Sisobola kusoma!”

Malayika yaddamu n’amukwata omulundi ogw’okubiri, n’amunyiga olunyiga olwamuleka nga takyasobola na kuiyimirira, ng’eno bw’addamu okumulagira ekintu kye kimu nti:

“Soma!”

Kyokka era Nnabbi Ow’emikisa yadamu nti: “Sisobola kusoma!”, ng’alinga agamba Malayika okumulagira ddala kye yali ayagala asome.

Jibiliiru (emirembe gibeere ku ye) yaddamu n’anyiga Ekitangaala ky’Obulamu (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) omulundi ogw’okusatu n’amaanyi mangi oluvannyuma n’amuta, era akaseera katono n’amussiza Obubaka obwasooka nti:

إِقْرَأْ بِاسْمِ رَبِّكَ الَّذِي خَلَقَ خَلْقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلْقٍ اَقْرِأْ
وَرَبُّكَ الْأَكْرَمُ الَّذِي عَلَمَ بِالْقَلْمَنْ عَلَمَ الْإِنْسَانَ مَا لَمْ يَعْلَمْ

“Soma: Mu linnya lya Katonda wo Oyo eyatonda; eyatonda omuntu ng’amujja mu kitole ky’omusaayi. Soma: ne Katonda Omugabi; Oyo eyasomesa ne kalaamu... eyasomesa omuntu ekyo kye yali tamanyi.” (al Alaq, 96 : 1 – 5)

N’ekiragiyo kino okuva ewa Katonda, okukka kwa Kulaane Entukuvu, ekyengera ekisingira ddala obunene okuva ewa Katonda eri abantu bona, kwatandika olugendo lwakwo nga kuyita mu Muhammadi, Omubaka wa Allah Oweekitiibwa.

Bwe zityo *ayah* ezo eza Kulaane Ennyinyonnyofu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ze yasooka okufuna okuva mu Ggulu ng'ensibuko y'okusaa kira n'amaanyi. Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) yayisaawo akaseera katono n'agenda olwo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'adda eka ewa Khadiija (Allah amusiime) ng'akankana olw'entiisa etegumiikirizika gye yali atuuseeko nga bw'agamba nti:

“Khadiija, mbikka, mbikka!”

Nga wayiseewo akaseera katono, Omubaka Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayitiramu mukyala we, maama waffe Khadiija (Allah amusiime), omukazi ow'ekitiibwa gwe yawangaala naye obulamu obw'amaka ageeyagaza agalina okulabirwako abantu bonna, ebyali biguddewo, nga bw'amubuuza mu kweraaliikirira nti:

“Khadiija, kati ani agenda okukkiriza bye njogera?”

Wabula omukazi ow'ekitiibwa yakakasa mukwano gwe ow'obulamu bwonna nti:

“Nkukakasa nti Allah tajja kukuswaza; kubanga okuumma olu-ganda, otwala obuvunaanyizibwa okufa kw'abo abatasobola kwerabirira, owaayo saddaaka eri abeetaavu, okola ebirungi okusinga abalala bonna, oyaniriza abagenyi ng'obassaamu ekitiibwa n'okubagulumiza era oyamba abo abafuba okukola obulungi. Nja kukukkiriza era mbeere omuntu asooka okukikola, ne bwe wanaabeera nga tewali muntu mulala akikoze. Leka mbeere omuntu gw'osooka okukoowoola eri ekkubo eryo ly'oyita abantu okugendamu!”

Ebigambo ebyo eby'emikisa byafuula Khadiija (Allah amusiime) omuntu eyasooka okukkiriza amazima bba ow'ekitiibwa ge yaleeta era n'okumuyamba mu ddimu lye yali agendako.



Mu bigambo ebirala, Khadiija (Allah amusiime) kye yali agezaako okugamba bba kyali nti ekirungi tekirina kye kivaamu okugyako ekirungi era obuntubulamu tebuyinza kuvaamu kirala okugyako obuntubulamu. Mu butuuufu, yali talina ky'asuubira okuva mu butukuvu bw'empisa ez'emabega entuukirivu okuggyako ebiseera eby'omu maaso ebirungi, nga mu kino yalinga addamu ebigambo bya Kulaane ebyali bijja okukka oluvannyuma nti:

هَلْ جَزَاءُ الْأَحْسَانِ إِلَّا أَلْحَسَانٌ

“Waliwo Empeera y'Obulungi okuggyako Obulungi?” (ar Rahmaani, 55 : 60)

Khadiija teyalwa n'atwala Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ewa Waraqa ibn Nawfal, kizibwe we ku ludda lwa taata we, era nga yali muntu atalabikalabika eyali tasinzanga ku masanamu mu biseera by'Obutamanya. Waraqa yali amanyi olulimi olu Hebrew ekyamufuula kafulu mu Bayibuli. Yali mukadde nnyo nga yaziba n'amaaso. Khadiija (Allah amusiime) olwatuuka kwe kumugamba nti:

“Kizibwe wuliriza kizibwewo ky'agenda okukugamba.”

Waraqa yayagala nnyo okumanya ekyali kiguddewo kwe kubuuza Khadija (Allah amusiime) nti: “Ki ki ekiguddewo kizibwe?” era awo Nnabbi Ow'emikisa we yamuttottolera byonna bye yali alabye.

Waraqa bwe yategeera obutuufu bw'ebyo ebyali bimutegeezeddwa wano na wali n'amazima amakusike agaabirimu, yafuna akamwenyumwenyu, ate oluvannyuma ne yebbiha mu kulowoole-reza okwatwala akaseera akatono. Oluvannyuma kwe kugamba nti: “Ekyo kye walabye yabadde *Naamuus* (Jibiliiru) Omwatiikirivu Allah Owoo buyinza gwe yatumira Musa. Kale singa mbadde wa

kubeera muto awo w'ogenda okutandikira okukowoola... Singa mbadde wa kuwangaala okulaba olunaku abantu bo lwe bagenda okukugoba mu kibuga."

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumubuuza nti: "Bagenda kungoba mu kibuga?"

Waraqa kwe kumuddamu nti: "Yee. Teri Nnabbi eyali akoowode abantu okudda eri Eddiini entuufu ne batamutuusaako bulabe n'olvannyuma okumugobaganya okuva mu kibuga kye waabwe. Naye bwe kirituukirira ne mpangaala okutuusa mu biseera by'olitan-dikiramu Okukoowoola abantu, nja kukulwanirira."

Eky'okusaalirwa, Waraqa teyawangaala era yafa nga wayise akaseera katono okuva ku kwogeraganya kwabwe; ate n'Obubaka nabwo ne buyimiriramu akumala akaseera (*faträh*). (Bukhari, Bad'ul Wahy, 1; An'biyaa, 21; Tafsir, 96; Muslim, Imaan, 252)

Mu *ayah* ezakka oluvannyuma, Allah Oweekitiibwa yagamba Nnabbi we bw'atyi:

وَكَذِلِكَ أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ رُوحًا مِّنْ أَمْرِنَا مَا كُنْتَ تَدْرِي مَا
الْكِتَابُ وَلَا الْإِيمَانُ وَلَكِنْ جَعَلْنَاهُ نُورًا نَهْدِي بِهِ مَنْ شَاءَ
مِنْ عِبَادِنَا وَإِنَّكَ لَتَهْدِي إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ

"Era bwe tutyo twakutumira Omwoyo ogwekigambo kyaffe. Wali tomanyi Ekitabo kye kki wadde obukkiriza naye twakikufuulira ekitangaala, nga tulunngamya nakyo oyo gwe tuba twagadde mu baddu baffe era mazima ddala ggwe olunngamya eri ekkubo eggolokofu." (as Shuura, 42 : 52)



إِنَّا أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ كَمَا أَوْحَيْنَا إِلَى نُوحٍ وَالنَّبِيِّنَ مِنْ بَعْدِهِ

“Mazima ddala Ffe twatuma gy’oli nga bwe twatuma eri Nuuhune Bannabbi abajja oluvannyuma lwe.” (an Nisaa, 4 : 163)

Ku ky’okuba ng’ekigambo ekyasookera ddala mu *wahy* (Obubaka) okussibwa ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nga kyali kiragiro “Soma”, abasajja abagezi mu mutima kino baakinnyyonnyola bwe batyi:

“Soma! Soma buli kintu! Soma Ekitabo kya Allah! Soma Obubonero Bwe! Soma ekitabo ekya buli muntu na buli kifo! Soma osobole okufuna obulunngamu, okwewala okubula! Soma ojjuze obukkiriza bwo! Soma mu linnya lya Allah! Soma mu linnya lya Katonda wo Oyo eyakutonda! Soma mu linnya Lye wadde ng’omuntu yamutonda mu kitole kya musaayi, naye era yamuwa omukisa okusoma, okutegeera n’okumufuala omulunngamu, n’okussa mu nkola ebyo by’aba ategedde! Soma mu linnya lya Allah oyo eyawa omuntu omukisa n’aba ng’asobola okusoma, ekintu ekisinga byonna okubeera eky’okusaasira! Soma osobole okuyiga... Soma buli lunyiriri olukubwa mu nsi yonna n’Ekkalaamu ya Katonda Owoobuyinza! Soma mu linnya lya Allah oyo eyasomesa omuntu ebyo bye yali tamanyi...”

Nga yeeteeka mu mitendera mu kiseera we yayitira mu madaala ag’okukula mu by’omwoyo ag’enjawulo, Mawulaana Ruumi yakozesa ekigambo *bubisi* ng’ayogera ku kiseera kye yamala ng’asoma ebitabo eby’abagwira, *kufumbwa* ng’ayogera ku kiseera we yasomera ebikusike eby’omu nsi, ne *kusiriira* mu kiseera we yasomera ku bikusike Ebitukuvu ebyamufuala evvu.

Ekiragiro “Soma” ekiri mu *ayah* kikulu nnyo; wadde ng’obukulu bwakyo butuukagana n’embeera ey’okuba ng’okusoma okwo kulina okubeera mu linnya lya Allah Oweekitiibwa. Kiraga engeri okusoma gye kulina okukolebwamu.

“Okusoma” si mulimu gwava bweru nga bwe kiri ebikolwa by’okutukuza n’okusengejja omutima mu ngeri ey’ebi’omwoyo okutuu-ka ku ddaala lwe gubeera nga gusobola okutegeera *Ekitabo* niensonga eziri emabega wa buli kintu. N’olw’ekyo, okulagira kulaga obusobobi bw’okusoma n’omutima, omubeera okweyoleka kwonna. Okwongera okukitangaaza, kyetaaga ensi yonna okugitwala ng’ekitabo, ng’em-papula zaakyo, omutima, zibikkuka okusobola okusoma amagezi n’ebikusike Ebitukuvu okuva mu gwo; omulamwa gwa byonna, kwe kugamba, be bantu bonna okusoma, okutegeera n’okuwangaala n’ensi bennyini, n’ekisinga kwe kuwangaala ne Kulaane Entukuvu.

Okuva ku Bubaka obwasookera ddala okukka, kino kiyina okutuukibwako:

Omuntu alina okutandika ebikolwa byonna eby’ekitiibwa mu linnya lyा Katonda Owoobuyinza.

abantu bonna, abaatondebwa mu kitole ky’omusaayi naye ne baweebwa embeera esinga obulungi, tebateekeddwa kwerabira obunafu bwabwe n’obutaba na kye benkana mu maaso g’Amaanyi ga Katonda.

الَّذِي عَلِمَ بِالْقَلْمَنْ . عَلِمَ الْإِنْسَانُ مَا لَمْ يَعْلَمْ

“Oyo eyayigiriza ne kalaamu; eyayigiriza omuntu ebyo bye yali tamanyi. (al Alaq, 96 : 4 – 5) etegeeza abantu bonna obukulu bw’okumanya, ate mu kiseera kye kimu ng’ebajjukiza nti buli kiba kiyigiddwa kiyigibwa lwa kubeera nga kisomeseddwa Katonda Owoobuyinza, nga nakwo kusaasira kunene okuva ewa Katonda.

N’olw’ekyo, bulijjo omuntu ateekeddwa okubeera ng’awulira muli Obunene bwa Katonda we era n’alwanyisa kyonna ekiba kya-gala okumufuula atasiima.



Okuva ku bubaka obwasooka, Obubaka bwasiriikiriramu akaseera akawera nga tebujja. Mu ngeri emu kuno kwali kuteekateka Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) olw'obubaka obwali bugenda okuddako. Okufuna Obubaka okuva ewa Katonda gwali mulimu munene era ng'okubufuna tekyali kintu kyangu. Kino okukinnyonnyola Allah Owoobuyinza agamba nti:

إِنَّا سَنُلْقِي عَلَيْكَ قَوْلًا ثَقِيلًا

“Mazima Ffe (mu kaseera katono) tujja kukussaako Ekigambo ekizito.” (al Muzzamil, 73 : 5)

Oluvannyuma Iw'ékiseera ekyasooka eky'ebirooto ebituufu (eby'amazima), Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yafuna okweraliikirira bwe yalaba Malayika w'Obubaka gwe yali teyeetegekedde ng'amuli mu maaso. Omutima gwe gwasobola kudda engulu ng'amaze kuwlira kugumya kwa Khadiija n'ebigambo bya Waraqa. Bwe yava kwékyo n'atandika okulindirira Obubaka okuddamu okukka, n'atuuka kumpi n'okug-gwaamu obugumiikiriza. Emirundi mingu gye yagenda ku Lusozi lwa Hira, ekifo we yafunira Obubaka omulundi ogwasooka, n'alinda ng'asuubira okuddamu okufuna obubaka obulala.

Obuwagizi obusinga obunene mu kiseera kino eky'akasirii-kiriro yabufuna kuva wa Khadiija ow'ekitiibwa, eyalaga Nnabbi Ow'ekitiibwa omwoyo omulungi, ekisa, okulumirwa wamu n'okusaasira, bye yali tayinza kwerabira oluvannyuma. Kino kyamutuusa okuba nga buli Iw'asala ensolo, nga Khadiija amaze okufa, ng'aweerezaako ab'oluganda lwa Khadiija ku nnyama olw'okujukira Khadija. Ewa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), Khadiija yasigala ng'ali mu birowoozo bye era nga yali tayinza kumwerabira.

Obulamu bwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bujjuppe n'okweyleka okwewuunyisa okutaa-labwako mu Bannabbi abalala abaamukulembera. Ye muntu yekka Allah Oweekitiibwa gwe yayogerako nga "Omwagalwa" we. Okwo ogattako okuba nga mu Bannabbi bona ye ye yekka gwe yabundug-gulako ekitiibwa ky'okulinnya mu ggulu, *Miraaje*.

Obusukkulumu bwa Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwakakasibwa bwe yakulembera ban-nabbi bona mu swalat mu Masjid'ul Aqsa. Ekyama kya لَنْ تَرَانِي ^{لَنْ تَرَانِي} ekya Musa (emirembe gibeere ku ye) kyabbulukira mu قَابِ قُوْسِينَ أَوْ أَدْنَى ^{أَوْ أَدْنَى}.¹¹⁵

115 لَنْ تَرَانِي "Tolindaba!" (al Araaf, 143). Ku lusozi lw'e Sinaayi, Musa (emirembe gibeere ku ye) yali atendekebwa nga yeetegekera okwogera ne Allah Owoobuyinza. Yalagirwa okusiiba ennaku amakumi asatu, ezaayongerwamu endala ekkumi ne zifuka amakumi ana era zonna n'azijjuza, ekintu ekyamusitula okuva mu bulamu obujuppe obwagazi bw'omwuyo ne kimuteekerateekera okwogera okw'okubeerawo wakati we ne Katonda Owoobuyinza. Allah Oweekitiibwa teyayogera ne Musa (emirembe gibeere ku ye) ng'akozesa olulimi ol-wogerwa oba eddoboozi, wabula yakoza ekitendo kye ekya Kalaam, oba okwogera, ekitaaawulirwa wadde okutegeerwa Jibiliiru, oba abasajja ensanvu be yaleeta okubeerawo ng'abajulizi. Musa (emirembe gibeere ku ye) ng'alii mu kwolekerwa kuno yali takyeraba. Nga yeerabidde oba yali ku nsi oba ku Lunaku Iw'enkomerero, yabuuka ensalo zébiseera nékifo. Okwagala okw'amaanyi kwa-muggyamu, nga kuijjuppe omukwano n'essanyu, okulaba Katonda Owoobuyinza bwe yali afaanana, naye nga kino ekitagiro Ekitukuvu kyakiddamu nti: "Tojja kundabal!" Musa (emirembe gibeere ku ye) bwe yawaliriza mu butali bugenderevu okutunula, Allah Owoobuyinza yamulagira atunuulire olusozi ng'era okwagala kwe okulaba Katonda kwali kwakutuukirira singa olusozi lwaliluyinza okugumira okweyleka kwa Owoobuyinza ne lusigala nga luli wamu. Ekitangaala Ekitukuvu bwe kyajja olusozi lwonna lwayatika ne luggwaawo era Musa ekitangabwa kye yafuna kyamuwaliriza okusirika. Bwe yadda engulu, yeeneneza Allah (Oweekitiibwa olw'okubuu ka ensalo we yali alina okukoma. Mu kyafaayo kino omuntu ayinza okuggyamu bino" Teri kifo mu nsi yonna ekiyinza okugumira okweyleka kwa Allah Oweekitiibwa. Kino kikakasibwa nolusozi okubwatuka, olw'obutasobola kugumira n'akantu akatono ennyo mu kulabikirwa Okutukuvu. N'olw'ekyo, ebikwata ku Allah Oweekitiibwa ebyo bintu



Swalat, ekiseera ky'okubeera awamu ne Katonda Owaddala, yaweebwa Abakkiriza bona abajja oluvannyuma ng'okuzza obujja eky'okulinnya mu ggulu mu mbeera y'omutima. Nga ku ntandikwa yalagirwa abantu békibiina kya Nnabbi (Ummah) okugisaala mu laaka amakumi ataano olunaku, omuwendo gwa laaka ezisaalibwa olunaku gwasalibwako ne zifuuka esswala ttaano, nga kino kyava ku kuwanjaga kwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) emirundi egiwera.

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ng'ayita mu kusomesebwa n'okutendekewa Okutukuvu, yafuuka ow'okulunngamya abantu bona, omuvvuunuzi w'ebirabwako mw'eyyo ebitamanyiddwa, era omusomesa w'essomero ly'amazima, wadde nga yali mulekwa ataasoma. Nga Ziya Pahsa bw'ayogera nti:

*Mu ssomero eryo yali tuyizi
Nga Owoobuyinza ye yali musomesa we*

ebyatukwekebwa (ghayb), naye kweyolekera mu bitendo bye, era ng'ekyo kye kitendesa abakkiriza mu Kulaane entakera nti: "...abo abakkiriza mu ghayb". Ekirala ku nsonga eyo kye ky'okuba nga amagezi g'omuntu tegasobola kutegeera kweyoleka kwa kufaanana kwa Owoobuyinza, ekintu ekiragibwa mu kuzirika kwa Musa (emirembe gibeere ku ye). N'olw'ekyo teri kweyoleka kwa Katonda mu nsi yaffe eno, olw'okubulemu bw'amajinni n'abantu okugumira ekitangaala kye.

"نَبِيٌّ مُّصَدِّقٌ لِّمَا بَيْنِ أَيْمَانِهِ وَأَيْمَانِ أَعْوَادِهِ" (N'abeera mu bbanga ly'obusaale obubiri oba n'obutawera...) (an Najmu, 9): ku lunaku lwa miraj, Nnabbi Ow'emikisa yaggiyibwa mu Sidratul Muntaha, Omuti (Lote Tree), awatali kitonde kyonna ekyali kiyisizzaawo, wadde Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye). Ekyazuuka kwali kwegatta, okwo awatali muntu yenna akumanyi bwe kwabeera wadde aliquamanya era nga kwasigala nga kwa kyama ffe okukutegeera, nga kwayogerwako bwogerwa nga "ebbanga ery'obusaale obubiri oba obutawera..."

Bino ebigambo byogerwa okusembeza amagezi gaffe bye gasobola okuteg-eera, mu kulaga ekifaananyi ky'okulabikirwa okw'emirundi ebiri okwa Musa (emirembe gibeere ku ye) n'okwa Muhammadi Mustafa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Musa (emirembe gibeere ku ye) yali atuusizza amateeka agamu. Dawuda (emirembe gibeere ku ye) yali wa kitalo mu kusaba ne zabbuli Allah Oweekitiibwa bye yamuyigiriza. Yisa (emirembe gibeere ku ye) yatumibwa ng'eky'okulabirako mu kweyisa obulungi n'okutya. Muhammadi Mustafa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye byonna yajja nabyo. Nga bw'langirira amateeka, mu kiseera kye kimu yasomesa okusengejja omwoyo n'okusaba Owoobuyinza n'omutima omutukuvu. Empisa ez'ekika ekya waggulu ze yasomesa, yali kyakulabirako ekisembayo obulungi obulamu bwe bwonna. Yawa amagezi obutakwenyakwenyezebw na biwubisa bya nsi eno. Okukyogera mu lulimi olwangu, yakunngaanya byonna abikwata ku ddembe n'obuvunaanyizibwa ebya bannabbi abaamusooka. Ekitiibwa ky'olulyo lwe n'empisa, obulungi n'okutuukirira byonna byekunngaanyiza mu ye.

Awatali kubuusabuusa, emyaka gye amakumi ana egy'obulamu bwe ye yali entandikwa ey'amaanyi ey'okukyuka kw'ebyaaya by'omuntu. Yamala emyaka amakumi ana mu bantu abatamanyi, mu kiseera ekkyo obutuukirivu bwonna bwe yafuna oluvannyuma bwasigala nga kyama eri abantu bona. Mu kiseera ekkyo yali tamanyiddwa ng'omuntu ayinza okukulembera eggwanga. Bitono ebyali bimanyiddwa ku busobozi bwe obw'okusengka ebigambo. Okugamba nti yali wa kubeera muduumizi ow'amaanyi ekkyo kyali wala; naye kitono ekkyali kimumanyiddwaako ng'omuserikale owa bulijjo.

Nga tannaweza myaka egyo, waali tewali yali awuliddeko ng'ayogera ku byafaayo bya bantu ne bannabbi ab'ebiseera ebyayita, wadde okwogera ku Jjana oba Omuliro. Ekyali kyamwatiikirirako kye ky'okuwangaala nga wa mpisa nnungi n'okwagala okubeera yekka, akaseera ako we yaddira okuva mu Mpuku ye Hira gye yaweebwa obuvunaanyizibwa Obutukuvu kye kyali ekiseera ekikulu mu kukyuka kw'ebintu.



Obubaka Bwennyini N'engeri Gye Bweyolekamu

Wahy, oba Obubaka, kirina amakulu mangi; akabonero ak'amangu, ebiwandiike, ebbaluwa, okuwa obubaka n'okwogera okw'ekyama, n'ebirala bingi. Mu bwennyini bwakyo, ekigambo *wahy* kitegeeza ebyo Allah Oweekitiibwa bye yategeeza Bannabbi be ekyo kyonna ky'ayagala, mu ngeri yonna gy'aba asiimye, nga bwe kirambikibwa mu Kulaane nti:

وَمَا كَانَ لِبَشَرٍ أَنْ يُكَلِّمَهُ اللَّهُ إِلَّا وَحْيًا أَوْ مِنْ وَرَاءِ حِجَابٍ
أَوْ يُرْسِلَ رَسُولًا فَقُوْحِي بِإِذْنِهِ مَا يَشَاءُ إِنَّهُ عَلَيْهِ حَكِيمٌ

“Tekyaweebwa muntu yenna Allah okwogera naye okuggyako nga Bubaka oba emabega wa kisiikiriza oba n'atuma omubaka amubuulire ekyo ky'ayagala n'okukkiriza kwe. Mazima ddala Ye ye Waawaggulu Omugezi.” (as Shuura, 42 : 51)

Ayisa (Allah amusiime) anyumya nti, Nnabbi Ow'emikisa (oku-saasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lumu baamubuuza engeri gye yafunangamu Obubaka, kwe kuddamu bw'atyi:

“Ebiseera ebimu bujja ng'eddoboози ly'ekide, era ng'eyo y'em-beera esinga okubeera enzito gye ndi ey'okufunamu Obubaka. Bwe mmala okutegeera n'okukwata ku mwoyo ebyo Allah by'aba alan-giridde, Malayika endeka. Ebiseera ebiralala Malayika erabikira mu kifaananyi kya muntu. Eyogera gye ndi era amangu ago ne njiga by'enngamba.” (Bukhari, Bad'ul Wahy, 1 – 2; Muslim, Fadhwail, 87)

Okuva ku bigambo ebingi abamanyi bye boogera, Abasiraamu baggyamu bino wammanga:

1. Obubaka ebiseera ebimu bwajjanga mu ngeri y'ebirooto mu tulo, oluvannyuma omuntu by'aloose ne bituukirira nga bw'abiroose.

2. Ebigambo eby'obubaka ebiseera ebimu byateekebwanga mu mutima gwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), awatali Malayika kulabika.

3. Nga bwe kyali mu hadiisi ya Jibuliiru,¹¹⁶ Malayika w'Obubaka yayinzanga okwessa mu kifaananyi ky'omuntu n'awaayo Obubaka.

Abdalla ibn Abaasi (Allah amusiime) ekyafaayo ky'anyumya wammanga kiwa ekifaananyi ekirungi eky'obubaka obuli waggulu:

“Nnali nninaanye Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga ndi ne taata wange Abaasi. Ku bbali wa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) waaliwo omusajja omulala era nga baali boogera mpola nnyo, era nga kino kye kyagaana Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okussa ebirowoozo ku taata wange. Bwe twavaayo, taata yambuuza nti:

‘Walabye engeri Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gy'atantaddeko birowoozo; tewamulabye?’

Naddamu nti: ‘Yee taata. Naye yabadde ayogera n'omusajja omulala eyabaddle amuliraanye.’

Olwo ne twanguwa okuddayo ewa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Taata kwe kumugamba bw'atyi:

‘Mubaka wa Allah, nnagambyye Abdalla bino na bino naye n'anngamba nti wabadde olina omuntu gw'oyogera naye eyakubad-de ku mabbali. Ddala waabaddewo omuntu ku mabbali go?’

116 Olunaku lumu Nnabbi Ow'emikisa yali mu muzikiti, Jibuliiru – aleyihissalaam – yajja gy'ali ng'ali mu kifaananyi ky'omusajja n'amubuuza ebibuuzo ebikwata ku imaan, Islaam, ihsaan n'obubonero bw'Olunaku Iw'Okulamula, nekigendererwa eky'okuyamba Basswhaba okuyiga eddiini yaabwe. Hadiisi ennyonnyola ekyafaayo kino oluvannyuma yayatiikirira nnyo nga Hadiisi ya Jibuliiru. (Laba: Bukhari, Imaan, 37; Muslim, Imaan, 1, 5)



Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwe kumbuuza nti: Abdalla, omuntu gwe nnabaddde naye wamulabye?

Nnamuddamu nti: ‘Yee’

‘Awo Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwe kugamba nti: ‘Oyo yabadde Jibuliiru era ye nsonga lwaki saabafuddeko.’’ (Ahmada, I, 293 – 294; Haythami, IX, 276)

4. Obubaka ebiseera bingi bwaggyiranga mu ngeri ya kukola ddoboozi erivuga ngékyuma kye bakubyeko (ekide) mu ngeri etiisa ennyo. Ekyo bwe kyaggwanga Omubaka Owémikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yabeeranga akutte buli kigambo Malayika kye yabanga amubuulidde.

5. Emirundi ebiri, Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) yaleeta Obubaka mu kifaananyi kye eky'obwamalayika. Olwasooka kye kiseera ekyaddirira okwesibamu kw'obubaka, Nnabbi Owékitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe yali akka okuva mu Mpuku yé Hira, ate ogw'okubiri kyali Kiro kya Miraaje, bwe yali ku Muti gwa Lote, Sidrat'ul Muntaha.

6. Obubaka, bw'ayinzanga okuweebwa Nnabbi Owémikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) obutereevu, ngékitundu ku kukkiriza kwa Katonda n'okusaasira awatali kuyita mu Jibuliiru, nga bwe kyali mu Miraaj.

7. Obubaka era bw'ayinzanga okuyitira mu Jibuliiru okuwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) Obubaka ng'ali mu tulo. Abataputa Kulaane abamu balina endaba egamba nti eyo yengeri Suula Kawuthara gye yakkamu.

Basswhahaba abamu boogera ku ngeri Nnabbi Owémikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) gye yazitowere-

rwanga n'abeera mu mbeera y'okutabulwa mu kiseera Obubaka we bwabeereranga nga bukka. Yazibirizanga n'omutwe n'agukoteka. Ne Basswahaba abaabeerangawo nga nabo bakoteka emitwe, nga tebayinza kwetantala kutunula waggulu yadde okubbirira amaaso ne batunuulira Omubaka wa Allah Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), okutuusa obubaka lwe bwakomek-kerezebwanga okukka.

Ebiseera ebimu eddoboozi eryefaanaanyirizaako eriva mu njuki ezunga lyawulirwanga okumpi ne mu maaso ge ng'obubaka bujja. Mu biseera ebyo, Omubaka Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yassizanga kumu kumu, n'entuuyo ne zitonnya okuva mu kyenyi kye obudde ne bwe bwabanganga bwe busingayo okunnyogoga.¹¹⁷

Zayidi ibn Thabit (Allah amusiime),¹¹⁸ omu ku bawandiisi b'Obubaka, yagamba nti amaanyi g'embeera gaasinziiranga ku buzito bw'obubaka obwabeerangamu. Obubaka bwe bwabeeranga nga bukwata ku kulagaanyisa kwa Katonda oba okuzzaamu amaanyi, Jibiliiru (emirembe gibeere ku ye) yalabikiranga mu kifaananyi kya

117 Bukhari, Bad'ul Wahy, 1 / 2, Umra 10; Muslim, Fadhwail 87, Huduud 13; Tirmidhi, Tafsir 23 / 3173; Ahmad, V, 327.

118 Zayidi ibn Thabit (Allah amusiime) yali omu ku bawandiisi ba Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Mu kiseera Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yasengukira okugenda e Madina, Zayidi yali mulekwa ng'aweza emyaka kkumi na gumu egy'obukulu. Mu buto bwe yali yaakakwata ssuula kkumi na musanvu eza Kulaane. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuwa amagezi ayige Olussyrian n'Olu Hebrew, ennimi zombi ze yakugukamu mu bbanga lya nnaku amakumi ana gokka, era olwo n'atandika okukola ku mabaluwga ga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) wakati we ne ba Assyrian ne Abayawudi. Naye omulimo gwe yakola ogwali gusinga obunene gwali gwa kukunngaanya Kulaane ne Basswahaba banne abalala babiri. Yafira mu Madina mu mwaka gwa 45 ogwa Hijira, ng'ayogedde hadiisi kyenda mu bbiri (92).



muntu, embeera etaateekanga Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) mu buzibu buyitiridde. So nga bwe bwabanga buli ku kulabula na kutiisa bisonerezo, olwo Obubaka bwaggyiranga mu ddoboozi erisinga okutiisa ery'okuvuga ng'ekide.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe yabanga avuga nngamiya ekiseera Obubaka we bwa-tuukiranga amagulu g'enngamiya gaayinzanga okweweta olw'obuzito bw'Obubaka ekyaviirangako enngamiya okufukamira. *Ayah* ey'okusatu eya Suula Maa-ida eya 5 ng'ekka amagulu g'enngamiya ya Nnabbi gaalinga agagenda okumenyeka, ekyaviirako Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) okugivaako.¹¹⁹

Zayidi ibn Thabit (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) anyumya bw'atyi:

“Nnali ntudde wansi okuliraana Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ng'amaviivi ge gali ku gange. Mu kiseera ekyo kyennyini yatandika okufuna Obubaka. Nagenda okuwulira nga walinga ku nsi awatali kintu kizitowa kusinga maviivi ge. Nnalowooza nti waali wabulayo akaseera katono nnyo amaviivi gange gasensebuke.” (Ahmada, V, 190 – 191)

Abatali Basiraamu abamu abawandiika ku Busiraamu, olw'oku-gezaako okuwakanya Obusiraamu, bawoza nti tewали kintu kyon-na wabula Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yawuliranga munda kinyegenyege nga kiva ku kuloowoolereza okw'amaanyi n'ensirika ze yabeerangamu. Naye ebyo bye boogra byolesa obutamanya bwe balina obwetondese eyo munda mu mitima gyabwe, obunafu bwabwe obw'okusalawo, n'obunnyikivu bw'obulabe bwe balina.

¹¹⁹ Ahmada, II, 176; VI, 445; Ibn Sa'adi, I, 197; Twabari, Tafsir, VI, 106.

Okutya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwe yafuna ng'alabye Malayika omulundi gwe ogwasookera ddala mu kiseera kyókufuna Obubaka ekyasookera ddala, kijungulula mu bulambulukufu endowooza egamba nti byali birowoozo ebitaali bya ddala ebyali mu nda mu ye.¹²⁰ Okufuna kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) Obubaka kwalinga kufuna kintu kiva bweru, nga tekirina wonna we kikwataganira na mbeera ye ey'omunda. Okuba nga Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) yawambagatira Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) emirundi esatu, nga buli mulundi amulagira "okusoma" nga tannamuta, kikakasa nti ensibuko y'Obubaka si ya munda, wabula yali ya wabweru, nga buva wa Allah Oweekitiibwa.

Okwo kw'ogatta okwesibamu kw'Obubaka, okujungulula ne ssekujungulula byonna ebigambibwa nti Obubaka yali mbeera ya munda Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) gye yabeerangamu ey'okulowoolereza ennyo. Okwesiba kw'Obubaka okwajja nga sikhetegekere n'obwetaavu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe yafuna eri okuddamu okufuna Obubaka, biraga nti bwali buva wabweru era nga Nnabbi Ow'ekitiibwa teyabulinaamu mukono.

Kuno gattako nti Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali tamanyi nti yali agenda kufuna Bubaka, ng'era kino bwe kiragibwa mu *ayah* eno wammanga:

وَمَا كُنْتَ تَرْجُو أَنْ يُلْقَى إِلَيْكَ الْكِتَابُ إِلَّا رَحْمَةً
مِنْ رَبِّكَ فَلَا تَكُونَنَّ ظَهِيرًا لِّلْكَافِرِينَ

120 Ekigambo kye bakozesa wano "hallucination" kiva mu Lufaransa, nga kitegeeza embeera omuntu gy'abaamu ne gy'awuliramu munda olwo n'alyoka atandika okulaba ebintu ebitaliyo.



“Era wali tosubira nti Ekitabo kijja kukussibwako okuggyako okusaasira okuva eri Katonda wo, n’olw’ekyo tobeera muyambi eri abatakkiriza.” (al Qaswasw, 28 : 86)

Omuntu yeetaaga kutunula butunuzi ku njawulo mu lulimi ne mu nsengeka y’ebigambo wakati wa Kulaane ne Hadiisi okumatira ensibuko ya Kulaane.

Waliwo n’ebiseera ebyatuuka Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) we yayagaliranga okufuna eky’okud-damu ekya mangu nga kiva mu Bubaka obutangaaaza; nga bwe gwali mu bya ifk oba Okutemerera, n’ebibuuozo ebingi Abayisirayiri bye baabuuzanga entakera. N’okukeerewa obukeereyi okutono okutuusa ekiragiro kya Katonda kyatusanga Nnabbi Ow’emikisa ku kunenye-zebwa Okutukuvu. Bino byonna biraga nga okugamba nti Kulaane yali eva ku kulowoolerezwa kwa Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nga bwe kiri eky’obutaliimu.

Tuyinza okunokolayo ekyafaayo kimu ekya Ummu Maktuum (Allah amusiime). Nnabbi SAW bwe yali ayogera n’abataka Abakulayishi, Abdalla ibn Maktuum, Swahaba eyali muzibe, naye nga yali yayingira dda Obusiraamu, kwe kujja eri Omubaka (oku-saasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ng’alina by’ayagala amusomese mu bintu ebyali biva eri Allah Owoobuyinza. Wabula ol’wokuba nga Omubaka wa Allah yali akyayogera n’abanene ba Abakulayishi teyamufaako bulungi, n’atuuka n’okwekaanyamu ol’wengeri Ibn Maktuum gye yayagala okuyigamu, ekyamutuusa Allah Oweekitiibwa okumugugumbula nti:

أَمَّا مَنِ اسْتَغْنَىٰ فَأَنْتَ لَهُ تَصَدِّيٌ وَمَا عَلَيْكَ أَلَّا يَزَّكِيٰ وَأَمَّا
مَنْ جَاءَكَ يَسْعَىٰ وَهُوَ يَخْشَىٰ فَأَنْتَ عَنْهُ تَلَهَّىٰ كَلَّا إِنَّهَا
تَذْكِرَةٌ فَمَنْ شَاءَ ذَكَرَهُ

“Naye oyo eyeefuula atalina kye yeetaaga gy’oli oyo ggwe gw’ofaako; kikukwatako ki singa teyeetukuza. Naye oyo aija gy’oli ng’ayanguwa era ng’ali mu kutya ate oyo gw’otafaako! Nedda! Mazima yo (Kulaane) kya kujukiza oyo aba ayagala agifeeko.”
(Abasa, 80 : 5 – 12)

Ebiseera ebyaddirira okukka kw’Obubaka obwo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) buli lwe yafunanga akakisa ng’ayogera ne Ibn Maktuum ng’ayogera naye ebigambo ebirungi. Bwe yamulabanga ng’atera okugamba nti:

“Nkulamusizza Ibn Maktuum, omuntu Katonda wange gwe yannenyeza!” (Waahidi, olup. 471)

Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ebiseera ebimu yayinzanga okufuna Ebiragiro Ebitukuvu mneri etali nnambulukufu (*mujmal*)¹²¹ ngera yali tagenda kubifunira ntaputa ntuu fu okutuusa nga Katonda Owooobuyinza amaze okubirambulula. Mu bino, okugeza, mwe muli *ayah* eno wammanga:

اللهُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَإِنْ تُبْدُوا مَا فِي
أَنفُسِكُمْ أَوْ تُخْفُوهُ يُحَاسِبُكُمْ بِهِ اللَّهُ

“Bya Allah byonna ebiri mu ggulu zonna n’ensi; era bwe muba nga mwolesezza ekyo ekiri mu myoyo gyammwe oba nga mukikwese Allah akibalabalako...” (al Baqara, 2 : 284)

Basswahaba olwawulira Obubaka buno, olw’okutya nti baali baakuvunaanibwa n’ebantu bye bandirowoozezzaako obulowooza mu mitima gyabwe, baabuuza nti:

121 Mujmal bye bigambo ebirina amakulu agabuna, nga bwe biba tebinnyonnyod-dwa bisigala nga tebitegeerekeka.



“Omubaka wa Allah, butya ekyo bwe tunaasobola okukiyitako?

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kubagamba nti:

“Kati ki ki? Mugezaako okugamba nti, ‘tuwulidde naye ne tuyyema’ ng’abantu b’Ekitabo abaabasooka? Kiba kirungi mugambe nti ‘tuwulidde era ne tugonda... tukusaba, Katonda waffe, okutusonyiwa, era gy’oli gye tugenda okudda!” (Muslim, Imaan, 200; Ahmada, I, 233; Waahidi, olup. 97)

Olw’amakulu agali mu Bubaka obwo okubeera nga gaali gazin-giramu ebintu bingi, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyatangaaza kye yali etegeeza wabula Basswhaha yabakuutira kusigala nga bakuumma obukkiriza bwabwe mu Allah Oweekitiibwa. Wabula ekiseera kyayitawo kitono oluvanyuma *ayah* endala nekka ng’ennyonyolya *ayah* eyasooka:

لَا يُكَلِّفُ اللَّهُ نَفْسًا إِلَّا وُسْعَهَا لَهَا مَا كَسَبَتْ وَعَلَيْهَا مَا
أَكْتَسَبَتْ رَبَّنَا لَا تُؤَاخِذنَا إِنْ نَسِينَا أَوْ أَخْطَأْنَا رَبَّنَا وَلَا تَحْمِلْ
عَلَيْنَا إِصْرًا كَمَا حَمَلْتُهُ عَلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِنَا رَبَّنَا وَلَا تُحَمِّلْنَا
مَا لَا طَاقَةَ لَنَا بِهِ وَاعْفُ عَنَّا وَاغْفِرْ لَنَا وَارْحَمْنَا أَنْتَ مَوْلَانَا
فَانْصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ

“Allah tawaliriza mwoyo gwonna okuggyako kye gusobola; gufuna (empeera ze) ekyo kye guba gukoze era ne gufuna obubi bw’ekyo kye guba gusobezza: Katonda waffe! Tukusaba oleme kutu-vunaana bwe tuba twerabidde oba nga tusobezza! Katonda waffe! Tukusaba oleme kututeekako buzito nga bwe wabuteeka kw’abo

abaatusookawo. Katonda waffe! Tukusaba oleme kututikka ekyo kye tutasobola; kkiriza okwenenya kwaffe, otusonyiwe era otusaasire! Gwe mukuumi waffe, tutaase ku abo abatakkiriza.” (al Baqara, 2 : 286)

Ayah eyo yayamba Basswahaba abaakitegeera nti kati baali tebavunaanwa bintu bye baali balowoozaako obulowooza ekintu kye baali batayinza kwebeera.

Olwa Omubaka wa Allah Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuba nga teyalambulula bubaka obwali tebulambuluddwa, ate ng'ekyo kyali kitera okuzuuka, mu kiseera kye kimu kiwa obujulizi obwenkukunala obulala nti ensibuko ya Kulaane Ntukuvu. Singa ekyo tekyali bwe kityo, olwo obubaka obulala obunnyonnyola obuli mu *ayah* eyasooka tebwandibadde na makulu, era okunnyonnyola kwa Nnabbi kwandibadde kumala. Okubulawo kw'embeera eyo kulaga Kulaane Entukuvu okubeera ekyamagero.

Ekintu ekirala ekiraga ensibuko Entukuvu eya Kulaane kwe kuba ng'ereeta amawulire agakwata ku bintu ebitamanyiddwa, *ghayb*.

Mu ngeri y'emu Kulaane era ereeta ebintu ebyaliwo mu byafaayo nga bwe byali. Tewali kitongole kya bya kuyiga, wadde omuntu eyali omuyivu eyaliwo mu Makka mu kyasa eky'omusanvu, nga yalina obukugu mu byafaayo, eyali alina okumanya okuwanvu eyaggyayo ebyafaayo ebyo. Kye baasabolanga okwenyimirizaamu kye baali basobola okuyita ebyafaayo tekyasukkanga nfumo za Abaperuusi entonotono abasuubuzi abaavanga e Peruusiya mu biseera eby'en-jawulo ze baabanyumizanga, so ng'ate zaabeeranga zижjudde okukoon-nagana. Naye Kulaane tekoma ku kuwa kifaananyi ky'ebafaayo ebiri awamu obulungi era nga bikwatagana naye nga ne by'eyogera teri muttu asobola kubyogera mu ngeri gy'ebayogeramu ne bw'abeera mugezi oba omuyiiya atya.



Okwo kw'oyongera eky'okuba nti omuntu omugezi alina okuyimirira ne yeebuuza nti: Omusajja ataasoma, nga yakulira mu bantu batamanyi, yali ddala asobola okubeera ensibuko y'amakulu agenjawulo aga Kulaane agatasangikasangika, okuggyako nga yali agafuna kuva ku nsibuko Ntukuvu? Ekyo tekisoboka.

Era kino kiraga nti ebyo byonna Omubaka wa Allah (okusaasi-ra kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yaleeta ensibuko yaabyo bwali Bubaka obwava eri Katonda.

Kulaane Entukuvu yayogera ku bintu ebyali bijja okugwawo mu biseera eby'omu maaso, era ekiseera kya byo bwe kyatuuka ne bizuuka nga bwe yali yabyogera. Kulaane ebiseera byonna y'ekulembra olwo Sayansi n'agoberera nga Kulaane bw'eba egambye.

Awatali kuwannaanya, ekyafaayo kino wammanga Kulaane kyeyogera ka wi eky'okulabirako kimu bwe kityi ku by'okulabirako ebiwerera ddala.

Falaawo (Pharaoh) eyali agenda okuzikirira mu mayengo agakuba mu Nnyanja Emmyufu (Red Sea) bwe yayagala okukwata omuguwa gw'obukkiriza nga kyokka kye yali asigazizza okumuttaasa, Allah Owoobuyinza yamugamba bw'atyi:

الآنَ وَقَدْ عَصَيْتَ قَبْلُ وَكُنْتَ مِنَ الْمُفْسِدِينَ

“Kati (okkiriza) ng'ebiseera (byonna) ebiyise wagyema era n'obeera mu bantu aboonoonyi?” (Yunus, 10: 91), awo ng'agaana okukiriza Falaawo kwe yali agezaako okukola ng'alaba ayolekera okusanawo, oluvannyuma n'ayongerako nti:

**فَالْيَوْمَ نُنَجِّيكَ بِبَدَنِكَ لِتَكُونَ لِمَنْ خَلْفَكَ آيَةً
وَإِنَّ كَثِيرًا مِنَ النَّاسِ عَنْ آيَاتِنَا لَغَافِلُونَ**

“Olwaleero tugenda kuggyayo omulambo gwo obeere akabonero eri abo abalijja oluvannyuma lwo era ddala abantu abasinga obungi ku bubonero bwaffe tebafaayo.” (Yunus, 10 : 92)

Zamakhshari *ayah* eno aginnyonnyola bw'atyi:

“Omulambo gwo oguli obwvereere tuja kugukasuka ku lubalama lw'ennyanya tugukuume gwonna nga bwe guli tuguziyize okuvunda n'okusaanawo nga kino kya kuyiga eri abo abajja okujja oluvannyuma lwo ebyasa n'ebysa.” (Zamakhsahri, III, 24)

Ebyakavumbulwa mu biseera ebtali byewala nnyo biraga nti omulambo gwa Falaawo gwagoba ku lubalama lw'ennyanya, nga guli mu mbeera ya kuvunnama era ng'eno ye mbeera Falaawo gye yalimu nga tannaba kufa. Olw'entiisa y'ebintu ebyamulagibwa ng'agenda okufa, yayagala okwewaayo eri obukkiriza, naye okuva ekikolwa kino lwe yakikola olw'okutya, tekyakkirizibwa. Olw'ekyo, emyaka kumpi enkumi ssatu egylagoberera entiisa eno, n'okubeera nga yasimattuka n'atavunda, omulambo gwe gwalabika, era nga kwali kulabula. Omulambo gulagibwa mu Tterekero ly'Ebungereza ery'Ebyedda (British Museum) ne we twogerera kati. Kino kimu ku byamagero ebiwera ebiri mu Kulaane ekigenda okuwangaala okutuusa Essaawa Envannyuma.

Naye, ng'ekigendererwa kya Kulaane ekikulu bwe kiri okutuusa *tawuhiidi* ku bantu ng'omwo mw'eyita okuyita abantu okudda eri obulunngamu, ebyamagero bwe bityo ebya sayansi n'ebafaayo ssi bye bikulu ennyo. Kiteekwa okujukirwa nti, mu kukwatagana n'ekirangiriro Ekitukuvu nti:

وَلَا رَطْبٌ وَلَا يَابِسٌ إِلَّا فِي كِتَابٍ مُّبِينٍ



“...wadde kyonna ekikaluu wadde ekibisi okuggyako nga kiri mu Kitabo Ekinnyonnyofu”, (al An'am, 6 : 59), ebikwata ku buli kintu kyonna bikwekeddu mu Kulaane. Bwe kityo, Kulaane Entukuvu y'enannyonyola ebantu byonna ebiri mu nsi eno, ng'erimu ekinyusi kya buli kintu. Ebitendo bya Kulaane, ebiggyawo olw'okubeera ekyamagero, bijja kutegeerekeka bulungi ng'ebantu bwe bigenda bivaayo mu mbeera yennyini ekwatagana n'okweyongera mu kumanya.

Singa okumanya okwo, okukwekeddu mu nsi ng'ekitundu ku Kusalawo kwa Katonda, nga kwali kufunye okunnyonnyolwa ebantu ebiri mu Kulaane mu kifo ky'okubyogerako mu bufunze, amaterekero g'ebitabo tegandifunye bifo bimala kuteekamu bwaguuga wa Kulaane. Okwo kw'ogatta nti okuva abantu lwe batera okugaana ebantu ebitategeerekeka bukugu obuba buliwo mu kiseera ekyo, okukkiririza mu Kulaane tekwandigenderedde okutuusa ku Ssaawa Ekomelerayo. Okuwa eky'okulabirako, ebantu bye tumanyi kati ku televizoni by'ekola nga byali byogeddwaaako mu biseera ebyo, abantu bandigaanye okubikkiriza okutuusa lwe bandisobodde okubirabirako ddala n'amaaso gaabwe, ekyandibafuukidde ensonga ey'okuagaana Kulaane; era ng'eyo ye nsong'a lwaki Kulaane, wadde ng'erimu buli kalonda, naye ekoma bintu kubyogerako mu bufunze.

Buli kintu ekyoyerwako mu Kulaane kiyamba okutuuka ku kigendererwa ekinene ekyo *tawuhidi*, omulamwa oguli emabega w'okwogera akatono ku bintu bya sayansi. Ekyamagero eky'enjawulo ekiri ku Kulaane Entukuvu kwe kuba nga ya kubeerawo nga bw'eri mu biseera byonna n'ebifo byonna okutuusa ku Saawa envannyuma. Buno bujulizi obulala obulaga obunene bw'ekyo ekyassibwa na buli kiseera na buli kuvumbula.¹²²

122 Okulaba ebifaananyi ebikwata ku nsong'a eno, soma: Osman Nûri TOPBAŞ, Rahmet Esintileri, Istanbul 2001, olup. 184 – 239.

Bwe baalemwa okwannganga obunene bwa Kulaane Entukuvu ne Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), abawandiisi abatali Basiraamu baasalawo okuwaayiriza okutaliimu nsa nga boogera ku mbeera ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'afuna Obubaka ng'eyali 'eyookugwa ensimbu.¹²³ Tuyinza okwogerako bino mu kuddamu ensonga eyo:

Oluvannyuma lw'okugwa ensimbu, omuntu afuna okukoowa nobulumi obuleka omuntu aba agudde ensimbu ng'ali mu bulumi obw'amaanyi era ng'ali mu mbeera ey'obutali buteree mu bwongo. So ng'ate Omubaka wa Allah teyakoma ku kya kubeera nga teyafunanga kubonaabona nobulumi eby'ekika ekyo naye era Obubaka bwe bwasirikangamu yabulindanga n'amaddu era ng'asanyuka nnyo nga buzzeemu okukka.

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) embeera gye yabeerangamu ng'afuna Obubaka teyagibeerangamu ebiseera byonna, era ng'ebiseera ebisinga abeera mu mbeera ze eza bulijjo.

123 Okukyuka okwalabibwanga ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'afuna Obubaka, ng'embreira eyo twaginnyonnyodde waggulu, yatuusa abamu ku bawandiisi abatali Basiraamu okulowooza ekyo ekyabeerangawo ng'okugwa ensimbu, olwo ne balyoka bazimbira okwo ne bateekawo ebigambo, ne batuuka n'okuyitawo ne boogera ebitajja munsa mbu Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali mugu wa ddalu. Baasobola n'okusikiriza ekibiina ky'abasawo mu Bufaransa (the French National Academy of Medicine) okugezaako okutunula mu buzito mu sayansi obw'ebintu bye baali basamwassamwa nabyo, nga basuubira nti byali bijja kukakasa bye baali bagamba. Mu 1842, akakiiko nga kaaliko ba dokita abaananya mi biseera ebyo kaatuula okwekenneensa ebyali byogerwa, oluvannyuma ne kafulumya alipoota ng'egaana byonna ebyali byogerwa nga ebyali bitakkirizika mu busawo. Abaagala okweyongera ku nsonga eno bayinza okusoma Rapor, a 1996 ng'eno yavvuunulwa Pulofeesa Feridun Nafiz Uzluk okugiggya mu Lufaransa okugizza mu Luturuuki.



Kimanyiddwa mu basawo nti mu kiseera ky'okugwa ensimbu, omuntu aba takyasobola kulowooza era aba takyategeera, ng'asigala tamanyi kigenda mu maaso awo w'aba ali wadde ebintu ebimwetoolodde; so nga mu kukka kw'Obubaka Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabuuliranga abantu *ayah* za Kulaane ezaabanga zisse, ezirimu amateeka amasengeke obulungi, empisa, okutya, n'okwogera ku byafaayo mu ngeri omuntu gy'atayinza na kuteebereza.

Ekirala, nti mu kiseera ky'okukka kw'Obubaka tewaabangawo kukankana okw'amaanyi okumanyiddwa nga kubeerawo mu biseera by'okugwa ensimbu.

Abagudde ensimbu batera okwogera ebigambo ebitategeerekeka olumu eby'ekisiru ensimbu. So nga Nnabbi Ow'emikisa (okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyalabibwako ng'abeera n'empisa ez'ekika ekyo; si ekyo kyokka naye ebigambo ebyava ku lulimi lwe byali nga bye bisinga okubeera ebisengeje era eby'amakulu okusinga omuntu by'ayinza okulowoozaako.

Ng'ovudde kw'ekyo, mu busawo kimanyiddwa nti teri mubiri gumi guyinza kugumira mbeera ya nsimbu okwenkana ekiseera ekyali kyetaagisa okwogera *ayah* ezitakkira wamu ezaawerera ddala kakaaga akalamba.

Okuwaayiriza okw'ekika ekyo, okutaliimu nsa n'akatono, kuva ku butasobola kukkiriza amazima agawkata ku Nnabbi Ow'emikisa (okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Obwannabi: *Nubuwah Ne Risaalah*

Allah Oweekitiibwa yay gala okwogera n'abaddu be ng'ayita mu bantu ab'enjawulo be yasitula okubasssu ku balala, n'abawa Obubaka; ekkubo Ettukuvu ery'lubeerera eryogerwa mu Kulaane nti:

وَرُسُلًا قَدْ قَصَصْنَا هُمْ عَلَيْكَ مِنْ قَبْلُ وَرُسُلًا لَمْ نَقْصُصْهُمْ عَلَيْكَ

“N’ababaka abo be twakunyumiza ebibafaako olubereberye; n’ababaka abo be tutakunyumiza bibafaako...” (an Nisaa-i, 4 : 164)

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ رُسُلًا إِلَى قَوْمِهِمْ فَجَاءُوهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ

“Mazima ddala nga tetunnakutuma twatuma ababaka (abalala) eri abantu baabwe, ne babatwalira Obubonero Obunnyonnyofu.” (ar Ruum, 30 : 47)

Mu byafaayo, na buli kiseera, okutandika n’omuntu eyasooka, Allah Owoobuyinza yajjanga atuma Bannabbi be, mu biti ekya *n nabiy* ne *rasuul*, ng’abatumta ng’ekyokusaasira eri abantu bona.

Nubuwah, oba Obwannabbi, mu nkokesa y’olulimi eya bulijjo, kitegeesa bubaka wakati wa Allah Owoobuyinza n’abaddu be abategeera mu kuteekateeka obulamu bwabwe, wano ku nsi ne ku Lunaku lw’enkomerero.

Rasuul ye muntu, ng’amaze okufuna Obubaka, alagirwa okutuusa ebiba bimuweereddwa eri abantu abalala. So nga *Nnabiyy*, ku ludda olulala, ye muntu afuna Obubaka kye kimu alagiddwa okubutuusa eri abalala oba nedda. *Nnabiyy* atumwa okwongera okutuusa n’okunyweza *sharia*, amateeka ag’eddiini aga *rasuul* eyatumwa ng’ono tannaba kuwebwa Bubaka. N’olw’ekyo buli *rasuul* abeera nabiyy, so ng’ate si buli nabiyy nti abeera *rasuul*. Waliwo hadiisi nnyingi eziraga nti ebigambo nabiyy ne *rasuul* birina enkolagana ebuna: naye ebyo byonna nga tubyogedde, Kulaane ebigambo byombi ebikozesa ng’ebitegeeza ekintu ekimu.

Waliwo ekibuuzo ekiyinza okujja nti Iwaki Allah Owoobuyinza abaddu be tabagamba butereevu ebyo by’ayagala bakole mu kifo ky’okubatumira Bannabbi. Ekyo kiyinza okuddibwamu mu ngeri eno:



Kikontana n'ekyama ky'okugezesebwa okunene omuli ensonga ey'okubeerawo kw'ensi, Allah Owoobuyinza okwanjuluza Obubaka bwe ng'ayita mu kubuwa abantu obuteree. Obukkiriza olwo bwandibadde buggwaamu ekitiibwa kye bulina n'omuwendo gwabwo, okubeera nga bukwata ku bintu ebikusike. Abantu singa bafuna buteree. Okuva eri Allah ebyo bye bateekeddwa okukola n'ebibagaanibwa okukolebwa, bandibadde tebalina kya kukola wabula okukiriza, kubanga bandibadde bategeera bulungi Allah Oweekitiibwa. Singa abantu tebaalekerwa mukisa okusalawo eky'okukola, ssi nsonga kirungi oba kibi, kino kyandifudde empeera n'okubonerezebwa ebibarindiridde ebtalina makulu.

Ku ludda olulala, abantu baawukana nnyo mu kutegeera, amaa-nyi n'obusobozi, nga kino kiva ku kubeara nga balina emirimo gya njawulo eg'yokutuukiriza mu bulamu. Singa abantu bona nga baali balina ebitone, wandibaddewo ebintu ebyandisigadde awo nga tewali muntu ayagala kubikola. Okutuukiriza emirimo gyonna egirabikako mu nsi, okuvira ddala ku gisinga okubeera wansi okutuuka ku gya waggulu, kikakasa ku bantu okubeera nga baatondebwa mu ngeri ez'obusobozi ez'enjawulo.

Mu byafaayo by'obuntu bannabbi be bakulembeze ab'amaanyi, abasomesa era abalunngamya. Kino kitegeeza nti abantu, abalina okulunngamya abantu b'ebitundu n'okubalaga ekkubo eggolokofu era ne bagumira okubonaabona n'ebizibu ebiyinza okuva mu ebyo, baba balina okubeera n'obusobozi obw'ekika ekya waggulu wamu n'obugumiikiriza bwe beesignaliza obutaggwaawo. Okuggyako nga balina omukisa ogw'okubeera n'ebitendo ebya waggulu n'empisa ezsukkiride olwo abantu lwe bayinza okubeegomba, ne baba nga basobola okukiriza abantu abangi okukyuka era lwe basobola okubalunngamya.

Wadde ne mu bukulembeze obwa bulijjo, omuntu tayinza kufuuka mukulembeze awatali kubeara na bitendo bya waggulu

okusinga abo abali wansi we. Ne bw'aba nga yeesanze nga mukulembeze, era tasobola kutuukiriza bigendererwa, kubanga teri nsonga ndala okuggyako nti abo abateemala tebasobola kubakkiririzaamu nga bakulembeze.

Eyo ye nsongalwaki Bannabi babakkiririzaamu ng'abalina ebitendo eby'enjawulo. Awamu n'ekyo tebasobola kubeera bannabi lwa kusalawo kwabwe, nga bayita mu kukozesa ebitone bye balina. Mu abo abalina obusobozi, obwannabi bwewayawulidde abo Allah Owoobuyinza b'aba alonzeemu n'abaawula okukola omulimo ogwo. Okukyanguyaamu, teri bwa *nnubuwah* oba *risaalah* obukolererwa: omuntu tayinza kubifuna ng'ayita mu kulafuubana kwe. Wabula Allah Oweekitiibwa, y'alonda oyo yenna gw'aba ayagadde okuva mu baddu be.

Ayah kino ekirangirira bw'etyi:

اللَّهُ أَعْلَمُ حِيثُ يَجْعَلُ رِسَالَتَهُ

“Allah y'asinga okumanya oyo gw'akwasa obubaka bwe.” (al An'aam, 6 : 124)

Okugeerageranya mu ngeri endala, okulonda omuntu owa bulijjo okutwala mu maaso Obubaka nakyo tekituukagana bulungi na kwa Katonda, kubanga si buli muntu nti alina obusobozi obumala okutegeera n'okutuusa Ekigambo kya Katonda Owoobuyinza. N'olw'ekyo Bannabi baalondebwa okuva mu abo abasinga okubeera n'ebisaanyizo, era nga balondebwa okwetikka omugugu omunene ogw'obwannabbi, olw'obugumiikiriza bwe balina munda obwo bwe baaweebwa.

Ebitendo Bya Bannabbi

Bannabbi bona balina ebitendo, ebiyinza okuteekululwamu nga *swidq*, *amaanah*, *fatwanah*, ne *tabligh*. Okukkiriza bannabbi era kuzingiramu n'okukkiriza ebitendo bino.



Sidq kiraga obwesimbu n'okwogera amazima bannabbi bye balina mu kutuusa okusalawo kwa Katonda, bye yalagira ne bye yagaana, era ne mu bigambo byonna bye boogera. Bulijjo banywerera ku bwesimbu mu bigambo byabwe ne mu bikolwa, nga bino buli kimu ye ndabirwamu ya kinnaakyo. Tekikkirizika nti bayinza okulimba. Obwesigwa bwabwe Allah Owoobuyinza abwogerako mu Kulaane nti:

وَادْكُرْ فِي الْكِتَابِ إِبْرَاهِيمَ إِنَّهُ كَانَ صِدِّيقًا نَّبِيًّا

“Era jjukira Bulayimu mu Kitabo: yali muntu wa kwogera nnyo mazima era nga Nnabbi.” (Mariyamu, 19 : 41)¹²⁴

Mu kukkaatiriza ekya Bannabbi okwawukana ne swidq (okulimba) okuba nga tekisoboka wadde akadakiika akamu bwe kat, Allah Oweekitiibwa agamba nti:

**وَلَوْ تَقُولَ عَلَيْنَا بَعْضَ الْأَقَاوِيلِ لَاَخْذَنَا
مِنْهُ بِالْيَمِينِ ثُمَّ لَقَطَعْنَا مِنْهُ الْوَتِينِ**

“Nate singa Omubaka yabaako ne bye yagunjaawo n'abyogera mu linnya lyaffe, twandimukutteko ne ddyo waffe, oluvannyuma ne tumusikayo omusuwa gwe ogutuuka ku mutima...” (al Haaqqah, 69 : 44 – 46)

Obwesigwa bwabwe bwa maanyi nnyo ekyatuusa n'abalabe baabwe okukikakasa. Ka tunokoley ebifaananyi ebiwera ku nsonga eno:

Mu nnaku ezaasooka nga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) atandise okukoowoola abantu olwatu, ng'ayimiridde ku lwazi lw'olusozi Sswafa, yagamba Abakulayishi abaaliwo bw'atyi:

124 Era laba: Mariyam, 19 : 54, 56; Yusufu, 12 : 46.

“Abakulayishi...Singa mba mbagambye nti abalabe abali ku nfalaasi bali mabega wa lusozi olwo oba mu kiwonvu nga balindiridde okubazinduukiriza batwale ebantu byammwe, mwandikkirizza kye mbagamba?”

Nga tebalowoozezzaamu namu wadde baamuddamu nti:

“Awatali kulonzalonza! Kubanga na guno gujwa, tukumanyi ng'omusajja omwesimbu era tetukuwulirangako ng'olimba...” (Bukhari, Tafsiir, 26)

Ekimu ku bibuuzo Heracleus, Ssekabaka w'e Byzantine, bye yabuza Abu Sufyaane, nga mu kiseera ekyo yali tannasiramuka, asobole okufuna ebirala ebyali bikwata ku Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kyali nti:

“Waali wabaddewo ekiseera we yalemererwako okutuukiriza ekigambo kye?”

Wadde nga Abu Sufyaane mu kiseera ekyo yali mulabe wa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ow'omutawaana ennyo naye yaddamu nga takirumyemu nti:

“Nedda ... Buli kyonna ky'asuubiza akituukiriza.” (Bukhari, Bad'ul Wahyi, I, 5, 6; Muslim, Jihaad, 74)

Ye Ubayyi ibn Khalaf, Musinzabibumbe w'e Makka, yali omu ku balabe abaali abazibu ennyo eri Obusiraamu. Ng'okusenguka tekunnabaawo, yayinzanga okutisatiisa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga bw'agamba nti:

“Nnunda embalaasi, era ngiwa omuddo ogusinga okubeera omulungi. Olunaku lujja kukya lumu nneebagale embalaasi eyo nkutte nga ndi kuli!”

Wabula waliwo omulundi Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) naye mwe yamugambira nga kimuyitiriddeko nti:



“Allah bw’aliba ayagadde, gye binaggweera nga nze nkusse.”

Mu lutalo lw’eh Uhudi, Musinzabibumbe oyo, alina amagezi amatono, yali ayigga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) mu ddwaaniro mu buli kanyomero ng’eno bw’aleekaana nti:

“Bw’awona olwaleero, kitegeezza nti nze mufu!”

Mu ngeri eno yasobola okutuuka kumpi ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) we yali, ngékirowoozo kye kimuli ku mutwe era nga yali mwetegefu okumulumba akaseera konna. Basswhaba abaali baamulengeddeko, baayagala okumutta naye Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) n’abagaana nga bw’agamba nti:

“Mumuleke ajje!”

Ibn Khalaf bwe yasembera, Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yasika effumu okuva ku Sswahaba omu.

Ibn Khalaf bwe yeetegeka okulumba ku mbalaasi ye, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yamu-songamu effumu eryamunuubulako katono ku nsingo bwe yali ng’ayitawo ku mbalaasi. Kyokka wadde ng’effumu lyamukoonako katono, naye yawanuka ku mbalaasi kwe yali n’agwa ku ttaka ne yee-vulungula emirundi egiwera. Oluvannyuma yadduka okudda ewaali abalwanyi be, nga bw’aleekaana nga n’amaaso agakanudde gaagala kuva mu kiwanga ol’okutya:

“Ndayira nti Muhammadi anzise!”

Baamusinzabibumbe bamwanguyira ne bamwekenneensa nga tebalaba kiwundu kitiisa era ne bamugumya nti:

“Tewali kiwundu kyamu. Kano kanuubule bunuubule”

Naye Ibn Khalaf kino tekyamumatiza, yasigala ayogera nti:

“Bwe twali e Makka, Muhammadi yandagaanyisa nga bwe yali ajja okunzita. Ndayira nti ne bwe yandimpandulidde buwandulizi malusu kyandibadde kimala okutwala obulamu bwange!”

Yeeyongera okuwoloma, Abu Sufyaane kwe kumugamba ave mu by'okukaaba nga bw'amubuuza nti: “Oyinza otya okukaaba bw'otyo olw'akanuubule obunuubule?” Wabula Ibn Khalaf yamud-damu nti:

“Ggwe omanyi omuntu antusizzaako kino? Ekiwundu kino Muhammadi y'akintuusizzaako. Naye ndayira Llaata ne Uzza nti singa obulumi bwe mpulira okuva mu kinuubule kino nga babadde babwawulizzaamu abantu bona abali mu Hijaazi bona bandizi-kiridde. Nga tuli e Makka, Muhammadi yanngamba nti gye birig-weera ng'anzise. Bwe yanngamba bw'atyo ne mmanyirawo nti ye yali ajja okuvaako ensonga y'okufa kwange... Nnamanya nti tewaali ngeri yonna gye nnali nsobola kutaasaamu bulamu bwange.”

Ubayyi, omulabe oyo ow'lulango eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), yafa nga baddayo e Makka, ng'ebula ennaku ntono okutuuka e Makka. (Ibn Is'haq, olup. 89; Ibn Sa'adi, II, 46; Haakim, II, 357)

Ne Bamusinzabibumbe bennyini abaali bamanyi ennyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bakkiriza ne sekukkiriza yenna obutuufu n'amazima g'ebigambo bye.

Abu Maysara annyonnyola nti:

“Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lumu yasisinkana Abu Jahal ne banne ba Abu Jahal. Bwe baa-mulaba kwe kugamba nti:



“Muhammad, tukulayirira nti ssi ggwe gwe tulimbisa, kubanga ffe okusinziira ku mmanya gye tukumanyi oli muntu mwesimbu era ayogera amazima. Naye ebyo byoleese bye tuwakanya!” Olwo *ayah* eno nekkka nti:

قدْ نَعْلَمُ إِنَّهُ لَيَحْزُنُكَ الَّذِي يَقُولُونَ فَإِنَّهُمْ لَا يُكَذِّبُونَكَ
وَلَكِنَّ الظَّالِمِينَ بِآيَاتِ اللَّهِ يَجْحَدُونَ

“Tukimanyidde ddala nti mazima bye bogera bikuyisa bubi naye ssi ggwe gwe balimbisa wabula abalyazaamaanyi *ayah* za Allah ze bawakanya.” (al An'aam, 6 : 33) (Waahidi, olup. 219)

Awatali kwetaaga kigambo kirala wadde okwogera, endabika gye yalabikangamu yabeeranga eraga bwesigwa bwereere; ng'oku-laba obulabi ekyenyi kye kwawaliriza Abdalla ibn Salaam, eyali Omumanyi Omuyawudi omukukuutivu, okugamba nti:

“Ekyo ekyenyi tekiyinza kulimba”, era awo n'akkiririzaawo Obusiraamu. (Tirmidhi, Qiyaama, 43; Ahmad, V, 451)

Okulimbirira Allah Owoobuyinza nga kuva mu muntu eyali talimbangako, obulamu bwe bwonna nga tannaba kuweebwa bwan-nabbi, ne bwe yabanga kusaaga, kiba tekisoboka. Sso ng'era Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okulimba yakulabanga ng'akabonero kobunnanfuusi, era nga agaanira ddala abantu ba Ummah okwogera ekigambo eky'okulimba.¹²⁵

Mu hadiisi emu agamba bw'atyi:

“Omuntu gy'akoma okugenda ng'alimba era ng'alina n'ekigen-dererwa eky'okulimba, omutima gwe gugenda gutonnyezebwako

ebbala eriddugavu. Ebbala eryo ligenda ligejja okutuusa omutima gwe gwonna bwe gufuuka muddugavu, okutuusa lw'awandiikibwa mu bantu abalimba mu maaso ga Katonda.” (Muwattwaa, Kalaam, 18)

Nufay ibn Haaritha (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi:

“Olunaku lumu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabuuza emirundi esatu bw'atyi:

‘Mbabuulire amazambi agasinga obunene mu mazambi amanene?’

Twamuddamu nti: ‘Tubuulire, Omubaka wa Allah’

Omubaka kwe kugamba nti:

‘Okugatta ebirala ku Allah, n'okukijjanya abazadde ? Yali yeesi-gamye n'atereera we yali n'agattako nti: ‘nekirala – wuliriza bulungi – okulimba n'okujulira eby'obulimba’. Kino yakyogera emirundi mingi muli ne tugamba nti singa asirise, olw'okutyu nti yali aija kukoowa.’

(Bukhari, Adab, 6; Muslim, Imaan, 143)

Yo Kulaane ekkaatiriza obukulu bw'okwogera amazima bw'etyi:

قَالَ اللَّهُ هَذَا يَوْمٌ يَنْفَعُ الصَّادِقِينَ صِدْقُهُمْ لَهُمْ جَنَّاتٌ تَجْرِي
مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا
عَنْهُ ذَلِكَ الْفُوزُ الْعَظِيمُ

“Allah n'agamba nti, ‘Luno lwe lunaku aboogera amazima lwe bagenda okugobolola mu mazima ge baayogeranga: balina amalimiro, ng'emigga gikulukutira wansi wa go, baakubeera mu go kagenderere. Allah yabasiima nabo ne bamusiiima, okwo nno bwe buwanguzi obw'ekika ekya waggulu!’” (al Maa-ida, 5 : 119)



Amaanah kitegeeza obwesigwa obw'ekika ekya waggulu, okwesigika, n'obwesimbu abantu abaatiikirivu bannabbi bwe baalina. Wadde abatali Basiraamu baatwalanga bannabbi okubeera abeesigwa. Ng'ogasseeko obukulu bw'obwesigwa bwabwe n'okwesigika mu bintu ebya bulijjo, ekitendo kya *amaanah* era kitegeeza obwesimbu bwabwe mu bikwatagana n'Obubaka, nga batuusa ebiragiro bya Katonda ne bye yaziyyiza ku bantu awatali kukolamu nsobi yonna, era nga tebongedde wadde okukendeeza mu Bubaka ekigambo n'ekimu.

Allah Oweekitiibwa, ekitiibwa ky'obwannabbi n'obuvunaanyizi-bwa, yabiwa abo bokka abeesigwa era abeesimbu mu baddu be, sso ssi abo abalyake. *Ayah* zino wammanga ziraga nti Bannabbi baabee-ranga beesigwa mu kujukiza abantu baabwe:

أَبْلَغُكُمْ رِسَالَاتِ رَبِّيْ وَأَنَا لَكُمْ نَاصِحٌ أَمِينٌ

“Mbatuusaako obubaka bwa Katonda wange era nze gye muli ndi mubuulirize omwesigwa.” (al Aaraaf, 7 : 68)

إِنِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ

“Mazima ddala nze gye muli ndi mubaka omwesigwa.” (as Shu'araa, 26 : 107)¹²⁶

Ekitibwa al Amiin, oba Omwesigwa, ekyaweebwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kivuga bulungi mu bamusinzabibumbe. Olw'okuba nga Bamusinzabibumbe baaberanga babuusabuusa mikwano gyabwe, eby'obugaggga byabwe baabiteresanga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ne lwe yali asenguka okugenda e Madiina

126 Era laba: as Shu'araa, 26 : 125, 143, 162, 178; ad Dukhaan, 44 : 18.

(ng'ali mu Hijira), bamusinzabibumbe bangi baali bateresezza Nnabbi Ow'emikisa ebintu byabwe bingi, era, mu kulaga okutuukiriza okutenkanika, yaleka Ali (Allah amusiime) emabega mu Makka addize bannyini bintu ebintu byabwe, ekyali kiyinza n'okumuviirako okufa.

Al Amiin lyafuukira ddala erinnya lya Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ery'okubiri – era nga we yawereza emyaka amakumi abiri mu etaano egyptobukulu lye linnya lyokka Bannamakka lye baamuyitanga.¹²⁷

Abo abaali bagenda okugwanngana mu malaka olw'Ejjinja Eriddugavu nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannaba kubasalirawo, baajaganya bwe baamulengera ng'ajja gye bali, era ne baleekaana nti 'al Amiin ajja', nga bwe bateeka obuvunaanyizibwa bw'okubataawulula mu mikono gye emyesigwa. Tewali n'omu yasitula lunwe kuwakanya bwsigwa bwe, k'abe Sswahaba ataasibangamu ku kusaddaakayo obulamu bwe ku lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), oba omulabe eyali ayagala okumumiza omukka omusu.

Nga Bannabbi bwe bateekwa okubeera abeesigwa ne Jibuliilu (emirembe gibeere ku ye), oyo eyeetikka Obubaka, naye bw'atylo bwe yali, era nga kino Owoobuyinza akikakasa bw'aty:

إِنَّهُ لِقَوْلُ رَسُولٍ كَرِيمٍ ذِي قُوَّةٍ عِنْدِ ذِي الْعَرْشِ
مَكِينٌ مُطَاعٌ شَمَّ أَمِينٌ

"Mazima ddala ekyo kigambo kya Mubaka ow'ekitiibwa, ow'amaanyi, alina eddaala eri Katonda Nnannyini Nnamulondo ennywevu, agonderwa eyo era omwesigwa." (at Takwiiri, 81 : 19 – 21).

127 Ibn Sa'adi, I, 121, 156.



N'olw'ekyo Obubaka bwaweebwa Amiinu (Omjesigwa) ku nsi nga buyita mu Amiin ow'omu Ggulu zonna.

Fatwanah kitegeeza nti bannabbi balina eddaala erya waggulu mu kutegeera, okukozesa amagezi n'okulengerera ewala mu bantu bona. Baweebwa ekirabo ky'okujukira n'okukwata, okutegeera ebintu n'amaanyi ag'okusalawo n'okusikiriza.

Fatwanah si kukozesa nnyo magezi; kikiikirira ddaala lya kutegeera eriri ewalako ku lya kagezimunnu. Okusobola okutuukiriza emirimo mu ngeri eya waggulu, bannabbi beetaaga okubeera n'amagezi agatenkanika. Ekitali ekyo bandibadde tebasobola kutegeeza bantu bye baba baagala okubategeeza okuva mw'ebyo ebyabatumibwa oba okubamatiza obutuufu bwabyo.

Ababaka baanguyirwa okugonjoola n'ekintu ekisingayo okubeera ekizibu. Okusobola kwabwe okuzingazinga ebintu ebisinga obuzibu mu ssuuka y'obwangu kisobozesa ebigambo byabwe okubyogera mu ngeri ennyinyonnyofu abantu ab'engeri ezitali zimu gye basobola okutegeera.

Wadde nga *Fatwanah* yalabikira mu ngeri za njawulo mu buli nnabbi, naye tuyinza okugamba nti obulamu bwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe bwali eky'okulabirako ekituukiridde ekya *fatwanah* oba okulengera ewala. Nga bwe kyayogeddwaako, olw'okulengera kwe awala, amagezi ge yalina n'okumanya ensonga, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasobola okutaawulula empaka ez'amaanyi ezaazuukawo ku by'okuzza Ejinja Eriddugavu mu kifo kye lyalimu nga tebannaba kuddaabiriza Ka'aba, era bw'atyo n'aziyiza embeera eyandivuddeko olutalo ddekabusa n'okuyiwa omusaayi mu bika ebivuganya.

Mu ngeri y'emu, obukugu bwe yayolesa mu kulwana mu kkubo ly'Obusiraamu, okulengera kwe ewala mu biseera by'okukola endagaano z'emirembe, naddala bwe yali akola endagaano y'obutatabaalagana ey'e Hudaybiyya, amagezi n'okumanya ensonga bye yayolesa mu kuwamba Makka n'okulunngamya kwe yakolayo awatali kuyiwa ttundo lya musaayi, engeri gye yakwatamu ensonga n'obwenkanya bwe yalaga e Twaifa, byonna biraga *fatwanah* ekitonde kyonna gye kitasobola kutuukako.

Omuisiraamu naye yandifunye omugabo gwe mu *fatwanah* eyayolesebwa bannabbi n'akozesa ekirabo ky'amagezi n'okulowooza ku nsonga mu ngeri esinga obulungi esoboka. Kikulu nnyo okumanya engeri y'okwogeramu ekyo ekirina okwogerwa, wwa we kyogereerwa na ddi lwe kyogerwa, ne nneeyisa akyogera gy'alina okweyisaamu.

Okugeza, engeri ey'obwegendereza Jafaari Twayaar (Allah amusiime) gye yakwatamu ensonga ng'abuulira Negus Sekabaka wa Abyssinia ebikwata ku Busiraamu, nkulu nnyo mu ngeri y'okulaga ekifaananyi ekituukirivu eky'okulengera ewala Omukkiriza kwe yandibadde nakwo. Negus, eyali Omugoberezi wa Kristo mu biseera ebyo, bwe yalagira Jafaari Twayaar (Allah amusiime) okusoma *ayah* mu Kulaane, mu kifo kya Jafaari, okugeza, okusoma Ssuula ya Kaafiruun egaanira ddala eby'Abatakkiriza mu ngeri ey'amaanyi, ye yasalawo kumusomera Ssuula ya Mariyamu, eyogerera esitula ennyo eddaala lya Yisa (emirembe gibeere ku ye) ne maama we (Mariyamu), eyakwata ennyo Kabaka omubabiro ne kimuvirako okukaaba. Oluvannyuma Negus kwe kugamba bw'atyi:

“Tewali kubuuusabuusa nti ekyo kye mpulidde, kiva mu nsibuko y'emu ey'ekitangaala ng'ebyo Yesu bye yajja nabyo”, era oluvannyumako n'ayingira Obusiraamu. (Ibn Hishaam, I, 358 – 360)



Tabligh kitegeeza engeri bannabbi gye bategeezaamu abantu Ekigambo kya Katonda mu bwesimbu nga bwe baba balagiddwa. Okuyita kwabwe abantu tekubaamu kwongeramu wadde okuendenzaamu. Mu bitendo bya Bannabbi, *tabligh* bwe bumu ku buvunaanyizibwa obusinga obukulu, nga bwe kyogerebwa mu *ayah* eno wammanga:

يَا أَيُّهَا الرَّسُولُ بَلَغْ مَا أُنْزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ
وَإِنْ لَمْ تَفْعَلْ فَمَا بَلَغْتَ رِسَالَتَهُ

“Owange Omubaka! Tuusa ebyo ebikussiddwaako okuva ewa Katonda wo; ekyo bw'onooba tokikoze ojja kuba totuusizza bubaka bwe...” (al Maa-ida, 5 : 76)

Okutuusa obuvunaanyizibwa bwe baalina obwa *tabligh*, bannabbi baasanga enkonge eziwera, naye awamu n'enkonge ezo, tebakiriza kwekkiranya. Obulamu bwabwe bujjudde eby'okulabirako ebiwera ebikwata ku buzibu obwo bwe baayitamu.

Okugeza Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatandika okukowoola abantu okujja eri Obusiraamu ng'abulaga abooluganda lwe olw'okumpi, ng'akolera mu bifo n'ebiseera ebyamuweebwa, nga yeegendereza embeera abantu gye balimu n'eddaala abantu be lye baabeeranga batuseeko mu ntegeera y'ebintu. Ng'agoberera omusingi ogw'okugendera mu masa yakozesanga aka-kisa akaasingangayo obulungi ng'awali obuzibu assaawo bwangu, ng'atumbula mawulire malungi mu kifo ky'okuyigiriza obukayi.

Ng'amaze obulamu bwe bwonna okubumalira mu kukoowoola abantu bajje eri Obusiraamu, mu Kubuulirira kwe Okw'okusiibula, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabuuza Basswahaba abaaliwo nti:

“Abaffe ntuukirizza obuvunaanyizibwa bw’okutuusa ekyo kye mbadde nnina okutuusa”. Bwe baamugamba nti yali atuusizza obubaka, yalangirira nti:

“Katonda wange! Nkusaba ojulire!” ng’amatidde nti obuvunaanyizibwa yali abutuukirizza.

Bwe batyo Abakkiriza bona balina okutambuliranga ku makubo ga tabligh Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ge yayolesa okusinziira ku busobozi bwabwe we bukoma; kubanga okukowoola abantu n’okubasikiriza okuyingira Obusiraamu tteeka ku Basiraamu bona.¹²⁸

Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) agamba nti:

“Omuntu bw’alaba ekintu ekitali kirungi, akikyuse n’omukono gwe; bw’aba tasobodde akikyuse ng’akozesa olulimi lwe; bw’aba n’ekyo takisobodde, akitamwe mu mutima gwe, naye obwo bwe bukkiriza obusembayo obunafu.” (Muslim, Imaan, 78)

abantu abakubiriza abalala okukola obulungi ne babagaana okukola obubi bwe baggwa mu kitundu, mu kiseera si kya wala kiviirako ebintu ebikyamu okutwalibwa nga bye bya bulijo era nga bikkirizibwa mu bantu. Obubi obutamaliddwaawo mu kiseera ekituuufu bwe wayitawo akaseera, abantu ne bwe baagala okubuggyawo, bufuuka buzibu bwa kuggyawo. Ebituufu n’ebikyamu byetabula, ate nga ekituufu bwe kibulawo abantu batandika okwerabira Katonda. Ekiva mu kino kye kitundu ekyo okwonooneka. Okwewala embeera eyo kyetaagisa okussa essira mu mulimo gwa tabligh.

Iswmah kiraga nti bannabbi bakuumibwa ne batagwa mu zzambi, ssi nsongaa ddene oba ttono. Okusinziira ku kitendo kino,

128 Laba: al Imraan, 3 : 104, 110.



bannabbi baakuumibwa obutatubira mu lutobazi lwa *shirk* (okugatta ekintu ekirala ku Katonda oba mu kumusinza), kye kimu nga teban-naba kufuuka bannabbi oba nga bamaze okufuuka. Mu ngeri yemu tekisoboka bannabbi okubeera nga bawubwa oba okukola ensobi nga batusa Obubaka bwe bafuna okuva eri Allah Owoobuyinza ku bantu.

Singa Bannabbi tebaalina kitendo kya *iswmah*, olwo obutuufu bw'ebintu bye babuulira abantu bwandisigadde nga buliko akabuuya, ekintu ekyandireese okubuusabuusa obanga ddala be bajulizi ba Allah Owoobuyinza ku nsi.

Okusinziira ku ba Ahl'us Sunnah bye bagamba, bannabbi tebakola zzambi lyonna ddene. Wadde nga basobola okukola obusobyo, nga tebagenderedde era nga kino kiva ku nsongezitali zimu, naye era tebalekebwa kusigala nga bwe bali mu nsobi eyo, wabula bafunirawo Obubaka okutereeza n'okulongoosa ensobi eba ezze.

Okukola ensobi bwe zityi eziyitibwa *zalla* ezitali za nngenderere, kulimu ekyama ne baba nga balina nabo ebibabulako obutafaanana na Katonda Owoobuyinza era n'okuziyiza abantu okubaafuula ab'ekitalo ennyo nga okukola ensobi kuno kubajjukiza nti nabo bantu.

Empisa za bannabbi zirina okubeera nga ziyanza okukop-peka. Ekitali ekyo, abantu bandigaanye ebiragiro bya Katonda nga beekwasa nti Bannabbi bye babagamba biri wabweru wa busobozi bwa muntu. Waliwo n'abantu abatamanyi kino abaakibuusa amaaso ne basuubira bannabbi okuva mu bamalayika, ng'era kino Kulaane yakyanukula bw'etyi:

قُلْ لَوْ كَانَ فِي الْأَرْضِ مَلَائِكَةٌ يَمْشُونَ مُطْمَئِنِينَ
لَنَزَّلْنَا عَلَيْهِمْ مِنَ السَّمَاءِ مَلَكًا رَسُولًا

“Gamba nti: Singa mu nsi mwalimu bamalayika nga batambula nga batudde ntende, twandibassirizza malayika okuva mu ggulu nga ye Mubaka.” (al Israa, 17 : 95)

وَمَا جَعَلْنَاهُمْ جَسَداً لَا يَأْكُلُونَ الطَّعَامَ وَمَا كَانُوا خَالِدِينَ

“Mazima ddala tetwabawa mibiri egitalya mmere era tebaali ba kuberawo kagenderere butafa.” (al An’biyaa, 21 : 8)

Mu ngeri y’emu okukuma abagoberezi baabwe obutagwa mu nsobi ze zimu n’okulaga ebikolwa bye bimu, kyetaaga bannabbi okubeera nga bawa eky’okulabirako ekirungi.

Okugeza, oluvannyuma lw’abantu b’ekibiina kya Nuuhu (emirembe gibeere ku ye) okumugyemera ng’abayitidde emyaka lwenda mu ataano (950) lulamba, yalaajana nti:

فَدَعَ رَبَّهُ أَنِّي مَغْلُوبٌ فَإِنَّصِرْ

“Bw’atyo n’asaba Katonda we nti: ntendewereddwa, nkusaba ontaase!” (al Qamar, 54 : 10)

Ekika kye bwe kyatandika okuzikirizibwa amataba ng’ekyo kye kyava mu kusaba kwe, Nuuhu (emirembe gibeere ku ye) yaddamu n’alaajanira, nga ku luno ekisa ky’obuzadde kye kyali kimutta:

رَبِّ إِنَّ ابْنِي مِنْ أَهْلِي

“Katonda wange, mazima mutabani wange wa mu bantu b’omu maka gange!” (Huudu, 11 : 45)



Naye era eky'okwagala okutaasa mutabani we ng'ate bw'asabira abantu b'ekibiina kye okuzikirira, Allah Oweekitiibwa yakigaana n'amuweereza okulabula bw'atyi:

إِنِّي أَعِظُكَ أَنْ تَكُونَ مِنَ الْجَاهِلِينَ

“...mazima nkubuulirira oleme okubeera mu bantu abata-tegeera!” (Huudu, 11 : 46)

Okulabula okwo okw'amaanyi Nuuhu (emirembe gibeere ku ye) kwe baamulabula kwali kyakuyiga eri Abakkiriza okutuuka ku Ssaawa Ekomererayo.

Ekitendo kya *laa yukhtwi*, oba tasobya, kyeyawulidde Katonda Owoobuyinza Yekka. Ebitonde byonna ebifa, tebisoboka kwewala kukola nsobi. Naye ne mu mbeera eyo ey'okusobya, Omusiraamu alina okukendeeza ku nsobi z'akola, nga kino okukikola Kulaane mu bifo bingi ewa amagezi omuntu okuleeta *dhikr*, ekitegeeza okusem-beza Allah Oweekitiibwa mu mutima, okuva lwe kiri nga tekisoboka okukola obulyazaamaanyi obw'ekika kyonna wadde okukola ensobi ng'omutima gw'omuntu gwogera “Allah”.

Allah Owoobuyinza ku nsonga eyo agamba nti:

**وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ نَسُوا اللَّهَ فَأَنْسَاهُمْ
أَنفُسُهُمْ أُولَئِكَ هُمُ الْفَاسِقُونَ**

“Temubeera ng'abo abeerabira Allah olwo n'abafuula abeerabira emyoyo gyabwe abo be boonoonyi”. (al Hashr, 59 : 19)

Era ng'ayogera ku bantu abatategeera ku nsonga eno Allah agamba nti:

فَوَيْلٌ لِّلْقَاسِيَةِ قُلُوبُهُمْ مِنْ ذِكْرِ اللَّهِ أَوْلَئِكَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ

“Okuzikirira kuli eri abo emitima gyabwe emikalubu ku ky'oku-jukira Allah abo bali mu bubuze obwenkukunala!” (az Zumar, 39 : 22)

Ku bitendo ebitaano ebya bannabbi ebyogeddwa waggulu, omuli swidq, amaanah, *fatwanah*, tabligh, iswmah, kwegattako ebitendo ebirala bisatu ebyeyawulidde Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era nga bino bibye yekka:

1. Nnabbi Omulondemu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye mwagalwa wa Allah, asinga Bannabbi bonna, era asinga ebitonde byonna ekitiibwa.

Omutontomi Necip Fazil bino yabissa bulungi mu kifaananyi kino wammanga:

*Ebiseera ebitakoma byasunsula akawoowo ko,
Ggwe mubisi gwa njuki, Ebitonde bye biyumba byazo*

2. Nga *rasuul'us thaqalayni*, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatumibwa eri abantu n'amajinni. Eddiini gye yaleeta ejja kubeerawo okutuusa ku nkomerero y'ebiseera. Ku ludda olulala, bannabbi abalala baatumibwa biseera bigere, ng'abamu baatumibwa mu bantu baabwe bokka. Mu ngeri eno, wadde ng'ebiyamagero bya bannabbi abalala byasigala nga bya biseera byabwe kwe byakoma, ebyamagero bya Nnabbi wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) byo bya bbanga lyonna. Naddala Kulaane Entukuvu, ng'ekyamagero kye ekisinga obunene, ejja kusigalawo okutuusa Essaawa Ekomererayo nga tesobola kukyusibwamu.

3. Ye *Khatam'ul An'biyaa*, Envumbo ya Bannabbi.

Ebyo byonna ng'orbitadde ku bbali, ku Lunaku lw'okulamula, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibe-



re ku ye) y'agenda okubeera n'ekitiibwa eky'okukulemberamu Okuwolereza Okunene, *Shafaat'ul Udhwuma*, era aweebwe n'Ed-daala Eritenderezewa, kwe kugamba *maqaaman mahmuudan*. Oyo ye Nnabbi Ow'okusaasira (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agenda okuwolereza ku lw'aboonoonyi ab'ekibiina kye (Ummah), okuwolereza okugenda okukkirizibwa.¹²⁹

Ekintu ekitalinaako kuwannaanya kye ky'okuba nga kya mu butonde era nga kiri mu nda nnyo, omuntu okwegomba n'okugezaako okukoppa oyo gw'ayagala. Okulondayo abantu abasinga obulungi n'okubagoberera n'okutambulira ku buwufu bwabwe kintu kikulu nnyo eri abantu. Engeri gy'ali ng'alina okusaasira okutaggwaawo, Katonda Owoobuyinza bw'atyo teyakoma ku kuweereza Bubaka eri abantu, naye yabatumira n'babaka abalina ebitendo ebisinga okubeera ebya waggulu, nga byakulabirako ebituukiridde era nga be bawangaalira ku Bubaka bwa Katonda. Abantu abo bajjuvu mu buli kintu kye boolesa k'ebi ddiini, sayansi oba mpisa. Mu butuufu, mu kujjuza empisa ezimu, buli Nnabbi alina kye yawaayo eri obuntu.

Okugeza mu Bannabbi, bw'otunuulira obulamu bwa Nuuhu (emirembe gibeere ku ye) amangu ago ofuna ekifaananyi eky'okukoowoola eri Amazima okujjude obugumiikiriza n'okugezaako, ate oluvannyuma okukyawa okw'amaanyi eri obutakkiriza ne bannyini bwo.

Ekyasanikira obulamu bwa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) lwe lutalo olutaliimu kukoowa olw'okulwanyisa okusinza amasanamu n'okugezaako okumalirawo ddala enkola eyo, ng'awa eky'okulabirako eky'enjawulo eky'okwesiga n'okussa essuubi mu Katonda Owoobuyinza, Oyo, mu kumuyamba, eyamufuulira omuliro gwa Nimroodi ennimiro y'ebimuli bya looza.

129 Laba: Bukhari, Tawuhiidi, 36.

Musa (emirembe gibeere ku ye) ye obulamu bwe bwonna yabumala alwanyisa bulyake bwa Falaawo (Pharaoh) n'amalindirizi ge, n'ateekawo enkola ey'embeera za bantu eri Abakkiriza etambulira wansi w'Amateeka Amatukuvu.

Ekyawula okukoowoola kwa Yisa (emirembe gibeere ku ye) gwe mutima omugonvu ogujjudde okusaasira n'ekisa eri abantu. Ebisinga obukulu mu kukoowoola kwa Yisa kwe kutumbula empisa ennungi okugeza obwetooowaze n'obugonvu eri abantu.

Awamu n'obwakabaka obwewuunyisa Sulayimaani (emirembe gibeere ku ye) bwe yalina, naye yagenda mu maaso n'embeera ye ey'omwoyo mu kusiima n'obwetooowaze, ebyamwongera obwongezi mu maaso mu kuweereza Katonda ekintu ekisaana okwegombewba.

Obulamu bwa Ayyuub (emirembe gibeere ku ye) bukulaga obuvumu mu kwennganga ebizibu n'okwebaza Allah Oweekitiibwa, ebiseera byonna, mu mbeera yonna ne bw'beera enzibu etya.

Obulamu bwa Yunusu (emirembe gibeere ku ye) buwa eky'okulabirako okw'okudda eri n'okwekwata ku Allah Owoobuyinza ng'oyita mu kwenenya olw'ensobi eba ekoleddwa.

Ne mu kiseera ky'okubeera mu buwambe, Yusufu (emirembe gibeere ku ye) yawa ekifaananyi eky'oku ntikko eky'obuwulize eri Allah n'okuyita abantu okudda eri Ekkubo lye, ng'agezaako okusuula ebbali okusendasendebwa kw'omukazi omulungi eyali omugagga ng'ate ava mu lulyo olw'ekitiibwa eyali amweyagaliza mu ngeri y'okumukema mu mukwano, naye ebyo byonna n'abizza ku bbali n'obutukuvu obwa waggulu. Omutima gwe ogwali gujjudde okutya Katonda gwali gulinga ensulo z'obutuukirivu obw'empisa.

Obulamu bwa Dawuda (emirembe gibeere ku ye) bujjudde okwagala eri Katonda Ow'ekitiibwa. Ng'ali mu kutya n'okugulumiza, okutendereza kwe okukulukusa amaziga n'okusaba Owoobuyinza



Katonda, okudda kwe okwannamaddala gy'ali era n'okusaba kwe biwa eby'okuyiga ebirungi.

Ate obulamu bwa Yakub (emirembe gibeere ku ye) buwa eky'okulabirako ekituukiridde eky'obwetaavu bw'okwewala okukutukawo n'okusubira ne mu kiseera ekisinga obuzibu, n'eky'okulabirako mu kussa essuubi mu Katonda Owoobuyinza wamu n'obugumiikiriza n'obutakutukawo na kusuubira kusaasira kwe.

Muhammad Mustafa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Envumbo ya Bannabbi, yakunngaanya ebitendo byonna ebi-manyiddwa n'ebitamanyiddwa ebya Bannabbi bonna abaamusooka – abaawerera ddala emitwalo ekkumi n'ebiri mu enkumi ennyo (124,000) n'okusingawo okusinziira ku bigambo by'abamu – n'akiikirira entikko y'empisa n'enneyisa. Obulamu bwe guyanja ogunene ennyo ng'obulamu bwa bannabbi abalala bwe bugga obuguyiwamu amazzi.



Eddiini okusobola okutumbuka mu mbeera ey'emirembe n'es-sanyu, amaka g'abantu agaatandika ne Adamu ne Haawa (emirembe gibeere ku ye), baagateeka mu kifo ekimu mu Makka, awo awali Ka'aba olwaleero, ng'ekifo ekyasooka eky'okusinzizaamu. Oluvannyuma nga bamaze okusaasaana ennyo mu nsi nga bawalirizibwa ebyetaago by'obulamu, bazzukulu ba Adamu (emirembe gibeere ku ye) baattwala mu maaso obulamu bwabwe obweddiini, nga balunngamizi-bwa ebiseera ebitali bimu ne bannabbi, ne basigala nga banyewe vu ku Mazima Amatukuvu, ago, okuvira ddala eyo mu biseera eby'edda ebitakyajjukirwa, agakyusibwa abantu abatamanyi n'abo abamalirivu okwonoona eddiini. Ng'ayita mu kutuma bannabbi nga bajja bagoberegana, Allah Owoobuyinza bulijjo azze alongoosa ebiba byonoonese, nga buli kiseera azza obuggyga Eddiini n'omukka omupya. Omuntu

n'aba nga buli kiseera akuumibwa obutatabulwatabulwa okwawamu, okw'abantu sekinnoomu, oba abantu bona okutwalira awamu.

Omulembe gwa Muhammadi Omulondemu Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwatuuka ne guleka omukululo mu byafaayo. Ne Muhammadi Omulondemu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obulamu obw'Ed-diini bwatuuka ku mbeera yaabwo ekomeredde, mu kifo kyennyni we bwatandikira. Kati tekiyinza kutegeerekka okulowoozaayo okutuukirira okulala okusinga okwo kwe yalaga, okuva nga bwe yajja okuzza obujja Eddiini okwali kugenda mu maaso nga kuyita mu kuweereza bannabbi lwe kwakomekkerezebwa, ekyo ne kifuula Obusiraamu eddiini Allah Oweekitiibwa gy'asiima.

Embeera Z'obuntu Bwa Nnabbi Ow'emikisa

Allah Oweekitiibwa yatumira abantu bannabbi abaali ab'ekikula ng'ekyo kyennyni eky'abantu abo be baatumwangamu, nga bawan-gaala nabo, era ng'abantu babamanyi bulungi n'ebikwata ku bulamu bwabwe. Mu kuddamu bamusinzabibumbe bwe baali baagala okulaba ekyamagero, Allah Owoobuyinza yawa Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amagezi agambe nti:

قُلْ سُبْحَانَ رَبِّيْ هَلْ كُنْتُ إِلَّا بَشَرًا رَسُولًا وَمَا مَنَعَ النَّاسَ
 أَنْ يُؤْمِنُوا إِذْ جَاءَهُمُ الْهُدَىٰ إِلَّا أَنْ قَالُوا أَبَعَثَ اللَّهُ بَشَرًا
 رَسُولًا قُلْ لَوْ كَانَ فِي الْأَرْضِ مَلَائِكَةٌ يَمْشُونَ مُطْمَئِنِينَ
 لَتَرَنَّا عَلَيْهِمْ مِنَ السَّمَاءِ مَلَكًا رَسُولًا



“Gamba nti: Atenderezebwe Katonda wange; nze nnina kye ndi okuggyako okubeera omuntu omubaka? Tewali kyaziyiza bantu okukkiriza amazima bwe gaabaggyira okuggyako okuba nti baagamba nti: Allah ayinza okutuma omuntu nga ye mubaka? Gamba nti: Singa mu nsi mwalimu bamalayika nga batambula nga batudde ntende, twandibassirizza malayika okuva mu ggulu nga ye mubaka.”
(al Israa, 17 : 93 - 94)

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayinzanga okutegeeza nga bwe yali tasobola kwekolera kymagero ekikye ku bubwe nga tekivudde ku kukkiriza kwa Katonda Owoobuyinza, ekyali kiraga nti naye yali muntu. Kulaane kino ekikaaatiriza mu bifo bingi bw'etyi:

قُلْ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِّثْلُكُمْ يُوحَىٰ إِلَيَّ أَنَّمَا إِلَهُكُمْ إِلَهٌ وَاحِدٌ

“Gamba nti: mazima ddala nze ndi muntu nga mmwe; nfunu obubaka nti mazima Katonda wammwe ali Katonda Omu...” (al Kahfu, 18 : 110)¹³⁰

Ebigambo bino wammanga tebirekaamu kakunkunibwa konna nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali muntu ng'abantu abalala:

“Nange ndi muntu nga mmwe. Mujja mbasalirewo ku nkaayana zammwe. Abamu mummwe mubeera nobukakafu obusinga ku bannammwe oba nga mukozesa olulimi olusikiriza okusinga ku bannammwe lwe bakozesa, olwo ne nsala omusango ne musinga nga nsinziira ku bye mpulira. Naye omuntu oyo yenna gwe nsala omusango n'agusinha n'atwala ebintu bya munne, amanye nti muwadde kitundu ku Muliro.” (Bukhari, Shahaadah, 27; Madhwalimu, 16; Muslim, Aqdhwiya, 5)

130 Ku bya aya endala ezikwata ku nsonga eno laba: Fusswilat, 41: 6; al Mu'minuuna, 23 : 33, 24; al An'biyaa, 21 : 2 - 3; Ibraahiim, 14 : 11.

Bannabbi tebatumwa kutuusa bubaka kyokka, naye era batumwa okuteekawo empangaala egoberera ekkubo Katonda ly'ayagala, okuwa eky'okulabirako mu nneeyisa yonna n'okulaga ekiba kyetaagisizza. Olw'okuba nga bino bisobola kukolebwa mu bantu abawangaalira awamu, bantu bokka be baali basobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa obw'ekika kino. Singa bamalayika be baatumwa, okutuusa Obubaka obuva eri Katonda mu kifo ky'abantu kino bandikisobodde kukituukiriza mu bigambo byokka. Olw'okuba nga bandibadde tebasobola kuwangaala mpangaala ya bantu nga n'olw'ekyo tebasobola kukwatagana na bulamu bwa bantu n'ebizibu byabwe, bandiremeddwa okukwanaganya embeera ya bantu. Abantu bandifunye eky'okwekwasa eky'obutabeera bamalayika nga n'olw'ekyo tebalina busobozi obugondera ebiragiro n'okulekayo ebyagaanibwa bamalayika bye bandibadde bagamba.

Mu ngeri eyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyawangaala bulamu bwanjawulo eky'okubee-ra Nnabbi kye bwandimuadde olw'okuba nga yali atekwa okuwa eky'okulabirako eri Ummah ye,. Ebyewuunyo bye yalaganga tebyabanga bingi ate ng'abikola ng'omuntu. Ebikolwa ebisinga obungi bye yakolanga ebyamalawo obulamu bwe byetoolooleranga awo mu byetaago bya bantu, era nga bitambulira mu bintu abantu bye baali basobola. Olw'ensonga eyo, omuntu yenna ayagala okufuuka omusuubuzi omutuukirivu, omwami omutuufu mu maka, omuduumizi omuyitirivu, omuntu atambuza emirimo, n'ebirala, emisingi gya bino byonna ayinza okugiggya mu bulamu bwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ekintu ekiyinza okumusobozesa okubeera ekyo kye yettanira.

Abantu, mu byafaayo byonna, benyweza ku ndowooza egamba nti omuntu tayinza kubeera musigire wa Katonda Owoo buyinza. Olw'okuba bannabbi nga bantu abalina abakyala n'abaana ababavaamu, nga bakola ebyetaagisa mu bulamu bw'abantu aba bulijjo,



bino biffe bibalibwa ng'obukendeevu ku ludda lwabwe mu nsobi, ekintu ekituusa abantu nga tebalina nsonyi okunenya Okusalawo kwa Katonda. Emirundi minge abantu Nnabbi mwe yatumwa bazze banenya Nnabbi waabwe eyabatumwamu olw'ebintu ebiringa ebyo.

Ku ludda olulala, abagoberezi ba Bannabbi abamu okwagala okususse eri Bannabbi baabwe nga wayissegwo ekiseera kwabatuusa ku nzikiriza egamba nti baali bateekwa okuba nga bali waggulu w'abantu. Mu kubatendereza okususse, bangi baakiraba nga kisaanidde okuwa bannabbi baabwe eddaala erya katonda, olwo ne bagwa mu kitimba ky'okusinza bakatonda abangi. Abamu baatwala bannabbi baabwe okubeera Katonda, abalala ne basalawo okuyita nnabbi waabwe omwana wa Katonda, oba n'okumuyita Katonda ali mu mubiri, kino ne kivaamu okwonooneka kw'enzikiriza ey'obwomu, n'okutumbula okuwa Katonda ebitendo by'abantu nga bwe kiri mu Bugoberezi bwa Kristo.

Ekigendererwa mu kukkaatiriza, mu Kulaane ne mu Hadiisi, ensonga ya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubeera omuntu kwe kuziyiza Abakkiriza okugwa mu nsobi abantu abaabasooka gye baagwamu.

Umaru (Allah amusiime) addamu ebigambo bya Omubaka wa Allah Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti:

“Temumpaanaa okunsussa engeri Abagoberezi ba Kristo gye baatenderezaamu Yisa mutabani wa Mariyamu ne bamusussa w'akoma. Mazima ddala nze awatali kubuusabuusa ndi muddu wa Allah. Na bwe kityo mumpite ‘Omuddu wa Allah era Omubaka we.’”
(Bukhari, An'biyaa, 48)

Mu hadiisi endala, tulaba nga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) alabula abantu abamu abaali bagezaako okumutendereza ekisusse nti:

“Temunsitula waggulu okunsussa ku ddaala erinsaanira ... kubanga Allah yanfuula omuddu nga tannaba kunfuula Nnabbi.”
(Haakim, III, 197 / 4825; Haythami, IX, 21)

Ensonga endala eyaleetera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okujjukizanga abantu entakera nga bwe yali omuddu wa Allah Owoobuyinza bwali bwetoowaze bwe obutakoma.

Awatali kubuuusabuusa, emirundi mingi Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), oluvannyuma lw'okwogera ku byengera Katonda Owoobuyinza bye yamuwa mu ngeri y'okumwebaza, yayanguwanga mangu okugattako ekigambo nti “kino si kya kwewaana”.¹³¹

Abdalla ibn Jubayiri (Allah amusiime) annyonnyola nti:

“Lumu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali atambula ne Basswhaba abamu, omu ku bo kwe kuvaayo okumusiikiriza akasana. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwalaba ky'agezaako okukola kwe kwanguwa n'assa kye baali bamubissisa ku ttaka nga bw'abamba nti:

‘Nze ndi muntu nga ggwe!’” (Haythami, IX, 21)

Wabula kiteekwa kitegeerekeke nti wadde nga Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali muntu naye nti era teyali muntu wa bulijo. Kino omutontomi omu akyogera mu bigambo bino nti:

“Ddala, Muhammadi Mustafa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) muntu, naye muntu wa njawulo. Nga ejinja ery'omuwendo (ruby) bwe lifaanana, ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bw'ali mu bantu abalala.”

131 Laba: Tirmidhi, Manaaqib, I / 3615.



Omtontomi omulala kino akissa mu bigambi bino wammanga nti:

*Teri muntu amufaanana mu byafaayo byonna,
Ku buli lulimi kuliko okumujukira,
Eggulu zonna ziylimirira olw'obutuukirivu bw'okulinya kwe mu ggulu,
Bamalayika bayimirira olw'ekwewuunya obulungi bwe,
Omulamwa gw'ebigambo guli mu mbeera ze,
Omuntu, naye ng'ali waggulu wa bamalayika mu busukkulumu.*

Ekigendererwa ekiri emabega wa Nnabbi Ow'emikisa (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Okubeera **Ummi**

Ekigambo Ummi kirina amakulu mangi ag'enjawulo. Kitegeeza omuntu akyali mu mbeera ze ez'obutonde entukuvu ng'omwana omuto nga tayonooneddwa, oba omuntu atasomangako, era nga kitegeeza Bannamakka oba, Abawalabu bona okutwalira awamu, ng'oggyeeko Bannannyini Kitabo abawangaalira mu Buwalabu.

Mu bigambo bya Kulaane, Omubaka (okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali Ummi, amakulu nti yali teyasoma, nga tamanyi kusoma wadde okuwandiika.

Ayah egamba bw'etyi:

الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ الرَّسُولَ النَّبِيَّ الْأَمِيَّ الَّذِي يَجِدُونَهُ
مَكْتُوبًا عِنْدَهُمْ فِي التَّوْرَاةِ وَالْإِنْجِيلِ

“Abo abagoberera Omubaka Nnabbi, Ummi, oyo gwe basanga ng'awandiikkidwako gye bali mu Tawraati ne mu Injiil” (al Aaraaf, 7 : 157)

Ekya Omubaka wa Allah okubeera nga yali tamanyi kusoma wadde okuwandiika ne bamusinzabibumbe ab'ebiseera ebyo baali bakimanyi bulungi, era nga bagamba nga Kulaane bw'egamba nti:

وَقَالُوا أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ اكْتَبَهَا فَهِيَ تُمْلَى عَلَيْهِ بُكْرَةً وَأَصِيلًا

“Ne bagamba nti: ezo nfumo z’abaasookawo baazimuwandii-kira, era nga zimusomerwa ku makya n’olweggulo” (al Furqaan, 25 : 5)

Ensonga Iwaki Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yayitibwa ummi oba atamanyi kusoma wadde okuwandiika ze zino wammanga:

1. Yasigala nga mutukuvu ng’olunaku lwe yazaalibwako, obutukuvu obwo mwe yakuumirwa obutayonoonebwa okumanya ok’webweru, olwo n’asigala kubeera ng’atendekebwa n’okugunjuli-bwa Katonda Owoobuyinza.

Kulaane kino ekyogerako bw’etyi:

وَقَالُوا أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ اكْتَبَهَا فَهِيَ تُمْلَى عَلَيْهِ بُكْرَةً وَأَصِيلًا

“Ne bagamba nti: ezo nfumo z’abaayita baazimuandiikira, era nga zimusomerwa ku makya n’olweggulo” (al Furqaan, 25 : 5)

Ng’era Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yakikakasa nti:

“Katonda wange yangunjula era okugunjula kwange n’akufuula kulungi.” (Suyutw, I, 12)

Katonda Owoobuyinza yaggya ebintu byonna ebikyamu mu mutima gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nga kino kiyita mu kulyebula omutima emirundi esatu miramba (*sharh’us swadr*), , n’assaamu okuwulira eddembe okulungi, okusaasira, ekisa, obukkiriza n’amagezi (okumanya ensonga).

2. Ensonga ey’okubiri, Ummi kikola okujukiza nti Nnabbi Ow’emikisa yali Muwalabu, era nga teyava mu Bannanyini Kitabo (Abayawudi oba Abagoberezi ba Kristo),



3. Ekigambo Ummi kikkaatiriza nti Nnabbi Ow'emikisa yazaalibwa Makka, era ekimanyiddwa nga Umm'ul Qura. Qaryah, nga mu bungi bwakyo kiyitibwa Qura, kigambo kya Luwalabu ekitegeeza ebyalo oba obufo ebitono ebiwangaaliram u abantu, kwe kugamba nti, ekifo ekyasookera ddala abantu mwe baawangaalira.

Abawalabu kumpi bona baali tebaasoma; baali bantu abeesambye obugunjufu, abaali batamanyi kusoma wadde okuwandiika. Allah Oweekitiibwa yabatumira Nnabbi ng'ava mu bo bennyini; Nnabbi eyali eky'okulabirako ekituukiridde oyo munda eyasigala nga mutukuvu tayonooneddwa.

Ayah kino ekyogerako bw'etyi:

هُوَ الَّذِي بَعَثَ فِي الْأُمَمِ رَسُولًا مِّنْهُمْ يَتْلُو عَلَيْهِمْ آيَاتِهِ
وَيُزَكِّيهِمْ وَيُعَلِّمُهُمُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَإِنْ كَانُوا مِنْ قَبْلِ
لَفِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ

“Ye yoyo eyatuma mu bantu abataasoma (abaali batamanyi kusoma wadde okuwandiika) Omubaka ng'ava mu bo bennyini, abasomere Obubonero bwe, abatukuze era abayigirize Ekitabu (Ebyawandiikibwa) n'Amagezi ag'okumanya ensonga, wadde nga yali tannaba kujja nga bali mu bubuze obwenkukunala.” (al Jum'a, 62 : 2)

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kino ayongera okukitangaazaako bw'atyi:

“Ffe tuli bantu ba ummi. Tetumanyi kusoma wadde okubala.”
(Muslim, Swiyaam, 15)

Wadde nga obutasoma butegeeza butamanya bwe kiba kikozeseddwa ku bantu aba bulijjo, naye ku Mubaka wa Allah (okusaasi-

ra kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kirina amakulu ag'okutuukirira n'obusukkulumu. Okuba nga Nnabbi, obutuukirivu bw'okumanya kwe n'ebikolwa bye nga biyinza okuleka n'abo abalowoozebwa okubeera abasinga obugunjufu nga bakankana, buba bujulizi bwa nkukunala nti yali atumiddwa butereevo Katonda Owoobuyinza.

Allah Oweekitiibwa agamba nti:

وَمَا كُنْتَ تَتَلَوُ مِنْ قَبْلِهِ مِنْ كِتَابٍ وَلَا تَخْطُّهُ
بِيَمِينِكَ إِذَا لَأْرَتَابَ الْمُبْطَلُونَ

“Wali tosoma kitabo (kiwandiike) kyonna nga Kulaane tennaka wadde nga tosobola kuwandiika na mukono gwo ogwa ddyo, olwo aboonoonyi bandibuuusizzabuusizza.” (al Ankabuut, 29 : 48)

Okuggyako nga bubadde Bubaka okuva ewa Katonda, tewali ngeri yonna emanyiddwa ummi, ng'ayita mu kulowooza okw'omunda, gy'asobola kupangirirawo Kulaane, ekyamagero ekyafufuggaza abantu bonna n'amajinni gonna ne kibaleka nga tebalina kye basobola, n'eyogera ebyafaayo ebikukunavu okugeza ebintu ebikwata ku Falaawo, ebya maama wa Musa (emirembe gibeere ku ye) ne Yusuf (emirembe gibeere ku ye).

Kulaane eyoleka ebintu ebikwata ku bantu abaasooka eri abantu mu ngeri esinga obulungi era esinga okuba ey'amakulu, mu ngeri ekwatagana n'eyetaago bya sayansi ow'omulembe era etuukagana ne *filosofe w'eyafaayo*.¹³²

132 Ku ludda olulala, ebimu ku byafaayo ebyogerebwa mu Tawuraati (Torah) ne mu Bayibuli bikontana n'eyo ebyavumbulibwa mu kusoma ebyafaayo mu mulembe guno ne sayansi. Okutonda ensi n'emitendera gy'okugitondu, en-naku omuntu mwe yakkira ku nsi, Amataba, bifaananyi bitono nnyo ku bintu ebikontana. (Laba: Maurice Bucaille, Musbet Ilim Yonunden Tevrat, Incil ve Kur'an, olup. 53 – 82, 157 – 175)



Bw'okitunuulira mu ngeri endala, okubeera ataasoma kye kisembayo wansi eky'ebigambo bya Kulaane okuba nga bikola wonna neku bantu bona. Okugendera ku lugero olugamba nti "omukulembeze w'oluseregende lw'ekibinja ky'abasuubuzi n'enngamiya zaabwe, bulijjo y'aba asinga okubeera omunafu", okusobola okukakasa nti obubaka bwayo butuuka ku buli muntu, Kulaane egenderera, okusooka kwa byonna, abantu abali ku ddaala ly'okuba nga tebaasomako. Bwe kityo okutegeera n'okuwangaalira ku Busiraamu kye taaga muntu kubeera wa bulijjo. Kino okukissa mu nkola, okugeza, kwe kwegendereza mu kutwala entambula y'enjuba okubeera nga kye kikozesebwa mu kupima ebiseera by'okusinizaamu ebya buli lunaku, ate entambula y'omwezi n'esalawo ebikolwa by'okusinza eby'omwezi oba omwaka.

Okukka okutuuka ku ddaala ly'abantu tekitegeeza nti Kulaane ebaagaliza basigale ku ddaala eryo, wabula egenderera kubasitula okuva ku ddaala ery'obutasoma okubafuula ummah erina Ekitabo. Okukakasa nti kino kituukirira, Obusiraamu bwateekawo obugunjufu obupya, ng'ekinyusi kyayo ye Kulaane Entukuvu, eyo gye bwayita al Kitaabu, Ekitabo.

Hilyat's Sa'adah

Hilyah kitegeeza eby'okwewunda, ebikomo, n'obulungi bw'omwoyo n'ebigambo. Ekigambo era kitegeeza ebigambo ebinnyonnyola endabika ya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), mu buli ngeri yonna esoboka mu bigambo by'omuntu.

Nahifi agamba nti:

"Mazima ddala, omuntu bw'awandiika *hilyah* ya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'atwala ekiseera mu kugirowoozaako, Allah Oweekitiibwa, akuumma omuntu

oyo obutalwala, n'amuwonya emitawaana, n'okufa okw'ekibwatu-kira. Omuntu bw'agenda ne *hilyah* ku lugendo, aba ajja kubeera n'obukuumi bwa Allah mu lugendo lwe lwonna.”

Abamanyi bangi mu Busiraamu balina endaba za njawulo ku bikwata ku mikisa emingi egiri mu *hilyah* za Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Enkola y'oku-zikwata ku mwoyo, n'ekigendererwa eky'okusuubira okulaba Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kirooto ekyaliwo mu nsi nnyingi ez'Abasiraamu.

Nga tuvudde kw'ebyo, nga bwe kiri ekizibu okufuna ebigambo ebisobola okuwa ekifaananyi ekituufu eky'engeri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gy'afaananamu, obulungi obwayogerwako nga 'ekitangaala waggulu w'ekitangaala', omuntu alina okulowooza ku kuba ng'ate tekisobokera ddala eri omuntu yenna okumwetegereza n'okutegeerera ddala nga bw'ali. Okunnyonnyola obulungi bw'ekitonde eky'enjawulo, ekyo Owoobuyinza mwe yassa ebirungi byonna bye yali awadde omuntu, kusigala nga tekusoboka. Nga Kakani bw'agamba:

*Oyo agamba okumanya kino aba alimbye,
Mu bitonde, atalina ngeri gy'alabikamu*

Okugezaako kuno okuwa ekifaananyi kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Obulungi bw'Ebirungi byonna, kuba kwagala bwagazi kuddaabiriza na kumatiza mitima gy'abo abataafuna mukisa kubeera mu Kiseera ky'Essanyu, okugimalako okwagala okumanya ebyali bimukwatako. Abo abagezaako okunnyonnyola ebitendo bya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) batuwa ttondo okuva mu liyanja eddene. Abakkiriza, abagezaako okulaba mu guyanja nga bayita mu kutangaala kw'amatondo ago, bafuba okuganyulwa mu ky'okulabirako



ekyo ekituukiridde, era nga bayita mu kwagala kwe balina gy'ali, okugezaako okufuuaka nga ye mu mpisa n'enneyisa.

Awatali kubuusabuusa emitima bulijo gikakibwa okudda eri ekirungi, nga gyegomba okubeera n'obwannannyini bw'ekirungi ekyo. Okusikirizibwa okwo kwefuga obwongo bw'omuntu, ne buba ng'ekyo kyokka kye bulowoozaako. Olwo ekibeera mu mutima ne kiba okwegomba okufuuaka ng'oyo omutima gwe gwagala, mu by'omwoyo ne mu mpisa. Ekiva mu ekyo kwe kutwala omwagalwa ng'ekyokulabirako era omuntu amaliriza ali wamu naye. Okusinziira ku kusikirizibwa okwo, tewali kubuusabuusa nti ebitendo ebyo ebin-nyonnyola Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) biba birina okwongera okwagala n'okumujjumbira.

Hasan (Allah amusiime) akozesa ebigambo bino okunnyonyola embeera gye yabeerangamu bwe yabuuzanga taata we omuto eyamukuza, Hind ibn Abi Hala (Allah amusiime), amutendere Nnabbi Ow'emikisa:

“Taata wange omuto Hind ibn Abi Hala yabeeranga ambuulira ebikwata ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu ngeri esinga okubeera ennungi. Nnayagalanga nnyo taata wange oyo amuntendere, olwo omutima gwange gweyongere okubeera nga guli naye n'okunywerera ku kkubo lye.” (Tirmidhi, Shamaail, olup. 10)

Ne Hasan ne Husayn (Allah amusiime), abataateranga kuwlira bantu balala, emirundi egiwera baawuliranga taata waabwe Ali (Allah amusiime) ng'annyonyonyola engeri gye yalinga afaanaranamu, ebitendo ebyo bye bajjululira abantu b'emirembe egyaddako.

Wabula ate era kyewuunyisa bwe twebuuza nti kitundu ki ku Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ekiyinza okwogerwa nga tuyita mu bifaananyi ebyo? Mu ngeri

y'emu, omuntu ayinza kutegeera hilyah ng'asinziira ku maanyi g'omukwano gw'alina ng'ali mu kkubo lye limu ng'ayita mu bigambo ebyo obubaka bwe bisobola okuwa obulungi. N'olwékyo, wadde nga waliwo okulemererwa okwo kwe tukkiriza, naye era twagala wano okuleetayo ettundo okuva mu byanyumizibwa ebyo ebyatutuukako ebiwa ekifaananyi eky'endabika ey'emikisa eya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye). Okufuuza mu byanyumizibwa ebyo kutulaga nti:

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali wa kitema, ng'asemberera okubeera omuwanvu.

Yalina ekigero ekituukiridde nómubiri oguijjudde obulungi.

Yalina ekifuba ekigazi n'ebibegabega ebinene era nga waliwo envumbo y'obwannabbi ng'eri mu kifo wakati w'amagumba g'ebibegabega.

Amagumba ge n'ennyingo byali bigazigazi.

Kkala ye yali wakakti wa pinka n'obweru, ng'alinga ekimuli kya looza. Yatangalijjanga era ng'eddiba ly'omubiri gwe liweweetu nga liiri (*silk*). Omubiri gwe bulijo gwabeeranga muyonjo nga guvaamu akawoowo akawunya obulungi. Kye kimu yabanga yeeffuuyidde akawoowo oba nga teyeffuuyidde, eddiba lye n'entuuyo byabeeranga biwunya bulungi okusinga obuwoowo obusingira ddala okuwunya obulungi. Omuntu bwe yamusikanga mu mukono, engalo ze nga zisigalamu akawoowo akaavanga ku Nnabbi okumala olunaku lwonna. Nnabbi Ow'emikisa bwe yaweeweetanga mu mutwe gw'omwana omuto ng'omuntu ayinza okwawula omwana oyo mu balala, olw'akawoowo akalungi akaamuvangamu.

Bwe yatuuyananga, eddiba ly'omubiri gwe nga lifaanana looza akubiddwa omusulo gw'oku makya.



Yalina ekirevu ekisakaatidde obulungi naye nga takireka kusakaatira kusussa mukono. We yafira yalina emizingo gy'envi ng'amakumi abiri ku mutwe ne mu kirevu.

Ebisige bye byalinga omwezi oguboneka, nga wakati waabyo waliwo ebbanga erimala okubyawula.

Yalina omusuwa wakati w'ebisige bye ogwazimbanga, buli (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yanyiiganga nga waliwo ekintu ekisobye mu bintu Katonda by'avunaana abantu.

Yasenyanga amannya ge ameeru agalinga ekkula (luulu) ng'agasenyesa mis'waak (omuswaki) gwe yakuutiranga abantu okukozaesa ennyo.

Obukoowekoowe bwe bwali buwanvu. Amaaso ge nga manene gasikiriza, ng'awaddugavu waddugavu bulungi ate n'aweeru nga watukula nnyo. Gaalinga Katonda ge yasiigako obwanja mu biseera nga tannatonda bitonde.

Nga omwoyo gwe bwe gwali ogw'enjawulo mu ngeri gye gwalimu, n'obulungi bw'endabika ye bwe butyo bwe bwali.¹³³

Ekyenyi kye kyatangalijja ng'omwezi. Ayisa (Allah amusiime) anyumya nti:

“Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yataangalanga nnyo ekyenyi ekiro nga mu nzikiza ey'ekiro nsobola okukozaesa ekitangaala ekyamuvangako okuteeka wuzi mu liiso ly'empiso.”

Wakati w'amagumba g'ekibegabega kye waaliwo akabonero Akatukuvu akaali kakakasa obwannabbi bwe era Basswhahaba bangi

133 Laba: Haakim, III, 10; Ahmada, I, 89, 96, 117, 127; IV, 309; Ibn Sa'adi, I, 376, 412, 420 – 423; II, 272; Ibn Kathiir, al Bidaaya, VI, 31 – 33; Tirmidhi, Shamaail, olup. 15.

bettaniranga okukanywegera. Akabonero ako olwabula nga Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) afudde ekyo kyamala abantu okukakasa nti ddala yali afudde.”¹³⁴

Omubiri gwe ogw'emikisa tegwakyukako n'akatono ng'amaze okufa. Abu Bakari (Allah amusiime), nga bw'atunuulira Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amaaso agajjudde ebiyengeyenge, yayogera mu ddoboozi erijjudde ennaku, nga waakayita akaseera katono nga Nnabbi yaakamala okufa bw'atyi:

“Omubaka wa Allah, nga bw'obadde olabika obulungi mu bulamu era ne mu kufa bw'otyo bw'olabika”, olwo n'ateeka omumwa gwe ku kyenyi kya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Tekisoboka n'akamu okunnyonnyola mu bujjuvu ne tumalayo obulungi bw'omutima gwe.

Teyayogeranga kigambo kitalina mugaso, era buli kigambo kye yayogeranga kyabanga kijjudde amagezi n'okubuulirira. Mu bigambo bye bye yalina temwali kifo kya kugeya na kifo kya bigambo bitalina makulu. Yayogeranga n'abantu okusinziira ku mbeera zaabwe.

Yali wa kisa ate nga mukwatampola. Wadde nga essanyu lye teyaliragiranga mu kuseka okw'okutyetyemuka, naye ekyenyi kye bulijo kyalaganga okusanyuka okw'ebbugumu eri abantu abalala.

Omuntu bwe yalabanga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamussangamu nnyo ekitiibwa ekirimu n'okutya; n'okunyumyamu obunyumya naye akatono kwamalanga omuntu okumuteekamu okwagala okungi n'omukwano eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

134 Tirmidhi, Shamaa-ilu, olup. 15; Ibn Sa'adi, II, 272.



Bannaddiini abatya Katonda yabassangamu ekitiibwa okusinzira ku ngeri gye baalinga batyamu Katonda. Abantu abaasinga okufuna omugabo omunene mu kuweebwa ekitiibwa n'okubakwati-rwa ekisa be b'oluganda lwe. Yali mbeera ye, ekisa kye yakoleranga abantu b'omu maka ne mikwano gye okukibunyisa ne kituuka ne ku bantu abalala. Ebintu bino yabitukubiriza, n'agamba nti:

“Teri n'omu mummwe ajja kubeera mukkiriza owannamad-dala okutuusa lw'onooyagaliza baganda bo ekyo kye weeyagaliza.”
 (Bukhari, Imaan, 7; Muslim, Imaan, 71 – 72)

Abawereera be yabayisanga mu ngeri etalojeka, ng'abaliisa ku bye yalyangako era ng'abambaza ku ngoye ze zimu ne ze yayambla-nga. Omugabi era ow'ekisa, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagatta wakati w'obuzira n'ekisa mu ngeri empime obulungi.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali musajja atuukiriza ekigambo kye era bulijjo yakuumanga endagaano ze yabanga akoze. Omusukkulamu ku bona mu bulungi bw'empisa, amagezi n'obutegeevu, agwanira mu butuufu okutendebwa mu ngeri yonna omuntu gy'aba asobodde. N'obulungi bw'endabika nga bwegattiddwaako obutuukirivu bw'obulamu, yali kitonde ekitukuvu ky'otasobola kugeraageranyaako kitonde kirala kyonna.

Era yalina entunula eyalaganga ennaku. Yayogeranga bbaliri-rwe era we kyetaagisizanga nga ebiseera bye ebisinga abimalira mu kulowoolereza okutakoma. Wadde ng'ekiseera ky'okusirika kyabee-ranga kiwanvu, naye bwe yayogeranga ng'amalayo emboozi gy'aba atandise, ng'awa amakulu agasinga okubeera ag'omunda mu bigam-bo ebisinga okubeera ebitono. Ebigambo bye byajjanga mu ngeri ya njawulo, nga biringa embira z'omukuufu gw'omu bulago. Wadde nga yazaalibwa ng'alina embeera y'obukkakkamu, naye omuzimbo gw'omubiri gwe gwali nga gwa kitiiibwa nga muggumivu.

Bwe yabeeranga omunyiivu nga tava mu kifo we yabanga atudde. Ate era teyanyiiganga okuggyako nga waliwo eddembe erityoboddwa; era bwe waabeerangawo eddembe erityoboddwa ne watabaawo akiraba, obusungu bwe tebwakkanga okutuusa eddembe eryo bwe lyazzibwangawo. Oluvannyuma, yaddangamu n'abeera omukkakkamu ng'embeera ye eya bulijjo. Teyanyiiganga ku bintu ebimukwatako ng'omuntu; teyasibanga busungu oba okuyombera ensonga ezimukwatako.

Teyayingiranga nnyumba ya muntu nga tafunye lukusa. Bwe yaddanga eka, ng'ebiseera abigabanyaamu emirundi esatu: ogusooka gwabeeranga gwa Allah Oweekitiibwa, ogw'okubiri nga gwa bantu ba waka ate ogw'okusatu nga gwe gugwe, wadde nga ogugwe gwabeeranga mu bigambo kubanga ekiseera ekyo yakiwangayo eri abantu ab'enjawulo, aba bulijjo n'ab'ebitiibwa, nga talina muntu gwamma kiseera kye eky'omuwendo, nga talina mutima gwaleka nga tagukutte.

Buli mbeera na buli kikolwa kya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) byabeeranga byolesa Kujjukira Katonda.

Bwe yabeeranga mu muzikiti ng'atuula mu bifo bya njawulo, okulaga abantu abalala obutatuula mu kifo kya nkalakkalira, ng'atya ebifo ebimu okubifuula ebitukuvu. Teyagalanga kweraga mu bantu. Bwe yayingiranga awali abantu, ng'atuula mu kifo kyonna ekyabeeranga kiriwo, nga n'abalala abakubiriza okukolanga ekintu kye kimu.

Omuntu bwe yayagalanga ekintu okuva gy'ali asobole okumala ekizibu kye, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyatereeranga okutuusa ng'ekyetaago kigonjoddwa nga tafuddeeyo ku bukulu bwa kimusabibwa. Ekizibu bwe kyabeeranga nga tekisobola kugonjoolwa, Omubaka Ow'ekitiibwa teyatulanga butuuzi



wabula yaddaabirizanga omuntu gwe kikwatako n'ebigambo ebizzaamu amaanyi. Yabeeranga muntu akuumma ebyama eri abantu bona. Abantu bona baafunanga okufiibwako kyenkanyi awatali kufaayo ku ddaala lyu muntu oba mugagga oba mwavu, mugezi oba tamanyi, , nga bona ababala ng'abenkana mu ky'okubeera abantu. Enkunngaana ze zonna yabeeranga mbeera ya kisa, magezi, mpisa, bugumiikiriza n'okusinga byonna, okwesiga Allah Oweekitiibwa, olvannyuma okwesiganngana.

Tewaabanga muntu ayisibwa bubi olw'ekintu ekimubulako. Bwe waabeerangawo obwetaavu bw'okunenya omuntu, nga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tamwatulira era ng'ekintu akikoonako katono, awatali kumenya mutima gwa muntu.

Yagambanga nti: “Tosanyukanga lwa kizibu ekituuse ku muganda wo Omusiraamu... kubanga, Allah Oweekitiibwa, mu kusaasira kwe, ayinza okuggyga omuntu oyo mu buzibu obwo n'abukuteekamu.” (Tirmidhi, Qiyaamah, 54)

Teyakomanga ku kya butatwala biseera kunoonyereza ku bumogo bwa bantu obutalabika, naye yagaaniranga ddala abalala okutwala ebiseera okukola ekikolwa eky'ensonyi bwe kityo; kubanga amateeka Amatukuvu gagaana okulowoolereza wamu n'okulingiriza ensobi z'abantu abalala.

Teyayogeranga okuggyako ng'ekigendererwa mu kwogera kwe kufuna kusiimibwa Katonda. Mu nkunngaana mwe yayogereranga abantu ebigambo bye byabakwatanga omubabiro ne babugaana essanyu. Bwe yayogeranga abantu abaamuwlirizanga baayagalanga nnyo bye yabanga abagamba era nga bamutegera bulungi amatu n'okumwegeka amaso okutuusa, nga Umaru (Allah amusiime) bw'agamba nti singa waabeerangawo akanyonyi nga katudde ku mitwe gyabwe kandisigadde ku mitwe okumala ekiseera ekiwanvu nga tewali akataawaanyizza (ebirowoozo byonna biri ku by'agamba).

Empisa bwe zityo n'enneyisa ebyabbulukukira ne mu Basswahaba byali bya maanyi okutuusa, ng'ebiseera bingi, n'okumubuuza obubuuza ebibuuzo baakitwalanga ng'ekitaali kya magezi. Bwe batyo baalindanga ne zireeta Omuwalabu okuva mu ddungu (Munnamalungu) n'asisinkana Nnabbi oboolyawo n'abuuza Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ebibuuzo ne bivaako okunyumya, nga mu kino mwe baabanga basuubira okuganyulwa mu nneeyisa oba enziramu ya Nnabbi.¹³⁵

Waliwo n'abamu obutiitiizi obwabaviirangamu okulindanga emyaka egiwera ebiri emiramba nga tebannafuna mbavu kubuuza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bibuuzo. Okusinziira ku ndabika ye eyeekitiibwa, tebeetantalanga kumutunula mu mmunye.

Amuri ibn Aaswi (Allah amusiime) yeewaako obujulizi nti:

“Wadde nga nnamalanga ebiseera bingi ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ensonyi ezansinzanga amaanyi n'ekitiibwa kye nnalinga muwa muli bulijo byanne-mesanga okusitula omutwe okumutunula mu kyenyi kye ekirungi, era ng'ekyo kyammattizanga mu mutima. Singa babadde baakumbuuza ku ssaawa eno okulojja Omubaka wa Allah engeri gy'afaananamu, nzikiriza nti, ekyo sandikisobodde.” (Muslim, Imaan, 192; Ahmada, IV, 199)

Omuntu eyayagala okutenda ebitendo bya Nnabbi eby'enjawulo kyali tekyebeereka gyali wabula nga yali alina okukkiriza nti “yali talabanga muntu amufaanana nga tannamulaba n'olvannyuma lw'okumulaba.”¹³⁶

Khalid ibn Waliidi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yakyalirako ekimu ku bika by'Abawalabu, omukulu w'ekika yamusaba amuttottolere Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira

135 Ibn Sa'adi, I, 121, 365, 422 – 425; Haythami, IX, 13.

136 Ahmada, I, 96.



kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yali afaanana, Khalid (Allah amusiime) kwe kumugamba nti:

“Ekyo tekisoboka. Ebigambo tebisobola kulojja bitendo bye!”

Omukulu yamuddamu nti” “Kale waakiri munnyonnyole mu ngeri yonna gy'osobolamu”. Kino kyawaliriza Khalid okwogera ebin-tu bino ebijja wammanga:

“Leka nkubuulire kino kye nsobola: Omuntu gwe batumye alaga ekitiibwa ky'oyo amutumye. Okuva Eyatuma bw'ali nga ye Omulabirizi w'Ensi zonna era Omutzoni waazo, osobola okufumii-tiriza ekitiibwa ky'Omubaka gwe yatum!” (Munawi, V, 92; Qastallani, Mevâhib-I Ledünniyye Tercümesi, olup. 417)

Olw'okuba nga yali yeweewba eddaala eddene mu bulungi, okutiibwa okunene awamu n'embeera ezeewuunyisa, yali teyee-taaga bujulizi bulala wadde ekyamagero okukakasa obutuufu bwe obw'okubeera nga ye Nnabbi eyatumwa Katonda Owoobuyinza.

Empisa ze yali Kulaane, ekintu Muwalimu Naaji kye yannyonyola obulungi bw'atyi:

*Ekizimbiddwa mu ggwe bwe bulungi bwa Kulaane, okutendereze-
bwa kwa buli kintu ekiriwo,
Kulaane ye hilyah yo eyawandiikibwa n'Omukono Ogwobuyinza*

Ebigambo ebifaanana bwe bityo biwulirwa mu bigambo bya Mawulaana Khalid Baghdaadi, Allah amusaasire, ebinnyonnyola engeri embeera ennungi eya Omubaka Ow'ekitiibwa gy'ewa amaan-nyi ebitonde byonna:

“Wa mugaso nnyo ogutayogerekka nti olw'okubeerawo kwe okulungi, amakula (pearls) gafubutuka mu nnyanja ne gadda ku ngulu, amayinja ag'omuwendo (emerald) ne gafubutuka mu mayinja aga bulijjo, n'ebimuli bya looza ne biva mu maggwa. Tewandirabye

mutunsi ogutamwenya olw'essanyu, n'ebimuli, mu nnimiro omwo
empisa ze ennungi mwe zoogererwa.” (Diwan, olup. 65 – 66)

Obulungi bwonna bwegattira mu Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga buva mu mubiri gwe. Awamu n'ekyo tewali muntu yali asobodde kulaba bulungi bwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu bujuvu bwabwo. Mu bigambo bya Imaam Qurtubi:

“Obulungi obwendabika ya Omubaka wa Allah (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tebwavaayo bwonna. Singa obulungi bwonna bwakulagibwa nga bwe bwali, Bass wahaba tebandibadde na busobozi okumutunulako.” (Ali Yardim, *Peyamberimiz'in Şemaili* olup. 49)

Hassaan ibn Thabit (Allah amusiime), Omutontomi wa Omubaka wa Allah, ayogera bulungi ku mbeera ya Nnabbi ey'en-jawulo n'agamba nti:

وَاحْسَنْ مِنْكَ لَمْ تَرْ قَطُّ عَيْنٌ
وَاجْمَلَ مِنْكَ لَمْ تَلِدِ النِّسَاءُ
خُلِقْتَ مُبِرَّءًا مِنْ كُلِّ عَيْبٍ
كَانَكَ قَدْ خُلِقْتَ كَمَا تَشَاءُ

“Omubaka wa Allah ... Tewali liiso lyali lirabye muntu akusinga bulungi. Teri mukazi yali azadde mwana mulungi kukusinga. Watondebwa nga oli wala nnyo na buli kamogo, ng'olinga eyatondebwa nga bw'oyagala!”



Obubaka Okuddamu Okukka Obuto

Okusiriikiriramu kw'Obubaka okuva eri Allah kватwala emyezi mukaaga mulamba. Okuddamu okukka Nnabbi Ow'emikisa akunyumya bw'atyi:

"Lumu nnali ntambula kwe kuwlira eddoboози nga liva wag-gulu. Nnasitula omutwe, okulaba eddoboози gye lyali liva kwe kulaba Malayika y'emu eyo eyanzijirako bwe nnali mu Mpuku ye Hira, n'getudde ku nnamulondo ngerengejjeru mu mpuyi z'ebbang. Natya nnyo. Ne nzirayo eka, nga bwe nngamba nti: 'Mbikka... mbikka!'

Nga ndi awo bambisse, Jibuliiру (emirembe gibeere ku ye) yakomawo; era ng'ayita mu ye) Allah Oweekitiibwa, yassa bino:

يَا أَيُّهَا الْمُدَثِّرُ قُمْ فَأَنذِرْ وَرَبَّكَ فَكَبِيرٌ
وَثِيَابَكَ فَظَاهِرٌ وَالرُّجْزَ فَاهْجُرْ

'Owange ggwe eyeebis! Golokoka olabule (abantu), ne Katonda wo omutendereze, n'engoye zo ozitukuze, n'ebitali bitukuvu obyesambe!' (al Muddatthir, 74 : 1 – 5)

Oluvannyuma Obubaka bweyongera okukka nga tebusiriikiriz-zaamu." (Bukhari, Tafsir, 74 / 4, 5; Muslim, Imaan, 255 – 2558)

Allah Owoobuyinza agamba nti:

وَلَقَدْ وَصَلَنَا لَهُمْ الْقَوْلَ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ

"Mazima ddala twatuusa ekigambo (Kulaane) gye bali oba olyawo ne beeбуулirira." (al Qaswasw, 28 : 51)

Okukka kw'Obubaka obutasalako nakyo kibalibwa mu byamagero bya Kulaane. Okukka kwa Kulaane ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'egenda egoberegana ng'ekkira mu *ayah* ennyinnyonnyofu obulungi ennyo, ng'etangira okugikoppa wadde nga kwandibadde kwa kukolebwa abantu bona nebitonde ebirala ne biyitibwa okuyambako, kikakasa bukakasa awatali kubuuusabuusa kwonna ensibuko ya Kulaane okubeera nga yali eva wa Katonda, nga kiwa obujulizi obwenkukunala nti terinaamu kituli kyonna omuntu we yandiyise okubaako ne ky'agigattikamu.

Ekintu ekikkirizika amangu kwe kuba ng'ekitabo ekitono eky'ebitontome kitwala okulafubana okw'amaanyi okukimaliriza. Naye, nga tofudde ku ddaala ly'okufaayo okuteebewamu, tekisoboka busobosi okugamba nti ebitabo bino abantu bye bawandiika tebibeeramu nsobi. Wabula obweraliikirivu obw'ekika ekyo tebjija ku bikwata ku Bubaka obuva eri Katonda, nga bulijjo busigala mu mbeera yaabwo, nga bujjuppe ebyamagero ebingi. Ekyo kyokka kimala okwoleka obunene bwa Kulaane Entukuvu.

Nga Ssula Muddatthiru esse, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amangu ago yasitukiramu we yali agudde. Nga tamanyi kyali kiguddewo, Khadiija (Allah amusiime) yeewuunya nnyo era n'amubuuza nti:

“Lwaki togenze mu maaso n'okuwummula?”

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuuddamu nga bw'amutegeeza Obubaka obupya obwali busse nti: “Ekiseera ky'okwebaka kiweddeko.”

Ennaku entono ezaasooka okuva Obubaka lwe bwakka, Jibliiru (emirembe gibeere ku ye) yasomesa Nnabbi Ow'emikisa engeri y'okufuna Wuzu n'okusaala. Ekiragiro ky'okukola ebikolwa by'okusinza kye yali asinga okwettanira kyateeka akamwenyumwenyu mu maaso ge.



Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yadda eka ng'ajaganya. Nga bw'abuulira Khadiija (Allah amusiime) emikisa nébyengera eby'amaanyi Allah Oweekitiibwa bye yali amuwadde, yamuigiriza engeri y'okufuna wuzu n'okusaala.¹³⁷

Abasiraamu Abasooka

Omuntu eyasooka okukkiririza mu Bubaka bwa Katonda yali Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yennyini, era nga kino kyogerwako mu Kulaane nti:

آمَنَ الرَّسُولُ بِمَا أُنْزِلَ إِلَيْهِ مِنْ رَّبِّهِ وَالْمُؤْمِنُونَ

“Omubaka akkiriza ebyo ebimussiddwaako okuva eri Katonda we n'Abakkiriza (bakkirizza)...” (al Baqara, 2 : 285)

قُلْ إِنِّي أُمِرْتُ أَنْ أَعْبُدَ اللَّهَ مُخْلَصًا لَهُ الدِّينَ
وَأُمِرْتُ لِأَنْ أَكُونَ أَوَّلَ الْمُسْلِمِينَ

“Gamba nti: ‘Mazima ddala ndagiddwa okusinza Allah nga Yekka gwe nkolera eddiini, era ndagiddwa okubeera Omusiraamu asooka (eyewaaayo eri Katonda).’” (Zumar, 39 : 11 – 12)

Ow'okubiri mu lunyiriri lw'abo abakkiriza Obusiraamu olu-vannyuma lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali mukazi we ow'ekitiibwa Khadiija (Allah amusiime). Buli kaseera Nnabbi Ow'ekitiibwa lwe yaddanga eka nga munakuwauvuu aweddemu amaanyi n'essuubi olw'ebivumo, okujeeja, okujerega n'okuyisibwa obubi okuva mu bantu b'ekika kye, Allah Owoobuyinza

137 Ibn Ish'aq, olup. 117; Ibn Hishaamu, I, 262 – 263.

yamuwooyawooyanga n'okukkakkanya obulumi bwe yabeerangamu n;ebigambo ebizzaamu amaanyi ebyavanga mu Khadiija (Allah amusiime) ebyakolanga nga okuweweza Okutukuvu okumwan-guyiza omulimu gwe yaliko.¹³⁸

Khadiija (Allah amusiime) bwe yamala okusiramuka, bawala baabwe Ruqaya, Ummu Kulthum ne Fatuma (Allah amusiime) baawkwata ekkubo lye limu ne basiramuka.¹³⁹

Olwalaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Khadiija nga basaala bombi, Ali – ekyenyi kye kiweebwe ekitiibwa – lumu yabuuza nti:

“Ki ki kye mukola?”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu nti: “Eno ye ddiini Allah gye yeerondedde. Nkuyita okkirize mu Allah omu era omusinze, ogaane Laat ne Uzza abo abatayinza kuganyula muntu yadde okumutuusaako akabi.’

Ali kwe kuddamu nti: “Siwulirangako ku ddiini ey'ekika ng'ekyo okuggyako kati. Naye mu buli ngeri, siyinza kukkiriza kintu kyonna nga ssinnaba kusooka kwebuuza ku taata, Abu Twalib.’

Okuva Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yali akoowoola abantu okuyingira Obusiraamu mu kyama mu kiseera ekyo, yagamba Ali nti:

“Ali, bw'osalawo obutayingira Busiraamu, kino kikuume nga kyama wakati wange naawe, tokisaasaanya.”

Ekiro ekyo, Allah Owoobuyinza yayanjuluza omutima gwa Ali – ekyenyi kye kiweebwe ekitiibwa – eri ekitangaala ky'Obusiraamu. Yagenda awali Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe

¹³⁸ Ibn Hishaam, I, 259.

¹³⁹ Ibn Sa'adi, VIII, 36.



bibeere ku ye) ku makya okumubuuza ebibuuzo ebirala. Bwe yafuna okuddibwamuokumatiza, yeewaayo eri okwagala kwa Nnabbi (oku-sasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) n'ayingira Obusiraamu. Olw'okuba nga yali mwana muto ng'alina emyaka kkumi egyptobuku-lu era ng'atya kitaawe, eby'okusiramuka kwe yabikuuma nga kyama okumala akaseera ng'atya kitaawe. (Ibn Ishq, olup. 118; Ibn Saadi, III, 21).

Buli kiseera Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) lwe yayagalanga okusaala, ne Ali – ekyenyi kye kiweebwe ekitiibwa – ng'ali naye, yagendanga mu biwonvu by'omu Makka n'asinza mu kyama, era nga eka akomawo ng'enjuba egudde. Kino kyagendererako okumala akaseera.

Naye eby'okusaala okw'ekyama okwa mutabani we ne mutabani wa muganda we, Abu Twalib teyalwa n'abiggukamu, era awo Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) we yayitira taata we omuto ayingire Obusiraamu. Wabula Abu Twalib yamwanukula bw'atyi:

“Mutabani omwagalwa, okwabulira eddiini ya bajajja ekyo kintu tekiri mu mikono gyange. Naye beera munywevu ku kyoliko ekyo ky'otumiddwa. Ndayira Allah, ebbanga lye nnaamala nga ndi mulamu, tewali mutawaana gwonna gugenda kukutuukako.”

Ate Ali – ekyenyi kye kiteebewemu ekitiibwa – ye yamugamba bw'atyi:

“Akuyita eri bulungi bwokka na mpisa nnungi. Sigala ng'oli mugumu ku kkubo lye, mutabani; tomwabuliranga!” (Ibn Hishaam, I, 265)

Ye Abdalla ibn Masuudi (Allah amusiime)¹⁴⁰ yali ali ku lugendo lwe olwamatuusa e Makka mu kusuubula, kwe kulaba Nnabbi (oku-

140 Abdalla ibn Masuudi (Allah amusiime), ng'era yali ayitibwa Abu Abdurrahmaan, y'omu ku Basiraamu abaasooka. Oluvannyuma lw'okuyingira Obusiraamu, teyava Nnabbi Owémikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ku lusegere, ng'anyumirwa okumuweereza. Ibn Masuud yali mutono,

saasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Khadiija ne Ali (Allah amusiime) nga beetoloola Ka'aba, era ne yekkaanya nnyo ng'alaba Khadiija nga yeebisce hijaab. (Dhahabi, Siyar, I, 463)

Ne Ufayfu al Kin'dii naye yakyalako e Makka mu kiseera ekyo ng'azze okusuubula gye yalabira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Khadiija ne Ali nga basaala kumpi ne Ka'aba. Olw'okwagala okumanya, yabuuza Abaasi (Allah amusiime), era oluvannyuma lw'okubannyonnyolako ekiwanvu, yagamba nti:

“Ndayira Allah, simanyiyo muntu mulala atali abo abasatu akkiririza mu ddiini eyo!”

Wadde nga Ufayfu oluvannyuma ennyo yayingira Obusiraamu, naye bulijjo yalaganga okusalirwa olw'obutasiramukirawo ku lunaku olwo nga bwe yekubagiza nti:

“Kale singa nnakkiririzaawo Obusiraamu ku lunaku olwo ne mbeera omusajja ow'okubiri okufuuka Omusiraamu! Kati nneegomba nnyo nti singa nnabeera ow'okuna mu bol? (Ibn Sa'adi, VIII, 18; Ibn Hajar, al Iswaba, II, 487)

nga munafu, era ng'alina eddoboozi ddungi ng'endabika ye nnungi. We yay-ingirira Obusiraamu, Abasiraamu baali bakyali batono nnyo. Bamusin-zabibumbe baamuyikirizanga era nga tebata kumubonyaabonya e Makka, ekyamuwaliriza okusenguka okugenda e Madiina, eyo Mawaazi ibn Jabal (Allah amusiime) gye yanuweera obubudamo. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwasenguka, Abdalla ibn Masuud (Allah amusiime) yafuukira ddala omutuuze mu Madiina, era ne yetaba mu ntalo zonna ezagwawo oluvannyuma. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yanyumirwanga ng'awuliriza Ibn Masuud bw'asoma Kulaane. Olw'okumanya kwe okwewala, Ibn Masuud yatendeka abamanyi abawera mu tafsiir, hadiisi n'okutaputa amateeka g'Obusiraamu. Naddala abay-ivu b'e Kuufa, bamanyiddwa okuwa ensalawo yaabwe mu ddiini nga basinziira ku nnyumya ya Ibn Masuud eya hadiisi n'endaba ye. Yayatiikirira n'okwogera hadiisi eziwerera ddala lunaana mu ana mu munaana (848). Oluvannyuma lw'okukola nga Omulamuzi w'e Kuufa, Ibn Masuud yakomawo e Madiina mu biseera by'Obwakaliifa bwa Uthuman (Allah amusiime), nafa nga wayiseewo akassera katono ng'akunuukiriza mu myaka nkaaga (60) egy'obukulu.



Oluvannyuma lwa Ali, Zayidi ibn Haaritha (Allah amusiime), eyali omuddu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amuta, naye yakkiriza Obusiraamu n'atandika okusaala, era oluvannyuma nga tayawukana ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) wadde okulekayo okumuweereza. Yali mwesimbu mu kuweereza kwe Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'era *abayaaye* b'e Twaifa bwe baatandika okukasuukirira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amayinja, Zayidi yateekawo omubiri gwe gutangire Nnabbi okukubwa amayinja okutuusa lwe gwabuna omusaayi n'ebiwundu, era ng'ekyo kyamwongera omukwano n'okusiiima okuva eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Ku nsonga eyo, emboozi eno wammanga ekwata ku Umaru (Allah amusiime) ekakasa engeri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye yayagalangamu Zayidi (Allah amusiime).

Nga afuuse Kaliifa, Umaru (Allah amusiime) yateerawo mutabani wa Zayidi (Allah amusiime), ayitibwa Usaama, omusaala gwa dirham 3,500 nga gusinzaako gwe yateerawo mutabani we (owa Umaru) Abdalla dirham 500. Abdalla kino teyakisiima kwe kugamba kitaawe nti:

“Lwaki Usaama omutwala nga wa waggulu okunsinga, so nga nze nneetabye mu ntalo nnyingi okumusinga?”

Okuddamu kwa Umaru (Allah amusiime) kulaga obugagga bw'omutima gwe n'obwetoowaze bwe obw'ekika ekyawaggulu, wamu n'engeri ey'ekyewuunyo gye yatwaliranga waggulu obwenkanya.

‘Ekikulu mutabani, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayagala nnyo kitaawe okusinga bwe yanjagala ate era n'ayagala Usaama okusinga bwe yakwagala. Eyo ye nsonga lwaki nasinza omukwano gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku gwange’. (Tirmidhi, Manaaqib, 39)

Nga bwe kyeraga mu kifaananyi kino, ekimu ku bifaananyi ebingi, Basswahaba bulijjo baalondangawo abo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) be yayagalanga okusinga bo be baayagalanga.¹⁴¹

Abu Bakari (Allah amusiime) ye yali mukwano gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga tannaba na kufuna Bwannabbi. Okuva mu buto, yali yalaba empisa za Omubaka wa Allah ezituukiridde, okutuukiriza kwe wamu n'obwesigwa bwe yalina era nga yali mumativu nti omuntu empisa ze ezekika ekya waggulu gwe zaaziyiza okwogera ekigambo n'ekitono kitya eky'obulimba yali tasobola kulimba ku bikwata ku Katonda Owoobuyinza. Olw'ensonga eyo, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yamuyita okuyingira Obusiraamu, teyasibamu yabuyin-girirawo.¹⁴²

Mu hadiisi ekwata ku nsonga eno, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agamba nti:

“Allah bwe yantuma nga Nnabbi gye muli bantu mmwe, mwasooka kugamba nti ‘Olimba’. Naye Abu Bakari ye yagamba nti ‘Ayogera mazima’ olwo n’ampagira era n’awaayo obulamu bwe n’ebey’obugagga bye”. (Bukhari, As’haabun Nabiyy, 5)

Teri kintu kyaleetera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ssanyu nga kusiramuka kwa Abu Bakari. Abu Bakari bwe yafuuka Omusiraamu, ye obukkiriza bwe teyabukweka, era awatali kuwannaanya yatandikirawo okuyita abantu abalala okukkiriza mu Allah ne Omubaka we.¹⁴³

141 Haytham, VI, 174; Ibn Saadi, IV, 30.

142 Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 78.

143 Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 80 – 81.



Abu Bakari (Allah amusiime) alina ekifo kya njawulo mu bulamu bwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ku nsonga eno, obuwanguzi mu kigendererwa kyonna kuyimirirawo ku bintu bisatu:

1. Ekirowoozo ekifuga
2. Abantu abeekwata ku kirowoozo ekyo
3. Ekkubo omuva ssente

Ekirowoozo ekikulu kyali bintu ebyo ebiri mu Busiraamu, nga bikakasibwa Obubaka. Zo ensonga endala ebbiri, Abu Bakari (Allah amusiime) yakola kya maanyi. Yali Abu Bakari (Allah amusiime) eyawoma omutwe mu byetaago eby'ensimbi ebitali bimu eby'omulimu nga mw'otwalidde n'okununula abaddu Abasiraamu.

Okwongera okutangaaza ku nsonga ezo ebbiri, tuyinza okugamba nti omukwano gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Abu Bakari (Allah amusiime) ogwayita mu myaka eg'yekivubuka, omulimu gw'obwannabbi bwe gwatandika gwafuuka obunywanyi obulungi.

Ku kitibwa eky'okubeera omu ku abo abaasooka okukkiriza Obusiraamu, Abu Bakari yagattako okufuna erinnya lya *as Swiddiq*, bw'atakkiriza wadde akatonnyeze k'okubuusabuusa okwonoona obukkiriza bwe. Mu mwoyo ogwo, emyaka eg'yaddako gyajulira okwewaayo kwe mu bintu n'omwoyo mu kkubo ly'Obusiraamu, bwe yamaliriza ng'awaddeyo eby'obugagga bye byonna mu kkubo lya Allah Oweekitiibwa.

Okwagala kwe kuijula ne kubooga omukwano eri oyo gw'ayagala; kwe kusobola okwagala ekintu kyonna wamu n'omuntu yenna omwagalwa wo by'ayagala, okusinza bye yeegomba ku bibyo era n'okusobola okwerekereza byonna mu kkubo ly'oyo gw'oyagala.

Obulamu bwa Abu Bakari (Allah amusiime) bujjudde ebintu ebi-faanana bwe bityo eby'omukwano ogw'okwewaayo n'okusaanawo ku lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye).

Lumu Abu Bakari yalwala olumbe ne lumuteeka wansi kubanga yali awulidde nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali mulwadde. Omukwano ogwo gwavaamu okusitula enkolagana eyannamaddala wakati w'ab'omukwano ababiri, ekyatuusa ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) okugamba nti:

“Abu Bakari kitundu ku nze nange ndi kitundu ku ye. Muganda wange mu nsi muno ne ku Lunaku lw'enkomerero”. (Daylami, I, 437)
Kino kikakasa obunywanyi bwabwe mu nsi y'omwoyo n'okulaga embeera y'emimitima gyabwe bombi.

Nga Nnabbi ali ku ndiri ey'obulwadde obwamutta yali ayogera ku nzigi ezaali zigenda mu muzikiti gwe nti:

“Muggale enzigi zonna okuggyako omulyango gwa Abu Bakari!”
(Bukhari, As'haab'un Nabiyy, 3) Okusiima kuno kimu ku bigambo ebiraga enkolagana ey'omwoyo wamu n'omukwano ogwali wakati waabwe bombi.

Omulala eyayingira Obusiraamu mu nnaku ezaasooka mu kukoowoola kwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali Bilaali omu Abyssinia ne maama we (Allah bombi abasiime). Bilaali (Allah amusiime) yali omu ku bantu omusanvu abaasookera ddala okulangirira okukkiriza kwa-bwe Obusiraamu. Baamubonyaabonya mu ngeri esinga obukambwe asobole okuva mu Busiraamu, naye ebyo byonna yabigumira, ng'era buli lwe bamubonyaabonya ave mu ddiini y'Obusiraamu, ng'ayogera kimu nti ‘Ahad! Ahad! Allah ali omu! Allah ali omu’.



Abu Bakari yawaayo omutango n'anunula Bilaal, ne maama we,¹⁴⁴ ekintu ekyamufunira okusiimwa kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era mu kiseera kye kimu ne kimufuula eky'okulabirako mu kuba n'ekisa n'obugabi.

Mawulaana Ruumi ekyafaayo kino akinyumya bw'atyi, ng'ako-
resa olulimi lw'omutima:

“Bwe yawulira ebibonyoobonyo ebikambwe ebyatuusibwa ku Bilaal Omuhabashi, Swiddiiq yajja mu maaso ga Nnabbi Ow'ekitiibwa n'amuteggeeza emitawaana egiali gituuse ku Bilaal:

“Omwoyo ogwo omutukuvu, ogukutte eggulu zonna, gugudde mu mukwano naawe. Awambiddwa omukwano gwo. Olw'ensonga eyo yokka bakanywamusayi babonyaabonya omusajja oyo omu-
tukuvu nga malayika. Awamu n'okuba nga talina musango gwonna, bakongoleko ebiwaawaatiro bye. Baagala kuziika eky'obugaggga eky'amaanyi mu bukyafu bw'okusinza amasanamu n'obugyeemu...

Bamwebasizza mu musenyu ogusiiyiika wansi w'enjuba ekalirira;
nga bakuba omubiri gwe okutali kagoye n'amatabi ag'amaggwa...

Naye wadde ng'omusaayi gumuvaamu mu mubiri nga gufuku-
muka ng'ensulo, era akyalemedde ku kugamba nti ‘Allah ali omu,
Allah ali omu’: talekaayo kuvunnamira Katonda we...’

Ekisa n'okusaasira byafuula buli katundu ku mubiri gwa Abu Bakari olulimi olujjudde obulumi n'ennaku, lwe yali annyonnyoza mu kunyolwa era nga yalwawo ng'agezaako okunnyonnyola Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obulumi Bilaali bwe yalimu.

Ku nkomerero, yaggyayo ekyama kye yali asirikidde ku mutima, n'akyatula nti: ‘Mubaka wa Allah, njagala kumununula; ndi

144 Ibn Sa'adi, III, 232; Haakim, III, 319.

mwetegefu okukozesa obugagga bwange bwe nnyina bwonna. Sija kuwlira mirembe mu nsi eno okutuusa nga ntaasizza omwoyo ogwo omutukuvu ogutuuseeko obusungu n'okubonyaabonyezebwa abalabe ba Allah ng'ensonga emutuusisaako ekkyo kwe kuba ng'aya-gala Allah n'okufuuka omuddu we, era omukkiriza mu Mubaka we'.

Kino kyasanyusa nnyo Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), era n'ayanukula Abu Bakari bw'atyi: 'Nange nkwegasseeko mu nsongya eyo...mukwano oweekisa owa Allah ne Omubaka we!'

Abu Bakari amangu ago n'ayolekera ennyumba y'omusajja eyali afuga Bilaali, gye yasanga ng'azirise olw'obulumi bwe yali alimu olw'okutulugunyizibwa. Abu Bakari teyalina bigambo biwoomu eri mukama wa Bilaali, omusajja eyali talina kusaasira kwonna mu mutima, byonna bye yali amugamba byali bya busungu bwereere.

"Ggwe, omuntu alina omwoyo omubi ogataliimu kisa kyonna! Butya bw'oyinza okubonyaabonya mukwano gwa Allah? Musajja ggwe atalina mutima! Kika kya bukyayi ki n'okutamwa by'ojzutta mu nda?"

Nsolo ggwe etalina kisa! Ggwe weerowooza okubeera omusajja? Oli wa mpisa mbi, omumenyi w'amateeka, eyaggyibwamu omutima omusaasizi, omwoyo omulwadde ogwambadde eddiba ly'omuntu!"

Ekyaddirira ebigambo bino ye Abu Bakari okuwonya omululu gwa mukama wa Bilaali n'ebintu ebingi eby'ensi nga kino kyamuleka ng'ayasaamiridde nga bw'atunuulira Abu Bakari ng'aggyayo omutango okununula Bilaali.

Abu Bakari bwe yamulaba atangaaliridde, kwe kumugamba nti: "Musiru ggwe! Kitono ky'omanyi nti ng'omwana omuto, ompadde ekkula nze ne nkuwa ekinyeebwa. Kitono ky'omanyi nti Bilaali wa muwendo mu nsi zombi. Enjawulo eriwo eri nti ggwe amaaso ogassa ku kkala ya mubiri gwe, so nga nze ntunuulira mwoyo gwe, nnan-



dikuwadde n'ekisinga awo okumununula. Singa walemedde ku kya kukuwa ekisingako awo, nnandikuwadde byonna bye nnina, nnadiridde n'amabanja singa kyandibadde kyetaagisa. Musiru ggwe! Jjukira nti omuntu atunda eby'okwewunda eby'omuwendo y'asobola okumanya omuwendo gwa byo.

Ekifaananyi Ruumi ky'awa ku kisa n'okusaasira ebituukiride, kirina bye kikola ku mitima gyaffe n'amazima nti omuwendo gw'omuntu omukulu guli wala nnyo tegusobola kugeraageranyizika era nti eby'obugagga by'ensi tebirina kye byenkana bw'oba obigeraageranyizza ku muntu.

N'ekikolwa kino eky'obuntu, Abu Bakari (Allah amusiime) omulundi omulala yalaga okwagala okw'amaanyi kwe yalina eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Obubonero obulala obulaga okwagala okwali kutilinaako kkomo eri Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) buyinza okufunzibwa bwe butyi:

- Okukolera ku Kulaane n'amateeka g'Obusiraamu ago Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ge yaleeta ng'ayagala n'omutima gwe gwonna.
- Okulaga ekisa eri Basiraamu banne n'okulafuubana mu nsonga basobole okuganyulwa.
- Ensi obutagirabamu ka muwendo n'okubeera omwetegefu okwavuwala nga yeesiimidde.
- Okwettanira okwegatta naye.
- Bulijjo okumujjukira.

Ku ludda olulala, okulungama kwa Khalid ibn Said (Allah amusiime) kwajja nga kuyita mu kirooto eky'entiisa. Ekiro kimu Khalid yaloota ng'ali ku mugo gwa kinnya ekinene nga kirimu omuliro nga

taata we agezaako okumusindika agweyo wansi, era awo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yamukwatira mu kiwato, n'amuwonya okugwa mu muliro. Bwe yazuukuka mu kutya okungi, yeeyogeza nti: "Ekirooto kino kiteekwa okubeera n'obubaka bwe kiwa!" Oluvannyuma, ng'ayita mu magezi agaamuweebwa Abu Bakari (Allah amusiime) yagenda ewa Nnabi n'akkiriza Obusiraamu.

Oluvannyuma lw'okuwulira eky'omwana we okukyusa enziki-
riza, taata wa Khalid yamubonyabonya nga bw'amugamba nti, "Vva
wano! Tojja kuddayo kufuna mmere kuva wange!"

Kyokka Khalid yamuddamu mu bumalirivu nti: "Beera n'em-
mere yo nga bw'oyagala... Allah ajja kumpa emmere gye nnaalya."

Khalid (Allah amusiime) yasigala ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okutuusa okusenguka okw'e Abyssinia. (Haakim, III, 277 – 280)

Abalala abaasiramuka ye mukyala wa Khalid ayitibwa Umayna, muganda we Amuri, ne mukyala wa Amuri, ayitibwa Fatuma (Allah amusiime). Obuwagizi bwa Abu Bakari, ennaku ez'okuyita mu kyama bwayamba Abu Fuqayha, Uthumaan, Zubayiri ibn Awwaam, Abdurrahmaan ibn Awuf, Sa'ad ibn Abi Waqqaas ne Twalha ibn Ubaydullah (Allah amusiime) okuloza ku ssanyu ly'Obusiraamu.¹⁴⁵

Lumu Uthmaani (Allah amusiime) yabuulira Nnabbi (okusa-
sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bino wammanga:

"Omubaka wa Allah bwe twali e Damascus nga tuli wakati w'okwe-
baka n'okutunula, twagenda okulaba nga tuwulira eddoboozi nga ligam-
ba nti: 'Abeebassi, muzuukuke! Ahmada alabise e Makka!' Bwe twadda
e Makka, twafuna amawulire ku bwannabbi bwo." (Ibn Sa'adi, III, 255)

145 Ibn Hishaam, I, 268.



Twalha ibn Ubaydullah (Allah amusiime) anyumya bino wamanga:

“Nnali mu katale k’Busra ne mpulira munnaddiini omu ng’abuuza abantu b’e Makka gye bali. Nnamutuukirira ne mugamba nti nnali nva Makka.

Yambuuza nti: ‘Ahmada yajja?’

Namubuuza nti: ‘Ahmada ki?’ kwe kunngamba nti:

‘Ahmada mutabani wa Abdalla mutabani wa Abdul Muttwalib! Nnabbi ow’enkomerero, agenda okulabika e Makka. Ajja kuva e Makka asengukire mu nsi enkalu, ey’amayinja, ng’erimu amalimiro g’entende. Nkuwa amagezi okumugoberera ng’azze!’

Ebigambo by’omubuulizi byannyaingira mu mutima. Amangu ago nnaleka nava mu katale ne nzirayo e Makka. Bwe nnatuukayo nnabuuza nti:

‘Waliwo ekipya ekyatuuse mu kitundu?’

Abantu banziramu nti: ‘Muhammadi Omwesigwa, mutabani wa Abdalla, yeeyita Nnabbi. Ne Abu Bakari yasazeewo okumugoberera’. (Ibn Sa’adi, III, 215)

Abalala abaafuna omukisa ogw’okubeera Abasiraamu abaasooka mwalimu Abu Ubayda ibn Jarraah, Abu Salama, Arqam ibn Abi Arqam, Uthumaani ibn Ma’zun, Asma bintu Abu Bakari, Khabbaab ibn Arat, Abdalla ibn Masuud, Abdalla ibn Jahsh, Jafaar ibn Abu Twalib, mukyala we Asma bintu Umays, Abu Huzayfa ne Amir ibn Fuhayra (Allah amusiime).

Ennyumba Ya Arqam:

Essomero Ly’okuyiga Ery’Abasiraamu Abaasooka

Mu mwaka ogwasooka ogw’Obwannabbi, ennyumba ya Arqam ibn Abi Arqam (Allah amusiime) ye yakola ng’ekifo eky’ekyama

Basswahaba bwe baasiramukanga mwe baasisinkananga. Emayaka esatu egyasooka, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yayita abantu okuyingira Obusiraamu mu kyama, nga yee-gayirira abo abaagaananga okuyingira okukikuuma nga kyama baleme kbuulira muntu yenna.

Ennyumba ya Arqam, era eyamanyibwa ng'Ennyumba y'Obusiraamu, yali eri kumpi n'akasozi k'e Swafa e Makka. Wano mu nnyumba entukuvu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) mwe yabeeranga okunnyonnyola Obusiraamu, okusoma n'okusomesa Kulaane eri abo abaalinga bajja, ng'eri wala ne Bannamakka bamusinzabibumbe. Eyo, gye baasaaliranga mu Jjama. Wano bangi we baayigira Obusiraamu. Okutuusa Umaru (Allah amusiime) lwe yakkiriza Obusiraamu mu mwaka ogw'omukaaga ogw'obwannaabi, ennyumba yakola omulimo gwa maanyi mu kusomesezaamu n'okuyita abalala okuyingira Obusiraamu. Arqam (Allah amusiime) oluvannyuma ennyumba eno yagiweerayo ddaala okukola emirimo gy'Obusiraamu. Endagaano y'okugiwaayo yali bw'etyi:

“Mu linnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi... Kino kye kiraamo kya Arqam ekikwata ku nnyumba eri ku kasozи Sswafa awo mu maaso, ettaka eribalibwa okubeera ekitundu ku Nnyumba Entukuvu, era lifuuse ttukuvu era nga siryakuvvoolebwa. Terijja kutundibwa oba okusikirwa. Endagaano eno ejuliddwa, Hishaamu ibn Aaswi n'omuddu we.’ (Ibn Sa'adi, 242 – 244' Haakim, III, 574 – 575 / 6129)

Ennyumba ya Arqam olwaleero yamenyebwawo Obwakabaka bwa Saudi Arabia ettaka ne liyingizibwa mu nda mu Nnyumba Entukuvu, Ka'aba, olwo ne lidda ku kikolo kyalyo.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yama-la emyaka esatu eg'y'obwannabbi ng'ayita abantu eri Obusiraamu mu kyama. Kino tekyali lwa kutya kubonyaabonyezebw na bizibu naye kyali kiganyula Busiraamu. Okwo kw'ogatta nti waali tewanna-



baawo kiragiro kya Katonda nga kiragira okuyita abantu mu lwatu. Singa Obusiraamu bwali bulangiriddwa mu lwatu mu kiseera ekyo, Abasiraamu bangi abapya, nga bangi baali banaku n'abanafu, obulamu bwabwe bwandibadde mu katyabaga, so nga okuzikirira kwabwe kwandisaanyaawo eddiini nga tennaba na kusaasaana.

Okuva mu byali mu Nnyumba ya Arqam, tuyinza okuyigamu amasomo gano wammanga ku bikwata ku ngeri y'okukolamu omulimu gw'okusaasaanya Obusiraamu:

1. We kyetaagisiza, kiba kikulu nnyo okukola omulimu ogwo mu nkukutu.
2. Okusomesa ddaala erisooka eryetaagisa mu kutuukiriza ebigendererwa eby'embeera y'abantu, eddiini n'eb'yobufuzi. Okufuna ekirungi, abantu bateekeddwa okubeera nga bamanyi bulungi empi-sa n'ebigendererwa by'omulimo.

Ekkubo erikwatibwa n'engeri y'okukolamu emirimu eteekeddwa okugobererwa mu mirimu gy'Obusiraamu okutuuka ku Lunaku Iw'okulamula, biteekeddwa okubeera mu kitangaala ekirabirwako ekyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye). Okufuba kwonna okugenderera okuzzaamu amaanyi Obusiraamu n'okubutwala mu bifo gye butatuukanga biteekeddwa okutwala eby'okuyiga okuva mu kugunjulwa kuno.

OMWAKA OGW'OKUNA OGW'OBWANNABBI

**Yasanguza ebyo by'olagiddwa!
Labula Abooluganda lwo Olw'okumpi!**

Oluvannyuma lw'ebbunga ery'emyaka esatu eg'yokukoowoola mu kyama, mu mwaka ogw'okuna ogw'obwannabbi Katonda Owoobuyinza yassa *ayah* egamba nti:

فَاصْدِعْ بِمَا تُؤْمِرُ وَأَعْرِضْ عَنِ الْمُشْرِكِينَ
إِنَّا كَفَيْنَاكَ الْمُسْتَهْرِئِينَ

“Kale yasanguza ebyo by'olagiddwa ove ku abo abagatta Katonda n'ebirala. Mazima ddala, tujja kukumalira eri abo abakujeeja.” (al Hijri, 15 : 94 – 95)

Ayah zino zaali ziragira okulangirira Obusiraamu mu lwatu. *Ayah* endala ekkaatiriza ensonga y'emu mu ngeri esingako obwan-julukufu, ng'eri mu lulimi olulabula.,

يَا أَيُّهَا الرَّسُولُ بَلَّغْ مَا أُنْزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ
وَإِنْ لَمْ تَفْعَلْ فَمَا بَلَّغْتَ رِسَالَتَهُ



وَاللَّهُ يَعْصِمُكَ مِنَ النَّاسِ إِنَّ اللَّهَ
لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ

“Owange Omubaka! Tuusa ebyo ebissiddwa gy’oli okuva ewa Katonda wo; bw’onooba tokikoze, ojja kuba totuusizza bubaka Bwe. Era Allah ajja kukukuma abantu. Mazima ddala Allah talunnganya abantu abo batakkiriza.” (al Maa-ida, 5 : 67)

Okuva olwo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yalagirwa bw’atyi:

قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ جَمِيعًا الَّذِي
لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ يُحْيِي وَيُمِيتُ
فَآمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ النَّبِيِّ الْأَمِيِّ الَّذِي يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَكَلِمَاتِهِ
وَاتَّبِعُوهُ لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ

“Gamba nti: Abange abantu! Mazima ddala nze ndi Mubaka wa Allah eri mmwe mwenna, Oyo nnannanyini bufuzi obw’omuggulu n’ensi. Teri Katonda mulala okuggyako Ye, Awa obulamu era y’aleeta okufa. N’olw’ekyo mukkirize Allah ne Omubaka we Nnabbi oyo eyali tamanyi kusoma wadde okuwandiika oyo akkiriza Allah n’ebi-gambo Bye; era mumugoberere musobole okutambulira mu kkubo eggolokofu.” (al A’araaf, 7 : 158)

Naye yali akyabirowooza butya bw’atandika era wa aw’okutan-dikira, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kwe kuyambibwako Obubaka obulala nti:

وَأَنذِرْ عَشِيرَتَكَ الْأَقْرَبِينَ وَاحْفِظْ جَنَاحَكَ لِمَنْ اتَّبَعَكَ مِنَ
الْمُؤْمِنِينَ فَإِنْ عَصَوْكَ فَقُلْ إِنِّي بَرِيءٌ مِّمَّا تَعْمَلُونَ وَتَوَكَّلْ
عَلَى الْعَزِيزِ الرَّحِيمِ الَّذِي يَرَأَكَ حِينَ تَقُومُ

“Era labula abooluganda lwo olw’okumpi, weetoowalize abo abakkiriza abakugoberera. Naye bwe baba bakujeemedde, olwo gamba nti: Mazima ddala nze neetegudde ebyo bye mukola. Era weesigamire ku Wamaanyi Omusaasizi Oyo akulaba wonna w’oba oyimiridde.” (as Shu’araa, 26 : 214 – 218)

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yatandika okukoowoola abantu mu Iwatu bayingire Obusiraamu, yasookera ku kuyita baluganda lwe olw’okumpi, ng’agoberera eki-ragiro kya Katonda. Nga bw’abawa ekitiibwa era n’okubeetoowaliza, oluvannyuma yabagamba bw’atyi:

“Ntumiddwa nga Nnabbi okusooka eri mmwe, batabani ba Abdul Muttwalib, n’oluvannyuma eri abantu bonna. Mwali mulabye ebyamagero ebingi ebyakolebwa nga bayita mu nze. Kaakati ani mu mmwe anangoberera nga muganda wange era mukwano gwange?

Teri n’omu yafaayo nnyo. Baasigala basirise. Naye Ali Allah amusiime eyali akyali omwana omuto mu biseera ebyo naye nga yali yafuna ekitiibwa eky’okubeera omusajja omubereberyre okuyingira Obusiraamu, yayimirira era n’agamba nti:

“Mubaka wa Allah! Nkukakasa nti nja kukuyamba”

abantu abaaliwo baali bakyatunula mu kunyooma n’okujeeja, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kwe kuzza amaaaso ag’omukwano ku Ali (Allah amusiime) n’amuweeweeta omutwe



ng'akozesa ekibatu kye ekiweweetu ekyo abantu abangi kye bandiwad-deyo kyonna kye balina basobole okukinywegera omulundi ogumu.¹⁴⁶

Abooluganda lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obutayagala kukkiriza Busiraamu tekirina kya maanyi kye kyakola kukutulamu kawefube we ow'okukoowoola abantu bayingire Obusiraamu. N'ekisinga obukulu, Allah Owoobuyinza yali assizza Obubaka nti:

يَسْ وَالْقُرْآنُ الْحَكِيمُ إِنَّكَ لَمِنَ الْمُرْسَلِينَ عَلَىٰ صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ

“Yaa siin. Ndayidde Kulaane ey'amagezi. Mazima ddala ggwe oli omu ku babaka. Ali mu kkubo eggolokofu...” (Yaa Siin, 36 : 1 – 4)

وَأَرْسَلْنَاكَ لِلنَّاسِ رَسُولًاٰ وَكَفَىٰ بِاللَّهِ شَهِيدًا

“...Era twakutuma eri abantu nga oli Mubaka; era Allah amala okubeera omujulizi!” (an Nisaa-i, 4 : 79)

**وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا كَافَةً لِلنَّاسِ بَشِيرًاٰ وَنَذِيرًاٰ
وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ**

“Era tetukutumye eri abantu bona okuggyako okubatw-lira amawulire amalungi era nga oli alabula, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.” (Sabaa, 34 : 28)

**قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ جَمِيعًا الَّذِي
لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ**

146 Ahmad, I, 111, 159; Haythami, VIII, 302 – 303.

“Gamba nti: Abange abantu! Mazima ddala nze ndi Mubaka wa Allah eri mmwe mwenna, Oyo nannyini bwakabaka bwe ggulu n'ensi.” (al Aaraaf, 7 : 158)

Nga bwe kitangaaziddwa Kulaane, okwawukanako n'abo abaa-musooka, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatumibwa eri abantu bona. Kino Nnabbi Ow'emikisa yennyini akinnyonnyola mu hadiisi eno:

“Nnaweebwa ebintu bitaano ebitaaweebwa muntu mulala yenna ku bansooka.

1. Allah yanfuula muwanguzi mu kutya n'ekitiibwa, olw'oku-tiisa kwe abalabe bange mu bbanga lyu lugendo lwa mwezi gumu.

2. Ettaka lyafuulibwa, gyendi n'abagoberezi bange, ekifo ky'okusaalirako n'okwetukuza nga tuyita mu *tayammum*, n'olw'ekyo omugoberezi wange yenna asobola okuyimirizaawo esswala awo wonna obudde bw'okusaala we buba bumukwatisse.

3. Eminyago (mu lutalo) gyanzikirizibwa okugitwala wadde ng'abalala abansooka baali tebakkirizibwa kugitwala.

4. Nnaweebwa omukisa okuwolereza abantu ku Lunaku lw'okulamula.

5. Wadde buli Nnabbi yatumibwa eri eggwanga lye lyokka, nze natumibwa eri abantu bona.” (Bukhari, Tayammum, 1)¹⁴⁷

147 Mu nnyumya ya hadiisi eno endala, Nnabbi Ow'emikisa okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye yayongera n'akkaatiriza ensonga endala ssatu nga ze zino: “Nafuulibwa Jawaami ul-Kalim (ekitegeesa eyaweebwa obusobozi obun-nyonnyola amakulu amangi mu bigambo ebisembayo okuba ebitono ennyo). Obwannabbi bwakomekkerezebwa nange, ne buteekebwako envumbo, era tewajja kuddamu kuberayao bannabbi balala oluvannyuma lwange. Ate bwe nnali ngalamidde nga nneebase, ebisumuluzo by'amawanika gensi byaleet-ebwa ne biteekebwaa mu maaso gange.” (Muslim, Masaajid, 5, 6)



Okuggyako Ali (Allah amusiime), eyali omwana omuto mu kiseera ekyo, okukoowoola kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) okwasooka eri abooluganda be teri nòmu yakwanukula.

Ebyo nga biwedde, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) yaddamu n'ayita abooluganda lwe mu nnyumba ye omulundi omulala. Nga era abayisa mu ngeri eyeggonjebwa n'ekitii-bwa, yabagamba nti:

“Batabani ba Abdul Muttwalib! Ndayira Allah, simanyiiyo muntu mulala yenna mu Bawalabu eyali aleese ekintu ekyomugaso omunene, eri ensi yammwe n'enkomerero yammwe, okusinga nze.

“Batabani bwa Abdul Muttwalib! Ntumiddwa nga nnabbi nadala eri mmwe, n'eri abantu bona okutwaliza awamu. Era mmwe awatali kubuusabuusa mwali mulabyeko ku bimu ku byamagero ebikwata ku nsonga eno. Kati ani mummmwe eyagala okunnyamba mu ngeri ey'obwasseruganda mu kutuukiriza obuvunaanyizibwa buno afune Ejjana? Ani ayagala okungoberera mu kkubo lino nga owooluganda era owoomukwano?”

N'era, abooluganda lwa Nnabbi (oksaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) tebaakoma ku kya butakkiriza kukooowoola kwe kyokka, naye bona baamujerega era ne banyoomoola ekirowoozo ekyo. Amangu ago bona baamusegulira ne bamulekawo. (Ahmada, 159; Ibn Sa'adi, I, 187; Haythami, VIII, 302; Ibn Athiir, *al Kaamil*, II, 63; Balaazurii, I, 119; Halabii, I, 283)

Abooluganda ab'okumpi batera okukkiriza amangu omuntu waabwe ky'aba abagamba bw'obageraageranya n'abo abali ewalako. Mu ngeri eyo bw'olowooza ku booluganda lw'abo abakkiriza Obusiraamu, kyeraga nti Eddiini ng'eyita mu kkubo lino erina obusobozi obutuuka ku bantu ku misinde egya yiriyiri. Era kizibuwalira

abalala okukkiriza singa abooluganda bagaana okukkiriza n'okutwala ebigambo by'omukoowooze. Eyo ye nsonga lwaki Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yagoberera ebiragiyo bya Katonda obuvunaanyizibwa bwe yaliko n'abutandika na kukoowoola baluganda lwe.

Ku ludda olulala, bannabbi okusobola okuwangula mu mulimu gw'okukoowoola abantu, obuwagizi n'obuyambi bw'abooluganda bulijjo byali byamugaso nnyo. Ekintu kino ne Kulaane ekinnonyonyola nga enokolayo eby'okulabirako by'emirembe eyayita:

قَالُوا يَا شُعَيْبٌ مَا نَفْقَهُ كَثِيرًا مِّمَّا تَقُولُ وَإِنَّا لَنَرَاكَ فِينَا
ضَعِيفًا وَلَوْلَا رَهْطُكَ لَرَجَمْنَاكَ وَمَا أَنْتَ عَلَيْنَا بِعَزِيزٍ

“Baagamba nti: Owange Swayibu! Ffe ebisinga obungi mu by'oyogera tetubitegeera era mazima tukulaba ng'oli munafu mu ffe, era singa tegaali maka mw'ova mazima twandikussizza amayinja era ggwe gye tuli toli wa kitalo nnyo!” (Huudu, 11 : 91)

Ye Luutu (emirembe gibeere ku ye) bwe yasigala nga talina buyambi olw'abantu be okumwabulira, yennyamira mu nnaku olw'okubulwa obuyambi ku ludda lwe:

لَوْ أَنَّ لِي بِكُمْ قُوَّةً أَوْ آوِي إِلَى رُكْنٍ شَدِيدٍ

“Yagamba bw'atyi: Singa nabalinako amaanyi okubalwanyisa oba obuwagizi obwamaanyi!” (Huudu, 11 : 80)

Obusiraamu bwateeka essira ddene ku ky'okunoonya obuwagizi bw'abooluganda. N'olw'ekyo, singa omuntu aba ayagala okulunnganya abantu abalala ng'ayita mu Busiraamu, yandisoose kulowooza ku ba maka ge n'abooluganda. Mu kino Allah agamba nti:



وَأُولُو الْأَرْحَامِ بَعْضُهُمْ أُولَى بِعَضٍ فِي
كِتَابِ اللَّهِ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُهَاجِرِينَ

“N’aboolugada olw’omusaayi be basinga okukakatbwako buli omu eri munne mu Biragiro bya Allah okusinga Abakkiriza n’abo abaasenguka” (al Ahzaab, 33 : 6)

Okukoowoola Kwa Nnnabi Eri Abakulayishi Ku Kasozi Sswafa Bayingire Obusiraamu

Nga amaze okulagirwa okukoowoola abantu bayingire Obusiraamu ng’asookera ku booluganda lwe, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), Ekitangaala ky’Obulamu, yalinnya ku kasozi Sswafa okwogera eri abékika ky’Abakulayishi abaali bakunngaanidde ku kasozi. Nga ayimiridde ku lwazi olugulumivu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yatandika okwogera ebigambo bino mu ddoboozi ery’omwanguka:

“Bakulayishi! Singa mbadde wa kubagamba nti waliwo abalabe abeebagadde embalaasi abeekwese emabega w’olusozi, mu kikko, nga beetegese okubazinduukiriza nokunyaga ebintu byammwe mwandikkirizza kye mbagamba?”

Awatali kulowoozanamu baddamu nti:

“Yee, twandikkirizza, kubanga ne we twogerera bulijo tuzze tukusanga nga weesigika era tetukuwlirangako ng’oyogedde eki-gambo ky’okulimba!”¹⁴⁸

148 Wano, nga tannaba kukowoola bantu, tulaba Nnabbi Ow’emikisa okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye yeetaaga okusooka okumanya abantu kye baali balowooza ku nneeyisa ye. Ddala, enneyisa y’omuntu y’esooka okusikiriza abantu, n’ebazzaamu amaanyi okusobola okumugondera. Kye kimu era

Nga awulidde okukakasa kuno okuva mu bantu bona abaa-liwo awatali kwekululamu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagenda mu maaso n'okubategee-za Amazima okuva ewa Katonda bw'atyi:

“Kaakati mukakase nti mbategeeza ku bibonerez eby'amaanyi ebirindiridde okutuuka ku abo abatakkiririza mu Allah, era nga bye ntumiddwa okubalabula.

Ate ku kyammwe Abakulayishi, nninga omusajja alaba omulabe, era olw'okutya nti agenda kutuusa obulabe ku bantu b'omu maka ge, ayanguwa egende abalabule.

Abakulayishi! Mujja kufa nga bwe mubeera mu kwebaka, era muzuukizibwe nga bwe muzuukusibwa okuva mu tulo twammwe. Tewali kubuuusabuusa mujja kuzuukira okuva mu ntaana zammwe era muleetebwe mu maaso ga Allah munnyonyole ku ebyo bye mwakola mu nsi. Ekiriva mu kino kwe kubeera nga mufuna empeera mu mirimu gyammwe emirungi ate mufune ebibonerez olw'emiri-mu gyammwe emibi.” (Bukhari, Tafsir, 26; Muslim, Imaan, 348 – 355; Ahmad, I, 281 307; Ibn Saadi, I, 74, 200; Balaazurii, I, 119; Samira az Zayidi, I, 357 – 359)

Tewaali kuwakanyaamu kwa wamu mu bigambo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuggyako okwava

kati abantu abakoowoola abalala okuyingira Obusiraamu bateekwa okubeera n'amazima ageesigika mu nneeyisa yaabwe, okubeera nga balina obwesigwa n'obwesimbu, okufaanana al Amiin era as Swadiq nga Omubaka okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye bwe yali. Habiibu Nnajaar, omusajja ey-adduka eyayogerwako mu ssuula Yaa siin, yeeyambisa ebigambo bino okukakasa obwesimbu bw'abantu abalongoofu ng'ayita abantu be eri Amazima: أتَبُعُوا مِنْ لَا يَسْتَكْنُمْ أَجْرًا وَهُمْ مُهْتَدُونْ “Mugoberere abo abatabasaba mpeera ate nga balunngamizibwal” (Yaa Siin, 36 : 21). Aya eyo eteeka obuzito bwe bumu ku bwetaavu bw'okuyita abantu okukolebwa ku lw'okusuumisa Katonda Owoobuyinza Yekka era ng'abayita, nga tebannakola kirala, okubeera nga bo be basooka okubeera abalungam.



ewa taata we omuto Abu Lahabi eyamukutula mu bye yali agamba n'amuddamu n'obusungu nti:

“Emikono gyo gikalanguke gisirikke! Eno ye nsonga eyakutuyi-sizza wano?” Nga taliimu na kuswala yagenda mu maaso n'okwogera ebitaggya, nga mu kino yennyamiza omutima gwa Nnabbi (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'ebigambo ebikyamu.

Enneeyisa ya Abu Lahabi yavaako okukka kw'essula ya al Masad:

تَبَّتْ يَدَا أَبِي لَهَبٍ وَتَبَّ مَا أَغْنَى عَنْهُ مَالُهُ وَمَا كَسَبَ
 سَيَصْلَى نَارًا ذَاتَ لَهَبٍ وَامْرَأَتُهُ حَمَّالَةُ الْحَطَبِ
 فِي جِيدِهَا حَبْلٌ مِنْ مَسَدٍ

“Emikono nya Abu Lahabi (Taata w'Ebitawuliro by'Omuliro) gizikiridde! Naye n'azikirira! Tafunye mugaso mu by'obugagga bye n'ebyo bye yapakasa! Mu kaseera katono aja kwesogga Omuliro gu nnannyini bitawuliro! Ne mukazi we omwetissi w'ebisiki by'enku! Mu nsingo ye mulimu omuguwa ogulukiddwa mu bugwoogwa!” (al Masad, 111 : 1 – 5; Bukhari, Tafsiir, 26 / 2, 34 / 2, 111 / 1 – 2; Muslim, Imaan, 355)

Ayah era eyogera ku mukyala wa Abu Lahabi kubanga, okufaananko ne bba, n'omukyala oyo yeenyigira nnyo mu kuyigganya Nnabbi (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okutuuka n'okuteeka amaggwa mu kkubo Nnabbi mwe yayitanga. Essuula era etegeesa nga eggwanga oba oluganda n'omuntu gy'asibuka bwe bitalina makulu, era nga ekikulu gwe mwoyo okubeera okumpi. Omwoyo tegwawula ggwanga, eggwanga kitendo kya mubiri, ate nga omubiri gusaanawo ne guggwaawo nga guli mu ttaka. Obuzito bw'omuntu businziira ku mwoyo gwe okubeera nga gukuze; kwe

kugamba ekitendo kye eky'ekitiibwa. Omubiri omuntu gw'abeera nagwo ke katiba omwoyo mwe guyingira, era olugoye lwe gwambala. Okwambala engoye ezenjawulo tekirina kya maanyi kye kwon-gera ku bbeeyi ya muntu.

Olwa kawefube wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe yakola, bassenga be Swafiiya ne Atiqa, Abu Rafi, ng'ono yali muddu taata wa Nnabbi omuto Abaasi gwe yata, ssaako Abu Dharri ne Amuri ibn Abasa (Allah amusiime) bona bakkiriza Obusiraamu.

Abu Dharri (Allah amusiime) yali tasinzangako ku masanamu wadde mu nnaku ng'Obusiraamu tebunnaba kujja. Annyonnyola bw'atyi engeri gye yayingiram u ekkubo ettuufu:

“Nnali ndi wa mu kika kya ba Ghifaar. Olwafuna bwe ntyi amawulire nti mu Makka waliwo omuntu eyali yeesowoddeyo nga yeeyita Nnabbi, Allah yateeka mu mutima gwange okwagala Obusiraamu. Nnagamba muganda wange Unays nti:

“Genda e Makka oyogere n'omusajja agamba nti afuna amawulire okuva mu ggulu, ondeetere by'oggyeeyo!”

Unays yasiyagguka olugendo okugenda e Makka. Bwe yamala okusisinkana Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'okuwuliriza bye yali agamba, yakomawo eka.

Nnamubuuza nti: “Ki ki ky'otuuseeko? Mawulire ki g'ogyeeeyo?”

Yanziramu nti: ‘Nnasanje omusajja e Makka, bwe mufaananga nya enzikiriza, ng'agamba nti atumiddwa Katonda Owoobuyinza.’

Nnamubuuza nti: ‘abantu bamwogerako ki?’

Yanziramu nti: ‘Bamuyita mutontomi, mulogo, mufuusa n'ebirala ebiringa ebyo.’



Olw'okuba nga muganda wange naye yali mutontomi, yali amanyi bulungi ebitontome. Era awo we yayongererako bw'atyi:

'Mmannyi bulungi nnyo ebigambo abalogo bye bakozesa. Mungeri y'emu ebigambo bye tebiwulikika n'akatono ng'ebyo omutontomi by'akozesa. Nnageraageranya ebigambo bye ku bitontome byonna ebya buli kika, naye ndayira teri muntu n'omu ategere obulungi ebigambo ebyo ayinza okubiyita ebitontome. Kituufu ddala nti ayogera mazima, abamwogerera amafuukuule be balimba! Ky'akola kwe kubuulirira abantu ebirungi na kukola bikolwa birungi ssaako okugaana ebibi n'okukola ebikolwa ebibi.'

Awo wonna nnali sinnaba kusalawo. Nnakwata ensawo yange ey'amazzi ey'eddiba n'emmere, era amangu ago ne nessa mu ddene. Nnatindigga olw'e Makka. Ssi kya butamanya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti kye kyali ekizibu kyange kyokka, wabula ate era nnali saagala kukyogerako na muntu mulala yenna. Nnalindirako awo okumpi ne Ka'aba ne nnywa ku Zamzam nzikakkanye ku nnyonta. Mu kaseera aka, Ali (Allah amusiime) yajja we nnali n'anngamba nti:

"Olabika ng'omugwira kuno."

Ne muddamu nti, 'Yee.'

Yansaba antwale mbe mugenyi waabwe.

Nnagenda ne Ali (Allah amusiime). Olw'embeera ey'entiisa abantu b'e Makka gye baali bataddewo, teyambuuza na kumbuuza ekyali kindeese. Enkeera ku makya naddayo ku Ka'aba nga ndowooza nti nnali wa kulaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Naye wadde nnalinda okutuusa lwe bwaziba, ssasobola kumufuna. N'era Ali (Allah amusiime) yajja n'ambuuza omulundi omulala nti:

‘Era tonnaba kuzuula wwa gy’oyagala kugenda?’

Namuddamu nti, ‘Nedda.’

Yaddamu n’anngamba nti: ‘Oba tonnaba, jangu n’era obeere omugenyi waffe.’

Bwe twatuuka awaka, yakozesa akakisa n’ambuuza nti:

‘Kati ki ki ky’oliko? Ki ki kye wanonye e Makka?’

Nga amaze okumpa obweyamu nti yali agenda kukikuuma ng’ekyama n’andagaanyisa n’okunnyamba, nnamugamba bwe ntyi:

‘Okusinziira ku bye twawulira, wano wateekwa okubeerawo omuntu eyeyita Nnabbi. Nnazze kwogerako naye.’

Yakkaatiriza ensonga nga bw’agamba nti: ‘Wakoze bulungi nnyo okujja. Omusajja gw’oyogerako ye Mubaka wa Allah; ddala Nnabbi yennyini’ Yandagirira eky’okukola nga bw’agamba nti:

‘Ojja kungoberera ku makya, tugende awali ennyumba mwe nnaayingira! Naye bwe nnaalaba nga waliwo akabi konna akakwo-lekedde, nja kwetunuza ku kisenge nneefuule alongoosa engatto zange, olwo ggwe ompiteko!’

Twamala ne tutuuka mu maaso ga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Nnamulamusia nti:

‘as Salaamu alayka ya Rasuulallaah’ nga gwe gwali omulundi gwange ogwasooka okumulamusia mu nnamusa ey’Ekisiraamu.’ Oluvannyuma nnamubuuza bwe ntyi:

‘Muhammad, abantu obayita kukola ki?’

Yanziramu nti, ‘Mbayita eri Allah Oyo ali Omu Yekka, atalina kimwegattako, okuleka okusinza amasanamu, n’okujulira nti ndi Mubaka wa Allah.’



Bwe yamala okunnyinyonnyola Obusiraamu, nasiramukirawo. Kino kyasanyusa nnyo Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) námwenya olw'essanyu.

Yanngamba nti, ‘Kati Abu Dharri, kino kikuume ng'ekyama abantu b'e Makka baleme kukimanya era ddayo ewammwe’.

Nnamugamba nti, ‘Mubaka wa Allah ! Nze njagala okwolesa eddiini yange.’

Ye kwe kunziramu nti: ‘Nkutiisa abantu b'e Makka nti bayinza okukukolako obulabe.’

Nnamuddamu nti, ‘Ne bwe kiba kitegeeza kunzita, naye nja kukikola.’

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yasigala nga asiriikiridde.

Nnagera Abakulayishi bakunngaanidde ku Ka'aba, ne ndeekaa-nira waggulu nga eddoboozi lyange gye lyali likoma nti:

‘Bakulayishi! Nkakasa nti tewali katonda okuggyako Allah era Muhammadi muddu wa Allah era Mubaka we!’

Abakulayishi baawogganira waggulu nti, ‘Omusajja ono atekwa okuba nga mulalu! Ka tulage Sabiite¹⁴⁹ ono essomo. Bamusinzabibumbe baatandika okunkuba okutuusa lwe nnagwa awo nga nninga afudde. Mu kaseera ako Abaasi, taata wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) omuto, we yatuukira n'ampembera n'omubiri gwe olwo n'awoggana nti:

‘Ensonyi zibakwateko! Mwerabidde nti muli basuubuzi era nga ekkubo lyammwe ery'obusuubuzi liyita mu ba kika kya Ghifaar? Mwagala kkubo lyammwe kusalwako?’

149 Bannamakka ebiseera ebimu Abasiraamu baabayitanga ‘Ba Sabiite’, ekyali kitegeeza abo abaayabulira eddiini yaabwe enkadde.

Olw'ekyo kyokka bandeka.

Enkeera ku makya, bwe nnatuuka ku Ka'aba, ekintu kye kimu kyaddamu. Banziramu kabisibisi okunkuba ne nsigalako kateetera. Oluvannyuma nnayimuka ne nngenda awaali Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Bwe yalaba embeera gye nna-limu yanngamba nti:

'Ssaakugaanye?'

Namuddamu nti, 'Omubaka wa Allah! Kino omutima gwange kye gwabadde gwagala era nakituukirizza!'

Nabeerako awo katono awaali Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Oluvannyuma nnamubuuza nti:

"Ki ki ky'ondagira okukola?"

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yan-gamba nti:

'Bw'ofuna ekiragiro kyange, somesa abantu b'ekika kyo Obusiraamu. Ate era bw'ofuna amawulire ag'okuvaayo kwaffe (okukoowoola abantu) mu lujjudde jangu gyendi!' (Bukhari, *Manaaqibul Answar* 10; Ahmad, V, 174; Haakim, III, 332 – 385; Ibn Sa'adi, IV, 220 – 225)

Mu kaseera ako Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeeyongera okukoowoola abantu okusiramuka. Mu myezi gy'okulamaga, yagendanga nga atambula mu myoleso gy'eb'yobusuubuzi ogwe Ukaaz, Majanna ne Dhul Majaaz, nga abuulira buli muntu gwe yasanganga Obusiraamu, k'abe nga mwanawa-boobwe oba muddu, munafu oba wa maanyi, mugaga oba mwavu, era nga abakowoola okwawula Allah Oweekitiibwa nti ali omu.¹⁵⁰



150 Laba: Ibn Sa'adi, I, 216 – 217.



Ayah ezakka mu kiseera ky'obwannabbi ekyo okusinga ennyo zaalabulanga bantu ku Lunaku lw'okulamula:

إِنَّ عَذَابَ رَبِّكَ لَوَاقْعٌ مَا لَهُ مِنْ دَافِعٍ يَوْمَ تَمُورُ السَّمَاءُ مَوْرًا
 وَتَسِيرُ الْجِبَالُ سَيْرًا فَوَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ الَّذِينَ هُمْ فِي
 خَوْضٍ يَلْعَبُونَ يَوْمَ يُدْعَوْنَ إِلَى نَارِ جَهَنَّمَ دَعًا هَذِهِ النَّارُ
 الَّتِي كُتُشْتُ بِهَا تُكَذِّبُونَ

“Mazima ddala ebibonyoobonyo bya Katonda wo bya kugwawo tewali kigenda kubiziyiza. Ku lunaku eggulu lwe liriva mu kifo okudda mu kirala, n'ensozi ne ziseeyeyaa oluseeyeyaa. Okubonaabona ku lunaku olwo kulibeera ku abo abalimbisa (amazima). Abo abali mu mboozi ezitalina makulu nga mwe bazannyira! Olunaku lwe balikunguzzibwa okutwalibwa eri Omuliro Jahannama olukunguzzibwa (bagambibwe nti), ‘Guno gwe Muliro ogwo gwe mwali mulimbisa’ (at Twur, 52 : 7 – 14)

Omubaka wa Allah Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yalangirira obwannabbi bwe era n'atan-dika okukoowoola abantu mu lwatu bayingire Obusiraamu, ekyadako kwali kuvumirira bamusinzabibumbe n'amasanamu gaabwe kye kyaddako:

إِنْكُمْ وَمَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ حَصْبٌ جَهَنَّمَ أَنْتُمْ لَهَا وَارِدُونَ

“Mazima ddala mmwe ne bye musinza atali Allah ze nku z'Omuliro Jahannama; gye mujja okudda.” (al An'biyaa, 21 : 98).

قُلْ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِثْلُكُمْ يُوحَى إِلَيَّ إِنَّمَا الْهُكْمُ لِلَّهِ وَاحِدٌ
فَاسْتَقِيمُوا إِلَيْهِ وَاسْتَغْفِرُوهُ وَوَيْلٌ لِلْمُسْرِكِينَ

“Gamba nti: Mazima nze ndi muntu nga mmwe; obubaka bukka ge ndi obugamba nti mazima ddala Katonda wamwe ali Katonda Omu. N’olw’ekyo mugoberere ekkubo eggolokofu eribatuusa gy’ali era mumusabe abasonyiwe (ebyonoono byammwe), era okubonaabona kuli eri abo abagatta ebirala ku Katonda.” (Fusswilat, 41 : 6)

Omubaka wa Allah bwe yatandika okuvumirira amasanamu Bannamakka ge baali basinza, n’okubategeeza nga bajajja baabwe abaafa nga basinza amasanamu bwe baali bagenda okuyingira omu-liro, Abakulayishi abaali basinza amasanamu baamwesamba ne bamuwakanya, era oluvannyuma beegattira wamu mu kumukolako obulabe n’okumulaga obukyayi. Naye olw’okuba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yali ali wansi wa bukuumi bwa Abu Twalib, baali tebasobola kumukolako kabi.”¹⁵¹

Abaali babbidde mu kusinza amasanamu nga Abu Jahal, Abu Lahabi, Waliidi ibn Mughira, Umayya ibn Khalaf, Aaswi ibn Waa-il, Nadhwr ibn Rabii-a, Uqba ibn Abi Muaytw ne Utuba ibn Rabii-a, be bamu ku abo abaagenda ewala ennyo mu kukijjanya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ekintu ekyabafuula abeekoledde n’emikono gyabwe okubonaabona okutagenda kuggwaawo.

Obukulu N’engeri Y’okukoowoolamu Abantu

Okukoowoola abantu mu ngeri eno, oba *tabligh*, kwe kugezaako okuyita abantu bawangaalire ku misingi n’amateeka g’Obusiraamu, nga kino kiyita mu kubannyonyola. Okweyambisa ennyinnyon-

151 Ibn Sa’adi, I, 199.



nyola ey'ekigambo kukoowoola oba tabligh emanyiddwa ennyo, kwe kulagira okukola ebikolwa ebirungi n'okuziyiza okukola ebikolwa ebikyamu. Mu Kulaane Allah, eky'okukola *tabligh* akissaawo nga buvunaanyizibwa bwa Basiraamu bonna:

وَلْتَكُنْ مِّنْكُمْ أُمَّةٌ يَدْعُونَ إِلَى الْخَيْرِ وَيَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ
وَنَهَا عَنِ الْمُنْكَرِ وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ

“Mu mmwe mubeeremu ekibiina ky'abantu abantu eri obulungi ne balagira okweyisa obulungi ne baziyyiza okweyisa obubi, era abo be b'okwesiima” (Aali Imraani, 3 : 104)

كُنْتُمْ خَيْرَ أُمَّةٍ أَخْرَجْتُ لِلنَّاسِ تَمَرُونَ
بِالْمَعْرُوفِ وَنَهَا عَنِ الْمُنْكَرِ

“Mmwe muli bantu abasinga obulungi mu mawanga gonna agagyibwayo eri abantu, mulagira okukola obulungi ne muziyyiza okukola obubi...” (Aal Imraan, 3 : 110)

Obukulu bwa tabligh Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabukkaatiriza mu hadiisi zino wammanga:

“Nsaba Allah asaasire oyo awulira ekigambo ekituvaamu era n'akituusa ku balala nga bwe kiri. Abantu bangi bawulira ekigambo, ne bakitegeera era ne bakikolerako okusinga oyo eyakibagambye.” (Tirmidhi, Ilm, 7)

“Ndayira Allah nti, omuntu omu n'afuna obulunngamu okuva eri Allah ng'ayise mu ggwe, ekyo kikusingira obulungi okusinga okubeera n'ekiwonvu ekijjudde enngamiya emmyufu (ekitegeeza nti kye kisinga mu bintu by'ensi yonna).” (Bukhari, As'haabu Nnabiyyi, 9)

"Empeera y'oyo akoowoola nnyingi nnyo okusinga ey'abo abamugo-berera awatali kukendeeza ku yaabwe mu ngeri yonna." (Mulsim, Ilm, 16)

Swahaba wa Nnabbi ayitbwaa Anas (Allah amusiime) anyumya mu hadiisi zino ku bitiibwa ebirindiridde abantu abo abakoowoola abalala okusiramuka ku Lunaku lw'enkomerero:

"Olunaku lumu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba bw'atyi:

'Mbabuulireyo ku bantu abamu? Si bannabbi oba abo abafiiri-ridde eddiini; wadde bannabbi n'abo abafiiriridde eddiini bajja kuba-lingiza nga basaalirwa ebitiibwa byabwe ku Lunaku lw'okulamula.¹⁵²

Bajja kutuuzeewaa ku bituuti by'ekitangaala, nga bategeereebwa buli muntu'

Basswahaba ba Nnabbi baamubuuza nti, "Baani abo?"

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'abaddamu nti:

'Beebo abaagazisa abantu Allah era abaagazisa Allah abantu. Batambula mu nsi nga bakoowoola abantu basiramuke era nga babawa amagezi!'

Oluvannyuma nnabuuza nti:

'Omubaka wa Allah, tutegeera engeri abaddu ba Allah gye bayinza okwagazibwa Allah, naye Allah ayinza atya okwagazibwa abaddu be?'

¹⁵² Ebigambo bino kye bitegeeza bwe buzito bw'omuntu eyemalidde mu kukoowoola abalala eri Amazima. Tebitegeeza nti basinga bannabbi oba abo abafira mu kkubo lya Allah ng'abazira, kubanga bano bantu abawaayo obulamu bwabwe mu kkubo ly'Amazima. Okwagala kwabwe eri ebikolwa byabo abeemalidde mu tabligh nessanyu erigenderako, biva mu kulengera kwabwe ewala eri obutukuvu bw'omulimu gwennyini.



‘Balagira abantu okukola ebirungi by’ayagala era ne babalabula baleme kukola by’atayagala.’ Abantu bwe batandika okugonda, Allah abaaagala.’ Bw’atyo Nnabbi bwe yannyonnyola. (Ali al Muttaqi, III, 685 – 686; Bayhaqi, Shuabul Imaan, I, 367)

Wadde nga omuntu oyoakoze omulimo gw’okukoowoola abantu mu butuufu bwa gwo, ky’afunamu kisinga eby’obugagga by’ensi eno, naye ate era okulagajjalira omulimo guno ebikuvaamu biba bibi nnyo nga biyinza okuleetera abantu b’ekitundu okusaanawo.

Okulabula kwa Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emi-rembe bibeere ku ye) kwe yakola kusaana okutwalibwa nga kukulu:

“Ndayira Allah Oyo ampadde obulamu nti, mujja kulagira abantu okukola ebirungi n’okubaziyiza okukola ebikyamu, ekitaliekyo Allah aija kubaleetera ekibonerezog na n’edduwa zammwe ze musaba akibakendeereze tezikyabaga. (Tirmidhi, Fitān, 9)

Abza al Huza-i Allah amusiime anyumya bino nti:

‘Olunaku lumu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emi-rembe bibeere ku ye) yalinnya ekituuti okubuulirira. Ng’amaze okwogera ennyo ku bibinja by’Abasiraamu ebitali bimu, yagattako nti, ‘Ki ki ekiba kigudde ku bantu abamu okubeera nga tebannyonnyola baliraanwa baabwe nsonga, era ne batabasomesa bye batamanyi wadde okwongera ku kumanya kwabwe? Lwaki tebabalagira kukola ebirungi n’okubaziyiza okukola ebikyamu? Ate era ki ki ekituuka ku bantu abalala abatanoonya kuyiga ebyo bye batamanyi okuva ku baliraanwa baabwe ne batagezaako kwongera ku kumanya kwabwe? ‘Kino nki-rayira Allah! Abamanyi bajja kusomesa baliraanwa baabwe babafuule abongera ku kukutegeera kwabwe, balagire okukola ebirungi era bagaane okukola ebibi; era abo abatamanyi bajja kubuuza era bayige ku baliraanwa baabwe era bagezeeko okutegeera ensonga z’Eddiini, ekitali ekyo ab’emirundi ebiri nja kubabonereza wano ku nsi.’

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwamaliriza okwogera kwe, yakka wansi okuva ku kituuti era n'addayo eka. Abamu baagamba nti:

‘Kisoboka okuba nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabadde ategheeza ba Ashari b'e Yaman, kubanga balina okumanya naye nga baliraanwa baabwe beeyisa obubi, banyiga mangu nga tebatereera mu kifo nga babeera bawangaalira wali mazzi mu ddungu.’

Lumu ba Ashari baategeezewa ku mbeera eyaliwo, era ne bagenda ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne bamubuuza nti:

‘Mubaka wa Allah, kirabika abantu abamu waboogerera ebirungi bingi ffe n'otwogerako bibi. Ki ki ekituliko olyoke otwogerere bw'otyo?’

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasirika, oluvannyuma n'addamu okwogera ebigambo bye bimu nga bye yali yayogera ku mulundi guli. Ba Ashari tebaategeera oba ddala be baali boogerwako. Olw'okwagala okutegeerera ddala ekyali kigenda mu maaso, baddinngana okubuuza ekibuuzo kye kimu emirundi emirala, naye nga buli mulundi Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) abaddamu ekintu kye kimu. Olwo ba Ashari kwe kumugamba nti:

“Omubaka wa Allah! Kale kati tuweeyo omwaka gumu”

Omubaka wa Allah yakkiriza okubawa omwaka okugunjula baliraanwa baabwe n'okubasomesa ebikwata ku Ddiini, nga basoma *ayah* eno nti:

لِعْنَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ بَنِي إِسْرَائِيلَ عَلَى لِسَانِ دَأْوُودَ
وَعِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ ذَلِكَ بِمَا عَصَوْا وَكَانُوا يَعْتَدُونَ. كَانُوا لَا
يَتَنَاهُونَ عَنْ مُنْكَرٍ فَعَلُوهُ لَبِئْسَ مَا كَانُوا يَفْعَلُونَ



“Baakolimirwa abo abagaana okukkiriza mu baana ba Yisirayiri ku lulimi lwa Dawuda n’olwa Yesu, mutabani wa Mariyamu, ng’ekyo kyava ku kuba nga baagana okugondera amateeeka era nga baali basukka ensalo. Baali nga tebaziyyanngana ku bikolwa ebikyamu bye baakolanga; tewali kubuuusabuusa bibi bye baakolanga.” (al Maa-ida, 5 : 78 – 79) (Haythami, I, 164; Ali al Muttaqi, III, 684 / 8457)

Amaanyi g’omwoyo gwe wamu n’okukula kwagwo ebyo Katonda Owoobuyinza bye yamusasira n’abimuwa, Ekitangaala ky’Obulamu (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yeeyongera okubuulira abantu Obusiraamu ng’ayagala bona balunngame, era nga eky’okwagala okutuukiriza obuvunaanyizibwa obwamuweebwa Katonda kye yalina muli, kyamusitula okumutuusa ku ddaala erisembayo waggulu. Yagaana ebintu eby’ensi byonna ebyamuweebwa ebyo ebyandimulemesenza okukola obulungi omulimu guno, olwo n’atwala obuddu bwe eri Omutanzi okubeera nga kyekintu ekikulu okusinga ebirala byonna.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yan-nyonnyolanga Obusiraamu okusinziira ku kutegeera kw’abantu gye kwali kukoma. Okulunngama kw’omuntu omu yekka bw’ati kwa-muwanga essanyu eritalojjeka. Ne mu kyafaayo ekikulu ennyo nga okuwamba Khaybara, yafuna essanyu mu kunnyonnyola omudu-du Obusiraamu okwamutwalira ekiseera ekiwanvu, oluvannyuma okwaviirako omuddu oyo okulunngama. (Ibn Hishaamu, III, 398)

Era, ne mu nnaku ekkumi eza kazigizigi ze yali e Twaif, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yaviirako Addas, eyali omuddu Omugoberezi wa Kristo, okulunngama, ekyamwera-biza ebizibu byonna bye yali afunidde e Twaif.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yawaayo buli ke yalina mu kkubo ly’okubunyisa ekitangaala ky’Obusiraamu eri abantu bona, era teyakoowako mulundi na gumu oba okwekokkola obuvunaanyizibwa bw’okukoowoola aban-

tu. Abu Rifaa (Allah amusiime) attottola ekyafaayo ekiraga engeri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye yali atwalamu eky'okukoowoola abantu:

“Waliwo Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yali abuulirira abantu ne mmuseemberera ne mmugamba nti, ‘Omubaka wa Allah, waliwo omusajja omunaku ayagala okuyiga Eddiini eno.’

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakyuka n'antunuulira. Yasazaamu bye yali ayogera r'ajja we nnali. Amangu ago baamuleetera akatebe akaalina amagulu ag'ekyuma n'atuulako n'atandika okunnyinnyonnyola ku bintu ebimu Katonda Owoobuyinza bye yali yamuyigiriza. Oluvannyuma yaddayo n'amalirirza bye yali abuuliriza.” (Muslim, Juma, 60)

Basswahaba ba Nnabbi nabo baali baagala nnyo okutuusa amazima eri abantu n'okutereeza ensobi ze baalabanga. Obuvunaanyizibwa bw'okulabula abo abataagobereranga nkola ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tegwabeeranga mulimu gwa batono abalondemu mu bo. Wabula baakolanga kye baali balina okukola kasita obudde bwabeeranga butuufu n'ekifo nga kisaanidde. Baayogeranga amazima awatali na kulowooza ku biki ebyalinga binaddirira engeri gye baalinga tebasobola kukkiriza bintu bikontana na nkola ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Baali tebalinnya mu kimuna bantu abo abaalina omuze gw'okuwakanya ebigambo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga bagamba nti baali tebayinza kuwangaala nabo wansi wa kasolya kamu.¹⁵³ Eri abo abajjanga n'endowooza ezaabwe ezaawukana ne hadiisi za Nnabbi, baabagambanga nti tebasobola kubeera nabo mu mbeera y'emu, era amangu ddala nga ebyo biguddewo baavanga mu kifo ekyo.¹⁵⁴

¹⁵³ Laba: Shaafii, Risâla, olup. 193, Istanbul, 1985; Suyutwi, Miftaah, olup. 48, Beirut 1987.

¹⁵⁴ Laba: Muwattwa, Buyuu', 33; Ibn Maajah, Muqaddima, 2.



Sufyaane ath Tthawuri ayogera bino ku bukulu bwa tabligh:
“Kirungi gye muli okugenda e Khorasan okubuulira
Obusiraamu, okusinga okubeera mu Makka.”

Ku mulimu omukulu nga ogw'okukoowoola abantu eri
Obusiraamu, okulabirira abantu abanaagukola obulungi nakyo
kiba kikulu. Ekyafaayo kino ekijja wammanga kiraga omuwendo
gw'omuntu akowoola atendekeddwa obulungi mu by'omwoyo.

“Lumu Umaru (Allah amusiime) yali atudde ne mikwano gye.
Yabasaba bayogere bye beegomba Allah abawe, era abamu kwe kwe-
gomba bino:

‘...ssente ezijuza ennyumba bazisaasaanye mu kkubo lya Allah!’

Abalala abamu beegomba:

‘.... zaabu ajuza ennyumba bamusaasaanye mu kkubo lya Allah!’

Kyokka Basswahaba abamu abalala beegomba:

‘... ebikomo ebijuza ennyumba ennamba babyeyambise mu
kkubo lya Allah!’

Umaru kwe kubagamba nti: ‘Musabe n'ebirala, n'ebirala!’

Bamuddamu nti, ‘Ate kiki ekirala kye tuyinza okusaba Allah?’

Olwo Umar (Allah amusiime) kwe kubagamba nti, ‘Nze nnandye-
gombye ennyumba eno okujjula abantu abalina ebirowoozo eby'ekikulu
eby'enjawulo abafaanana nga Abu Ubayda ibn Jarraah, Mawaazi ibn
Jabal, Hudhayfa al Yamaan, ne mbeeyambisa okulaba nti abantu bagon-
dera Allah, ne baweeresa mu kulagira abantu okukola ebirungi n'okuba-
ziyiza okukola ebikyamu...’ (Bukhari, Tarikhus Swaghiru, I, 54)



Allah Owoobuyinza, ensibuko y'okusaasira n'ekisa ebita-liiko kkomu, annyonnyola enkola esinga okukola egobererwa mu kukoowoola abaddu be eri ekkubo eggolokofu, n'agamba nti:

أُدْعُ إِلَى سَبِيلِ رَبِّكَ بِالْحِكْمَةِ وَالْمُوعِظَةِ الْحَسَنَةِ
وَجَادِلُهُمْ بِالَّتِي هِيَ أَحْسَنُ

“Koowoola abantu eri ekkubo lya Katonda wo n'amagezi n'okubuulirira okulungi, era ovuganye nabo mu ngeri esinga obulungi...” (an Nahl, 16 : 125)

وَلَا تُجَادِلُوا أَهْلَ الْكِتَابِ إِلَّا بِالَّتِي هِيَ أَحْسَنُ إِلَّا الَّذِينَ
ظَلَمُوا مِنْهُمْ وَقُولُوا أَمَّنَا بِالَّذِي أُنْزِلَ إِلَيْنَا وَأَنْزَلَ إِلَيْكُمْ
وَإِلَهُنَا وَإِلَهُكُمْ وَاحِدٌ وَنَحْنُ لَهُ مُسْلِمُونَ

“Era temukaayananga ne Bannanyini Kitabo okuggyako n'ekyo ekisinga obulungi, okuggyako abo abatali benkanya mu bo, era mubagambe nti: ‘Tukkiririzza mu ebyo ebyassibwa ku ffe ne mu ebyo ebyassibwa ku mmwe, era Katonda waffe ne Katonda wammwe ali Omu, era ffe twewaddeyo gy'ali.’” (al Ankabuut, 29 : 46)

وَمَنْ أَحْسَنُ قَوْلًا مِمَّنْ دَعَا إِلَى اللَّهِ وَعَمِلَ صَلَحًا وَقَالَ إِنِّي
مِنَ الْمُسْلِمِينَ وَلَا تَسْتَوِي الْحَسَنَةُ وَلَا السَّيِّئَةُ ادْفَعْ بِالَّتِي
هِيَ أَحْسَنُ فَإِذَا الَّذِي بَيْنَكَ وَبَيْنَهُ عَدَاوَةٌ كَانَهُ وَلِيٌ حَمِيمٌ

“Era ani ayogera obulungi okusinga oyo akoowoola abantu okudda eri Allah n’akola emirimu emirungi era n’agamba nti: ‘Ndi mu abo abeewaayo? Era ekirungi tekyenkana na kibi. Ggyawo (ekibi) nekyo ekisinga obulungi¹⁵⁵; ojja kulaba ng’oyo gwe mulina naye obulabe ng’alinga ow’omukwano nfanfe.’” (Fusswilat, 41 : 33 – 34)

**قُلْ هَذِهِ سَبِيلِي أَدْعُو إِلَى اللَّهِ عَلَى بَصِيرَةٍ أَنَا وَمَنِ اتَّبَعَنِي
وَسُبْحَانَ اللَّهِ وَمَا أَنَا مِنَ الْمُشْرِكِينَ**

“Gamba nti: Lino lye kkubo lyange: Nkowoola eri Allah nga mmanyi kye nkola, nze n’abo abangoberera, era atenderezebwé Allah. Era siri mu abo abamugattako ebuntu ebirala.” (Yusuf, 12 : 108)

Mu byafaayo byonna, okussa mu nkola ekkubo Katonda ly’akuutira abantu mu kukoowoola kugenze kukyusa emyoyo egali giringa amaggwa ne gifuuka ebimuli bya looza, era n’ekizikiza mu mitima emingi ne kugifuula kitangaala. Ne mu kutuma Musa ne Haruuna (emirembe nya Allah gibeere ku bo) kwokka, eri omulyazaamaanyi eyabuuka ensalo era omugyemu atuuka ku ddaala erya Falaawo (Pharaoh), Allah yasigala abawa amagezi okubeera abagonvu:

فَقُولَا لَهُ قَوْلًا لَّيْنًا لَّعَلَهُ يَتَذَكَّرُ أَوْ يَخْشِي

155 Ekifaananyi ekirungi ku aya eno kiva mu kyafaayo kya Yusuf (emirembe gibeere ku ye), oyo mu kifo ky’okukoza ensobi ya bagamda be okubaggulako omusango, yasalawo okusigala ng’abayisa bulungi n’okubassaamu ekitiibwa n’okubagulumiza nga bwe yali. Baganda ba Yusufu oluvannyuma baamutegeera era ne bagamba nti, تَعَالَى نَقْدُ أَتْرَكَ اللَّهُ عَلَيْنَا “Tulayira Allah, mazima Allah akutusukkulumizzaako”, ne bakkiriza obusukkulumu Yusufu bwe yalina ku bo, era nga bwe basaba okusonyiyibwa. Ekyafaayo ekyo kyakuyiga ekimala ekiraga engeri okukozaa enneeyisa gye kulina enkizo mu kuyita abantu eri Obusiraamu. Ebisingawo bisange mu kitabo kya, Osman Nûri TOPBAŞ, Nebiler Silsilesi 2, olup. 129 – 130, Istanbul, 2004.

“...mumugambe ebigambo ebigonvu, oba olyawo n'ajjukira oba n'atyā (n'agonda mu mutima).” (Twa-Ha, 20 : 44)

Mu *ayah* eyo waggulu tusobola okulaba ebintu ebikulu bibiri mu ngeri y'okukoowoolamu abantu:

1. Omuntu bw'abeera atuusa amazima ku mulala, ateekeddwa okwewayambisa empisa ez'obukkakkamu awatali kujja mu mbeera oyo gw'akoowoola.

Wadde nga Falaawo yennyini mu butuufu emirundi mingi yali asememberedde okukkiriza oluvannyuma lw'okulaba ebyamagero bya Musa (emirembe gibeere ku ye), naye yaziyizibwa omukungu we Haamaana n'abantu abalala abaamuli ku lusegere. Yalondawo obutakki-
riza oluvannyuma lw'okuwangulwa okwemanya kwe n'okwegulumiza.

Mu kukuutira Musa (emirembe gibeere ku ye) okwewayambisa enkola ey'obukwatampola, Katonda Owoobuyinza era aba atusomesa enkola esaana okugobererwa mu kukoowoolamu abantu. Nga okukoowoola kwennyini tekunnabaawo, emitima girina okusooka okugonda.¹⁵⁶ Okuyomba tekulina kifo kyonna mu bulamu bwa bannabbi wamu n'abantu abatukuvu; okuleka ebikolwa ne bikola omulimu gw'okubuulirira eddiini kye kisinga obukulu.

Nga Bannabbi bonna Katonda Owoobuyinza be yawa obuvunaa-nyizibwa bw'okukoowoola abantu ekyabaleeta bwe kwali okuddaabiriza

¹⁵⁶ Mu mwaka ogw'omusanvu ogwa Hijira, nga Khaybara yakanwalibwa, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), yayamba Bannamakka abaali basaanawo, nga bafa enjala ey'amaanyi n'ebintu okubaggwaako. Yabadduukirira ne zaabu, enngano n'ensigo z'entende. Nga bw'akkiriza obuyambi, Abu Sufyaane yabugabanya mu Bannamakka nga bw'agamba mu ssanyu nti, “Allah asasule Kizibwe waffe olw'okufa ku booluganda lwe...” (Yaqubi, II, 56) Emitima gyabwe nga gigonzeddwa olw'ebikolwa eby'obuntubulamu bwe bityo, Bannamakka mu kaseera katono beesanga nga bakkirizza Obusiraamu mu mutima gumu era awatali kwerekamu.



emitima gy'abantu abo, bulijo baatunuuliranga abalala nga bayita mu madirisa gemitima olwo ne kibasobozesa okulunngamya abangi mubo nga bayita mu kusaasaanya omukwano nökusaasira mu bintu ebibeetooloodde. Singa tebaakola bwe batyo wandizuuseewo olukonko olwandiynoonye enkolagana yaabwe n'abalala olwo omukisa gw'okubatuusaako Amazima gwandibadde gufiiridde ddala olubeerera. Era kino kyandibadde kyawukana n'Entekateeka Entukuvu, engeri Allah Oweekitiibwa gy'ayagala abaddu be bawone entobazi ze balimu. Olw'ensonga eyo, Katonda Owoobuyinza yatuma enkumi ne nkumi za bannabbi mu byafaayo, ng'abalagira okutukuza emitima gy'abantu nga bayita mu nkola ezisingayo okubeera ennungi. Era n'ekigendererwa kye kimu, abalon-goofu abaalondebwa mu bantu ne baweebwa omukisa bazze bongereza ku nkola ya bannabbi mu kutendeka abalala okw'omwoyo.

Tewali muganyulo gusuubirwa kuva mu mirimu gikoleddwa na mbeera ey'obukambwe n'okunyiiza abalala eteyinza n'akatono kukwtagana na mpisa ennungi. Kino kikulu nnyo naddala ne mu mirimu gyonna egikwatagana obutereevo n'omwoyo gw'omuntu okugeza okugunjulwa, okukowoola, n'okubalunngamya. Wadde ng'eyogera ku mbeera za Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), *ayah* eno wansi ebuulira Abasiraamu bona n'egamba nti:

فِيمَا رَحْمَةٌ مِّنَ اللَّهِ لَنْتَ لَهُمْ وَلَوْ كُنْتَ فَظَّا
 غَلِيظَ الْقُلْبِ لَا نَفْضُوا مِنْ حَوْلِكَ

“Na bwe kityo olw'okusaasira okuva eri Allah wabagondera, era singa wali mukambwe ng'olina omutima omukakanyavu, bandikwesambye.” (Aali Imraan, 2 : 159)

2. Okubunyisa abantu bona okukoowoola, awatali kufa ku bitiibwa byabwe (oba mbeera ze balimu).

Omusajja omukambwe era ow'empisa embi eyali tayinza kuk-kiriza, Falaawo oyo mu kiseera kye kimu yali mutemu nakinku eyali atirimbudde enkumi n'enkumi z'abaana abato abatalina musango ng'ayigga Musa (emirembe gibeere ku ye) amutte. Wabula naye era yali yeetaaga okukoowoolwa.

Mu ngeri y'emu Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakoowoola Abu Jahali enfunda eziwera eri Obusiraamu. Wadde nga munda yali akkiriza obutuufu bw'ebi-gambo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), naye okwematira, okwemanya n'okwegulumiza byalemesa Abu Jahali okukkiriza Obusiraamu. Wabula enneeyisa ya Omubaka wa Allah ennungi yawaliriza bangi abaali abalabe b'Obusiraamu lukulwe okulunngama nga mw'otwalidde Umaru ibn Khattwab, Abu Sufyaane, Hindu ne Wahash.

Mu mirimu gy'Obusiraamu ne mu nkolagana y'abantu okutwaliza awamu, enkola eno ereeta obwangu, ekisa n'okufaayo ku biziibу by'abantu mu ngeri ez'enjawulo, wamu n'embeera zaabwe. Eno ye nkola yennyini esangibwa mu ngeri esikiriza mu nneeyisa ya Basuufi.

Bwe tutunula mu bbanga ery'emyaka amakumi abiri mu esatu Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lye yamala ng'akoowoola abantu, tulaba ensonga zino ezijja omukaaga eziyinza okuteeka ekitangaala mu kkubo ly'omukoowooze:

1. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okukoowoola yakutandikira ku baluganda lwe olw'okumpi. Ekikulu Allah Owobuyinza yali amaze okussa *ayah* egamba nti:

وَأَنْذِرْ عَشِيرَتَكَ الْأُقْرَبِينَ



“...era labula abooluganda lwo olw'okumpi.” (as Shu-araa, 26 : 214)

يَأَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا قُوَا انْفُسَكُمْ وَآهْلِيْكُمْ نَارًا وَقُوْدُهَا النَّاسُ
 وَالْحِجَارَةُ عَلَيْهَا مَلَئَكَةٌ غَلَاظٌ شَدَادٌ لَا يَعْصُونَ اللَّهَ
 مَا أَمْرَهُمْ وَيَفْعَلُونَ مَا يُؤْمِرُونَ

“Abange mmwe abakkiriza! Mwewonye era muwonye n'abantu b'omu maka gammwe Omuliro nga enku zaagwo bantu na mayinja; ku Muliro ogwo kuliko bamalayika abazito ab'amaanyi , tebagyemera biragiro ebyo Allah by'aba abalagidde era bakola ebiba bibala-giddwa.” (at Tahariimu, 66 : 6)

2. Mu kukoowoola abantu eri Obusiraamu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagoberera enkola ey'okugendera mu mitendera, ng'atandika n'ekkubo eryangu n'agenda ng'ayongera mpola okudda eri ekkalubu.

Mu kusooka, ekiragiro kya Allah Owoobuyinza kyali: اَقْرِأْ
 “Soma!” (al Alaq, 96 : 1)

Oluvannyuma Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaweebwa obuvunaanyizibwa obw'obwannabbi, we yalagirwa oku: قُمْ فَانذِرْ “Yimirira alabule!” (al Mudathhir, 74 : 2)

Oluvannyuma ekiragiro kya Katonda kyakka ekigamba nti:

وَأَنذِرْ عَشِيرَتَكَ الْأَقْرَبِينَ

“...era labula abooluganda lwo olw'okumpi.” (as Shu-araa, 26 : 214)

Ekyo nga kiwedde, ensalo z'obuvunnanyibwa zeeyongera okugaziwa n'ezizingiramku ekibuga kyonna:

وَمَا كَانَ رَبُّكَ مُهْلِكَ الْقُرَىٰ حَتَّىٰ يَبْعَثَ فِي أُمَّهَا رَسُولًاٰ
يَتْلُو عَلَيْهِمْ آيَاتِنَا وَمَا كُنَّا مُهْلِكِي الْقُرَىٰ إِلَّا وَأَهْلُهَا ظَالِمُونَ

“Katonda wo teyasaanyangawo bubuga okutuusa ng'amaze kutuma omubaka mu kabuga kaabwo akakulu, ng'abasomera *ayah zaffe* era tetwabanga baakusaanyaawo bubuga okuggyako nga abantu baamwo balyazaamaanyi.” (al Qaswasw, 28 : 59)

Ekyaddako kwali kugaziya nsalo za kukooowoola ne zizingiramu ebitundu ebiriraanyewo:

وَهَذَا كِتَابٌ أَنزَلْنَاهُ مُبَارَكٌ مُصَدِّقٌ الَّذِي بَيْنَ يَدِيهِ وَلَتُنْذِرَ أَمَّ
الْقُرَىٰ وَمَنْ حَوْلَهَا وَالَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِالآخِرَةِ يُؤْمِنُونَ بِهِ وَهُمْ
عَلَىٰ صَلَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ

“Na kino kye kitabo kye tussizza, nga kya mikisa, nga kikakasa ebyo ebyakisooka okukka, olyoke olabule Maama w'Ebibuga nobubuga obukyeyoolodde; n'abo abakkiririza mu Lunaku lw'enkomerero bakikkiririzaamu, era nga bo ku sswala zaabwe bazeekuumma.” (al An'aam, 6 : 92)

N'ekyasembayo kwali kulangirira nti ensalo z'okukoowoola zaali nnene ng'abantu gye bakoma:

وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا رَحْمَةً لِلْعَالَمِينَ

“Tetwakutuma lwa kintu kirala kyonna okuggyako lwa kusasira eri ebitonde byonna.” (al An'biyaa, 21 : 107)



وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا كَافَةً لِلنَّاسِ بَشِيرًا وَنَذِيرًا
وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ

“Tetwakutuma okuggyako eri abantu bona nga weetisse amawulire amalungi era ng’oli mulabuzi, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.” (Saba’, 34 : 28)

Tulaba nti ne Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yagoberera emisingi gye gimu egy’oku-bebbereza n’agendera mu mitendera mu kussaawo amateeka agamu. Ebantu bingi nga mwe muli okulagira abantu okusaala, okusiiba, n’okuziyiza omwenge ne ssente ez’amagoba eziggyibwa ku muntu eyeewola, biwa eby’okulabirako ebirungi.

Ekitangaala ky’Obulamu (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) eyakyusa basswahaba be n’abatuusa ku ddaala ly’oktuukirira mu buweereza eri Katonda, kino teyakituukako ng’ayita mu nkyukakyuka ez’embagirawo, wabula byonna yabituukako ng’agenda mpolu, ng’ayita mumitendera era mu kukulaakulana okulabikako. Kino kisobola okukirabikira obulungi mu magezi Nnabbi okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ge yawa Mawaazi ibn Jabali (Allah amusiime) nga tannamutuma Yamani:

“Onaatera okutuuka mu kitundu ky’abantu Bannyini Kitabo. Ekintu ekisookera ddala okubakowoolerako kwe kubagamba nti teri Katonda okuggyako Allah, Oweekitiibwa atenderezebwa, era nti ndi Mubaka we. Ekyo bwe bakikkiriza, olwo bayigirize nti Allah yabalaalikako okusaala emisana n’ekiro esswala ttaano. Ekyo bwe bakikkiriza ne bagondera ebiragi, olwo bayigirize nti Allah yabafuulira okuwaayo zaka etteeka, ng’ekunngaanyizibwa okuva mu by’obugagga byabwe n’egabanyizibwa mu beetaavu. Ekyo nakyo bwe bakikkiriza, olwo weewale okulondamu ebantu ebisinga okubeera

ebirungi mu by'obugagga byabwe. Tonoonya busungu bwa bantu abanyigirizibwa, kubanga tewaliwi jjiji liri wakati wa kusaba kwa-bwe n'eri Allah.” (Bukhari, Zakat 41 – 63; Mulsim, Imaan, 29 – 31)

3. Okusomesa oba okukoowoola, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yanoonyanga okufuna akakisa akatuufu wamu n'obudde obutuufu, ekifo oba embeera y'omuntu gy'alimu ey'ebirowoozo.

Ibn Masuudi (Allah amusiime) yasomesanga ku nnaku za lwakuna zokka. Lumu omuntu yamugamba nti, “Singa otusomesa buli lunaku!” Ibn Masuudi n'amuddamu nti:

“Sibabuulirira buli lunaku olw'okutya okunkoowa. Ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yapi-manga ebiseera lwe twabeeranga tulina amaddu okuwuliriza nga lw'atubuulirira, ng'atyia okumwetamwa.” (Bukhari, Ilm, 11, 12)

Mu kuwamba Maaka, Abaasi (Allah amusiime) yaleeta Abu Sufuyaane, eyali akkirizza okusiramuka, kwe kugamba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti, “Mubaka wa Allah, Abu Sufyaane muntu ayagala ennyo okumuwaana. Watya singa okola ekintu kyonna n'awulira nti afunye ekitiibwa?”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu nti, “Oli mutuufu! Bwe tunaaba tuyingira tuti ekibuga, langirira nti ‘omuntu yenna ayingira mu nnyumba ya Abu Sufyaane era n'oyo asigala awaka ne yeggalira mu nnyumba ye tebajja kutuu-sibwako mutawaana.” (Abu Dawuda, Kharaj, 24 / 3021)

Mu kuddamu ebibuuzo ebyamubuuzibwanga entakera, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuddamu yasin-ziianga ku mbeera y'oyo eyabanga abuuzzizza ekibuuzo, era ng'ago-berera ekkubo eryabanga lisaanidde omuntu oyo.



Ku bantu ab'enjawulo abaamubuuza ekibuuzo nti, 'mulimu ki ogusinga obulungi', Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabaddamu enziramu ya njawulo buli omu okusin-ziira ku mbeera gye yalimu.

"Emirimu egisinga obulungi kwe kukkiriza Allah, okulwana mu kkubo lye ne hijja ekkiriziddwa!" (Bukhari, Hajj, 4)

"...okusaala esswala mu budde bwayo!" (Bukhari, Mawaaqiit, 5)

"...okujjukira Allah!" (Muwattwaa, Kulaane, 24)

"...okwagala omuntu ku lwa Allah!" (Abu Dawuda, Sunnah, 2)

"...okusenguka!" (Nasaa-i, Bay'ah, 14)

"...okuweereza bazadde b'omuntu!" (Ibn Athiir, Usdul Ghaaba, IV, 330)

4. Ku Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), okwanguyiza omuntu wamu n'okuwa abantu amawulire agessanyu bye bintu ebikulu bye yakuumanga obutiribiri era bye yatambulirako ng'akoowoola abantu.

Waliwo hadiisi emu egamba nti:

"Mwanguyize, temunoonya kukaluubiriza; muwe amawulire agasanyusa, temuddusa bantu (ne bakyawa kye mubayitira)." (Bukhari, Ilm, Adab 80)

Mu *ayah*efaananako bw'etyo, Katonda Owoobuyinza agamba nti:

يُرِيدُ اللَّهُ بِكُمُ الْيُسْرَ وَلَا يُرِيدُ بِكُمُ الْعُسْرَ

"...Allah abaagaliza bwangu, era tabaagaliza buzibu." (al Baqara, 2 : 185)

وَرَحْمَتِي وَسِعَتْ كُلَّ شَيْءٍ

“...nókusaasira kwange kwasaasaanira buli kintu ...” (al Aáraaf, 7 : 156)

Ekiyinza okutwalibwa ng'ekinnyonnyola *ayah* eyo waggulu, ky'ekyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kye yagamba nti:

“Allah Owoobuyinza bwe yatonda ebitonde byonna, yawandiika mu Kitabo kye, ekiri waggulu wa Nnamulondo ye nti: “Okusaasira kwange kwawangula obusungu bwange!” (Bukhari, Tawhiidi, 15, 22, 28, 55; Muslim, Tawba, 14 – 16)

Abu Hurayira (Allah amusiime) anyumya ekyafaayo kino wam-manga:

“Omuwalabu omu okuva mu ddungu (munnamalungu) yali afuuyisizza mu muzikiti gwe Madiina. Basswahaba ba Nnabbi amangu ago ne batandika okumuyombesa, kyokka Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) nágamba nti:

‘Omusajja mumuleke. Mumulinde bw'anaaba amalirizza mufuke akalobo k'amazzi ku kifo ekyo mukinaaze. Mwajja kwanguyiriza bantu, naye si kubakaluubiriza.’ (Bukhari, Wuzu, 58, Adab, 80)

5. Ekitundu ekikulu mu kukoowoola kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwali kulabula ku bionerezo bya Katonda n'okukubiriza okweteekerateekera Enkomerero.

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe yatandika okukoowoola kwe, yabuulira abooluganda lwe, abaana ba Hashim mu bigambo bino wammanga:

“...mbakowoola nga mbagamba okukakasa nti tewali katonda yenna okuggyako Allah, ali omu yekka tagattibwako, era nange ndi muddu we era Omubaka we. Era singa mukkiriza kino nga bwe kiri, olwo nja kubakakasaako Ejjana.



Naye ku Lunaku lw'okulamula, singa temujja na mirimu gyam-mwe emirungi ne mutuuka n'ensi ennamba ey'ebibi nga bibeetim-bye ku bibegabega byammwe, olwo nja kubavaako ntunule ebbali! Oluvannyuma mujja kwegayirira bwe mutyi, 'Omubaka wa Allah.' Era nja kukola "bwe nti ne bwe nti"

Omubaka wa Allah bwe yayogera nti, 'Nja kukola bwe nti ne bwe nti', yakyusa obwenyi bwe n'atunula ebbali, kino nga yakiddamu emirundi ebiri miramba.' (Ibn Is'haq, olup. 128; Ya'kuubii, II, 27)

6. Nnabbi teyakoma ku kukoowoola bantu mu bigambo byo-kka, naye era ebigambo bye yabiwa obulamu ng'ayita mu kubissa mu nkola, olwo n'aba ng'abantu era abayita ng'ayita mu nneeyisa ye yonna.

Enkola esingira ddala okukola ey'okukoowoola eri Obusiraamu ggwe kennyini kwe kuwangaala ng'Obusiraamu n'Obusiraamu bwe bugamba. Basswhahaba ba Nnabbi baali beewaddeyo eri Obusiraamu okusaasaanya eddoboозi ly'obukkiriza mu buli kanyomero ka nsi yonna wamu n'okulunngamya abantu bona. Olwaleero, okwolesa obulungi bw'Obusiraamu eri ensi mu ngeri y'emu ey'obujjumbize n'okwagala kusigala nga kkubo erisinga obulungi mu kukoowoola abantu.

Buvunaanyizibwa bwa Basiraamu bona okukoowoola aba-lala okuyingira Obusiraamu nga bayita mu kubunnyonnyola wamu n'okubussa mu nkola, nga bino bakikola okusinziira ku busobozi bwabwe gye bukoma. Olwaleero olw'okubeera n'ebikozesebwa ebi-mala ssaako emikutu gy'empuliziganya egy'enjawulo kitegeeza nti obuvunaanyizibwa buno bwetyongeredde ddala. Abo abawangaalira mu bitundu by'ensi ebyesudde era nga bwe batyo tebawuliranga ku Busiraamu, n'abalala abangi be tugayaaliridde okubalunngamya wadde nga batuli kumpi nnyo, ku Lunaku lw'enkomerero bajja kutu-sika nga bakwata emabega w'ensingo nga baagala tunnyonnyole.

Abu Hurayira (Allah amusiime) kino akinyumyako bw'atyi:

“Twateranga okuwulira ku by'omusajja oyo agenda kusika munne emabega w'ensingo, ku Lunaku lw'enkomerero, era amugambe abitebye. Omusajja omulala ajja kubuuza:

‘Ki ki ky'onjagaza? Sikumanyi na kukumanya!’

Asika ensingo ajja kuddamu nti, ‘Wandabanga ku nsi nga nkola ebikolwa ebikyamu nga tondabula.’ (Rudani, Jam’ul Fawaa-id, V, 384).

Okukoowoola Abantu Eri Obusiraamu n'Omulimu Gw'abakowoози

Mu Busiraamu, ekigendererwa ky'okukoowoola kwe kubuulira abantu eddiini entuufu,¹⁵⁷ so ssi kunoonya kubasiramula mu ngeri yonna esoboka.¹⁵⁸

Ku ludda olulala, omulimu gw'abaminsani Abagoberezi ba Kristo kulaba nga bafuula abantu abagoberezi ba Kristo n'okubabatiza mu ngeri yonna esoboka nga tebabuddeeyo ku kkubo ki lye bayiseemu.¹⁵⁹ Paulo ow'e Tarsus, atwalibwa nga eky'okulabirako eri abaminsani, annyonnyola bw'atyi amakubo ge yakozesa mu zimu ku baluwa ze:

“Nze ndi mwanawaboobwe, siri muddu wa muntu yenna. Naye okusobola okuwangula emitima gy'abantu, neefuula omuddu wa buli muntu. Okuwangula emitima gy'Abayawudi, nneeyisa nga Omuyawudi. Wadde nga sigoberera Mateeka, nneefuula ng'agagoberera ddala, nsobile okuwangula abo abagoberezi. Wadde nga ngoberera mateeka ga Yesu Kristo, okuwangula emitima gy'aba-

157 Laba: al Maa-ida, 5 : 67.

158 Laba: al Baqara, 2 : 256; Yaa-siin, 36 : 17.

159 Laba: Matthew (Matayo) 28 : 19 – 20.



talina mateeka nange nneeyisiza ddala ng'atagondera mateeka. Okuwangula emitima gy'abanafu, nange nneefuula munafu munnaabwe. Nga mpita mu bulungi oba mu bubi, okutaasa abamu, nafuuka buli kimu eri buli muntu.”¹⁶⁰

Nga bwe tukirabye, Paulo agezaako okuwolereza amakubo gonna agayinza okumutuusa kukufuna kye yeetaaga, awatali kukkiriiza mu mateeka gonna oba ensalo. Obusiraamu, ku ludda olulala, buziyiza okwewayambisa enkola enkyamu okusobola okufuna ekintu ekituufu. Enkola eno enkyamu eyeyambisibwa Obukulisitaayo okuva lwe bwatandika – ey'okugezaako okufuulaabantu Abagoberezi ba Kristo nga yeeyambisa amakubo gonna mu kifo ky'okubatuussaako obutuusa obubaka - kireetedde omulamwa gw'obukulisitaayo okusaanawo ssaako n'okukyusa obubaka buli Bukulisitaayo gye bwagenda, ekyaviiramu okwewayawulayawula mu bagoberezi baabwo.

Mu mirimu nga egyo, tekiba kipyा okulaba abaminsani nga batuukirira abantu abanyigirizibwa mu mbeera zaabwe eza bulijjo n'ez'ebiyobufuzi, ssaako abanaku, abanoonyi b'obubudamu, abantu abatono mu nsi, abakoseddwa entalo n'ebigwa bitalagaanye, ne baagala okukozesa obulumi bwabwe mu mibiri ne mu mwoyo nga bagezaako okubagulako enzikiriza zaabwe.

Mu ngeri endala, kimanyiddwa bulungi nti emirimu gya baminsane gikwatagana nnyo n'obufuzi bw'ammatwale, era ng'ekigendererwa kyabwe kya byabufuzi okusinga okubeera eky'eddiini. Abaminsane okusenga mu nsi ze beetaaga, baba n'eekegendererwa eky'okufuula bannansi Abakulisitaayo nga beekwese mu masomero, amasomo mu nnimi engwira n'emirimu emirala egikwatagana n'eb'ejigiriza.

Nga bali ku musingi gwa Paulo, Abaminsani ba leero bafuba okukweka kye bali ne beeyisiza ddala mu mbeera ekkirizibwa mu

160 Laba: Corintians (Abakolinso), I, 9 : 19 – 22.

bitundu gye bali. Okugeza, okusobola okulaba ng'Abasiraamu baba-sembeza, Abaminsani bagezaako okusoma *ayah* okuva mu Kulaane, bambala engoye eżekisiraamu, bakozaesa ebigambo Abasiraamu bye bakozaesa okugeza 'Hodja' ne 'Masjid' mu kifo ky'okwewayambisa ebigambo 'priest' oba 'kkanisa'. Mu ngeri y'emu, okwagala okuwugula abantu okubajja ku ddiini zaabwe ri'abalala okubateekateeka okubatwala, baa-gufuula omusingi okusuulawo ebintu ebiwera mu Bukulisitaayo.¹⁶¹

Nga boolekeddwa omulimu gw'abaminsani ogweraliikiriza, kikulu nnyo eri Abasiraamu okufaayo ku kulaba nga bayiga eddiini yaabwe n'okugisomesa abaana baabwe, n'okusoma n'okuteeka Obusiraamu mu nkola mu kkubo erisinga okubeera eddungi wamu n'okugibuilira abalala. Abasiraamu waakiri basobola okufuna eky'okuyiga okuva ku baminsani abayita mu kawefube okulaba nga basaasaanya eddiini enjigire, era bateekwa okulwana okulaba nga bawangaalira ku Busiraamu nga bayita mu kubussa mu nkola. Ekirabo ky'Obusiraamu ekyo kye tutasobola kubaako na kwebaza kumala, kyagala omuntu n'ateerabira buvunaanyizibwa bwa kukoowoola bantu kuyingira Busiraamu.

Omugenzi Mehmed Akif mu bigambo ebijja alaga obunafu bw'Abasiraamu okutwalira awamu ku bikwat ku nsonga eno:

*Wadde nga abaminsani batambula emisana n'ekiro,
Ani amanyi, osanga ba ulama balinda Bubaka kukka!*

Endowoza Ya Abu Lahabi Ne Mukyala We Gye Baalina Ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)

Amaka ga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gaali gasangibwa wakati w'ennyumba ebbiri ez'abasajja abakya-mu Abu Lahabi ne Uqbah ibn Abi Mu-aytw. Baasuulanga ebikyafu

161 Laba: Şinâsi Gündüz, olup. 5 – 28.



ebya buli kika mu maaso g'omulyango gwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Wadde kino kyali kyennyamizanga nnyo omutima omulungi, omugonvu era omutukuvu ogwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), naye ye yagambanga bugambi nti:

“Mmwe muli baliraanwa ba ngeri ki, batabani ba Abdu Manaaf?”
olwo n'aggyawo ebikyafu bye baabanga batadde ku mulyango gwe.
(Ibn Sa'adi, I, 201)

Lumu Abu Lahabi yali anaatera okukola ekikolwa kye kimu eky'obuswatu, Hamuza (Allah amusiime) yamulengera n'ajja n'amuskako ebikyafu bye yali akutte n'abimuyiwa ku mutwe. Abu Lahabi yali talina kya kukola okuggyako okwerongoosa omutwe, eno nga bw'apokera Hamuza ebivumo.¹⁶²

Ummu Jamiilu naye teyasigalira mabega wa bba Abu Lahabi mu kukijjanya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ye buli kiro yategekanga akaganda k'amatabi g'emiti okwabeeranga amaggwa, n'akateeka mu nsingo ye, olwo n'akakasuka mu kkubo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lye yakozesanga gasobole okumufumita ekiro ng'agalinnyeeko. Naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasobolanga okugatambilirako ng'atambilira ku liiri (silk) nga tegamufumita.¹⁶³

Ebikolwa byabwe ebibi bye byavaako okukka kwa ssuula ya al Masad. Ummu Jamiil olwawulira essuula eyo, yasitukiramu n'abaka ejjinja eddene n'agenda ng'anoonya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Akaseera ako Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali atudde ku Ka'aba nga bali ne Abu Bakari (Allah amusiime).

162 Laba: Ibn Athiir, al Kaamil, II, 70.

163 Laba: Ibn Hishaamu, I, 376; Qurtubi, XX, 240.

Abu Bakari olwamulengera kwe kugamba nti:

“Omubaka wa Allah, Ummu Jamiil aija eno. Ntya nti agenda kuku-laba akutuuseeko obulabe. Wandisituse n'ovaawo nga tannakulaba.”

Nnabbi Ow'okusaasira (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu nti: “Tajja kundaba”

Era bwe kityo bwe kyalii. Wadde nga Ummu Jamiil yayimirira we baali, teyasobola kulaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Olwawogganamu katono ng'avuma Abu Bakari (Allah amusiime), yavaawo n'agenda.¹⁶⁴



Nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannafuna bwannabbi, muwala we Ummu Kulthum yali yafumbirwa mutabani wa Abu Lahabi, ayitibwa Utaybah, ate muwala we omulala, Ruqayya, yali ateekekateeka kufumbirwa mutabani wa Abu Lahabi omulala ayitibwa Utubah. Essuula ya al Masad bwe yakka Ummu Jamiil yalagira batabani be nti:

“Mwawukane ne Ruqayya ne Ummu Kulthum. Baabulidde eddiini yaffe!”

Ne Abu Lahabi naye yababoggolera nti: “Bwe mutava ku bawala ba Muhammadi, siddangayo okubalaba!”

Utaybah amangu ago yagenda ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amugamba nti, “Eddini yo ekolimirwe! Kati muwala wo mmugobye. Okuva kati ssagala oddeyo kunsemerera, era nange siriddamu kusembera kumpi ne woli! Olwamala okwogera ebyo yalumba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amuyuliza essaati ye.

164 Ibn Hishaam, I, 378 – 379; Qur'tubi, XX, 234.



Olw'engeri ey'obukambwe gye yayisibwamu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasaba nti:

"Allah ... Nkusaba omuteere emu ku mbwa zo enkambwe!"

Nga wayiseewo akaseera katono, Utaybah yeeyunga ku kibinja ky'abasuubuzi abaali bagenda ku lugendo. Baawumulako mu kifo ekiyitibwa Zarqa. Mu kiro ekkyo, empologoma yatandika okwetoolola ekibinja ky'abasuubuzi, era Utaybah yagamba nti:

"Nfuddenze...! Egenda kujja enkwate nga Muhammadi bwe yasaba. Nsobola okukiwlira muli! Ayinza okubeera e Makka, nga nze ndi mu Damascus, naye singa nfa, Ibn Abi Kabshah¹⁶⁵ y'avunaa-nyizibwa ku kufa kwange!"

Nga emaze okwetooloola akaseera ekiro ekkyo empologoma yagenda. Mikwano gya Utayba baamugamba yeebake mu makati gaabwe ne beebaka. Oluvannyuma empologoma yakomawo. Yawunyiriza mpola n'ewaguza mu kibinja n'etuuka Utayba we yali yeebase. Mu bwangu n'entiisa eby'ekitalo empologoma yalumba omutwe gwa Utayba, era musinzabibumbe, akaseera ako yagasimbagana n'okufa, nga kye yasobola okwogera kyokka kwali kulaajana nti, "Saabagambye nti Muhammadi ky'aba ayogedde akituukiriza?"

Abu Lahabi bwe yawulira ku nfa ya mutabani we ey'entiisa, yaddamu mu ngeri y'emu nti:

165 Ebiseera ebyayita, waliwo omusajja eyali ayitibwa Abu Kabshah nga yali ava mu kika kya ba Hudaa eyali awakanyizza ab'ekika kye mu by'okusinza amasanamu. Bwe batyo Bamusinzabibumbe b'e Makka Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baamubbulamu erinnya ly a Ibn Abi Kabshah, ekitegeesa mutabani wa Abu Kabshah, okumufaanaanyiriza oli eyagyema ku bantu b'ekika kye. Waliwo abagamba nti erinnya eryo liyinza okuba nga lyava ku omu ku bajjaja ba Nnabbi ((okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)) ku ludda lwa taata we oba maama we, oba n'okuba nga lyava ku taata we okuva ku ludda olwamuyonsa, bba wa Haliima.

“Nnamanya nti lumu Muhammadi ekiruyi agenda kukimalira ku mutabani wange ...”¹⁶⁶

Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kiseera kino yakolebwako ebikolobero bingi okuva mu bamusinzabibumbe nga Abu Lahabi. Naye mu bugumii-kiriza n'okuguma, teyalekera awo kukoowoola kwe abantu okujja eri Obusiraamu.

Engeri Abantu B'e Makka Gye Bagezaako Okutabagana Ne Nnabbi

Eky'okuba nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeeyongera okukoowoola abantu okuyingira Obusiraamu nga talina kyafuddeko, kyayagala okusuula bamusinzabibumbe eddalu. Baatandika okulaga Abasiraamu obunyiivu bwabwe eri eddiini empya eyali yekiise mu kkubo lyabwe ery'okutuukiriza bye baali baagala. Baayanguwa okugenda ewa Abu Twalib ne bamunnyonyola obuzibu bwabwe, nga bwe bamwegayirira akome ku mutabani we. Abu Twalib yabeggyako mu bukkakkamu. Talina kye yagamba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku byali biguddewo.

Bamusinzabibumbe bwe baalaba nga tewali kikyuseeko, bad-dayo ewa Abu Twalib ne bamugamba nti:

“Abu Twalib, obugumiikiriza butuweddeko! Omanyi nti mutabani wo eddiini yaffe n'amasanamu gaffe abyogerera amafuukuule. Atulangira obutategeera. Singa tomukomako kulekera awo kukola bw'atylo tujja kukuggulako naye olutalo olw'olwatu. Yogera naye abi-veeko oba muggyeecko obukuumi bwo, olwo ffe tusobole okumuko-lako mu ngeri esinga obulungi!”

166 Laba: Ibn Sa'adi, VIII, 36 – 37; Bayhaqi, Dalaail, 338 – 339; Haythami, VI, 19.



Nga bamaze okumutiisatiisa, Abu Twalib yafuna engeri gy'ayi-tiramu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bamusinzabibumbe kye baali bamulowoozaako. Naye wadde nga yagaana okumuggyako obukuumi bwe, naye yasiinyaako ku ky'obutayagala kwabuulira bamusinzabibumbe nga bw'amugamba nti, "Weekuum naye nange onkuume!"

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ebigambo ebyo byamumalamu nnyo amaanyi, okuva lwe byali bitegeeza nti singa ebintu byali bya kweyongera okwonooneka, Abu Twalib yali ajja kumuvaamu amuggyeko obukuumi. Amaaso ge ag'emicikisa gajja ebiyengetyenge. Anti Abasiraamu baali bakyali banafu, nga tebalina maanyi gasobola kwannganga ba kanywamu-saayi be Makka abaalina amaanyi nebyobugagga.

Mu kaseera ako, okumalawo obuzibu, Allah Owoobuyinza yawa Nnabbi amagezi nti:

وَإِذْكُرِ اسْمَ رَبِّكَ وَتَبَّلِّ إِلَيْهِ تَبَّلِّاً رَبُّ الْمَشْرِقِ
 وَالْمَغْرِبِ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ فَاتَّخِذْهُ وَكِيلًا

"... Era jjukira erinnya lya Katonda wo, weeweeyo gy'ali yekka olwewaayo; Katonda we Buvanjuba n'Ebugwanjuba - teri Katonda mulala okuggyako Ye - n'olw'ekyo Ye gw'oba otwala ng'omukuumi wo." (al Muzzamil, 73 : 8 - 9)

Olwo ennaku ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali eweddewo. N'obukkiriza bwe obunywevu n'obumalirivu, yagamba taata ebigambo ebyatiikirivu bw'atyi:

"Taata, ndayira Allah nti singa abasajja bano babadde baakuteeka enjuba mu gumu ku mikono gyange n'omwezi mu mulala, sandivudde ku kukoowoola bantu kuno!"

Abu Twalib ebigambo ebyo byamuyitirirako, kubanga yali tabi-suubira. Wadde teyalu Musiraamu, naye yali akyayagala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe yali atwala nga mutabani we ddala. Okwo kw'ogatta nti yali yeeyama okulabirira Muhammadi nga akyali muto, kitaawe Abdul Muttwalib bwe yakunngaanya batabani be bona ng'ali kumpi kufa okubabuza ani eyali agenda okulabirira omuto Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

“Taata, omanyi siri mugagga, naye ndi musajja alumirirwa era alina omutima omusaasizi. Nandiyagadde okulabirira mutabani wange. Nkusuubiza nti munkwase njá kumulabirira.”

Bwe gutyo omutima gwe omugonvu gwali tegusobola kula-ba Nnabbi Ow'ekitiibwa ng'avaawo nga mwennyamivu, bw'atyó n'amuwereekerezza ebigambo bino:

“Jangu oyogere buli ky'oyagala. Ndayira nti sirikuwaayo eri abalabe bo... ne bwe kiriba kiki!” (Ibn Hishaam, I, 278; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 96 – 97)

Nga balemereddwa okufuna kye baali baagala, bamusinzabi-bumbe baatwala Umarah, mutabani wa Waliidi ibn Mughiirah, ewa Abu Twalib bamwanjalire ekirowoozo ekirala nga bwe bagamba nti:

“Umarah ono ye muvubuka asinga obulungi era n'amaanyi mu Bakulayishi. Mutwale akuyambe ng'oganyulwa mu magezi ge n'amaanyi ge. Osobola okumufuula mutabani wo. Naye tuwe mutabani wo oyo eyeegaanye eddiini ya bajajja be n'ava ne ku nkola yaabwe, tusobole okumweggyako.”

Abu Twalib yaddamu nti, “Ki ki kye muliko? Mwagala kumpa mutabani wammwe mabalabirire nze mbaweeemu owange mutte? Kino nga tekijja mu magezi.” (Ibn Hishaam, I, 279; Ibn Sa'adi, I, 202)



Oluvannyuma bamusinzabibumbe baagamba Abu Twalib atume Muhammadi boogere naye bategeeragane.

Olwafuna obubaka Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasitukiramu n'agenda gye bali. Akhnasi ibn Shariik kwe kumugamba nti:

“Lekera awo okutwogerera amafuukuule n'amasanamu gaffe, naffe tukuleke ne Katonda wo!”

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatunula waggulu mu bire n'ababuuza nti:

“Mulaba enjuba eyo?”

Baamuddamu nti: “Yee tugiraba.”

Olwo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kubagamba ebigambo bino ebyamakulu, ng'alaga ekitiibwa ky'Obusiraamu n'ebiseera byabwo eby'omu maaso ebirungi:

“Kisoboka okubeera mu buyinza bwange okuziyiza amagulu g'enjuba eyo okubatuukako?”

Abu Twalib eyali ayimiridde awo yayongerezaako nti:

“Ndayira mutabani wange talirimba.”

Bamusinzabibumbe mu busungu n'okwekyawa baavawo ne bagenda.

Okusinziira ku binyumizibwa Ibn Abaasi (Allah amusiime), abamu ku banene ba Abakulayishi baakunngaanira ku kifo kya Hijr okumpi ne Ka'aba ne balayira nga bakozesa amannya g'amasanamu gaabwe Llaata, Mannaata, Uzza, Naaila, ne Iswaf, okukola olulumba olw'awamu n'okutta Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amangu ddala nga baakamulabako. Buli omu yeetema

okuwaayo omutemwa gwe mu lufuubanja (engassi oba omutango gw'okutta) olwali olw'okuweebwayo.

Fatuma (Allah amusiime), muwala wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), bino olwamugwa mu matu, yayan-guwa n'agenda ewa kitaawe ng'amaziga gamuyitamu amutegeeze ku lukwe lwe baali bamutegekedde.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasaba amazzi afune wuzu. Oluvannyuma yagenda butereevo ku Ka'aba.

Bamusinzabibumbe olwamulengera baacacanca nga bwe bagamba nti: "Wuuyo ajja".

Naye ekitiibwa ky'endabika ya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye yalabikamu mu maaso gaabwe, kyabaleetera okukoteka emitwe n'okukkakkanya amaaso, wadde nga baali bakoze obwewaymu. Teri n'omu ku bo yafuna maanyi kuddamu kutunula waggulu. Babulwa embavu okutunula Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu mmunye. Nnabbi bw'ayoola olubatu lwe ttaka wansi era nga bw'agibayiira mu maaso, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayogera ebigambo bino:

"Mbasabira muswale."

Buli musinzabibumbe eyaiikirwa ettaka ku lunaku olwo yali mu batakkiriza abattibwa mu latalo lwe Badiri era bona ne baka-sukibwa mu kinnya kimu ekiringa omuliro. (Ahmada, I, 303)

Nga bino bimaze okugwawo, Abu Twalib eyali atandise okwe-raaliikirira yakunngaanya ab'enneyumba ya Hashim ne Muttwalib n'abasaba okulayira ekitiibwa kyabwe okuwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obukuumi mu ngeri yonna



obutatuusibwako bantu b'e Makka mutawaana gwonna. Bonna kino baakikkiriza okuggyako Abu Lahabi.¹⁶⁷

Bwe baategeera nti tewakyali nsonga ebazza wa Abu Twalib mulundi mulala, ku luno bamusinzabibumbe baagenda butereevu ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne bamugamba nti:

“Ova mu lulyo olulungi era ossibwamu ennyo ekitiibwa; awamu n'ekyo okola era n'oyogera ebintu awatali Muwalabu yenna yali yeetantadde kubikola oba kubyogera n'okutuusa kati. Otuleetedde okwawukana, buli omu n'atandika okugwa munne mu malaka. Ki ki ddala ky'oyagala? Bwe buba bugagga, tujja kukuwa buli kintu kye weetaaga. Tewajja kubaayo muntu yenna mu kika kyo agenda kukusinga bugagga. Bw'oba weetaaga bukulembeze, tugenda kukufuula omwami akulira Makka yenna! Bw'oba weetaaga bakazi, ggwe yogera bwogezi omuwala nnalulungi mu Makka ogenda kumufuna! Oba bw'oba oliko ddogo tugenda kukutwala ew'abasawo b'ekinnansi. Tujja kukola kyonna ekisoboka okulaba ng'owona.

Tuli beetegefu okukola buli kimu ky'oyagala... kasita ova ku by'oliko!”

Abasajja abo ababuyabuya bamusinzabibumbe baalowooza nti baali basobola okuggyaa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku mulamwa nga bamusikiriza n'eb'y'obugagga, ebitiibwa n'abakazi, nga balowooza nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali tayinza kugaana mitego esatu egneyambisibwa obulungi mu kukwasa abasajja.

Obugagga, ekitiibwa n'obwgazi bw'abakazi gye mitego esatu egikozesebwa okuwabya okusalawo kw'omuntu. Kyewuunyisa okuba nga bamusinzabibumbe baali tebasobola kutegeera nti bino

¹⁶⁷ Laba: Ibn Hishaam, I, 281; Ibn Athiir, al Kaamil, II, 65.

ebisatu n'emize emirala byali tebiyina kifo kyonna mu bulamu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obutaa-limu bbala.

Bw'atyo Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kino yakiddamu nga abanuukula nga takirumyemu nti:

“Sirina kye mbaagalalu, si bugagga, si kitibwa oba bwami! Ekintu kyokka kye njagala kwe kulekera awo okusinza amasanamu mudde eri okusinza Allah Omu!” (Ibn Kathir, al Bidaayah, III, 99 – 100)

Naye olw'okubanga bamusinza bibumbe bano baali bafugibwa kwemanya kwe baalina, baali tebasobola kutegeera ekigendererwa ekyekitiibwa eky Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ne batuuka n'okugenda mu maaso n'okumusaba asinze amasanamu gaabwe. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yabaddangamu byali bituukagana n'amagezi Kulaane ge yawa nti:

قُلْ إِنِّي نُهِيَتُ أَنْ أَعْبُدَ الَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ لَمَّا
جَاءَنِي الْبِيَنَاتُ مِنْ رَبِّي وَأُمِرْتُ أَنْ أُسْلِمَ لِرَبِّ الْعَالَمِينَ

“Gamba nti: Mazima nze nagaanibwa okusinza abo bemosuba atali Allah obukakafu bwe bwamala okunzijira okuva eri Katonda wange, era nnalagirwa okwewaayo nzenna eri Katonda w'ebitonde byonna.” (al Mu'minu, 40 : 66)

قُلْ إِنَّمَا أُمِرْتُ أَنْ أَعْبُدَ اللَّهَ وَلَا أُشْرِكَ بِهِ إِلَيْهِ أَدْعُو وَإِلَيْهِ مَأْب

“Gamba nti, ndagiddwa okusinza Allah n'obutamugattako kintu kyonna, eri Ye gye nkowoola abantu okudda era eri Ye ye wali obuddo.” (ar Ra'ad, 13 : 36)



إِنَّمَا أُمِرْتُ أَنْ أَعْبُدَ رَبَّ هَذِهِ الْبَلْدَةِ الَّذِي حَرَّمَهَا وَلَهُ
 كُلُّ شَيْءٍ وَأُمِرْتُ أَنْ أَكُونَ مِنَ الْمُسْلِمِينَ وَأَنْ
 اتَّلُو الْقُرْآنَ فَمَنْ اهْتَدَى فَإِنَّمَا يَهْتَدِي لِنَفْسِهِ
 وَمَنْ ضَلَّ فَقُلْ إِنَّمَا أَنَا مِنَ الْمُنْذِرِينَ

“Mazima nze ndagiddwa kimu nsinze Katonda w'ekibuga kino, Oyo eyakifuula nga kya mizizo, era nga buli kintu kyonna kikye, era ndagiddwa okubeera mu beewaayo bonna ku lulwe, era nsome Kulaane, n'olw'ekyo buli lunngama mazima ddala aba aba alunn-gama ku lulwe, ate oyo abula gamba nti: nze ndi omu ku balabuzi.”
 (an Naml, 27 : 91 – 92)

قُلْ إِنَّمَا هَدَيْنِي رَبِّي إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ دِينًا قِيمًا مِلَّةً
 إِبْرَاهِيمَ حَنِيفًا وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ قُلْ إِنَّ صَلَاتِي وَنُسُكِي
 وَمَحْيَايَ وَمَمَاتِي لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ لَا شَرِيكَ لَهُ وَبِذَلِكَ
 أُمِرْتُ وَإِنَّا أَوَّلُ الْمُسْلِمِينَ قُلْ أَغَيْرُ اللَّهِ أَبْغِي رَبِّا وَهُوَ رَبُّ
 كُلِّ شَيْءٍ وَلَا تَكْسِبُ كُلُّ نَفْسٍ إِلَّا عَلَيْهَا وَلَا تَزُرُ وَازِرَةٌ وَزِرَّ
 أُخْرَى ثُمَّ إِلَى رَبِّكُمْ مَرْجِعُكُمْ فَيُنَسِّكُمْ بِمَا كُنْتُمْ فِيهِ تَخْتَلِفُونَ

“Gamba nti mazima nze, Katonda wange yannunngamya eri ekkubo eggolokofu; mu ddiini entuuufu, nga ye nzikiriza ya Bulayimu omutuufu mu nsinza, era nga teyali mu abo bamusinza-bibumbe. Gamba nti, mazima ddala esswala yange, okusala kwange

saddaaka kwe nkola, obulamu bwange n'okufa kwange byonna bya Allah Katonda w'ebitonde byonna. Talina kimwegattako, era kino kye nnalagibwa, era nga ndi omu ku abo abasooka okwewaayo gy'ali. Gamba nti: Nyinza okunoonya atali Allah nga ye katonda ng'ate Ye (Allah) ye Katonda wa buli kintu kyonna? Tewali muntu akola kibi okuggyako nga kyakumuddira, era tewali mwoyo muntu agenda kwetikka mugugu gwa munne (ogw'ebibi), oluvannyuma eri Katonda wammwe y'eri obuddo bwammwe, olwo ababuulire ebyo bye mwayawukanangamu.” (al An'aam, 6 : 161 – 164)

قُلْ هَذِهِ سَيِّلِي أَدْعُو إِلَى اللَّهِ عَلَى بَصِيرَةٍ

“Gamba nti: Lino lye kkubo lyange lye nkwooleramu abantu okudda eri Allah nga nkozesu kumanya, nze n'oyo aba angoberedde.” (Yusuf, 12 : 108)

قُلْ مَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ وَمَا أَنَا مِنْ الْمُتَكَلِّفِينَ

“Gamba nti: Tewali mpeera gye mbasaba (olwa Kulaane) era ssiri eyefuula obwefuuzi kye ssiri.” (Swad, 38 : 86)



Bwe baasanga endowooza ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga tenyenyezekako, bamusinzabibumbe baamusaba nti waakiri alekere awo okwogerera amasanamu gaabwe amafuukuule. Olwo Katonda Owoobuyinza n'alagira nti:

وَلَا تُطِعِ الْمُكَذِّبِينَ وَدُوا لَوْ تُدْهِنُ فَيُدْهِنُونَ



“Togondera abalimbisa, baagala ofootookerere olwo bakufootolere ddala.” (al Qalam, 68 : 8 – 9)

Mu bigambo ebirala, bamusinzabibumbe abaagaana okukkiriza amazima baali bagamba nti baali basobola okutegeeragana ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) singa yava ku *ayah* ezaali zikoonagana n'ebigendererwa byabwe. Naye okulabula kwa Kulaane ku kintu ekifaanana bwe kityo kwali kwa mwanguka era kwa nkukunala:

اَذَا لَدْقِنَاكَ ضُعْفَ الْحَيَّةِ وَضُعْفَ الْمَمَاتِ
ثُمَّ لَا تَجِدُ لَكَ عَلَيْنَا نَصِيرًا

“Mu mbeera eyo tewali kubuusabuusa twandikulozenzaako emirundi ebiri (egy'ebibonerezo) mu bulamu buno era n'emirundi ebiri (egy'ebibonerezo) oluvannyuma lw'okufa oluvannyuma n'otafuna mutasa yenna agenda kukututaasaako.” (al Israa, 17 : 75)

Kwe kugamba nti, ne mu biseera ebya kanaayokyani, okwekkiranya ng'omenyawo emisingi gy'eddiini tekikkirizibwa; mu mbeera bw'etyi, kino kyanditegeezza kusaanyaawo ddiini, bamusinzabibumbe mu kusooka kye baali beetaagira ddala. Bamusinzabibumbe gye baakoma okuddayo engalo ensa, era gye baakoma okulemera ku kusaba kwabwe okw'ekisiru basobole okutaasa amasanamu gaabwe. Baatuuka ne ku ssa ly'okuleeta ekirowoozo ekyali kisaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti:

“Sinza amasanamu gaffe olunaku, naffe tusinze Katonda wo olunaku olulala, olwo enjawukana zaffe zija kuggwaawo!”

Ku kirowoozo kye baaleeta ekyali kikontanira ddala n'omulamwa n'omusingi gw'Obusiraamu, Katonda Owoobuyinza yalangirira bino mu Kulaane Entukuvu:

قُلْ يَا أَيُّهَا الْكَافِرُونَ لَا أَعْبُدُ مَا تَعْبُدُونَ وَلَا أَنْتُمْ عَابِدُونَ مَا
 أَعْبُدُ وَلَا إِنَّا عَابِدُ مَا عَبَدْتُمْ وَلَا أَنْتُمْ عَابِدُونَ مَا أَعْبُدُ لَكُمْ
 دِينُكُمْ وَلِيَ دِينٌ

“Gamba nti abange mmwe abatakkiriza! Sisinza ebyo mmwe bye musinza, era nammwe temusinza Oyo gwe nsinza, era sigenda kusinza ebyo bye musinza, era temugenda kusinza Oyo gwe nsinza, mulina eddiini yammwe nange nnyina eddiini yange.” (al Kaafiruuna, 109 : 1 – 6)¹⁶⁸

Ku ntandikwa, okusinga baali banaku, abanafu n'abaddu abakkiriza okukoowoola kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Wadde nga waaliyo abantu abagagga nga Abu Bakari abakkiriza Obusiraamu, naye abekika ekyo baali bakyali batono mu muwendo.

Okuba nga Omubaka wa Allah yagaana ebantu byonna bamusinzabibumbe bye baayagala okumuwa nga obugagga n'ekitiibwa, kyolekera ddala nti teyalina kigendererwa kya kufuna bya bugagga oba bitiibwa, okwawukanako ku bamu bye bagamba. Mu butuufu, ne mu biseera by'akakisa akaamaanyi, obulamu bwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwali tebwawukana na bwa muntu mwavu. Kino awatali kubuusabuusa kwali kweyoleka kwa mpisa z'obwannabbi obw'okwerekereza, obwe-toowaze wamu n'okumatira.

Singa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali ayagadde yandikkirizza obukulembeze Bannamakka bwe baali bamuwa olwo amaanyi n'obuyinza n'emikisa bye yandifunye n'abiko-

168 Laba: Ibn Hishaam, I, 386.

zesu mu dda mu kuweereza Obusiraamu. Naye Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyaya-gala kwetaba mu bya bufuzi bwe bityo na kubyeyambisa ng'ekkubo ery'okutuukiriza ekigendererwa, kubanga Obusiraamu bulijo bugoberera omusingi gw'obuwulize eri ekitiibwa ky'eddiini nga tonnaba kwyeyambisa kkubo lyonna. N'olw'ekyo, Abasiraamu bayinza okukakibwa okubonaabona era ne bateekebwa mu mbeera ey'akanyigo naye ekkubo lye balina okugoberera oluvannyuma lw'ebyo byonna lye *swiratul mustaqiimu*, ekkubo eggolokofu eritaliimu kuwuguka kwonna.

**Obutakoppeka (i'jaz) kwa Kulaane
N'engeri Gy'ekolamu Abagiwuliriza**

Ekigambo *I'jaaz* mu Luwalabu olwa bulijo kitegeeza okuleme-sa omuntu oba okukola ekintu n'osussaawo we kyandikomye. Naye mu lulimi olw'ekikugu, kitegeeza obutasobola obw'abantu bonna okuleetayo ekintu kyonna ekyefaanaanyirizako Kulaane, mu kusengeka kwayo okw'ebigambo, omugaso gw'amateeka agalimu n'okuwa amawulire ku bintu ebitalabika, okuva ensibuko yaayo lw'eri nga y'esembayo waggulu.

Nga Allah Oweekitiibwa bwe yayagala ekitabo ekisembayo okukka eri abantu kibeere mu mbeera esinga okubeera ennungi era nga kiri mu lulimi Oluwalabu, yawa abo aboogera olulimi luno, okuviira ddala mu ntandikwa, obujjumbize bw'okusengeka ebigambo n'okwogera obulungi. Nga beenyigira mu bintu ebikwata ku lulimi eby'enjawulo ne mu kuvuganya okwajjanga kubeerawo emirundi egiwera, Abawalabu baasobola okwongera okukulaakulanya olulimi n'ekyavaamu, kwali kulugaggawaza n'okulutuusa ku ntikko ekyaluso-bozesa okwogera ebigambo bya Katonda n'amakulu gaabyo.

Ebantu eby'ekika ekyo byafuula okusengeka ebigambo mu Bawalabu omulimu ogw'ekikugu. Eddaala ly'abatontomi n'aboogezi lyasituka ne lituuka mu bifo ebikwasa ensaalwa. Kiteekwa okujjukirwa nti mu mbeera ng'eno Kulaane, ebigambo bya Katonda ebyakkira ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'abituusa ku bantu, mwe yasobola okutwalibwa nga eky'amagero ekisinga ebyamagero ebirala, nga yeesinga ebigambo ebirala okubeera empoomu.

Olw'okuba ng'ebitendo ebisinga okubeera ebikulu ebyawula omuntu ku bitonde ebirala kwe kulowooza, okutegeera n'okwogera, eky'amagero kya Kulaane, ekitabo Ekitikuvu ekyasembayo era nga kye kisinga okubeera ekituukiridde, kiggyira mu bitendo bino byenyini. Katonda Owoobuyinza agamba nti:

الرَّحْمَنُ عَلِمَ الْقُرْآنَ. خَلَقَ الْإِنْسَانَ عَلَمَهُ الْبَيَانَ

“(Allah) Omusaasizi Owookusaasira okubuna yayigiriza (omuntu) Kulaane. Yatonda omuntu, n'amuyigiriza okunnyonnyola obulungi.” (ar Rahmaan, 55 : 1 – 4)

Ebitabo bingi ebiwandikiddwa abayivu ab'enjawulo nga binnyonnyola mu ngeri ennambulukufu *i'jaaz* ya Kulaane eteri nnyangu ya kutegeera kumalayo era nga ebyo bye tugenda okwogerako mu bufunze.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yalangirira obwannabbi bwe, bamusinzabibumbe baamuwakanya nga bagamba nti:

وَقَالُوا لَوْلَا أَنْزَلَ عَلَيْهِ آيَاتٌ مِّنْ رَّبِّهِ

“Era bagamba nti: ‘Lwaki obubonero tebumukkirako okuva eri Katonda we?’”

Katonda Owoobuyinza yabaanukula bw’atyi:

قُلْ إِنَّمَا الْأَيَاتُ عِنْدَ اللَّهِ وَإِنَّمَا أَنَا نَذِيرٌ مُّبِينٌ أَوَلَمْ
يَكُفِهمْ أَنَّا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ يُتْلَى عَلَيْهِمْ إِنَّ فِي
ذِلِّكَ لَرَحْمَةً وَذِكْرًا لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ

“Gamba nti: Mazima Obubonero buli eri Allah Yekka, era nze ndi mulabuzi ow’enkukunala kyokka. Tekibamalira okuba nga twakussizaako Ekitabo ekibasomerwa? Mazima ddala mu kino mulimu okusasira n’okujjukiza eri abantu abakkiriza.” (al An’kabuut, 29 : 50 – 51)

I’jaaz ya Kulaane yeeyolekera mu bintu bingi okugeza engeri gy’esengekamu ebigambo, obugagga mu makulu ag’ebigambo ebirimu, amaanyi g’okumatiza okwémisingi kwerina, okwogera ku bitamanyiddwa, obusobozi bwayo okukuma obutuufu bwayo n’amatteeka gaayo amasukkulumu.

Ekintu ekisinga obukulu ku byamagero bya Kulaane y’ensen-geka n’engeri ey’ekikugu gy’erukamu ebigambo. Ekiri mu kusengeka ebigambo kwe kwogera ekigambo mu ngeri esinga okubeera esaannidde ne we kituukira obulungi mu makulu, ekigendererwa oba ku nsonga okusinziira ku mbeera bye yeetaaga mu kiseera ekyo. Ku nsonga z’ekolako, Kulaane entukuvu eteeka obukugu bw’okusengeka ebigambo mu nkola esingira ddala obulungi.

Kulaane era erimu obukugu mu bunnyonnyofu bw’okwogera. Tekisoboka kusangamu nsobi mu bigambo by’eronda okukozesa, mu mboozi ne mu makulu agali mu bigambo.

Okufaanakanako n'amakulu, n'ebigambo¹⁶⁹ byennyini ebya Kulaane nabyo bya Allah Oweekitiibwa. Eno y'enjawulo enkulu ennyo eyawula Kulaane ku hadiisi entukuvu. Olw'ensonga eyo, okukyusa ekigambo kya Kulaane n'okiwaanyisa n'ekigambo ky'olulimi Oluwalabu ekirala kikuggya muddiini bw'oba okikoze oki-genderedde; naye bwe kitaba mu butanwa, kye kiyinza okukola eky'amaanyi kusangulawo ekikolwa ky'okusinza nga kino kiva ku ngeri gye kiba kikyusizzaamu amakulu. Wansi w'omutwe ogugamba nti zallatul qaari (okuseerera kw'omusomi), abayivu balina ensalawo nnyingi ezaawukana mu bitabo ebinnyonnyola amateeka ku bikwata ku biva mu kukola ensobi mu kusoma naye nga sinngenderere oba okuwaanyisa ebigambo ng'omuntu asaala.

Wadde ng'ebyo biri bityo, naye okwesiriwaza nti kikkirizibwa omuntu okusinza nga yeeyambisa Kulaane ekyusiddwa mu lulimi olulala, nga ebivvuunuddwa bw'oba obyogeddeko bulungi kuba kuvvuunula okusinziira ku kumanya n'okutegeera kw'omuvvuunuzi, kitundayo obutamanya bw'oyo akyogera.

Entunga Kulaane gye yatungibwamu eraga okwenkanankana kw'amakulu n'ebigambo. Buli makulu g'eba eyagala okussaawo, eko-zesa ekigambo ekisinga okugyawo okusinziira ku mulamwa. Bw'etyo ereeta okukwatagana wakati w'amakulu n'ekigambo, mu ngeri egylira ddala mu bigambo bya Oyo Nannyini Kwogera atalina kimukugira. Kino kitabula n'abo abasinga obulungi mu lulimi.

Omunnyonnyozi wa Kulaane omwatiikirivu omu Andaluusiya yagamba nti:

¹⁶⁹ Ekyogerwako wano ye nsengeka y'ebigambo, ennonda yaabyo okugya obulungi mu lulimi olukozesebw, enjatula, n'obunnyofu bw'ebigambo ebikozesebw; ensengeka, n'obulungi bw'olulimi.



“Kulaane kye kitabo singa ekigambo ekimu kiba kiggyiddwaamu, kiba tekisoboka kufunayo kirala ekisobola okudda mu kifo kyakyo olulimi Oluwalabu lwonna ne bwe luba lutaganjuddwa.”¹⁷⁰

Olw’okubeera nti kigambo kya Allah, Kulaane eyogera ku ngero ez’enjawulo, ebuulirira, erimu okukubaganya ebirowoozo, ennyonyola ebyafaayo, ensonga ez’amateeka, n’ewan’amatwulire agakwata ku Lunaku lwenkomerero, ejjana n’omuliro, era erimu *ayah* eziwa amawulire ag’essanyu n’ezo ezirabula, nga ziwandiikkidwa zaawuddwa okusinziira ku buzito bw’amakulu agazirimu, ate nga zisoneddwa bulungi wamu, nga waliwo okukuma ekigero ky’okukwatagana mu bunnyonnyofu n’ensengeka.

Kulaane eyogera mu kiseera kye kimu n’abantu ab’enzawulo nga balina amadaala g’obuyivu ag’enzawulo nga bawangaalira mu biseera era ne mu bifo eby’enzawulo. *Ayah* za Kulaane bwe zisomebwa awali abantu ab’amadaala ag’enzawulo, buli omu ku baliwo by’awulira abi-funamu okutegeera kukwe, okusinziira ku ntegeera ye. N’era kino kitendo ekisukka obusobozi bw’abantu.

Mu kuwumbawumba, ekyamagero kya buli Nnabbi yenna kikola mu kiseera kye. Naye okuva Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) lwe yatumibwa nga Nnabbi w’abantu bonna, ekyamagero kye ekisinga obunene, Kulaane, ejja kusigalawo nga ya maanyi okutuuka ku Lunaku lwo’kulamula, ng’etwaliramu ebiseera byonna nebifo byonna.

Okuyambako mu kulaga amaanyi n’okubeerawo kwa Katonda Owoobuyinza, Kulaane era eyogera ku bintu bya sayansi ebitali bimu. Okukulaakulana n’okuvumbula ebizze biddukira ku misinde emingi mu kisaawe kya ssaayansi mu myaka 1400 egiyiseewo tebiso-

170 Zarqaani, Manaahilul Irfaan, II, 325; Muhammad Abdalla Diraaz, an Nabaul Adhwim, ekitundu 112; Atwaa, Adhwamatul Kur’aan, olup. 85.

bodde kumenyawo Kulaane Entukuvu by'eyogera, wabula ate bizzze byeyongera kubinyweza bunyweza. N'era kino kiraga engeri Kulaane bw'eri ekyamagero.

Amawanga mu nsi olwaleero gakozesa abantu baago abasinga okubeera n'obusobozi okuwandiika ebitabo bimukunngaanya “encyclopedias” ze bakozesa mu kukontana. Omuntu ayinza okulowooza ku “Britannica” eya Abangereza ne “Larousse” eya Bafalansa ng'ebey'okulabirako. Naye era nabyo byetaagisa okwongerako emppula endala zisobole okulongoosa ensobi okutereeza oba okwongerako ebtaliimu. Ebizuuliddwa ebipyia bibawaliriza okwongeramu ebirala n'okutereeza ensobi ezirimu. Era ne mu biseera eby'edda waabangawo ebya saayansi ebyazuulibwanga abayivu abakugu mu ssaayansi era ziweddeko zeetaagisa okuddamu okulongoosebwa. Naye obwetaavu bw'okuddamu okulongoosa ku bikwata ku ssaayansi mu Kulaane tebunnaba kulabika mu byasa byonna bye tuyiseemu. Kino kye kimu ku bukakafu obusinga obukulu n'ensibuko yaayo okubeera nga yava wa Allah, era ekiraga amazima nti kigambo kya Katonda.

Mu hadiisi ekkaatiriza nti ekyamagero kya Kulaane kya kubee rawo olubeerera, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) agamba nti:

“Kulaane kigambo kya Katonda ekirunngamya abantu basoble okuwona okubonaabona kwonna okuba okw'okubatuukako, ewa amawulire ku bantu abaaliwo, erabula ku bantu abalibaawo n'okusalawo ku nsonga ezigenda okubakaayanya. Eyawula wakati w'ekirungi n'ekibi. Teyakka watali nsonga. Omugyeemu ava ku Kulaane Allah amusanyaawo; buli muntu yenna anoonya okulungama okutava mu Kulaane Allah amubuliza ddala. Kulaane mugawa gwa Allah omunyewe ennyo, Kulaane kijukizo kye kyamaanyi era kkubo ggolokofu. Abo abagikolerako tebasobola kubula, ennimi



ezigyatula tezikola nsobi, abasomi baayo tebasobola kufuna kugitegeera kumala kugenda munda.

Okugiddinngana mu kugisoma tekugikaddiya era eby'amagero bayo tebisobola kuggwa malojja. Amajinni bwe gaagiwuliriza gaali tegasobola kukyebeera wabula okugamba nti:

إِنَّا سَمِعْنَا قُرْآنًا عَجَبًا

“Mazima ddala, tuwulidde Kulaane eyewuunyisa!” (al Jinni, 72 : 1) Abo aboogerera mu Kulaane boogera mazima mereere, era abo abagiramuzisa balamula na bwenkanya. Abo abagissa mu nkola bafuna empeera era n'abo abakoowoola abantu bagyeyunire bagizuula nga lye kkubo erisinga amakubo gonna okubeera ery'amazima.” (Tirmidhi, Fadhwailul Qur'an, 14; Daarimii, Fadhwailul Qur'an, 1)

Kulaane kyamagero mu mbeera zonna. Mu ngeri eno Kulaane ezze esoomooza abantu bonna n'amajinni mu byasa eby'enjawulo, era nga bwe yasoomooza Abawalabu mu biseera ebyo, abaali batuuse ku ntikko y'okusengeka ebigambo, n'ebasoomooza okuleetayo ekitabo ekyefaanaanyiriza nga Kulaane. Kino kitujukiza *ayah* ey'amakumi asatu mu nnya (34) mu ssuula at twur:

فَلَيَأْتُوا بِحَدِيثٍ مِّثْلَهِ إِنْ كَانُوا صَادِقِينَ

“Kale baleeteyo ebigambo nga bifaanana Kulaane oba ddala nga boogera mazima.” (at Twur, 52 : 34)

Obuteesobola bwa bamusinzabibumbe nga boolekedde okusoomoozebwa kuno, Katonda Owoobuyinza yayongera n'akwoleka mu ngeri eno:

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ قُلْ فَأَتُوا بِعَشْرِ سُورٍ مِّثْلِهِ مُفْتَرَيَاتٍ وَادْعُوا
مَنِ اسْتَطَعْتُمْ مِّنْ دُونِ اللَّهِ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ

“Oba bagamba nti yagunjaawo ngunjé! Gamba nti: Kale muleeteeyo essuula kkumi enngunjeewo ezigifaanana era muyite buli omu gwe musobola (okuyita abayambe) okuggyako Allah, bwe muba nga mwogera mazima.” (Huudu, 11 : 13)

وَإِنْ كُنْتُمْ فِي رَيْبٍ مِّمَّا نَزَّلْنَا عَلَىٰ عَبْدِنَا فَأَتُوا بِسُورَةٍ مِّنْ
مِّثْلِهِ وَادْعُوا شُهَدَاءَكُمْ مِّنْ دُونِ اللَّهِ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ

“Bwe muba mubusaabuusa ku ebyo bye tuzze tussa ku muddu waffe, kaakati muleeteeyo essuula egyefaanaanyiriza era muyite abajulizi bammwe okuggyako Allah bwe muba mwogera mazima.”¹⁷¹

قُلْ لَئِنِ اجْتَمَعَتِ الْأَنْسُ وَالْجِنُّ عَلَىٰ أَنْ يَأْتُوا بِمِثْلِ هَذَا
الْقُرْآنِ لَا يَأْتُونَ بِمِثْلِهِ وَلَوْ كَانَ بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ ظَهِيرًا

“Gamba nti: singa abantu n'amajinni bakunngaana okukolayo ekitabo ekifaanana Kulaane, tebandisobodde kuleetayo kigifaanana ne bwe baba ng'abamu bayambye bannaabwe.” (al Israa, 17 : 88)

Naye era bamusinzabibumbe beeyongera mu maaso n'ebigambo byabwe ebitalinaako mutwe na magulu wabula ebyalaga obulazi obutakkiriza n'okubuu sabuusa.

171 Era laba: Yunus, 10 : 38.

إِنْ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ يُؤْثِرُ

“...Kino ssi kirala wabula ddogo, erinyumizibwa (okuva ku balala).” (al Muddatthir, 74 : 24)

سِحْرٌ مُسْتَمِرٌ

“...Obufuusa bwa kiseera.” (al Qamar, 54 : 2)

إِنْ هَذَا إِلَّا إِفْكٌ افْتَرَاهُ

“...Kino ssi kirala wabula bulimba bwe yagingirira.” (al Furuqaan, 25 : 4)

إِنْ هَذَا إِلَّا آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ

“...Kino ssi kirala wabula nfumo za bedda.” (al An'aam, 6 : 26)

N'okutuusa kati, okusoomooza kwa Kulaane abalabe baayo okuleetayo essuula emu bw'etyi egifaanana kwavaamu kuwangulwa kwabwe. Era bw'etyo bw'ejja okusigala emirembe gyonna.

Emyaka mingi, Abakulisitaayo basobodde okutendeka bannaddiini abayivu abamanyi okusengeka ebigambo era nga basobola bulungi okusomesa Abawalabu olulimu Oluwalabu. Naye teri n'omu ku bo yali asobodde kwennganga okudda mu okwanukula okusoomooza okuli mu Kulaane. Abatakkiriza abakoze kyonna ekisoboka ne bagumira ebizibu ebitali bimu nga bafa kimu kuzikiza kitangaala kya Busiraamu, mu kifo ky'okukola ebyo byonna, tebandigezezzaako okwanukula okusoomooza okwo? Kino tekimala bumazi okukakasa obukulu bwa Kulaane n'okulemwa kw'abalabe baayo n'okuba nga tekisoboka okugiwakanya?

Abanene bangi abaayatiikirira olw'obukugu bwe baalina mu kusengeka ebigambo abaatwala emyezi nga beesibidde emabega w'enziigi, naye ku nkomerero y'obulumi obungi bwe baasanga ne batasobola okuleetayo wadde *ayah* emu bw'etyi era kawefube waabwe n'ayonoonekera bwereere. Musaylama ne banne abalala abaagezaako okuleeta ekyefaanaanyirizaako Kulaane kye baaleeta kyakoma ku kubaswaza buswaza engeri bye baawandiika gye byayongera okulaga obulazi obujega bwabwe. Kino kiri bwe kityo kubanga Kulaane si kitabo kyamagero mu kusengeka ebigambo kwokka, naye kye kitabo ekizingiramu emirembe gyonna era kymagero olw'ebintu ebikirimu. N'olw'ensonga eyo, tekisobokera ddala n'akamu eri omuntu omunafu bw'aty, atamanyi na ddi era wwa w'alifiira, okuleetayo *ayah* nga kyamagero nga terina egifaanana. Obuzibu obwatuuka ku Tawuraati ne Bayibuli bweyolefu. Ebitabo ebyo bwe byamala okuyingirirwa okw'obuntu, byombi byazannyirwamu, ebintu bingi ne bikyusibwa okwawukana ne bwe byali era nga kati byafuuka bitimba bya kukoonagana.

Bwe tutunula mu byafaayo bituwa obukakafu obw'amaanyi obutasobola kuwakanyizibwa nti Kulaane Entukuvu kitabo kya nsengeka y'ebigambo ey'amagero Okuviiira ddala ku lunaku lwe yasooka okussibwa okuyita mu byasa ekkumi n'ebitaano ebyakayita we twogerera, tewabeerangayo muntu yenna eyali asoomoozezza Ekitabo Ekitukuvu kino n'awangula. Abo ababadde bagezaako gye bibadde biggweera nga beeswazizza bweswaza mu maaso g'abantu bona era ne bafuna obuswavu obutlibavaako okutuusa ku Ssaawa Esembayo.¹⁷²

Kulaane si kitabo kya bitontome era si kitabo nga bino ebya bulijjo. Kirina enkola egatta ebitendo eby'ebitontome n'eb'y'empan-diika eya bulijjo naye nga kirimu okukwatagana kw'ebyo byom-

172 Bûtî, Min Rawai'l Kur'ân, olup. 126, 129, 130.



bi etageraageranyizika. Omuntu bw'asoma Kulaane awulira muli okukwatagana kuno okw'ebitontome n'enjatula oba empandiika eya bulijjo kye bimukolako munda. Kitwala enkyukakyuka ntono mu nsengeka y'ebigambo olwo ennyunga n'amakulu ne byonooneka.

Olw'ebitendo bino, Kulaane ereeseewo enkyukakyuka ssinziggwu mu bantu bangi. Okuwulira olulimi olutukuvu olwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga lugisoma, kyawaliriza Abawalabu bangi nnyo okwanguwa okuyingira Obusiraamu. Okuva lwe baalemwa okuleetayo ekigambo kyonna ekinene okwenkana ekiri mu Kulaane, bamusinzabibumbe bona bakkiriza mu mitima gyabwe ensengeka ya Kulaane ensukkulumu. Ensonga yokka gye baasigaza eyabaleetera okuwakanya Kulaane kwe kuba nti yali ebalemesa okufuna bye baali beetaaga n'okuba nga baali tebasobola kugumira kya kugoberera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyali mulekwa.

Ibn Abaasi anyumya nti lumu Waliidi ibn Mughira yagenda eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amusaba amusomeremu mu Kulaane. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamusomeramu *ayah* eno:

إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُ بِالْعَدْلِ وَإِلَحْسَانِ وَإِيتَاءِ ذِي الْقُرْبَىٰ وَيَنْهَا
عَنِ الْفَحْشَاءِ وَالْمُنْكَرِ يَعِظُكُمْ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ

“Mazima ddala Allah alagira okubeera abenkanya n'okuyisa abalala obulungi n'okuwa aboluganda, ate n'agaana okukola ebikolwa ebyambyone n'ebikolwa ebibi, n'okunyigiriza; Ababuulirira mulyoke mujukire.” (an Nahal, 16 : 90)

Waliidi yasaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) addemu amusomeremu. Olwamala okumusomeramu omulundi omulala yawulira nga tasobola kukyebeera kwe kugamba nti:

“Ndayira nti, ebigambo ebyo birimu obuwoomerevu, obulungi n'amagezi era bifaanana omuti ogwa kiragala oguwoomerera ate nga guwunya akawoowo, ogulina omulandira oguliko amazzi nga guwewerra n'ebibala ebireebeetera waggulu mu matabi gaagwo. Tekisoboka muntu yenna kubitondawo. Tewali kintu kyonna kijja kubiwangula era mazima ddala bijja kuwangula oyo yenna abiwakanya.”

Nga bw'avaawo mu kwewuunya, Waliidi yasituka n'agenda ku nnyumba ya Abu Bakari (Allah amusiime) n'amubuuzaayo ebibuuzzo bitonotono ebikwata ku Kulaane. Oluvannyuma yasituka n'agenda awaali abakulembeze b'Abakulayishi n'agamba nti:

“Ebintu mutabani wa Abu Kabsha by'ayogera byewuunyisiza ddala! Ndayira si bitontome, si ddogo, wadde okubeera eby'ekigu ky'eddalu! By'ayogera tewali kubuuusabuusa bigambo bya Allah!”

Abu Jahal bwe yabiwlira, yeemululuguna nga bw'agamba nti:

“Ndayira singa Waliidi ava mu ddiini ye n'Abakulayishi bonne abasigadde bajja kugivaamu!” Era amangu ago yagenda awaali Waliidi n'amugamba nga bw'abalaata nti:

“Taata (omuto) Ab'ekika kyo basonda bya bugaggaga bya kukuwa kubanga olabika wagonze ewa Muhammadi okusabiriza!”

Waliidi yaddamu nti: “Abakulayishi bateekwa okukimanya nti, nze muntu abasinga obugaggaga.”

Awo Abu Jahal kwe kumugamba nti: “Kaakati yogera ekintu kyonna ku Muhammadi ekinaamutegeesa nti omwegaanye era tomwagalaa!”

Waliidi yamuddamu nti: “Ki ki kye mba njogera? Ndayira nti teriiyo muntu n'omu mu mmwe ansinga kumanya bitontome,



*qaswida ne rajaz.*¹⁷³ By’ayogera tewali kyefaanaanyirizaako kimu ku ebyo. Mbakakasa nti bye nnawulidde okuva mu Muhammadi tebyefaaanaanyirizaako bigambo bya muntu oba majinni. Byabaddemu obuwoomerevu obw’amaanyi n’obunyuvu.

Abu Jahal yagaana okupondooka era kwe kugamba nti:

“Ab’ekika kyo tebajja kukukkiririzaamu okutuusa lw’onooyo-gera ekintu ekibi ku Muhammadi!”

Olwo Waliidi n’agamba nti:

“Kale mpaamu akaseera nsobole okukirowoozaako”

Nga amaze okufuna obudde obulowooza, yavaayo n’agamba nti, “Kulaane bufuuusa obwabeerangawo edda!” (Haakim, II, 550 / 3872; Tafsiir, XXIX, 195 196; Waahidii, 5, 468)

Ebya Waliidi Kulaane ebinyumya bulungi nti:

إِنَّهُ فَكَرَ وَقَدَرَ فَقُتِلَ كَيْفَ قَدَرَ ثُمَّ قُتِلَ كَيْفَ قَدَرَ ثُمَّ نَظَرَ
 ثُمَّ عَبَسَ وَبَسَرَ ثُمَّ أَدْبَرَ وَاسْتَكْبَرَ فَقَالَ إِنْ هَذَا إِلَّا
 سِحْرٌ يُؤْثِرُ إِنْ هُوَ إِلَّا قَوْلُ الْبَشَرِ

“Mazima yallowooza n’akola olukujukujju. Akolimirwe mu ngeri ye gye yakolamu olukujukujju! Era addemu akolimirwe mu ngeri gye yakolamu olukujukujju! Oluvannyuma n’atunula. Oluvannyuma ne yekaba n’ajja emitaafu. Oluvannyuma n’adda

173 Rajaz y’emu ku bipimo by’ebitontome by’olulimi oluwalabu. Rajaz esobola okukolebwa mu bivuga eby’enjawulo ebiwera, olwo ebigambo ne bisobola okukunngaanya empulira ez’enjawulo. Kino kisobozesa okulaga mu bigambo ennaku n’essanyu. Rajaz era egambibwa okubeera n’amatabi kkumi n’ataano. (Tahirul-Mevlevi, Edebiyat Lügati, olup. 120 “recez” article.)

emabega ne yeekuza. Oluvannyuma n'agamba nti: Bino tebirina kirala wabula okubeera eddogo eryaggyibwa ku b'edda; bino tebirina kirala wabula bigambo bya bantu.” (al Muddathir, 74 : 18 – 25)

Bamusinzabibumbe nga Abu Sufyaane, Abu Jahal ne Akhnas ibn Shariiq, abaali baziyyiza abantu obutawuliriza Kulaane, lumu baagenda ku Ka'aba ebiro bisatu ebiddirinnganye, nga buli omu tamanyi banne nti we bali, nga bagenda kuwuliriza mu kyama Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'asoma Kulaane. Naye byabaggwaako nga beeguddeko ne beetunuulira nga tebemala bwe baagwannganako nga buli omu takisubira. Oluvannyuma lw'okwekanga, beenenya nga bwe bagamba nti:

“Buli kyonna ekiguddewo, teri muntu mulala yenna kino alina kukimanyaako! Tujja kuswala nnyo singa abalala bakizuula ... Ebigambo byaffe bija kuba tebikyalina kye bibakolako nga tugeezzaako okuddamu okubaziyiza okuwuliriza Kulaane!” Oluvannyuma beeyama obutaddamu kukola kikolwa nga kino era ne baawukana (buli omu n'alaba ekkubo eryali limuleese). (Ibn Hishaamu, I, 337 – 338)

abantu bangi bakkiriza Obusiraamu olw'obulungi obuli mu Kulaane. Ekyafaayo ekyayatiikirira ennyo kyali kya Umaru (Allah amusiime), eyali omubi ennyo olw'okuba nga yali ava mangu mu mbeera, naye ebintu byonna bwe byakyuka ng'ali mu nnyumba ya mukoddomi we, omutima bwe gwasiriira n'obusungu bwe ne bukkakkana bwe yawulira eddoboozi lya Kulaane eddungi erisanyusa.

Omulala eyakkiriza Obusiraamu oluvannyuma lw'okusikirizibwa Kulaane yali Jubayir ibn Mutw'im (Allah amusiime). Bwe yawulira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'asoma essuula ya at-Twur (eya 52) omutima gwe gwakankana, era oluvannyuma n'agamba nti:

“Nnalowooza nti omutima gwange gwali gugenda kwabika!”
(Ahmada, IV, 83, 85)



Bino Jubayiri yabinyumya bw'atyi:

“Nnawulira Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'asoma ssuula at-Twur (52) mu sswala ya Magharib.

أَمْ خَلَقُوا مِنْ غَيْرِ شَيْءٍ أَمْ هُمُ الْخَالِقُونَ أَمْ خَلَقُوا
السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضَ بَلْ لَا يُوقِنُونَ أَمْ عِنْدَهُمْ
خَزَائِنُ رَبِّكَ أَمْ هُمُ الْمُصَيْطِرُونَ

“Oba baatondebwa nga tewaliwo kintu kyonna, oba be baatonda? Oba be baatonda eggulu (zonna) n'ensi? Wabula tebakakasa. Oba be balina amawanika ga Katonda wo oba nga bo be bafuga ebantu byonna? (at Twur, 52 : 35 – 37) Mu kiseera ekyo omutima gwange gwalinga ogugenda okubuukamu okuva gye gubeera olw'engeri gye nnali mpuliramu.” (Bukhari, Tafsiir, 52)

Mu myaka egyasooka eg'yobwannabbi, mwannyina wa Imr'ul Qaysi, omutontomi omwatiikirivu ennyo era ng'ebitontome bye byali byawanikibwa ku kisenge kya Ka'aba olw'okusinga mu mpaka z'okutontoma ebitontome byonna ebirala byonna mu mpaka ezaaliwo, amanyiddwa nga omutontomi nakinku, yali akyali mulamu. Baamusomera *ayah* ezimu okuva mu Kulaane. Omukazi ono nga naye yennyini yali mutontomi nnakinku era kafulu mu kwogera olulimi Oluwalabu olulungi, yaleekaana n'agamba nti:

“Eno (Kulaane) teyinza kubeera bigambo bya muntu! Nga ebigambo ebyo bikyaliwo ku nsi, ebitontome bya mwannyinaze bijja kuba nga tebikyasaana kuwanikibwa ku kisenge kya Ka'aba! Biteekwa okuwanulwayo olwo bireke ebigambo bya Kulaane!” Oluvannyuma yawanula ku Ka'aba ekitontome kya mwannyina ekyawangula empa-

ka mu bitontome n'emikono gye. Era ekyaddirira bye bitontome ebya muallaqaat ebirala nabyo okuwanulwayo.¹⁷⁴

Okuwuliriza obuwuliriza Kulaane kimala omuntu yenna ategere obulungi okumanya nti bigambo ebya Mazima. Era y'eyo ensonga lwaki Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakwasibwa obuvunaanyizibwa bw'okusomesa abantu abalala Kulaane basobole okuwuliriza.

Kulaane mu butuuufu egamba nti:

وَإِنْ أَحَدٌ مِّنَ الْمُسْرِكِينَ اسْتَجَارَكَ فَأَجِرْهُ حَتَّىٰ
يَسْمَعَ كَلَامَ اللَّهِ ثُمَّ أُبَلِّغُهُ مَا مَأْمَنَهُ

“Singa omu ku bamusinzabibumbe akusabye okumuwa obukuumi bumuwe asobole okuwulirira ebigambao bya Allah, oluvannyuma kakasa nti atuuka gy'alaga mirembe, kubanga ali mu bantu abatamanyi” (at Tawba, 9 : 6)

N'olw'ensonga eyo kitegeerekekea bulungi nti ekigambo kya Katonda okukka eri abantu kisobozesa ekitangaala ky'enzikiriza okusimba amakanda mu mitima gyabwe.

Envuga ya Kulaane eyo ekwata omwoyo omubabiro eviira ddala ku nktagana ya ddoboozi, entegeka y'ebigambo byayo eri ku ddaala erya waggulu, ebifo ewasirikirwa, ewawangaala n'empeerezi. Okuva ku ddoboozi erimu okudda ku ddala wamu n'okukwatagana okwawufu kulimu okusikiriza emitima. Wadde n'abo abatategeera makulu gaayo banyumirwa eddoboozi lyayo ery'enjawulo erigivamu singa eba esomeddwa bulungi okusinziira ku mateeka gaayo.¹⁷⁵

174 Laba: Ahmed Cevdet Paşa, I, 83.

175 Bwe kutyo n'okusoma obusomi Kulaane nakwo kwatumbuka ng'ettabi



Endowooza Ya Bamusinzabibumbe Ku Kulaane

Obusiraamu bwayogera ku mazima, obwenkanya, Enkomerero, okuzuukira n'okusasulwa mu maaso ga Allah, nga busuubiza nti tewali zambi na limu lyakolebwa liija kusigala nga teribonerezeddwa. N'olw'ensonga eyo Obusiraamu okuba nga bwali buluubirira okuteeka ekkomo ku kwemanya okwali kubuutikidde obulamu bw'abantu kyali kimalako bamusinzabibumbe emirembe. Okwo kw'agatta Obusiraamu okuba ng'era bwali bunyooma amasana-mu era ne buganyomesa, nga bugalangirira okubeera amakyamu. Bw'oyongerako “ekigambo ekinene” ekyaleetebwa Nnabbi (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Bannamakka baatandika okukankana. *Ayah* esooka ku ssuula Nabaa eraga ekifaananyi eky'entiiisa ekyaliwo bw'etyi:

عَمَّ يَسْأَلُونَ عَنِ النَّبِيِّ الْعَظِيمِ الَّذِي هُمْ فِيهِ مُخْتَلِفُونَ

“Ki ki ekyo kye beebuuzaganyako? Ku kigambo ekinene; ekyo kye balimu mu kwawukana...” (an Nabaa, 78 : 1 -3)

Olw'okuba nga abantu mu bubumbwa bwabwe basikirizibwa eri amazima, emitima gyabwe tegisobola kumatira na bintu bitamanyiddwa. Era bulijjo badduka beeyuna bintu bimanyiddwa. Ebantu bye batamanyi n'ebyo bye bayinza obutamanyira ddala bibaleetera obulumi n'okunyolwa. Wadde nga bazze baweebwa okunnyonnyola okumala ne bannabbi ab'enjawulo, abantu bulijjo ebirowoozo byabwe bazze babiteeka nnyo ku kufa. Ekyama ky'okufa kimalawo ebirowoozo by'abantu ng'omusota omukambwe ogw'obusagwa era ne

ly'okumanya, nga lyetooloolera ku ngeri ekkumi ezaawukana Kulaane zeesomebwamu, oba qiraah, ezimanyiddwa nga ensoma ekkumi eziri mu mateeka (qiraatul ashara). Okufaananko ne ba imamu ba madhahi, buli nsoma erina omuntu eyagitandikawo, amanyiddwa nga imam wa qiraah. Ensoma esinga okusaasaana mu Butuluuki ye nsoma (qiraah) ya Asim.

kibaleetera entiisa ey'amaanyi n'obulumi. Abamu batera okugezaako okugoba ekyama kino nga baleetawo ensonga ezitali zimu eky'okufa okuba nga tekusobola kwewalika ne bakisindiikiriza okuva mu bintu bye balowoozaako. Naye olw'okuba ng'okufa kutwala buli kintu mu maanyi ag'ekitalo okusinga n'obulamu bwennyini, era n'okuba nga kye kintu ekirindiridde buli omu, okukuwa okunnyonnyola okumala kintu ekikulembera olukalala lw' ebigerererwa by'abantu.

Akakunizo kano akataliiko bbanga ggere, akatasobola kutegee-rebwa nga tuyita mu kulowooza kwa muntu, kasobola kwanukulwa na maanyi ga Bubaka. Wadde ng'amawulire gano ag'ebiseera ebi-jja eby'omu maaso agaaleetebwa Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne bannabbi abaamusooka gandibadde gaaniriziddwa ne ssanyu n'okusiima, naye gaayaniri-zibwa na kujeeja na kusekererwa na butafaayo okuva mu bantu abamu abatalina kantu ne bwe kaba katono nnyo mu kitiiuba ky'obuntu. Bamusinzabibumbe n'abatakkiriza abawangaalira mu bulamu obukontana n'ekigendererwa ekyabatondesa, bwe baafuna amawulire agakwata ku kufa agaaletebwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bafuna okutabulwa, era mu kukyankalana awamu n'okwelowoozaako bokka, baakuba amabega gaabwe eri okukoowoola eri okuwona n'okwesiima ebyolubeerera, olw'ensonga nti amawulire gaali tegakwatagana na bulamu bwe baali bawangaaliramu.

Kulaane eyogera ku Nkomerero nga "amawulire ag'amaanyi". Ensonga eyogeza bw'etyi etegeerekeeka bulungi. Oba embeera zaabwe zifaanana zitya oba zitya, abantu bona okutwalira awamu bawulira okutya bwe kituuka ku kufa. Olw'okuba nga amakubo gonna ag'obulamu gye biggweera nga geegattidde ku kufa, ekintu kino kireka emitima mu bulumi, okusingira ddala eg'yobutakiriza. Omuntu kale yandisubidde waakiri obubi bw'amawulire agakwata ku kufa okuba nga kitegeerekeka, ku kigero nti obulamu si kintu



kikulu nnyo. Mu butuufu abatuuse ku kutegeera okutuufu bavudde ku bwetaavu bwe bintu ebiggwawo ne basalawo okweteekerateekera obulamu obwolubeerera. Obulamu obutaliimu kufuna kya kuyiga okuva ku kufa tebulina njawulo na bulamu obuli mu kizikiza ne mu katyabaga. Emmunyeenyé yéssanyu ezaalibwa na kufa kwokka, ku nkomerero yobulamu obwawangaalwa obulungi, era ngéyo ye nsonga lwaki Obusiraamu bukubiriza abantu bulijjo okujukiranga n'okwetegekera okufa.

Nga ebigambo bya Kulaane ebyogera ku Nkomerero n'okufa bibatabudde ate nga, okugatta kwékyo, tebikkiriziganya na bintu bye baayagalanga, bamusinzabibumbe baasaba Nnabi Muhammad (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) amawulire ago agakyuseemu ayogere ebituukagana ne bye baayagalanga:

“Tuleetere Kulaane etatulagira kulekera awo kusinza masanamu gaffe Llaata ne Uzza. Singa Allah tassa Kulaane efaanana bwétyo, ggwe funayo endala oba eyo gyolina ogikyuseemu. Teekamu kusaasira awali ebinorezo, kukkirizibwa awali okugaanibwa, nébirala bwótyo.

وَإِذَا تُتْلَى عَلَيْهِمْ أَيَّاتُنَا بَيْنَاتٍ قَالَ الَّذِينَ لَا يَرْجُونَ لِقَاءَنَا
أَئْتِ بِقُرْآنٍ غَيْرَ هَذَا أَوْ بَدِّلْهُ قُلْ مَا يَكُونُ لِي أَنْ أُبَدِّلَهُ مِنْ
تِلْقَاءِ نَفْسِي إِنْ اتَّبَعَ الَّآمَّا مَا يُوحَى إِلَيَّ إِنِّي أَخَافُ إِنْ عَصَيْتُ
رَبِّي عَذَابٌ يَوْمٌ عَظِيمٌ

“Ayah zaffe ennyinyonnyofu bwe zibasomerwa, abo abatasubbira kutusisinkana bagamba nti: ‘Leeta Kulaane eteri eno oba gikyuse’. Gamba nti: ‘Si kiri gyendi okugikyusa nga nneyagalidde; nze ngoberera bugoberezi ebyo byokka ebiba bissiddwa gyendi, mazima

ddala nze ntua, singa ngyeemedde Katonda wange ebibonerezo by'Olunaku Oluzito." (Yunusu, 10 : 15) (Waahidii, olup. 270; Aluusii, XI, 85)

Bamusinzabibumbe baali tebamanyi kya kukola. Baasalawo kutandika kunyigiriza, kubonyaabonya, na kutulugunya Basiraamu ebyeyongeranga buli lunaku era ne bireetera Abasiraamu okukaluu-birirwa obulamu mu Makka. Okufaanankano n'Abasiraamu abalala Abu Bakari (Allah amusiime) naye yasaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olukusa asenguke ave mu kifo ekyo. Era olwaweebwa olukusa, yatandika olugendo lweolwali olw'okumu-tuusa mu Abyssinia.

Olunaku lumu oba bbiri ng'ali mu lugendo lwe, yasisinkana Ibn Daghinah, omwami akulira ekika kya Ba Qara, eyamugamba nti:

"Abu Bakari! Omuntu alinga ggwe tasobola kuva waabwe oba kugobwayo. Ndayira nti oli kkula mu kika kyo! Okola ebisinga okubeera ebirungi era olabirira abooluganda lwo. Otawaanira abo abatasobola! Ddayo eka! Oli wansi wa bukuumi bwange!"

Nga Ibn Daghinah amuli ku lusegere, Abu Bakari (Allah amusiime) yaddayo e Makka. Bwe baayingira ekibuga, Ibn Daghinah yalangirira mu lujjudde obukuumi bwe yali awadde Abu Bakari. Kyokka Abakulayishi bassaawo obukwakkulizo:

"Gamba Abu Bakari Katonda we amusinize waka we! Mugambe asaale esswala ze n'okusoma Kulaane nga bw'ayagala nga ali eyo. Naye tateekwa kutusumbuwa nga asaala sswala ze n'okusoma Kulaane buli w'asanze! Tutyu nti ajja kuloga abakyala n'abaana baffe!"

Okusaba kwa Bannamakka Ibn Daghinah yakutuusa ku Abu Bakari (Allah amusiime) eyakukkiriza. Yeeteerawo akafo akatonotono aw'okusaalira mu maaso g'ennyumba ye, era awo n'atandika okusaali-rawo n'okusoma Kulaane. Naye nga bwe yali omusajja omukkakkamu, era nga n'omutima gwe mugonvu, alinaengeri gye yawulirangamu



ng'asoma Kulaane n'abeera nga tasobola kweziyiza kukaaba. Abakyala n'abaana b'abasajja bamusinzabibumbe baatandika okumukunngaani-rangako nga bawuliriza ne beegomba bye yali asoma. Kino ate nakyo kyeraliikiriza bamusinzabibumbe, abaasaba Ibn Daghinah agaane Abu Bakari (Allah amusiime) oba amuggyeko obukuumi bwe.

Ibn Daghinah yaweereza Abu Bakari (Allah amusiime) obubaka n'amugamba nti:

“Salawo kusigala eka osirike oba langirira mu lujudde nti tokyalı wansi wa bukuumi bwange!”

Mu kukkiriza okujjuvu okugera kwa Allah, Abu Bakari (Allah amusiime) yaddamu bw'atyi:

“Nkuddiza obukuumi bwo. Obukuumi bwa Allah bummala!”

(Bukhari, Manaaqibul Answar, 45; Ibn Hishaam, I, 395 – 396)



Olw'okuba nti Abawalabu baali baagala nnyo olulimi (nga mw'ozin-gidde ebitontome n'ebirala), beegombanga era ne bakwatibwako nnyo ebigambo ebisengeke obulungi okutuusa nti olunyiriri obunyiriri lwamalanga okutenda omuntu okumulinnyisa ebire so nga era lwamalanga okukkakkanya omulala. Bwe tutunuulira engeri Kulaane gye yaku-sangamu abantu ennyo olw'okugyegombanga, bamusinzabibumbe baayiya engeri gye bagiziyizaamu. Okwongereza ku kuwera okusoma n'okuwliriza Kulaane, bamusinzabibumbe era baagezangako okuwog-gana baziyize eddbooozi lya Kulaane lye baawuliranga mu ngeri emu oba endala okubatuukako, olwo basobole okuziyiza emitima gyabwe okubuguimirira olwa Kulaane. Engeri eyo Allah bw'abogerako nti:

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَسْمَعُوا لِهَذَا الْقُرْآنِ
وَالْغَوْنِ فِيهِ لَعَلَّكُمْ تَغْلِبُونَ



“Era abo abatakkiriza bagamba: Temuwuliriza Kulaane eno era muleekaane nga bagisoma oboolyawo ne muwangula.” (Fusswilat, 41 : 26)

Wadde nga waaliwo okunyigirizibwa n'okutulugunyizibwa ebitatadde okuva mu b'ekikakye, naye Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagenda mu maaso na kutuusa bubaka bw'Obusiraamu eri abantu n'okubakoowoola eri okwesiima okutaggwaawo. Ku ludda olulala bo bamusinzabibumbe baasisinkananga Abawalabu abaalinga bazze okulamaga mu Makka oba abaali nga bazze ku nsonga endala, ku njegoyego z'ekibuga, okubalabula n'olumu okubatiisatiisa baleme kutuukirira Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'okutwala bye yali abagamba ng'ekikulu. Nga beekwasa nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali mulalu, omufuusa n'ebirala, kye baayagalanga kwabeeranga kumugobako bantu nga bamuwaayiriza ebigambo nabo bennyini bye battekkirizanga.

Twufayl ibn Amuri¹⁷⁶ bwe yatuuka e Makka, abanene b'e Makka abatonotonu baamusisinkana ne baleeta ekirowoozo nti, “Twufayl oli musajja omutontomi assibwamu ennyo ekitiibwa mu bantu b'ekika kyo. Wadde ozze mu kibuga kyaffe, naye beera mwegendereza eri musajja omu muffle! Embeera ye etweraaliikirizza. Ayonoonedde ddala abantu b'ekitundu kyaffe. Ebigambo bye birina amaanyi ag'eddogo agasobola okwawukanya omuntu ne kitaawe, omukazi ne baganda be. Tulina okutya nti ekitituuseeko era kye kimu kiyinza okukutuukako n'aban-

176 Twufayl ibn Amuri ad Dawusi (Allah amusiime) yali musajja assikamu ekitiibwa, omugezi ate nga muntumulamu era ng'amanyi nnyo ebitontome. Oluggi lwe lwali luggule eri abagenyi ab'ebika byonna. Yalisanga abalumwa enjala, ng'awa obukuumi abo abaanoonyanga aw'okwewogoma, era ng'ayamba abo abaaberanga mu bwetaavu bw'obuyambi. Bwe yamala okusiramuka, mu mwaka ogw'ekkumi ogw'obwannabbi, okutuusa okusenguka kwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah kueere ku ye n'emirembe) okugenda e Madiina, yagenda mu maaso n'okuyita abantu b'ekika kye ba Dawusi eri Obusiraamu. Oluvannyuma yattibwa mu lutalo lwe Yamaama oluvannyuma lw'okulaga obuzira obutoogereka.



tu békika kyo. N'olwékyo togezaako kwogera naye oba okuwuliriza ekigambo kyonna ky'anaaba ayagala okwogera!"

Ng'agendera ku bigambo bino, Twufayl yasalawo obutoogera n'obutagezaako n'akamu kuwuliriza Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Bwe yasembera okumpi ne Ka'aba, olw'obutayagala kuwuliriza bigambo bya Nnabbi Ow;emikisa, yateeka ppamba mu matu ge, aleme kubaako na kigambo ky'awulira ekimuvaamu wadde nga tagenderedde. Nga wayiseewo akaseera yawulira ng'aswala olwékikolwa kye era muli n'alowooza nti: "Ki ki kye ndowooza? Ndi mutontomi alina amagezi agasobola okusalawo. Nsobola okwawula ekigambo ekirungi ku kikyamu. Kati olwo kibi ki ekiri mu kuwuliriza ebigambo omusajja by'ayogera? Bwe binaaba birungi nja kubikkiriza, ekitali ekyo nja kubigaana." Yalindirirako. Nnabi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yadda eka yamuwondera n'amugamba nti:

"Muhammad! Abantu békika kyo banngambye bino na bino ebikukwatako. Bankanze nnyo ne ntuuka n'okuteeka ppamba mu matu nneme kuwuliriza bigambo byo. Naye waliwo muli ekirowoozo ekinzjidde era njagala kukuwuliriza. Osobola okunnyinyonnyola ky'oliko?"

Twufayl attottola bw'atyi ebyaddirira:

"Omubaka wa Allah yannyinyonnyola Obusiraamu násoma ne Kulaane. Ndayira Allah, nnali siwulirangako bigambo birungi bisinga Kulaane, wadde eddiini ennungi esinga Obusiraamu. Amangu ago nna-siramuka era ne njulira nti teri Katonda mulala yenna okuggyako Allah."

Ng'amaze okubeera ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ennaku nga ziizo, Twufayl yasaba Nnabbi olukusa addeyo eri abantu be n'ekigendererwa ky'okusaasaanya Obusiraamu. Yasaba Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) asabe Allah Owoobuyinza amuwe akabo-

nero k'anaakowoolerako abalala basobole okusiramuka. Olw'emikisa gy'okusaba kwa Nnabbi, yaweebwa ekitangaala w'akati w'amaaso ge, ne mu kyenyi. Oluvannyuma lwokusaba kwe, ekitangaala kyava waggulu eyo ne kigenda ku muggo gwe we gukoma. Mu mbeera eno Twufayl (Allah amusiime) yaddayo mu bantu b'ekika kye, n'atandika kaweefube w'okusaasaanya Obusiraamu okutuusa lwe yattibwa ng'omujulizi ku lwe ddiini.¹⁷⁷

Omuntu eyasooka okuwulirirza okukoowoola kwa Twufayl (Allah amusiime) eri Obusiraamu yali Abu Hurayrah (Allah amusiime), Sswahaba wa Nnabbi omututumufu eyanyumya hadiisi ezaali zisinga obungi.¹⁷⁸



Wadde nga bamusinzabibumbe baalina endowooza embi ku Kulaane, nga basigadde bokka mu nda mu mitima gyabwe bakirizanga amazima, era nga tebasobola kukyebeera butawuliriza Kulaane mu kyama. Naye era baafunayo eky'okwekwasa ekirala:

وَقَالُوا لَوْلَا نُزِّلَ هَذَا الْقُرْآنُ عَلَىٰ رَجُلٍ مِّنَ الْقَرْيَتَيْنِ عَظِيمٍ

“Ne bagamba nti singa Kulaane eno yali essiddwa ku musajja ow'amaanyi okuva mu kimu ku bibuga ebibiri? (az Zukhruf, 43 : 31)

Wadde nga mu nda baali bakkirizza obutuufu bwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Kulaane, naye okwemanya kwabwe kwabalemesa okukkiriza. Bakkiriza nti Kulaane bwali bubaka okuva eri Allah Oweekitiibwa, naye ensobi ne bagissa ku Kusalawo kwe. Okulowooza kwabwe, nga kubikkiddwa okwegwanyiza, kwabagamba nti Kulaane yali tesobola

¹⁷⁷ Ibn Hishaam, I, 407 – 408; Ibn Sa'adi, IV, 237 – 238.

¹⁷⁸ Ibn Hajar, al Iswaba, II, 226.



kukkira ku mulekwa eyali kumpi talina kya bugagga kyonna, era nga yali erina kukkira ku omu ku basajja abagagga be Makka oba Twaif Waliidi ibn Mughiira oba Amuri ibn Umayr.

Mu butuufu Waliidi ibn Mughiira ajjukiwa okwogera bino:

“Lwaki Kulaane erina kukkira ku Muhammadi nga nze omunene era mukama w’Abakulayishi wendi, oba Amuri ibn Umayr, amanyiddwa ennyo mu Twaif? (Ibn Hishaamu, 385)

Naye ekitiibwa ky’abantu mu maaso ga Katonda Owoobuyinza tekiva ku bugagga bw’alina oba ekifo kye mu bantu, naye kiva mu kutya kw’alina mu mutima. Kyokka wadde ng’ebyo tubyogedde, bw’otunuulira olulyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ye yali bonna abasinga okuva mu lulyo olusinga ekitiibwa.

Obulimba Obwakolebwa Ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) Ye Ne Ku Kulaane

Awamu na byonna bye baagezaako okukunngaanya, Bamusinzabibumbe baasigala nga tebakyalina buyambi kwannganga Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), era olwo kwe kukolayo ekintu eky’obusiru ne bagamba nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) Kulaane yagisoma ku muddu Omugoberezi wa Kristo, wadde nga baali bakimanyi bulungi nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali teyasoma. Baali tebayinza kukiraba nti omuddu eyali alina obuso-bozi obutandikawo omusingi omugumu ogw’eddiini ey’amaanyi nti yali tasobola kuleka kitiiibwa ekyo kudda ku muntu mulala? Ebyo ng’obitatde ku bbali, yali asobola okusigala ng’akyali Mugoberezi wa Kristo?

Kulaane eby’obulimba buno yabyanukula bw’etyi:

وَلَقَدْ نَعْلَمُ أَنَّهُمْ يَقُولُونَ إِنَّمَا يُعْلَمُهُ بَشَرٌ لِسَانُ الَّذِي
يُلْحِدُونَ إِلَيْهِ أَعْجَمٍ وَهَذَا لِسَانٌ عَرَبِيٌّ مُبِينٌ

“Tumanyidde ddala nti bagamba nti: ‘Muntu y’amusomesa (Kulaane).olulimi lw’oyo gwe boogerako (lw’ayogera) lugwira, ate nga luno Luwalabu olutali lutabikemu era olunnyonnyofu.’” (an Nahal, 16 : 103)

وَمَا كُنْتَ تَتْلُو مِنْ قَبْلِهِ مِنْ كِتَابٍ وَلَا تَخْطُهُ
بِيمِينِكَ إِذَا لَأْرَتَابَ الْمُبْطَلُونَ

“Era wali tolina kitabo kyonna ky’osoma nga (Kulaane) tennaba kukka, era tewawandiikayo kitabo kyonna na mukono gwo ogwad-dyo, ekitali ekyo abagoberezi b’obukyamu bandibuu sabuusizza.” (al An’kabuut, 29 : 48)

Okwongera kw’ebyo, Katonda Owoobuyinza yawa Omubaka (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) amagezi obutawaanyizibwa bigambo bya bamusinzabibumbe bye baali boogera ebitaaliko mutwe na magulu bwe yagamba nti:

فَذَكِّرْ فَمَا أَنْتَ بِنِعْمَةِ رَبِّكَ بِكَاهِنْ وَلَا مَجْتُونِ أَمْ
يَقُولُونَ شَاعِرٌ نَتَرَبَصُ بِهِ رِبِّ الْمُنْوِنِ قُلْ تَرَبَصُوا
فَإِنِّي مَعَكُمْ مِنَ الْمُتَرَبَّصِينَ

“N’olw’ekyo bajjukize, kubanga, ku lw’ekisa kya Katonda wo, toli mulaguzi oba mulalu. Oba bagamba nti: Mutontomi, tumulinza



okutuuka kw'obubenje obubi obw'ekiseera? Gamba nti: Mulinde! Amazima ddala nange ndi wamu nammwe ndi mu balindirira.” (at Twur, 52 : 29 – 31)

وَإِذَا تُتْلَى عَلَيْهِمْ آيَاتُنَا بَيْنَاتٍ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِلْحَقِّ لَمَّا
 جَاءَهُمْ هَذَا سِحْرٌ مُّبِينٌ أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ قُلْ إِنْ افْتَرَيْتُهُ فَلَا
 تَمْلِكُونَ لِي مِنَ اللَّهِ شَيْئًا هُوَ أَعْلَمُ بِمَا تُفِيضُونَ فِيهِ كَفَى بِهِ
 شَهِيدًا بَيْنِكُمْ وَهُوَ الْغَفُورُ الرَّحِيمُ

“Era aya zaffe ennyinyonnyofu bwe ziba zibasomeddwa, abo abatakkiriza mazima bwe gaamala okubajjira baagamba nti: Buno bufuuusa bwa nkukunala! Oba bagamba nti Kulaane yagingirira ngin-girire. Gamba nti: Bwe mba nnagigingirira, muba temuyina kintu kyonna kye muyinza kunkolera okuva eri Allah; Amanyi bulungi buli kye mwogera ekikwata ku yo; Ye amala okubeera omujulizi wakati wange nammwe, era Omusonyiyi, Omusaasizi.” (al Ahkaafu, 46 : 7 – 8)

Nga tebalina kigendererwa kyonna n'akatono eky'okukwata ekkubo eggolokofu, bamusinzabibumbe beeyongera mu maaso n'okwogerera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Kulaane ebigambo ebtalinaako mutwe na magulu. Naye go amazima baali bagamanyi. Olw'okutya Obusiraamu okusaasaanira ebweru wa Makka, abanene ba Bakulayishi baakunngaanira ewa Waliidi ibn Mughira we beeбуuliza bino:

“Ki ki kye tuba tugamba abagenyi abajja mu Makka ku bikwata ku Muhammadi?

Waliidi yali yayogerako ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era nga ye yennyini yeewulirirako nga Nnabbi asoma Kulaane. Yabagamba nti:

“Mmanyi ebika by'ebitontome byonna, naye kye nnawulira asoma tekyali kitontome. Kyali kisukkulumu ku bitontome. Mu ngeri y'emu tebyali bigambo bya bulijjo. Nze siwulirirangako bigambo ebikwata-gana obulungi nga byonna bisengeke bulungi ng'ebyo. Era tebyalabika nga ebigambo by'omulogo. Elikafu nti byali si bya kiralu; saamulabako kabonero na kamu ka bulalu. Tetusobola kwetantala kumuyita mulogo kuba teyeenyigira mu bikolwa bya kirogo!”

Ebigambo bino nga biwedde, Waliidi yeeakaka okuleetayo eky'okukola, okuyamba mu kutuukiriza ebigendererwa ebibi ebya bamusinzabibumbe.

“Naye aleetera omuntu okwawukana ku muganda we. Asiga ensigo z'obukuubagano wakati w'abooluganda. Olw'ensonga eyo ekigambo kye kiteekwa kubeera bufuusa!” (Ibn Jawuzi, VIII, 403 404; Haakim, II, 550; Waahidii olup. 468)



Nga eby'okuwaayiriza Kulaane bigaanye okuvaamu ebibala, Bamusinzabibumbe baatandika okuvuma Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kennyini. Nga yeeyambisa okufa kwa mutabani wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Qasim eyali ow'emyaka ebiri egy'obukulu, Aase ibn Waail yatandika okusaasaanya olugambo nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali afuuse *abtar*, ekitegeeza nti olu-nyiriri lwe lwalilukutuddwaako (ng'afuuse wa nkuggu) era ng'asaa-nyeewo. Okukola kino, baali baagala abantu bakyawé Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era abe nga takyalina ky'akyusa mu mitima gyabwe.



Naye kye baali baagala tekyatuukirira. Suula Kawuthara (102) yajja ng'oluyi olwabakubwa mu maaso gaabwe:

إِنَّا أَعْطَيْنَاكَ الْكَوْثَرَ فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَانْحِرْ إِنْ شَاءَنَكَ هُوَ الْأَبْتَرُ

“Mazima Ffe twakuwa (omugga) Kawuthar! N’olw’ekyo saala ku lwa Katonda wo era osale n’ebisolo nga saddaaka. Mazima omulabe wo ye we nkuggu!” (al Kawuthara, 102 : 1 – 3)

Nga bwe kitegeerekeka okuva mu *ayah*, buli kiseera na mu buli kifo, akabonero akeeyoleka eri abo aboonoona Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kwe kuba nga babeera *abtar*, oba abasalwako (ab’enkuggu). Kino era kikwata ne ku bantu aboogera nga bakozesa ebigambo ebibi ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nti yali wa wansi, abagwagwa abagezaako okupima empisa zaabwe ku Kitonde Ekisinga ebitonde ebirala byonna, n’abasiru abalaba eddiini ey’amazima gye yaleeta nga “amateeka g’omu ddungu.” Be bano n’endowooza zaabwe eby’en-kuggau, ebyasalwako nga tebirina gye biraga.

Nga bwe kinnyonnyolwa obulungi mu kitontome nti:

Enjuba y’ekyenyi kyo.

Emulisa ensi zombi n’okusaasira.

*Abakolimirwa abatalina mukwano eri abaana bo
Ku Lunaku olwo, bajja kusalwako okusinga ne Sitaane.*



Okufaananko nga abo abaawakanya ababaka abaasooka, abo abataagumiikiriza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okusinga baali bakulembeze abeewuliranga n’ekibinja ky’abagagga abonoonefu.

Katonda Owoobuyinza agamba nti:

وَمَا أَرْسَلْنَا فِي قَرْيَةٍ مِّنْ نَذِيرٍ إِلَّا قَالَ مُتَرْفُوهَا إِنَا بِمَا أَرْسَلْتُمْ بِهِ كَافِرُونَ وَقَالُوا نَحْنُ أَكْثَرُ أَمْوَالًا وَأَوْلَادًا وَمَا نَحْنُ بِمُعَذَّبِينَ. قُلْ إِنَّ رَبِّي يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَقْدِرُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ

“Tetwasindikako eri ekibuga kyonna mulabuzi, okuggyako ng’abo abaaweebwa eby’obugagga byensi niébyokwegalabya bagamba nti: ‘Mazima ffe obubaka bwe mwasindikwa nabwo tubuwakanya.’ Era ne bagamba nti: ‘Ffe tuisinza eby’obugagga n’abaana era ffe tetuli baakubonyabonyezebwa’. Bagambe nti: ‘Mazima Katonda wange agaziyiriza ebyenfuna oyo gw’aba ayagadde era n’akendeereza (oyo gw’aba ayagadde), wabula abantu abasinga tebamanyi.’ (Sabaa, 34 : 34 – 35)

وَلَا تُطِعْ كُلَّ حَلَّافٍ مَهِينٍ هَمَّازٍ مَشَاءٍ بَنِيمٍ مَنَاعٍ
لِلْخَيْرِ مُعْتَدِدٍ أَثِيمٍ عُتْلٌ بَعْدَ ذَلِكَ زَنِيمٌ أَنْ كَانَ ذَا مَالٍ وَبَنِينَ
إِذَا تُتْلَى عَلَيْهِ أَيَّاتُنَا قَالَ أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ

“Era togonderanga buli mulayizirayizi omulimba, omugeyi abungeesa enngambo, omuyitirivu w’okuziyiza obulungi bwonna, omulumbaganyi, omwonoonyi; omukambwe ate nga oggyeeko ekyo mwana wabwenzi; olw’okubanga alina emmaali n’abaana. Ebigambo byaffe bwe biba nga bimusomeddwa agamba nti: Ezo ngero z’abedda.” (al Qalam, 68 : 10 – 15)



Mu butuufu, Abu Lahabi yeemulugunya ku muntu ki Suula al Masad gwe yali eyogerako:

“Seetaaga ddiini empisa mu ngeri y’emu ng’abalala!”

Ku ludda olulala, Abu Jahal, omulabe ow’amaanyi ennyo eri Nnabbi Ow’ekitiibwa (ab’enkuggu). Kino era kikwata ne ku bantu aboogera abakozesa ebigambo ebibi ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’Obusiraamu, yagambanga nti: “Tumanyi nti Muhammadi by’ayogera bituufu! Naye n’okutuusa kati, buli kimu ennyumba ye ky’ebadde ejja ekola naffe tubadde tujja tukola ebintu bye bimu. Kaakati beewaana nti balina Nnabbi! Kaakati ffe tusobola tutya okuleetayo Nnabbi afaanana nga ye nga ava mu ffe? Tekisoboka! Teri ngeri yonna gye nnyinza kukkiriza bwannabbi bwa Muhammadi.” (Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 113)

Abu Jahali eyali yakyawa ennyo, lumu mu busungu obwali bwagala okumuyuza yagamba nti, “Bwe nnaamulaba ng’asaala, nja kubetentera omutwe gwe ku ttaka!”

Oluvannyuma yalaba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ng’asaalira kumpi ne Ka’aba. Naye wadde nga yagezaako okutuukiriza kye yali yeeyama, amangu ago yapeeruuka n’afuna okutya okw’amaanyi. Teyasobola na kunyweza ejinja lye yali akutte mu mukono gwe. Yadda emabega n’agenda. Abaaliwo baamubuuza ekizibu ekyali kituuseewo. Nga yenna bw’ajugumira yabaddamu nti:

“Bwe nnamuseemberera, nnalaba enngamiya ey’omu nsiko, ndayira nnali sirabangako kisolo kitisa nga ekyo! Kyali kinaatera okundya!” (Ibn Hishaam, I, 318; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 92 – 93)

Baali tebamanyi bulungi nti eddiini ye ne Omubaka Ow’ekitiibwa byali mu bukuumi bwa Katonda Owooobuyinza era nga bulijjo yabikuumanga nga teri kiri waggulu waabyo.

Ate nga bamusinzabibumbe baali tebasobola kugumira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era nga beewala amazima ga Kulaane. Kye baakolanga baabanga badduka mazima Amatukuvu:

فَمَا لَهُمْ عَنِ التَّذْكِرَةِ مُغْرِضُونَ كَانَهُمْ
حُمُرٌ مُسْتَنْفِرٌ فَرَّتْ مِنْ قَسْوَرَةِ

“Nsonga ki ebaddusa ewali okulabula, nga balinga endogoyi ez’omu nsiko ezidduka empologoma?” (al Muddathir, 74 : 49 – 51)

Bamusinzabibumbe okuba nga beewala Amazima wadde nga baagamanya, era n’obulunngamu okuba nga buli mu mikono gya Katonda Owoobuyinza, biragiddwa bulungi mu kkitontome kino wammanga:

Obusobozi tebumala, Katonda wange, nga tewali kulunngamizi-bwa kuva gy’oli,

Ku Abu Jahal, wadde yali amanyi Oluwalabu, ayah yali esobola kumuyamba ki?

Ekiseera kyatuuka, ng’ekimu ku kugezesha kwa Katonda, bamusinzabibumbe baasalawo kutandika kubonyaabonya Basiraamu.

Ekiseera Ky’okubonyaabonya Abasiraamu

Nga balemeddwa okufuna kye baali beetaaga okuva ewa Abu Twalib era n’oluvannyuma lw’okulemwa okutgeeragana ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ekiseera kino bamusinzabibumbe batandika okweyambisa okutulugunya ng’ekkubo. Ku ntandikwa tebaasooka kutulugunya abo abaali bava mu maka oba ennyumba eby’amaanyi; okunyigiriza Abasiraamu kwali tekunnasaasaana nnyo. Era Abasiraamu abaatuuka ennyo ku kibabu okusinga baali abo abaavu, abataalina baaluganda bangi,



n'abaddu, abasajja n'abakazi nga babayisa kimu. Bano okutwalira awamu tewali mbeera ya kubonyaabonya gye bataatuusibwako.

Khabbaab (Allah amusiime)¹⁷⁹ yagalamizibwa ku lyanda eryam-wokya ne liyingira mu kifuba okutuuusa amasavu agaavanga mu ddiba lye lwe gaalizikiza.

Khabbaab yali muweesi nga yalina bamusinzabibumbe bangi be yali abanja. Naye buli lwe yagendanga okubabanja nga bamugamba nti, “Sooka owakanye Muhammadi olwo tukusasule amabanza g'otubanja!”

Kyokka nga bw'ateeka eby'obugaga bwe ku bbali, Khabbaab yabaddangamu nti, “Sisobola kumuvaako! Ndi ku lusegere lwe!” olwo n'alondawo essanyu ery'olubeerera.

Khabbaab anyumya obumu ku bulumi bwe yayitamu:

“Lumu nnagenda ewa Aaswi ibn Waa-il okumusaba ansasule ssente ze nnali mmubanja, n'anngamba nti, “Sijja kukusasula okutuuusa lw'oneegaana Muhammadi.”

Namuddamu nti, “Sijja kumwegaana okutuuusa lw'olifa... Nedda, ne bw'olimala okuzuukira!”

Yanziramu nti: ‘Ki ki ky'ogambye? Ndi wa kufa era nzuukizibwe?’

Namuddamu nti, ‘Yee’

¹⁷⁹ Khabbaab ibn Arat (Allah amusiime) ye yali omuntu ow'omukaaga okukkiriza Obusiraamu, era omu ku baatuusibwako entulugunya ya bamusinzabibumbe ey'akabi ennyo. Yawangaala n'enkovu z'okutulugunyizibwa ku mugongo gwe okutuuusa olunaku lwe yafa. Bwe yasenguka okugenda e Madiina yeetaba mu ntalo zonna okutandikira ku Badiri n'ezaddako. Yanyumya hadisi amakumi asatu mu bbiri okuva ku Mubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). We yafira e Kuufa, yali ayisirizza ddala emyaka ensanvu. Yafa mu mwaka 657 (oba 37H.)

Yaddamu nti, ‘Okuva lwe nngenda okusigala nga ndi mugagga we nnaazuukirira, kwolwo lwe njá okukusasula!’

Awo Obubaka we bwakkira obugamba nti:

أَفَرَأَيْتَ الَّذِي كَفَرَ بِآيَاتِنَا وَقَالَ لَا وَتَيْنَ مَا لَا وَوَلَدًا. أَطْلَعَ
الْغَيْبَ أَمْ اتَّخَذَ عِنْدَ الرَّحْمَنِ عَهْدًا. كَلَّا سَنَكْتُبُ مَا يَقُولُ
وَنَمُدُّ لَهُ مِنَ الْعَذَابِ مَدًّا. وَنَرِثُهُ مَا يَقُولُ وَيَأْتِينَا فَرْدًا.

“Olabye oyo eyawakanya *ayah zaffe* (ebigambo byaffe) n’agamba nti: Awatali kubuuusabuusa nja kuweebwa ebyobugaga n’abaana? Ategedde ku ebyo ebtalabika oba akoze endagaano ne (Katonda) Omusaasizi? Mu ngeri yonna! Tujja kuwandiika by’ayogera, era tumuwanvuyize ku bibonerezo oluwanvuya. Era tujja kumusikiza by’ayogera, era ajja kujja gye tuli ng’ali yekka.” (Mariyamu, 19 : 77 – 80; Bukhari, Tafsiir, 19 / 3; Muslim, Munaafiqiina, 35 – 36; Tirmidhi, Tafsiir, 19 / 3162)

Olw’okutulugunya Khabbaab (Allah amusiime) ne mukama we omukyala, Ummu Ammaar, teyalutumira mwana. Yamuteekanga ekyuma ekyengeredde n’akimuteeka mu kyenyi amulambe. Khabbaab (Allah amusiime) yaloopa Ummu Ammaar ewa Nnabbi era Nnabbi n’asaba edduwa nti:

“Allah! Nkusaba oyambe Khabbaab!” Waayitawo akaseera katonno Ummu Ammaar n’akwatibwa ekirwadde ku mutwe, ekyamuleetera okuboggola nga embwa. Baamuwa amagezi okwokyanga omutwe gwe n’ekyuma asbole okukenddeza ku bulumi. Ne Khabbaab (Allah amusiime) yatandika okwokyanga omutwe gwa mukama we n’ekyuma ekyengeredde buli lunaku, nga kino nakyala ye yakyesabiranga.¹⁸⁰

180 Laba: Ibn Athiir, Usudul Ghaaba, II, 115.

Bilaali¹⁸¹ yatuusibwako okubonyaabonyezebwa mu ngeri eyali esinga okuba ey'obukambwe. Mukama we Umayya ibn Khalaf yamu-bonyaabonya mu ngeri esingayo obubi. Yayinzanga okumwebasa mu musenyu ogwokya n'amuteeka ejinja eddene ezzito ku kifuba kye, ebiseera ebimu ng'agenda amuwalula okumuyisa mu nguudo

- 181 Bilaali ibn Rabaah – radhwiya Llaahu anhu (Allah amusiime) – yali asinga kumanyibwa nga Bilaal al Habashi nga kino kiva ku Habasha ekitegeeza eyasibuka e Habasha (Abyssinia). Yali omu ku bantu omusantu mu Makka abasaale okulangirira obukkiriza bwabwe mu Iwatu. Maama we Hamaama naye yali Musiraamu, era ng'ekyo kyabaviirako okutulugunyizibwa n'okutuusibwako ebinonerezo ebingi mu myaka gy'Obusiraamu egysooka. Yafuna ettutumu ery'okubeera eyasooka okwaziina, Bilaali bulijjo yakolanga nga omwaziinyi (muadhin) wa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), mu biseera bye ddembe neby'entalo. Yeetaba mu ntalo zonna ng'aabeera ku lusegere lwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ku lunaku lw'okuwangula Makka, yalinnya ku kasolya ka Ka'aba okukola adhan eyali erangirira Okuwangula Makka. Bilaali yateekererangerang Nabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amazzi ag'okufuna wuzu, era ng'amuyamba ne ku byetaago bye eby'obuntu, n'amukuma ekiro mu biseera by'entalo, era n'amuyambako mu nsonga z'okuddukanya eggwanga. Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yamala okufa, Bilaali yali takyasobola kwaziina. Umaru (Allah amusiime) bwe yalya obwa Kaliifa, Bilaali yava e Madina okugenda okwetaba mu ntalo okwetooloola Syria. Abantu beeyo baasaba Kaliifa yeenyigiremu akkirizise Bilaali addemu okwaziina. Bilaali yakkiriza okusaba kwa Kaliifa Umaru n'ayaziinayo omulundi omulala gumu. (Dhahabi, Siyar, I, 357) Abantu bona abamuwlira baakaaba nga bajukira ennaku za Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Bilaali Habashi (Allah amusiime) yanqumyayo hadisi amakumi ana mu nya (44) okuva ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Omugoberezi ow'amaanyi owa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamala n'assa omukka gwe omuvannyuma ng'ali e Damascus, ng'akulungudde emyaka egisoba mu nkaaga eg'yobukulu. Naye ng'ali ku ndiri, kigambibwa nti yali ayogerera mu ssanyu nti, "Enkyo, Allah bw'anaaba ayagadde, nngenda kwegatta ne mikwano gyange ... Omubaka wa Allah ne Basswhaba be." Mukyala we eno yabanga akaaba mu nnaku emabega we nga Bilaali alaga ssanyu nga bw'amuumuunya nti, "Nga kirungi..." (Dhahabi, Siyar, I, 359)

ze Makka. oluvannyuma lw'okumuleka nga tamuwadde mmere wadde ttundo ly'amazzi olunaku lulamba (emisana n'ekiro), Umayya yayambazanga Bilaali ekyuma ekikozesewa mu ntalo n'amuteeka mu musenuy mu kasana akeememula. Bilaali yabeeranga awo okutuusa amasavu g'omubiri gwe lwe gatuukanga n'okusaanuuka.

Awamu n'okumubonyaabonya ebitagambika mu ngeri z'otayinza kulowooza, bamusinzabibumbe baalemwa okukkirizisa Bilaali (Allah amusiime) okwogera kye baali baagala. Bilaali yabaddangamu ekigambo kimu kyokka nti:

“Allah ali Omu; Allah ali Omu; Allah ali Omu.”¹⁸²

Ebiseera ebimu, bamusinzabibumbe ekyokutulugunya baakitwala ewalako. Yaasir (Allah amusiime)¹⁸³, taata wa Ammaar (Allah amusiime), yagaana okwogera bamusinzabibumbe bye baali baagala okuwulira bw'aty o n'attibwa mu ntiisa. Sumayya, maama wa Ammaar, naye baamutulugunya nnyo, oluvannyuma ne bamutta mu ngeri embi ennyo mwe beeyisiza ng'ensolo, bwe baasiba amagulu ge gombi buli kumu ku nngamiya ezenjawulo buli emu ne bagigoba ng'edda ku ludda lwa njawulo (ne zimulyebulamu). Bw'etyo enju ya Yaasir (Allah abasiime) bwe yavaamu abazira abaasooka okufiiririra Obusiraamu.¹⁸⁴

Lumu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayita ku maka gano ag'ekitiibwa ng'abantu baamwo batulugunyizi-bwa n'agamba nti:

182 Laba: Ahmada, I, 404; Ibn Sa'adi, III, 233; Blazurii, I, 186.

183 Yaasir ibn Amuri (Allah amusiime) ensibuko ye yali yava Yamani n'ajja e Makka gye yawangaalira n'awasa Sumayya, omukyala omuddu owa Abu Hudhaifa. Bombi baazaala abaana babiri, Ammaar ne Abdalla (Allah abasiime) (Ibn Sa'adi, IV, 136, VIII, 264). Ab'enju ya Yaasir bona bakkiriza Obusiraamu, ensonga eyabaviirako okutulugunyizibwa.

184 Laba: Ibn Hajar, al Iswaba, III, 648; Zamakhshari, III, 164.



“Mubeere bagumiikiriza! Mubeere basanyufu! Tewali kubuusa-buusa ekibalindiridde Jjana yokka!” (Haakim, III, 432, 438)

Ammaar (Allah amusiime)¹⁸⁵ naye yatuusibwako ebibonyoobonyo ebikambwe ebya buli kika.

Lumu Bamusinzabibumbe baakwata Ammaar (Allah amusiime) Iwampaka ne bamunnyika omutwe mu mu mazzi, olwo ne baleekaana nti, “Tetujja kukuta okutuusa lw'onoovuma Muhammadi era otendereze (amasanmu) Llaata ne Uzza!” Era baasobola okumu-kaka n'ayogera bye baali baagala.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baamugamba nti:

“Ammaar avudde mu Busiraamu!”

Naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaddamu nti:

“Nedda! Ammaar ajjudde okukkiriza okuva ku mutwe gwe okutuusa ku kagere. Obukkiriza bwetabise mu mubiri gwe ne mu musaayi gwe!”

Mu kaseera ke kamu, Ammaar (Allah amusiime) yajja awaali Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'akaaba. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga bw'amusangula amaziga agaali gakulukuta yamubuuza ekyali kiguddewo. Ammaar nga bw'akaaba yamugamba nti:

185 Obukulu bwa Ammaar obw'omuwendo bwérágira mu bigambo bya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayogera nti: “Ejjana essiyibwa okwegatta n'abantu basatu: Ali, Ammaar, ne Salamaan”; “Ammaar bulijo yakolanga okulondawo okusinga obulungi ku bintu ebyabanga bimuweereddwa”. (Tirmidhi, Menâkib, 32, 34; Ibn Mâce (Ibn Maajah), Mukaddime, 11)

“Mubaka wa Allah, babadde tebagenda kundeka kugenda okutuusa lwe nkuvumye era ne nngamba nti amasanamu malungi okusinga Eddiini yo...”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumubuuza nti: “Ebyo we wabyogeredde omutima gwo muli gwabaddde gutya?”

Ammaar yaddamu nga mumalirivu nti: “Omutima gwange gwabaddde mumativu mu kukkiriza Allah ne Omubaka we ... era n'obuwulize bwange eri eddiini bwabaddde bwa maanyi gulugulu ng'ekyuma.”

Era ng'akyasangula amaziga ga Ammaar n'engalo ze, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuwa amagezi nti: “Bwe baddamu okukukaka omulundi omulala okwogera bye wayogedde era biddemu!”

Olw'ekyagwawo, *ayah* eno wammanga yakka:

مَنْ كَفَرَ بِاللَّهِ مِنْ بَعْدَ إِيمَانِهِ إِلَّا مَنْ أُكْرِهَ وَقَلْبُهُ مُطْمَئِنٌ
 بِالْإِيمَانِ وَلَكِنْ مَنْ شَرَحَ بِالْكُفْرِ صَدْرًا فَعَلَيْهِمْ
 غَضَبٌ مِنَ اللَّهِ وَلَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ

“Omuntu oyo yenna awakanya Allah oluvannyuma lw'okukkiriza, okuggyako oyo aba akakiddwa naye ng'omutima gwe gusigadde munyewu ku bukkiriza – naye oyo ayanjuluza omutima gwe eri obutakkiriza, abo obusungu bwa Allah bujja kubabeerako bajja abatakkiriza gajjuddeko obusungu okuva eri Allah, era balina eibonerezo eby'amaanyi.” (an Nahal, 16 : 106) Ibn Sa'adi, III, 249; Ibn Athiir, al Kaamil, II, 67; Haythami, IX, 295; Waahidii, olup. 288 – 289)



Ekyafaayo kino kituwa obujulizi obukakasa etteeka nti eki-gambo kyonna ekyogerwa nga tekikkiriziganya na nzikiriza ya Busiraamu kisobola okwogerwa mu mbeera nga ya kufa na kuwona (kutaasa bulamu) ekitali ekyo tekikkirizibwa.

Abalabe b'Obusiraamu baakubanga Suhayb (Allah amusiime)¹⁸⁶ okutuusa lwe yazirikanga.

Zinniira (Allah amusiime) yali muddu mukyala eyatulugunyi-zibwa ennyo bamusinzabibumbe. Yaziba amaaso akaseera nga kino kyava ku bibonyoobonyo ebyamukolwako Abu Jahal, eyagattako n'okumukudaalira nti, “Olaba? Llaata ne Uzza bakuzibye amaaso!”

Zinniira yamuddamu nti:

“Nedda! Ndayira Allah, si masanamu ge ganzibye amaaso. Llaata ne Uzza tegasobola kutuusaako muntu yenna buvune wadde

186 Suhayb ibn Sinaani (Allah amusiime), oba eyayatiikirira ennyo nga Suhayb ar Ruumi, bwe yali ng'akyali mwana muto yatwalibwa nga omusibe okusooka n'Abaguliiki oluvannyuma Abawalabu ne bamutwala. Yali Makka mu biseera ebyo ngaba mukago ne Ibn Jadan, Suhayb yakkiririzaawo Obusiraamu Ammaar olwabumugamba. Yawaayo eby'obugagga bye yalina eri bamusinzabibumbe asbole okusenguka okugenda e Madiina mu lugendo olw'ebayaayo. Aya eno yakka ng'eyogera ku kikolwa kye kino:

وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يَسْرِي نَفْسَهُ أَبْتَغَاءَ مَرَضَاتِ اللَّهِ وَاللَّهُ رَءُوفٌ بِالْعَبَادِ

“Ne mu bantu waliwo abo awaayo byonna by'alina ng'anoonya okusiima kwa Allah, ne Allah Musaasizi eri abaddu” (al Baqara, 2 : 207). Omubaka wa Allah ((okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)) olwalaba Suhayb nga aya eno yaakkakka, yamugamba bw'atyi:

“Abu Yahya, okoze okusuubula okusasula era okulimu amagoba!” (Haakim, III, 450 – 452) Suhayb yali mukugu mu kukuba akasaale era yakola kinene mu ntalo zonna ze yalwana ne Nnabbi ((okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)) Yali wa kitema ate ng'alina olususu olulungi. Yali musajja mugabi nnyo eyawaayo obulamu bwe bwonna mu kuweereza Obusiraamu. Suhayb ar Ruumi (Allah amusiime) yafa mu mwaka gwa 38 ogwa Hijira era n'aziikibwa mu limbo y'e Baqii-i e Madiina. We yafiira yalina emyaka 73.

okumugasa. Nkakasa nti Katonda wange asobolera ddala okuddamu okunsobozesa okulaba!"

Enkeera bwe Iwatuuka, bona baalaba nga Allah asobozesezza Zinniira okuddamu okulaba. (Ibn Hishamu, I, 340 – 341; Ibn Athiir, al Kaamil, II, 69; Usudul Ghabah, VII, 123)

Abasiraamu bangi nnyo abaali batuuiddwaako obulumi n'oku-bonaabona. Mu Basswahaba ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ab'enjawulo mwalimu Amuri ibn Fuhayra, Abu Fuqayha, Mikidaadi ibn Amuri, Ummu Ubays, Lubaynah, Nahdiyyah ne muwala we (bonna Allah abasiime), n'abalala bangi. Nga eno bwe babasibye enjegere ku magulu, bamusinzabibumbe baabawalulanga ne babatwala mu ddungu mu budde omusana we gwe memuliranga ennyo ne babassaako amayinja baleme kuvaawo, baabatulugunyanga okutuusa lwe baazirikanga oba ne baba nga tebakyategeera bye boogera. Bamusinzabibumbe baabazibikiranga baleme kussa era tebaabakkirizanga kugenda okutuusa lwe baalowoozanga nti baali bafudde.¹⁸⁷

Abasiraamu bona naddala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baali bawulira bubi nnyo, naye, ebyembi, nga tebaalina kya maanyi kye baali basobola kukola.¹⁸⁸ Naye Abu

187 Laba: Ibn Maajah, Muqaddima, 11; Ahmad, I, 404.

188 Mehmed Akif awa eddboozzi lye mu bitontome mu ennaku Nnabbi Ow'emikisa gye yawuliranga olw'okubonaabona kwAbasiraamu abaabeeranga mu bizibu:

Okuva eri Nnabbi, ggwe towulira kuswala?

Nti, eriggwa bwe lifumita Omusiraamu ali ewala,

Omutima gwe omulungi guwulira nga gutungiddwa effumu ly'obulumi,

Ku ggwe, Omwoyo gwe awatali kubuuusabuusa gujja kukusibako

N'olw'ekyo, omuntu ateekeedwa okweysa mu ngeri etegeera nti okubonyaabonya Omusiraamu, kiringa kuteeka Nnabbi ((okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)) mu bulumi bwe bumu; era ekyo kyetaagisa



Bakari eyali empagi y'obukkiriza, nga yali bulungi mu by'obugagga, yagula abaddu musanvu mulamba nga mwe muli ne Bilaali (Allah amusiime) okuva ku bakama baabwe bamusinzabibumbe era n'abata okubajja mu njala z'okutulugunya okukambwe.

Era okutulugunya Abasiraamu kweyongera buli lunaku. Oluvannyuma lw'Abasiraamu abanafu n'abanaku, ab'amaanyi n'abagagga nabo tebaabataliza, era baafuna omugabo gwabwe mu kutulugunyizibwa, okugeza, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kennyni, Abu Bakari, Uthumaani, Zubayiri ibn Awwaam ne Mus'abu ibn Umayr (bonna Allah abasiime).

Bannamakka baawenduliranga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Bannamakka abaali basingayo omutawaa-na nga bayita mu kubasoomooza. Yali era efuuse mpisa yaabwe okumuvuma agagambo, nga bamuyita omutontomi, omulogo, omufuusa, omulalu, n'ebirala, nga nabo bye baali bagamba tebabikkiriza.¹⁸⁹

Abdalla ibn Amuri agamba nti lumu yalaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'asaala ku Hijr okumpi ne Ka'aba, Uquba ibn Abi Muaytw n'ajja n'amusiba ekigoye okumwetolooga ensingo ye, olwo n'atandika okukisika nga bw'akinyweza atuge Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Abu Bakari awo we yatuukira n'asindika eri Uquba nga bw'ayomba nti:

“Onootemula omusajja azze nobukakafu obwenkukunala okuva eri Katonda wo, olw'okuba ng'agamba nti, ‘Katonda wange ye Allah?’” (Bukhari, Tafsir, 40)

omuntu okwewala okutyoboola eddembe ly'abalala, okugeya, okumenya emitima, n'empisa embi ezifaanana ezo.

189 Laba: Ibn Hishaam, I, 309 – 310.

Ibn Masuudi naye anyumya bw'atyi ekyafaayo ekyagala okwefaanaanyirizaako ekyo:

“Lumu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali asaalira ku Ka'aba. Abu Jahali ne banne baali baamulindiridde dda. Ng'ayogera ku nngamiya eyali yasaliddwa eggulolimu, Abu Jahali yagamba banne nti:

‘Ani yandiyagadde okuleeta ebyenda by'enngamiya eyasaliddwa abiteeke ku kibegabega kya Muhammadi bw'anaaba avunnamawansi?’

Eyali asinga obugwagwa mu abo yadduka mangu n'aleeta ebyenda ebyo n'abiteeka ku kibegabega kya Omubaka wa Allah Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yali nga avunnamma. Olwo bona ne baseka. Nnali walako nga mballengera. Singa nnali nnina ampa obukuumi, nandigenze mangu ne nzigyako Nnabbi ebyenda ku kibegabega kye. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) awo yali akyavunnamye, nga tannasitula mutwe gwe, ne wabaawo omuntu eyagenda n'agamba Fatuma (Alla amusiime), mu kiseera ekyo eyali akyali omwana omuto. Fatuma yasitukiramu n'ajja n'aggyako kitaawe ebyenda ku kibegabega n'abikasuka eri. Yakyuka n'atandika okuwogganira bamusinzabibumbe nga bw'abakolimira. Baali tebalina kye bayinza wadde kuddamu Fatuma (Allah amusiime). Oluvannyuma Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yamaliriza esswala yakangula ku ddoboозi n'asaba Allah nti:

“Ayi Allah! Abakulayishi mbakukwasizza!” Kino yakiddamu emirundi esatu.

Okuseka kwa bamusinzabibumbe kwakoma awo bwe baawulira ebigrampo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Baafuna okutya okungi mu mitima gyabwe, olw'okuba baali



beerabirako enfunda eziwera engeri okusaba kwa Nnabbi gye kwa-jjanga kutuukiramu emirundi egyawera. Oluvannyuma Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatandika okumenya amannya gaabwe limu ku limu, n'asaba bw'atyi:

'Katonda wange! Nkukwasizza Abu Jahal, Utbah, Shaybah, Waliidi, Umayya ibn Khalaf ne Uquba ibn Abi Muaytw.'

Ndayira mu linnya lya Oyo eyasindika Omubaka we n'Ama-zima nti oluvannyuma nnalaba buli muntu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe yakoonako ku lunaku olwo, ng'omu ku mirambo egiali gigudde mu lutalo lw'e Badiri. Oluvannyuma baabasika ne babasuula mu kinnya ky'e Badiri." (Bukhari, Swalat, 109, Jihaad 98, Jizya 21; Muslim, Jihaad 107)

Awamu n'ebikolwa eby'obukambwe Omubaka wa Allah bye yatuukako, teyafootooka kukkiriza bamusinzabibumbe bye baali baagala mu ngeri yonna, okuwaayo wadde *insi* emu ey'Obusiraamu. Lumu yabuuza Basswahaba be nti:

"Ani anaagenda ku Ka'aba n'asomera bamusinzabibumbe Kulaane?"

Abdalla ibn Masuudi (Allah amusiime) mu kukkiriza n'omutima ogumu, yamaliriza agenze okubasomera Kulaane naye ne bamukuba ebitagambika. Mikwano gya Abdalla kwe kumugamba nti:

"Kye kino kye twabadde tutidde okukutuukako!"

Abdalla kwe kubaanukula nti: "We njogerera nga tewali muntu yenna munafu nga bo mu maaso gange. Bwe muba mwagala nso-bola okuddayo enkyia ne mbasomera Kulaane bagiwulirize."

Naye mikwano gye baamumatiza ekkyo akiveeko.

"Wamaze dda okubasomera ne bawuliriza ekintu kye bataya-gala. Ekyo kye wakoze kikumala!" (Ibn Hishaamu, I, 336 – 337)

Buli Abu Jahal bwe yawuliranga nga waliyo omugagga oba omuntu ow'amaanyi asiramuse, yagendanga n'amujeeja nti:

“Olwo wavudde mu ddini ya kitaawo newakubadde yali mugezi okukusinga? Naye weetunuulire ... kyokka ky'osobola okukola kwe kuswaza erinnya lye! Tegeera butegeezi nti tetugenda kud-damu kubeera naawe. Togenda kuddamu kubeera na kitibwa nga bw'obadde!” Bino abyoyeranga mu ddoboозi eritiisatiisa.

Omuntu bwe yabeeranga omusuubuzi, abo yabatiisatiisanga bw'atyi: “Tugenda kwonoona emirimu gyo tukukamulemu ssente zonna oleme kusigaza kantu!”

Omusiraamu omupya bwe yabeeranga omwavu ate nga munafu, ab'ekika ekyo yakubanga bakube era yayinzanga okubawa ebisuubizo ebyobulimba nga ky'agenderera kwe kubajja ku mulamwa.

Oluvannyuma Ibn Abaasi (Allah amusiime) yabuuzibwa oba ddala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne basswahaba be baatuntuzibwa bave mu Busiraamu. Abaamubuuza yabaddamu nti:

“Kituufu! Ndayira Allah nti, bamusinzabibumbe bwe baafunanga Omusiraamu yenna mu ngalo zaabwe, baamukubanga ne bamumma emmere n'amazzi okutuuka ku ssa be baatulugunya bwe baatuusanga ekiseera nga tebakyasobola na kutuula, olwo omuntu n'atandika okwogera bye baabanga baagala ayogere. Baayinzanga okumubuuza ebibuuzo nga bino: “Llaata ne Uzza nabo ba katonda okufaananko ne Allah?” Eky'okuddamu kyabeeranga “Yee”.

Baayinzanga n'okulaga omuntu ekiku ekyewalulira awo okumpi ne bamubuuza oba nga nakyo yali katonda. Olw'okwagala okuwona okutulugunyizibwa omuntu yasabolanga okubaddamu ekyo kye baabanga baagala. Naye oluvannyuma, bwe yaddanga engulu nga



addayo ku bukkiriza.” (Ibn Hishaamu, I, 339 – 343; Ibn Sa’adi, III, 233; Ibn Kathiiri, al Bidaaya, III, 108)

Kye tuteekwa okukola kwe kulowooza ku kutulugunyizibwa mu bukambwe kwe twogeddeko ne kwe tutayogeddeeko, ne tumatira nti omukisa gw’Obusiraamu gwatutuukako nga guyita mu kubonaa-bona kwa bantu abangi, abaagaana okwekkiranya.



Singa kwe kwali okwagala kwa Katonda Owoobuyinza, okuku-laakulana n’okusaasaana kw’Obusiraamu byandibadde byangu okusingako awo, ng’Abasiraamu tebabonyeebonye. Naye olwo obwesimbu bw’abakkiriza tebwandivuddeyo kumanyika, obumalirivu bwabwe n’okwewaayo kwabwe tebyandivuddeyo bulungi, ekitegeesa nti enjawulo wakati w’omukkiriza n’omunnanfuusi, ow’amazima n’omulimba, byandibadde bizibu okutegeerwa.

Mu Kulaane Katonda Owoobuyinza agamba nti:

الْمَحْسِبُ النَّاسُ أَنْ يُتَرْكُوا أَنْ يَقُولُوا أَمَّا وَهُمْ لَا يُفْتَنُونَ
وَلَقَدْ فَتَنَّا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَلَيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ صَدَقُوا
وَلَيَعْلَمَنَّ الْكَاذِبِينَ أَمْ حَسِبَ الَّذِينَ يَعْمَلُونَ السَّيِّئَاتِ أَنْ
يَسْبِقُونَا سَاءَ مَا يَحْكُمُونَ.

“Alif Laam Miim. Abaffe abantu balowooza nti bajja kuleke-bwa bagambe nti, ‘Tukkirizza’ nga tebagezesebwa? Mazima ddala Ffe twagezesza abaabasooka, era Allah ajja kumanyira ddala abo aboogera amazima era ajja kumanyira ddala abo abalimba. Oba abo

abakola ebikyamu balowooza nti bajja kututolokako? Bikyamu bye balamula!” (al Ankabuut, 29 : 1 – 3)

أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تَدْخُلُوا الْجَنَّةَ وَلَمَّا يَعْلَمَ اللَّهُ الَّذِينَ
جَاهُوكُمْ مِنْكُمْ وَيَعْلَمُ الصَّابِرِينَ

“Oba mulowooza nti mujja kuyingira Ejjana nga Allah tannaba kumanya abo abalafuubana mu mmwe, era nga tannamanya abagu-miikiriza?” (Aali Imraane, 3 : 142)

أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تَدْخُلُوا الْجَنَّةَ وَلَمَّا يَأْتِكُمْ مَثُلُ الَّذِينَ خَلَوْا مِنْ
قَبْلِكُمْ مَسْتَهُمُ الْبَأْسَاءُ وَالضَّرَاءُ وَزُلُّوا حَتَّىٰ يَقُولَ الرَّسُولُ
وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ مَتَىٰ نَصْرُ اللَّهِ إِلَّا إِنَّ نَصْرَ اللَّهِ قَرِيبٌ

“Oba mulowooza okuyingira Ejjana nga embeera y’abo abaa-basooka tennaba kubatuukako, bafuna okubonaabona n’okutulugu-niyizibwa ne baayuuguumizibwa okutuusa Omubaka n’abo abakki-riiza naye ne bagamba nti: Okutaasa kwa Allah kunnajja ddi? Kati mazima okutaasa kwa Allah ddala kuli kumpi!” (al Baqara, 2 : 214)

Ekkubo lyu Amazima likolebwa na kugezesebwa okw’amaaniyi. Ekyo bwe kityo Katonda Owoobuyinza bwe yayagala kibee-re. Bannabbi bonna n’abantu abalongoofu bazze babonaabona era n’abattiddwa olw’ekigendererwa ekyo mwe bali. N’olw’ekyo si kirungi eri Omusiraamu yenna okuggwaamu essuubi bw’aba afunye ebizibu. Ate mpozzi, Abasiraamu basaanye bategeere nti gye bakoma okufu-nira obuzibu mu kkubo ly’okutuukiriza ebiragiyo bya Omusaasizi, gye bajja okukomya okwanguwa okufuna okusaasira kwe.



Okukuutira Abasiraamu Okulafuubana N'okugumiikiriza

Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga naye bwe yali omuntu, yayisibwanga bubi olwendowooza enkyamu abantu gye baamulaganga, era yanakuwalanga olwen-neeyisa embi abantu be yalafuubananga okulaga ekkubo eggolokofu gye baamuyisangamu. Yayita mu biseera ebizibu ekyali byetaagisa ennyo okumubudaabuda.

Okubudaabudiba kuno, okugumya nobuwagizi byava wa Katonda we, ataayala Mubaka we okubuutikirwa ennaku:

إِنَّ فَضْلَهُ كَانَ عَلَيْكَ كَبِيرًا

“Mazima ddala okusaasira kwe gyoli kungi nnyo.” (al Israa, 17 : 87)

وَمَنْ كَفَرَ فَلَا يَحْزُنْكَ كُفُرُهُ إِلَيْنَا مَرْجِعُهُمْ فَنُبْشِّرُهُمْ بِمَا أَعْمَلُوا إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ نُمَتَّعْهُمْ قَلِيلًا ثُمَّ نَضْطَرُهُمْ إِلَى عَذَابٍ غَلِظٍ

“Noyo yenna atakkiriza, obutakkiriza bwe tebukunakuwaza, eri Ffe y'eri obuddo bwabwe tubategeeze ebyo bye baakola. Mazima ddala Allah Mumanyi w'ebyo ebiri mu bifuba. Tubawa okweyagalamu katono, oluvannyuma tujja kubasindika eri ebibonerezo ebizito.” (Luqmaan, 31 : 23 – 24)

وَلَا تَحْزُنْ عَلَيْهِمْ وَلَا تَكُنْ فِي ضَيْقٍ مِمَّا يَمْكُرُونَ

“Era tonakuwala ku lwabwe era tosumbuyibwa olwenkwe ze basala.” (an Naml, 27 : 70)

Olwo Katonda Owoobuyinza yali azzaamu Mubaka we maanyi, ng'amukubiriza okubeera omugumiikiriza n'agamba nti:

فَاصْبِرْ عَلَىٰ مَا يَقُولُونَ وَسَبّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ
قَبْلَ طُلُوعِ الشَّمْسِ وَقَبْلَ الْغُرُوبِ

“N’olw’ekyo beera mugumiikiriza eri ebyo bye boogera, era otendereze amatendo ga Katonda wo ng’enjuba tennavaayo era nga tennagwa.” (Qaaf, 50 : 39)

Ng’akozesa obumalirivu bwe obwanywezebwa ne *ayah* zino, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yali ateewuluza ku bulumi bwa basswhahaba be era ng’addaabiriza emitima gyabwe egiali gyennyamidde.

Khabbaab (Allah amusiime) anyumya bw’atyi:

“Lumu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ng’ali wansi w’ekisiikirize kya Ka’aba, twagenda we yali ne tumwemulugunyiza ku ngeri bamusinzabibumbe gye baatubonyaabonyangamu. Yatandika okutunnyonnyola bw’atyi:

“Mu bantu abaabasooka waaliyo abakkiriza abaakwatibwa ne bateekebwa mu kinnya ne babalyebulamu wakati ebitundu bibiri nga batandikira ku mitwe okukka wansi nga bakozesa misumeeni; era ne wabaayo n’abo emibri gyabwe gye baabaagangako nga bakozesa oluso oba nnajjolo naye bonna ne batayabolira ddiini yaabwe. Mbakakasa nga ndayira Allah nti ajja kujjuza eddiini ye era agiwe obusukkulumu bwayo, okutuusa omuntu abeere ng’asobola okutambula okuva e Sanaa okutuuka e Hadramawut nga talina kutya kwonna, okuggyako ng’endiga ze z’atiisa emisege. Naye temunnaba bubeesi bagumiikiriza!” (Bukhari, Mannaqibul Answar, 29)

Awo Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’asoma *ayah* zino:



لَا يَغْرِنَكَ تَقْلُبُ الدِّينَ كَفَرُوا فِي الْبِلَادِ مَتَاعٌ قَلِيلٌ
 ثُمَّ مَأْوِيهِمْ جَهَنَّمُ وَبِئْسَ الْمِهَادُ لَكُنَ الَّذِينَ اتَّقَوْا
 رَبَّهُمْ لَهُمْ جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ
 فِيهَا نُزُلًا مِنْ عِنْدِ اللَّهِ وَمَا عِنْدَ اللَّهِ خَيْرٌ لِلْأَبْرَارِ

“Tolimbibwalimbibwa nti abo abatakkiriza bagenda mu bibuga era ne bakomawo nga tebalina kutya. Baakusanyukako akaseera katono, oluvannyuma obuddo bwabwe Muliro Jahannama, obuwummuliro obubi ennyo. Naye abo abeegendereza (obuvunaa-nyizibwa bwabwe eri) Katonda balina ennimiro nga wansi waazo waliyo emigga egikulukuta, nga baakubeera omwo olubeerera, nga kya kusanyusa gye bali okuva eri Allah nebyo ebiri eri Allah bye birungi eri abalongoofu.” (Aal Imraan, 3 : 96)

Nga okutulugunya kwa bamusinzabibumbe kweyongedde, *ayah* ng'eyo waggulu zaayamba okukubagiza emitima gy'Abakkiriza. Mu ngeri eno, nga kw'otadde n'okusembeza omuntu okumpi ne Katonda we, ebigezo eby'amaanyi n'obuzibu byakolanga ng'ebipimo bya Allah ebipima obwesigwa n'okwewaayo kw'Abakkiriza eri Katonda waabwae. Enneeyisa esaanira Abasiraamu okulaga mu biseera nga bino eyogerwako mu Kulaane bw'etyi:

فَاصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ وَلَا تُطِعْ مِنْهُمْ آثِمًا أَوْ كَافُورًا. وَإِذْكُرْ اسْمَ رَبِّكَ بُكْرَةً وَأَصِيلًا. وَمِنَ اللَّيْلِ فَاسْجُدْ لَهُ وَسَبِّحْ لَهُ لَيْلًا طَوِيلًا.

“Nolwékyo lindirira n'obugumiikiriza ekiragiyo kya Katonda wo, era togondera abo aboonoonyi mu bo oba abatasiima. Era

tendereza erinnya lyā Katonda wo ku makya n'akawungeezi. Ate ne mu kitundu ky'obudde mu kiro muvunnamire era omutendereze ekitundu ky'ekiro ekisinga obunene.” (al Insaan, 76 : 24 – 26)

Kyali kikakafu eri Omusiraamu eyawulira ebiragiro bino okufuna okumatira mu mutima n'okufuna amaanyi n'obugumiikiriza okusobola okugumira okubonaabona okwengeri zonna. Okusingira ddala esswala ya tahajjudi esaalibwa eyo ekiro eyamba okusembeza Omukkiriza okumpi ne Allah era n'ewa omwoyo gwe amaanyi amangi amazima ne gasobola okunywerera mu mutima. Katonda Owoobuyinza agamba bw'atyi:

إِنَّ نَاسَةَ اللَّيْلِ هِيَ أَشَدُّ وَطْءًا وَأَقْوَمُ قِيلَّاً

“Mazima ddala okuyimirira ekiro (olw'esswala ya tahajjudi) kye kisinga obuzibu era kye kisinga amaanyi (okufuga omwoyo) era kye kisinga obulungi mu kujjuza ekigambo (eky'esswala n'okutendereza).” (al Muzzammil, 73 : 6)

Wadde ng'ekiragiro ky'okusaala tahajjudi kyali kyeyawulidde Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), naye era kye kintu abantu abalala bonna mu Ummah kye basobola okukola bwe baba baagadde, okusinziira ku busobozi bwa buli muntu. Kino kye kimu n'ebikolwa ebirala ebitali bya buwaze mu kusinza Allah obalongoofu bye baweebwa amagezi okubikola okukoma ku kigero kye biwaniriramu okweyongera mu maaso kw'omwoyo.



Allah Oweekitiibwa, eyawa Abakkiriza ebyengera by'amakubo ag'essanyu era alangirira nti:

وَقُلْ جَاءَ الْحَقُّ وَزَهَقَ الْبَاطِلُ إِنَّ الْبَاطِلَ كَانَ زَهُوقًا



“Era gamba nti: ‘Amazima gazze, era obulimba busaanyeewo: Kubanga obulimba (mu mbeera yaabwo) bulina okusaanawo.” (al Israa, 17 : 81)

Naye abo abavunaanyizibwa okwongera Amazima mu maaso beetaaga okukola kyonna kye basobola. Omuntu nga bw’asanga obuzibu obungi olw’okugezesebwa mu buweereza bwe, ayinza obutasobola kutuuka ku nkomerero eyettanirwa nga tataddeemu maanyi na kufuba.

Katonda Owoobuyinza agamba nti kino era bwe kityo bwe kiri ne ku bannabbi:

**حَتَّىٰ إِذَا اسْتَيْقَسَ الرُّسُلُ وَظَنُوا أَنَّهُمْ قَدْ كُذِبُوا جَاءُهُمْ
نَصْرُنَا فَنَتَجَّحُ مِنْ نَشَاءٍ وَلَا يُرِدُّ بِأَسْنَا عَنِ الْقَوْمِ الْمُجْرِمِينَ**

“Okutuusa ababaka bwe baggwaamu essuubi ne balowooza nti baali balimbisiddwa (abantu baabwe), obuyambi bwaffe bwabaggyira ne tuwonya oyo gwe twayagal; era ebinorezo kyaffe ku bantu abo abalyake tebisobola kuzzibwayo.” (Yusuf, 12 : 110)

Emitima gy’Abasiraamu gye gyakoma okutoowllokoka n’amaanyi gaabwe okweyongeramu olw’okukka kwa *ayah* zino, ne bamusinzabibumbe gye baakoma okunyiiga n’okukambuwala. Ng’oggyeeko eky’okuba nga baali wala nnyo n’okuva ku by’okutulugumya Omubaka wa Allah Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah niemirembe bibeere ku ye) ne Basswhaba be, naye buli lunaku bajja n’entulugunya mpya esinga obubi ku zaasooka. Okubonaabona Abasiraamu kwe baayitamu kwali kulabika nga tekwali kwa kukoma, nga buli lunaku kweyongerako bweyongezi buzibu.

Ebintu byeyongera okwonoonekera ddala okutuusa bamusinza-bibumbe lwe baatandika n'okufuna ekirowoozo ekibi ennyo mu mitima eky'okutemula Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Naye Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga kye ky'okulabirako mu bugumiikiriza, obukuumi yali abunoonya kuva eri Katonda Owoobuyinza yekka.

Olw'obutayagala Mubaka we kubeera mu bulumi na nnaku, Katonda Owoobuyinza yabeeranga amulabula nti:

فَلَا تَحْسِبَنَّ اللَّهَ مُخْلِفًا وَعْدَهُ رُسُلُهُ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ ذُو اِنْتِقَامٍ

“Tolowoozangako n'akamu nti Allah alemwa okutuukiriza by'asuubiza ababaka be. Mazima ddala Allah Asukkulumye mu buyinza era Ye nnannyni kwesasuza.” (Ibrahiim, 14 : 47)

فَاصْبِرْ كَمَا صَبَرَ أُولُوا الْعَزْمِ مِنَ الرُّسُلِ وَلَا تَسْتَعْجِلْ لَهُمْ
كَانُهُمْ يَوْمَ يَرَوْنَ مَا يُوعَدُونَ لَمْ يَلْبُثُوا إِلَّا سَاعَةً مِنْ نَهَارٍ
بَلَّاغُ فَهَلْ يُهْلِكُ إِلَّا الْقَوْمُ الْفَاسِقُونَ

“Kale gumiikiriza nga bwe baagumiikiriza ababaka abavumu bannannyini bumalirivu. Era tobabuguutanira (banguyizibwe eki-bonerezo). Mazima olunaku lwe baliraba ebyo ebibalagaanyisibwa balibeera nga abatatuulako ku nsi okuggyako essaawa emu ey'emisana. Obwo bubaka bwa nkukunala. Abaffe balizikirizibwa okuggyako abantu abo aboonoonyi?” (al Ahqaf, 46 : 35)



OMWAKA OGW'OKUTAANO MU BWANNABI

Okusenguka Okugenda Mu Nsi Ye Abyssinia

Olw'okubonyaabonya kwa bamusinzabibumbe okutaalimu kusaasira, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawa abakkiriza amagezi okusenguka, olw'okuba nti baali tebasobola kwetaaya mu kukola emirimu gy'eddiini, wadde okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'okusaasaanya eddiini.


Basswahaba baamubuuza wwa gye baali bayinza okusengukira, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kubaddamu nti:

“Abyssinia! Eyo waliyo kabaka atanyigiriza bantu be! Ate era ensi eyo nsi ya bantu balongoofu! Okutuusa Katonda Owoobuyinza lw'anaabatemera empenda z'okuwona okubonaabona, musigale eyo!” (Ibn Hishaamu, I, 343; Ibn Sa'adi, 203)

Okusenguka okwasooka kwaliwo mu mwezi gwa Rajab, mu mwaka ogw'okutaano mu kiseera kye Makka.

Ekibinja ekyasooka kyalimu omugatte gw'abantu kkumi na musanvu; kkumi na babiri basajja n'abataano bakazi. Mwalimu basswahaba abaatiikirivu nga Uthumaani ibn Affaani ne mukazi we Ruqayya, Zubayiri ibn Awwaam, Musw'abu ibn Umayiri, Abdurrahmaani bin Awuf, abu Salama, Uthumaan ibn Ma'zuun ne Ibn Massudi (bonna Allah abasiime).





Abaasenguka, abaali bavudde e Makka mu kyama, bwe baatuuka awalinnyirwa amaato ewa Shuaybah, olw'omukisa gwa Allah Oweekitiibwa, amaato abiri ag'abasuubuzi gaagoba. Baawaayo ekitundu ky'ekisente ekya zaabu ne babatuusa mu Abyssinia. Wadde Bannamakka bajja babawondera, naye tebaasobola kubakwata. We baatuukira ku lubalama baasanga eryato omwali Abasiraamu nga lyavuddewo dda. (Ibn Sa'adi, I, 204)

Waayitawo akaseera nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannafuna mawulire gonna okuva ewa Uthumaani ibn Affaan (Allah amusiime) ne muwala we Ruqayya (Allah amusiime). Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagendako ebweru emirundi egimu okubuuza ku mawulire agakwata ku muwala we okuva ku batambuze abavanga mu bitundu bye Abyssinia. Ddaaki omukyala Omukulayishi yatuuka n'amawulire agamu agabkwatako n'amugamba nti:

“Muhammad! Nnabalabako mu Abyssinia. Uthumaani yali atadde Ruqayya ku ndogoyi, nga ye agenda abavaako emabega ku bigere.”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kugamba nti:

“Nsaba Allah ababee! Mu mazima ddala, Uthumaani ye muntu omubereberye okuva ku Luutu (emirembe gibeere ku ye) okusenguka n'ab'omu maka ge ku lwa Allah!” (Ali al Muttaqii, XIII, 63 / 36259)

Abaasooka okusenguka baamala emyezi esatu gyokka mu Abyssinia kubanga olugambo lwali lumaze okusaasaana nti Bannamakka baali basiramuse. Bwe batyo mu mwezi gwa Shawwaal mu mwaka gwe gumu, ekibinja ky'abantu asatu mu mwenda eky'abasenguka nga mulimu abasajja asatu mu basatu n'abakyala mwenda, baava mu Abyssinia. Naye bwe baatuuka ku njegoyego za Makka baa-



kizuula nti bye baali bawulidde tebyali bituufu. Naye baali tebakyasobola kuddayo mu Abyssinia. Ate era baatya okuyingira mu Makka nga tebalina bukuumi. Oluvannyuma baayingira ekibuga nga bali wansi w'obukuumi bw'abooluganda oba mikwano gyabwe okuva mu bamusinzabibumbe. (Ibn Hishaamu, II, 3 – 8; Ibn Sa'adi, I, 206; Haythami, VI, 33)

Ebya Gharaaniq

Suula an Najmi bwe yali yaakakka, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatandika okugisoma mu ddoboозi ery'omwanguka okumpi ne Ka'aba. Bwe yatuuka we bateekeddwa okuvunnamira (nga basoma Kulaane) ku nkomerero y'essuula, yavunnamira Allah, era na buli muntu yenna eyaliwo, abakkiriza n'abatakkiriza, abantu n'amajinni. (Bukhari, Tafsiir, 53 / 4)

Wabula bamusinzabibumbe baali tebavunnamira Allah, naye baali bavunnamira masanamu gaabwe Llaata, Uzza ne Mannaata, amannya gaago agoogerwako mu ssuula eno.

Kino kye kyafaayo oluvannyuma ekyavaako okujwetekawo ebya "Gharaaniq".

Olugambo olwayitinngana nti abantu b'e Makka baali basiramuse lwava ku kuvunnama okw'emirundi ebiri okwaliwo mu kiseera kye kimu: naye ng'Abasiraamu baakolako omulundi gumugwokka ogwabwe.

Wadde nga bino byonna byakoma awo, naye olugambo lwe baawa erinnya lya Gharaaniq lwapangirirwa oluvannyuma. Kigambibwa nti Sitaane yayongerezaako ku bubaka obwakkira mu *ayah* eyo ebigambo ebiwa amakulu agagamba nti 'nokuwolerezakw'amasanamu kusuubirwa', mbu ekyaleetera bamusinzabibumbe okusanyuka ennyo, era essanyu ne libatuusa okuvunnamira nga bajaganja; era mbu ensobi yazuuka luvannyuma.

Emboozi eno abantu abamu, okugeza nga abawandiisi abatali Basiraamu abaawandiika ku by'Obusiraamu abazze balaga obukyayi ku Busiraamu, bagitwala nga ebintu ebyaliyo. Naye abayivu abamaanyi abakulembera mu kunnyonnyola Kulaane (tafsiir), hadiisi wamu nebyafaayo bya Nnabbi eby'obusiraamu baatunuulira olujegere lw'abajja banyumya emboozi era mwe yajja eyita wamu nebigambo byennyini ebiri mu mboozi nga bwe byogerwa bw'obigeraageranya nemisingi gy'Obusiraamu namateeka kwe butambulira, nekyavaamu kwe kubisambajja.

Okusookera ddala obuvunaanyizibwa bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah nemirembe bibeere ku ye) obw'okutuusa Obubaka bwa Katonda eri abantu buzz bukumibwa obutabaamu nsobi wadde kuwaba. Tekisoboka Sitaane okweyingiza mu mirimu nya bwa bannabbi. Bwe tugoberera ebigambo bya Katonda Owoobuyinza, agamba nti Sitaane talina busobozi ne bwe kubeera ku bakkiriza bokka¹⁹⁰, tekiyingira mu magezi nti ate asobola okuyingirira okukoowoola kwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah nemirembe bibeere ku ye).

Ng'ogasseeko ekya Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah nemirembe bibeere ku ye) okubeera nga yakuumibwa tasobola kuwaba, okukola amazambi oba okukola ensobi, ne Kulaane yen-nyini eyamukkirako nayo eri wansi wa bukuumi bwa Allah.

لَا يَأْتِيهِ الْبَاطِلُ مِنْ بَيْنِ يَدِيهِ وَلَا مِنْ
خَلْفِهِ تَنْزِيلٌ مِنْ حَكِيمٍ حَمِيدٍ

“Obukyamu tebujja kusobola kugijjira okuva mu maaso gaayo oba emabega waayo; nga bubaka obwakka okuva eri (Katonda) Omugezi era Atenderezewba.” (Fusswilat, 41 : 42)

190 Laba: al Hijri, 15 : 42.



إِنَّا نَحْنُ نَزَّلْنَا الْذِكْرَ وَإِنَّا لَهُ لَحَافِظُونَ

“Mazima ddala Ffe twassa Omujukiza (Kulaane) era Ffe tujja okugikuumira ddala.” (al Hijri, 15 : 9)

Olujegere lw'abantu abaanyumya ekyafaayo kya Gharaaniq terukkizibwa. Okufaananko n'ekyo Ibn Khuzayma yaluyita “obulimba lw'abantu abatagoberera mazima.”¹⁹¹

Okuba ng'ekitwalibwa ng'eyafaayo ekyo tekyayita mu lujegere olweyunga (nga buli yajjulula emboozi yagijja ku muntu gwe baali basisinkanyeeko) era ne mu mikono gy'abantu abeesigika kimala bumazi okulaga obulimba bwakyo.¹⁹²

N'amagezi obugezi tegasobola kukkiriza bya Gharaaniq okuva lwe byogera ku nneeyisa ey'okugatta ebirala mu kusinza Katonda, bw'oba obigeraageranyizza n'engeri Obusiraamu gye bukkatiriza n'essira lye buteeka ku ky'okusinza n'okukkiririza mu kya Katonda okubeera Omu (Obwannamunigina bwe), okuvira ddala ku ntandikwa. Ebyo byogerwa nga bikontana n'omusingi guno, nga gwe gunyweza n'okukwatira wamu Obusiraamu, tebiyinza kubeera-magezi. Essuula ya an Najm yennyini eyogerwako evumirira eky'okusinza amasanamu okuva lw'etandika okutuusa lw'ekomekkereza, ng'ekikkaatiriza nti amasanamu mannya bunnya era nti bamusinzabibumbe bagoberera kwagala kwabwe okutalina mugaso. Wadde nga n'ekintu ekinyiiza eky'okugamba nti kisoboka okuba nga waliwo ebigambo ebyayingizibwa mu *ayah* nga nakyo kimaze gatwalibwa ng'ekyaliyo, bamusinzabibumbe bye baayagala ennyo ne batuuka n'okugwa wansi bavunname, nga bino biyinza okutabulwa mu Bubaka bwa Katonda, tekisobola kulowoozebwaa nti bamusinzabibumbe kino bandikifuddeko nnyo. Mu makkati ga *ayah* ezo zonna

191 Ismâîl Cerrahoglu, Diyanet Islam Ansiklopedisi, “Garanik” entry, XIII, 363.

192 Qaadi Iyaadi, II, 132.

ezikkakkanya bamusinzabibumbe, tewali kubuuusabuusa nti tebadibadde abafaayo okuvunnamo olw'ebigambo obugambo ebitono ebisonsekeddwaamu Sitaane nga bwe kigambibwa.

Okuddamu ebigambo bino ebyanjwanjwa okusinga obulungi kuli ku ntandikwa y'essuula yennyini:

مَا ضَلَّ صَاحِبُكُمْ وَمَا غَوَى وَمَا يُنْطَقُ
عَنِ الْهَوَى إِنْ هُوَ إِلَّا وَحْيٌ يُوحَى

“Mukwano gwammwe oyo takola nsobi, era tasobola kubula, Era tayogera lwa kwagala kwe. By'ayogera (Kulaane) si bibye wabula bubaka obussibwa.” (an Najm, 53 : 2 – 4)

Abayivu Abasiraamu bakiraze awatali kubuuusabuusa era okuva mu nsonda nnyingi nti kuno kwogera bya njwanjwa okuggyawo olw'okulwanyisa n'obukyayi eri Obusiraamu. Okwo kw'ogatta nti, ebbanga ery'emyaka ekkumi n'esatu eg'yekiseera kye Makka, Iwali lutalo lwa maanyi okulaba nti okugatta ku Allah ebintu ebirala kuvaawo n'okunyweza okukkiriza mu bumu bwa Allah mu mitima gyabwe, ekitasobozesa mu ngeri yonna kumugattako kintu kyonna.

Okusenguka Omulundi Ogw'okubiri Okugenda Mu Abyssinia

Okuva Bannamakka lwe baakizuula nga Abasiraamu abaasooka okusenguka okugenda mu Abyssinia bwe baayanirizibwa obulungi, ensonga eyo baagitwala ng'enku naye era n'okutulugunya ne bakwongeramu amaanyi.

Uthumaan ibn Ma'zuun (Allah amusiime), okutuusa ekiseera ekyo eyali awangaala obulungi ng'alii wansi w'obukuumi bwa Waliidi ibn Mughirah, yatandika okulowooza ennyo bwe yalaba Nnabbi



(okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Basswahaba be nga bayita mu kutulugunyizibwa okutalojjeka ng'abamu babookya n'ebyma ebyengeredde, abalala nga babakuba.

Uthumaani muli yalowooza nti:

“Ndayira Allah, tekinsobokera nze okubeera nga sirina mutawaana guyinza kuntuukako era nga ndi bulungi nneeyagalira mu bukuumi bwa musinzabibumbe, nga ndi wala nnyo ne bannange okutulugunyizibwa kwe bayitamumu kkubo lya Allah! Obukuumi bwa Allah bwe businga era bwe businga okubeeramu ekitiibwa! Bw'atyoyagenda ewa Waliidi ibn Mughira eyali amuwa obukuumi n'amugamba bw'atyi:

“Muganda wange! Mbadde wansi wa bukuumi bwo! Onkuumye bulungi era obadde muntu akuumma ekigambo kyo. Naye kati njagala nve mu bukuumi bwo nneegatte ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ku lwange ye ne basswahaba be be balina eky'okulabiako ekisinga okubeera ekirungi. Kati ntawala mu basajja Abakulayishi obagambe nti tokyanninako buvunaanyizibwa era tokyankuuma!” (Ibn Is'haq, olup. 158; Haythamii, VI, 34)

Okunyigiriza, okubonyaabonya n'okutulugunya kwa Bannamakka bwe kweyongera okunyinyiitira, Abasiraamu baawali-rizibwa okusenguka ne bagenda mu Abyssinia omulundi ogw'okubi-ri omwaka ogwo. Ku mulundi guno baali kyenda; nsanvu baali basajja, kkumi na basatu baali bakyala. Era baali bakulemberwa Jafaari Twayyaar (Allah amusiime), mukulu wa Ali (Allah amusiime).¹⁹³

Layla (Allah amusiime) anyumya bw'atyi:

193 Jafaari ibn Abi Twalib (Allah amusiime), muganda wa Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)

“Umaru yali munyiivu nnyo gye tuli olw’okukkiriza Obusiraamu. Nnali nninnya bw’entyi enngamiya nga tugenda Abyssinia nga Umaru ono, kwe kumbuuza gye twali tulaga. Nnamuddamu nti:

“Mutubonyaabonyezza nnyo olw’ekyo kye tukkiririzaamu. Kaakati nno tugenda wantu we tulowooza nti tetujja kunyigirizi-bwa.”

Yaddamu mpolampola bw’atyi: “Nsaba Allah abeere nammwe.”

Bba wange Amiri bwe yajja we nnali, nnamugamba ku bukkak-kamu bwa Umaru bwe yali andaze, ye kwe kugamba nti:

‘Ndowooza nti omwagaliza bulunngamu. Naye ndayira Allah, wandibaawo essuubi lya maanyi endogoyi ye okufuuka ensiraamu (okusinga ye okusiramuka). Bwe butyo obunyewvu bwa Umaru bwe bwali (ku nzikiriza y’amasanamu) mu kiseera ekyo, ekyatuusa abalala okuggwaamu essubi nti yali akyayinza okulaba ekitangaala n’akkiriza Obusiraamu. (Haythami, VI, 23 – 24)

Ummu Salamat (Allah amusiime), eyafuuka mukyala wa Omubaka Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) oluvannyuma yagamba nti:

“Okuva Iwe twasimba ekigere tutyi mu Abyssinia, Negus (Najjaashi, erinya eriweebwa Kabaka waayo) yatuyisiza ddala bulungi era mu kitiiibwa. Yatunoonyanga. Obuvunaanyizibwa bwaffe eri Allah twabutuukirizanga mu mirembe era mu ddembe.” (Ahmada, I, 201 202)

Ummu Habiiba (Allah amusiime) omu ku baagenda mu Abyssinia alaga bw’atyi engeri Abasiraamu, n’eyo yonna gye baali, engeri gye baayagalanga ennyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye):



“Negus yalina omuddu omuwala gwe baayitanga Abrahah. Nga nnayogerezebwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga ndi mu Abyssinia era nga nneetekateeka okuvaayo nngende e Madiina, Abrahah yajja we nnali n'anngamba nti:

‘Nkusaba ontuusize okulamuska kwange eri Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era omugambe nti nnyingidde Eddiini ye.’

Abrahah yali wa kisa nnyo gye ndi, ebbanga lyonna lye twa-malayo. Yatuuka n'okunnyamba mu kweteekateekera olugendo. Buli kaseera yajjanga we nnabeeranga okukakasa nti anzijkiza kye yali ansabye.

Bwe natuuka e Madiina, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nnamugamba ebya Abrahah bwe twali ku mbaga y'obufumbo era ne ntusa ekiramuso kye eri Nnabbi, Nnabbi yamwenya era n'akkiriza:

‘... Wa alayhassalaam wa rahmatullaahi wa barakaatuhu’ (Ibn Sa'adi, VIII, 98)

OMWAKA OGW'OMUKAAGA OGW'OBWANNABBI

Abantu B'e Makka Basaba Negus Abawe Abasiraamu

Wadde ng'eky'okusenguka kw'Abasiraamu abaasooka okugen-da mu Abyssinia bamusinzabibumbe b'e Makka baali tebakitutte ng'ekikulu, beewuunya engeri ey'ekisa Abasiramu gye baayisibwamu nga batuuse mu Abyssinia. Baalowooza nti singa Obusiraamu bwali bwa kutandika okusaasaana wabweru wa Buwalabu, ebintu byali bijja kubava mu ngalo. Bwe batyo, baasalawo mangu ddala oku-saba Negus abawe Abasiraamu abaali baddukidde mu Abyssinia, era ng'obuvunaanyizibwa obwo baabutikka Abdalla ibn Rabii-a ne Amuri ibn Aaswi be baatuma nga babawadde n'ebirabo ebiwera basobole okukkirizisa Negus n'okumatiza abaduumizi be.

Abu Twalib olwawulira amawulire nti Abakulayishi baali baweerezza ababaka mu Abyssinia, amangu ago yawandiikira Negus yennyini ekitontome, nga amuwaana era ng'amulabula okwerinda obukodyo bw'abantu b'e Makka (Ibn Hishaamu, I, 356)

Nga tannaba kwogera mu maaso ga Negus, Amuri ne Abdalla baasobola okusikiriza abakuumi n'ebirabo. Oluvannyuma baaleteera Negus amakula era ne bamweyanjulira nga boogera bwe batyi:

“Ow'ekitiibwa! Abamu ku bavubuka baffe abatategeera bulungi banooanya bukuumi mu nsi yo. Wadde bavudde mu ddiini ya baki-



taabwe abaabasooka, tebannaba kukkiriza yiyo era basazeewo kugunjaawo yaabwe empya! N'olw'ekyo abooluganda lwabwe batutumye okubazzaayo e Makka. Ate nga n'ekisinga obukulu abantu b'ebika byabwe be bamanyi ebikolobero bye baakoze okusinga omuntu omulala yenna.

Ababaka baaty nti ssinga Negus awuliriza Jafaari (Allah amusiime) ne mikwano gye nga baali bayinza okumumatiza. Bwe batyo baayagala babakwase Abasenguse nga Negus tannaba kusalawo kuwliriza kwewozaako kwabwe.

Abaduumizi ba Negus nabo baayogera nga bawagira nsongya babaka:

“Ow'ekitiibwa Kabaka, abasajja bano ge boogera ge mazima. Tetuyinza kumanya bikwata ku bantu bano okusinga abo abava mu kika mwe basibuka. Twandibakwasizza Abasenze bano ne tubaleka ensonga zaabwe ne bazeemalira.”

Kyokka Negus yakomba kw'erima n'abakutula mu bye baali bagamba era mu busungu n'abagamba nti:

“Nedda! Sija kubawaayo nga ssinnaba kusooka kubawa mukisa kwennyonnyolako! Ssiyinza kukola kikyamu ku bantu abalonzeewo okuddukira mu nsi yange okubakuumma ne balekayo ensi endala zonna!”

Olwo Negus n'atumya Abasenguse, wamu ne bannaddiini be abaayanjuluza ebitabo byabwe ne bamwetoloola.

Abasenze bwe baatuuka, Negus yasalawo okwolekera enjuyi zombi ezaaliwo. Kaali kaseera ka byafaayo. Omwogezi ku ludda lw'Abasiraamu yali Jafaari (Allah amusiime), era Negus gwe yasooka okwolekeza ebigambo bye nti:

“Abakulayishi basindise ababaka babazzeeyo e Makka.”

Jafaari (Allah amusiime) yamusaba bw'atyi:

“Ow'ekitiibwa babuuze! Tuli baddu twatolose nga baagala kutuzza Makka (ewa bakama baffe)?”

Negus yatunuulira Amuri ibn Aaswi ng'ayagala addemu eki-buuzo, ne Amuri kwe kuddamu nti:

“Nedda, baana ba boobwe.”

Okwogera kweyongera mu maaso bwe kutyi:

“Babuuze! Batubanja ng'eyo ye nsonga ebaagazisa okutuzzaayo?”

“Nedda, tetulina kye tubabanja.”

“Babuuze. Tuli batemu nti tulina omuntu gwe twasse batutwala mu mbuga kutuwozesha?”

“Nedda, eyo si ye nsonga!”

“Olwo lwaki baagala batuzzeeyo?”

Amuri yannyonnyola:

“... Olw'okuba nga baabulidde eddiini ya bajjajaabwe! Bavuma amasanamu gaffe! Boonoonye enzikiriza y'abavubuka baffe! Bayawuddeywudde mu bantu baffe nga Makka kati yeeyawud-demu emirundi ebiri!”

Negus yakutulamu Amuri ng'akyayogera asimbe Jafaari (Allah amusiime) ekibuuzo. Yabuuza nti:

“Kati bwe muba temukkiriza ddiini ya bajjajammwe ate nga ne'yange si gye mukkiririzaamu olwo mukkiririza mu ddiini ki?”

Ow'ekitiibwa! Twali bantu abatamanyi. Twali tusinza masanamu agaakolebwaa mu mbaawo nga tulowooza nti gaali bakatonda. Twalyanga kalannamye (ensolo ezifudde zokka) ne tuziika bawala



baffe nga balamu. Twali tuzannya zzaala, nga twetaba mu kuwola okw'okuzza amagoba. Twayendanga era nga tetulaba mutawaana mu mukazi kubeera na basajja abasukka mu omu. Twali tetumanyi bувunaanyizibwa bwa muntu eri abooluganda lwe, wadde okukkiri-
riza mu ddembe lya baliraanwa. Ow'amaanyi muffe yanyigirizanga
omunafu, so nga n'omugagga yawangaaliranga ku ntuyuo za mwavu.
Twali tetumanyi kintu kyonna kikwata ku bwenkanya!

Oluvannyuma Allah Owoobuyinza n'atukwadirwa ekisa n'asa-
lawo okutujuna n'atutumira Nnabbi okuva muffe, ng'ava mu lulyo
olw'ekitiibwa n'ennyumba ennongoofu etya Katonda. Twali tumu-
manyi nga Omwesigwa. Yatuyita tukkirize nti Katonda ali Omu.
Yatuviyiza okukola ebikolwa ebibi. Yaziyyiza okuyiwa omusaayi, oku-
twala amagoba ku kuwola, okulimba n'okukozesa obubi eby'obu-
gagga bya bamulekwa. Buli kiseera yali atusomesa ebyo ebirungi.
Yatubuulirira okukola obulungi, okubeera abeesimbu, okuyisa bali-
raanwa baffe n'abooluganda obulungi n'okukuumma ekitiibwa ky'aba-
kazi n'obulamu bwa bawala baffe. Yatukuumma okuva mu bikolwa
eby'obukambwe n'atuyigiriza okubeera n'obuntu. Bwe tutyo twamuk-
kiriza era kati tutambulira mu kkubo lye. Ebyo bye bitiviiriddeko
obukyayi bw'Abakulayishi. Twatulugunyizibwa; era okubonaabona
bwe kwatuuka ekiseera nga tekukyagumiikirizika, okuva lwe twali
tetwagala kuleka ddiini yaffe, twasaba Nnabbi waffe (okusaasira
n'emirembe bibeere ku ye) atukkirize, era olw'okuba yali akusukku-
lumya ku bakabaka abalala twajja mu nsi yo. Twali tulina essuubi
nti tetujja kunyigirizibwa wano era ne tusalawo okwewogoma wansi
w'obukuumi bwo."

Negus yasigala nga mukkakkamu, ng'awuliriza n'obwegendereza
Jafaari (Allah amusiime) bye yali ayogera. Oluvannyuma yabuuza nti:

"Olina ky'omanyi ku mwoyo mw'ebyo Allah bye yassa ku
Nnabbi wammwe?"

Jafaari yaddamu nti: "Yee" era awo n'atandika okusoma *ayah* ezisooka eza ssuula Mariyam, ezoogera ku Yahya (John), emirembe gibeere ku ye, n'okuzaalibwa kwa Yisa (Yesu), emirembe gibeere ku ye. Ng'asoma, Negus ne basajja be baakaaba olw'engeri gye baali bawuliramu.

Oluvannyuma Negus kwe kulangirira nti: "Ndayira mu linnya lya Katonda nti ebigambo bino biva mu nsulo y'emu nga ebyo ebyas-sibwa ku Moses (Musa) ne Yesu Kristo". Oluvannyuma yakyukira ababaka ba Banamakka n'abagamba nti:

"Sijja kubaddiza basenze bano!"

Ababaka bwe baava mu maaso ga Negus, Amuri yagamba mikwano gye nti:

"Ndayira nti nngenda kubuulira Negus enzikiriza y'Abasiraamu ku Yisa, mutabani wa Mariyam, gwe bagamba nti muntu buntu. Ekyo kigenda kumumala okubagoba!"

Olunaku olwaddako, Amuri nate yagenda mu lubiri lwa Negus n'amugamba nti:

"Ow'ekitiibwa! Boogera bubi ku Yesu Kristo. Bw'oba oyagala bayite weewulireko n'amatu go bye bagamba!"

Negus yatumya Abasiraamu n'ababuuza bye balowooza ku Yesu Kristo.

Mu ngeri ey'obukkakkamu, Jafaari (Allah amusiime) yannyonyola nti, "Ffe tumulwooza mu ngeri gye tubadde tusomesebwamu Nnabbi waffe. Agamba nti, 'Yesu muddu wa Allah era Mubaka we; mwoyo oguva gy'ali era kigambo kye, yazaalibwa Mariyam oyo eyerekereza buli kantu asobole okuweereza Allah."

Nga bw'alonda akalandira okuva ku ttaka, Negus yagamba nti:



“Ndayira mu linnya lya Katonda nti, Yesu tali kirala okuggyako ebyo by’ogambye. Enjawulo eri wakati w’ebyo bye mugamba n’ama-zima ga Yesu Kristo tesingako kati kano bunene!”

Nga bawulidde ebigambo bya Negus, abaduumizi abaaliwo baatandika okufuguma. Oluvannyuma Negus yabakyukira n’aba-gamba nti, “Mufugume nga bwe mwagala, naye ago ge mazima!”

Ate bo Abasenze yabagamba nti:

“Kati muyinza okugenda! Mutuule ntende mu nsi yange. Oyo yenna anaabayisa obubi ajja kubonerezebw! Ne bwe bampa olu-sozi olwa zaabu, era mba ssaagala kubeera muntu oyo abatuusaako omutawaana.”

Nga bw’akyukira abakungu be omulundi omulala, Negus yabalagira nti: “Abasajja abo ababiri mubaddize ebirabo byabwe. Nze ssibyetaaga!” nga bw’agattako nti, “Singa mbadde kumpi ne Omubaka mu kaseera kano, nandiyagadde okumunaaza ebigere bye n’okumuweereza!” (Ibn Hishaam, I, 356 – 361; Ahmada, I, 202 – 203, V, 290 – 291; Haythami, VI, 25 – 27)

Okusinziira ku nnyumya endala ey’ekyafaayo kino, Negus yagamba nti:

“Njulira nti Muhammadi ye Mubaka wa Allah. Ye musajja Yesu Kristo gw’ayogerako. Singa sibadde ku nnamulondo y’obwakabaka buno era nga si buvunaanyizibwa eri abantu bange, nnandigenze gyali ne mukwatirako obugatto bwe.” (Abu Dawuda, Janaiz, 55 – 57 / 3205)



N’okuddamu kwe yakola eri Negus, Jafaari (Allah amusii-me) awa eky’okulabirako ekisingira ddala obulungi eri abo bona abakoowoola abantu okuyingira Obusiraamu ku ngeri ki gye bayin-za okwogeramu, ki ki kye balina okwogera mu mbeera ez’enjawulo, enkola omuntu gy’ateekwa okukuumira mu mutwe.

Kisaana kitegeerekeke nti Jafaari (Allah amusiime) bwe yasabi-bwa okusoma *ayah* za Kulaane ezimu, teyamala gasoma ssuula yonna gy'asanze, naye yalondamu ezo ezaali zisinga okusaanira ddala mu kiseera ekyo, era ng'ezo ze zaali *ayah* ezoogera ku Yisa (emirembe gibeere ku ye) okuva mu ssuula ya Mariyamu. Era kye kimu n'engeri gye yawolerezaamu abantu abaali basenguse okulaga mu Abyssinia, Bannamakka bwe baali bataddewo ensonga ezitali zimu nga baagala bababaddize, Jafaari (Allah amusiime) bwe yakkaatiriza nti eddiini yaabwe yali eragira kweyisa bulungi na bwenkanya kyokka.

Era waliwo ensonga endala nnyingi lwaki Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasalawo okulonda Jafaari okukulembera Abasiraamu abaali basenguse. Okulondebwaa kwe kwokka kulaga obulungi bw'okulonda abakulembeze okusinziira ku busobozi bwabwe n'embeera ebeetaagisaamu.

Ekitundu ekimu ku bantu abaali basengukidde mu Abyssinia omulundi og'okubiri baakomawo nga wayise akaseera katono okuva ku kusenguka okugenda e Madiina, so nga abalala bo baalindirira okutuusa endagaano ya Hudaybiyya bwe yatuukibwako. Ekipinja ekyasembayo ekyakulemberwa Jafaari (Allah amusiime) kyakomawo e Madiina mu biseera by'okuwangulwa kwa Khaybar ekintu ekyawa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) essanyu.

Okusiramuka Kwa Hamuza (Allah amusiime)

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali takoma ku kusindika busindisi basswahaba be ku Ka'aba okusomera bamusinzabibumbe Kulaane. Ye kennyini yagen-danga awali Bannamakka mu biseera eby'enjawulo okubatuusaako Obubaka bwa Katonda. Mu kukoowoola kwe okumu, Abu Jahali yakala amaaso n'atandika okuvuma Nnabbi (okusaasira kwa Allah



n'emirembe bibeere ku ye). Ng'alinga ayagala okweragira ku mikwano gye abaali bamukunngaaniddeko nga bwe yali ow'ekitalo ennyo, yali anaatera okubaako ne ky'akola ekirala, ne wabaawo omukazi eyadduka n'agamba Hamuza, eyali yaakatuuka okuva mu kuyigga.

"Hamuza, Hamuza omuzira! Bagyolonga mutabani wo ku Ka'aba. Nnina okutya nti banaatera okumutusaako obulabe. Balabika balina ekintu ekibi kye baagala okumukola!"

Awatali kwonoona kadde konna, Hamuza yadduka n'atuuka mu kifo we baali, era nga yeeyambisa omutego gw'akasaale ke yali akutte, yakuba Abu Jahal omutwe bubi nnyo omusaayi ne gutandika okumuvaamu nga gulinga omugga ogukulukuta. Abu Jahali byamuggwaako ngatalina buyambi bwonna bw'asuubira. Yatya ekyali kiyinza okutuuka ku bulamu bwe era n'adduka n'ava mu kifo. Omu omu oba babiri babiri, bamusinzabibumbe baagoberera Abu Jahali, engeri gye baali bamanyi obulungi amaanyi ga Hamuza gye gaali gakoma. Tewali n'omu mu bakirimaanyi b'Abakulayishi yali asobola kwennganga Hamuza n'atamufukamiza ku maviivi ge.

Ebyo olwaggwa, Hamuza yagenda butereevo awaali mutabani we, Muhammadi, Omubaka wa Allah Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Yamugamba nti:

"Kati nkukoledde okwesasuza gy'al ... kati oyinza okweetaaya!"

Naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu nti: "Nja kusobola kwetaaya ng'omaze kusiramuka."

Amangu ago, ekizikiza ky'obutamanya ekyali kyetimbye ku mutima gwa Hamuza kyamuvaako. Bwe yamanya amazima mu kaseera ako kennyini, Hamuza omuzira nnamige yatunuulira mutabani we n'akamwenyumwenyu, era nga bwe yeetegereza okutangalijja mu kyenzi kye yalangirira nga bw'akkirizza Obusiraamu.

Hamuza (Allah amusiime), taata wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) omuto, yali asinzaako Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) emyaka ebiri gyo-kka, era bombi baali baayonka ku bbeere ly'omukazi omu.¹⁹⁴

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okwogera nti okwetaaya kwe kwali tekuyinza kubaawo okuggyako nga taata we omuto akkirizza Obusiraamu, yali alaga obusukkulumu bw'okulunngama ku kuwoolera eggwanga ku bintu ebibye era na bwe kityo obusukkulumu bw'obulamu obw'olubeerera ku by'okwewunda by'ensi eby'ekiseera. Ekyafaayo kino kitusomesa nti bulijo tulina okulondawo ebintu ebigasa Obusiraamu okusinga ebyetaago byaffe eby'obuntu era nti essanyu tulina kulinoonya mu buwanguzi bwa Ddiini so ssi mu bintu omuntu by'atuukako ebibye ku bubwe.

Olonaku Hamuza (Allah amusiime) lwe yasiramuka Abu Bakari (Allah amusiime) yakalambira ku nsong'a n'agamba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti Abasiraamu bonna awamu bagende ku Ka'aba bakoowoose buli muntu yenna ayingire Obusiraamu.

Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabaddamu nti: "Omuwendo gwaffe gukyali mutono nnyo"

Naye Abu Bakari (Allah amusiime) bwe yagaana okukivaako, nga ne Bass wahaba abalala bamwegasseeko, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yava mu nnyumba ye Arqam ne bagenda ku Ka'aba. Bwe baatuuka, Abu Bakari (Allah amusiime) olwatandika okukoowoola abantu okukkiriza Allah ne Omubaka we, bamusinzabibumbe baalumba Abasiraamu ne batandika okubakuba. Naddala Utuba anyoomwa, yalinnyalinnya era n'asamba Abu Bakari (Allah

¹⁹⁴ Laba: Ibn Hishaam, I, 312 – 313; Haakim, III, 213; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 84.



amusiime) mu maaso n'gakozesa engatto ze ezaali zижудде ebyuma. Abu Bakari (Allah amusiime) baamuleka atonnya omusaayi era ng'ajjudde ebinuubule. Ky'atwala amaanyi mangi okuva mu b'ennyumba ya ba Taym Abu Bakari (Allah amusiime) mwe yali asibuka okujja okumutaasa n'okumuggya mu mikono nya bamusinzabibumbe.

Ab'ennyumba ya Taym baatwala Abu Bakari (Allah amusiime) ewuwe ng'azirise. Olw'okutya nti yali agenda kufa ekiseera kyonna, baddayo ku Ka'aba, ne baleekaana nga bwe bawera nti:

“Tulayira nti singa Abu Bakari afa, tugenda kutta Utuba!”

Eyo mu kiro Abu Bakari (Allah amusiime) yamala n'adda engulu. Naye ekintu kye yasooka okubuuza, mu kufuba n'amaanyi amangi, kyali nti:

“Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ali bulungi?”

Maama we Ummul Khayr yali buli kaseera ng'amwegayirira abeeko ne k'alya, naye Abu Bakari (Allah amusiime), ng'alinga atalina ky'awulira yabuuzanga ekintu kimu nti:

“Nnabbi ali atya? Ali bulungi?”

Maama we yamuddamu nti: “Mukwano, sinnaba kuwuliza mukwano gwo.”

Olwo Abu Bakari (Allah amusiime) n'atuma maama we ewa Ummu Jamiil,¹⁹⁵ omukyala Omusiraamu, okumufunira amawulire agakwata ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ummu Jamiil (Allah amusiime) olwatuuka n'alaba embeera embi ennyo Abu Bakari (Allah amusiime) gye yalimu, yali tayinza kukyebeera wabula okuwoggana nti:

195 Ummu Jamiil bint Harith, eyali Omusiraamu, tateekeddwa kumutabula ne Ummu Jamiil muka Abu Lahabi gwe baali bafaananya erinnya.

“Ndayira Allah nti nsolo yokka yésobola okukukola ekintu eki-faanana bwe kiti! Nsaba Allah awolere eggwanga ku lulwo!”

Nga wayise akaseera katono, olw'okusaba kwa Abu Bakari (Allah amusiime), Ummu Jamil yamutegeeeza nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali mu mbeera nnungi, era nti yali amulindidde mu nnyumba ya Arqam.

Abu Bakari kwe kugamba nti: “Ndayira Allah, sijja kuddamu kulya wadde okunywa okutuusa nga mmaze okumulaba.”

Ebintu bwe byagenda bidda mu nteeko nga buli muntu akutte liryé, maama wa Abu Bakari (Allah amusiime) ne Ummu Jamil bamukwata ku mukono ne bamusitula okumutwala ewa Ekitangala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye). Abu Bakari (Allah amusiime) olwalaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), yamugwa ku bigere bye. Embeera munywanyi wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) gye yalimu yamwennyamiza nnyo omutima gwe omugonvu. Naye Abu Bakari (Allah amusiime) yasobola okwogera ebigambo bino:

“Nsaba maama wange ne taata bafuuke ennunuzi ku lulwo! Ndi bulungi, ddala. Omusajja omutemu oyo yankubyemu katono, kye kyo kyokka!” Oluvannyuma yasaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) asabire nnyina alunngame.

Tewaayitawo bbanga ddene, olw'omukisa gw'edduwa ya Nnabbi Ow'ekitiibwa, maama wa Abu Bakari omulungi, naye yeegatta ku Busiraamu.¹⁹⁶



196 Laba: Ibn Athiir, Usudul Ghabah, VII, 326; IBN Kathiir, al Bidaaya, III, 81.



Nga bawuniikiridde olw'omuwendo gw'Abasiraamu ogwagendanga gweyongera ssaako abamu ku bantu ab'amannya, nga Hamuza, okusiramuka, bamusinzabibumbe baatuula bateese ku ngeri gye baali bayinza okukkakkanya amayengo gano.

"Ensonga ya Muhammadi efuukidde ddala nzibu era etandise okutwewanisa emitima. Leka tumusindikire omutontomi n'omulogo abasinga obukugu boogere naye!" Bwe batyo bwe baakkiriziganya.

Baalonda Utuba ibn Rabii-ah agende akole ku nsonga eyo. Utubah yatwala akaseera ng'ayanja mu butongole bamusinzabibumbe bye baali baagala okuwaayo. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawuliriza n'obugumiikiriza ng'alinda Utubah amalirize bye yali agamba. Oluvannyuma yabuuza Utuba nti: "Abu'l Waliidi! Omalirizza by'oyagala okwogera?"

Utuba yakkiriza.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumugamba nti:

"Kati nange mpuliriza!" Olwo n'atandika okusoma Ssuula Fusswilat, oktuuka ku *ayah* y'okuvunnama, awo n'avunnama. Olwasituka n'ayongerako nti:

"Kaakati owulidde bye mbadde nngamba. Kati kino ky'oliko nange kino kye ndiko!"

Nga Utubah addayo, bamusinzabibumbe baamulengerera wala ne balaba ng'alina ky'akyuseeko okusinziira mu ndabika ye.

Olwatuuka, baamubuuza ababuulire ekyali kigenze mu maaso.

Yabagamba nti:

"Ndayira Allah nti siwulirangayo kigambo kyonna kifaanana ngebyo bye mpulidde. Ebitontome, eddogo, obufuusa ... tewali ku byonna kyefaananyiriza bigambo ebyo! Muhammadi bwe yagambye nti:

فَإِنْ أَعْرَضُوا فَقُلْ أَنذِرْتُكُمْ صَاعِقَةً مِّثْلَ صَاعِقَةِ عَادٍ وَثُمُودَ

“Bwe banaaba nga bawuguse (ne bagaana okukkiriza), gamba nti: “Mbatisizza ebibonerezo ng’ebiyatuuka ku ba Aadi ne Thamuudi,” (Fusswilat, 13) nakutte ku mumwa gwe ne mmwegayirira alekere awo okusoma ku lw’obulungi bw’oluganda lwe tulina. Kubanga nabadde nkimanyi bulungi nti buli Muhammadi ky’ayogera kituukirira... Natidde nti obusungu bwa Allah bujja kutubuutikira.

Kaakati mumpulirize, Abakulayishi! Mumuleke n’ebintu bye by’aliko. Mudde ku mabbali! Singa Abawalabu bo bamutta, mmwe bajja kuba babamuwonyezza! Naye singa afuuka Kabaka w’Abawalabu, obwakabaka bwe butegeeza bwakabaka bwammwe, ekitiibwa kye kitegeesa kitiiibwa kyammwe! Oluvannyuma, nga Muhammadi y’aki-bakoledde, mujja kuba abantu abasinga obusanyufu mu bantu bonna!”

Bamusinzabibumbe kwe kuleekaanira waggulu nti, “Utubah! Muhammadi alabika yakusindikidde eddogo ng’ayita mu bigambo bye yakozesezza.”

Utubah yabaddamu nti: “Nze mbagambye kye ndowooza. Naye muli ba ddembe okukola nga bwe mwagalal” (Ibn Hishaam, I, 313 – 314; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 111 - 112)

Okusiramuka Kwa Umaru (Allah amusiime)

Bamusinzabibumbe bwe baddamu okutuula nate mu Nnyumba ya Nadwah, akakiiko kaabwe akawi k’amagezi, baasalawo okutta Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Okukola omulimu guno, baalonda omuntu eyali asinga obuzira era ng’asunguwala mangu ng’oyo yali Umaru ibn Khattwab, Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) gwe



yali asinzaako emyaka ekkumi n'esatu gyokka, era nga bombi baali bagatta jajjaabwe ow'omwenda.

Umaru, nga tafuddeeyo, yagenda okutemula Ekitonde Ekisinga ebitonde byonna (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Mu kkubo yasisinkana Nuaym ibn Abdalla (Allah amusiime). Nuaym bwe yabuuusabuusa mu nneeyisa ya Umaru yamubuuza gye yali alaga. Umaru yamuddamu nti:

“Kutta Muhammadi ... Omusajja aleese eddiini empya n'ag-gyawo eya bajjajja be.”

Nuaym olw'obukujukuju bwe, yanoonya eky'okwekwasa asoble okuwugula Umaru ku kye yali agendako era afuneyo ne ku kaseera. Yagamba Umar nti:

“Ndayira, Umaru, oli mu kwesiruwaza! Olowooza batabani ba Abd Manaaif banaakuleka oyineeyine ku nsi ng'omaze okukola ekikolwa ekyo? Ng'oggyeeko ekyo, wandisoose n'otereeza eby'omu nju yo!”

Umaru mu busungu obungi yabuuza Nuaym nti: “Ani gw'oyo-gerako?”

Nuaym kwekumuddamu nti: “Ani omulala atali mwannyoko Fatuma ne mukoddomi wo Saidi ibn Zayidi? Bombi beesozze dda Obusiraamu. Ekyo kijje ku nze!”

Olwazuula ekigendererwa kya Umaru ekikyamu, Nuaym (Allah amusiime) okumuwugula agende ewa mwannyina, yafuna akadde ak'omuwendo okugenda okutegeeza Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku lukwe olwali lukoleddwa.

Umaru bye yayogera ne Nuaym byamwongera busungu, era awatali kulinda kirala, yakyusa obuwufu n'alumba mwannyina nga yenna ayaka muliro.

Khabbaab (Allah amusiime) naye mu kaseera ako yalimu mu nnyumba, ng'ali mu kafubo ka kusomesa mwannyina wa Umaru ne mukoddomi we Kulaane. Olwalengera Umaru ng'aswakiira ng'ajja gye baali ng'alinga aliko n'obumansuka, baakweka Khabbaab (Allah amusiime) mu kisenge ekimu, ate ye Fatuma n'akweka omuko okwali kuwandiikkidwa Kulaane gwe baali bakutte mu mikono gyabwe.

Umaru yayingira munda n'abwatuuka nti: “Ki ki ekyo kye mpulidde musoma kati?”

Baamugamba nti: “Otekwa okuba ng'owulidde bubi. Ffe tetulina kye tulina wano.” Wano Umaru we yawogganira nti:

“Mukakasa? Kati bi ki ebyo bye mpulira nti mwembi mwafuisse bagoberezi ba Muhammadi?” Olwo n'alumba mukoddomi we, n'amukuba nnyo. Fatuma bwe yagezaako okutaasa bba, naye kwe kufuna ku mugabo gw'obusungu bwa Umaru bwe yamupacca oluyi mu maaso olwamuleetera okuwoggana n'amugamba nti:

“Umaru, osobola okukola kyonna ky'oyagala! Osobola riokututta bw'oba oyagala! Naye tetugenda kuva ku nzikiriza yaffe!”

Fatuma (Allah amusiime) we yayogerera ebiambo eby'obuvumu era eby'obukkiriza ebyo nga mu maaso ge muttulukuka omusaayi omuronotono.

Umaru kyamubuukako kuba ebyamuddibwamu yali tabisuubira. Okulaba omusaayi mu kyenyi kya mwannyina kwamuleetera ennyiike mu mutima. Yejjesa obusungu obw'amaanyi bwe yali akozesezza:

Yasaba mu bukkakkamu ng'alinga eyeetonda, “Musobola okundeetera ku bye mubadde musoma?”

Fatuma yamuddamu nti: “Tusuubize nti togenda kubaako kintu kyonna ky'okikolako!”



Umaru yalayira mu linnya ly'amasanamu ge nti: "Nsuubiza; nja kukibaddiza bwe nnaamala okukisoma."

Oluvannyuma ng'asuubira nti anaalaba ekitangaala ky'obulunngamu, Fatuma (Allah amusiime) yagamba Umaru nti: "Naye oli musinzabibumbe, n'olw'ekyo toli mutukuvu! Abo bokka abatukuvu be bateekwa okukwata ku miko nya Kulaane!"

Umaru (Allah amusiime) yaweebwa emiko nya Kulaane oluvannyuma lw'okunaaba omubiri gwe gwonna. Olwo n'atandika okusoma *ayah* za Kulaane entukuvu¹⁹⁷ ezaali mu kiwandiiko:

طه. مَا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْقُرْآنَ لِتَشْقَىٰ . إِلَّا تَذَكِّرَةً لِمَنْ يَخْشِيٍ .
 تَنْزِيلًا مِمْنُ خَلْقِ الْأَرْضِ وَالسَّمَاوَاتِ الْعُلَىٰ . الرَّحْمَنُ عَلَىٰ
 الْعَرْشِ اسْتَوَىٰ . لَهُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَمَا
 بَيْنَهُمَا وَمَا تَحْتَ الْثَّرَىٰ . وَإِنْ تَجْهَرْ بِالْقَوْلِ فَإِنَّهُ يَعْلَمُ السِّرَّ
 وَأَخْفَىٰ . اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ لَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَىٰ . وَهَلْ أَتَاكَ
 حَدِيثُ مُوسَىٰ . إِذْ رَأَى نَارًا فَقَالَ لِأَهْلِهِ إِمْكُثُوا إِنِّي آتَيْتُ نَارًا
 لِعَلِيٍّ أَتِيكُمْ بِقَبَسٍ أَوْ أَجِدُ عَلَى النَّارِ هُدًىٰ . فَلَمَّا أَتَاهَا نُودِيَ
 يَا مُوسَىٰ . إِنِّي أَنَا رَبُّكَ فَاخْلُعْ نَعْلَيْكَ إِنَّكَ بِالْوَادِ الْمُقَدَّسِ
 طُورٌ . وَإِنَّا اخْتَرْتُكَ فَاسْتَمِعْ لِمَا يُوحَىٰ . إِنِّي أَنَا اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا

¹⁹⁷ Waliwo n'ebigambibwa nti zaali aya ezisooka eza ssuula ya al Hadiid Umaru ze yasoma (Bayhaqi, Dalaa-il, II, 217)

أَنَا فَاعْبُدُنِي وَاقِمُ الصَّلَاةَ لِذِكْرِي. إِنَّ السَّاعَةَ آتِيَةٌ أَكَادُ أَخْفِيَهَا لِتُجْزِي كُلُّ نَفْسٍ بِمَا تَسْعَى. فَلَا يَصُدُّنَّكَ عَنْهَا مَنْ لَا يُؤْمِنُ بِهَا وَاتَّبَعَ هَوَاهُ فَتَرَدَّى. لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدُنِي وَاقِمُ الصَّلَاةَ لِذِكْرِي. إِنَّ السَّاعَةَ آتِيَةٌ أَكَادُ أَخْفِيَهَا لِتُجْزِي كُلُّ نَفْسٍ بِمَا تَسْعَى. فَلَا يَصُدُّنَّكَ عَنْهَا مَنْ لَا يُؤْمِنُ بِهَا وَاتَّبَعَ هَوَاهُ فَتَرَدَّى.

“TWA HAA Tetwassa Kulaane ku ggwe olyoke wennyamire! Wabula yo twagissa ebeere kya kubuulirira eri oyo atya Katonda. Ng’essibwa okuava eri Oyo eyatonda ensi n’eggulu ettumbiivu. Omusaasizi eyatereera ku Al-Arshi. Bibye ebyo byonna ebiri mu ggulu (zonna) n’ebiri mu nsi n’ebiri wakati w’eggulu n’ensi n’ebyo ebiri wansi w’ettaka. Bw’oba nga oyatuzza ekigambo mazima Ye amanyi ekyama n’ekikweke mu mutima. Allah! Teri Katonda mulala okuggyako Ye, alina amannya amalungi. Abaffe kwakujjira okunyuma ekyafaayo kya Musa? Ekiseera awo we yalengerera omuliro n’agamba abantu ab’omu maka ge nti: ‘Musigale wano! Mazima nze nengedde omuliro oboolyawo ne mbaleeterayo eryanda oba ne nsanga ku muliro ogwo obulunngamu.’

Bwe yagutuukako eddoboozi ne limukoowoolwa nti: ‘Owange Musa! Mazima nze Nze Katonda wo. Yambulamu engatto zo, mazima ggwe oli ku lusenyi olutukuvu Twuwa. Era mazima nkulonzeemu, kale wuliriza ebyo ebikutumirwa. Mazima ddala Nze Katonda wo. Teri katonda mulala okuggyako Nze. Kale nsinza oyimirizeewo esswala olw’okunzijukira. Ddala ekiseera eky’enkomerero kya kutuuka, nsemberera nnyo okukikisa buli mwoyo gulyoke gusasulwe ekyo kye gwateganira. N’olw’ekyo toleka oyo atakkiririza mu nkomerero n’agoberera okwagaala kwe, kukuja ku mulamwa olwo n’ozikirira!” (Twa Haa, 20 : 1 – 16)

Umaru yannyogoga, era kye yasobola okukola kwali kussa kikkoowe n'agamba nti, 'Ekitabo kino nga kisuffu, nga kya maanyi..."

Yali asikiriziddwa ensengeka ya Kulaane, ebigambo ebigirimu n'amakulu era n'amagezi, ebyo ebtalina muntu yali asobola kubigunaawo. Yatandika okulowoolereza ennyo.

Mu kaseera ako kennyni, Khabbaab (Allah amusiime) yali avuddeyo gye yali yekukumye:

"Umaru! Ndayira Allah nti pulira muli nga edduwa ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye yasabye eneetera okutuukirira. Eggulo yasabye nti: 'Allah! Nkusaba onyweze eddiini yo ne Abul Hakam ibn Hishaam oba Umaru ibn Khattwab! Kale ekiseera kituuse , Umaru, okutya Allah!"

Wano Umaru kwe kugamba Khabbaab (Allah amusiime) nti: "Ntwala ewa Muhammadi!"

Baatambulirawo okugenda ewa Nnabbi. Buli luta Umaru lwe yakubanga mu kiseera kino lwalinga lujjudde essanyu ly'obukkiriza, n'omukwano n'obumativu, olw'okutegeera amazima ga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Bwe baatuuka, Umaru yali alindiriddwa Hamuza (Allah amusiime), ng'amulinze n'ekitala kye mu ngalo, engeri gye yali amaze okutegeeezbwako Nuaym ku byali bimaze okubeerawo. Naye baali tebayinza kuteeba ekyali kiguddewo mu kiseera ekyo.

Omubaka wa Allah Ow'ekisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasituka n'agenda okwaniriza Umaru mu luggya, nga bw'amubuuza ensonga eyali emukyazizza. Ebyafubutuka mu kamwa ka Umaru byali bigambo ebyali bijjudde okumatira:

"Nzize kufuuka Musiraamu, Mubaka wa Allah!"

Mu kwebaza ekyo Allah Oweekitiibwa kye yalaga mu buyinza bwe, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yayo-gerera waggulu ebigambo bino:

“Allahu Akbar!”

Basswahaba nabo bwe batyo baasaakaanyiza waggulu nga boogera ekigambo kye kimu. Ekintu ekirala Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kye yali ayagala ennyo kyali kimaze okutuukirira. Umaru (Allah amusiime) bwe yaddamu okwogera, ebigambo bye yasooka okwatula byali bino: “Njulira nti teri katonda okugyako Allah era nti Muhammadi muddu we era Mubaka we.”

Umaru ibn Khattwab (Allah amusiime) mu kaseera kano yali aweereddwayo ng'okwagala kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe kwali. Naye ye Abul Hakam ibn Hishaam, asinga okumanyibwa ennyo nga Abu Jahali, yali akyayon-gerera ddala okwebbiika mu lutobazi lw'obuyinike.¹⁹⁸

Oluvannyuma lwa Umaru (Allah amusiime) okulangirira obukkiriza bwe mu maaso ga Nnabbi Owékitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), nga bakolera ku kiteeso kye yaleeta, Abasiraamu bonna awamu baava mu nnyumba ya Arqam mu makkati g'okutendereza Katonda ne boolekera Ka'aba. Era lino lyali kkonde lya maanyi eri bamusinzabibumbe. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) olwo n'awa Umaru (Allah amusiime) ekitiibwa ekya “al Faaruuq”, ol'okwawula ekituufu ku kikyamu.¹⁹⁹

Umaru (Allah amusiime) anyumya ebyaliwo mu biseera ebyo bw'atyi:

“Tewaaliyo Musiraamu n'omu eyali tatulugunyizibwa, eyali talina kwerwanako. Naye tewaali muntu yenna yali ankwtakko.

¹⁹⁸ Laba: Ibn Hishaam, I, 365 – 368.

¹⁹⁹ Laba: Diyaarbakri, I, 296.



Nnalowooza muli nti, ‘Sandiyagadde butatuusibwako bulabe nga Abasiraamu abalala bona baatuusibwako ebibonerezo ebikambwe eby'engeri yonna.’

Kale ekiro kye nnafuukirako Omusiraamu, nnasalawo okunoo-nya omulabe wa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emi-rembe bibeere ku ye) eyali asinga okubeera ow'omutawaana mu bamusinzabibumbe mubuulire nti nsiramuse. Enkeera ku makya, nnagenda ku luggi lwa Abu Jahali, era n'aggulawo:

‘Nsanyuse okukulaba Umaru, olina mawulire ki?’

Nnamuddamu nti: ‘Nzize kukutegeeza nti kati ndi mukkiriza wa Allah, Omubaka we era na byonna by'azze nabyo.’ Yankolimira era n'anzigalirawo oluggi.” (Ibn Hishaamu, I, 371)

Oluvannyuma, Umaru, mu ngeri y'emu, amawulire ago amalungi yagateggeza omu ku bamusinzabibumbe abaali basinga obututumufu, taata we omuto Waliidi ibn Mughira, ne bamusinzabibumbe abalala babiri bona, olw'okubulwa obuvumu obubaako eky'okukola Umaru, baasalawo kuggala buggazi nzigi zaabwe ne beesibira mu nda mu nju zaabwe.

Abdalla ibn Masuud (Allah amusiime) agamba nti:

“Okukkiriza kwa Umaru Obusiraamu bwali buwanguzi, okusenguka kwe okugenda e Madiina bwali buyambi ate okufuuka kwe Kaliifa kwali kusaasira! Twali tetusobola kusaala sswala yonna kyere ku Ka'aba, naye bwe yasiramuka yalwanyisa bamusinzabibumbe n'akakasa nti batuvaako. Awo wokka we twasobolera okusaalirayo esswala.” (Haythami, IX, 62 – 63)

Umaru (Allah amusiime) yalafuurbanira e Makka mu kkubo ly'Obusiraamu okutuusa okusenguka (Hijira), ng'agumira ebizibu byonna awamu n'Abasiraamu abalala bona.

EMYAKA OGW'OMUSANVU OKUTUUKA KU GW'OMWENDA EGY'OBWANNABBI: EMYAKA EGY'OKUSIBIRWA EKIKOOKOLO (BOYIKOOTI)

**Enkola Ey'ebbangaa Ery'emyaka Esatu Emiramba Eya
Bamusinzabibumbe Okuboola Abasiraamu**

Awamu n'enegeri zonna ez'okuziyiza ze baakola, Obusiraamu bwasigala bweyongera bweyongezi kutinta buli lunaku era kino kyakuma mu muliro gw'obukyayi bamusinzabibumbe bwe baalina. Baakola endagaano eyagenderera obulamu bwa Nnabbi ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) obutukuvu olwo balyoke ensi bagisse mu kizikiza.

Baamalirira era ne bawera nti:

Beeyama nti: "Ka kibeere mu lujjudde oba mu nkukutu, tujja kumutta!"

Abu Twalib yatandika okutiiririra Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'alaba obumalirivu bamusinzabibumbe bwe baalina okumukolako ekikolwa eky'ekivve. Yakunngaanya ab'ekika kya Hashim ne Muttwalibu n'abakubiriza okukuuma Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu buli mbeera n'ekiseera kyonna. Mu kiro omwe-



zi gwa Muharram lwe gwaboneka ab'ennyumba ya Hashim n'eya Muttwalib, nga bakuleembeddwaamu Abu Twalib ate nga beegat-tiddwaako ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), baasisinkana mu kifo kya Abu Twalib. Abu Lahabi teyeetaba mu lukungaana era yasalawo okusigala ne bamusinzabibumbe banne.

Bamusinzabibumbe nate baasalawo okukola enteekateeka embi gye baalwooza nti yali ya kusaanyaawo Obusiraamu nga tebun-nasaasaana n'okweyongera amaanyi: okugezaako okujja abandiya-gadde okufuuka abakkiriza ku mulamwa nga bayita mu kussa mu nkola nnati ey'ebey'enfuna n'enkolagana eya bulijjo.

Okutuukiriza kino, ekabinja k'abantu abalina emitima egy'ekko nga kakuleembeddwaamu Abu Jahal baakunngaanira mu nnyumba za Banu Qinaahah, gye balangirira okukutulawo enkolagana yonna n'Abasiraamu n'ab'ennyumba ya Hashim abaali babawa obukuumi, nga mu nnati eno mw'ozingira eby'okusubulagana okutuukira ddala ku kufumbiriganwa okw'ekika kyonna. Baawandiika endagaano ne bagitimba ku kimu ku bisenge ebiri munda mu Ka'aba.

Wabula edduwa Nnabbi ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye yasaba, yaviirako omukono gwa Mansuuru ibn Ikrimah, eyawandiika ebbago lino, okusannyalala ekintu ekyaleetera olugambo okusaasaana mu bamusinzabibumbe nti ekizibu ekyali kigudde ku Mansuuri kyava ku kikolwa kye baali basazeewo okukola ab'ekika kya Hasim (Ibn Hishaam, I, 372 – 373; Ibn Sa'ad, I, 208 – 209; Bukhari, Hajj, 45)

Nnati gye bassa ku Basiraamu, mu kiseera ekyo abaali basaa-saanidde ebitundu bya Makka eby'enjawulo, yabawaliriza okukunn-gaanira mu kifo ekimu ekya Abu Twalib nga ye ngeri yokka gye baali basobola okukunngaanya n'okugatta wamu obuyambi wamu n'okuyambagana. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'em-

rembe bibeere ku ye) naye yava mu nnyumba ya Arqam ne yeegatta ku baali mu kifo ekyo.

Olw'ekengera ekibi ekisembayo ekyali kiyinza okutuukawo, Abu Twalib yeetegekera embeera yonna ey'okugezaako okutemula Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Okugeza, yawanyisanga ebifo by'okwebakamu, ng'agera abantu bona bagenze okwebaka, n'asindika omu ku batabani be oba bakizibwe be yeebake mu buliri Nabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mwe yabanga ow'okwebaka olwo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'asula mu kifo ky'oyo eyabanga yeebase mu buliri bwe.²⁰⁰

Akaseera ak'ebizibu eby'amaanyi kaali katandise. Abu Jahal ne basajja be baali baalawunanga ekifo abasiraamu mwe baali bakunningaanidde ekiro n'emisana, nga tebakkiriza buyambi bwonna ne bwe bwabanga bwenkana wa okuyingira mu kifo ekyo. Enguudo zonna ezaatuusanga Abasiraamu mu bifo ewaabeeranga obutale zaazibwa, era n'ebiyamaguzi eby'omuzindo (kolijja) ebyayingizibwanga mu Makka byonna bamusinzabibumbe baabyefuganga ng'Abasiraamu tebannabitusaako ngalo zaabwe. Abakkiriza mu kifo mwe baazin-gizibwa baasabolanga kuvaayo mu kiseera kya kulamaga kyokka. Yali efuuse nkola ya Abu Lahab, buli Musiraamu lwe yagendanga ew'omutunzi asobole okugulirayo abantu be ku kamere, okuyimirira ku awali ebyamaguzi n'aleekaaana nti:

“Musuubuzi! Paaza emiwendo gy'ebintu olemese Muhammadi n'abagoberezi be okukugulako ekintu kyonna! Teweeraliikirira! Nze ndi musajja mugagga ate akuumma ekigambo kye! Nja kukuddizaawo kyonna ky'onooba ofiiriddwa.”

200 Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 132.

Mu ngeri eyo, Abasiraamu baddangayo ngalo nsa, nga tebalina wadde akamere okusirisizaako abaana baabwe abaabanga bakaaba. Bo abatunzi, baabukeerezanga nkokola ne bagenda ewa Abu Lahab eyabagulangako ebintu bye baabanga balemesezza Abasiraamu ku miwendo egitakkanga wansi w'egyo gye baabanga boogedde okule-mesa Abasiraamu okubagulako.²⁰¹

Wakati mu mbeera eno, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne mukyala we Khadiija (Allah amusiime) baakomekkerera basaasaanyizza ebyobugagga byabwe byonna bye baalina okusobola okuyamba Abasiraamu.²⁰²

Awamu n'eyo byonna bamusinzabibumbe bye baakola okuziba amakubo gonna agaali gatuuka ku kifo Abasiraamu we baazingizi-bwa, Bannamakka abamu baasobola okuwaguza ne bayamba ab'enn-ganda zaabwe Abasiraamu. Haakim ibn Hizaamu yali ayingizza ebitereke by'enngano gye yaliasuubudde e Damascus. Yatikka enngano ku nngamiya era mu kyama n'agisika ng'agitwala oluguudo olugen-da mu kifo awaali wazingiziddwa Abasiraamu we Iwali lutandikira. Yata enngamiya n'agigoba olwo n'edduka ng'eyolekedde enkambi y'Abasiraamu, abaagikwata amangu ne bagiggyako enngano gye yali yeetise. Mu kiro ekirala, era mu ngeri y'emu yaweereza enngamiya eyali yeetise obuwunga.

Omulala eyali omusaale mu kuyamba Abasiraamu yali Hishaamu ibn Amuri. Era ono bamusinzabibumbe bwe baamumanya nti yali aweerezza Abasiraamu enngamiya ezaali zeetise emmere, baamu-tiisatiisa mu bukambwe. Bwe baalaba nga Hishaamu yeesuuliddeyo gwa nnaggamba era ng'asigadde ayamba ab'ennganda ze, baatandika okumukwasaako omukono ogw'ekyuma era nga yali Abu Sufuyaane eyamutaasa obutattibwa bwe yabiyingiramu n'agamba nti:

201 Suhaylii, II, 127 – 128.

202 Yakuubii, II, 31.

“Omusaja mumuleke! Ndaba ayamba buyambi bannganda ze ... Singa naffe tubadde tusobola twandikoze ekintu kye kimu!”

Mu kiseera ekyo kyonna, Abasiraamu baalina okuyita mu bulumi obw'amaanyi, nga n'ebiseera bingi lwe baatuuka n'okulya ebikoola by'emiti. Abaana baatondokanga olw'enjala. Era nga n'okwaziirana kw'abaana abalala kwasabolanga okuwulirwa abantu abaali okumpi nekifo ekyo.

Bamusinzabibumbe kye baali bagenderera mu nnati eno kwe kulumya Abasiraamu enjala okutuusa lwe bandiwaddeyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ekyandibawadde omukisa okumutta. Naye, olw'obuwagizi bwe baafuna okuva mu b'ennyumba ya Hashim ng'ekuleembeddwa Abu Twalib, Abasiraamu baali bamalirivu okukuuma Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ne bwe kyanditegeezessa kuyiwa ttondo lyabwe ery'omusaayi erisembayo.

Okusibwako ekikookolo kuno bwe kwatuuka ku ssa eritakya-gumiikirizika, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yawanika emikono gye waggulu n'asaba nti: “Allah.... ! Nkusaba otuyambe nga owugula abantu bano abatalina kisa n'enjala ya myaka musanvu nga eyo eyagwawo ku mulembe gwa Yusufu!”

Akaseera kaayitawo katono enkuba n'rerekera awo okutonnya, ekyaleetawo enjala ey'amaanyi eyayisa obubi ennyo bamusinzabibumbe Abakulayishi. Bangi baatondoka ne bafa. Abalala baabulwa eky'okulya ne batandika okulya ennyama y'ebisolo ebifudde byokka n'amaliba gaabyo. Olw'enjala n'ebbugumu ebingi, ebbanga lyali litandise okubuutikirwa omukka.

Okusinziira ku Ibn Masuudi, Katonda Owoobuyinza embeera eno gy'ayogerako mu Kulaane nti:



فَإِنْ تَقْبِلْ يَوْمَ تَأْتِي السَّمَاءُ بِدُخَانٍ مُّبِينٍ.
يَغْشَى النَّاسَ هَذَا عَذَابُ أَلِيمٍ

“Bw’otyo lindirira olunaku eggulu lwe lirireeta omukka ogulabwako, ogulibutikira abantu. Ekyo kibonerezo ekirumya.” (ad Dukhan, 44 : 10 – 11)

Enjala bwe yatuuka ku ssa eritagumiikirizika, Abu Saufuyaane yeegayirira Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) nti: “Muhammad! Ogamba nti wasindikibwa ng’eky’okusaasira. Olagira okugondera Allah era n’okuyamba ab’oluganda. Naye abantu bo bali kumpi kusaanawo lwa njala! Saba Allah abawonye ekizibu ekyo! Bw’anaakikola ng’ayita mu kusaba kwo, olwo beera mumativu nti tujja kumukkirizaamu!”

Bw’atyo, Omubaka ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yasaba era enkuba neyyiika. Naye wadde ng’ejala yakoma, bamusinzabibumbe baasigala bagenda mu maaso n’enkola yaabwe gye baaliko.²⁰³

Ku bikwata ku ndowooza ya bamusinzabibumbe bw’etyo, Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane:

وَإِذَا مَسَّ الْإِنْسَانَ الضُّرُّ دَعَانَا لِجَنْبِهِ أَوْ قَاعِدًا أَوْ
قَائِمًا فَلَمَّا كَشَفْنَا عَنْهُ ضُرُّهُ مَرَّ كَأْنَ لَمْ يَدْعُنَا إِلَى
ضُرُّ مَسَّهُ كَذَلِكَ زُيْنَ لِلْمُسْرِفِينَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ

²⁰³ Bukhari, Tafsir, 30, 44; Muslim, Munaafiquuna, 40; Ahmad, I, 431, 441.

“Era obuzibu bwe butuuka ku muntu, atuwanjagira ng’agala-midde oba ng’atudde oba ng’ayimiridde; naye bwe tumuggyirawo obuzibu obwo, ayita kuli ng’alinga atannatuwanjagirako kumuyamba ku buzibu obubadde bumukutte; bwe batyo aboonoonyi ebintu bye bakola byabafuulibwa ebirabika obulungi.” (Yunusu, 10 : 12)

Okusiba Ekikookolo (Nnati) Kukoma

Emyaka esatu egy’obulumi nga giggwaako, Katonda Omuyinza wa byonna yasindika ebiwuka ne birya ekiwandiiko ky’endagaano ey’okusiba nnati bamusinzabibumbe kye baali batimbye munda mu Ka’aba. Nga oggyeeko ebigambo “Bi Ismika Allaahumma” (*Mu linya lyo Katonda waffe*), ebiwuka byalya ekiwandiiko kyonna ekyali eky’obukambwe n’okunyigiriza. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yafuna Obubaka obumutegeezaako ku kyali kiguddewo era naye n’abuulirako taata we omuto, Abu Twalib, naye eyalagira baganda be amangu ago okugenderawo eri Abakulayishi nga bw’abakalaatira nti: “Mwambale engoye zammwe ezisingayo obuyonjo mugende eri Abakulayishi! Mubabuulire ku kigudde ku ndagaano yaabwe gye baakola nga tebannaba kukyezuulira!”

Abu Twalib ne baganda be nga baakamala okubategeeza ebyali biguddewo, bamusinzabibumbe baatumirawo omuntu okukima endagaano era ono n’agireeta nga eri mu mbeera yennyini nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yali agibagambye. Kino Bamusinzabibumbe kyabamalamu amaanyi. Era Abu Twalib wano kwe kufuna obuvumu n’abagamba nti:

“Kati mutegedde nti mubadde mukola kibi era nga mubadde mu kunyigiriza bantu bammwe?”

Bamusinzabibumbe ebigambo byabaggwaako. Oluvannyuma abamu baatandika okumuumuunya nti:

“Buno bulina kuba nga bufuusa!” Oluvannyuma Iw’ekyo, baafuna eby’okwekwasa era nate ne bagaana okugoberera amazima ameeyolefu. Naye Abakulayishi abamu baatandika okuwulira okwejjusa olw’ebyo bye baali bakoze era ne batandika okunoonya ekkubo ery’okutereeza embeera. Olwo nno gwali mwaka gwa kkumi ogw’obwannabbi abamu ku bamusinzabibumbe bwe baasalawo ne batandika okusala empenda ezaali ez’okuggyawo ekikookolo. Eyatandiikiriza yali Hishaamu ibn Amuri eyagamba Zuhayri ibn Abi Umayya bw’atyi:

“Zuhayiri mpuliriza bulungi! Obeera otya omumativu nga weetuusaako kyonna ky’oyagala, naye nga ba taata bo abato babonaabonera mu bwavu ate nga tebakkirizibwa kufuna na ddembe eri-sookerwako ery’okusuubula oba enkolagana ey’okufumbiriganwa? Singa Abu Jahal gwe wali ogambyeko akole endagaano y’emu nga kikwata ku bataata be abato (oba bakojja be), nkulayirira, teyandikukuwulirizza!”

Ng’amaze okumatiza Zuhayiri, Hishaamu yasobola okumatiza Mutw’im ibn Adyyi, Abu’l Bakhtari ne Zam’a ibn As’wad, omu kw’omu. Mu kiro ekimu, abataano bano baasisinkana mu Hajun ekiri mu mambuka ga Makka okutema empenda ez’engeri gye baali bagenda okutambuzaamu enteekateeka zaabwe. Beeyama okulwana okutuusa nga nnati zisumuludda.

Enkeera ku makya, baagenda ku Ka’aba. Zuhayiri, nga yenna anekaanekanye mu ngoye ez’ebbeeyi, yeetooloola Ennyumba Enjatiikirivu, oluvannyuma n’alyoka ayogera nti, “Bannamakka! Kijja kitya okuba nga tuwangaala nga tetulina kye tujula naye ne tuleka ab’ennyumba ya Hashim n’eya Muttwalib okussanawo? Ndayira Katonda nti sijja kuweera okutuusa ng’endagaano embi eyamenyawo oluganda olw’omu musaayi lwonna ng’eyuziddwa!”

Okuwakanya Abu Jahal kwe yakola kwagwa butaka kasita ab'emikwano abana baalaga obuwagizi bwabwe, ekintu ekyaleetawo embeera ezzaamu amaanyi. Mutw'im yasitukiramu n'ayuza endagaano eyali etimbiddwa ku kisenge. Adiyy ibn Qaysi, Abu'l Bakhtari ne Zuhayiri baayolekera ekifo kya Abu Twalib nga bali neby'okulwanyisa byabwe era ne bakakasa nti Abasiraamu badde mu maka gaabwe. Bwe batyo Abasiraamu nga baliko emikisa okuva eri Katonda, bwe baasobola okuva mu kuzingizibwa okubi ennyo kwe baamalamuemyaka esatu emiramba. Abu Twalib yatunga ekitontome nga kiwaana abo abaali abasaale mu kukomya ekikookolo ekyo. Mu kiseera kye kimu ekyo, bamusinzabibumbe ab'omutawaa-na baakutuka n'okusubira okuddamu okulemesa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okukowoola abantu okuyingira Obusiraamu.²⁰⁴

Gye byaggweera, ng'obuzibuo bwaliwo buyambye okunyweza obuk-kiriza bw'abakkiriza n'okubagatta, so nga mu kiseera kye kimu bwayon-gera kumalamu maanyi na kwongera nyiike eri bamusinzabibumbe.



Mu kaseera ako ke kamu, mu bbanga ery'emyaka omunaana eg'y'obwannabbi, Abaperuusiya baali bawangudde ba Byzantine mu ntalo ez'omuddirinnganwa era nga mu kwonoona ennyo ebibuga byabwe baali batuukidde ddala ku nzigi za Constantinople, ekyakkanya ba Byzantine ne batuuka okukkiriza okusasula emisolo egiali eyo mu buwanana.

Obuwanguzi bwa Abaperuusiya buno bwasanyusa nnyo Bamusinzabibumbe b'e Makka engeri n'Abaperuusiya gye baali bamusinzabibumbe bannaabwe. Wabula ye Nnabbi (okusaasira kwa

204 Laba: Ibn Hishaamu, I, 397 – 406; Ibn Sa'adi, I, 210 – 211.



Allah n'emirembe bibeere ku ye) eky'okuwangulwa kw'aba Byzantine, abaali Abantu b'Ekitabo (abakkiririza mu ddiini ezaava mu ggulu), nga bawangulwa Abaperuusiya (bamusinzabibumbe) tekyamuyisa bulungi. Naye, mu kadde ako, *ayah* zino zassibwa:

الْمُغْلَبَتُ الرُّومُ فِي أَذْنَى الْأَرْضِ وَهُمْ مِنْ بَعْدِ غَلْبِهِمْ
 سَيَغْلِبُونَ فِي بِضْعِ سِنِينَ لَهُ الْأَمْرُ مِنْ قَبْلٍ وَمِنْ بَعْدٍ وَيَوْمَئِذٍ
 يَفْرَحُ الْمُؤْمِنُونَ بِنَصْرِ اللَّهِ يَنْصُرُ مَنْ يَشَاءُ وَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ

“Abalooma bawanguddwa mu nsi eri okumpi, naye nabo, oluvannyuma l'okuwangulwa bajja kuwangula mu myaka emitono. Ekiragiro kya Allah ku ntandikwa n'olvannyuma. Era ku lunaku olwo, Abakkiriza bajja kujaganya olw'okutaasa okuva eri Allah, Ye ataasa oyo yenna gw'aba ayagadde. Era Ye ye wa Maanyi Omusaasizi.” (ar Ruum, 30 : 1 – 5)

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kugamba nti: “Okuwangulwa kw'Abaperuusiya ddala kuli kumpi!” (Ahmada, I, 276)

Abu Bakari (Allah amusiime) olwawulira amawulire Amatukuvu ago, yasibawo ssente n'enngamiya kkumi ne musinzabibumbe Ubayyi ibn Khalaf nti ba Byzantine baali baakuwangula Abaperuusiya mu bbanga lyu myaka esatu.²⁰⁵

Oluvannyuma yabuulirako Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku kusibawo kwabwe, eyamuwa amagezi nti: “Ekigambo *Bidhw'u* (ekyakozesewa mu *ayah* ya Kulaane) kitegeeza ebbanga okuva ku myaka esatu okutuuka ku kkumi. N'olw'ekyo kati

205 Ekyafaayo kino kyagwawo nga okusibawo tekunnaba kugaanibwa.

ddayo oyongeze ku bbanga oyongere ne ku muwendo gw'enngamiya zifuuke kikumi!" Abu Bakari bw'atyo yayongeza ekiseera ne kifuuka emyaka mwenda ate n'omuwendo gw'enngamiya ne gufuuka kikumi.

Ba Byzantine baayanguwa mangu okufuna embavu ne batandika okuwangula Abaperuusiya bubi nnyo mu bifobingi. Abu Bakari bwe yajjayo enngamiya ekikumi okuva ewa Ubayyi, yazireeta eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyamuwa amagezi okuzigabanya mu banaku. Era ekyo kyenniyini Abu Bakari kye yakola.

Eky'amagero kya Kulaane okulangirira obuwanguzi bwa ba Byzantine kyavaako bamusinzabibumbe bangi okulunngama.²⁰⁶

Shaqqu'l Qamar: Okubejjukamu kw'Omwezi

Okuyamba Bannabbi be okuvvuunuka obuzibu bwe baasan-ganga mu bantu nga bali mu kkubo lyabwe ery'okubakoowoola okudda ku kkubo ettuufu, Katonda Owoobuyinza yabawa ekirabo eky'enjawulo okuleetawo enkyukakyuka mu bantu n'okubasikiriza eri okukkiriza. Okusobola okusikiriza enkuyanja y'abantu eri ekyo ekibasingira obulungi, bannabbi era baaweebwa emikisa egitali gya bulijjo egiyitibwa eby'amagero.

Eby'amagero Bannabbi bye bagonnomolwako bulijjo byabeeranga byekuusa ku busobozi abantu bwe baasinganga okwewuunya mu biseera byabwe. Okugeza, mu biseera bya Musa (emirembe gibeere ku ye), obufuusa bwali bugenze wala nnyo nga buli ku ntikko yaabwo. Bw'atyo Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) yaweebwa eby'amagero ebyali bigya mu mbeera eyo: Omuggo n'Omukono ogutangalija.²⁰⁷

206 Laba: Tirmidhi, Tafsiir, 30 / 3194; Qurtubii, XIV, 3.

207 Omukono O gutangaala oba Ya'dul Baydhwa'a (mu lulimi olwa bulijjo "Omukono Omweru") kyali kimu ku byamagero omwenda ebyaweebwa Musa



Mu kiseera kya Nnabbi Yisa (emirembe gibeere ku ye), lyali dda-gala (busawo) eryali lifunye ettutumu, era abasawo baali baweebwa nnyo ekitiibwa mu bantu be baawangaalirangamu. Bw'atyo yaweebwa omikisa n'ekyamagero ekyali kijja okuleetera n'omusawo asingayo obulungi okukkana ku maviivi ge nga nakyo kwali kuzuukiza bafu.

Naye nga obwannabbi bwa Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe butwaliramu ebbanga lyonna era nga bukyaliwo okutuusa enkomerero y'ekiseera, obuvunaanyizibwa bwe n'okukyusa abantu, n'eb'yamagero ebibugenderako, tebyali bisukkulmu mu biseera byabyo byokka ne mu bintu ebyaliwo mu kiseera ekyo okugeza mu nsengeka y'ebigambo n'okunnyonnyola byokka, naye era byali bisukkulmu mu ngeri endala nnyingi. Ekimu kw'ebyo kwe Kubejjukamu kw'Omwezi; eky'amagero eky'amaanyi ekyawanika waggulu emitima gy'Abasiraamu egiali gyebbise olwa nnati n'ekikoligo ebyabateekebwako ne bibawa essuubi n'amaanyi amapya agaali ag'okuwa bamusinzabibumbe ekirowoozo ku maanyi ge baali bagezaako okulwanyisa.

Ekyamagero kino eky'amaanyi kyagwawo mu biseera bya nnati omwaka ogw'omwenda ogw'ekiseera ky'e Makka. Mu kiro omwezi mwe gwali gwakira obulungi ng'ekitangaala kyagwo kibunye wonna, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasaba Katonda Owoobuyinza ku buli kintu era omwezi ne gubejjukamu ebitundu bibiri, ekiwayi ekimu ne kikkira ku ludda lwo lusozi lwa Abu Qubayisi, ate ekirala ne kikkira okumpi n'olu-sozi lwa Quayqiyani. Naye awamu n'ekyamagero ekitiisa nga kino, bamusinzbibumbe era baagaana okukkiriza. Abu Jahal, nga bulijjo, yalumiriza ebyaliwo nga bwe byali obufuusa.

(emirembe gibeere ku ye) (laba: al Aaraaf, 108; al Isra, 101; Twa-Ha, 22; as Shuaraa, 33; an Naml, 12; al Qaswasw, 32). Bwe yajjayo omukono okuva mu nsawo ye, buli kintu ekyali awo kyatangaala nga enjuba eringa evuddeyo.

Bamusinzabibumbe beematiza nga okwo bwe kwali okwolesa obufuusa, naye nga bwali tebuyinza n'akamu kutuuka ku balala! Bwe batyo baasalawo okubuuza abasuubuzi abaali mu kibinja ky'aba-suubuzi abaali bayingira Makka oba nga ddala baali balabye ekintu ng'ekyo. Ekyabajja enviiri ku mutwe, be basuubuzi okukakasa nga nabo bwe baali balabye ekintu kye kimu.

Zino *ayah* ezijja wammanga ze zassibwa amangu ddala ng'ekya-faayo ekyo kyakagwawo:

اِقْرَبَتِ السَّاعَةُ وَانْشَقَ الْقَمَرُ وَانْ يَرُوْ
اَيَّهُ يُعْرِضُوا وَيَقُولُوا سِحْرٌ مُسْتَمِرٌ

“Essaawa (Ekomererayo) esembedde n'omwezi ne gubajjukamu. Naye ne bwe balaba eky'amagero bakiwakanya ne bagamba nti obwo bufuusa bwa kaseera.” (al Qamar, 54 : 1 – 2) (Waahidii, olup. 418; Tirmidhi, Tafsiir, 54 / 3286)

Bannamakka bonna bakkiriza nti baali balabye omwezi nga gubejjukamu. Abo abaalinamu ettundo ly'amazima mu mitima gya-bwe baalangirira okukkiriza kwabwe eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), so nga abalala ab'emitima egysi-gala nga miggalire ddala, baasigala bamuyita mufuusa.

N'Omufalansa Lefrancis de lalande (1732 – 1807) omututu-mufu mu by'okunoonyereza mu bwengula, bwe yali anoonyereza ku ntambula y'omwezi yakkiriziganya n'obutuufu bw'eky'amagero kya *Shaqq'ul Qamar*.²⁰⁸



208 Laba: Zekâî Konrapa, olup. 110.



Ensonga ez'omunda lwaki Katonda Owoobuyinza yawa ababaka be eby'amagero zisobola okufunzibwa bwe zityi:

1. Okubaako ne kye bakola mu kukyusa abantu aba bulijo abangi n'okubasikiriza okukkiriza.
2. Okunyweza obukkiriza bw'abakkiriza n'okugumya emitima gyabwe.
3. Okukakasa amazima g'obutuufu bw'okukoowoola kwa Banabbi.
4. Okussa ekitiibwa n'ebywuuunyo eri Abasiraamu n'okukaka abatali bakkiriza okumanya obunafu bwabwe eri Amaanyi ga Katonda.

Buli lunyiriri lw'ekitabo ekitukuvu lwongera ku bukkiriza bw'abakkiriza, naye mu kiseera kye kimu lwongera butakkiriza bw'abo ekitabo ekitukuvu Kulaane nti 'laa yahdi' ekitegeeza nti abo abayinza obutalunngamizibwa.²⁰⁹

Omwezi okubejjukamu kyamagero kya maanyi ekya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Engeri era gy'ali nga ye Nnabbi 'Ow'essaawa Ekomererayo', okuggyga kwe ku nsi nako kamu ku buponero bw'Olunaku lw'okulamula. Kulaane kino ekirazaako bw'etyi:

209 لا يَهْدِي اللَّهُمَّ إِنِّي مُسْتَأْذِنٌ
...Allah talunngamya bantu banyigiriza." (al Baqara, 2 : 258)

وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ

...Allah talunngamya bantu abatakkiriza." (al Baqara, 2 : 264)

وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الصَّابِرِينَ

...Allah talunngamya bantu boonoonyi." (al Maa-ida, 5 : 108)

اقْرَبَتِ السَّاعَةُ وَانْشَقَ الْقَمَرُ

“Essaawa (Ekomererayo) esembedde omwezi ne gubejjukamu (ebitundu bibri).” (al Qamar, 54 : 1)

Okwewaayo Kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Okukoowoola Abantu Okujja Eri Obusiraamu Mu Buli Mbeera

Nga oggyeeko ebikolwa eby'obukambwe ebyakolebwa ab'ekika kye, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyasimbula wadde ekigere ekimu okudda emabega okuva ku kuyita abantu okujja eri ekituufu. Yakozesa buli kakisa ke yafunanga ka kabe katono katya ng'akozesa amakubo ag'enjawulo ago ge yala-banga nga ge gagwana omuntu oyo gwe yabanga ayita.

Rukaana ayinza okuba nga ye yali omumegganyi eyali asinga mu Bakulayishi. Olunaku lumu yagwa ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kimu ku biwonvu ebiri okumpi ne Makka. Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'amuyita bw'atyi:

“Rukaana! Olikoma ddi okulwanyisa Obusiraamu n'okubeera nga totya Allah? Jangu obeere Omukkiriza!”

“Okuggyako ng'ommmezze mu kigwo”. Bw'atyo Rukaana bwe yasoomooza.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamubuuza nti:

“Singa nkumegga onokkiriza obutuufu bw'ebyo bye nkugamba?”

“Yee. Singa ommegga nja kukkiriza Obusiraamu oba nkuwe endiga zino! Naye singa nkumegga, ate olwo eby’okweyita Nnabbi ojja kubivaako!”

Baatandika okumeggana. Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) olwakwata Rukaana bw’atyi, omumegganyi we Makka omwatiikirivu yeesanga ali ku ttaka, nga takyasobola na kwenyeenya.

Rukaana mu butamatira yagamba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nti: “Ka tuddemu omulundi gumu.”

Baddamu naye era Rukaana n’awangulwa.

“Leka tuddemu nate,” bw’atyo bwe yagamba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye).

Era nate yaddamu n’akubwa omulundi ogw’okusatu.

Rukaana yayogera nga bw’agenda nti, “Ndayira Katonda nti, onsingako, oli musajja wa kitiiibwa okunsinga”.

Wadde nga teyabeera mwesimbu ku kisuubizo kye, Rukaanah yasiramuka oluvannyuma lwa Makka okuwangulwa era oluvannyuma yasenguka okugenda okuwangaalira e Madiina. (Ibn Hishaam, I, 418; Ibn Athiir, Usudul Ghabah, II, 236)

Dimad ibn Thaalabah okuva mu kika kya Azd Shanaah lumu yajja e Makka okulamaga. Omusajja ono yali ayagala nnyo eby’obusawo era nga mwatiikirivu mu kuvumula abalwadde b’emitwe. Bwe yawulira bamusinzabibumbe nga bayita Omubaka (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nti, “mulalu” muli yeegamba nti:

“Kibeera kirungi ne nkyalira omusajja ono osanga nnyinza okuba n’ekkubo erimuwonya.” Yasitukiramu n’agenda eri

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'agamba nti:

“Muhammad, nsobola okukuwonya eddalu, n'olw'ekyo, bw'oba oyagadde nsobola okukujjanjaba. Kisobola okuba nti Katonda aija kukuwonya ng'ayita mu nze!”

Nnabbi ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayogera bino wammanga:

“Amatendo gonna ga Allah. Ye yekka gwe twebaza era gy'ali gye tunoonya obuyambi n'okusonyiyibwa. Obukuumi bwe bwe twetaaga okutuwonya ebibi by'emyoyo gyaffe. Teri muntu aija kulunngamya oyo Allah gw'aba abuzizza. Era teri muntu asobola kubuza oyo Allah gw'aba alunngamizza. Njulira n'omwoyo gwange ne nkakasa n'olulimu nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah. Ali Omu. Teri kiriwo kyonna kimufaanana; talina kyonna kimwegattako. Era njulira nti Muhammad muddu we era Mubaka we.”

Dimad ebigambo bya Nnabbi ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) byamuyingira nnyo era kwe kugamba nti, “Siwlirangako bigambo birungi ng'ebyo mu bulamu bwange. Osobola bambi okunziriramu ebigambo bye waakamala okwogera?”

Omubaka Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaddamu ebigambo bye yali ayogedde. Dimad yamusaba abiddemu emirundi ebiri emirala, era oluvannyuma n'agamba nti, “Mpulidde ebigambo by'abalaguzi, abafuusa, abatontomi na buli kika kya bantu, naye ndayira ... nti sibawulirangako nga boogera bigambo nga bibyo. Biringa amakula ag'omuwendo mu gayanja g'ebigambo ebrisengeke obulungi. Mpa omukono gwo mpere gy'oli.”

Bw'atyo Dimad (Allah amusiime) bwe yafuuka Omusiraamu.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yamubuuza nti: “Osobola okuwera ku lw'abantu békika kyo?”

Yaddamu nti: “Yee nsobelera ddala … era mpeera ku lwabwe.”

Okugamba Dimad okuwera ku lw'abantu békika kye amangu ddala nga yaakayingira Obusiraamu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali alonda Dimad okubeera omusomesa era akiikirira Obusiraamu mu kika kye.



OMWAKA OGWE KKUMI OGW'OBWANNABBI

Omwaka Gw'ennaku – Okufa Kwa Khadiija (Allah amusiime) Ne Abu Twalib

Essanyu ly'Abasiraamu ery'okuggibwako ekikookolo ne nnati ebyali bibassiddwaako bamusinzabibumbe teryabeerera, era nga mu kaseera katono lyaggwaawo olw'okufa kwa taata wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) omuto Abu Twalib, eyali empagi luwaga, era eyawa Abasiraamu obukuumi, n'agumira obulumi asobole okubalwanirira.

Emirundi mingi, mu bisiera n'ebifo eby'enjawulo, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeegayirira taata we omuto akkirize Okusiramuka naye nga ku buli mulundi taata we amuddamu nti, "Mmanyi nti g'oyogera ge mazima. Naye singa nzikiriza, n'abakazi obukazi Abakulayishi baba bajja kunvumirira olw'ekikolwa ekyo!"

Awamu n'okuba nga yali akkiriza obutuufu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu nda, naye okwagala kw'omwoyo gwe n'okwemanya byamulemesa okukkiriza.

Ne ku ssaawa y'okufa kwe esembayo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamwegayiriria okuwaayo omwoyo gwe eri Katonda Oweekitiibwa mu mbeera ey'okukkiriza.



“Taata bambi ... yogera bwogezi kigambo Katonda ajja kukuwa essanyu ery’olubeerera!”

Abu Jahali eyali azze okulaba omulwadde yamulemesa. Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yali addinngana ebigambo bya *shahadah* taata we omuto Abu Twalib asobole okubyogera, ng’eno Abu Jahali bw’abyongererezaako nti, “Togeza ne weerabira nti oli ku ddiini ya bajajja bo!”

Ebigambo Abu Twalib bye yasemyayo okugamba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) byali bino:

“Nzisa omukka gwange ogw’enkomerero nga ndi ku ddiini enkadde (eya bajajja). Nandikkiriza ebigambo byo singa mmanyi nti Abakulayishi tebalowooze nti kutya kufa kwe kunkyusisizza eddini!” (Bukhari, Janaaiz 81, Manaaqibul Answar 40; Ibn Sa’ad, I, 122 -123)

Ebigambo ebyo, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yabiwerekereza, nga muli alinamu essuubi ettonoton, nti, “Bulijjo nja kukusabira Katonda akusonyiwe.”

Yafuluma mu nnyumba ya taata we ng’ajjudde ennaku.

Ekisuubizo Nnabi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kye yasemyayo okuwa taata we kyavaako okukka kw’Obubaka buno:

إِنَّكَ لَا تَهْدِي مَنْ أَحْبَبْتَ وَلَكِنَّ اللَّهَ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ

“Mazima ddala ggwe tosobola kulunngamya oyo gw’oba oya-gadde, naye Allah y’alunngamya oyo gw’aba ayagadde...” (al Qaswasw,

28 : 56) (Muslim, Imaan, 41 – 42)

Obulunngamu kitangaala kya Katonda ekituusa omuntu eri ekkubo eggolokofu. Kituuka kw'abo bokka abalina emitima egisikirizibwa okudda eri Amazima.

يَهْدِي إِلَيْهِ مَنْ أَنَابَ

“... era alunngamya okudda gy’ali abo abadda (gy’ali).” (ar Ra’ad, 13 : 27)

N’olw’ekyo abalala bona eky’amaanyi kye bayinza okukola kubbeera kkubo. Okulunngama tekuggyawo lwa kufuba kwa muntu kwokka, omuntu oyo ne bw’abeera Nnabbi. Ky’ova olaba nga wadde Nnabbi ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), yagezaako nnyo nga bw’asobola naye obulunngamu tebwatuuka ku Abu Twalib. Kino kyalì bwe kityo kubanga wadde nga Abu Twalib yamanya ekituufu, yalondawo obutadda eri Amazima n’akkiriza okugwa mu kitimba ky’okwekuza.

Waayita ennaku kkumi na ssatu zokka nga ennaku y’okufa kwa Abu Twalib yaakagwawo, omubeezi, omuwagizi asinga era munne wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) era omukyala ow’ekitiibwa mu bakazi bona, Khadijatu'l Kubra n’assa omukka omuvannyuma. Eri Abasiraamu, okunyolwa okw’engeri emu kwali kugoberedde okunyolwa okulala. N’omutima ogujjudde ennaku wamu n’amaaso agajjudde amaziga, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yateeka mukyala we ne mikwano gye gyenniyini mu kifo kye eky’okuwummula.

Obulamu bwe bwonna, Khadiija (Allah amusiime) yakolanga omuwi w’amagezi eyeesigika era nga ensibuko y’amaanyi Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwe yagumiranga mu kkubo ly’Obusiraamu. Okufa kwe kulina ky’amaanyi kye kwakola ku Mubaka (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ekyamutuusa n’okukungubaga nga bw’agamba nti, “Ku mitawaana



ebiri egigudde ku *Ummah* (ng'ategeeza okufa kwa taata we omuto ne mukyala we), simanyi guliwa gwe mba nsinga okukungubagira.” (Yakuubii, II, 35; Taberi (Twabarii), Tarih, II, 229)

Ku lw'okufiirwa okw'ennaku ennyo bwe kutyo okw'abantu ababiri abo, Omwaka ogw'ekkumi mu kiseera kye Makka kino gwaya-tiikirira nga Omwaka Ogwennaku.

Okufiirwa kwa taata we omuto ne mukyala we kati kwali kutegeeza nti Nnabbi ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali takyayina buyambi obw'ebweru wadde obubudamu. Ensi ye ey'okukkiriza yali erekeddwa eri Allah Oweekitiibwa Yekka. Ng'oggyeeko ebyo byonna, mu mbeera eyo yali Allah Yekka omuntu gwe yali ayinza okwesigama era Ye yakka omuntu gwe yali asobola okwesiga mu buli kimu na buli mbeera. Okwo kw'ogatta nti, okufiirwa kitaawe, nnyina ne jajja we mu myaka gye emimpi, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali yasi-gala ng'alabirirwa Katonda Oweekitiibwa.



Khadiija (Allah amusiime) yali mukazi wa njawulo mu nneeyisa ne mu mpisa. Ku mulundi ogumu, Malayika Omukulu Jibulliru yajja eri Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okugamba nti:

“Khadiija ali mu kkubo ajja gy'oli n'gakutte ebbakuli y'em-mere. Bw'ajja, mutuseeko ebiramuso eby'emirembe n'emikisa egya Katonda we wamu n'ebyang, era omuwe amawulire amalungi ag'olubiri olukoleddwa mu mayinja ag'omuwendo olumulindiridde mu ggulu ewataabe kuleekaana oba okukoowa!” (Bukhari, Manaaqibul Answar, 20)

Ng'okuddamu, Khadiija yaleekaana n'agamba nti:

“Allah Yennyini Ye Mirembe; Mu Ye, emirembe mwe giva, n’olw’ekyo mirembe gibeere eri Jibuliiru naye! Era emirembe, okusaasira n’emikisa ebya Allah Oweekitiibwa bibeere ku ggwe, Omubaka wa Allah!”

Emyaka gye gyonna egiali gisigaddeyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) teyeerabirako wadde omulundi ogumu mukyala we ow’emikisa, ng’ayoleta okutuukiriza n’obuteerabira eby’ekika ekyawaggulu mu ngeri gye yamu-jjukirangamu.

Ayisa (Allah amusiime) yannyonnyola bw’atyi:

“Sikwatirwangako bujja mukyala wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mulala nga bwe nnakwatirwa Khadiija (Allah amusiime) obujja. Ekisingako obunene kwe kuba nga ssamulabako. Naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bulijjo yayogeranga erinnya lye. Nga kiringa bwe twa-salanga endiga, ebiseera ebisinga obungi ng’ebitundu by’ennyama ebisinga abiweereza mikwano gya Khadiija. Lumu nnali sisobola kukyebeera kwe kumugamba nti: “Gy’obeera nti mu nsi temwasigalamu muntu okuggyako Khadiija!”

Mu kuddamu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yatandika okumenya buli kirungi kya Khadiija, oluvannyuma n’agattako nti, ‘Era ye yali maama w’abaana bange’.

Olwo muli ne nngamba nti sikuaddayo kumwogerera bubi.”
(Bukhari, Manaaqibul Answar 20; Adab 73; Muslim, Fadhwailu’s Swahaabah 74 - 76)

Lumu Hala bint Khuwaylidi, muganda wa Khadiija (Allah amusiime), yasaba olukusa okulaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Mu kaseera ako kennyni, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kwe kujukira eddo-booz iya Khadiija (Allah amusiime) n’agamba mu ssanyu nti:



“Katonda wange! Ono Hala bint Khuwaylidi, muganda wa Khadiija!”

Ayisa bwe yalaba okucamuka okwaliwo, nate teyasobola kukye-beera kwe kugamba nti:

“Lwaki obeera oyogera ku linnya ly’omukazi omukadde Omukulayishi nga kati yafa dda? Allah yakuwa asingawo mu kifo kye!” (Bukhari, Manaaqibul Answar, 20)

Olwo Ayisa (Allah amusiime) bwe yagamba nti “asinga” yali yeeyogerako yennyini. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) olw’okutwala ebigambo bya Ayisa nga ebyali bitasaanidde we yabyogerera, yaddamu nti:

“Nedda, Katonda teyampa kisingawo. Yanzikiririzaamu nga tewannaba mulala yenna akikoze. Yanneesiga abalala bona we bannimbisiza. Yampa buli kake buli omu we yanzirukirako. Era mu ye, Allah mwe yampa emikisa gy’okufuna abaana.” (Ibn Hanbal, VI, 118)

Olugendo Lw’e Twaifa

Okukijjanyizibwa kwa Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kweyongera oluvannyuma lw’oku-viibwako taata we omuto ne mukyala we. Obulumbaganyi, nga kati bwali bwa maanyi ate nga bwali bufuuse bwa mutawaana nnyo, bwali bugezesu obugumiikiriza bwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Ng’agezaako okunoonya obuweerero era nga Zayidi (Allah amusiime) amuli ku lusegere, yasalawo okwessa mu ddene agende e Twaifa ekibuga ekiri nga mu kilomita ekikumi mu abiri okuva e Makka.

Ng’atuuse eyo, yatandika okunyyonnyola Obusiraamu eri abantuuze ng’abayita eri *tawuhidi* (okukkiriza nti Allah ali Omu). Yayogera n’abakulembeze ba Bannatwaifa n’ababuulirira bave ku

kusinza amasanamu (ebibumbe) era n'abayita bategeere nti baali baddu ba Allah Oweekitiibwa. Kumpi tewали muntu yenna Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe yalekayo nga tayogedde naye.

Naye okukoowoola kuno kwaleeta omuyaga gw'obusungu okubalukawo mu Bannatwaifa, abaali bamusinzabibumbe nga Abakulayishi bwe baali. Nga bali mu makkati g'ebitimba by'obulamu bwabwe obw'okwematinra, tewали wadde omuntu n'omu eyassa omwoyo ku kukooowoola Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe yakolanga. Ebantu okwongera okwonoonekera ddala, batandika n'okutulugunya Omubaka ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Baasookera ku kumujeeja, ne bamuwereekereza ebivumo. Oluvannyuma, ne basimbisa abaddu baabwe ennyiriri ku buli ludda lw'ekkubo Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mwe yali agenda okuyita ne babalagira okumukasuukirira amayinja. Okutulugunya kuno okubi ennyo kwagenderera okutuusa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yafuluma ekibuga. Ne bwe yali amaze okubaviira mu kibuga ng'ali wala nakyo, era baasigala bamuwereekereza amayinja. Ebigere bya Nnabbi asinga okubeera ow'enkizo mu Bannabbi bona (Emirembe gy'a Allah gibeere ku bo) era ng'ensi yonna yatondeddwa ku lulwe, byannyikibwa mu kitaba ky'omusaayi ogwali gujjudde mu ngatto ze. Era mu ngeri y'emu, Zayidi (Allah amusiime) munne wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era eyali omwesimbu gy'ali, naye yalomizibwa bya nsusso ng'agezaako okumutangira n'omubiri gwe aleme kutuusbwako kabi konna eno nga bw'awoggana nti:

“Temukikola! Omusajja gwe mukuba amayinja Nnabbi!”



Mu mbeera enzibu bw'etyo, baasobola okutuuka ku nnimiro eyali eye Bannamakka, ne beewogomako mu kittuluze ky'omuti gwéntende. Ensi n'eggulu waggulu byali mu kukungubaga era nga zi Malayika Jibiliiru, Mikaayilu, Israafilu, Azraaeel nga nazo ziri mu mbeera y'emu.

Nga zikulembeddwaamu Jibiliiru, era nga ziyinga olukusa okuva eri Allah Oweekitiibwa, zimalayika zayanguwa okugenda awali Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne zimugamba nti:

“Vvaamu ekigambo (ng'otulagira) tusaanyewo abantu b'eg-gwanga eryo!”

Naye awamu n'okutulugunyizibwa kwe baamutuusaako, Nnabbi Ow'okulumirwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasigala abaagaliza birungi ku mutima gwe, bwe yatunula ku nzigi ze ggulu n'agamba nti:

“Allah! Gy'oli gye nsindira obunafu bwange; nti sisigazizza maanyi gonna era nga mpisiddwaamu amaaso...

Omusaasizi asinga! Bw'oba toli munyiivu gyendi, sijja wadde n'akatono kufaayo olw'emitawaana egintuseeko!

Katonda wange! Nkusaba olunngamye ab'eggwanga eryo kubanga tebamanyi. Katonda! Nsaba okusonyiwa okuva gy'oli, ku lulwo Ggwe!” (Ibn Hishaam, II, 29 – 30; Haythami, VI, Bad'ul Khalq, 7)

Bannannyini nnimiro abaali bava mu lunyiriri lwa Rabii-ah ekisa kyabakwata ku lwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), olwo ne bamutumira omuddu waabwe Addaasi n'ebbakuli ye nzabbibu. Addaasi yabawa enzabbibu nga bw'abagamba nti:

“Bambi, mwefeko (mulye).”

Ng'amaze okugamba nti ﷺ "Mu linnya lya Allah", Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatan-dika okulya. Ebigambo ebyo byakwata Addaasi omubabiro. Yali tawulirangako muntu yenna ayogera bigambo ng'ebyo.

Yamuumuunya nti: "Tewali muntu yenna mu kitundu kya wano amanyi oba ayogera kigambo ekyo". Oluvannyuma yagenda mu maaso n'abuuza nti, "Oli wa njawulo ku bantu b'omu kitundu kino. Nyinza okukubuuza ggwe ani?"

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaya-nukula na kibuuzo:

"Ova wa? Era osoma ddiini ki?"

"Nva mu Nineveh era ndi Mugoberezi wa Kristo."

Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kugattako nti, "Ekitegeeza ova mu kibuga ky'omulongoofu Yunusu ibn Matta..."

Addaasi bino nabyo byayongera kumwewuunyisa:

"Yunusu omumanyi otya?"

Ekitangaala ky'Obulamu kwe kuddamu nti:

"Yunusu muganda wange. Yali Nnabbi era nange ndi Nnabbi."

Awo ensulo z'obukkiriza zaatandika okufukumuka okuva mu mutima gwa Addaasi, era mu ssanyu yayimuka ku bigere bye n'akwata emikono gya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'ayatula ebigambo bya *tawuhidi* (obukkiriza). (Ibn Hishaamu, II, 30; Ya'kuubi, II, 36)

Bakama be bwe bamunenyeza ekikolwa kye yali akoze, Addaasi yeerwanako nga bw'agamba nti, "Sisinkanangako musajja nga oyo



mu bulamu bwange. Yayogedde ebigambo nga Nnabbi yekka ye yandisobodde okuba ng'abimanyi.” (Ibn Hishaamu, II, 31)

Addaasi (Allah amusiime) yali munnamukisa nnyo okuwuliriza n'okussa omwoyo ku kukoowoola kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) wakati mu biseera ebyali bisngayo obuzibu mu bulamu bwe era n'afuna ekitiibwa eky'okufuuka Omusiraamu eyasobola okubudaabuda Nnabbi. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasanyuka nnyo ku lwa Addaasi essanyu eryamwerabiza n'obulumi bwe yali atuu-siddwaako.

Olwaleero, waliwo omuzikiti ogwazimbwa ng'ekijjukizo kya Addaasi we yakkiririza Obusiraamu era n'ennimiro we yabudaa-budira Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne *grape* ekyakuumibwa ng'ekijjukizo.

Ekisa Eky'enjawulo N'okukubagiza Okuva Eri Katonda Omusaasizi

Ayisa (Allah amusiime) anyumya bw'atyi: “Lumu nnabuuza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) oba nga wali wabaddeyo olunaku we yali awulidde obuzibu n'okukaluubirirwa okusinga Olutalo lwa Uhudi.

Yaddamu nti ‘Yee, nakaluubirirwa nnyo mu mikono gy'abantu b'ekika kyo. Olunaku olwasinga obuzibu lwali lunaku lwa Aqabah.²¹⁰ N'era, nnasaba obukuumi bwa Abdiya'lil ibn Abduqlal, naye ng'oggyeeko eky'okugaana okumpa obukuumi eyampendulira abakozi

210 Olunaku lwa Aqabah lwe llunaku Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yayimirira okumpi ne Aqabah, e Mina, n'akoowoola abantu bayingire Obusiraamu. Wadde nga waliwo batono abaawuliriza okukoowoola kwe, naye bangi baamuzzaamu bivumo. Oluvannyuma olunaku olwo lwamanyika nnyo nga Olunaku lwa Aqabah.

b'effujjo ab'engeri zonna ne bankasuukirira amayinja ne bandeka nga ndi mu kitaba ky'omusaayi. Bw'entyo ne mbeera mu kutya okw'amaanyi nga sikyategeera. Nnamala kutuuka mu Kam'us Saalib olwo ne ndyoka nziramu akategeera. Awo natunula mu bbanga ne ndaba ng'ekire kinsiikirizza. Bwe nneetegereza ennyo nnalaba Jibuliiru ng'alii mu bire wakati. Yali ampita nga bw'agamba nti:

“Katonda Owaamaanyi amanyi engeri ab'ekika ekyo gye bakuyisizzaamu era nga bwe bagaanye okukuwa obubudamu. Akutumidde Malayika Wensozi abakole nga bw'oyagala!”

Olwo Malayika w'ensozi n'annamusa n'ambuuza nti:

“Muhammad! Katonda Owaamaanyi awulidde ab'ekika ekyo bye bakugambye. Nze Malayika Wensozi. Katonda Owaamaanyi antumye mbakole nga bw'olagira. Kiki ky'olagira? Bw'oba nga oya-gadde, nja kusuula ensozi zino ebbiri ku bibuga byabwe?”

Nnamuddamunti: “Nedda, kyenjagala Ye Katonda Owoobuyinza okuggyga mu baana baabwe abantu abajja okumusinza Yekka nga tebamugattako kintu na muntu yenna.” (Bukhari, Bad'ul Khalqi, 7; Muslim, Jihaad, 111)

Ekitontome kino wammanga kiraga bulungi okwagala Katonda Omusaasizi kw'alina eri omuddu we ow'ekitiibwa ekisinga:

*Bw'otyo bw'oli omwagalwa mu maaso ga Katonda, nti ku lulwo,
Asobola okuwaayo ensi, na buli kyonna ekigirimu.*

Olugendo lwe Twaifa lulimu eby'okuyiga bingi:

1. Ekisooka kya byonna, lukkaatiriza obukulu bw'okuyita abantu eri Obusiraamu. Wadde nga gwali mwaka gwa nnaku, naye era Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyawummulamu, yagenda bugenzi mu maaso na kukoowoola bantu n'obugumiikiriza n'okulafuubana.

2. Wadde nga ab'omu kitundu kye Twaifa baamukuba amayinja, Omubaka ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyabaagaliza bubi. Mu ngeri y'emu ekintu kino nga bwe kylesa ekisa n'okulumiririwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere) bye yalina, naye era nakyo kiraga nti omuntu akoowoola alina okuba ng'alumirirwa abalala.

3. Omuntu akoowoolala abalala eri Obusiraamu alina okuba nga yeefumiitiriza era ng'asigala abasabira okulunngama nga takutuseewo na kusuubira. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yalabanga ensobi, yayinzanga okugyogerako mu ngeri nga gyobeera nti ye omusango gwe gwabanga gusinga:

“Kiki ekintuuseeko okulaba ng'okola kino na kino?”²¹¹

Mu ngeri eyo, Sulayimaan (emirembe gibeere ku ye) bwe yalaba effulungu nga teririwo mu lukiiko era naye yayogera bw'aty:

مَالِي لَا أَرِي الْهُدُّدَ

“Ki ekindiko okubanga siraba ffulungu?” (an Naml, 27 : 20)

4. Okulunngamizibwa kwa Addaasi okwagoberera olugendo lw'e Twaifa kwali kwa mugaso nnyo mu kuzzaamu Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amaanyi mu biseera ebyali bisinga okuba eby'okugezesebwa gy'ali. Era kiraga nti bwe wabeerawo akatuubagiro ak'amaanyi, okulunngamizibwa kw'omuntu wadde omu bw'atyi kuteekeddwa okutwalibwa nga okuwa eddembe ery'amaanyi.

5. Omuntu akoowoola abalala ateekeeddwa okubeera eky'oku-labirako ng'ayita mu nneeyisa n'empisa ze.

211 Laba: Muslim, Swalaat 119; Abu Dawuda, Khatem 4, Adab 14.

6. Omuntu akoowoola abalala alina okuba nga yakuzibwa bulungi era ng'amanyi engeri y'okukolagana obulungi n'abantu, era ng'amanyi okwogera ebigambo ebituufu mu kiseera ekituufu ngera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yakola ku Addaasi.

**Okuwuliriza Kw'amajinni Kulaane Ng'esomebwaa Nnabbi
Ow'ekitiiwba (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku
ye) N'okukkiriza Kwago Obusiraamu**

Ng'ali mu kuwummulamu akawungeezi ng'ava mu lugendo lwe Twaifa, nga ku luno Addaasi yekka ye yali ataddeyo omwoyo okuwuliriza okukowoola kwa Nnabbi, Omubaka wa Allah (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasoma ku Kulaane era nga yawulirwa ekibinja ky'amajinni. Gonna gazuula amazima era ne galangirira okukkiriza kwago mu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Gaddayo eri abantu baago n'obuvunaa-nyizibwa bw'okukoowoola ganne waago. (Ibn Sa'ad, I, 212)

Ibn Abaasi (Allah amusiime) ayongerako bino: "Nga Omubaka wa Allah (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ali n'abamu ku Basswahaba, yavaawo ng'alina ekigendererwa ky'okugenda ku mwoleso gwe Ukaz ogw'ebiyobusuubuzi.

Kino ky'ekiseera amasitaane okuva mu majinni nga gamaze okugaanibwa okulumika amawulire okuva mu ggulu.²¹² Ago agaa-

212 "Amajinni gaalina enkola ey'okulinnya mu ggulu ne galumika Obubaka. Bwe gaawuliranga ekigambo nga gagattako ebirala kyenda mu mwenda ebyago. Ekigambo kye gaali galumise ekimu kye kyasigalanga nga kituufu, naye ng'ebisinga bigingirire. Omukaka wa Allah (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwatumwa nga Nnabbi, okuva olwo, gaaganibwa okulinnya okugenda mu bufo bwago mu ggulu we gaayimanga okulumika ebigambo, nga gasangayo bitawuliro bya muliro ogwemmuunyeenye. Nga kino tekinnabaawo tewali jjinni lyali ligaanibwa kwegazaanyiza mu bbanga." (Tirmidhi, Tafsiiri, 72 / 3324)



linna omuze ogw'okulumika ebigambo, geesanga nga gakasuukirirwa emmunyeenyenye ezaaka omuliro.²¹³ Bwe gatyo gaddayo eri ganne waago ngalo nsa nga tegalina mawulire gonna.

Baagabuuza nti: "Lwaki temuleese mawulire gonna?"

Kwe kuddamu nti: "Twesanze nga tetukyasobola ol'omuziziko oguli wakati waffe n'eggulu. Tetwakomye ku kya butasobola kubbi-riira mawulire kyokka naye twafubutuddwa n'ebitawuliro eby'emmuniyeneenyenye ezaaka omuliro... Bwe tutyo twabadde tulina okudduka!"

Baagagamba nti: "Kino kirina okuba nga kivudde ku kintu ekipyia ekyakagwawo. Mugende ebuvanjuba n'ebugwanjuba mutuko-mezeewo amawulire."

Olwo amajinni geeyawulamu ebibinja eby'enjawulo ne goole-keria empuuyi ez'enjawulo. Ekibinja ekyagenda e Tihaamah kyagwa ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyali asala ne Bassahaba be esswala ya *Fajri* okumpi n'ekifo ekiyitibwa Nakhlah ku kkubo erigenda ku mwoleso gw'byobusuubuzi e Ukaz. Olwawulira Kulaane ne gatega amatu okuwuliriza:

"Ekitegeesa nti eno ye nsonga etugaanyisa okufuna amawulire okuva mu ggulu!" Bwe gatyo bwe gaasalwo.

Oluvannyuma gaddayo eri ganne waago ne gagakakasa nti, 'Tuwulidde Kulaane eyeewuunyisa, nga erunngamya eri ekkubo ettuufu. Bwe tutyo tugikkiririzaamu era tetujja kugatta muntu yenna oba kintu kyonna ku Katonda waffe!"

Olwo, Katonda Owoobuyinza n'assa essuula al Jinni, ng'ategeeza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga ama-

²¹³ Ekitawuliro ky'omuliro, naddala kikozesebla ku kitawuliro ky'omuliro ekirabika mu bbanga n'emmuniyeneenyenye etulika. Abannyonnyozi abomulembe guno bagamba nti shihaab kiyinza okulaga ebyazi ebibajjuka ku mmunyeenyenye z'omu bbanga (meteor).

jinni bwe gaamuwlidde ng'asoma Kulaane n'ebigambo eby'amagezi
bye gaatwalidde abekika kyago:

قُلْ أُوحِيَ إِلَيَّ أَنَّهُ اسْتَمَعَ نَفْرٌ مِنَ الْجِنِ فَقَالُوا إِنَّا سَمِعْنَا قُرْآنًا عَجَبًا. يَهْدِي إِلَى الرُّشْدِ فَامْنَأْ بِهِ وَلَنْ نُشْرِكَ بِرَبِّنَا أَحَدًا.

“Gamba nti: Nfunye Obubaka nti ekibinja ky'amajinni kiwulirizza ne gagamba nti: ‘Ddala tuwlidde Kulaane ey'ekyewuunyo, erunngamya eri ekkubo eggolokofu, bwe tutyo ne tugikkiririzaamu era nga tetukyaddayo kugatta kintu kyonna ku Katonda waffe.” (al Jinni, 72 : 1 – 2) (Bukhari, Tafsiir, 72; Adhan, 105; Muslim, Swalat, 149; Tirmidhi, Tafsiir, 72 / 3324)

Katonda Owoobuyinza ayongera okunnyonnyola ekyafaayo
ekyo mu ssuula al Ahqaaf bw'atyi:

وَإِذْ صَرَفْنَا إِلَيْكَ نَفَرًا مِنَ الْجِنِ يَسْتَمِعُونَ الْقُرْآنَ فَلَمَّا حَضَرُوهُ قَالُوا أَنْصِتُوا فَلَمَّا قُضِيَ وَلَوْا إِلَى قَوْمِهِمْ مُنْذِرِينَ. قَالُوا يَا قَوْمَنَا إِنَّا سَمِعْنَا كِتَابًا أُنْزَلَ مِنْ بَعْدِ مُوسَى مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ يَهْدِي إِلَى الْحَقِّ وَإِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ. يَا قَوْمَنَا أَجِبُّوا دَاعِيَ اللَّهِ وَأَمِنُوا بِهِ يَغْفِرُ لَكُمْ مِنْ ذُنُوبِكُمْ وَيُجْرِكُمْ مِنْ عَذَابِ الْيَمِّ. وَمَنْ لَا يُجْبِ دَاعِيَ اللَّهِ فَلَيْسَ بِمُعْجِزٍ فِي الْأَرْضِ وَلَيْسَ لَهُ مِنْ دُونِهِ أُولَيَاءُ أُولَئِكَ فِي ضَلَالٍ مُبِينٍ.



“Mu kiseera we twawugulira ekibinja ky’amajinni okuja gy’oli ne gawuliriza Kulaane ... Bwe gaamala okugituukako ne gagamba nti: ‘Musirike! Era bwe yamalirizibwa, gaddayo eri ganne waago okugalabula. Gagamba nti: ‘Bannaffe! Mazima ffe tuwulidde ekitabo ekyassibwa oluvannyuma lwa Musa nga kikakasa ebyo ebyaliwo nga tekinnaba kussibwa, nga kirunngamya eri amazima n’eri ekkubo eggolokofu. Bannaffe! Mwanukule okukoowoola kw’omukoowooze abakoowoola okudda eri Allah era mumukkirize aija kubasoniya amazambi gammwe era abawonye ebibonerezo ebirumya. Era oyo yenna ataanukula mukoowooze akoowoola okudda eri Allah tajja kubulira mu nsi wadde okuba n’abakuumi ku ludda lwe atali Allah, era abo be bali mu bubuze obwenkukunala.” (al Ahqaf, 46 : 29 – 32)

Kulaane ennyonnyola bino wammanga ku bikwata ku kugaana amajinni okulumika ebigambo ku ggulu:

وَأَنَا لَمَسْنَا السَّمَاءَ فَوَجَدْنَاهَا مُلِئْتُ حَرَسًا شَدِيدًا وَشُهُبًا.

وَأَنَا كُنَّا نَقْعُدُ مِنْهَا مَقَاعِدَ لِلسمْعِ فَمَنْ يَسْتَمِعُ إِلَيْنَاهُ

يَجِدُ لَهُ شَهَابًا رَصِيدًا. وَأَنَا لَا نَدْرِي أَشَرُّ أَرِيدَ

بِمَنْ فِي الْأَرْضِ أَمْ أَرَادَ بِهِمْ رَبُّهُمْ رَشِدًا

“Era twagezaako okutuuka mu ggulu, naye ne tusanga nga lijuziddwa abakuumi abamaanyi n’ebitawuliro by’emmunyeenyenye ezaaka omuliro. Era twateranga okutuula mu bifo ebimu ebituulwamu okubba amawulire naye kati oyo agezaako okuwuliriza asanga ebitawuliro by’omuliro nga bimulin-diridde. Era mazima ffe tetumanyi oba kibi kye kyagaliziddwa abo abali ku nsi oba Katonda waabwe abaagalizza bulunngamu.” (al Jinni, 72 : 8 – 10)²¹⁴

214 Mawulaana Ruumi omwatiikirivu annyonnyola ekyafaayo kino ng’akozesa ebigambo ebiri mu lugero:

Ku ngulu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yafuna kyokka mu lugendo lwe Twaifa kwali kulunn-gamizibwa kwa Addaasi (Allah amusiime). Naye nga mu butuuufu, Allah Omusaasizi yamuwa emikisa emirala mingi. Okugeza mu byengera bye yaweebwa kwe kuba nga yaweebwa obufuzi bwensi zombi. Okusooka, ne bwe yali nga tannaba kudda Makka, amajinni

“Amajinni gaali galinnya mu bbanga ne gawuliriza ebyama by'omu ggulu. Naye gaba gali kumpi okuvaayo n'ebayama ebitonotono, ebitawuliro by'emmuniyeeny byabagobanga okuva mu nfo zaabwe.

Eddoboозi ligagamba mu ngeri enneeyolefu nti, ‘Nnabbi atumiddwa. Mugende gy'ali mumuggyeko ekyo kyonna kye mwagal.’

‘Bwe muba ng'amakula ag'omuwendo ge munoonya, olwo amayumba mugay-ingire nga muyita mu miryango gyago!’

‘Mukonkone omulyango ogwo mulinde ku mwango gwalwo... kubanga eggu-lu teririna nguudo zammwe n'abo ababfaanana.’

‘Okwongereza kw'ekyo, tewali bwetaavu okusiyagguka enngendo empanvu... kubanga ebikusike ebisinga amaanyi twabiteeka mu muddu waffe oyo gwe twatonda okuva mu ttaka.’

‘Bwe mubeera abeesimbu, kati mugende mu maaso ge, omusigire wa Obutukuvu. Ne bwe mubeera omuwulenge gw'ekikajjo, bwe muba mufunye obuyambi bwe n'okubeera naye mujja kufuuka ebikajjo ebijudde sukaali.’

‘Muyingire ennyumba nga muyita mu miryango gyayo.’ (al Baqara, 189) Mu Biseera by'Obutamanya ne mu biseera eby'emyaka gy'Obusiraamu ebyasooka, oluvannyuma lw'okuyingira mu mbeera ey'émizizo (ihram) okulamaga, omuntu teyayingiranga nnyumba ye oba ennimiro ye ng'ayita mu luggi lwe. Bwe yabeeranga munnakibuga, olwo yawummulanga ekituli mu kasolya mwe yayitanga ng'ayingira oba ng'afuluma. Bwe yabeeranga Muwalabu mun-namalungu, yayuzanga ekitundu eky'émabega wa weema ye, gye yakozesanga mu kifo ky'okuyita mu maaso. Okukola bwe batyo okutuusa lwe baavanga mu mbeera ya ihraam, baali bakitwala nga kintu kya mpisa nnungi kitalo era nga kijjudde obulungi. Okussa aya eya 189 mu ssuula al Baqarah, Katonda Owoobuyinza yali abalagira baleme kukola nga bwe baali bakola. (Waahidii, olup. 56 – 57) Ebigambo bya Katonda (okuyingira ennyumba ng'oyita mu mulyango) okuva olwo bikozesebwa okutegeeza ‘okukola ekintu mu ngeri entuufu (gye kiteekeddwa okukolebwamu); ne Mawulaana Ruumi, wano awa ennyinnyola ey'ekisuufi eya aya eyo: okufuna Allah, omuntu alina okudda eri ahlullah, abantu ba Katonda, ng'abo ze nzigi eziyingerirwamu.



gaawulira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'asoma Kulaane ekyagasikiriza okutandika okukoowoola banne waago okukkiriza. Waali waakuyitawo akaseera katono Katonda Owoobuyinza agonnномole ku mwagalwa we okulinnyisibwa mu ggulu oba Miraaje, ekyamufuula Kabaka w'eggulu.



Okuva Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yava mu Makka nga takakiddwa, okusinziira ku bulombolombo bw'Abawalabu, okudda mu kibuga yali alina okumala okufuna omuntu eyewaayo okumukuuma nga Munnamakka. Bw'atyo bwe yali akomawo ng'ayolekedde Makka okuva e Nakhlah, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatuma omutuuze w'e Makka gwe yasanga okumpi n'Olusozি Hiraa, okusooka ewa Akhnas ibn Shariiq, ate oluvannyuma ewa Suhayl ibn Amuri ne Mutw'im ibn Adiyy, n'obubaka obwali bugamba nti:

“Onanteeka wansi w'obukuumi bwo okutuusa lwe naatuukiriza omulimu gw'obwannabbi Katonda wange gwe yampa?”

Akhnas ne Suhayl bo baagaana. Wabula Mutw'im yakkiriza era Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasobola okusula ekiro ewa Mutw'im. Ku makya, Mutw'im yakunngaanya batabani be n'abekika kye n'abalagira nti:

“Mubagalire eby'okulwanyisa era musigale nga muli mu kwerinda okumpi n'empagi za Ka'aba!”

Bwe baatuuka ku Ka'aba, Mutw'im yalangirira eri Bannamakka nti:

“Muwulirize Abakulayishi! Muhammadi mutadde wansi w'obukuumi bwange. Tewali muntu yenna gwe ngenda kukkiriza kumukwatako!”



Mutw'im ne batabani be baayimirira ne bakuma Ka'aba okutusa nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amaze okugyetooloola era n'asaala laaka bbiri ezesswala. (Ibn Sa'ad, I, 212; Ibn Kathiiri, al Bidaaya, III, 182)

Nga wayise emyaka, Mutw'im yattibwa mu latalo lw'e Badiri, eky'ennaku nga tafunye ku kitibwa ky'okufuuka Omusiraamu. Ng'olutalo luwedde, wakati mu nteeseganya ezikwata ku ki ki ekyali eky'okukolera abawambe be Makka, Nnabbi yalaga okusiima kwe eri Jubayiri mutabani wa Mutw'im nga bw'amugamba nti:

“Kitaawo aba kuba mulamu era nga yandiyagadde nte abawambe, naalibatadde nga sisabye mutango gwonna mu kubanunula ne bwe gwandibadde nga gwenkana wa mu butono.”

Okutuukiriza okwakolebwa ne ku batali bakkiriza nga bagezaako okwanguya ekkubo ly'okukoowoola eri eri Obusiraamu, kyo-kka kyali kimala okwoleka empisa ezisembayo okuba ennungi.

Okusisinkana Ab'ebika Eby'enjawulo N'okubiyita Okuyingira Obusiraamu

Nga akomyewo okuva e Twaifa, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasigala nga mukkakamku okumala akaseera. Naye oluvannyumako, yaddamu buto okukoowoola kwe wabula n'asanga bamusinzabibumbe nga bakozesa obukambwe obw'ekika ekya waggulu okusingako bwe baali. Katonda Owoobuyinza yalagira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okusisinkana abantu b'ebika bya Abawalabu ebirala n'okubakoowoola okujja eri Obusiraamu.

Bw'aty, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakozesa omukisa ogwabeerangawo mu myezi gy'okulamaga okwogera eri abagenyi abajjanga e Makka ku myo-



leso gye by'obusuubuzi eghe Ukaz, Majannah ne Dhul Majaaz, okusooka nga abasomera Kulaane nga tannabatusaako kwanirizi-bwa mu Busiraamu. Abantu b'amawanga ago Omubaka wa Allah ge yakyalira mu nkambi okusaba obuyambi mu kukola omulimu ogwamuweebwa Allah we mwalimu Banu Amuri, Muhibarib, Fazara, Ghassaan, Murrah, Hanifah, Sulaym, Abs, Banu Nasr, Banu Baqqa, Kin'du, Kalb, Haarithah, Uzra ne Hudarimah.²¹⁵

Jabbeeri (Allah amusiime)²¹⁶ anyumya nti:

215 Laba: Ibn Sa'adi, I, 216 – 217; Ahmada, III, 322, 492; Ibn Kathiir, III, 183 – 190.

216 Jabbeeri ibn Abdalla (Allah amusiime) yazaalibwa e Madiina nga Hijira ebulako emyaka kkumi na mukaaga. Abdalla ibn Jabbeeri (Allah amusiime), taata wa Jabbeeri, ye Sswahaba gwe baasooka okutta mu lutalo Iw'e Uhudi. Jabbeeri teyeetabaako mu lutalo Iwonna nga kitaawe akyali mulamu kubanga taata we yali alina okusigala awaka okulabirira bannyina omwenda. Taata we bwe yamaala okufiira mu lutalo Iw'e Uhudi, Jabbeeri (Allah amusiime) yeetaba mu kulwana ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu ntalo kkumi na mwenda nnambirira. Ye yali asinga obuto mu Bantu abeetaba mu kuwera mu Aqaba Owookubiri. Nnabbi wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamwagalanga nnyo. Ebiseera bingi Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gye yamuteekanga emabega ng'alii ku nngamiya, era emirundi mingi gye yamulambulanga ng'alwadde. Jabbeeri (Allah amusiime) yalwana okusasula amabanja taata we ge yaleka ng'amaze okufa. Abaali babanja, ng'abasinga baali Bayawudi, baali baagalaa basasulwe mbagtirawo. Ate nga nékyayongera okukalubya ebintu, kwe kuba nga mu mwaka ogwo ebimera tebyabala nnyo era ng'ókukungula kwali kutono. B'w'atyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) entende zonna ezaakungulwa yalagira ne bazikunnganya mu ntuumu; era nga minzaane emuli mu mikono gye egy'emikisa, yatandika okusasula abaali babanja, omu ku omu. Ebbanja lya Jabbeeri (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lyonna lyasasulwa naye, ekyali kyewuunyisa si bbanja lyokka lye lyasasulwa naye entende tezakendeerako.

Jabbeeri (Allah amusiime) yali omu ku ba Mukthiruuna, Basswahaba ba Nnabbi omusanvu abaanyumya hadiisi za Nnabbi ennyingi ennyo. Yanyumya hadiisi 1540. Lumu yawulira nti Abdalla ibn Unays yanyumya hadiisi, eyali ekwata ku mbeera y'abantu gye balibeeramu nga bazuukira okuva mu ntaana zaabwe, hadiisi Jabbeeri gye yayagala okwewulirirako okuva mu kamwa ka Abdalla ibn Unays.

“Mu mwezi gw’okulamaga, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yeeyanjuliranga abalamazi ng’ayimiridde ku Arafa nga bw’agamba nti: “Waliwo yenna mu mmwe anantwala mu kika kye? Abakulayishi banngaanye okutuusa ekigambo kya Katonda wange eri abantu.” (Abu Dawuda, Sunnah, 19 – 20 / 4734)

Naye tewali bantu bava mu kika kyonna abaawanika omukono waggulu okukkiriza okusaba kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okumubudamya n’okumuyamba. Nga abamu bakuba bubegabega n’okuzzisaamu obukambwe, abalala bo baabuuzanga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’okukubaganya naye ebirowoozo nga bagala okumanya lwaki abantu b’ekika kye mw’ava bamulekerera ne batamuwa buyambi, awamu n’okuba nga ab’ekika be baali basinga okumumanya obulungi okusinga abantu abalala. Awamu n’ekyo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yasigala abayita eri ekkubo ery’Amazima.²¹⁷

Ye omulamazi yenna eyavanga mu kika kya ba Mudar oba oyo eyabanga agenda ku mwoleso gw’eb’obusuubuzi okuva mu kika ekyo, oba eyavanga e Yamani oba awalala, baamulabulirangawo nga tannaba na kulinnya kigere mu Makka nti:

“Tokkiriza omuvubuka okuva mu kika ky’Abakulayishi okukuwugula okukujja ku ddiini yo!”²¹⁸

Ekyia Abdalla okuba nga yali yasenga dda e Damascus tekyagaana Jabbeerii kugendayo kumunoonya. Jabbeerii yagula enngamiya, n’agyebagala n’ava e Madiina ng’ayolekedde e Damascus. E Damascus yatuukayo oluvannyuma l’w’okutambulira omwezi omulamba era ne yeewulirira hadiisi ng’eva butereevu mu kamwa ka Abdalla ibn Unays. Ku nkomerero y’obulamu bwe, Jabbeerii (Allah amusiime) yaziba amaaso, oluvannyuma n’afira e Madiina mu mwaka gwa 697 (H. 78), ng’aweza eg’obukulu 94. Ye Sswahaba eyasembayo okufa mu Madiina.

²¹⁷ Ahmad, III, 323; Ibn Sa’adi, I, 216.

²¹⁸ Haakim, II, 681 / 4251.

Olumu Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagenda mu kika kya ba Thaalabah e Mina. Olwabagamba nti yali Mubaka wa Allah Mafruq ibn Amuri, omu ku bakulembeze baayo, kwe kumubuuza nti:

“Abantu obayitira ki, ow'oluganda?”

Nga Abu Bakari (Allah amusiime) ayimiridde ku lusegere lwe ng'eno bw'amusiikirizza omusana, Nnabbi ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatuula okubaliraana n'agamba Mafruq ebigambo bino:

“Mbayitira okujulira nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, ali Omu nga talina kimwegattako kyonna, era nti nange ndi Mubaka we; era mbakoowoola okunkuma n'okunnyamba okutuusa nga mmalirizza ebyo Katonda wange bye yantuma. Abakulayishi bawakanyizza ekiragiro kya Katonda; bagaanye Omubaka We era ne balondawo obukyamu ku mazima. Naye Allah talina yenna gwe yeetaagako era amatendo gonna gage!”

Mafruq kwe kubuuza nti:

“Muganda wange! Kirala ki ky'okoowoolera abantu?”

Olwo Nnabbi ow'ekitiibwa n'asomera waggulu *ayah* zino wamanga okuva mu ssuula al An'aam nti:

قُلْ تَعَالَوْا أَتْلُ مَا حَرَّمَ رَبُّكُمْ إِلَيْكُمْ إِلَّا تُشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا
وَبِالْوَالِدَيْنِ احْسَانًا وَلَا تَقْتُلُوا أُولَادَكُمْ مِنْ إِمْلَاقٍ نَحْنُ
نَرْزُقُكُمْ وَإِيَاهُمْ وَلَا تَقْرَبُوا الْفَوَاحِشَ مَا ظَهَرَ مِنْهَا وَمَا بَطَنَ
وَلَا تَقْتُلُوا النَّفْسَ الَّتِي حَرَّمَ اللَّهُ إِلَّا بِالْحَقِّ ذَلِكُمْ وَصَيْكُمْ

بِهِ لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ. وَلَا تَقْرِبُوا مَالَ الْيَتَمِ إِلَّا بِالْتِي هِيَ أَحْسَنُ حَتَّى يَأْتِيْ أَشْدُهُ وَأَوْفُوا الْكَيْلَ وَالْمِيزَانَ بِالْقِسْطِ لَا نُكَلِّفُ نُفْسَانَا إِلَّا وُسْعِهَا وَإِذَا قُلْتُمْ فَاعْدُلُوا وَلَوْ كَانَ ذَا قُرْبَى وَبِعَهْدِ اللَّهِ أَوْفُوا ذَلِكُمْ وَصَيِّكُمْ بِهِ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ. وَإِنَّ هَذَا صِرَاطِي مُسْتَقِيمًا فَاتَّبِعُوهُ وَلَا تَتَّبِعُوا السُّبُلَ فَتَفَرَّقَ بِكُمْ عَنْ سَبِيلِهِ ذَلِكُمْ وَصَيِّكُمْ بِهِ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ.

“Gamba nti: Mujje mbasomere ebyo Katonda wammwe bye yabaziyiza. Temumugattangako kintu kyonna era abazadde mubayise bulungi, era temuttanga abaana bammwe ku lw'okutya obwavu – Ffe tubagabirira mmwe nabo -- era temwesemberezanga ebikolwa eby'obuseegu ebyeyoleka n'ebiri mu nkukutu, era temutta muntu oyo Allah gwe yagaana (okutta) okuggyako ku lw'amazima; bino by'abalagidde mulyoke mutegeere. Era temusemberera ebyobugagga bya bamulekwa okuggyako mu ngeri esinga obulungi okutuusa ng'akuze, era mupime mu bipimo ebituu fu era ebijjuvu n'amazima. Tetukaka mwoyo gwonna okuggyako (okusinziira) ku busobozi bwagwo; era bwe muba mwogedde mubeere benkanya wadde nga kikwata ku wa luganda era mutuukirize endagaano za Allah. Kino akibalaalise mulyoke mujjukire. Era mumanye nti lino kkubo lyange eggolokofu era muligoberere muleme kugoberera makubo malala kuba gajja kubabuza okubajja ku kkubo lye; kino akibalaalise musobole okwekuuma ebibi.” (al An'aam, 6 : 151 – 153)

Oluvannyuma lw'akasirii kiriro akatono, Mufriq yabuuza nti: “Kati muganda wange, mbuulira ekirala ki ki ky'okowoolera abantu? Singa byoyogedde nga byali bigambo bya bantu nandibadde nnakitegedde dda.”

Olwo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'asimbuliza *ayah* eno wammanga nti:

**إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُ بِالْعُدْلِ وَالْإِحْسَانِ وَإِيتَاءِ ذِي الْقُرْبَىٰ وَيَنْهَا عَنِ
الْفُحْشَاءِ وَالْمُنْكَرِ وَالْبَغْيِ يَعِظُكُمْ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ**

“Mazima ddala Allah alagira obwenkanya n'okuyisa obulungi n'okuwa owooluganda era agaana obuseegu nebikolwa ebibi, ababuulirira mulyoke mujjukire.” (an Nahl, 16 : 90)

Mafruq kwe kugamba nti: “Muganda wange okuva mu Bakulayishi, ddala abantu obayita kudda eri empisa n'enneyisa ebisingayo obulungi! Okusinziira ku kyendaba, abantu bo okukuyita omulimba baba bakwogerera mafuukuule!” Abakulembeze békika abalala Hani ne Muthanna baawagira Mafruq. Kyokka baateekawo akakkakulizo nti baali tebayinza kukkiriza ekyali kibaweededwa okutuusa nga beebuzizza ku bakulembeze békika kyabwe abalala, era ne bongerako nti, engeri gye baali baakola endagaano ey'enkologana n'Abaperuuysi, bano baali tebajja kuba basanyufu nga bawulidde entegeeragana ey'ekika ekyo.

Bwe batyo wadde nga muli baali bakkiriza, naye gye byaggweera ng'ekika kigaanye okusaba kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olw'okutya okugwa mu mitawaana.²¹⁹



Twariq ibn Abdalla (Allah amusiime) anyumya bino:

“Lumu nalaba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku Mwoleso gwe Zhu'l Majaaz, ng'ayambadde

219 Ibn Athiir, Usudul Ghaaba, V, 250 – 251; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 187 – 189.

essaati mmyufu ng'akoowoola nti, “Abantu .. Mugambe nti *Laa ilaaha illa Llaahu* mujja kuba nga muwonye!”

Emabega we waaliyo omusajja omulala eyali akasukira Omubaka (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) amayinja ngéno bw'awogganira waggulu nga Nnabbi yaakamala okwogera nti, ‘Temumuwliriza! Oyo mulimba!’

Amayinja gaali gaaviirako ebigure bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) okutonnya omusaayi. Olw'okuba nnali sinnamanya, okutuusa mu kaseera ako, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe yali afaanana, nnabuuza abaali banneetoolodde abanziramu nti:

Banziramu nti, ‘Oyo muvubuka okuva mu batabani ba Abdul Muttwalib’.

Nnabuuza nti: ‘Ate oyo omusajja akasuka amayinja?’ ne banziramu nti:

‘Oyo taata we omuto, Abu Lahabi!’ (Haakim, II, 668; Ibn Athiir, Usudul Ghaabah, III, 71)

Ebzibu ebirala ebyagwa ku Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ng'ali mu kkubo ly'okukoowoola abantu eri Obusiraamu byanyumizibwa Mudrik al Azdi (Allah amusiime) eyagamba nti:

“Nnali ndi mu kulamaga ne kitange. Bwe twayimirira bwe tutyi e Mina, kwe kugwa ku kibinja ky'abantu ekinene. Nnagamba kitange nti:

“Oba abo lwaki bakunngaanye!”

Ye kwekunziramu nti: ‘... nsonga ya musajja eyasuulawo eddiini y'abékika kye!’

“Bwe nnatunula kitange gye yali alaza, kwe kulaba Omubaka wa Allah. Twali tusobola bulungi okumuwlira ng’ayogerera wag-gulu nti, “Abantu, mugambe nti *Laa ilaaha illallaahu muwone!*”

Abamu baali bamuwandulira amalusu ng’abalala bamukasukira ebikyafu mu kyenyi; nga n’abandi bamuweereza agavumo. Kino kyagenderera okutuusa mu ttuntu. Oluvannyuma omuwala, eyalina ensingo ng’erabikako katono, yajja ne jjaagi y’amazzi n’akatambaala. Yali akaaba. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kwe kunywa amazzi n’anaaba emikono gye n’amaaso. Oluvannyuma, yasitula omutwe n’agamba nti:

“Mukwano bikka ensingo yo n’akatambaala. Era tokirowoozan-gako nti basobola okutta oba okuyisaamu taata wo amaaso!”

Oluvannyuma nakizuula nti omuwala yali muwala wa Nnabbi ayitibwa Zayinabu.” (Ibn Athiir, Usudul Ghaabah, V, 130; Haythami, VI, 21)

Zayinabu, Fatuma ne bawala ba Nnabbi abalala, bona Allah abasiime, ebiseera byabwe eby’obuto n’obuvubuka baabimala mu biseera Obusiraamu we bwabeerera businga obunafu, Abasiraamu we baabeeranga mu kutuntuzibwa n’okutulugunyizibwa. Zayinabu ne baganda be (Allah bona abasiime) beesanga nga bagabanye ku bulumi ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’Abasiraamu bona okutwalira awamu. Kitaabwe bwe yabanga ava awaka okugenda okukoowoola abantu eri Obusiraamu, baamulindiranga ku mulyango mu bweraliikirivu obungi oba nga bamulinnya kagere okukakasa nti teri mutawaana gwonna gumutuukako.

Era baali ku lusegere lwa kitaabwe nga bakungubagira okufa kwa nnyaabwe omwagalwa Khadiija (Allah amusiime). Teri kiseera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) lwe yafuna buzibu okuggyako nga bawala be batatonnyesa amaziga nga bamuli ku lusegere. Fatuma (Allah amusiime) yabanga wo ng’asiimuula

omusaayi ogwabeeranga ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), ate nga Zayinabu (Allah amusiime) ng'abeera w'ali n'amazzi asobole okumunaaza mu maaso. Ddala, baayita mu bulamu obuzibu.

Ebimu ku bika ebingi Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayita eri Obusiraamu ku Mwoleso gwe Ukaz mwe mwali batabani ba Amuri ibn Sa'saa. Bano yababuuza bw'atyi:

“Muli beetegefu okumpa obubudamu n'okunkuuma nga Omubaka wa Allah, okutuusa lwe nnaasobola okutuusa ebiragiro bya Katonda wange eri abantu n'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe nnina? Sirina muntu yenna mu mmwe gwe nja okukaka.”

Baamuddamu nti: “Tetujja kukugoba wadde okukukkiriza. Tujja kukuwa buwi bukuumi okutuusa lw'onaamaliriza ekigendererwa kyo.”

Mu kaseera ako kennyni, waliwo omuntu omu okuva mu kika kyabwe ayitibwa Bayhara yajja. Oluvannyuma lw'okuzuula enfaanana ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), yali afunye ekirowoozo ku ngeri gye yali ayinza okufunamu ettutumu mu Bawalabu bona singa yali esobodde okuwangula Nnabbi n'amuzza ku ludda lwe. Nga tatiddenamu yabuuza Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti:

“Singa tukuwadde obuwagizi, Allah n'akuwa obuwanguzi n'owangula abalabe bo, obwakabaka bujja kutuddira ng'ogenze?”

Ekitangaala ky'Okubaawo (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuddamu nti: “Obufuzi bwonna bwa Allah. Alonda oyo yenna gw'aba ayagadde!”

“Ekitegeesa nti oyagala kuteeka mibiri gyaffe mu nnimi z'omuliro okuva mu Bawalabu bona ku lulwo ate otusuubire okulinda



okulaba ani aweebwa obwakabaka singa otuuka ku buwanguzi? Ebyo byoya bya nswa!” Bw’atyo Bayhara bwe yagamba nga tannaba kuleekaanira ba kika kye nti:

“Sirabangako nteeseganya mbi nga zammwe mu mwoleso gwonna nga guno. Mugende mu maaso n’okwereketera obulabe bwa Bawalabu bona. Naye mumanye nti ekika kye kimumanyi nnyo okubasinga. Singa baali bamulabyemu akalungi konna, bandibadde bakakasa nti bamwekwata nga mmwe temmunnaba!”

Ng’amaze okuzza ab’ekika ku ludda lwe, yakyukirra Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) omulundi omulala n’amugamba nti:

“Yamuka mangu ekifo kino!”

Nga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) asituse okulinnya enngamiya ye, omukyamu Bayhara yafumita ekifuba ky’enngamiya ekyagireetera okubuuka era Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’awanukako n’agwa.

Ng’alaba engeri embi Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) gye yayisibwamu, Dubaa bint Amuri, omukyala Omusiraamu eyaliwo awo, yaleekaana amangu ago, “Abange batabantu ba Amuri! Muyimirira mutya awo nga mulaba Omubaka wa Allah bamutuntuza mu maaso gammwe ne mutabaako na kye mukola?”

Awo abasajja basatu kwe kuyimirira ne babonereza Bayhara, ekintu ekyabafunisa ebisuubizo ebirungi okuva ewa Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Yabasabira bw’atyi:

“Katonda wange! Nkusaba obawe emikisa gyo!”

Emikisa egaya mu kusaba kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe yasabira abasajja abo gyali gya maa-nyi kubanga abasajja tebaakoma ku kufuuka Basiraamu kyokka naye era bonsatule baafa nga abajulizi.

Ekika kino kyalina omukulembeze eyali tazze kulamaga e Makka olw'emyaka egiali gimugenzeeko. Abalamazi bwe baddayo eka baamuyitiramu ebyali biguddewo, era ye ng'abiwulidde kwe kuteeka emikono ku mutwe mu bwennyamivu era n'abagoba nga bw'abagamba mu kusaalirwa okungi nti:

“Munaakola mutya ku nsi kuno okuzzaawo omukisa ogugenze? Ndayira Katonda nti teri muntu yenna okuva mu batabani ba Ismaaila yali yeeyiseeko Nnabbi ng'alimba! Muvinza mutya obutalaba nti yali ayogera mazima? Mwali mulowooza ki ku nsi kuno?”²²⁰

Awamu n'ebizibu byonna n'okutulugunyizibwa bye yalina okugumira, Omubaka Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasigala ng'agenda mu maaso ku mwoleso n'okuyita abantu abaali bava mu bitundu ebisigadde eri ekkubo ery'amazima.

Okuwasa Sawuda (Allah amusiime)

Sawuda yali (Allah amusiime) yafumbirwako Sakran ibn Amuri (Allah amusiime) era bombi baali mu bantu abaasenguka okugenda mu Abyssinia, Sukran gye yafiira nga wayise akaseera akatono. Olw'okuba nga yali omu ku bantu abaalaga obwesimbu n'okwewaayo eby'amaanyi mu kkubo ly'Obusiraamu, Sawuda (Allah amusiime) yali yafuna okutendebwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Bw'atyo olw'okumuyamba okuva mu mbeera enzibu

²²⁰ Ibn Hishaamu, II, 33 – 34; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 184; Ibn Hajar, al Iswaba, IV, 353.



gye yandisanze nga nnamwandu, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamuwasa n'amufuula mukyala we.

Eyateekateeka okufumbiriganwa kuno yali Hawula mukyala wa Asumaani ibn Ma'zuun (Allah amusiime). Era nga bwe yali enkola, taata wa Sawuda yasabibwa okuwa olukusa. Nga bwe kyali kisuubirwa, yali musanyufu eby'ensusso eri muwala we kye yali atuuseeko.

Sawuda (Allah amusiime) yali tayinza kufuna buvumu kugenda mu maaso na bufumbo, ng'ensonga enkulu yali nti yalina abaana abato bataanu oba mukaaga okuva mu bbaawe omugenzi.

Bwe yalaba nga Sawuda asikattiddemu, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamubuuza ensonga eyali emuleetera okutya, era Sawuda kwe kuddamu nti:

“Nnyinza ntua okuba n'okubuuusabuusa okukufumbirwa nga teri muntu yenna mu nsi gwe nsinga kwagala kukusinga? Naye ntua nti amaloboozi g'obwana bwange obuto gajja kukutawaanya nga bukuwogganira. Ekitali ekyo, ndi musanyufu bya nsusso okukufumbirwa...” (Ibn Sa'ad, VIII, 53 – 57; Ahmada, I, 318 – 319; VI, 211; Haythami, IV, 270)

Okufumbiriganwa kuno kwaliwo mu mwaka gwa kkumi og'owbwannabbi mu mwezi gwa Lamanzaane omutukuvu.

Sawuda (Allah amusiime) yafaayo nnyo eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Yafuuka kitundu ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere) ekirala, nga lubeerera amubeera ku lusegere mu kiseera we yali asinga okwetaagira ennyo obuwagizi, era n'alabirira bulungi abaana abato abawala abaali beetaaga ennyo okulabirirwa n'okubalaga omukwano, ng'abalaga okufaayo, ekisa n'omukwano gwa maama.

OMWAKA OGW'EKKUMI N'OGUMU OGW'OBWANNABBI

Ensisinkano Ye Aqaba

Obudde bwali bwa kiro. Ekibinja kya bantu mukaaga okuva e Madiina, abaali mu Makka nga balambula Ka'aba ne bagwa ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okumpi ne Aqaba. Amangu ago, bakubwa ekitangaala kye ggulu eky'endabika ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), mu kaseera ako amatondo g'ekisa kya Katonda bwe gaatandika okutonnya mu mitima gyabwe, nga galeeta mu bulamu emitensi gy'omukwano muli munda, nga gibawa essanyu eritalojjeka. Mu kaseera ako, Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabatuukirira okubatuusaako okukoowoola kwe eri Obusiraamu, nga bwe yakolanga ku balala, nga bwe kyali kyetaagisa mu mulimu gwe ogw'obwannabbi. Yabasaba bw'atyi:

“Tuyinza okutuulamu akatono ne twogera?”

Abasajja bannamukisa bano omukaaga okuva e Madiina abaali abeetegefu ennyo n'okusingawo okukozesa omukisa okwogerako n'omusajja eyali assikamu ekitiibwa. Nga ebiwojjolo bwe bisikiri-zibwa ekitangaala, nabo betooloola mangu Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).



Nga bw'asoma ebitundu ebimu okuva mu Kulaane, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabayita eri Obusiraamu, nga bw'abamatiza okukkiriza okwesiima okw'ensi ebbiri.

Bannamadiina baali baawulira ku bya Nnabbi eyali ow'okujja nga babijja ku bajjajabwe abedda, era nga y'oyo baliraanwa baabwe Abayawudi gwe babajjukizanga entakera. Bwe batyo, bwe beewulirirako butereevu okukoowoola kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), baayanguwa mangu buli omu okugamba munne nti:

“Ono atekwa okuba nga ye Nnabbi Abayawudi gwe babadde batutiisatiisa naye. Tetuyinza kukkiriza Bayawudi kutusooka kumukkiririzaamu.”

Kyabatwalira kutunula butunuzi mulundi mulala ku kyenyi kya Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ekyali kitangalija, ekyo kye baali begombeddewo okuvira ddala ku ntandikwa bwe baamukubako eriiso eryasooka, olwo Bannamadiina bano ne bakkiriza okukoowoola kwe eri Obusiraamu n'omutima gumu. Era mangu ddala baayatulirawo *Shahadah*.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwo kwe kubabuuza oba nga baali baakumuyamba singa yali wa kusenguka okugenda kusenga e Madiina wamu n'Abasiraamu abalala. Baddamu nti entalo ezaali ziruppe nga zijja zibeerawo wakati w'amawanga ge Madiina erya Awusi n'erya Khazraj zaali zituuse ku nnyoge era nga baali tebajja kuba ba mugaso nnyo gy'ali singa Abasiraamu baali bakusenguka mu mwaka ogwo gwennyini. Naye, baasabayu omwaka gumu okusobola okulaba embeera nga bwe yali ey'okubeera. Baasuubiza okuyita Bannamadiina abalala eri Obusiraamu, era ne bawa obweyamu okudda okulamaga mu bbanga lya mwaka gumu.

Ababaka abatono Bannamadiina bano baddayo eka nga bali mu mbeera ey'essanyu ey'enjawulo. Nga batukuziddwa okuva mu nfuufu y'obutamanya, kati baali batikkuddwaako omugugu okuva ku bibega-bega byabwe era nga bawulira bawewuse nga obunyonyi. Amangu nga baakkada e Madiina, baatandika okunnyonnyola abantu b'e Madiina ekigendererwa kya Nnabbi ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era nga babayita okuyingira Obusiraamu. Omulimu guno baagukolera ddala okutuusa lwe waaba nga tewali nnyumba n'emu eyasigala mu Madiina nga teboogereramu Mubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).²²¹

Sharhu's Swadri Ey'okusatu: Okweteekerateekera Miraaje

Mu kiro kya Isra ne Miraaje - Olugendo lwe Kiro n'Okulin-nyisibwa mu ggulu – nga Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) tannaba kusisinkana Katonda Owoobuyinza, omutima gwa Nnabbi omutukuvu gwateekebwateekewba omulundi ogw'okusatu gusobole okufuna okwolesebwa okutukuvu, era ekifuba kye ne kijjuzibwa okukkiriza n'amagezi.²²²

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ekyafaayo kino akijjukira bw'atyi:

“Nnali ngalamidde wansi nga ndi wakati w'okwebaka n'okutunula nga ndi Hatim okumpi ne Ka'aba. Omuntu kwe kujja n'an-dyebula ekifuba okuva wano okutuuka wano (awo nga bw'asonga okuva ku mumiro okutuusa ku lubuto) era n'anzigiyamu omutima. Ekyombo ekya zaabu kyaleetebwa, nga kijjuddemu obukkiriza n'amagezi. Omutima gwange gwayozebwa n'amazzi ga Zamzam era ne gujjuzibwa n'okukkiriza n'amagezi nga tegunnaba kuzzibwa mu kifo kyagwo we gwali.” (Bukhari, Bad'ul Khalq 6; Muslim, Imaan 264)

221 Laba: Ibn Hishaam, II, 38; Ibn Sa'adi, I, 219; Haythami, VI, 40.

222 Laba: Bukhari, Swalat, 1; Muslim, Imaan, 263.

Ekirabo Eky'enjawulo Eri Omwagalwa: Miraaje

Isra yagwawo ng'ebula emyezi kkumi na munaana Hijira ebeerewo.

Ekirabo okuva eri Katonda ekimanyiddwa nga Isra ne Miraaje gwali mukisa ogutaliiko kkomomo ogusukka entimbe zonna ezibik-kibwa abantu era nga biri wala na kutegeera kwonna. Okugeza, ebbanga n'ekiseera, nga bwe bimanyiddwa mu mbeera z'obuntu, byaggyibwawo, okusobozesa olugendo oluwanvu n'ebintu ebyati-twamu enkuyanja okubaawo mu kaseera akataweza katikitiki so ng'ebintu ng'ebyo byanditutte obuwumbi bw'emyaka okusobola okukomekkerezebwawa.

Katonda Owoobuyinza agamba nti:

سُبْحَانَ الَّذِي أَسْرَى بِعَبْدِهِ لَيْلًا مِنَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ إِلَى
الْمَسْجِدِ الْأَقْصَى الَّذِي بَارَكَنَا حَوْلَهُ لِنُرِيهُ مِنْ آيَاتِنَا أَنَّهُ هُوَ
السَّمِيعُ الْبَصِيرُ

“Okutenderezebwawa kwa Allah Oyo eyatambuza omuddu we ekiro okuva mu muzikiti Ogw'emizizo (Masjidil Haraami) okutuuka ku muzikiti ogusembayo (Masjidil Aqswa), ogwo gwe twawa emikisa ebitundu ebwigetoolodde tulyoke tumulage obumu ku bubonero bwaffe. Mazima ddala Ye Muwlizi (wa byonna) era Omulabi (wa byonna).” (al Israa, 17 : 1)

Okulaga obukulu n'ekyewuunyo ky'ekyafaayo *ayah* kye yali eri okumpi okuggyayo, *ayah* yatandika na kwawula (*tanziih*). Abannyonyozi ba Kulaane bagamba nti ekigambo (Subhaana) kiggyawo ebitendo byonna ebirimu obukendeevu ku Katonda Owoobuyinza, era kikozesebwawa mu kwewuunya mu maaso ge bintu

ebiskeyewuunyo ebikolebwa Omuronzi. Bwe kityo, kye kimu ku bigambo ebikulu ebikozesebwa okujjukira Katonda Owoobuyinza.

Mu bufunze:

1. Ekigambo kitendereza era ne kikakasa Isra ey'amagero era kiteekawo omusingi ogwokutukuzibwa kwemimitima, nga kigikuuma okugiggyamu obwagazi bwokufaananya Allah Oweekitiibwa ebitonde bye.
2. Kikkaatiriza nti Katonda Owoobuyinza wa njawulo era ali wala nnyo n'okubeera n'ebitendo ebitali bijjuvu ebya buli kika, nadala eri abo abalaba *Miraaje* ng'ekintu ekitasoboka.

Ayah egenda mu maaso n'okwogera ku kiro. Isra lwali lugendo lwa kiro. Obubaka obusinga obungi bwakkanga mu budde bwa kiro. Era buba kiro ebantu, kye kimu birungi oba bibi, mwe bitandikira. Mu ngeri y'emu, mmambya nga tennasala bwe budde omusaalirwa sswala ya *tahajjudi*, eya kyeyagalire naye nga kye kikolwa ekiri ku ntikko y'okusinza.

So ng'ate emikisa egiri mu Muzikiti Ogukomererayo okuba ewala, oba Masjidul Aqsa, n'ebifo ebigwetoolodde, abannyonnyozi babyogerako bwe batyi:

1. Emikisa gyensi n'enkomerero. Omuzikiti gw'etoolooddwa ebimera ebyakiragala nemigga.
2. Omuzikiti guzze gubeera ensibuko ya bannabbi abawera n'olw'ekyo gubadde guweebwa emikisa emirundi mingi nnyo n'obubaka okuva eri Katonda.
3. Era gwafuna emikisa emirala emingi bwe gwafuuka ekifo kya Isra gye yaggweera.

Mu lugendo luno, Allah Owoobuyinza yasobozesa Omubaka we okulaba ebantu ebitali bya bulijo bingi.



Mu kiro ekyo ku Masjidul Aqswa, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakulembera esswala mu maaso ga bannabbi bona.²²³

Abu Hurayirah (Allah amusiime) anyumya nti mu kiro kya Isra, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) baamuleetera ebyombo bibiri, ekimu nga mulimu mwenge n'ekirala nga kirimu amata. Oluvannyuma lw'akaseera katono ng'abitunulira, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalondako ekyombo omwali amata, olwo Jibuliiru n'agamba nti: “Amatendo amajjuvu gonna ga Allah Oyo akulunngamizza eri ekyo ekituukana n'obutonde bw'omuntu. Singa olonzeewo ekyombo omuli omwenge, ekibiina kyo kyandibuze.” (Muslim, Imaan 272, Ashribah, 92)²²⁴

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwo yali akiikirira abantu bona ab'omulembe gwe (*ummah*), nga ekkubo lyabwe mwe bajja ekyokukola. Amata gaa-kiikirira obubumbwa (*fitwrah*) ate gwo omwenge ne gukiikirira okwagala okw'ebeyensi.

Kulaane egamba nti:

وَمَا يُنْطِقُ عَنِ الْهَوَى

“... era tayogera ng'ajja ku kwagala kwe” (an Najm, 53 : 3). Mu kino Katonda Owoobuyinza atutegeeza nti Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyakola kintu kyonna ku lulwe.

223 Ibn Sa'adi, I, 214.

224 Era laba: Bukhari, Tafsiir 17 / 3, Ashribah, 1, 12; Nasaa-i, Ashribah, 41. Obusiraamu okubeera eddiini y'okusikirizibwa kw'obubumbwa kyakakasibwa Isra ne Miraaje, nga bijulira nti ebitabo by'omu ggulu tebiriweebwa abo aboonenefu mu by'omwoyo, era abalina emitima emivundu munda.

Allah, amatendo gonna amajjuvu gage, ye Mukozi w'Ebantu Owaddala, olwo bw'atyø Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'abeera nga yali yeeweereddeyo ddala yenna gy'ali. Wano, okumufuala okulondawo amata, Katonda Owoobuyinza yalunngamya Omubaka eri ekintu ekisinga obulungi. Ekyafaayo kino ekiragibwa mu hadiisi era kikoona ku mikisa egisukkulumye eri ummah ya Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Nga aggyibwa mu Masjidul Haraamu okutwalibwa eri Masjidul Aqswa mu kutambula kwe kiro okumanyiddwa nga *Isra*, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yafuna ekitiibwa ky'okulinnysibwa mu ggulu, *Miraaje*. Nga bw'alunngamizibwa Malayika enkulu Jibuliiru, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagendera ddala okutuuka ku Sidrat'ul Mun'taha, Omuti gwa Lote.

Ow'ekitiibwa asingayo mu bitonde (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere), anyumya bw'atyi bye yayitamu:

“Nnali ku Hatimi, okumpi ne Ka'aba, wakati w'okubeera mu tulo n'okutunula, ensolo Buraq, engazi okusinga endogoyi ate nga ntono ku nnyumbu, n'reeetebwa gyendi. Nga ekozesha amagulu gaayo ag'omu maaso, yali esobola okubuuka okukoma ne we yali esobola okulengera. Nalinnyisibwa ku nsolo eyo. Olwo Jibuliiru n'atukulembra okutuuka ku ggulu erisinga okubeera okumpi ddala n'asaba enzigi zaalyo ziggulwe.

Eddoboozi okuva emabega we nzigi lyabuuza nti: ‘Ani oyo?’

‘Jibuliiru’

‘Ani gw'oli naye?’

‘Muhammadı’



‘Yayitiddwa ku *Miraaje* (okulinnya mu ggulu)?’

‘Yee!’

‘Kale ayanirizibwa... Nga okukyala kwa kyewuunyo?’

Enzigi zaggulwa. Bwe twayitamu nalaba omusajja eyali alin-diridde. Banngamba nti, ‘Ono ye kitaawo Adamu. Mulamuse! Namulamus a nanziramu era oluvannyuma n’ayogera bw’atyi:

‘Oyanirizibwa, mutabani omulongoofu, Nnabbi omulongoofu!’

Olwo Jibuliiru yannyambusa ku ggulu eriddako ery’okubiri. Eyo nnalaba Yahaya ne Yisa (emirembe gya Allah gibeere ku bo), abaali bagatta bamaama baabwe.

Nayongerwayo waggulu ne ntuuka ku ggulu ery’okusatu, eyo gye nnalaba Yusufu (emirembe gya Katonda gibeere ku ye). Oluvannyuma ne ntwalibwa ku ly’okuna gye nnalaba Idriisa (emirembe gibeere ku ye), ne ku ly’okutaano nnalaba Haruuna (emirembe gibeere ku ye). Ate oluvannyuma ne bantwala ku ly’omukaaga, Musa (emirembe gibeere ku ye) gye yali alindira. Yannyaniriza nga bw’agamba nti:

“Owooluganda omulongoofu, Nnabbi omulongoofu... Oyanirizibwa!”

Naye nga tumaze okumuyitako, yatandika okukaaba. Yabuuuzibwa nti: ‘Lwaki okaaba?’

‘Nkaaba kubanga omuvubuka eyafuuka Nnabbi oluvannyuma lwange agenda kuba n’abagoberezi bangi abaliyingira Ejjana okusinga abange!’²²⁵

225 Okukaaba kwa Musa emirembe gya Allah gibeere ku ye tekuteekeddwa kutegeerwa nga okwali kuva ku nsaalwa, naye okwali kuva ku nnaku gye yalina obutasobola kutuuka ku ddaala lya kutuukirira.

Olwo Jibuliiru n'antwala ku ggulu ery'omusantu, gye twasanga omusajja omulala. Jibuliiru yanngamba nti:

'Lamusa ku kitaawo Ibraahiim (Bulayimu)'

Namulamusu era n'addamu nti:

'Mutabani omulongoofu era Nnabbi omulongoofu... Oyanirizibwa! Okwo yayongerako nti, 'Muhammadu, tuusa ebiramuso byange eri abagoberezi bo era obategeeze ku bulungi bwe ttaka ly'omu Jjana, obuwoomu bw'amazzi gaayo nobugazi bw'ettaka lyayo. Naye bagambe bongere okusimba emitii eyo. Eemitii gy'omu Jjana gisimbibwa ng'oyita mu kugamba bugambi nti, 'Subhaana Llaah wal Hamdu li Llaahi wa laa ilaaha illa Llaahu wa Llaahu akbaru' (Okutenderezebwa kwa Allah, n'amatendo gonna amajjuvu ga Allah, era teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, era Allah ye Munene asinga.'

Oluvannyuma nalinnyisibwa ne ntuuuka ku Muti, ng'ebibala byagwo binene nnyo nga *anramu za Hejr eze Yamani*, ng'ebikoola biringa amatu g'enjovu. Jibuliiru kwe kwogera ebigambo nti:

'Era guno ... gwe *Sidratu'l Muntaha*'

Awo waaliwo emigga ena egikulukuta; ebiri nga gidda munda ate ebiri nga gikulukuta gifuluma. Nabuuza Jibuliiru nti:

'Jibuliiru, gino bagiyita batya?'

'Ebiri egikulukuta gidda munda, egyo migga gya mu Jjana. Ate egyo egikulukuta gifuluma, ogumu gwe mugga gwa Kiyira (*Nile*) ate omulala gwa *Euphrate*^{”226} (Bukhari, Bad'ul Khalq, 6; An'biya, 22, 43;

226 Okusinziira ku ndaba emu, Nnabbi Owemikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okulaba emigga ebiri ogwa Kiyira ne Euphrates mu Jjana kyali kyoleka Obusiraamu engeri gye bwali obw'okweyongera busaasaanire ensi engimu omukulukutira emigga ogwa Kiyira ne Euphrates, ebitundu ebyo ebyali bijja okukuumibwa obutatuukamu nsinza ya Abaperuusi (Persia) ne ba Byzantine ey'okukkiririza mu Busatu; era nga mu mirembe



Manaaqibul An'swari, 42; Muslim, Imaan, 264; Tirmidhi, Tafsiir, 94; Da'wat, 58; Nasaa-i, Swalat, 1; Ahmad, V, 418)

Olwamala okutuuka ku Sidratul Mun'taha, Jibuliiru kwe kugamba nti:

‘Mubaka wa Allah, okuva wano okweyongerayo oli ku lulwo!’

Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabuuza Jibuliiru nti:

‘Lwaki, Jibuliiru?’

“Katonda Owoobuyinza anzikiriza kutuuka wano wokka. Singa ntandulula ekigere ekirala kimu mu maaso, mba nja kusiriira nfuuke evvu!” (Razi, XXVIII, 251)

Nnabbi ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeeyongerayo mu maaso n'olugendo ng'alusigaddeko yekka. Yaweebwa emikisa n'okweyoleka era n'aweebwa ekitiibwa ekiri wag-gulu wa byonna okw'ekitangaala (*Jamaal*) kya Owoobuyinza.

Okunnyonnyola obulungi ebintu bino mu ebyewuunyisa mu bigambo tekisoboka kiringa okugezaako okukendeeza amazima agali emabega w'okufumiitiriza okugazza ku ddala ly'okutegeera kw'omuntu bwe kitasoboka. Okweyoleka, ng'engeri gye kwalimu entuufu, yasigala nga kyama kya munda wakati wa Katonda Owoobuyinza n'Omwaga-lwa we, kwalivo mu mbeera z'ensi enkusike, *aalamul ghaybi*.

Ekyo nga kiwedde, ebyama bino ebinene bityo ebyeyoleka wakati wa Oyo atenderezebwa ne Nnabbi we Ow'ekitiibwa biraga emikisa egitaliiko kkomo okuva eri Omuronzi gy'awa abo abafuna obubaka okuva gy'ali.

egiryekulungula abatuuze b'omu mawanga ago bwe bajja okusitula bendera era babeere abasaale mu tawuhidi (okukkiririza mu kya Allah okubeera Omu atalina kimwegattako) era bakole kinene okusaasaanya Obusiraamu.

Miraaje era yalina ekigendererwa okuva ewa Katonda eky'oku-malako Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ennaku eyali ejjudde ku mutima gwe oluvannyuma lw'ebikolwa eby'obukambwe ebyamukolwako n'obulumi bwe yafuna okuva mu bantu b'e Twaifa, olwo eryoke emuwe obuweerero ne we yali ow'okufunira essanyu.

Okuva *Miraaje* lwe yabeerawo awatali kkomo lya kiseera n'eki-fo, abantu tebasobola kutegeerera ddala obubonero bwa Katonda obw'ekika kino. Tekiba kya magezi okwekaka okufumiitiriza n'es-suubi ery'okutegeerera ddala ensonga ezo ez'enjawulo.

Nga ali mu mbeera eyo eteriiko kkomo lya biseera na kifo mu bwakabaka bwa Katonda Owoobuyinza ng'ali mu *Miraaje*, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), n'ekirabo eky'enjawulo ekyasukkuluma ebirabo byonna Katonda bye yali awadde bannabbi abaamusooka, yalaba obubonero obwo-gerwako nti:

فَكَانَ قَابَ قُوْسَيْنِ أَوْ أَدْنَى

“Olwo yali mu kipimo kya mitego gy'obusaale bubiri oba obutabutuuka.” (an Najmu, 53 : 9)

Okujjukira nti awamu n'okubeera omu ku bannabbi ab'amaanyi, okuyita akatono ennyo kwokka mu mbeera ey'okwolesebwa okw'ekika kino kyalii kimala bumazi Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) okuzirika, omuntu asobola okufuna ekifaananyi ku ddaala eddungi erya waggulu Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubeera okumpi ne Allah, Oweekitiibwa, era n'obuyinza obw'enjawulo n'amaanyi bye yaweebwa.



Mu kiwonvu ekitukuvu, ebigure bye okugabana ku mikisa gy'ekifo n'okwetaba mu kugulumizibwa okwo, Nnabbi Musa (emirrembe gibeere ku ye) yalagirwa okuggyamu engatto ze. Naye mu kiro kya *Miraaje*, Nnabbi Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye yagambibwa nti:

“Tambulira ku mwaliiro gw’Eggulu Erisembayo waggulu n’engatto zo, Eggulu lisobole okuweebwa ekitiibwa olw’enfuufu eziriko, era nti ekitangaala ky’Eggulu kiweebwe emikisa n’okubeerawo kwo.” (Bursawi, V, 370)

Omutontomi Kemal Edib Kürkçuoğlu awa eddoboozi eddungi eri okujaganya eggulu lye kwalimu olw’okulinnya kwa Nnabbi (okuasaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye):

*Mu kiro kya Miraaje olwo, olw’okutunula ku kyenyi kye,
Wansi, mu kusiima, eggulu zonna zaavunnama*



Katonda Owoobuyinza ayogera bw’atyi ku *Miraaje* :

وَالنَّجْمٌ إِذَا هَوَى

“Ndayidde Emmunyeenyе ng’egenze wansi...” (an Najm, 53 : 1)²²⁷ Essuula etandika na kulayira okukkaatiriza amazima ga *Miraaje* eri okugaanibwa okusoboka okuva mu batali bakkiriza. Kino kiwagi-rwa ebyo ebigoberera oluvannyuma lw’okulayira:

227 Abannyonyolya Kulaane bawa amakulu mangi ku ky’emmunyeenyе (najm) Katonda Owoobuyinza gye yalayira. Ennyinyonyolya esinga okubeera enkulу y’egamba nti ‘emmunyeenyе’ ye Mubaka Ow’emikisa yennyni oba aya za Kulaane ezassibwanga omusoolesoole. Bwe tutwala ennyinyonyolya eno, olwo ekirayiro kiba kitegeeza: Ndayidde Muhammadi Mustafa, oyo eyalinnya mu ggulu era n’akka ku *Miraaje* Ndayidde ekiseera ky’okwolesebwa Okutukuvu nga Kulaane essibwa.

مَا ضَلَّ صَاحِبُكُمْ وَمَا غَوَىٰ . وَمَا يَنْطِقُ عَنِ الْهَوَىٰ .
 اَنْ هُوَ اَلٰ وَحْيٌ يُوحَىٰ . عَلَمَهُ شَدِيدُ الْقُوَىٰ .
 ذُو مِرَّةٍ فَاسْتَوَىٰ . وَهُوَ بِالْأَفْقِ الْأَعْلَىٰ .

“... Mukwano gwammwe teyabula wadde okuba nga awubisiddwa. Era tayogera nga ajja ku kwagala kwe. Obwo si kirala wabula bubaka obussibwa. Yayigirizibwa Owaamaanyi ennyo, nannyni magezi n'alabika ng'ateredde, ku mpuyi (z'eggulu) eza waggulu.” (an Najm, 53 : 2 – 7)

Ekigambo *istiwaa*, ekiyinza okuvvuunulwa nga ‘okulabika mu mbeera ey’obuteenyeenya’ waggulu mu *ayah*, mu Luwalabu olwa bulijjo kitegeeza okubikka, okubuna oba okuyimirira butengerera. Nga batwalidde wamu ekya Jibulliru okuba nga y’ayogerwako mu *ayah*, abannyonnyozi abasinga batera ekya *istiwaa* okukissa ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), olwo ne kisiinya ku muwendo gwe n’eddaala ly’alimu. Olwo Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) n’atereera bulungi ku kifo ekya waggulu ewasembayo:

ثُمَّ دَنَا فَتَدَلَّىٰ

“Olwo n’asembera n’ajja kumpi...” (an Najm, 53 : 8) Awo kwe kugamba nti, olw’okusikibwa Okutukuvu, Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yasikibwa okutwalibwa waggulu; natuuka mu ddaala erisinga ne we yali.

Bwe kityo, mu kiseera kya Miraaje, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) teyakoma ku kubeera mu lunyiriri lwe lumu n’empuyi ezisinga okubeera waggulu, naye era yasembera



kumpi ne Allah Oweekitiibwa. Oluvannyuma okusikibwa okutukuvu kwagenda kweyongera okutuusa Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) lwe yayitawo n'adda ku ludda olulala olusingayo obuwantu:

فَكَانَ قَابَ قَوْسَيْنِ أَوْ أَدْنَى

“Olwo n'abeera ku kigero eky'emitego gy'obusaale obubiri oba obutatuukawo.” (an Najm, 53 : 9)

‘Ekigero kya busaale bubiri oba obutatuukawo’ kuyisiza mu lugero nga kitegeeza kintu ekitegereekeka mu mazima g'ebintu ebitegeerekeka. Kiraza ku nkola eyali etera okukolebwa mu Bawalabu nga Obusiraamu tebunnajja. Enkola yali nti abantu ab'empuyi ebbiri bwe baakolanga endagaano ku nsonga, buli ludda lwajjangayo akasaale, ne babuteeka wamu bwombi ng'akamu kali ku ngulu kw'akalala, olwo ne bakasuka akasaale kamu nga bako-zesa emitego gyombi. Olwo Kino kyakolanga nga akabonero aka-laga obumu, nga kiraga nti buli omu ku bo ky'ayagala okuva awo n'omulala ky'anaaba ayagalanga, era ng'ekinyiiza omu n'omulala kijja kumala okubeera ensonga eviirako omulala okunyiiga.

Bwe kityo, *qaba qawsayni* nga kigatta okubeera okumpi okw'om-woyo n'omubiri, oba ekipimo eky'emitego gy'obusaale ebiri, kintu kikulu nnyo ekisukka okutegeera kw'omuntu. Nnabbi Muhammadi Mustafa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yabeera kumpi ne Katonda we mu kaseera ako, ng'amakubo tegakyaliwo, era mu ngeri entereevu:

فَأَوْحَىٰ إِلَىٰ عَبْدِهِ مَا أَوْحَىٰ

“... Yatuma eri omuddu we ebyo bye yamutuma...” (an Najm, 53 : 10)

Ekitegeeza ne “okutumira” kyannyonnyolwa nga:

1. Esswala. Ekimu ku bintu ebikulu ebyali mu Miraaje kwe kuba nti mu miraaje esswala ettaano ezisaalibwa buli lunaku zaafuulibwa za tteeka. Nga Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) bw’amuwa amagezi, Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yabeera addinngana eri Katonda Owoo-buyinza okusala ku sswala ekyavaako omuwendo gwa sswala ezisaalibwa buli lunaku ezaatandikira ku makumi ataano okukendeezebwne zifuuka ttaano zokka. Wabula era Allah Oweekitiibwa yasuubiza okukubisa emirundi kkumi mu mpeera ku kirungi ekimu ekiba kikoleddwa, olwo empeera ze sswala ettaano ne zisigala nga ziri amakumi ataano. Oluvannyuma, Allah, amatendo gonna amalungi gabeere ku ye, n’agattako nti:

“Buli aba amaliridde okukola ekikolwa ekirungi naye n’atasobola kukituukiriza, aba ajja kusigala ng’afuna empeera emu ol’okumalirira okulungi kw’aba na kwo. Ate bw’akituukiriza n’akikola, olwo aba ajja kufuna empeera kkumi eziwandiikibwa mu linnya lye.

Ate oyo aba amaliridde okukola ekintu ekibi, naye n’atakituukiriza, aba tafuna musango. Naye bw’akikola, awandiikibwako ekibi kimu kyokka!” (Muslim, Imaan, 259)

Ol’okwegayirira kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yaddinngana, Katonda Owoo-buyinza yakendeeza omuwendo gwe sswala ezirina okusaalibwa buli lunaku, okuva ku makumi ataano, okutuuka ku ttaano, nga bwe kinyumizi-bwa mu hadiisi empanvu. Kino kye kitegeeza kwe kuba nga wadde ebivunaanwa bya Omuronzi, oba *huquuqullaah*, nga mu butuufu byetaagisa omuntu okumusinza emirundi amakumi ataano olunaku, naye ol’ekisa kye ekitaliiko kkomo, Omuronzi yawewula omuntu n’amujjako ebitundu mwenda ku kkumi obw’obuvunaanyizibwa bwe. Bw’ogendera ku *ayah*:

وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ

“Ssatonda majinni na bantu okuggyako nabatondera kintu kimu kunsinza’ (adh Dhariyaat, 51 : 56) ekirambika nti omulimu omukulu ogw’omuntu kusinza Mutonzi, kiba kitegeerekeka nti omugugu gw’obuvunaanyizibwa buno gwakendeezebwa olw’okubalirira obunafu mu butonde bwe; naye ate era nga kitegeeza nti wadde si tteeka, waliwo ensonga ey’amaanyi eri abo abasobola, okusaalayo esswala endala eza kyeyagalire, ekintu ekitagaanibwa n’akamu.

Ku sswala ettaano ezirina okusaalibwa buli lunaku ng’etteeka, ebiva mu kunnyonnyola okukoleddwa waggulu biraga nti, abakki-rriza abakulu abakakatibwako amateeka g’eddiini basaala esswala eza kyeyagalire (ezitali za tteeka) okugeza *Ishraaq* ne *Awwabiina*, era ne bassa essira ku kuzuukuka ne bayimirira ekiro okusaala esswala ya *tahajjudi*. Naye ebikolwa nga bino eby’okusinza ebya kyeyagalire okusobola okukolebwa abo bokka abalina okujjumbira wamu n’amaanyi okubituukiriza, n’okuddinngana Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kwe yakola okusaba okukendeezaako, esswala ezirina okusaalibwa buli lunaku oluvannyuma zaa-kendezeebwa ne ziva ku makumi ataano ne zifuuka ttaano olunaku.

2. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yasuubizibwa nti:

“Teri Nnabbi ajja kukusooka era teri bagoberezi baalisooka bagoberezi bo kuyingira Jjana! (Razi, XXVIII, 248)”

3. *Ayah* ebbiri ezaasembayo mu Ssuula Baqara zassibwa.

Waliwo hadiisi eyogerwa Muslim egamba nti:

“Mu biseera bya Miraaje, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yaweebwa ebintu bisatu eby’emi-

kisa: Esswala ettaano ezirina okusaalibwa buli lunaku, enkomerero ya ssuula Baqara, n'amawulire amalungi nti amazambi amanene ag'abagoberezi be, okuggyako *shirki* (okugatta ebintu ebirala ku Katonda) gajja kusonyiyibwa..." (Muslim, Imaan, 279)

Naye wadde ng'ebyo byogeddwaa, Allah Oweekitiibwa Yekka ne Omubaka we be bamanyi "obubaka" obwa Miraaje obwayogerwako bwe bwali bufaanana.

Kyeraga kyokka wano nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayitamu mu Miraaje, tebyali kirooto, wabula byali bya ddala nga biwaniriddwa okukakasa kw'omutima gwe, nti:

مَا كَذَبَ الْفُؤَادُ مَا رَأَىٰ . اَفَتَمَارُونَهُ عَلَىٰ مَا يَرَىٰ .

"Omutima tegwalimba mu kye gwalaba. Kati mumuwakanya kw'ekyo kye yalaba?" (an Najm, 53 : 11 – 12)

Mu kudda okuva mu Miraaje, okuva mu kifo eky'enjawulo awatali muntu yenna asobola kukituukako, eyo gye yasisinkanira Katonda we era n'ayita mu mbeera nnyingi ezitali za bulijjo, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaddayo n'alaba Jibiliiru (emirembe gibeere ku ye) omulundi omulala we yali amulese okumpi ne *Sidratul Mun'taha* ng'ali mu kifaananyi kye kyen-nyini:

وَلَقَدْ رَآهُ نَزْلَةً اُخْرَىٰ . عِنْدَ سِدْرَةِ الْمُتْهَىٰ .

"Mazima ddala yamulaba omulundi omulala ng'akka; okumpi n'Omuti Lote awatali ayinza kusukkawo." (an Najm, 53 : 13 – 14)



Ayah eraza ku ddaala erya waggulu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ly'alina bw'oligeraageranya ne Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye). Era ddala, Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) yalina okusigala mu kifo kye yayogerako nti 'ekigere kimu mu maaso, nga nsiriira", so nga Nnabbi yasobola okweyongerayo. Kino kyongera okutangaazibwa ennyo mu nsisinkano ya Nnabbi ne Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) nate ng'akomawo.

عَنْدَهَا جَنَّةُ الْمَأْوَىٰ . إِذْ يَغْشَى السِّدْرَةُ مَا يَغْشَى .

"Okumpi awo we wali Ennimiro Ey'obubudamu. Bwe kyabikka Omuti gwa Loti ekyo ekyagubikka." (an Najm, 53 : 15 – 16)

Oluvannyuma baabuuza Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kye yalaba ekyabikka *Sidratul Mun'taha*.

"Nnagulaba nga gubikkiddwa ebiwojjolo ebya zaabu, nga Bamalayika batudde ku buli kikoola kyagwo nga batendereza Allah." (Twabari, XXVII, 75; Muslim, Imaan, 279)

Ibn Abaasi (Allah amusiime) yayogera nti Katonda Owoobuyinza yasarasa Musa (emirembe gibeere ku ye) n'okwogera naye, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) n'amufuula mukwano gwe, ate Muhammadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ye n'amurasula n'ekitiibwa ky'okwolesebwa Okutukuvu, mu ngeri eyasigala nga temanyiddwa gye tuli. (Twabari, XXVII, 64)

Amaaso okusigala nga gatunuulira Omwagalwa enkaliza nga tegatemya ye ntikko ya *adab*, kwe kugamba nti, obwetoowaze.

مَا زَاغَ الْبَصَرُ وَمَا طَغَىٰ . لَقَدْ رَأَىٰ مِنْ آيَاتِ رَبِّهِ الْكَبِيرِ .

“Amaaso tegaakyuka era teyakola nsobi; mazima ddala yalaba mu Bubonero bwa Katonda we Obusingayo Obunene!” (an Najm, 53 : 17 – 18)

Nga bwe kitegeerekeka mu *ayah* za Kulaane zino, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakirizibwa okuyita ku *Sidratul Mun'taha*, awatali kitonde kyali kikkiriziddwa kugisukka nga kw'otadde ne Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye). Ekyali eyo kwali kubeera wamu, okwannyonnyolwa nga 'eki-gero ekiri wakati w'emitego gy'obusaale obubiri oba obutatuukawo' wabula nga engeri yennyini gye kwalimu kwasingala nga kuli wala nnyo n'okutegeera kw'omuntu.

Mu kubeera awamu kuno, Kabaka wa Bannabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayimirirawo ng'omujulizi ku lw'amazima ago agatasoboka kunnyonnyolwa bulungi mu bigambo, era n'alaba obubonero bw'obwakatonda obwa Owoobuyinza, n'obunene bw'ekitiibwa kye ebiyinza okufunibwa okuyita mu nda, ekiyitibwa *Mushahadah*, oba okujulira.

Abannyonnyozi ba Kulaane abasinga obungi wano bagamba nti Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalaba Katonda Owoobuyinza n'eriiso ly'omutima. (Twabari, XXVII, 63)

Ibn Abaasi (Allah amusiime) anyumya nti, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

“Ddala nnamulaba, Katonda Owoobuyinza!” (Ahmada, I, 285; Haythami, I, 78)

Omulundi omulala bwe baamubuuza oba yalaba Katonda Owoobuyinza mu Miraaje, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaddamu nti:

“Nnalaba Ekitangaala!” (Muslim, Imaan, 292)

Allah Yekka, amatendo amajjuvu gage, y'amanyi ebikwata ku nsonga eyo.²²⁸



Waliwo ebintu bingi ebyanyumizibwa, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yayitamu ng'ali mu Isra ne Miraaje, ng'ebimu tugenda kubyogerako kati.

Nga ali mu Miraaje, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalaba ekinja ky'abantu abaalina emimwa egizimbye nga enngamiya. Awo waaliwo abakungu abayimiriddewo abaali baweedreddwa obuvunaanyizibwa bw'okusalako emimwa gyabwe n'okujuza amayinja mu mimwa. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabuuza Jibuliiru nti:

“Baani abo?”

Jibuliiru yaddamu nti, “Abo bantu abaatwalanga ebintu bya bamulekwa mu bukyamu.” (Twabari, XV, 18 – 19)

Oluvannyuma, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasanga ekinja ekirala nga basonseka enjala zaabwe ez'ebuma (kkopa) mu maaso gaabwe n'ebifuba byabwe.

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era yabuuza nti:

“Abo bayinza kuba b'ani?”

“Abo beebo abaayoonoonanga ebitiibwa bya balala n'ensa zaabwe nga bayita mu kukola enngambo n'okugeya.” (Abu Dawuda, Adab, 35 / 4878)

228 Okunnyonyola aya ezikwata ku Miraaje tveyambisizza ekitabo kya Elmahli Hamdi Yazir ekiyitibwa “Hak Dîni Kurân Dili”.

Oluvannyumako katono, Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era yalaba abenzi b'oku nsi nga bavaabiira emirambo gyébisolo ebifudde byokka (kalannamye), abali b'amagoba ge bajja ku bebewola (*riba*) nga balina embuto ezizimbye, n'abakazi abatta abaana baabwe be baafuniranga mu bikolwa eby'obwenzi, nga balengejjeru ku mabeere gaabwe oba nga baleebeetera waggulu ku magulu gaabwe.²²⁹

Eyo ye nsonga lwaki Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

“Singa mwali mumanyi kye mmanyi, ddala, mwandisese kitono ate ne mukaaba nnyo.” (Bukhari, Tafsiir, 5 / 12)

Era ng'Ali ku bye yalaba mu Miraaje, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lumu yagamba nti, “Mu kiro kya Miraaje, nnalaba Enzigi ze Jjana nga kuwandiikkidd-wako ebigambo:

“*Okugaba kujja kusasulwa empeera ezikubisaamu emirundi kkumi, naye okuwola kujja kukubisibwamu emirundi kkumi na munaana*”.

Oluvannyuma nnabuuza Jibuliiru nti:

“Lwaki okuwola ebbanja kulina enkizo ku kuwa saddaaka?”

“... kubanga omuntu asaba okuweebwa obuyambi emirundi egisinga asaba ne bw'aba ng'alina ssente. Naye oyo asaba okuwole-bwa ebbanja aba ddala ali mu bwetaavu.” (Ibn Maajah, Sadaqaat, 49)

Mu hadisi endala, Nnabbi anyumya nti:

“Mu Miraaje, nnayimirirako ku nzigi ze Jjana ne ntunula mu nda. Abaamu okusinga baali baavu, so ng'ate abagagga baali bakuu-

229 Laba: Twabari, XV, 18 – 19.



mibwa basobole okubuuzibwa. Abo abaali basaliddwa okuyingira omuliro nga balagiddwa okutwalibwa. Oluvannyuma nnayimiri-rako ku Nzigi z'Omuliro. Abasingamu baali bakazi.” (Bukhari, Riqaaq, 51; Muslim, Zuhud, 93)

Hadiisi ekola nga okulabula naddala eri abakazi, okwekuuma empisa eziyinza okubatuusa eri ebibonerezo bya Katonda.



Nga tukyali ku bya *Miraaje*, tulina okwogera ku nsong endala, kwe kugamba nti, newankubadde ng'abantu bayinza kulowooza ku bintu byayita okusinziira nga Katonda Owoobuyinza bw'aba akkirizza, bannabbi bo baaweebwa okumanya ebiriwo n'ebirijja, ng'okwo kw'ogasse okumanya ebyayita. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okwogera ku mbeera eribeerawo ku lunaku lw'enkomerero naye ng'akozesa kikolwa “ekyayita”, kye kiggyayo ekintu ekyo.

Mu butuufu, mu kiro kye kyamagero ekya *Miraaje*, omwo mwe yawewulibwa ku byonna by'atasobola ebyayita, ebiriwo n'ebiy'omu maaso, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatunuulira ku bintu ebikulu ebijja, ng'binnyonnyola nga ebiri mu bintu “ebyayita”, nga biringa ebyali bimaze okugwawo. Ekimu ku byo kyalii kikwata ku Abdurrahmaani ibn Awufu omu ku ba *Ashara Mubasshara*, Abantu Ekkumi Abasanyusibwa nga bakyali balamu nga bwe bajja okuyingira Ejjana.

“Ekiro ekyo nnalaba Abdurrahmaani ng'ayavula ku biyungo bye ebina ng'ayingira Ejjana.

Nnamubuuza nti: ‘Lwaki ojja mpola?’

“Olw’ebobyobugagga ebingi bye nnina, neesanze mu buzibu obw’ekika kino obubadde busobola okufuula abaana abayavula okumera envi. Kyabadde kinene okutuusa lwe nnatuuse n’okulowooza nti ob’olyawo sijja kuddamu kukulaba nate...” (Muhammad Parsa, Faswlul Khitwab, olup. 403)

Luvannyuma lwa Hijira okugenda e Madiina, gye yafuuikira omugagga binojjo, Abdurrahmaani ibn Awufu (Allah amusiime) we yawulirira ebintu bino. Yasitukiramu n’agenda mangu ewa Ayisa (Allah amusiime) okubuuza oba nga ddala Omubaka (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yali yayogera ebigambo nge’byo. Ng’afunye okukakasibwa nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yali yabyogera, Abdurrahmaani yacamuukirira nnyo n’atuuka n’okuwaayo eby’obusuubuzi bye byonna ebyali byakatuuka okuva e Damascus nga bijjudde ku nngamiya, n’abiwaayo mu kkubo lyu Allah Oweekitiibwa.

Ddala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye), mu lugendo lwa Miraaje, yayimirirawo ng’omujulizi eri obubonero bwa Katonda obuwera. Hadiisi emu etuuka n’okugamba nti: “Nalinnya waggulu nnyo ne ntuuka n’okuwulira okukuukuunya kwe kkalaamu (eziwandiika okugera)” (Bukhari, Swalat, 1)

Oyo ye Mmubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) eyatwalibwa mu kifo ekyawaggulu ennyo n’atuuka n’okuwulira amaloboozi ge kkalaamu nga ziwandiika entuuko ze bintu by’omu nsi n’afuna okumanya ebintu ebiri ewala ennyo n’oku-tegeera.

Okusinziira ku hadiisi ezo waggulu, kyeraga bulungi nti mu biseera bya Miraaje, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yali ddala awangaalira mu biseera ebyayita, ebiriwo, n’ebiomu maaso, byonna nga bigattiddwa wamu, mu kiseera kye kimu.



Ebuntu Ebitonotono Ebinyinza Okuggyibwa Mu Miraaje

1. Okuviira ddala nga Nnabbi ow'ekitiibwa tannatandika ku lugendo, waaliwo ekya *sharh'us swadr*. Kino kiraga nti okulinnya okw'omwoyo kwetaaga omutima omutukuvu, omutali kintu kyon-na okuggyako okubeeramu kw'ekitangaala Ekitukuvu. Okuggyako ng'omutima guggyiddwaamu obuzibu obwo, olwo okweyoleka kw'ebiyama Ebitukuvu lwe kuyinza okufuna ekkubo erikutuusaayo.
2. Isra eyolesa amaanyi ga Katonda Owoobuyinza agataggwaawo n'ekitiibwa kye mu kutwala omuddu we ku lugendo olwenjawulo.
3. Ensonga endala eri nti okuweebwa olugendo lwa Miraaje oluvannyuma lw'okuyita mu bulimi n'okuyisibwa obubi mu lugendo lwe yagendako olwe' Twaifa, kyali kiranga ekiseera ekirungi ekyali kijja mu maaso.
4. Ebikolwa byonna ebyalaalikibwa ebyayogerwa mu Kulaane byassibwa nga biyita mu Jibiliiru (emirembe gibeere ku ye). Naye obutafaanana ebyo, yo sswala Katonda Owoobuyinza yagiragira butereevu mu Miraaje. Kino kiraza ku byama eby'enjawulo ebingi ebiri mu sswala n'obukulu bwayo obulina enkizo ku bikolwa ebirala.

Sswala ddala ye mpagi ye ddiini. Okutuukirira okuli mu sswala tekulina kikolwa kirala mwe kuyinza kusangibwa. Eddaala lye sswala ng'oligeraageranyizza n'ebikolwa eby'okusinza ebirala liringa eddaala ly'okwolesebwa kwa Katonda Owoobuyinza ku Lunaku lw'enkomererero nga okugeraageranyizza ku byengera ebirala abantu bye balifuna ku Lunaku olwo. Engeri sswala gy'eri nga ye *Miraaje* y'Abakkiriza, akaseera abantu we basingira okubeera okumpi Katonda ke ko we babeerera mu sswala nga bali mu kwewaayo okugenda ewala n'okumalira ebirowoozo ku kye bakola. Mu sswala omuddu mw'asisinkanira Omuronzi we ng'akyali mu bulamu buno obwensi. Era kyasinziira ku nsongwa ng'ezo Nnabbi (okusaasira kwa

Allah n'emirembe bibeere ku ye) okugamba nti, ‘Esswala kye kyali ekitangaala ky'eriiso lye,’²³⁰ ng’akubiriza abagoberezi be, ne bwe yali assa omukka gwe ogusembayo, ‘Okwenywerezza ku’ mulimu ogusookerwako mu kusinza.²³¹

5. Okuggulgawo kwe nzigi z'eggulu eri Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu *Miraaje* kyalaga nti obwannabbi bwe bwali tebukoma mu Makka ne Twaifa byokka, naye nti ye yali Nnabbi w'Ensi zonna, era nga obuvunaanyizibwa bwe bwali bwetyongerayo ne buzingiram u ensi n'eggulu n'okusukkawo.

6. *Miraaje* eraga awantu awasembayo mu kukula kw'omuntu, ng'eraga ensalo esembayo ey'okutuukirira kw'omwoyo omuntu gy'ayinza okutuuukako.

7. Nga olugendo okuva e Masjidul Haraamu okugenda eri Masjidul Aqswa mu Yerusalem, *Isra* eyongera amaanyi mu nkolagana ez'amaanyi ezaaliwo wakati w'ebifo bino eby'amaanyi mu by'emyoyo, ebyaweebwa emikisa egy'okubeera amaka ga bannabbi abangi mu byafaayo. Era ekyeyolekera mu lugendo luno kyali nti nga ye ddiini ekunngaanya amadiini gonna agaava mu ggulu agaagisooka, Obusiraamu ye ddiini yokka entuufu ekyaliwo mu maaso ga Katonda Owoobuyinza. Ekirala ekiraga kino, ye Nnabbi Muhammaadi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okukulembera bannabbi bona mu sswala ku Masjidul Aqswa.

Engeri Miraaje Gye Yatwalibwamu

Ekiseera bwe kyuatuuka okubuulira bamusinzabibumbe Bannamakka ku bya *Isra* ne *Miraaje*, Omubaka Ow'ekitiibwa (okusa-

230 Laba: Nasaa-i, Ishaaraturun Nisa, 1.

231 Laba: Abu Dawuda, Adab, 123 – 124.

sira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye) yabuulirako Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) ku bweraliikirivu bwe yalina n'amugamba nti:

“Naye abékika kyange tebajja kukkiriza bye mbagamba!”

Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) yankakasa nti: “Abu Bakari ajja kukukkiririzaamu. Ye ye *Swiddiq* (Omukakasa).” (Ibn Sa'ad, I, 215)

Bamusinzabibumbe bino olwabagwa mu matu, baagaanirawo okukkiriza Miraaje. Nga bakozesa akakisa kano mu ngeri eyali esinga okubakolera, baatandika okutambuza olugambo mu buli kanyomero nga basuubira okuwugula Abasiraamu okubajja ku bukkiriza bwabwe nga bayita mu kukuba ebituli mu bwesimbu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye). Baatuuka n'okugenda ewa Abu Bakari (Allah amusiime), wabula ekyabajja enviiri ku mutwe, ye ngeri Aba Bakari gye yabaddamu nga ayolesa obwesige bwe yalina mu Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye). Yabaddamu nti:

“Kyonna ky'ayogera kiba kituufu... kubanga tewali kakisa konna ka kuba nti alimba! Nja kukkiriza buli ky'ayogera nga siri-naamu kwesittala kwonna!”

Bamusinzabibumbe baamubuuza mu kujeeja nti:

“Olwo olowoleza ddala nti yagenze ku Masjidul Aqswa era n'akomawo mu kiro kimu?”

“Yee... Awo ki ki ekyewuunyisa? Ekinene ekisinga ku ekyo kwe kuba ng'agamba nti afuna obubaka okuva eri Allah Owoobuyinza buli lunaku n'ekiro... era ne nsigala nga mukkiririzaamu.”

Oluvannyuma, Abu Bakari (Allah amusiime) yagenda awaali Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'émirembe bibeere ku ye), mu kaseera ako eyali okumpi ne Ka'aba, n'awuliriza bye yayitamu ng'abijja ku ye ye kennyni, era n'agamba nti:

“Oyogera mazima, Omubaka wa Allah!”

Abu Bakari bye yayogera byasanyusa nnyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), era kwe kugamba, n'akamwenyumentu n'ekitangaala ekimala okwakaayakanya ensi nti:

“Abu Bakari! Ddala oli *Swiddiiq*”

Okuva ku lunaku olwo, Abu Bakari (Allah amusiime) yatandika okumanyibwa nga *Swiddiiq*.

Basswahaba ba Nnabbi abasigadde nabo baagoberera kya Abu Bakari (Allah amusiime) mu kukakasa Nnabbi Owékitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku bikwatagana ne *Miraaje*.

Nga balemeddwa okubuzaabuza Abakkiriza, bamusinzabibumbe ku luno baasalawo kugezesha Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Bamusoya ebibuuzo ku bikwatagana ne Masjidul Aqswa. Olwo Katonda Owoobuyinza n'aleeta ekifaananyi ky'Essinzizo Ettukuvu mu maaso ga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyatandika okuddamu ebibuuzo byonna ebyamubuuzibwa bamusinzabibumbe kimu ku kimu, ng'atunuulidde ekifaananyi. (Bukhari, Manaaqibul Answari, 41; Tafsiir, 17 / 3; Muslim, Imaan, 276)

Mu butali bumativu, bamusinzabibumbe baabuuzaayo eki-buuzo ekirala:

“Muhammadhi, kati tubuulire ku byamaguzi byaffe bye tusuubira okuva wabweru w'ekibuga, ebitukwatako ennyo n'okusinga Masjidul Aqswa!”

“Nagwa ku basuubuzi ab'ekika kya ba gundi ne gundi mu kiwonvu ekyo. Enngamiya yaabwe emu yatya nnyo eddoboozi ly'en-solo enkambwe n'epaala. Nnabalagirira enngamiya gye yali...”

Era kumpi ne Dajnan, nnalaba ebyamaguzi bye kika. Abasajja baali beebase. Baalina ensawo ejjudde amazzi era nga baali bagisaanikiddeko. Nnaggyako ekisaanikira ne nnywako era oluvannyuma ne nkizzaako naye ne ngireka nga bwe yali. Ebyamaguzi katibirina okuba nga byolekedde kaserengeto ke Tanim okuva e Bayda. Ebyamaguzi bikulembeddwamu enngamiya ensaja eya kitaka nga yeetise ensawo bbiri emu nzirugavu ate endala nga ya mabala.”

Nga engeri gye baddibwamu ebayitirideko, bamusinzabibumbe baalangirira nti: “Tulayira Llaata ne Uzza, kino kye kigenda okusalwawo oba nga ayogera mazimal!” Nga bwe basuubira okuzuula obutakwatagana mu bigambo bya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye), baayanguwa okugenda ku kaserengeto ka Tanim ne balinda ebyamaguzi. Amangu ddala nga baakalengera ebyamaguzi, mu bwennyamivu baagamba nti:

“Ekigaali kiikyo … nga kikulembedwa enngamiya eya kitaka!”

Mu kwetegereza ennyo ng’eb Yamaguzi bituuse, baakizuula nti enngamiya yali nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yali agittottodde. Baabuuza abaali ku byamaguzi ku by’amazzi geccupa Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ge yali abagambye ne bakikakasa nti baalina eccupa ejjudde amazzi ng’esaanikiddwa bulungi, oluvannyuma gye baasanga ng’eweddemu amazzi.

Ku ludda olulala, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okuba nga yanywa amazzi kimu ku biraga nti *Isra* ne *Miraaje* lwali lugendo lwa mubiri n’omwoyo.

Bamusinzabibumbe oluvannyuma baabuuza abasuubuzi ku by’enngamiya eyali ebapaddeko.

“Ekyo kituufu! Okuboggola kw’ensolo mu kiwonvu kwatutiisa nnyo, era enngamiya yaffe emu n’epaala. Ne wabaawo omuntu eya-

tuyita n'atulagirira enngamiya gye yali. Twagendayo ne tugisanga we nnyini we yatulagirira ne tugikwata!"

Abamu ku bo baagamba nti baali bajjukira eddoboozi ng'erya Muhammadi.

Tewali kibuuzo bamusinzabibumbe kye baalekayo ne baki buuzizza Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), okuvira ddala ku muwendo gw'enngamiya ezaali mu kibinja ky'abasuubuzi okutuuka ku muwendo gw'abalunzi gwen-nyini. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) buli kye baamubuuza yakiddamu mu butuufu. Nga bwe gwali ku bya Masjidul Aqsa, neby'ekibinja ky'abasuubuzi nakyo kyamuggyi-rwayo n'akiraba bulungi. Naye abo abalina emitima egiali gigaddwa eri amazima baasigala bali mu mbeera yaabwe ey'obutakkiriza ne bagamba bugambi nti, "Buno bulina kuba bufuusa bwennyini!" (Ibn Hishaamu, II, 10; Ibn Sayyid, I, 243; Haythami, I, 75; Bayhaqi, Dalaa-ilu, II, 356)

Katonda Owoobuyinza agamba nti:

أَفَعَيْنَا بِالْخَلْقِ الْأَوَّلِ بَلْ هُمْ فِي لَبْسٍ مِّنْ خَلْقٍ جَدِيدٍ

"Abaffe twali tukooye n'okutonda okusooka? Wabula bo bali mu kubuusabuusa ku bikwata ku kutonda okupya." (Qaaf, 50 : 15) Ki ki ekiyinza okubeera ekyangu eri Katonda Oweekitiibwa eyatonda buli kimu nga talina mw'akijja, okusinga okulinnyisa omuddu we okumutwala mu Isra ne Miraaje? Butaba na magezi mazaale kwe kuyinza okunnyonnyola eky'omuntu okwekkakkanya n'agaana kino okukikkiriza.

Nga bulijo, bamusinzabibumbe abe Makka abawkasa ekisa baagaana okukkiriza Isra ne basalawo okufuula Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eky'okuzannyisa. Naye ku luno



enneeyisa yaabwe yali ya kubaviramu okuggyibwako ekyengera kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubabeera okumpi. Ekiseera kyali kituuse okutwala ekyengera kino okuva mu Bannamakka abaali batamanyi ngeri ya kukisiimamu. Wabula baasalawo okubuuka ensalo mu butasiima bwabwe n'empisa ezitaali za bwenkanya eri Nnabbi oyo, ng'okubeerawo kwe nga ye yali ensonga y'okutondebwा kwabwe.

Olwo wali wasigaddewo ekintu kimu kyokka okukolebwa: Ye Katonda Oweekitiibwa, okutwala Omubaka Ow'ekitiibwa (oku-saasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okumubaggyamu n'amutonera abantu abalala abaali bayinza okusiima ekyengera ekyo okubasinga.

Mu butuufu, tewaayita kiseera kiwanvu okuva ku lugendo lwe Twaifa olwali oluzibu, Katonda Owoobuyinza n'asindikira Omubaka We Omwagalwa abantu abasimba omusingi ogw'abantu ab'enjawulo abaali beesunga okuwera mu maaso ge.



OMWAKA OGW'EKKUMI N'EBIRI N'OGW'EKKUMI N'ESATU EGY'OBWANNABBI

Endagaano Ye Aqaba Eyaasooka

Bannamadiina omukaaga abaasiramukira e Makka gye baali bagenze okulamaga omwaka ogwali guyise, mu mwaka ogwaddirira baakomawo nga bali n'abantu abalala mukaaga. Era ku Aqaba we waali ensisinkano yaabwe.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakoowoola abantu omukaaga abo abapya eri *tawhiidi*. Ol'w'okuba nga baali bamaze okuwulira ku bulungi n'ettutumu ly'Obusiraamu n'ekitiibwa kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuva mu mikwano gyabwe, nabo baasalawo okwesogga enzikiriza.

Obutafaananako na nsisinkana eyaasooka, ku luno, abagenyi beeyama mu butongole okugondera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Nga bwe basika mu mukono gwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Bannamadiina baawa obweyamu bwabwe obwasooka, era nga eyo y'ensonga lwaki ensisinkano yayatiikirira nnyo nga Endagaano ya Aqaba Eyaasooka.

Bannamadiina beeyama okutuukiriza ebintu bino:



1. Obutagatta kintu kyonna ku Allah Oweekitiibwa mu mbeera yonna.
2. Obutabba
3. Obutasemberera bwenzi
4. Obutaziika bawala baabwe nga balamu
5. Obutatemerera bigambo oba okuwaayiriza
6. Okugondera Allah ne Omubaka we

(Bukhari, Manaaqibu'l Answari, 43)

Nga kirayiro ekyakolebwa okuwonya Buwalabu yonna okusinza amasanamu, okumalawo okunyigiriza, n'amayisa amabi agaali gakyase ennyo mu biseera ebyo, endagaano ya Bannamadiina eyasooka yassaawo essuula empya mu byafaayo by'Obusiraamu.

Okulondebwa Kwa Mus'ab Ibn Umayr Nga Omusomesa N'engeri Gye Yawangulamu Madiina Ng'ayita Mu Kulaane

Abasiraamu b'e Madiina abapya baawandiikira Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ebbaluwa nga bamusaba okubaweereza omusomesa abannyonnyole Obusiraamu, abasomese Kulaane era abakulembere mu sswala. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bw'atyo yabaweeresa Mus'ab (Allah amusiime).²³²

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era yasindika Abdalla ibn Umm Maktuum (Allah amusiime), omu ku bantu abaasookera ddala okusiramuka, naye asomese bannamadiina Kulaane wamu ne Mus'ab ibn Umayr (Allah amusiime).²³³

232 Ibn Sa'adi, I, 220.

233 Bukhari, Manaaqibul Answari, 46.

Mus'ab ibn Umayr (Allah amusiime) yali yafuna ekitangaala ky'obulunngamu ng'akyali muto nnyo, era n'anywerera ddala mu bukkiriza bwe wadde nga yafuna okunyigirizibwa okuva mu b'owaka abaatuuka n'okumuggyako eby'okusika. Wadde nga ku ngulu yali ayinza okuba nga yali asigadde nga mwavu era ng'asigadde yekka takyalina muntu, naye mu nda, yalina omutima omugagga ogujjud-de omukwano n'essanyu lya *Imaan*. Mu kusaasaanya Obusiraamu, yali alinga empagi y'okulumiririrwa abalala.²³⁴

Mazima ddala, okujja kwa Mus'ab (Allah amusiime) e Madiina ye yali ddala entandikwa y'Obusiraamu okutinta mu kibuga. Nnabbi bwe yamukwasa obuvunaanyizibwa bw'okusomesa Obusiraamu, Sswahaba ono omuto, yatandika okukola ekiro n'emisana okunnyonyola abantu ekigambo kya Katonda Owoobuyinza. Kamukyaza era eyali omuyambi we omukulu yali Asad ibn Zuraara (Allah amusiime), omu ku bannamukisa abaasooka okulunngama olwa kawee-fube wa Mus'ab (Allah amusiime).

234 Ali (Allah amusiime) annyonnyola bw'atyi:

“Twali tutudde ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku muzikiti, Mus'ab n'atuuka nga talina kintu ku mubiri okuggyako essuuka eyali ejjudde ebiraka ebya wuulu. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yamulaba mu mbeera eno, kyamujukiza ebiseera bya Mus'ab ebyayita we yabeerera e Makka ng'awangaalira mu bulamu bw'ekigagga; embeera gye yalimu yawaliriza Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuttulukusa amaziga. Oluvannyuma kwe kugamba nti:

“Butya bwe muyinza okuwulira nga mwambadde olugoye olulungi ku makya, n'lulala olweggulo, ne babawa emmere ejjudde ku sowaane emu oluvannyuma lw'endala, ennyumba zammwe ne muzinyiriza nga Ka'aba bw'eyambazibwa! Abaaliwo baamuddamu nti, Mubaka wa Allah, awatali kubuusabuusa, embeera yaffe olwo eba nnungi nnyo okusingira wala ne gye tulimu kati, kubanga olwo tuba tetukyeraaliikirira ku mpangaala yaffe era ebiseera byonna tuba tuija kubiwaayo mu kusinza.”

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabaddamu nti: ‘Mpozzi ate ekyennyume ky'ekyo kye kituufu... Kati muli mu mbeera nnungi nnyo okusinga bwe mwandibadde.’” (Tirmidhi, Qiyaamat, 35 / 2476)



Lumu Asad nga ne Mus'ab amuli ku lusegere, yagenda n'atuula ku luzzi olwali mu nnimiro y'ab'ennyumba ya Zafar. Sa'ad ibn Muadh, ow'ekitiibwa okuva mu nju ya Abdul Ashal yatwala omukisa guno okubuulira Usayd ibn Hudayr ku butali bumativu bwe:

"Usayd ibn Hudayr oli musajja amanyi obulungi eky'okukola. Teweetaaga muntu yenna akuyamba. Genda ogambe abasajja bali, abazze ku muliraano okwonoona enzikiriza y'abantu baffe abanafu, baveewo bagende era tebaddiranga ddala! Nandikyekoleddeko singa Asad teyal wa luganda lwange."

Ng'akoledde, Usayd yasitukiramu n'agenda awaali abasajja ababiri neffumu lye era nga musunguwavu. Yabookya obubuuzo obw'okumukumu nti:

"Mukola ki wano? Asad, ggwe oleese omusajja oyo gw'oli naye okwonoona enzikiriza y'abantu baffe abanafu? Bwe muba mukyaya-gala okubeera abalamu, muveewo kati era temuddanga!"

Mus'ab (Allah amusiime) mu bugezi bwe, yakkakkana n'abuuza omusajja bw'atyi:

"Toosobole kutuulako katono wano n'owuliriza bye nngenda okukugamba? Ofaanana okubeera omusajja omugezi... Ebigambo byange bw'onoobyagala ojja kubikkiriza, bw'onooba tobyagadde tojja kubikkiriza"

Usayd yaddamu nga bw'asimba effumu mu ttaka nti: "Yita mu byanguwa oyogere by'oyagala okwogera." Bw'atyo yatuula wansi, Mus'ab yamunnyonyola Obusiraamu, nga bw'amusomeramu ne ku Kulaane.

Amangu ddala nga Usayd yaakawulira okusomwa kwa Kulaane, nga tannaba na kufulumya mu kamwa kigambo kyonna, ekyenyi kye kyatandika okutangalija olw'ekitangaala ky'Obusiraamu n'omutima gwe ne gumerenguka eri amazima. Yabuuza nti:

“Ebigambo bino nga bisuffu...²³⁵ Omuntu eyeetaaga okuyingira mu ddiini eno akola atya?

Ng’agoberera okusomesa kwa Mus’ab ne Asad (Allah abasiime), Usayd yanaaba omubiri n’ayoza n’engoye ze n’olvannyuma n’ayatula *Shahaada*. Ng’amaze okusaalayo laaka bbiri ez’esswala, yagamba nti,

“Waliwo omusajja omu gwe ndesseeyo emabega. Singa akkiriza ebigambo byammwe buli muntu aja kumugoberera. Erinnya lye ye Sa’ad ibn Muadh. Ngenda kumubasindikiral!”

- 235 Usayd (Allah amusiime) teyalekayo kusoma Bigambo Bitukuvu, obulungi bwabyo bwe yakkiririzaawo omulundi gwe ogwasooka, n’okwagalal kwe kumu n’okujumbira obulamu bwe bwonna. Ye kennini annyonnyola bw’atyi:
 “Lumu ekiro nnali nsoma Ssuula Baqara. Enfalaasi yange yali awo kumpi nga wengisibidde. Naye ekiseera kyatuuka enfalaasi n’etandika okweucanga. Nnayimirizaamu okusoma Kulaane enfalaasi n’etereera. Nneeyongera okusoma Kulaane era n’eddamu okwecanga nga bwe yeeyongera okucamuka gye nnagendanga mu maaso n’okusoma. Olw’okutya nti enfalaasi yali eyinza okumulinnya, nnasembeza katabani kange ka Yahya okumpi ne we nnali. Oluvannyuma natunula mu bbanga ne ndaba obuntu obwalinga ettaala, oluvannyuma obwagenta bwetyongerayo mu bbanga okutuusa lwe bwabula. Ku makya, nnabuulirako Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ku bye nnali ndabye ekiro. Omubaka yanngamba nga tannaba kumbuuza nti: ‘Soma Usayd, soma. Usayd, omanyi obuntu obwo bwe walabye bwabadd bu ki?’
 Namuddamu nti: ‘Nedda’ Kwe kunngamba nti:
 ‘Zaabadd malayika ezaabadd zizze okuwuliriza Kulaane gye wabadde osoma. Singa wagonze mu maaso n’okusoma, zandiwlirizza okutuusa obudde okukya. Tezandikikoze na mu kyama eri abantu abalala; abandisobodde okuziriba obulungi’” (Bukhari, Fadhwailul Qur'an, 15)
 Ayisa (Allah amusiime) anyumya nti:
 Usayd ibn Hudayr (Allah amusiime) yali omu ku Basswhahaba abaali basinga okubeera bannadiini. Nzijukira, nga yalinga agamba nti:
 ‘Singa nnali nsobola okusigala mu mbeera y’emu gye mbeeramu mu mbeera zino essatu, nkakasa nti nnandibadde wa kuyingira Jjana: bwe mba nga nsoma Kulaane oba nga mpuliriza omuntu agisoma, bwe mba nga mpuliriza Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ng’ayogera ne bwe mba nga ndabye janaza (omufu nga bamutwala). Yee kituufu ... buli lwe ndaba janaza, mpulira nga nze mpita mu mbeera omufu oyo gy’ayitamu, nga bantwala eyo omufu gye baba bamutwala.” (Haakim, III, 326 / 5260)

Waayita akaseera katono, Sa'ad n'ajja gye bali nga ayanguwa. Wabula naye yakomekkereza asiramuse nga Usayd oluvannyuma Iw'okuwuliriza ebigambo bya Mu'sab. Oluvannyuma yaddayo mu bantu be n'abagamba nti:

"Batabani ba Abdul 'Ashal! Mubadde mummanyi ng'ani okutuusa ku kaseera kano?"

Baamuddamu nti: "Nga omukulembeze waffe era nga omugezi asinga mu ffe".

"Kaakati nno mutegeere nti sijja kuddamu kwogera na musajja yenna oba mukazi yenna mu mmwe okutuusa nga mukkiririzza mu Allah ne Omubaka we!"

Ekiro ekkyo, tewali muntu wa mu kika kye yasigalayo nga tasiramuse (Ibn Hishaam, II, 43 – 46; Ibn Sa'adi III, 604 605; Ibn Athiir, Usudu' Ghaba, I, 112 – 113).

Mu'sab (Allah amusiime) era yeeyongera okukoowoola Amuri ibn Jamuh, ow'ekitiibwa okuva mu kika kya ba Salima, gwe yasomera *ayah* omunaana ezisooka mu ssuula ya Yusuf. Wadde nga yasabayò akadde agira akirowoozaako, Amuri teyakkiriza. Ekyaddirira mutabani we, Muadh, eyali yamala edda okusiramuka, ng'ayambibwako bamusaayimuto okuva mu kika kye, yagera ekiro kimu nga tewali amulaba n'akwata essanamu lya taata we n'alikasuka mu kinnya kya kasasiro ekyali awo okumpi. Enkeera Amuri yee kanga nnyo bwe yalaba essanamu lye nga lyakasukiddwa mu kasasiro eyali yeetuumye awo. Yaliggyamu, era ng'amaze okuliyonja obulungi n'okulikuba obuwoowo obulungi, yazzaayo essanamu lye mu kifo kyalyo we lyali libeera.

Oluvannyuma Iw'ekikolwa kye kimu okuddibwamu enfunda eziwera mu biro eby'enjawulo, Amuri yawanika ekitala mu nsingo y'essanamu lisobole okwerwanako. Kyokka enkeera bwe yaddamu okulaba essanamu nga liri mu bikyafu mu kasasiro, yamala n'akakasa nti ekintu ekitalina mwoyo kye yamala ebiseera ebiwanvu ng'asinza

kyali tekisobola kwetaasa, vva ku ky'okusobola okutaasa omuntu mulala, ekintu ekyamuzibula amaaso n'alaba omusana gw'Obusiraamu okuva mu kizikiza ky'okusinza amasanamu. Yeebaza Katonda Owoobuyinza olw'okumutaasa ng'ayita mu Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuva mu kizikiza mwe yali era n'atandika okwenyigira mu kawefube w'okukoowoola abantu be okuyingira Obusiraamu.²³⁶

Amawulire ag'essanyu ag'okukkiriza Obusiraamu mu Madiina gassa Abasiraamu b'e Makka ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu ssanyu essuffu era ng'omwaka ogwo gwatumumbwa omwaka ogw'essanyu. Madiina kati yali yeetegese okufuuka ensibuko y'Obusiraamu.

Kino Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakyogerako bw'atyi:

“Ensi ziwangulwa na bitala... Naye Madiina yawangulwa na Kulaane.” (Bazaar, Musnad, 1180; Rudani, 3774)

Okuwera Okw'okubiri Okw'e Aqaba (Omwaka Ogwekkumi n'Esatu mu Bwannabbi)

Nga wayiseewo omwaka gumu okuva ku kuwera okwasooka e Aqaba, mu myezi gy'okulamaga, ekibinja kya Bannamadiina baako-mawo omulundi omulala okusisinkana Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), omulundi guno nga bawerera ddala nsanvu mu bataano nga mulimu n'abakazi babiri.

Okweyama kwabwe okugondera Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kumanyiddwa nga Obweyamu bw'e Aqaba Obw'okubiri.

236 Ibn Hishaam, II, 61 – 63; Dhahabi, Siyar, I, 182.

Olwatuuka e Makka ng'eyakulembera ekibinja kino, Mus'ab (Allah amusiime) yagenda butereevu ewa Nnabbi nga tannaba na kutuukako waabwe. Yamuwa amawulire amalungi aga ba Answari okwanguwa amangu okukkirza Obusiraamu, ekyasanyusa ennyo Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Naye ekya Mus'ab okugenda ewa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga tannagenda kulaba maama we musinzabibumbe tekyasanyusa maama wa Mus'ab. Kyokka Mus'ab yeewozaako nga bw'agamba nti:

“Sirigenda wa muntu mulala yenna nga sinnatuuka wa Mubaka wa Allah ... Sirisukkulunya muntu mulala yenna ku Nnabbi.”

Ng'amaze okufuna olukusa okuva ewa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Mus'ab oluvanyuma yagenda ewa maama we era n'addamu okumukoowoola eri Obusiraamu (Ibn Sa'adi, III, 119)

Bwe gutyo omukwano Basswahaba ba Nnabbi Ow'ekisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe baalina gy'ali.

Jabbeeri (Allah amusiime) anyumya bino wammanga nti:

“Mu nnaku Omubaka wa Allah we yali anoonyeza eggwanga lyonna okumukuumira Basiraamu banne, bona ne bagaan, Katonda Owoobuyinza yatusindika nga tuva e Madiina; ne tamuk-kiririzaamu era ne tumuwa obukuumi bwaffe. Omu mu ffe yayinzanga okugenda ewa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyamusomeranga Kulaane. Nga akyewo, abantu b'omu maka g'omuntu oyo baayinzanga okumugoberera ne bafuuka Basiraamu. Mu ngeri eyo, tewali nju yonna mu Madiina Obusiraamu mwe butannyonnyolebwa. Nga wayiseewo akaseera twakunngaana ne twebuuza nti:

“Tunaakoma ddi okuleka Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubonaabonera mu nsozi ze Makka?”

Awo we twasalirawo okugenda gy'ali, mu biseera by'okulamaga era ne tveyama okumugondera ebiragiro bye” (Ahmada, III, 322; Haakim, II, 681 – 682)

Ekibinja kino kinnamukisa kyakkiriza okusisinkana Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ku Aqaba ku lumu ku nnaku za tashriq (ezigoberera Idi enkulu, Adhuha). Nga ebyo byonna tebinnabaawo, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabawa amagezi obutazuukusa “.... abo abaali beebase era balinde abo abaali bazuukuse mu budde!”

Ng'ekiro kiyiseeko ekitundu ekimu eky'okusatu, Bannamadiina baagenda ku Aqaba nga bwe baali bakkiriziganyizza ne batandika okulindirira Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), eyajja nga wayiseewo akaseera katono ng'ali ne taata we omuto Abaasi ku lusegere. Wadde nga Abaasi yali tannaba kusiramuka, naye ye yali atutte obuvunaanyizibwa bw'okukuuma mutabani we oluvannyuma lwa Abu Twalib okufa. Era ye yatandika okuteesa ne Bannamadiina ku bikwata ku by'okuyita Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okugenda e Madiina:

“Bannamadiina! Tuzze tumukuumma eri abalabe be okutuuka kati, era tukyeyongera okumuwa obukuumi. Tumutwala nga wa kituibwa nnyo muffle. Era nsonga ya kumwagala na kumuwa kitibwa y'emubayisa okugenda e Madiina gy'ajja okubeera n'emirembe okusingako; era ekyo kikwatagana n'okwagala kwe. Naye temumutwala okuggyako nga munaasobola okumukuumma eri abalabe be. Ekisooka muteekwa okundagaanyisa nti temulimulimulyamu lukwe oba okumwabulira. Baliraanwa bammwe, Abayawudi, balina obulabe bungi gy'ali era sisuubira nti bajja kukuumma ekigambo kya-



bwe eky'endagaano y'emirembe. Mugende mu maaso na kino bwe muba nga mwerabamu amaanyi agamala aganaalwanyisa obulumbaganyi bw'ebika by'Abawalabu ebirina obulabe. Mukikubaganyeko ebirowoozo bulungi mulabe nti temuuyawukane mu maaso eyo. Bwe mubaamu n'okubuuusabuusa kwonna okutonotono nga temujja kusobola kuyamba Muhammadi ng'amaze okujja, oba ne muki-zuula nti muyinza okumuwaayo eri abalabe be, olwo ekirowoozo ky'okumutwala mukiviireko ddala! Bwe wabaawo mu mmwe alina ky'agamba alina omukisa okwogera. Naye ayite mu bufunze, kubanga ba mbega ba Bannamakka bayinza okuba nga balawuna! Era kino mukikuume ng'ekyama bwe muva wano!"

Okumalawo obweraliikirivu bwa Abaasi, As'ad ibn Zuraarah (Allah amusiime) yayimirira n'ayogera ebigambo bino:

"Omubaka wa Allah, ggwe watukoowoola okuleka eddiini ya bakitaffe ne tugoberera eyiyo. Ekyo wadde nga kyali kizibu nnyo bwe kityo naye twakikkiriza. Watuyita okumenyawo enkolagana n'abooluganda lwaffe bamusinzabibumbe ne baliraanwa era nakyo ne tukikkiriza. Tukimanyidde ddala bulungi nti emikono gyaffe tugitadde waggulu okukuma oyo ayagalwa okuttibwa si ba kika kye bokka naye n'aboaluganda olw'okumpi. Omubaka wa Allah, beera mugumu nti tujja kukukuma nga bwe twekuuma ffe kennyini, abaana baffe ne bakyala baffe. Singa twekyusa, olwo ffe tuba tusinga obubi mu bitonde byonna. Y'eno endagaano yaffe gye tussaamu ekitiibwa. Eri Allah ffenna gye tudda okunoonya obuyambi!"

Asad (Allah amusiime) ng'amalirizza, kwaddako Abdalla ibn Rawaaha (Allah amusiime) eyasituka n'ayogera nti:

"Omubaka wa Allah! Osobola okutussaako akakwakkulizo konna koyagala, ku lulwo ne ku lwa Katonda wo!"

Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kugamba nti: “Ku lwa Katonda wange, mbasaba mumusinze awatali kumugattako kintu kyonna; ate ku lwange mbasaba mutukuu-me nga bwe mwekuuma mmwe kenyyini n'ebantu byammwe.”

Bannamadiina baamubuuza nti:

“Ki ki ekitulindiridde bwe tukola ekyo?”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kwe kubadamu nti: “Jjana”

“Obusuubuzi buno nga bufuna! Baani abo mu butuufu abasobola okubwerekereza?” (Ibn Kathir, Tafsir, II, 406)

Abdalla ibn Rawaaha (Allah amusiime) yali wa kukungula amagoba g'omu ndagaano eno mu myaka egjaddirira mu lutalo Iwa Mu'tah, lwe yeenyigiramu nga yeesunga wadde Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali yamutgegereezaawo nga bwe yali ow'okuttirwamu; era mu kuwaayo obulamu eri Katonda Owoobuyinza ssaako okuwaayo eby'obugagga bye mu ggwanika ly'e Madiina, yakomekkereza ng'abuuka agenda mu Jjana, eri Katonda we. Basswahaba abalala nabo baayongera okugatta emikisa ku kukungula kwabwe okw'omwoyo nga balafuubana awatali kusalako mu kkubo lya Katonda Owoobuyinza.

Ayah ya Kulaane eno wammanga yakka ng'eyogera ku kuwera okwa Bannamadiina nti:

إِنَّ اللَّهَ اشْتَرَى مِنَ الْمُؤْمِنِينَ أَنفُسَهُمْ وَأَمْوَالَهُمْ بِأَنَّ لَهُمْ
 الْجَنَّةَ يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَيُقْتَلُونَ وَيُقْتَلُونَ وَعْدًا عَلَيْهِ
 حَقًّا فِي التَّورَاةِ وَالْإِنْجِيلِ وَالْقُرْآنِ وَمَنْ أَوْفَى بِعَهْدِهِ مِنَ اللَّهِ
 فَاسْتَبْشِرُوا بِيَعْكُمُ الَّذِي بَأَيْعُتمُ بِهِ وَذَلِكَ الْفُوزُ الْعَظِيمُ

“Mazima Allah yagula ku bakkiriza emyoyo gyabwe n’emmaali yaabwe nti mazima balina Ejjana. Balwana mu kkubo lya Allah ne batta (nabo) ne babatta, ekyo nga ndagaano ku Ye gye yekakasaako mu Tawuraati ne mu Njiri ne mu Kulaane. Ani atuukiriza endagaano ye okusinga Allah? Kale musanyuke ku lw’okuwera kwammwe okwo kwe mwaweze, nakwo kwe kwesiima okunene.” (at Tawba, 9 : 111)

Oluvannyuma, abalala abatonotono baaweebwa omukisa okwogera. Bwe baamaliriza, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yatandika okwogera eri Bannamadiina ng’ajuliza ebitundu mu Kulaane okusobola okwongera okunnyonnyola Obusiraamu, oluvannyuma n’okunnyonnyola obulungi ebitundu ebiri mu ndagaano. Bino nabyo byayongerwa ku bitundu by’endaagaano bye baali bamaze edda okukkiriziganyaako:

1. Omukulembeze wa Basiraamu, k’abe ani, yali talina kuwakanyizibwa.
2. Tewali kunenyezebwa okuva eri abatali bakkiriza kujja kutiibwa mu kulafuubana mu kkubo lya Allah Oweekitiibwa.
3. Okugondera Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mu ngeri yonna na mu buli kantu n’okubeera nga y’abasingira abalala bonne mu bo, era n’obutamugyemera mu ngeri yonna.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) oluvannyuma yasaba ba naqib²³⁷, oba abakiise, ekkumi n’ababiri, okukiikirira ennyumba zaabwe. Bannamadiina baalonda abantu kkumi na babiri, mwenda nga bava mu kika kya Khazraji abasatu ne bava mu kika kya Awusi. Olwo Ekitangaala ky’Obulamu (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) n’abagamba nti:

237 Naqib ye muttu akiikirira ekika oba ennyumba.

“Mmwe ntabiro z'abantu be nnyumba zammwe, nga abayigirizwa ba Yesu bwe baali entabiro wakati wa Yesu, mutabani wa Mariyamu. Nze nange ndi ntabiro ya Basiraamu be Makka.”

Abakiise bakkiriza.

Abaasi, taata wa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) omuto, n'olvannyuma Bannamadiina omu ku omu, baasika mu mukono gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne bakuba ekirayiro eky'okumugondera.

Mwali mu kiseera ky'okukola endagaano eno Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mwe yayitibwa okugenda e Madiina ekyavaako Hijira (okusenguka). Madiina, ebiseera ebyo, eyali emanyiddwa nga Yathrib yali yeetegese okwanjuluza emikono gyayo eri Obusiraamu.

Engeri endagaano gye yaliwo ekiro, Bannamakka tebaalina ngeri yonna gye baali bayinza kukitegeerako. Naye ng'endagaano eneetera okuggwa, Ibliis (Sitaane) ng'eri waggulu w'akasozi akatunuulidde Awaba yawoggana mu ddoboozi ery'omwanguka nti:

“abantu b'e Mina! Abakulayishi! Mukimanyi nti Muhammadi n'abo abakubye eddiini ya bajajja emabega bakunngaanye era ne bakkiriziganya okubaggulako olutalo?”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yanguwa okuddamu okukakasa abaaliwo nti:

“Temuty! Eryo ddoboozi lya Ibliis; omulabe wa Allah. Talina ky'asobola kukola!” Awo n'awa Abasiraamu amagezi baddeyo mu weema zaabwe, Abaasi ibn Ubaada (Allah amusiime) we yabaka-kasiza nti:

“Nkukakasa nga ndayira Oyo eyakutuma n'Amazima nti tusobola okuggula olutalo ku Mina yonna bw'oba nga okyagadde!”

“Tetulagiddwa kukola ekyo, kati muddeeyo mu bifo byammwe”
Nnabbi bw’atyo bwe yabaddamu.

Abasiraamu baddayo mu weema zaabwe, ne beebaka okutuusa obudde bwe bwakya. Ku makya ennyo bamusinzabibumbe b’è Makka abamu baatuuka ku weema omwali Abasiraamu ne babuuza bamusinzabibumbe mu bo oba nga waliwo endagaano yonna ne Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) eyali etuukiddwaako. Nga tebalina wadde n’akatono ke baali bamanyi ku byali bibaddewo. Baakakasa Bannamakka nti tewali kyefaanaanyiriza kw’ekyo kyali kibaddewo. Mu butali bumamativu, bamusinzabibumbe beeyongera okunoonyereza ku ndagaano ye Aqaba. Tewaaayita kaseera kanene okutya kwabwe ne kukakasibwa bwe baazuula ebikwata ku ndagaano. Amangu ago baayungula abasajja b’ènfalaasi mu bitundu byonna okuziyiza Bannamadiina abaali bagenda, ne bataayiza amakubo gonna agaali gagenda e Madiina. Baasobola okukwata Sa’adi ibn Ubaada (Allah amusiime) ne bamubuuza nti:

“Wayingidde eddiini ya Muhammadi?”

Sa’adi (Allah amusiime) bwe yabaddamu nti yali ayingidde eddiini baamuzza emikono gye mu nsingo ne bagisiba ne baginyweza. Ng’eno bamukuba nga bwe bamusikaasikanya n’enviiri ze ezaali empanvu gye zisemba, baamutwala e Makka gye baamubonyaabonyeza era ne bongera n’okumutulugunya obubi ennyo. Yali Jubayiri ibn Mutw’im²³⁸, Sa’adi gwe yayambako emabegako, ne Haarith ibn

238 Jubayr ibn Mutw’im (Allah amusiime) yali wa luganda lwa Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye). Ekiseera kiwanvu yakimala ng’alwanyisa Obusiraamu; era yali omu ku kabinja akaasalawo okutemula Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye). Yeegata ku bamusinzabibumbe mu lutalo Iw’è Badiri. Mu lutalo Iw’è Uhudi yakkiriza Wahashi, ebiseera ebyo eyali omuddu we, okukola omulimu omunene mu kutta Hamuza (Allah amusiime). Naye amangu ng’endagaano y’Emirembe

Harb, abaayanguwa okutuuka mu kifo nga bategedde ebyali bigud-dewo. Sa'adi yasobola okukomawo okweyunga ku Basiraamu b'e Madiina awo wennyini we beekunngaanyiza okukola enteekateeka ez'okumununula (Ibn Hishaam, II, 47 – 57; Ibn Sa'adi, I, 221 – 223; III, 602 – 603; Ahmad, III, 322, 461, 462; Haytham, VI, 42 – 43)

Ibn Abaasi yagamba nti:

“Nga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Abu Bakari ne Umar (Allah abasiime) bwe baali abamu ku ba muhaajiru abaasenguka olw'okuviira bamusinzabibumbe b'e Makka, waliwo n'abaasenguka okuva mu ba Answari b'e Madiina; abo mu kiro ky'olunaku lwa Aqaba, abaagenda ewa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga badduka eki-bambulira kya bamusinzabibumbe b'e Yathrib ebiseera ebyo.



Endagaano za Aqabah ebbiri mu butuufu si kabonero akalaga endagaano eri eyakolebwa abantu ekkumi n'ababiri oba ensanvu mu abataano kyokka, wabula era ndagaano y'Abasiraamu bonne gye baakola eri Katonda.

Ensi yonna katale, Enkomerero mw'egulwa. Kisigala eri ffe okwenyigira mu ndagaano eyo waggulu eyakolebwa ne Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nga Basswahaba bwe baakola, ne tusanyukira eky'obusuubuzi ekyo ekifuna.

Okufaanankako nga Mus'ab (Allah amusiime) bwe yassaawo omusingi gw'Obusiraamu mu Madiina, naffe tusaana okussaawo

ey'e Hudaybiyya ekkiriziganyiziddwaako, Jubayri yayingira Obusiraamu, era oluvannyuma lw'okusiramuka n'afuuka Omusiraamu omwesimbu. Yali musajja alengerera ewala naye ng'ayanguwa okunyiiga. Jubayr yanyumya hadiisi nkaaga (60) era yafiira Madiina mu 678 (H. 58)



omusingi gwe gumu mu mitima gyaffe n'egyabalala, n'okugenda nju ku nju nga twongezaayo omusingi ogwo nga tuyita mu nneeyisa ennungi. Omutima bwe gujjula okwagala Allah ne Omubaka we, okwerekereza amasanyu g'ensi nga Mus'ab (Allah amusiime) kifuuka kyangu.

Okutunuulira Ekiseera Kye Makka Mu Bufunze

Ensonga ettaano ezijja ziwumbawumba enkola ya bamusinza-bibumbe ku Basiraamu okuyita mu myaka gyonna ekkumi n'esatu egyptekiseera ky'e Makka:

1. Okujeeja
2. Okuvuma.
3. Okutulugunya
4. Okuboola n'okukutulawo enkolagana yonna ey'empangaala eya bulijo wamu n'ensuubulagana.
5. Okutiisatiisa okubi ennyo wamu n'okutemula kwennyini, ekyawaliriza Abasiraamu okusenguka.

Allah Oweekitiibwa ayogera bw'atyi mu Kulaane ku mbeera y'Abasiraamu:

اَنَّ الَّذِينَ اَجْرَمُوا كَانُوا مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا يَضْحَكُونَ . وَإِذَا
مَرُّوا بِهِمْ يَتَغَامِزُونَ . وَإِذَا انْقَلَبُوا إِلَىٰ اَهْلِهِمْ انْقَلَبُوا فَكِهِيْنَ .
وَإِذَا رَأَوْهُمْ قَالُوا اَنَّ هُؤُلَاءِ لَضَالُوْنَ .

"Mazima abo abaayonoona baalinga basekerera abakkiriza. Bwe baabeeranga babayiseeko nga beetemyako. Bwe baabeeranga

bazzeeyo eri abantu baabwe baddangayo nga beeyagala. Bwe baa-beeranga babalabye baagambanga nti mazima abo babuze!” (al Mutwaffifiina, 83 : 29 - 32)

Mu kwanukula, enkola eyalagirwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), nga buli kaseera enywezebw Obubaka obwabanga bumuwa amagezi ku ky'okukola ekyabeeranga kisaanidde, esobola okufunzibwa bw'etyi:

1. Okusimba eby'omwoyo mu mitima gy'abakkiriza.
2. Okubeera abagumiikiriza nga boolekedde obuzibu.
3. Okubuulirira abantu n'ebigambo ebisingira ddala obulungi.
4. Okwongera okulafuubana awatali kwekkiranya mu ngeri yonna.
5. Okwesiga n'okwewaayo eri Allah.

Ekyava mu nkola eno, ng'oggyeeko embeera embi, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasobola okuwangula mu kigendererwa kye n'okuyita mu buzibu bwonna. Ekibala ekyava mu kulafuubana kuno okwatwala ebbanga eggwanvu kwali kufunamu ekyengera kya Madiina, ekibuga ekiri mu kifo ekirungi, abantu ba mu abakkiriza amazima mu bungi. Ng'emabegako yagobwa e Twai gye yali agenze n'essuubi ery'amaanyi. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali tagendanganako Madiina; naye n'obuyambi bwa Katonda, Obusiraamu bwakoleera ng'oluyiira mu kibuga, era mu kaseera katono nnyo akaddirira, Madiina yali nneetegefu okwaniriza Abasiraamu, naye nga n'ekisookera ddala kwali okwaniriza Omubaka (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Ng'amaanyi agajja mu buwanguzi bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yatuukako mu kutuukiriza omullimu, munnabyafaayo omu yawandiika bw'atyi ku butasangikasangika obwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye);



“Singa ebintu bisatu nga bye bipima omuntu okubeera nantasan-gika (omugezi) nga bye obunene bw'eddimu, obufunda bw'amaku-bo agakwatibwa mu kukola omulumu ogwo n'obunene bw'ebibala ebivaamu, ani eyandyetantadde okugeraageranya abantu ab'amanya mu byafaayo eby'akakylo kano ku Muhammadi?” (Lamartine, *Histoire de la Turquie*)

Katonda Owoobuyinza yawa Abasiraamu olukusa olusenguka naye nga wayiseewo emyaka kkumi n'esatu eg'yomusaayi n'amazinga, olwo ng'enzikiriza mu Basiraamu emaze okutebenkera era nga n'emitima gyabwe gigaggawadde mu by'omwoyo. Okukissa mu lulimi olwango, abakkiriza baasasulwa olw'obukkiriza bwabwe.

Mu kiseera kino mwalimu okuzimba emisingi eg'yeggwanga ery'Obusiraamu n'obugunjufu bw'Obusiraamu mu Madiina eyali ey'okufuuka eky'okulabirako eri abantu bonna, n'okwola abantu ab'empisa ennungi, olw'okweyagalira mu bukkiriza, abaali tebaso-bola kudda mabega mu biseera eby'okugezesebwa. Abantu bano bafuuka emmunyeenyenye ezirunngamya eri *Ummah* yonna.

Ebintu Ebyawula Ssuula Ezakkira e Makka

Ayah za Kulaane ezaasooka, nga bwe zimanyiddwa, zaali zikwata ku binto bya *aqidah*, enzikiriza, era mwalimu okukoowoola abantu eri *Tawuhiidi* n'okukkiririza mu kuzuukira, okusuubiza abakkiriza Ejana n'okutiisa abatakkiriza ne bakyewaggula abagyeemu Omuliro.

Ayah ezikwata ku mbeera z'abantu zaasobola kukka ng'Abakkiriza bamaze kubamatiza na kunyweza nzikiriza yaabwe nga bayita mu bubonero obuwera. Nga bakyali mu bitimba by'okukkiririza mu bisiraane nga bakyalina n'emize emirala emingi gye baali bakyakola, tekyali kyangu eri abantu okuva ku nneeyisa yaabwe enkadde. Okulemererwa okweyambisa enkola ey'okuyita mu mitendera oku-

gezaako okuggyga mu bantu enneeyisa embi kyandivuddemu bizibu era ne kyongera bantu kwesamba bulunngamu.

Ayisa (Allah amusiime) agamba nti:

“Essuula eyasooka okukka yali emu ku zi *mufasswalu*.²³⁹ Yayogera ku ku Jjana n’Omuliro. Okusalawo ku byakkirizibwa n’ebitakkirizibwa ebyo byakka ng’abantu bamaze okunywerera ddala mu Busiraamu. Singa baali baabagambirawo okuviira ddala ku ntandikwa okuva ku kunywa omwenge, bandizzeemu nti:

‘Tetusobola kuva ku kunywa mwenge!'

“Singa baali babalagidde kulekera awo kwenda, bandigambye nti:

‘Tetusobola kuva ku kwenda!'

“Bwe nnali nga nkyali mwana muto nzannyira e Makka, *ayah* ku bukkiriza n’Enkomerero zakkira ku Mubaka wa Allah (okusaa-sira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) okugeza:

بَلِ السَّاعَةُ مَوْعِدُهُمْ وَالسَّاعَةُ أَدْهَىٰ وَأَمْرٌ

‘Wabula Essaawa (Eyenkomerero) kyékiseera kye baalagaanyisibwa, naye Essaawa ejja kubeera nga yésinga entiisa n’obukaawu’ (al Qamar, 54 : 46). Al Baqara ne an Nisaa (essuula ezirimu ebikwata ku mbeera z’abantu) zo zakka nga ndi naye e Madiina (Bukhari, Fadhwailul Qur'an, 6)

Nga ziri mu nsengeka y’olulimi ennungi emanyiddwa ku ssuula zino, essuula zé Makka zitwala ekifo eky’enjawulo era ekitekkiranya

239 Suwarul mufasswal ze ziri mu kitundu ekisembayo mu Kulaane Entukuvu, okutandika ku ssuula ya Qaaf, ey’amakumi ataano (50), ne zikomera ddala ku ssuula ekomererayo eya an Naas eya 114, okusinziira ku ndaba esinga obulungi. Essuula ezo zaatuumibwa mufasswal olw’okuba nga zikutulwakutulwamu nnyo ne Basmala (Bismillaah) olw’obumpi bwazo.



n'akamu mu kulwanyisa okusinza amasanamu. Engeri gye baali abakugu mu lulimi nga bamanyi n'obuwoomu bw'ebitontome; ekigambo kyonna okuleetawo enkyukakyuka ku bantu b'e Makka kyalì kirina okubeera mu nseneka ey'enjawulo n'empima y'ebigambo etuukiridde.

Okumaliramu ddala obukugu bwa bamusinzabibumbe bwe baali boolesa mu lulimi, era n'okwongera okubasoomooza, Katonda Owoobuyinza yakozesa ennukuta za walifu enkutulekutule (*huruufu al Muqattwa-a*), ng'atandika essuula mu ngeri eyali etawulirwanganaiko. Okuggyako ssuula ebbiri al-Baqara ne Aali Imraan, essuula ezisigadde zonna ezitandika ne nnukuta enkutulekutule ezitali mpeerere zonna za mu kiseera ky'e Makka.

Ku lwe nsonga ezo, *ayah* ezaasooka okukka zaali za maanyi nnyo era nga zifumitira ddala butereeuvu ku mitima gy'abantu, nga zisikiriza abawulirirza engeri gye zaasengekebwamu n'engeri ennungi ebigambo gye byagobereganangamu.

Ekirala ekyali mu ssuula ze Makka y'engeri gye zaayogerwan-gamu. Ngoggyeeko ebigambo ebimu, zaali mu ngeri eno, "Owange ggwe omuntu"

Okusikiriza bamusinzabibumbe okukkiriza ebintu ebingi ebyали byawukana n'endaba yaabwe ey'ebintu wamu n'enneyisa yaabwe, Obubaka obwakkira e Makka bulimu okulayira okukolebwa mu linnya ly'ebintu eby'enjawulo abantu bye baali batwala ng'ebitukuvu okugeza enjuba, emmunyeeny, omwezi, ekiro n'emisana n'ebintu ebirala; era ku lw'ensonga nti bino ebintu ebitonde ebirayiro kwe byakolebwa, biraga obuyinza bwa Katonda Owoobuyinza nga bwe butegeerwa okwetooloola ensi yonna.

Ekirala mu ssuula ze Makka mwakkiram mu *ayah* ezoogera ku byafaayo ebrisangibwa mu Kulaane, Qaswasw. Okufuna eby'okuyiga okuva mu byafaayo bino, kye kimu ku bintu ebisinga okussibwako

essira mu ssuula zino. Ekitundu kinene nnyo eky'essuula ezoogera ku byafaayo bya Bannabbi abaasooka n'abantu ab'edda, okusingira ddala ebyafaayo bya Adamu (emirembe gibeere ku ye) ne Ibliis zonna ze Makka, okuggyako emu yokka al Baqara, eyakkira e Madiina.

Okunyumya ebyafaayo by'abantu ab'edda, nga kuwa eby'okuyiga bingi, kwazannya ekifo kya maanyi mu kutuusa obubaka obw'amazima eri bamusinzabibumbe ne mu kugolola ensobi zaabwe okwayita mu mitendera. Naye ng'ekigendererwa ekikulu mu kunyumya ebyafaayo bino kwali kukkaatiriza kigambo *tawuhiid*.

Ayah ze Makka era zisala empenda omuntu akowoola eri Obusiraamu z'alina okugoberera. Zikkaatiriza nti omuntu akoowoola abalala eri Katonda alina kunoonya kusiima kwa Katonda Yekka, so si bantu abali ku nsi. Empeera z'okukoowoola alina kuzisuubira kuva eri Allah Oweekitiibwa Yekka. Eky'okulabirako kya kino ekimu kiri mu ssuula as Shuaraa eya 42. Nga balagira abantu babeere abatya Katonda n'okweyisa obulungi, Bannabbi ba Katonda Huudu, Swalih, Luut ne Shuayibu (emirembe gibeere ku bo bona) baagattangako nti:

وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ

“Era kino sikibasabirako mpeera yonna; empeera yange eva eri Katonda wébitonde byonna.” (as Shuaraa, 42 : 109, 127, 145, 164, 180)

Ekitundu eky'okubiri ekya Kulaane okusinga kyakkira mu Makka. Olw'okubanga abantu b'e Makka baali beewulize okutwaliza awamu, ekigambo كَلَّا (kalla), ekitegeeza “nedda” kirabikira nnyo mu ssuula zino, ezigaana n'okutiisa bamusinzabibumbe ku ndowooza yaabwe. N'olw'ekyo, essuula zonna ekigambo كَلَّا mwe kikozesebwaa zonna zak-kira Makka era zonna ziri mu kitundu kya Kulaane eky'okubiri.



Mu ngeri y'emu essuula ezirimu *ayah* eziragira okuvunnama (sajdah) zonna zakkira mu Makka. Bwe batyo abantu abaali bama-nyidde okuvunnamira ebintu ebirala nga bakubirizibwa okuwa Katonda waabwe ekitiibwa kye nga balowoolereza ku *ayah* nga ezo.

Ayah zino ezaasooka okukka mu Makka zaalangirira empisa ezikkiriza mu bintu eby'emizimu ng'enkyamu ezesigamiziddwa ku butamanya, nga ziddira mu bigere n'emisingi egy'empisa egimanyiddwa wonna.

Ayah ze Makka zaazimba omusingi omunywevu mu bantu ogw'enzikiriza, endowooza n'empisa. Nga zirimu emisingi egy'empisa, enneeyisa, *ayah* ziruubirira kuwonya Basiraamu enzikiriza n'obulombolombo ebikyamu n'okubisikiza enzikiriza entuufu etanyeenyebwa, mu mazima, okwagala, obugumiikiriza , n'okulafuubana.

Nga essuula ze Makka bwe zitalina kusalawo ku nsongz'amateeka, okuggyako esswala, mu ngeri eyo y'emu era tezirina kulumula ku bikolwa bya kusinza. Tewali *ayah* zikwata ku mateeka mu ssuula ze Makka, okugeza essuula ze Makka nga Yunusu, ar Ra'ad, Furqaan, Yaasiin ne al Hadiid. Bye tusobola okuzuulamu okutwalira awamu gye misingi gy'obukkiriza, ebitendo bya Allah Oweekitiibwa, emboozi ezisoomoza ebirowoozo ezikwata ku byaafayo bya Bannabbi abaasooka n'okunnyonnyola ku bimu ku biribaawo ku Lunaku lw'enkomelerero.

Eky'okukola Ekyaa Nnabbi Ekisembayo:

**Okuweebwa Olukusa Olwa Hijira (Okusenguka) Mu Mwaka
Ogw'ekkumi N'esatu Ogw'obwannabbi N'okusenguka
Okugenda e Madiina**

Bamusinzabibumbe bwe baamala okugwa mu nteekateeka z'Absiraamu ez'okusenguka okugenda gye baali ab'okufuna obukuumi oluvannyuma lw'endagaano ye Aqaba eyookubiri okukolebwa, beeyon-

gera okutulugunya Abasiraamu mu ngeri endala ze baali batakozesan-gako. Mu mbeera eno etasoboka eyaleetera obulamu bw'Abasiraamu b'e Makka okukaluba, Abakkiriza baasaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olukusa abakkirize basenguke.

Olw'okwagala kwa Katonda Owoobuyinza, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasonga ku kkubo erigenda e Madiina n'agamba nti,

“Bandaze nga gye mugenda kijja kubeera kifo kya nnimiro za ntende nga zizikiddwa mu makkati g'ensozi” (Bukhari, Kafaalah, 14)

Nga bw'abakuutira okwagalana ne ba Answari baganda baabwe mu Madiina, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yayongerako nti:

“Allah Oweekisa abawadde ekyengera kya baganda bammwe n'ensi gye mugenda okusanga emirembe!”

Nga bakikola mu nkukutu bamusinzabibumbe baleme kubagwamu, Abasiraamu baatandikirawo okukola enteekateeka zaabwe, era nga bayita mu kuyambagana, baatandika okusenguka mu kyama.²⁴⁰

Newankubadde abakkiriza baayanirizibwa bulungi nnyo mu Abyssinia, ekifo Abasiraamu gye baasooka okusengukira, ekitundu ekyo tekyalina bisaanyizo bikifuula kitebe kya ddiini ya nsi yonna. Naye Madiina mu by'obufuzi n'eb'y'obusuubuzi kye kibuga ekyasaa-nira okubeera ekitebe ky'Obusiraamu. N'olw'ekyo weewo Hijira we yali egenda okubeera.

Madiina yafuukira ddala ennyumba y'abakkiriza. Okutya okusinga obubi bamusinzabibumbe b'e Makka kwe baalina ne kukakata; Obusiraamu bwali buvudde e Makka okudda e Madiina eyo gye bwafuna ettutumu ery'amaanyi. Bamusinzabibumbe baali tebaso-

240 Laba: Ibn Hishaam, II, 76; Ibn Sa'adi, I, 226.



bola kukkiriza ngeri embi gye baafirwamu bwe baawaliriza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuva mu kibuga gy'azaalwa. Mu mazima kwali kufiirwa kwa maanyi. Naye baali tebasobola kino kukiwlira, vva ku kulaba ebyali bigenda okukivaamu.

Era Katonda Owwobuyinza yassa obubaka ku Nnabbi we (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) nti:

وَإِذَا لَا يُلْبِثُونَ حِلَافَكَ إِلَّا قَلِيلًا ...

“... na bwe batyo tebagenda kugibeeramu oluvannyuma lwo wabula akaseera katono ddala.” (al Israa, 17 : 76)

Nga balimbiddwa obuyinza bwe baallowooza okubeera nabwo n'okwemanya, bamusinzabibumbe beesiriwaliza mu kukkiriza nti okujeeja, okutiisatisa, n'okubonyaabonya abakkiriza nti byali bya kubajja ku Mazima, era bo kibayambe okwenywerezza mu buyinza mu Makka. Baali tebamanyi ku kyali kibalindiridde: okuwangulwa okw'amaanyi okubi okutaliimu kudda mabega. N'ekisinga obukulu, Abasiraamu baali tebava mu Makka lwa kutya, naye baavaamu lwa kumanya bulungi obwetaavu bw'okuzimba Obusiraamu ku misingi egisinga obugumu.



Hijira tesaanidde kutwalibwa nga okudduka okutaliiko kya kukola era okukwasa omuntu ekisa. Ku ba *Muhaajiru*, Madiina kyali kifo kya kuwummuliramu, ekitebe mwe baasenga basobole okutuussa waggulu eddiini ya Katonda, nga bayita mu kukwatiza awamu ne baganda baabwe ne bannyinaabwe Abasiraamu abasajja n'abakazi.

Omugenzi Necip Fazil kino akyogerako mu kitontome kino:

*Hegira ... obuyambi obunoonyezebwa okuva ewala
 Eri omusajja alina ekigendererwa, ewaka luba lujegere
 Essuubi ... okuva ebweru okwetooloola amakkati
 Okusalawo okuwangula amakkati okuva ebweru
 Hegira ... obuyambi obunoonyezebwa okuva ewala*

Abasenguka baalli baleka eby'obugagga byabwe byonna bye baalina n'abooluganda lwabwe, ne bakwata ekkubo okugenda e Madiina mu kyama oba mu lwatu.

Ali (Allah amusiime) annyonnyola bw'atyi:

“Simanyiiyo muntu yenna yasenguka kugenda Madiina mu lwatu, okuggyako Umaru ibn Khattwab (Allah amusiime) eyakola eky'enjawulo. Nga tannaba kuva Makka, yeebagajja ekitala kye, akasaale ne kamudda ku kibegabega, effumu n'obusaale nga bimuli mu ngalo yayolekera Ka'aba. Ab'ebitiibwa mu Makka bona baaliyo. Umaru (Allah amusiime) yeetooloola Ka'aba emirundi musanvu, oluvannyuma n'abalumba we baali, ng'alinga ayagala okubalagako ku buwanguzi obwali bujja mu biseera bitono, yalangirira nti:

‘Kaakati mukitegeere! Nngenda Madiina. Omuntu yenna aya-gala okuleka maama akaaba, nnamwandu ne bamulekwa, asobola okungoberera ansange wansi mu kiwonvu!’

Teri n'omu yagezaako kwanganga okusoomooza okwo.” (Ibn Athiir, Usudul Ghaba, IV, 152 – 153)

Bannamadiina baali baaniriza baganda baabwe n'emikono emyanjulukufu era nga babawa obuyambi okuva ku ntobo y'emitta gyabwe. Abasiraamu b'e Makka bwe batyo baabayitanga ba *Muhaajiru*, ekitegeeza Abasenze, ate Abasiraamu b'e Madiina nga babayita ba Answari oba Abayambi (Abataasa).

Katonda Owoobuyinza agamba nti:



وَالسَّابِقُونَ الْأَوَّلُونَ مِنَ الْمُهَاجِرِينَ وَالْأَنْصَارِ وَالَّذِينَ اتَّبَعُوهُمْ
 بِإِحْسَانٍ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ وَأَعَدَ لَهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي
 تَحْتَهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ

“N’abaakulembra abaasooka mu Bamuhajiru ne Baanswari n’abo abaagoberera mu kukola obulungi – Katonda yabasiima nabo ne bamusiima, era n’abategekera Ejjana nga gikulukutira wansi waayo emigga, ba kubeera mu yo obugenderevu n’obugenderevu, okwo kwe kwesiima okusukkirimu.” (at Tawba, 9 : 100)



Abayivu ekya Abasiraamu okuweebwa olukusa okusenguka baakiwumbawumba bwe batyi:

Hijira yali ya buwaze mu biseera bya Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Okutwalira awamu, okusenguka kwali kuteekwa okubeerawo okutuusa ku Lunaku lw’en-komerero. Naye okusenguka okwo okw’enjawulo okwakomekkerezza n’okuwamba Makka, kukoma ku kiseera kya Nnabbi (okusasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) kyokka.

Tekikkiriziba ku Musiraamu kusigala mu kifo mw’atasobola kutuukiriza mirimu nga okwaziina, okusaala esswala awamu n’oku-siiba. *Ayah* eno wansi kino ekikakasa nti:

إِنَّ الَّذِينَ تَوَفَّيْهُمُ الْمَلَائِكَةُ ظَالِمٌ إِنَّفْسَهُمْ قَالُوا فِيمَ كَتُّمْ
 قَالُوا كُنَّا مُسْتَضْعِفِينَ فِي الْأَرْضِ قَالُوا إِنَّمَا تُكْنُ أَرْضُ

اللَّهُ وَاسِعٌ فَتَهَا جِرُوا فِيهَا فَأُولَئِكَ مَأْوَيُهُمْ جَهَنَّمُ وَسَاءَتْ
 مَصِيرًا إِلَّا الْمُسْتَضْعَفِينَ مِنَ الرِّجَالِ وَالنِّسَاءِ وَالْوُلْدَانِ لَا
 يَسْتَطِيعُونَ حِيلَةً وَلَا يَهْتَدُونَ سَبِيلًا

“Mazima abantu abo bamalayika be batta nga beeryazaama-nyizza emyoyo gyabwe, bamalayika bajja kugamba: mwalinga ku ki? Bajja kubaddamu nti: twali tunafuyiziddwa ku nsi. Bamalayika bajja kubaddamu nti: Ensi ya Katonda teyali nga ngazi mwe mwali musobola okusengukira? Abo obuddo bwabwe (Muliro) Jahannama era buddo bubi nnyo, okuggyako abo abaanafuyizibwa mu basajja n’abakazi n’abaana abato busobozi bwa kusenguka era nga tebalina kkubo lyonna (eribasobozesa okusenguka) (an Nisaa-i, 4 : 97 - 98)

Ayah ezo waggulu zinnyonnyola nti abantu abo abatasenguka ne bongera okubeera mu bifo by’abatakkiriza, abatalina bwenkenya ku myoyo gyabwe, ng’ekibagaana eddembe lyabwe lye balina, enneeyisa, ab’omu maka gaabwe, eby’obugagga, n’emigaso egyabwe ku bwabwe, bye baagala okubisinza ku Ddiini, eky’okwekwasa kyanbwe nti baali bali mu ‘banafuyiziddwa mu nsi’ kiba tekikkirizibwa mu Mbuga ya Katonda. Okwekwasa kukkirizibwa ku bakadde, abateesobola, abalina obulemu, abakazi n’abaana abato abataasobola kufuna makubo ageetaba mu Hijira.

Ensonga endala Hijira gy’etuyigiriza kwe kuba nti nga tofudde ku buwanvu bwa bitundu gye byesudde kikukakatako okuyamba abo ababonyaabonyezebwa. Okusinziira ku *ijma*, oba okukkiriziganya kw’abayivu, ekirowoozo kino kyakkaanyizibwako, Abasiraamu abalina obusobozi okuyamba, singa bagaana okuyamba abanyigirizibwa baba bakoze ezzambi eddene.



Ekitangaala ky'Okubaawo (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yakkaatiiriza obukulu bwa Hijira era n'akubiriza Abasiraamu okukwenyigiramu okutuusa nga bawambye Makka. Kino kyalil bwe kityo kubanga okutuuka ku kuwangula Makka, ebitundu byonna, nga kw'ogasse Madiina, byali bigwira nga tekisobozesa bakkiriza kusoma na kuteeka ddiini mu nkola.

Enteekateeka Za Bamusinzabibumbe Ez'okutemula

Nga balaba abantu beeyongera kuggwa mu Makka buli lukedde, bamusinzabibumbe baawulira nga kyetaagisa okwanguyira embeera eyo. Baayanguwa ne bakunngaanira mu nnyumba ya Nad'wa, ekifo awaakolerwanga ebivve. Mu baaliwo mwalimu omusajja omukadde, eyeeyogerako ng'eyali avudde e Najdi. Ono teyali mulala wabula Ibliis eyali ejjidde mu kifaananyi ky'omuntu.

Baatwala akaseera nga bakubaganya ebirowoozo ku ki ki kye baali balina okukola. Ebirowoozo bingi byaleetebwa okuvira ddala ku ky'okusiba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okutuuka ku ky'okumusindika mu buwannganguse wabweru wa Makka, naye nga ebyo byonna omusajja omukadde owe Najdi abigaana. Oluvannyuma baatuuka ku nzikiriziganya etaliimu kulumirirwa: Ey'okutemula Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)!

Yali Abu Jahal, Falaawo w'ebiseera ebyo, eyayanja ekkubo lye baali bagenda okukoza:

"Okusooka, tufune omuvubuka omu omu okuva mu buli nnyumba tumuwe ebissi. Oluvannyuma abantu abo bona balumbe omulundi gumu batemulire wamu bona. Mu mbeera eno, olufubanja (omutango oguweebwayo eri bannannyini mufu) luja kugabanyizibwa mu nnyumba zonna. Ate ab'enneyumba ya Abd Manaaf

bajja kuba tebasobola kwetantala kuggula lutalo ku mayumba ga Bannamakka gonna; bwe batyo bajja kuba tebalina kyakukola okugyako okukkiriza omutango gwe banaabawa, ogwo gwe tusobola okuwa nga tetufunyeemu na buzibu bwonna!"

Omusajja omukadde okuva e Najdi ye yasooka okusanyuka:

"Teri musajja yenna ayogedde na magezi okumusinga ... Sisobola kulowoozaayo kintu kyonna kisinga ekyo bulungi!" (Ibn Hishaam, II, 93 – 95)

Nga bamusinzabibumbe bwe bagenda mu maaso n'enteekateeka zaabwe ez'okutemula, Nnabbi Ow'ekitiibwa kyenkana mu Makka yali asigaddemu yekka. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) eyalina omutima ogulumirwa abantu be yasa-lawo asigale atunuulire emigongo gy'aba Muhaajiru nga bagenda. Ng'oggyeeko ekyo, kuno era kwali Kusalawo kwa Katonda. Abu Bakari, nga ye yekka eyali ow'okubeera ne Nabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu lugendo lwe luno olutukuvu, bwe yasaba Nnabbi olukusa okusenguka, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamugamba nti:

"Beera mugumiikiriza, Ani amanyi? Oboolyawo Allah anaakuwa omunywanyi asinga obulungi gw'onootambula naye!" (Ibn Hishaam, II, 92)

Ng'awulira muli ebyengera ebibindabinda, ng'akabonero ak'es-sanyu, Abu Bakari (Allah amusiime) yagula enngamiya bbiri ku dir'ham lunaana (800) ze yalundira emyezi ena nga yeetegekera olugendo (Bukhari, Mannaqibul Answar, 45)

Mu kiseera Bamusinzabibumbe we baasalirawo okugenda okutuukiriza enteekateeka zaabwe, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali amaze okufuna ekiragiro okuva eri Katonda nga kimulagira okusenguka:

وَقُلْ رَبِّ ادْخِلْنِي مُدْخَلَ صِدْقٍ وَآخِرَ جِنِي مُخْرَجٍ
صِدْقٍ وَاجْعَلْ لِي مِنْ لَدُنْكَ سُلْطَانًا نَصِيرًا

“Era gamba nti: Katonda wange! Nnyingiza mu buyingiriro obw’ama-zima, era onteerewo okuva gy’oli amaanyi agantaasa.” (al Isra, 17 : 80)

Ng’oggyeeko obubaka obwo waggulu, Malayika Jibuliiru (emirembe gibeere ku ye) yali atemezzaako Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ku lukwe l’wokumutemula bamusinzabibumbe lwe baali bategese, n’amugamba nti, ‘Tojja kwebaka mu kitanda kyo ekiro kino?’ (Ibn Hishaam, II, 95)

Ekyaddirira mu musana ogw’omu ttuntu, ng’abantu bonna bawummuddeko mu mayumba gaabwe, Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yagenda ewa Abu Bakari (Allah amusiime), n’amatgeeeza ku kiragiro ky’okusenguka. Abu Bakari (Allah amusiime) kwe kubuuza nti:

“Ffembí?” Ko Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nti, “Yee ffembí.

Amaziga ag’essanyu agajjula mu maaso ga Abu Bakari (Allah amusiime) gaali goolesa ku bunene bw’obulungi obwali munda mu mutima gwe.²⁴¹

Oluvannyuma, Nnabbi Ow’ekitiibwa era yawa Ali (Allah amusiime) amawulire, nga ye yali ow’okusigala addize abantu abaali bateresezza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) ebintu byabwe okubibakuumira ebintu ebyo bye baali bamuterezza. Olw’okuba baali bamanyi obwesigwa n’obulongoofu Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bye yalina, kumpi

241 Laba: Ibn Hishaam, II, 97 – 98.

tewaali muntu mu Makka, eyali, mu ngeri emu oba endala, atamu-teresangako bya bugagga bwe.

Mu kwekengera enteekateeka za Bannamakka, yagamba Ali (Allah amusiime) nti, “Weebake mu buliri bwange ekiro kino ... era weebikke essuuka yange. Totya! Tewali kintu kyonna kijja kukutuu-kako!” (Ibn Hishaam, II, 95, 98)

Nnabbi okuwa Ali (Allah amusiime) amagezi okukozesa essuuka ye nga bulangiti nakyo kiwa eky'okulabirako ekya *tabarruk*, ekitegeeza okunoonya emikisa okuva mu bintu bya Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Omubaka wa Allah era yaweerezaako Uwaysi al Qaran essuuka ye n'obubaka obugamba nti:

“Yambala essuuka eyo osabire *Ummah*.” (Fariduddini Attar, *Tadhhirkuratul Awliya'a*, olup. 21)²⁴²

Ekintu ekirala ekyetaagisa okwegendereza wano kwe kwewaayo kwa Ali (Allah amusiime) okujuju eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Teyali nkola ya Basswahaba ba Nnabbi okusikkatiramu wadde akatono kati mu kuteeka mu nkola ebiragiro bye oba okulagajjalira ebigambo bya Nnabbi n'ebikolwa bye. Tebaalabanga kyetaagisa kubuuza nsonga lwaki. Bulijo baalaganga obwegendereza obusembayo obutalagajjalira wadde *sunna* emu bw'etyi, n'okugiteeka mu nkola, baalaganga okutya okuva ku mulamwa singa baaleka wadde ssunna emu. Okutambilira kwabwe ku Kulaane ne Ssunna kwali nga bw'olaba ekisiikirize bwe kitaawukana ku nnyini kyo.²⁴³



242 Era laba: Muslim, Fadhwail's Swahaaba, 223 – 225.

243 Laba: Bukhari, Humus, 1; Muslim, Jihaad, 52; Abu Dawuda, Haraj, 18; Ahmad, I, 10.



Ali –Allah aweese ekitiibwa ekyenyi kye – anyumya nti:

“Nga anaatera okusimbula okugenda mu Hijira, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) nange twagenda ku Ka’aba. Yanngamba nti:

‘Tuula wansi.’

Nnatuula. Yanninnya ku bibegabega ng’ayagala kulinnya waggulu ku Ka’aba. Naye nnalemererwa mangu okumuwanirira. Ng’alaba sikyasobola kumuwanirira, yava mangu ku bibegabega byange n’akka wansi. Awo n’aatuula wansi, n’anngamba nti:

‘Linnya ku bibegabega byange.’

Nnakola nga bwe yanngamba. Oluvannyuma yasituka n’ampanika mu bbanga. Nnafuna amaanyi mangi ne mpulira ng’eyali asobola okulinnya ne ntuuka ebire gye bikoma singa nnali njagadde. Nnalinnya ku kasolya. Eyo waaliyo essanamu eryali lyakolebwa mu kikomo ne kkopa.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yandagira nti: ‘Eryo likasuke,’ era ne ndikasuka.

Essanamu olwagwa wansi lyayatika ng’ebbakuli ey’ekirawuli. Nnavaayo waggulu mangu ne nzika wansi. Twayanguwa okuva mu kifo baleme kutulaba.” (Ahmada, I, 84; Haakim, 1116 / 4265)



Mu kiro kya Hijira, bamusinzabibumbe beebulungula ennyumba ya Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) nga tannaba na kusimbula kigere kugifulumamu. Naye ol’owesige bwe yalina obutaliiko kkomo n’kwewaayo eri Katonda Owoobuyinza, teyalaga kweraliikirira wadde okutya kwonna.

Yayoola olubatu lw'ettaka wansi, n'alumansira bamusinzabibumbe abaali balindiridde olwo n'abayitamu bulungi nga bw'asoma *ayah* zino wammanga okuva mu ssuula Yaa-siin nti:

إِنَّا جَعَلْنَا فِي أَعْنَاقِهِمْ أَغْلَالًا فَهِيَ إِلَى الْأَذْقَانِ فَهُمْ مُقْمَحُونَ. وَجَعَلْنَا مِنْ بَيْنِ أَيْدِيهِمْ سَدًا وَمِنْ خَلْفِهِمْ سَدًا فَأَغْشَيْنَاهُمْ فَهُمْ لَا يُبَصِّرُونَ.

“Mazima Ffe twassa mu nsingo zaabwe enjegere ezituukira ddala ku kalevu ne zibaleka nga balalambadde (nga tebasobola kulaba). Ne tussa mu maaso gaabwe ebbibiro n'emabega waabwe ne tussaayo ebbibiro ne tubabikka nga tebasobola kulaba.” (Yaa Siin, 36 : 8- 9)

Nga tebabikkiddwa na kintu kirala okuggyako obuzibe bw'emitima gyabwe, ddala baali tebasobola kulaba. Nnabbi Ow'emukisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'ayita mu maaso gaabwe. Okuva ekitangaala lwe kitafunibwa na maaso gazibye wamu n'emitima egitalaba, okulaba kwabwe gye byaggweera nga tekulina kye kubayambye.

Luvannyuma nnyo lwe waabaawo omuntu eyali ayitawo n'aba-buuza nti:

“Ani, ku nsi kuno, gwe mulinda?”

“Muhammad!”

“Basiru mmwe! Muhammad yagenze dda, nga kirabika alese abayiyeko ettaka mu byenyi!”

Bamusinzabibumbe bwe beekwata mu mitwe, baasanga nga ddala baalinamu ettaka. Mu busungu obungi, bayingira munda mu nnyumba, ne balaba omuntu eyeebase mu buliri bwa Nnabbi ne baleekaana nti:



“Muhammadi wuuyo! Yeebase ali mu tulo tungi!”

Amangu ago baamulumba ku kitanda naye ne kibaggwaako omuntu eyali yeebase mu buliri bwe yasitula bw’atyi omutwe n’abatunuulira. Yali Ali (Allah amusiime) nga ye yeebase gwe balaba sso ssi Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye). Mu nnaku n’okuggwaamu amaanyi bakkiriza nti:

“Kirabika omusajja yali atugamba bituufu.” Mu busungu obungi baakaayuukira Ali nti, “Kizibwe wo aliwa?”

Ali (Allah amusiime) yabaddamu nti, “Sirina kye nkimanyiiko. Ki ki ... mulowooza nti mmuwondera buli w’alaga? Ng’oggyeeko ekyo, mbadde mmwe mubadde mumugamba ave mu Makka ... Kati osanga agenze!”

Awo bamusinzabibumbe baatandika okuvuma Ali (Allah amusiime) n’okumwogerera amafuuakuule. Baamutwala ne ku Ka’aba gye baamukuumira mu kasenge okumala akaseera naye oluvannyuma ne bamuta. (Ibn Hishaam, II, 96; Ahmad, I, 348; Ya’kuubii, II, 39)

Bambi abasajja abo abakwasa ekisa, emitima gyabwe egiali emiggale n’amaaso gaabwe agaali gaaziba nga tegalaba mazima, baali eno nga beebulungudde ennyumba ya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mbu balinda, baali tebakimanyi nti Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yali yatuuse dda ewa Abu Bakari (Allah amusiime). Wadde nga bamusinzabibumbe baali bakoze olukwe, naye Katonda Owoobuyinza yali akoze entegeka esinga ku lukwe lwabwe gye bataamanya. Allah Oweekitiibwa bino abyogerako bw’atyi:

وَإِذْ يَمْكُرُ بِكَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِيُثْبِتُوكَ أَوْ
يُخْرِجُوكَ وَيَمْكُرُونَ وَيَمْكُرُ اللَّهُ وَاللَّهُ خَيْرُ الْمَاكِرِينَ

“Jjukira ekiseera abo abatakkiriza bwe baakusalira olukwe bakusibire awantu oba bakutte oba bakuwannganguse, ne basala enkwe, ne Allah nákola enteekateeka; era Allah ye muteesiteesi asinga.” (al Anfaal, 8 : 30)

Ekkubo Eppanvu

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) olwava ewuwe n'agenda ewa Abu Bakari (Allah amusiime), olwatuuka kwe kuwaayo ssente ezenngamiya ze baamutegekera okukozesa mu lugendo, wadde nga Abu Bakari (Allah amusiime) kino yali takitutte ngékkikulu. Engeri gye yali yaakamala okuwonera awatono bamusinzabibumbe, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), ku luno yakola na bwegendereza ng'akolera ddala nga okusalawo kwa Katonda bwe kwaberanga era mu ngeri eleetawo eky'okulabirako eri *Ummah* ye. Bombi baayitira mmanju wa nnyumba ya Abu Bakari, enngamiya we zaali zirina okusigala ennaku ensaamusaamu.

Era, mu kwekengera okw'amaanyi, baayolekera oludda olwali lutali lw'e Madiina.

Abu Bakari (Allah amusiime) ebiseera ebimu yatambulanga ng'avaako Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) emabega ate bwe yavanga awo ng'amukulemberamu. Nnabbi Ow'emikisa bwe yamubuuza ekyamukozesanga ekyo, yamuddamu nti:

“Omubaka wa Allah, mba ntua ekiyinza okukutuukako.”

Baamala ne batuuka ku Mpuku ye Thawuri, olwo Abu Bakari (Allah amusiime) n'asaba Nnabbi nti:

“Mubaka wa Allah! Ekisinga obulungi ye ggwe okusooka okulindako ne mmala okulongoosa empuku.” Oluvannyuma yayingira empuku, n'atandika okugiyonja yonna nga bw'aziba n'ebituli byonna



si kulwa ng'ebiwuka biyingira. Olwamala n'agamba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ayingire. (Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 222 – 223)

Bo bamusinzabibumbe, nga bakuleembeddwaamu Abu Jahali, mu kaseera ako baalumba amaka ga Abu Bakari, era bwe batabasangayo, baatandika okubuuza muwala we Asmaa akana n'akataano. Olwabagamba nti yali talina ky'amanyi ku mayitire ga taata we, omuwala ono yagumira obusungu bwa bamusinzabibumbe bwe baalina olw'okulemwa okufuna kye baali baagala, era baamupacca oluyi olw'amaanyi mu maaso.

Ekitangaala ky'Obulamu ne “Munywanyi we mu Mpuku” (*Jaaril Ghaari*)²⁴⁴ baali bakubeeramu okumala akaseera, nga mwe baali bajja okufunira ku buweerero olw'okuba nti bamusinzabibumbe abaali babayigga ku nguudo zonna ezigenda e Madiina. Okwo kw'ogatta nti baali bali wansi wa bukuumi na buyambi bwa Katonda Owoobuyinza, eyali abayamba awo wonna eky'okukola we kyabeereranga kibabuze. Bamusinzabibumbe abamu, nga bagoberera obuwufu bwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Abu Bakari, baasobola okutuukira ddala kumpi n'omulyango gwe mpuku. Naye tebaalaba kintu kyonna okuggyako ekisu ky'enjiibwa ku mulyango n'ekitimba kya nabbubi, nga kiringa nti tewali muntu n'omu yali alabye ku mpuku eyo wadde okugiyingiramu. Olw'ekiragiyo kya Katonda Owoobuyinza, ekyewuunyo kyagwawo omuti ne gumera mu mulyango nga guziyiza ekyenyi kya Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okutuukibwako amaaso.²⁴⁵

244 Jaaril Ghaari, ekitengeesa Omunywanyi w'Empuku, kigambo ekikozesebla okwogera ku mukwano gwa Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Abu Bakari (Allah amusiime) nga bali mu Mpuku ye Thawur. Bwe waayitawo ekiseera kyatandika okukozesebla okwogera ku mukwano ogwaddala.

245 Ibn Sa'adi, I, 229; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 223 – 224.

Bamusinzabibumbe baddayo nga tebakyalina ssuubi lyonna ery'okusanga Ekitonde Ekyekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu mpuku.

Omuyambi era omukuumi w'abatambuze ab'ebitiibwa ababi-ri teyali mulala wabula Allah Oweekitiibwa. N'olwekyo, abasajja babaabuwe abaagenda ku mpuku tebaasobola kulaba kintu kyonna okuggyako ekisu kye njiibwa n'ekitimba kya nabbubi. Nga bwe kyayogerwa obulungi omutontomi Arif Nihat Asya:

*Nabbubi teyali mu bire,
Wadde okubeera mu mazzi, oba ku ttaka,
Naye yali mu maaso gokka,
Agazibibwa obutalaba Mazima ameeyolefu bwe gatyo.*

Nga bino byonna bigenda mu maaso, Abu Bakari (Allah amusiime) yali nga yeeyongera kusagaasagana mu mpuku. Yali mu kutya, nga tatyatya kyali kigenda kumutuukako nga ye naye ng'atya ekyali kiyinza okutuuka ku Mubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Singa bamusinzabibumbe baali baakoze akantu katono nnyo ng'okulingizaako bwe batimunda mu mpuku bandibadde basobola nnyo okulaba be baali bayingga. Naye bo ebiseera byabwebaabimlanga mu kwetooloola mpuku, na kugyekebejja ng'eno bwe bagamba nti, "Singa munda mubaddemu omuntu yenna amagi g'enjiibwa ne wuzi za nabbubi byandibadde byonooneddwa!"

Abamu ku bo abaleeta ekiteeso eky'okutunulako munda mu mpuku baalemesebwa Umayyah ibn Khalaf eyali aswakidde nga bw'abalangira nti:

"Mmwe temukyalinamu na ttondo lya magezi? Olwo munda mukolemu ki? Oyinza otya n'okwogera ku ky'okuyingira munda mu mpuku erukiddwako wuzi za nabbubi? Mukkirize kye mbagamba



... ennyumba ya nabbubi eno yalukibwa dda nga ne Muhammadi yennyini tannaba kuzaalibwa!"

Ate Abu Jalal ye yagamba bw'atyi:

"Ndayira nti Muhammadi ali kumpi wano... nsobola okumuwalira muli! Naye azzeemu n'atuziba amaaso ng'akozesa obufuu-sa bwe!"²⁴⁶

Nga okutya kumuyitiriddeko, Abu Bakari (Allah amusiime) ye mu kaseera ako konna yali ali mu kukuba Nnabbi kaama nti:

"Singa batta nze, ndaba nze ndi muntu omu yekka. Naye singa wabaawo ekintu ekibi kikutuukako, olwo *Ummah* yonna ejja kusaanawo!"

Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali asaalira ku bigere bye nga Abu Bakari (Allah amusiime) alabiriza wabweru, naye nga awo wonna ayogera ku kutya kwe yalina:

"Ekika kyo kikuyigga buli wamu. Naye ndayira nti, sitya biyinza kuntuukako ng'omuntu naye ntya nti bayinza okubaako ne kye bakukola!"

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamwanukula mu kimpoowooze nti:

"Abu Bakari, totya! Mazima Allah ali naffel!" (Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 223 – 224; Diyarbakri, I, 328 – 329)

Ekiseera ekyo kyogerwako mu Kulaane nti:

اَلَا تَنْصُرُوْهُ فَقَدْ نَصَرَهُ اللَّهُ اِذَا اخْرَجَهُ الَّذِينَ كَفَرُوا ثَانِي اثْنَيْنِ اِذْ هُمَا فِي الْغَارِ اِذْ يَقُولُ لِصَاحِبِهِ لَا تَحْزَنْ اَنَّ اللَّهَ مَعَنَا فَانَزَلَ

246 Ibn Sa'adi, I, 228; Halabi, II, 209.

اللَّهُ سَكِيْتَهُ عَلَيْهِ وَأَيَّدَهُ بِجُنُودٍ لَمْ تَرُوهَا وَجَعَلَ كَلْمَةَ الَّذِينَ
كَفَرُوا السُّفْلَى وَكَلْمَةُ اللَّهِ هِيَ الْعُلْيَا وَاللَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ

“Bwe muba nga temumutaasizza, mazima ddala Allah yamu-taasa mu kiseera awo abatakkiriza we baamugobera mu Makka, nga ye wookubiri ku babiri, mu kiseera we baabeerera bombi mu mpuku, awo we yagambira munne nti: ‘Tonakuwala, mazima Allah ali wamu naffe.’ Olwo Allah n’assa obutebenkevu bwe ku ye n’amu-nyweza n’eggye lye mutaalaba, era n’afuula ekigambo ky’abatakkiriza nga kye kya wansi, nga n’ekigambo kya Allah kye kya waggulu; era Allah Waakitiibwa, Mugezi” (at Tawba, 9 : 40)

Nga wayise ekiseera, Abu Bakari (Allah amusiime) yanyumya nti:

“Nga tuli mu mpuku, nnali nsobola okulaba ebigure bya bami-sinzabibumbe. ‘Singa baafukamirako kyokka bufukamizi banditulabye’, nnakuba Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) akaama, eyanngamba nti: ‘Lwaki otiiririra ab’omukwano ababiri, nga ow’okusatu ye Allah?’ (Bukhari, Fadhwailul Asw’haa 2, Manaaqib 45; Muslim, Fadhwailul Swahaaba, 1)



Empuku ye Thawur Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) gye yalagibwa okugenda oluvannyuma lwa kawefube ow’emyaka ekkumi n’esatu mu Makka, kyalife kya njawulo eky’okuten-dekerwamu okusinga ku Hiraa.²⁴⁷ Eyo omulamwa gwali gwa kumanya

²⁴⁷ Thawr yafuuka ekifo eky’okugunjula okwawukana n’okugunjula okwali mu Hiraa. Mu mpuku ye Hiraa, ensigo za imaan (obukkiriza) zaali zisigwa, so ng’ate mu mpuku ye Thawr ensigo za ihsan (okukola obulungi) ne tasawwuf (okuwangaala empangaala ye kisuufi) ze zaali zisimbibwa oluvannyuma



ntambula ya byewuunyo bya Katonda na maanyi ge, okuyiga amagezi nga gaviira ddala mu kitabo ky'omuntu wamu n'ensi awamu n'okubbin-kira mu byama ebitukuvu olwo nno omutima gulyoke gugaziwe.

Mu Thawr baamalamu ennaku ssatu n'ebiro bisatu. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) teyali yekka, yali ali ne Abu Bakari (Allah amusiime), omuntu asinga ekitiibwa mu bantu oluvannyuma lwa bannabbi. Ol'wekitiibwa kye yafuna okubeera ku lusegere lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu, bw'atyo yafuuka 'Owookubiri ku Babiri'

Mu kukumaakuma mukwano gwe yamugamba nti:

لَا تَحْزُنْ إِنَّ اللَّهَ مَعَنَا

"Tonakuwala! Mazima Allah ali wamu naffe", Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu kiseera kye kimu yali abikkula ekyama ky'okubeera kwe ne Allah (*ma'iyyah*). Eno ye yali entandikwa y'okusomesa abantu *dhikr*, oba okujukira, Allah mu kyama, okubikkulira Katonda Owoobuyinza emitima mu ngeri y'okuba omumativu.

Bw'etyo Empuku ye Thawur yakola nga ekifo ekyasooka okubanguliramu omutima okwolekera okutuuka eri Katonda Owoobuyinza okuva mu luuyi ol'webyama ebitakoma, awasooka okuwummulirwa mu lugendo luno Olutukuvu.

Bwe kutyo okubikkula kwe byama okwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okuva mu matwa-

Iw'ensigo za imaan okuba nga zaagyinnyimuka dda. Kino kiraga nti omutima gulina okuwangaalira ku sharia, ng'omwo mwe guyita okufuna obusobozi obwa taswawwuf.

le g'omutima eri *Ummah* bwe kutyo kwatandikira mu mpuku eno ng'ali ne Abu Bakari (Allah amusiime), empeta eyasooka mu Lujegere Olwazaabu olutagenda kukutuka oktuusa ku Llunaku lw'okulamula.

Obukkiriza bufuna amaanyi gaabwo nga bugajja mu kwagala Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Obuvumu obusookera ddala mu lugendo luno olw'ebiyewuunyo kwe kwagala oli kw'awulira eri Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era ng'ekkubo lyokka ery'okutuuka eri Katonda Owoobuyinza kwe kuwlira muli omukwano ogw'ekika ekkyo. Mu ngeri yonna, okwagala tekukoma ku kwagala muntu yekka, naye era kuzingiramu okwagala omuntu yenna na buli kintu ow'omukwano oyo ky'ayagala. Okukuma omukwano ogw'olubee-rera kisoboka nga kiyita mu nk watagana ey'omwoyo (*rabitwah*).²⁴⁸ Okutegeera okutono era okumpi tekuyinza n'akatono kuvaamu Kwagala Kutukuvu.

Okutegeera okukwatagana okw'omwoyo okwa Abu Bakari (Allah amusiime) ne Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kulina kye kuyinza okuleka ku bwongo bwa buli muntu, ng'obuwantu bwakyo businziira ku busobozi bwa-bwe. Abu Bakari (Allah amusiime) yafunanga obumativu obulungi obw'enjawulo buli mulundi gwe yayogeranga ne Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye); okubeera nga ye yali asinga okumanya ebyama by'obwannabbi, bulijo yeesunganga nnyo okulaba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne mu kiseera we yabeereranga ku lusegere lwe ng'afuna okwo-lesebwa okw'enjawulo.

248 Ebisingako awo ku bikwata ku rabbitwah, laba: Osman Nûri TOPBAŞ, İmandan İhsana TASAVVUF, 249 – 257, İstanbul 2002.



Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ne lwe yayogera ng'asiima nti:

“Siganyulwanga mu bya bugagga bya muntu yenna nga bwe nnaganyulwa mu by'obugagga bya Abu Bakari”, Abu Bakari (Allah amusiime) yaddamu, mu maziga nti:

“Obugagga bwange nange kennini tetuliiwo ku lulwo?” (Ibn Maajah, Muqaddimah, 11); ebigambo ebyali biraga okwewaayo yenna eri Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) n'okugweera ddala mu ye. (Mu tasawwuf, ekifo kino eky'omwoyo kiyiti-bwa *Fanaa-u fi'r Rasuul*).



Waliwo ekiseera nga bali mu mpuku e Thawr, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ng'atadde omutwe gwe ku kisambi kya Abu Bakari, lwe yeebakamu. Mu kiseera ekyo, Abu Bakari (Allah amusiime) yalaba akatuli akaali kayingira mu mpuku. Olw'okwagala okuziyiza ekiramu kyonna ekyandiyinzizza okutuusa obulabe ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), Abu Bakari (Allah amusiime) yateekawo ekigere ku katuli ako mu bwangu n'obwegendereza aleme okuzuukusa Nnabbi.

Amangu ago, ng'era ekitundu ku bigezo bya Allah, kyeyoleka nti Abu Bakari yali mutuufu okweraliikirira, omusota bwe gwajja mu kituli, era ne gubojja bubi nnyo ekigere kya Abu Bakari (Allah amusiime), ne gukitonnyezaamu obusagwa. Abu Bakari (Allah amusiime) yasigala mu bulumi obwekitalo era nga wadde yali tayagala kwekyusa nga atya okuzuukusa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye), naye era teyakyebeera kutonnyesa maziga kulema kutonnya olw'obulumi; mu mbeera eyo ezziga lyatonnya Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye)

mu kyenyi ne kimuvuirako okuzuukuka. Mu kwekanga, Omubaka Ow'ekitiibwa yabuuza nti:

“Abu Bakari, mutawaana ki? Ki ki ekiguddewo?”

Wadde nga Abu Bakari (Allah amusiime) mu kusooka yategeeza nga bwe wataali kiguddewo, naye Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yamupeeka amubuulire, yamutegheeza ebyali bimutuseeko. (Bayhaqi, Dalaailu, II, 477; Ibn Kathiir, al Bidaaya, III, 223)

Awatali kulwa, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yateeka amalus ge ku kifo awaali ekiwundu ng'akozesa olugalo lwe. N'okusaasira kwa Allah, ekiwundu kya Abu Bakari (Allah amusiime) kyawona mangu ddala , awatali kusigaza bulumi bwonna.

Waliwo ebyanyumizibwa, wadde nga biva mu nsonda ezteesigika bulungi, nga bigamba nti Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabuuza omusota mu lulimi olw'eb'yomwoyo, ensonga eyagubojesa Abu Bakari, era omusota ne gumuddamu nti:

“Omubaka wa Allah ... emyaka mingi gye mmaze nga nnindira mu katuli ako nga nneesunga okukulaba. Ate lwe nafunye akakisa okutuukiriza kye nnali nnegomba edda, nnasanze ng'ekkubo lyange lizibiddwa. Olw'obutasobola kwerekereza kigendererwa kyange n'okwerula ekkubo lyange sibadde na kya kukola okuggyako okuboja.”

Kino kyasikiriza omutontomi Fuzuli okunnyonnyola, mu kujaganya, ekya Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okubeera ensibuko y'obujjanjabi bw'omwoyo n'omubiri, nga muno abo abamukolako omukwano mwe basobola okufuna omugabo:



Nga bunywereddwa Mukwano gwe, obusagwa bw'omusota bujja kufuuka ensulo y'obulamu,

Naye amazzi aganywereddwa omulabe we gafuuka busagwa.

Mu bwa Kaliifa bwa Umaru, bwe yawulira abantu abamu nga bagamba nti yali asinga Abu Bakari (Allah amusiime), yabakutula mu bye baali boogera n'abagamba nti:

“Ndayira Allah, Abu Bakari (Allah amusiime) asinga ab’omu maka ga Umaru bona. Era nolunaku olumu luti mu bulamu bwa Abu Bakari lulimu emikisa egisinga amaka ga Umaru gonna: olunaku olwo Abu Bakari lwe yali ku lusegere lwa Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) bwe yava awaka we n’agenda mu mpuku.” (Haakim, III, 7 / 4268)



Ebbanga lyonna lye baamala mu mpuku ye Thawr, muwala wa Abu Bakari, eyayitbwanga Asmaa, yabatwaliranga emmere, ate ye mutabani we Abdalla n’asulanga nabo mu mpuku, nga e Makka akomawo obudde bunaatera okusaasaana, ekyaleetera Bamusinzabibumbe okulowooza nti ekiro kyonna yabanga mu kibuga. Engeri gye yali omusajja omukujukuju era eyalina obusobozi ebitasangikasangika, emisana yeetabulanga ne bamusinzabibumbe n’awuliriza enkwe zaabwe ze baategekenga okukola Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) nga yeefudde nga atabiriiko, olwo ekiro n’abituusa ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) mu mpuku.

Amiri ibn Fuhayra, eyali omuddu wa Abu Bakari gwe yata, naye yalundanga endiga za Abu Bakari ng’alundira wamu n’abalunzi abalala ab’omu Makka. Yatandikanga nabo okulunda ku maliiri, naye mu kukomawo yakigendereranga okusigala emabega w’abalunzi abalala

olwo n'agoba endiga ng'aziraza eri empuku, Nnabbi Ow'ekitiibwa ne mukwano gwe ow'ekitiibwa basobole okufuna amata. Mu kuko-mawo e Makka ku makya, Amiri yasiimulanga obuwufu bw'ebigere bya Abdalla ng'akozesa eby'eb'yendiga nga zigenda ziyitamu okusobola okubuzaabuza.²⁴⁹

Nga bamaze ennaku ssatu mu muyiggo gw'okunoonya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), bamusinzabibumbe essuubi lyonna lyabaggwaamu. Abdalla bwe yaleetera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Abu Bakari (Allah amusiime) amawulire aga Bannamakka okuba nga baali bakutuseewo n'okusubira, ku lunaku ol'okuna baalinnya enngamiya zaabwe ezaaletebwa omuntu eyali agenda okubalagirira ne bava mu mpuku. Kino kyali kyategeeza nti ekiseera kyali kituuse Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okwabulira ekibuga mwe yazaalibwa era mwe yawangaalira okutuusa ku lunaku olwo, ekintu ekyamuleeta ennaku ku mutima. Yali ayagala nnyo ekibuga Makka eky'emikisa. Akaseera katono nga tannagenda, nga bw'atunuulira ekibuga ng'asinziira ku kasozi Hazwarah, yagamba nti:

“Makka, ndayira Allah nti mu bifo byonna ggwe osinga okubeera omwagalwa gye ndi. Singa tebakungobaamu sandikukubye mugongo!” (Ahmada, IV, Tirmidhi, Manaaqib, 68 / 3925)

Era Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti:

“Makka! Nga oli kibuga ekyagalwa ennyo era nga nkwegala nnyo! Sandinooneyzza kubeera walala wonna, singa tekyali kika kyange kukungobamu!” (Tirmidhi, Manaaqib, 68 / 3926)

249 Ibn Hishaam, II; Bukhari, Manaaqibul Answari, 45; Haythmi, VI, 53.



Okugumya kwakkira mu Bubaka Obutukuvu nga bwoza Nnabbi ennaku ku mutima:

اَنَّ الَّذِي فَرَضَ عَلَيْكَ الْقُرْآنَ لِرَادُكَ إِلَى مَعَادٍ

“Mazima Oyo eyakulaalikako Kulaane wa kukuzzaayo eka nate.” (al Qaswasw, 28 : 85)

Nga bw'emosuubizza okudda e Makka, era nga ke kabonero akasooka akaali kalanga Okuwangulwa kwa Makka, *ayah* eno era yali egenderera okusangula ennaku ku mutima gwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) era n'okumuwa essanyu.



Olugendo olw'obuwantu bwa *kilomita* ebikumi bina (400) oluli wakati wa Madiina ne Makka lwatwala ennaku munaana ku ntambula y'enngamiya. Naye wadde ng'olugendo lwali luwanvu, nga n'obudde bwa bbugumu n'omusenyu nga gwokya wansi, abatambuze olunaku olwasooka baalutambilira ddala nga tebawummuddeemu.

Olw'okuba Abu Bakari (Allah amusiime) yali musuubuzi eyali atambudde enngendo eziwera okugenda e Damascus, yali amnyiddwa abantu bangi. Bwe batyo ebiseera ebimu nga bali mu lugendo lwabwe baasobelanga okusanga abantu Abu Bakari be yali amanyi, ne bamubuuza ‘ebikwata ku musajja eyabanga amukulemmbedde’. Mu ngeri ey'amagezi ennyo wamu n'okusigala nga bali bulungi, Abu Bakari yabaddangamu ntii:

“Oyo ye mulagirizi wange... y'andaga ekkubo!” Naye nga mu mutima gwe yali ategheeza nti “annunngamya eri amakubo agasinga obulungi.” (Ibn Sa'ad, I, 233 – 235; Ahmada, III, 211)

Nga bakuleembeddwaamu omweruzi w'amakubo Abdalla ibn Urayqitw²⁵⁰, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), Abu Bakari (Allah amusiime) ne Amiri ibn Fuhayrah baayimirira ku weema okumpi ne Qudayd eyali eya Ummu Mabed, eyalabiriranga abatambuze abaayitangawo mu bintu ebitali bimu bye beetaaganga. Bwe batyo abatambuze bano ab'emikisa abaali bagenda e Madiina baamusaba ku mata.

Mu weema okumpi awo mwalimu endiga ennafu, etaalinanga na maanyi gagimala kugenda ku ttale okulya omuddo ne zinne waayo, era nga yalina amata matono nnyo mu kibeere kyayo. Olw'ensonga eyo baagirekanga mu emu ku nsonda za weema. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bwe yasaba olukusa okukama endiga eyo, Ummu Mabed yamuddamu nti:

“Kola nga bw'oyagala – nkwaliza mikisa osobole okusanga ettondo ly'amata erimu mu ndiga eyo!”

Ng'amaze okusaba Allah Oweekitiibwa, okuwa endiga eyo omukisa n'amata amangi, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yatandika okugikama n'emikono gye, era yakomekke-reza agifunyeemu amata mangi.

Okusinziira ku Ummu Mabed bye yanyumya oluvannyuma, endiga eyo yawangula okutuusa ekyeya ekyagwawo mu bwakaliifa bwa Umaru (Allah amusiime), mu kiseera ekyo nga baagikamanga emisana n'ekiro, ne mu biseera byonna ebisolo ebirala we byabeere-ranga nga tebisobola kufuna muddo gwa kulya.

²⁵⁰ Abdalla ibn Urayqitw, wadde ng'ekiseeraekyo yali tannaba kusiramuka, yali musaja assikamu nnyo ekitiibwa. Wadde nga kitankanibwa oba nga oluvannyuma yayingira Obusiraamu oba nedda, ekisingako okutwalibwa kye ky'okuba nga yasiramuka.



Bba wa Ummu Mabed yakomawo nga Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) amaze okugenda. Yeewuunya nnyo olw'obungi bw'amata ge yalaba mu weema kwe kubuuza nti:

“Ummu Mabed, gano gonna amata gavudde wa? Endiga zonna zaagenze teziriiwo, ate nga zonna zaakamiza, nga tewali némü eyinza kukamwa! Ki ki ekibaddewo?”

Ummu Mabed yaddamu nti: “Olwaleero waliwo omusajja omutukuvu eyazze ku weema,” olwo n'atandika okumubuulira ebyali bibaddewo n'ebitendo ebirungi ebyali ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye).

Abu Mabed yamuzzaamu amaanyi nga bw'amusaba nti: “Genda mu maaso n'okumbuulira ebirala ebimuliko!” Olwo mukyala we n'ayongerako nti:

“Omusajja alabika bulungi, alina ekyenyi ekitemagana... Alina empisa ennungi ezitasangika. Sirina kikyamu kyonna kye nnamulabyeko. Amaaso ge maddugavu era gamyansa, ebisige bye bikwafu naye nga bitonotono, era mu ddoboozi lye mulimu obukkakkamu. Muwanvuyirivu, alina enviiri nzirugavu n'ekirevu eky'ekigero.

“Obusirise bwe bulaga obukkakkamu n'ekitiibwa, ate bw'ayogera ebigambo bye bijjudde bulungi na kisa. Ebigambo by'ayogera biringa amayinja ag'omuwendo agasimbiddwa mu lunyiriri, nga bifulumu mu kamwa mu ngeri empime obulungi. Ayogera bulungi, ng'ayawula bulungi ekituufu ku kikyamu. Ebigambo bye tebyabadde bimpi okulaga nti tasobola kwogera, ate mu ngeri y'emu tebyabadde bingi ebireetera omuntu okwetamwa.

“Bw'omulengerera ewala, alabika ng'omuntu wa kitiiibwa era assikamu ekitiibwa okusinga abasajja abalala bona, naye ate bw'aku-semblerera y'asinga okulaga omukwano n'obwangu. Obuwantu bwe

bwa kigero, si muwanvu asukkiridde ate ssi mumpi. Alinga omuti omuto ogusukkulumye mu bulungi mu egoy emitii emirala gye gyakula nagyo. Ku lusegere yalinako ab'emikwano abaawulirizanga mu bukkakkamu buli kigambo kye yayogeranga era ne bangwa okutuukiriza buli kye yabalagiranga. Okusinziira ku kye nnalabye, okunenya oba okugamba omuntu okulekayo ky'akola kye kintu ky'atasobola kukola.”

Ng'amaze okuwulira ebitendo bye baamugamba mu bulambu-lukufu, Abu Mabed yagamba nti:

“Omusajja oyo ye Nnabbi okuva mu Bakulayishi. Kale singa nnamusanzne ne nfuuka mukwano gwe! Naye era nngenda kugezaako okukozesa akakisa ke nnaasooka okufuna.”

Mu nnaku ezo, waliwo eddoboozi eritaamanyika gye liva eryawulirwa mu Makka nga lyogera ebigambo ebyali biwaana n'oku-suuta abagenyi abakyala mu weema ya Ummu Mabed. Hassan ibn Thabit eddoboozi lino eritamanyiddwa lyamukolako kinene era kwe kuyiayaayo ekitontome ekyali kirangirira nti abantu abaaleka Nnabbi waabwe n'agenda baali boolekedde okuzikirira, era nti Nnabbi yali asasaanya obulunngamu mu makkati ga Madiina, ng'asoma kyere ebigambo bya Allah (Ibn Sa'adi, I, 230 – 231; VIII, 289; Haakim, III, 10 – 11)

Amaka ga Abu Mabed gonna gaakomekkereza gasiramuse era ne gafuna n'ekitiibwa ky'okufuuka Basswhahaba ba Nnabbi.

Bamusinzabibumbe nga balemereddwa okuzuula abatambuze bano ab'emikisa wadde nga baali bafubye nnyo, baasalawo kuteekawo kirabo eky'amaanyi eri oyo yenna eyali ow'okubakwata. Omusajja omu eyali ayagala ennyo okugezaako ebintu ebizibu era nga yali muyizzi nga ye Suraqa Ibn Maalik, amaddu gaamukwata olw'ekirabo kino ekyali kiteekeddwaawo.



Ng'anoonyerezza akaseera, Suraqa yasobola okumanya Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yali. Ng'alina essuubi ery'okumukwata, yalinniyarawo enfalaasi ye eyali edduka emisinde emingi n'abawondera. Naye, amangu nga takyetegekedde, ebigere by'enfalaasi ya Suraqa byatubira mu musenyu, akyamuleetera okuvaako ne yeerindiggula ennume y'ekigwo wansi.

Wadde nga Suraqa yagezaako nnyo okulwana ave mu musenyu mwe yali atubidde, yeeyongere okusanga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), yalemeramu. Naye oluvannyuma lw'akaseera ng'alwana yaddamu akategeera era n'atandika okwejjusa ekyali kimukozesa ekyo. Olwo n'asaba Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) amusaasire. Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yamusabira, era mu kaseera katono enfalaasi ye n'evaayo mu musenyu. Suraqah yeekuba mu mutima era n'afuuka mukwano gwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) owannamaddala. Yaddayo n'ekigendererwa eky'okukuumma Nnabbi gye yali ng'ekyama, era n'awugula abalala baleme kugenda ku ludda olwo nga bw'abawa amagezi bakwate enjuyi endala. (Muslim, Zuhud, 75)

Ebigambo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) bye yagamba Suraqa byasigala biwuuma mu matu ge okumala akaseera nga byali bigamba nti:

“Suraqa oliwulira otya olunaku lw'olyambala ebikomo bya Khosrau n'engule ye ebya zaabu, ne weesiba n'omusipi gwe?”

Kino kyatuukirira. Ekikomo, omusipi n'engule ebyali eby'omunaanule Khosrau bwe baabireeta e Madiina oluvannyuma lw'okuwan-gula Peruusiya (Persia), Kaliifa Umaru (Allah amusiime) yayita Suraqa, n'oluvannyuma lw'okumwambazisa eby'okwewunda ebyo, yamulagira awanike emikono gye waggulu agambe nti:

“Allaahu akbar! Amatendo gonna amajjuvu ga Oyo ajjuludde bino okuva ku Khosrau ibn Hurmuz, eyeteekawo mbu ye katonda w'abantu, n'abiteeka mu mikono gya Suraqa ibn Maalik, omu ku batabani ba Mudlij!” (Ibn Kathiir, Usudul Ghabah, II, 332; Ibn Hajar, al Iswabah, II, 19)

Bwe yasisinkana Buraydah Ibn Husayb n'abekika kye ng'ali mulugendo lwe mu kifo okumpi ne Ghamim, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabakoowoola eri Obusiraamu. Bonna bakkiririza wamu Obusiraamu n'omutima gumu. Ekiro ekyo, Ekitangaala ky'Obulamu (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasomesa Buraydah (Allah amusiime) ekitundu ekiggulawo essuula ya Mariyam.²⁵¹

Buraydah nga bw'azingulula ekitambaala ekyeru (Imaamah) ekyali ku mutwe, yagamba Nnabbi nti:

“Nzikiriza mbeere omuwanirizi wa bendera yo!”

Buraydah amangu ago yabakwatira bendera okutuuka lwe baa-tuuka ku kyallo Quba.

Oluvannyuma nga bakyali ku lugendo lwabwe, baasanga olusere-gende lw'abasubuzi okuva e Damascus, omwali Zubayri ibn Awwaam eyabikka Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ne Abu Bakari (Allah amusiime) mu ssuuka bbiri enjeru.²⁵²

Kati buli kigere abaali mu Hijira kyayongeranga kubasembeza Madiina. Wadde nga bamusinzabibumbe baagezangako okukunga buli muntu gwe baasobolanga atte Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye), naye kino tekyamulobera kweyongera kugen-da mu maaso na kukoowoola bantu mu kkubo kuyingira Busiraamu.

Sa'adi ad Daliilu (Allah amusiime)²⁵³ omu ku basswahaba ba Nnabbi anyumya bino wammanga:

251 Ibn Sa'adi, IV, 242.

252 Bukhari, Manaaqibul Answari, 45.

253 Ol'w'okulagirira ekkubo erituuka e Madiina eryali lisinga okumpi, n'okulagirira



“Mu kiseera kya Hijira, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) ne Abu Bakari (Allah amusiime) bajja ewafe. Muwala wa Abu Bakari (Allah amusiime) ebiseera ebyo yali naffe ng’ayonsebwa omukyala omuyonsa. Baali baagala kutuuka Madiina mu ngeri yonna ey’amangu eyali esoboka. Twabagamba nti baali mu Kkubo lya Ghair mu kakubo ka Raqubah akaali kamanyiddwa ennyo okubeeramu bakkondo babiri abaayitbwanga ba *Mukhanam*, naye yali alina kutugamba ekigambo kimu kyokka olwo tubeekolerek.

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwe kugamba nti, “Muntwale gye bali.”


Twatambula. Twalinnyalinnya ne tumalako akasozi ke Raqubah, tuba tukkirira ne tulaba ababbi, ne tuwulira omu ku bo ng’agamba munne nti:

“Omusajja oyo alabika okuba nga ava Yamani.²⁵⁴

Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yabayita basembere we yali, n’abannyonnyola Obusiraamu era n’abakowoola babuyingire. Abasajja bakkiririzaawo okusiramuka. Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bwe yabbuuza amannya gaabwe, baamuddamu nti: “Batuyita ba *Mukhanan* (abanyoomebwa ababiri). Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) kwe kubagamba nti “Kati mmwe ba *mukarramu* (ab’ebitiibwa ababiri)” Oluvannyuma yabagamba bagende e Madiina n’amawulire amalungi agabategeeza nga nabo bwe baali bali mu kkubo nga bagenda kutuuka.” (Ahmada, IV, 74)

Nnabi Ow’emikisa ekkubo eryali lijita e Raqubah, Sswahaba ono omukulu, yaweebwa erinnya lya ad Daliil, Omulagirizi.

254 Kyebaali bategeeza kyékyokuba nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali ava Makka. Makka yali ebalibwa nga ekitundu ku Tihaama, ekitundu ekyabalibwanga ekyali munda mu nsalo za Yamani, nga ne Ka’aba, olwensonga yemu yali eyitiba al Ka’abatul Yamaniyya. (Ibn Athiir, an Nihaaya, V, 300).



Omugenyi Omulindwa

Essanyu lyajula okutta Bannamadiina abaali baafuna edda amawulire nga Nnabbi (okusaasira kwa Allah n̄emirembe bibeere ku ye) bwe yali ali okumpi okutuuka. Baali bakunngaanidde ku njegoyego z̄ekibuga nga beesunga okutuuka kw'omugenyi waa-bwe omulungi, nga balina essuubi ly'okwaniriza abagenyi basobole okweyoolera omugabo gw'empeera zaabwe.

Oluvannyuma ennyo, ku lw'okusooka lwa 12 Rabbil awwal,²⁵⁵ essanyu n'okuleekaanira waggulu nti, “Baja!” byabuutikira Madiina yonna.

Bwe baafuna amawulire amalungi, beeyiwa mu nguudo, Madiina n'abuutikirwa amaloboozi ga *takibiira* (*Allaahu akbar*), Abasiraamu nga beebagazze eby'okulwanyisa byabwe, nga beebagadde ensolo zaabwe n'abalala baatambula ne banguwa okwaniriza omugenyi waabwe ow'emikisa.

N'okutuuka kw'abatambuze abaali balindirirwa okumala ebbanga eddene, nga bali wansi w'obuyambi n'obukuumi bwa Katonda, ku kyallo Quba ekiriraanye Madiina, ekibuga kyonna kyabuguumirira era ne kitandika okujaganya.

Amaloboozi g'oluyimba olw'essanyu olwa *Tala'al Badru alay-naa*²⁵⁶ nga gatuukira ddala mu bire okuva mu nsozi ezeetoolodde awo gaabuguumiriza emitima gy'abantu abaali babugaanye essa-nyu. Okuwandiika ebyafaayo byonna ebyaddirira okuva kw'olwo okutuusa ku Ssaawa Ekomererayo, mu kaseera byaleetera okuteeka kalenda ya Hijira mu nkola.

255 Ennaku z'omwezi zikwatagana n'mwezi gwa Mutunda (ogw'omwenda), 622 ku Kalenda ebala ekizungu.

256 Omwezi omulamba gutusseeko

Okuva Abasiraamu abasinga obungi lwe baali batalabanga ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) mu bulamu bwabwe, tebaasobola kumutegeererawo era baamala akaseera nga Abu Bakari Swiddiq (Allah amusiime) gwe baatwala okubeera Nnabbi. Mu kaseera ako, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali asirise. Enjuba yali emwakako butereeuvu nga n'ebbugumu ssuffu. Abu Bakari (Allah amusiime) yagenda w'ali n'amuwemberera n'essuuka ye era awo Abasiraamu we baategeerera Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).²⁵⁷

Okuva ku lunaku olwo, Madiina yali ya kufuuka kitebe era endabirwamu y'okukulaakulana kw'Obusiraamu n'okugenda mu maaso. Ekyenyi ky'obutakkiriza ekifumye kyagenda kikendeera mpolampola. Olw'okujjula amakulu agali mu Hijira obulungi, emizikiti ogwe Madiina ne Quba gyalekebwawo ng'ebijukizo by'olugendo luno olutukuvu okutuusa ku Ssaawa Ekomererayo.

Nga bwe bateeka ebyobugagga byabwe wansi w'ebigere bya Bamuhajiruuna, ba Answar baagamba bannabwe nti: “Biibino eby'obugagga byange... Ekitundu kyabyo kikyo!” Okwerekerezza okutagambika n'okwewaaayo okw'oluganda lw'Obusiraamu kwatandikira awo. Madiina yeenyweza mu kifo ekigumu era eky'ettutumu mu byafaayo by'Obusiraamu. Ebikolwa by'Obusiraamu byonna, eby'embeera za bantu n'ez'omuntu sekinnoomu, n'okulafuubana byeyoleka mu ngeri ey'enjawulo mu Madiina, n'ekiwa eky'okulabirako eri *Ummah* yonna.

Mu Quba, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yabeera mugenyi wa Ibn Khidm, eyali ava mu kika kya Amuri ibn Awuf. Eyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah

257 Bukhari, Manaaqibul Answari, 45.



n'emirembe bibeere ku ye) olw'olumu yavangawo n'agenda ewa Sa'ad ibn Haythama, gye yatuulanga n'ayogera n'Abasiraamu abalala. Engeri Sa'ad (Allah amusiime) gye yali omuwuulu, Abaasenguka abawuulu baali basula mu nnyumba ye, era eyo ye nsonga eyagituumisa Manzilul Uzzaab, ekitegeeza Ennyumba y'Abawuulu oba mu Kiwuulu). (Ibn Hishaamu, II, 110; Ibn Sa'adi, I, 233)

Akaseera ke yamala e Quba, Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yeetabanga mu kuziika, n'agenda ne gye baabanga bamuyise era n'alambulanga abalwadde.

Abu Saidi al Khudhriyyi (Allah amusiime) ajjukira ebintu bino ebyaliwo mu nnaku ezo ebiraga engeri Basswhahaba gye baakwati-bwangako (ebifa ku Nnabbi):

“Mu nnaku ezaasookera ddala nga Omubaka wa Allah (oku-saasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yaakatuuka e Madiina, twamutegeezanga buli lwe waabangayo omulwadde omuyi ennyo ali ku ndiri. Yajjanga n'abeerera ddala awo nga bw'amusabira okusonyiyibwa. Teyaddangayo okutuusa lwe yassanga omukka gwe ogw'enkomerero, ebiseera ebimu ng'alinda ne bamala n'okuziika.

Olw'obutayagala kumukaluubiriza, twegeyaamu ffekka bwe tutyi:

“Tetuddamu kubuulira Mubaka wa Allah kintu kyonna okutuusa ng'omulwadde amaze okufa. Olwo Nnabbi aba tajja kukoowa oba okufirwa ebiseera.’

Bwe tutyo twatandika okubuulira Omubaka wa Allah (okusaa-sira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ebikwata ku mufu ng'ama-ze kussa mukka gwe ogw'enkomerero. Awo yajjanga n'amusaalira esswala y'abafu n'amusabira okusonyiyibwa, era ng'olumu bw'alinda okutuusa okuziika bwe kwaggwanga.

Kino twakikolera akaseera. Naye era bwe twalowooza nti n'ekyo kyokka kyali kimalako Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) emirembe, twasalawo omufu twetikke mwetikke tumutwale ku mulyango gwe, nga tulowooza nti kyali kya kumuberera kyangu okusaalira omufu bw'atyo. Ekyo kye twatandika okukola okuva olwo."

Muhammedi ibn Umaru, anyumya ekyafaayo ekyo ayongerako bw'atyi:

"Eyo ye nsonga lwaki ekifo ekyo kati kiyitibwa *Muswalla*, ekitengeeza ekifo esswala (y'omufu) w'esaalirwa. Eby'okusaalira omufu byakolebwanga eyo era enkola eyo yagenderera n'oluvannyuma lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) okufa." (Ibn Saadi, I, 257; Haakim, I, 519 / 1349)

Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yali tannaba kuva Quba, Ali - Allah aweese ekyenyi kye ekitiibwa – we yamwegattirako ng'amaze okuddiza bannyini bintu ebantu byabwe bye baali baateressezza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye).

Waliyo ebyoyerwa bingi ebiraga omukwano ogw'omunda Basswahaba ba Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) gwe baalina gy'ali n'engeri gye baamujukiran-gamu. Baraa ibn Aazib (Allah amusiime)²⁵⁸ ayogera ku ngeri kitaawe gye yalina okwagala okutayinza kumatizibwa okuwuliriza ebantu ebikwata ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) buli kaseera lwe yafunanga akakisa:

258 Baraa ibn Aazib (Allah amusiime), eyali era amanyiddwa nga Abu Ammaara, yali omu ku ba Answar. Yayingira Obusiraamu nga Hijira tennaba ne yeetaba mu ntalo zonna ezaddirira olutalo Iw'e Uhud. Yassa omukka omuvannyuma ng'ali Kuufa, mu mwaka ogwe 73 ogwa Hijira, ng'anyumizza hadiisi ebikumi bisatu (300).



“Abu Bakari (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yali aguze ku taata ekituulwako ku mbalaasi ku dir’hamu kkumi na ssatu n’amugamba nti:

‘Gamba Baraa bw’aba asobola akitutwalire ewaffe.’

Taata yamuddamu nti, ‘Mpozzi ng’omaze okunnyumiza engeri Omubaka wa Allah gye yasengukamu okuva e Makka okugenda e Madiina.’

Bw’atyo Abu Bakari (Allah amusiime) yatandika okumuttotteroja Hijira yaabwe okugenda e Madiina.” (Bukhari, Ashaabun Nabiyy, 2; Ahmad, I, 2)

Omuzikiti Gwe Quba: Omuzikiti Ogwazimbibwa Ku Musingi Gw’okutya Allah

E Quba, ewasooka okuwummulirwa ku kkubo erigenda e Madiina, Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yamalawo ennaku kkumi na nnya ng’omugenyi mu nju z’ab’ennyumba ya Ibn Awuf. Ekyo kye kiseera Masjid (omuzikiti) eye Quba enjatiikirivu ennyo we yazimbirwa, era nga ne Nnabbi Ow’ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yennyini yenyigiramu mu kugizimba.

Quba gwe muzikiti gw’Obusiraamu ogwasookera ddala okuzimbibwa era nga mukulu mu ngeri endala nti gwazimbibwa mu biseera bya Hijira. Mu Kulaane gwogerwako bwe guti:

لَمَسْجِدٌ أُسِّسَ عَلَى التَّقْوَىٰ مِنْ أَوَّلِ يَوْمٍ

“... omuzikiti ogwazimbibwa ku musingi gw'okutya Katonda okuviiira ddala ku lunaku olwasooka.”²⁵⁹ (at Tawba, 9 : 108)

Abu Hurayira ng'ayogera ku kitundu kya *ayah* ekigamba nti:

فِيهِ رِجَالٌ يُحْبُّونَ أَنْ يَتَطَهَّرُوا وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُطَهَّرِينَ

“... mu gwo mulimu abasajja abaagala okwetukuza, era Allah ayagala abantu abo abeetukuza.” (at Tawba, 9 : 108), n'agamba nti yali ayogera ku bantu be Quba (Tirmidhi, Tafsiir, 9 / 3099); Abu Dawuda, Twahaarah, 23 / 44; Ibn Maajah, Twahaarah, 357)

Abasenguse abaasooka bwe baatuuka e Quba, baatereeza ekitundu ekimu abennyumba ya Ibn Awuf kye beeyambisanga okwanika entende zaabwe ne basaalira awo. Eyakulembera Abasenguse bano abaasooka mu sswala yali ayitibwa Salim, eyali omuddu n'ateebwa Abu Hudhayfa, era nga yali musomi wa Kulaane mulungi nnyo era nga yali agimanyi okugisinza abalala abaaliwo.²⁶⁰

Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'ayita mu kugaziya ekifo Abasenguse kye baali bakozesa okusaliramu, yalagira ne muzimbibwa Masjid Quba. Omuzikiti ogw'ensonda ennya ezenkanankana mu kusooka gwallina obuwaniyu bwa mita 32 ku buli ludda. Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yasaba abantu b'omu kitundu okuleeta amayinja, ng'era eryasooka ye kennyini n'emikono gye yaliteeka ewali and *Qiblah*, oluvannyuma n'alagira Abu Bakari ne Umaru (Allah abasiime) okuteeka amayinja mu nsengeka y'emu nga ye.

259 Oluvannyuma Umaru bwe yali afuula Hijira ng'entandikwa y'okubala okwa kalenda (y'ekisiraamu) ekigambo 'olunaku olwasooka' ekiri mu aya eno kye yeeyambisa mu kunnyonnyola ensonga ye.

260 Ibn Sa'adi, III, 87; IV, 311.



Ammaar ibn Yaasir (Allah amusiime) ye yanywa mu bonna aken-do mu kuzimba Omuzikiti, era ye nsonga eyamuviiirako okumuwa erinnya erya “Omuzimbi w’omuzikiti eyasooka” mu Busiraamu.²⁶¹

Ebitontome Abdalla ibn Rawaaha (Allah amusiime) bye yaton-tomanga nga bazimba byayambanga Abasiraamu obutaddirira ne bwe baabanga bakooye.²⁶²

Sa’adi al Qurazi ye yatwala obuvunaanyizibwa bw’okukola nga *muaddhin* (omwaziinyi) w’omuzikiti.

Okufaananko ne Masjidun Nabawi, n’emizikiti emirala omwenda mu Madiina, Quba we waali ekitebe ky’emirimu gy’oku-somesa, egyo Nnabbi (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yennyini gye yalabiriranga buli lwe yagendangako ku muzikiti.²⁶³

Buli lwamukaaga, Nnabbi Ow’emikisa (okusaasira kwa Allah n’emirembe bibeere ku ye) yagendanga e Quba, ng’ali ku nsolo oba ng’atambuza bigere, n’asaalirayo laaka bbiri ez’esswala ku muzikiti ogwo²⁶⁴, ekintu kye yakubiriza n’Abasiraamu abalala okukola:

“Buli afuna wuzu mu butuufu bwayo, n’agenda mu *Masjid* ye *Quba* n’asaalirayo laaka bbiri ez’esswala, ajja kufuna empeera ezen-kana ne *Umurah* (okulamaga okwakyeyagalire).” (Ibn Maajah, Iqaamah, 197; Nasaa-i, Masjid, 9)

Ne Umaru (Allah amusiime) mu biseera bye nga Kaliifa yalina enkola ey’okukyala ku Muzikiti buli lwakusooka n’olwokuna ng’agamba nti yali tayinza kulowooza mirundi ebiri mu kwebagala enngamiya ye okugenda ku muzikiti ka kibe ng’omuzikiti gwali wala.²⁶⁵

261 Ibn Hishaam, II, 114.

262 Kâmil Miras, Tecrid Tercemesi, X, 106.

263 Hamidullâh, Islâm Peygamberi, II, 771.

264 Bukhari, Fadhwlus’ Swalat 3, 4; Muslim, Hajj, 516.

265 Ibn Sa’adi, I, 245.

Masjid ye Quba yagaziyizibwa mu bwa ba Kaliifa bwa Uthumaani (Allah amusiime) ne Umaru ibn Abdul Aziizi, era ne guddabirizi-bwa emirundi mungi oluvannyuma. Era gwaddabirizi-bwa mu bisiera bya Sultan Mahmud II mu mwaka gwa 1829 (H. 1245), omunaala ogwali ogumu n'akasolya akababaatadde gavumenti ya Saudi Arabia yabimenza omuzikiti n'égwu ekitamu waggulu n'obunaala buna.

Esswala Ya Juma Eyasooka Mu Kiwonvu Ky'e Ranunah

Nga amaze ennakku kkumi na nnya e Quba, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) n'abaali bamugo-berera baasimbula ne bagenda e Madiina. Olunaku lwali lwa kutaan-no. Mu ttuntu, ng'ekiseera kye sswala ya Dhuhuri kinaatera okutuuka, baali bataka mu kikko ky'e Ranunah, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yakkira okuva ku nngamiya ye. Awo, nga gwe gwali omulundi gwe ogwasooka, yakulembra abantu okusaala sswala ye Jjuma, oba ey'olwokutaano, akabonero akasinga obunene mu bufuzi bw'Obusiraamu. Yawa *Khutubah* (oba okubuulirira) zino wammanga.

Okubuulirira Okwasooka

“Abantu!

“Mwenenye nga temunnafa! Mukole ebikolwa ebirungi nga mukyalina omukisa! Mulongoose enkolagana yammwe ne Allah nga muyita mu kusaddaaka ennyo, mu kyama ne mu lwatu, n'okujjukiranga ennyo Allah! Mukole ekkyo mujja kuweebwa emikisa, mujja kuyambibwa era muddizibwe ebyo byonna bye mwafirwa.

“Mumanye nti mu mwezi guno ogw'omwaka guno, era mu kifo kino, Allah Esswala eyo ku lw'okutaano (ejjuma) agifudde ya buwaze. Ayavuwale oyo, atawala sswala nga kikulu oba n'agiviirako



ddala mu kugiwakanya, ng'ate waliwo imaamu, omwenkanya oba atali mwenkanya, okumukulembra, nga nkyaliwo oba oluvannyma lwange era Allah tajja kumulunngamya kutuuka ku buwanguzi! Omuntu ow'engeri eyo talina sswala ndala (mu kusuubira okukkirizibwa) - okuggyako abo abeenenya, kubanga Allah aija kukkiriza okwenenya kwabwe.” (Ibn Maajah, Iqaamah, 78)

“Abantu!

“Mwetegekere Enkomerero yammwe nga mukyali balamu! Mazima ddala okufa kujja kujja kuleke amagana gammwe nga tegaliiko mulunzi. Era awatali muvvuunuzi oba ayunga, Allah aija kubuuza nti:

‘Nnabbi wange teyabajjira n’abategeeza ku mateeka gange? Ku bugagga bwonna bwe walina n’ebiyengera byange bye nnakuwa, biriwa bye weesibiridde olwaleero?

‘Buli muntu ng’abuuziddwa ekibuuzo kino aija kutunula ku kkono ne ku ddyo nga talina buyambi; olwo bajja kutunula mu maaso balabe Omuliro.

‘Kaakati muzuukuke! Mwekuume ennimi z’omuliro, ka lube nga lubajjo lwa ntende! Bwe muba temusobola na kufunayo lubajjo lwa ntende, kale waakiri mwogere ebigambo ebirungi (ebiraga ekisa); kubanga ekirungi ekimu kikubisibwamu emirundi kkumi okutuukira ddala ku mirundi lusanvu.

“Nsaba emikisa gye Allah n’okusaasira bibeere ku mmwe!” (Ibn Hishaam, I, 118 – 119; Bayhaqi, Dalaail, II, 524)

Okubuulira Okwokubiri

Amatendo gonna amajujuv ga Allah. Okuva eri Ye yekka gye nnoonya obuyambi. Obukuumi bwe bwe tunoonya okuva mu bibi by’emyoyo gyaffe n’emirimu gyaffe emibi. Oyo Allah gw’aba alunn-

gamizza teri ajja kumuwabya ate teri n'omu ayinza kulunngamya oyo Allah gw'aba abuzizza.

“Nkakasa nti teri Katonda yenna okuggyako Allah. Ali Omu, talina amwegattako. Ebigambo ebisinga okubeera ebirungi bisangibwa mu Kitabo Kye. Omutima gw'oyo yenna Allah gw'ataddemu Kulaane n'amulunngamya eri Obusiraamu okuva mu kizikiza, aba ataasiddwa, bw'aba Kulaane gy'alonzeewo ku bigambo byonna.

“Ekitabo kya Allah ddala kye kisinga obulungi era kirina ebigambo ebisinga okubeera ebrisengeke mu bigambo byonna.

“Mwagale ebyo Alah by'ayagala! Temukoowanga ebigambo bya Allah n'okumujukiranga! Temukkirizanga emitima gyammwe okukaluubirizibwa ebigambo bya Allah, kubanga ebigambo bye bironda era ne bisunsulamu mu bintu ebisinga obuluungi. Binnyonnyola emirimu egisinga okubeera emirungi, era byogera ku Bannabbi, abaddu abasinga okubeera ab'ekitiibwa mu baddu bonna, era mutuuse ku bantu embooz²⁶⁶ ezisinga obulungi n'okuvaayo. Kinnyonnyola ebikkirizibwa n'ebitakkirizibwa.

“Musinze Allah Yekka era temumugattako kintu kirala kyonna! Mumutye mu ngeri gy'asaanira okutiibwa! Ennimi zammwe ziwanirire emirimu gyammwe emirungi! Mwagalane n'ekigambo kya Allah! Mutengeere nti Allah anyiigira nnyo abo abaawukana ku bigambo bye baba boogedde (abataklera ku bigambo byabwe).

“Emirembe gya Allah gibeere ku mmwe!” (Bayhaqi, Dalaail, II, 524 – 525)

Embuulira zino zisobola okutwalibwa ddala nga okuwumbawumba eddiini nga zaazingiram u ebintu byonna ebikwata ku

²⁶⁶ Qisswa, ebikwata ku bannabi abasooka n'abantu ab'emirembe egayita, zisukka mu kimu eky'okusatu eky Kulaane. Okumanya ensonga lwaki kino kiri bwe kityo, soma ku kitabo kya Osman Nûri TOPBAŞ, Nebiler Silslesi, v, I, olup. 11 – 28, Istanbul 2004.



Busiraamu okugeza obukkiriza, okusinza, empisa némisingi okuzimbirwa enkolagana y'abantu.

Ejjuma okubeera nga yafuulibwa ya buwaze nga ne Hijira tennaba kujjula, kyoleka obukulu n'obwetaavu eri Abasiraamu okubeera awamu ng'ekibiina.

Okulindirira Mu Madiina Okwali Kujjudde Okweraliikirira

Nga tannava Quba kwolekera Madiina, Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yayita abénniyumba ya Najjaar, omwali ba kojja be, ng'ayagala bamuwe obuwagizi. Nga babagalidde eby'okulwanyisa byabwe, baasitukiramu ne baanukula omulanga, era nga bwe balamusা Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) bamukakasa nga bwe bamugamba nti:

“Linnya enngamiya zo otandike olugendo lwo. Obukuumi bwo bukakasiddwa weebuli”²⁶⁷

Nga sswala ye Jjuma ewedde, ng'ali ne Abu Bakari (Allah amusiime), abanene mu nnyumba ya ba Najjaar n'Abasiraamu abalala, Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yeebagala enngamiya ye Qas'wa okuyingira mu Madiina ekyali kirindiriddwa okumala akaseera.

Okugenda kwa Nnabbi n'obulumi bw'obutaddamu kumukyaza ng'omugenyi bwennyika mu mitima gy'abantu be Quba abaamugamba mu mutima ogujjudde okusaba nti:

“Omubaka wa Allah! Ogenda lwa kuba otukooye oba ogenda lwa kuba oyagala kufuna kifo ekisingako ku kino obulungi?”

Nnabbi (okusaasira kwa Allah némirembe bibeere ku ye) yabaddamu ng'abazzaamu amaanyi n'okubakakasa obumativu bwe

267 Bukhari, Manaaqibul Answari, 46.

yali afunye nga ali nabo nti: "Ndagiddwa bulagirwa okugenda e Madiina." (Diyarbakri, I, 339)

Abasiraamu be Madiina bona, awatali kuggyamu n'omu, baayagala okukyaza Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ng'omugenyi. Olw'okuba nga okwagala kwali kungi nnyo eri buli Musiraamu okukyaza omugenyi ow'ekitiibwa era nga kaabula katono nnyo kuleetewo enjawukana, Nnabbi Ow'emikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) yalina okubiyingi-ramu era, nga bw'alaza ku ngamiya ye Qas'wa, kwe kugamba nti:

"Kirungi ne muva mu kkubo ly'enngamiya; erina ebiragiro byayo." (Ibn Hishaam, II, 112 – 113)

Eno ye ngeri yokka eyamalawo okumenya emitima gy'abantu mu kusalawo wwa Omubaka Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) we yali agenda okubeera.

Oluvannyuma lw'okugenda ng'eyimirirako mu bifo eby'enjawulo, enngamiya eno eyeekywuuunyo yakomekkereza ewbamye mu kibangirizi ekyali mu maaso g'amaka ga Khalid ibn Zayidi, eyali amanyiddwa ennyo nga Abu Ayyuub al Answari (Allah amusiime). Sswahaba ono nnamukisa yali mu ssanyu lya kitalo nnyo, era n'agamba nga bw'ayita Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) ayingire mu nnyumba ye nti:

"Ssebo Omubaka wa Allah! Kkiriza ennyumba ya kakukyaza omwetoowaze."

Bwe yali ayingira mu nju ya Abu Ayyuubu (Allah amusiime), Nnabbi Ow'ekitiibwa yayanirizibwa obuwala obuto obwali busibuka mu nnyumba ya Najjaar, nga buyimba mu ssanyu nga n'ebivuga bibuli mu ngalo nti:

**نَحْنُ جَوَارٍ مِّنْ بَنِي النَّجَارِ
 يَا حَبَّذَا مُحَمَّدٌ مِّنْ جَارٍ**

*“Ffe tuli bawala ba batabani ba Najaari
 Ekyo kitono nnyo bw'okigeraageranya nekyokubeera baliraanwa
 b'Omubaka!”*

Omubaka wa Allah Omwagalwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) olwo kwe kubabuuza nti:

“Mumbuulire – munjagala?”

Baamuddamu nti, “Yee, tukwagala nnyo”.

Yasanyuka ng'alabye essanyu lye baamulaga era kwe kugamba nti:

“Allah Yekka y'amanyi engeri gye mbaagalalu mwenna!
 Ndayira Allah, nange mbaagalalua mwenna. Ndayira Allah, nange mbaagalalua mwenna!” (Ibn Maajah, Nikaah, 21; Diyaarbakri, I, 341)

Baraa ibn Aazib (Allah amusiime) anyumya bino wammanga nti:

“Sirabangako lunaku Bannamadiina lwe baali basanyuse ng'olu-naku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yatuuka e Madiina. Bannamadiina bonna, abato n'abakulu, abasajja n'abakazi, bonna baali beeyiye ku nguudo, baalinnya ku busolya bw'amayumba gaabwe nga baleekaana olw'essanyu, “Omubaka wa Allah atuuse! Muhammadi! Omubaka wa Allah!” (Bukhari, Manaaqib'ul Answar, 45; Muslim, Zuhud, 75)

Anasi ibn Maaliki (Allah amusiime) naye ajjukira ekintu kye kimu:

“Sijjukira lunaku olwasina essanyu, obulungi n'okwakaayakan na okw'amaanyi okusinga olunaku Omubaka wa Allah (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) lwe yaweesa Madiina ekitii-

bwa. Ekibuga kyonna kyalinga kye baali babunyizza ekitangaala.”
 (Ahmada, III, 122; Tirmidhi, Manaaqib, 1 / 3618)

Nga akabonero k'okulaga okusiima kwabwe eri okujja kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) e Madiina, Abasiraamu b'e Madiina baasaddaaka enngamiya.²⁶⁸



Okwagala abakkiriza kwe baalaga Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) kulagiddwa mu nnyiriri z'ekitontome kino:

*Aman kye kimu n'erinnya lyo ery'ekitiibwa
 Eri omwagalwa, Nnabbi, okukujukira aman...”*

Ekigambo *aman*, ekitegeeza okulaajana olw'obuyambi, n'erinya Muhammadi birina omugatte gw'ennukuta oguwera 92, ekisiiyizibwako mu kitontome waggulu ng'ekitegeeza okukaaba kw'omwagalwa okwa *aman* kw'akola kuba kwegomba atali mulala wabula Nnabbi Ow'émikisa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye). Mu butuufu, ekyo kitontome kya maanyi nnyo!

Hijira ye yali nkomerero y'omulembe gw'e Makka, era nga ke kaali akabonero k'entandikwa y'omulembe omupya ogw'e Madiina.

268 Ahmada, III, 301



EBIRI MUNDA

EBIKULEMBERA / 7

ENNYANJULA / 13

Obukulu Bw'okumanya Ebyafaayo Bya Nnabbi Olw'okutegeera N'Okussa Obusiraamu Mu Nkola	13
Ensonga Lwaki Ekyndo kya Buwalabu Kyalondebwा Okubeera Awatandikira Obusiraamu.....	22
Makka: Maama w'ebibuga	27
Ebyafaayo Bya Ka'aba N'Obutukuvu Bwayo	34
Ekyafaayo ky'Enjovu: Ekiraga Engeri Ka'aba Gy'Ekuumibwamu.....	44
Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) Eyali Ku Ddiini Haniif, Era Eddiini Ekkiririza Mu Kusinza Katonda Omu	47

OKUZAALIBWA N'OBUTO BWANNABBI OW'EMIKISA / 57

Ekitangaala Kya Muhammadi	57
Olunyiriri Lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Olulungi	61
Okufumbiriganwa kwa Abdalla ne Amina, Bazadde ba Nnabbi.....	63
Okufa Kwa Abdalla	67
Ebantu Ebyalanga Okuzaalibwa Kwa Nnabbi	68
Okuzaalibwa Okulungi N'okugwawo Kw'ebantu Ebitali Bya Bulijo ...	82



Amannya Ga Nnabbi Ow'émikisa	87
Mu Mikono Gya Maama Ow'ebbeere	88
Okupasula Ekifuba (<i>Sharhu's Sadr</i>) Okwasooka	96
Olugendo Lw'e Madiina N'Okufa Kwa Amina	98
Nnabbi Ng'ali Mu Bukuumi Bwa Abdul Muttwalib	100
Muhammadi Ng'ali Wansi W'obukuumi Bwa Abu Twalib	103
Okupasula Ekifuba Kye Omulundi Ogw'okubiri	105

EMYAKA GY'OBUVUBUKA/109

Okukula Wansi W'obukuumi Bwa Katonda	109
Muhammadi (Okusaasira Kwa Allah N'emirembe Bibeere Ku Ye) Nga Omulunzi	113
Enngendo Z'Okusuubula Ne Taata We Omuto	115
Okusisinkana N'Omusosodooti Omukristu Bahiira	117
Ekibiina Kya Hilfu'l Fudhwul	122
Obulamu Bwa Nnabbi (Okusaasira Kwa Allah N'emirembe Bibeere Ku Ye) Obw'obusuubuzi	125
Omusosodooti Nestor Bye Yayogera	129
Okuwasa Kwe Khadiija (Allah amusiime)	130
Lwaki Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)	
Yawasa Abakazi Abasukka Mu Omu	133
Okuta Zayidi Ibn Haaritha (Okuva Mu Buddu) Ne Nnabbi Ow'émikisa (Okusaasira Kwa Allah N'emirembe Bibeere Ku Ye)	
Okumulangirira Nga Mutabani We	145
Obuvunaanyizibwa Bwa Nnabbi (Okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Okulabirira Ali (Allah Amusiime)	148
Abaana Ba Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)	149

Okusalawo Mu Kuzimba Ka'aba.....	152
Okwogera Kwa Quss Ibn Saaidah.....	155
Olusirika Lwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)	
Mu Mpuku Ey'e Hira Nga Obubaka Tebunnaba Kutandika Kukka.....	158
Okuwumbawumba Ku Bikwata Ku Buto	
Nobuvubuka Bwa Nnabbi Ow'emikisa.....	164

EKISEERA KY'OBWANNABBIEKY'E MAKKA/169

Entandikwa Y'Obubaka Okuva Eri Katonda:	
Ebirooto Eby'amazima.....	169

EMYAKA ESATU EGYASOOKA EGY'OBWANNABBI: OKUKOOWOOLA ABANTU MU KYAMA/173

Obubaka Obwasooka n'Okwesibamu Kw'obubaka.....	173
Obubaka Bwennyini N'engeri Gye Bweyolekamu.....	184
Obwannabbi: <i>Nubuwwah Ne Risaalah</i>	198
Embeera Z'obuntu Bwa Nnabbi Ow'emikisa.....	221
Hilyat's Sa'adah	230
Obubaka Okuddamu Okukka Obuto	242
Abasiraamu Abasooka	244
Ennyumba Ya Arqam: Essomero Ly'okuyiga	
Ery'Abasiraamu Abaasooka.....	256

OMWAKA OGW'OKUNA OGW'OBWANNABBI/259

Yasanguza ebyo by'olagiddwa!Labula	
Abooluganda lwo Olw'okumpi!.....	259



Okukoowoola Kwa Nnnabi Eri Abakulayishi Ku Kasozi Sswafa Bayingire Obusiraamu	266
Obukulu N'engeri Y'okukoowoolamu Abantu.....	275
Okukoowoola Abantu Eri	
Obusiraamu n'Omulumu Gw'abakowoozi.....	295
Endowoza Ya Abu Lahabi Ne Mukyala We Gye Baalina Ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)	297
Engeri Abantu B'e Makka Gye Bagezaako	
Okutabagana Ne Nnabbi	301
Obutakoppeka (i'jaz) kwa Kulaane N'engeri Gy'ekolamu Abagiwuliriza.....	312
Endowooza Ya Bamusinzabibumbe Ku Kulaane.....	328
Obulimba Obwakolebwaa Ku Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Ye Ne Ku Kulaane	336
Ekiseera Ky'okubonyaabonya Abasiraamu.....	343
Okukuutira Abasiraamu Okulafuubana N'okugumiikiriza.....	358

OMWAKA OGW'OKUTAANO MU BWANNABI/365

Okusenguka Okugenda Mu Nsi Ye Abyssinia	365
Ebya Gharaaniq.....	368
Okusenguka Omulundi Ogw'okubiri Okugenda Mu Abyssinia ..	371

OMWAKA OGW'OMUKAAGA OGW'OBWANNABBI/375

Abantu B'e Makka Basaba Negus Abawe Abasiraamu	375
Okusiramuka Kwa Hamuza (Allah amusiime)	381
Okusiramuka Kwa Umaru (Allah amusiime)	387

**EMYAKA OGW'OMUSANVU OKUTUUKA KU
GW'OMWENDA EGY'OBWANNABBI: EMYAKA
EGY'OKUSIBIRWA EKIKOOKOLO (BOYIKOOTI)/395**

Enkola Ey'ebbangwa Ery'emyaka Esatu Emiramba Eya	
Bamusinzabibumbe Okuboola Abasiraamu	395
Okusiba Ekikookolo (Nnati) Kukoma.....	401
<i>Shaqqu'l Qamar: Okubejjukamu kw'Omwezi.....</i>	405
Okwewaayo Kwa Nnabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye) Okukoowoola Abantu Okujja	
Eri Obusiraamu Mu Buli Mbeera	409

OMWAKA OGWE KKUMI OGW'OBWANNABBI/413

Omwaka Gw'ennaku – Okufa Kwa Khadiija	
(Allah amusiime) Ne Abu Twalib	413
Olugendo Lw'e Twaifa	418
Ekisa Eky'enjawulo N'okukubagiza Okuva Eri Katonda Omusaasizi....	422
Okuwuliriza Kw'amajinni Kulaane Ng'esomebwa Nnabbi Ow'ekitiibwa (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku ye)	
N'okukkiriza Kwago Obusiraamu	425
Okusisinkana Ab'ebika Eby'enjawulo N'okubiyita	
Okuyingira Obusiraamu	431
Okuwasa Sawuda (Allah amusiime)	441

OMWAKA OGW'EKKUMI N'OGUMU OGW'OBWANNABBI / 443

Ensisinkano Ye Aqaba.....	443
Sharhu's Swadri Ey'okusatu: Okweteekerateekera Miraaje.....	445



Ekirabo Eky'enjawulo Eri Omwagalwa: Miraaje.....	446
Ebuntu Ebitonotono Ebiiyinza Okuggyibwa Mu Miraaje	466
Engeri Miraaje Gye Yatwalibwamu	467

**OMWAKA OGW'EKKUMI N'EBIRI N'OGW'EKKUMI
N'ESATU EGY'OBWANNABBI/473**

Endagaano Ye Aqaba Eyasooka	473
Okulondebwa Kwa Mus'ab Ibn Umayr Nga Omusomesa N'engeri Gye Yawangulamu Madiina Ng'ayita Mu Kulaane	474
Okuwera Okw'okubiri Okwe Aqaba (Omwaka Ogw'ekkumi n'Esatu mu Bwannabbi)	479
Okutunuulira Ekiseera Kye Makka Mu Bufunze.....	488
Ebuntu Ebyawula Ssuula Ezakkira e Makka	490
Eky'okukola Ekya Nnabbi Ekisembayo:.....	494
Okuweebwa Olukusa Olwa Hijira (Okusenguka) Mu Mwaka Ogw'ekkumi N'esatu Ogw'obwannabbi N'okusenguka Okugenda e Madiina	494
Enteekateeka Za Bamusinzabibumbe Ez'okutemula.....	500
Ekkubo Eppanvu.....	507
Omugenyi Omulindwa.....	526
Omuzikiti Gwe Quba: Omuzikiti O gwazimbibwa Ku Musingi Gw'okutuya Allah.....	530
Esswala Ya Juma E yaasooka Mu Kiwonvu Ky'e Ranunah	533
Okubuulirira Okwasooka	533
Okubuulira Okwokubiri	534
Okulindirira Mu Madiina Okwali Kujjudde Okweraliikirira	536

EBIRI MUNDA / 541



ISLAMIC BOOKS IN PDF FORMAT FOR FREE

YOU CAN DOWNLOAD 334 ISLAMIC BOOKS IN 32 LANGUAGES ON INTERNET FOR FREE!

Islamic books in various languages are now waiting for you in pdf format at www.islamicpublishing.net.

You may printout the copies downloaded in pdf formats, reproduce them or send to your loved ones via email.

You may also read the books by visiting the site with your iPad or iPhone devices.

Our campaign of free downloads is for promotion and is limited to 1 year.

To obtain a free copy in pdf of any one of the books, you only need to visit www.islamicpublishing.net web site by clicking to "Catalog" button and by selecting the appropriate language.

English – French – German – Spanish – Italian – Russian – Arabic – Portuguese – Chinese – Traditional Chinese
Hungarian – Ukrainian – Tajik – Albanian – Kazan Tatar – Crimean Tatar – Bulgarian – Uzbek – Bosnian – Kyrgyz – Azerbaijani – Kazakh – Georgian – Bashkir – Uyghur – Ahiska – Hausa – Swahili – Mòoré – Luganda – Twi – Wolof



e-Erkam

FREE ISLAMIC E-BOOKS

You can download over 200 Islamic books in over 23 languages on your computer, iphone, ipad etc. FOR FREE.

English – French – German – Spanish – Italian – Russian – Arabic – Portuguese – Chinese – Hungarian – Ukrainian – Tajik – Albanian – Tatar – Bulgarian – Uzbek – Azeri – Kazakh – Georgian – Bashkir – Uyghur – Kirgiz – Ahiska

Islamic books in various languages are now waiting for you in ten different formats at the popular reading site smashwords.com. You may read the books by downloading them on your PC, iPhone, iPad, Kindle and devices alike FOR FREE.

Our books are available online for free at Amazon, Borders, Sony, B&N, Apple Store, Diesel and Stanza, in all the eBook, Kindle, Nook, Sony and Diesel formats.

You may printout the copies downloaded in word or pdf formats, reproduce them or send to your loved ones via email.

Our special offer of free downloads is limited to 1 year.

E-books

To obtain a free copy of any one of our Islamic books that are available in 10 different formats, you only need to visit www.smashwords.com and type 'Erkam' in the search box.

iPad Book Applications


To obtain a free copy of any one of our books, you only need to type 'Erkam' in the search box of iTunes on your computer or of App Store on your iPad.

iPhone Book Applications


To obtain a free copy of any one of our books, you only need to type 'Erkam' in the search box of iTunes on your computer or of App Store on your iPad.




ERKAM PUBLISHING




OBUSIRAAMU
MU MWOYO N'EBIKOLWA




NABBI W'OKUSAASIRA
MUHAMMADI
EBITUNDU MU BULAMU BWE



Eddiini Entukuvu Eyakomererayo
OBUSIRAAMU



MUHAMMADI
Omubaka wa Allah



HADIISI 40
EZ'ABAANA N'EMBOOZI
EZIGENDERAKO

